



KUR'ANI ENTUKUVU

Mu Luganda

Efulumizibbwa

Ahmadiyya Muslim Association, Uganda

2007

KUR'ĀNI ENTUKUVU MU LUGANDA

THE HOLY QUR'AN— ARABIC TEXT AND LUGANDA TRANSLATION

First Published in Uganda in 1974

Reprinted in UK in 1984

Present Revised Edition Published in UK 2007

© ISLAM INTERNATIONAL PUBLICATIONS LIMITED.

Published by:

Islam International Publications Limited

“Islamabad”

Sheephatch Lane

Tilford, Surrey GU10 2AQ

United Kingdom

Printed at

Willam Clowes

UK

ISBN: 1 85372 798 9

For further information please contact:

Ahmadiyya Muslim Association

(Plot No. 66 Bombo Road)

P.O. Box 98,

KAMPALA

UGANDA

Tel: 0414530802

Fax: 0414530403

Ahmadiyya Muslim Association

(Plot No. 27 Gokhle Road, East)

P.O. Box 95

JINJA

UGANDA

Ahmadiyya Muslim Association

(Plot No. 70 Kumi Road)

P.O. Box 1733

MBALE

UGANDA

Endagiro

| No. Essuula | Olupapula | No. Essuula | Olupapula |
|-----------------------|-----------|-------------------------|-----------|
| Ennyanjula..... | f | 38. Şad..... | 465 |
| 1. Al-Fātiḥah..... | 1 | 39. Al-Zumar..... | 472 |
| 2. Al-Baqarah..... | 2 | 40. Al-Mu'min..... | 481 |
| 3. Al-'Imrān..... | 47 | 41. Ḥā Mīm Sajdah..... | 491 |
| 4. Al-Nisā..... | 73 | 42. Al-Shūrā..... | 498 |
| 5. Al-Mā'idah..... | 103 | 43. Al-Zukhruf..... | 505 |
| 6. Al-An'am..... | 123 | 44. Al-Dukhān..... | 513 |
| 7. Al-A'raf..... | 145 | 45. Al-Jāthiyah..... | 517 |
| 8. Al-Anfāl..... | 170 | 46. Al-Aḥqāf..... | 521 |
| 9. Al-Taubah..... | 180 | 47. Muḥammad..... | 526 |
| 10. Yūnus..... | 199 | 48. Al-Faṭḥ..... | 531 |
| 11. Hūd..... | 213 | 49. Al-Ḥujurāt..... | 536 |
| 12. Yūsuf..... | 227 | 50. Qāf..... | 539 |
| 13. Al-Ra'd..... | 240 | 51. Al-Dhāriyāt..... | 543 |
| 14. Ibrāhīm..... | 247 | 52. Al-Ṭūr..... | 547 |
| 15. Al-Ḥijr..... | 254 | 53. Al-Najm..... | 551 |
| 16. Al-Naḥl..... | 261 | 54. Al-Qamar..... | 555 |
| 17. Banī Isrā'īl..... | 276 | 55. Al-Raḥmān..... | 559 |
| 18. Al-Kahf..... | 288 | 56. Al-Wāqī'ah..... | 563 |
| 19. Maryam..... | 300 | 57. Al-Ḥadīd..... | 568 |
| 20. Ṭā Hā..... | 308 | 58. Al-Mujādalah..... | 573 |
| 21. Al-Anbiyā..... | 320 | 59. Al-Ḥashr..... | 577 |
| 22. Al-Ḥajj..... | 331 | 60. Al-Mumtaḥinah..... | 581 |
| 23. Al-Mu'minūn..... | 341 | 61. Al-Şaff..... | 585 |
| 24. Al-Nūr..... | 350 | 62. Al-Jumu'ah..... | 586 |
| 25. Al-Furqān..... | 360 | 63. Al-Munāfiqūn..... | 587 |
| 26. Al-Shu'arā'..... | 367 | 64. Al-Taghābun..... | 589 |
| 27. Al-Naml..... | 380 | 65. Al-Ṭalāq..... | 591 |
| 28. Al-Qaşaş..... | 390 | 66. Al-Taḥrīm..... | 593 |
| 29. Al-'Ankabūt..... | 401 | 67. Al-Mulk..... | 595 |
| 30. Al-Rūm..... | 410 | 68. Al-Qalam..... | 598 |
| 31. Luqmān..... | 417 | 69. Al-Ḥāqqah..... | 601 |
| 32. Al-Sajdah..... | 421 | 70. Al-Ma'ārij..... | 604 |
| 33. Al-Aḥzāb..... | 425 | 71. Nūḥ..... | 606 |
| 34. Saba'..... | 435 | 72. Al-Jinn..... | 609 |
| 35. Fāṭir..... | 442 | 73. Al-Muzzammil..... | 611 |
| 36. Yā Sīn..... | 448 | 74. Al-Muddaththir..... | 613 |
| 37. Al-Şāffāt..... | 455 | 75. Al-Qiyāmah..... | 616 |

| No. Essuula | Olupapula | No. Essuula | Olupapula |
|-----------------------|-----------|------------------------------------|-----------|
| 76. Al-Dahr..... | 618 | 98. Al-Bayyinah..... | 648 |
| 77. Al-Mursalāt | 621 | 99. Al-Zilzāl..... | 649 |
| 78. Al-Naba’..... | 624 | 100. Al-‘Adiyāt..... | 650 |
| 79. Al-Nāzi‘āt..... | 626 | 101. Al-Qāri‘āh..... | 650 |
| 80. ‘Abasa..... | 628 | 102. Al-Takāthur..... | 651 |
| 81. Al-Takwīr..... | 630 | 103. Al-‘Asr..... | 651 |
| 82. Al-Infītār | 631 | 104. Al-Ḥumazah..... | 652 |
| 83. Al-Tatfīf..... | 632 | 105. Al-Fīl..... | 652 |
| 84. Al-Inshiqāq..... | 634 | 106. Al-Quraish..... | 653 |
| 85. Al-Burūj | 635 | 107. Al-Mā‘ūn..... | 653 |
| 86. Al-Ṭariq..... | 637 | 108. Al-Kauthar..... | 654 |
| 87. Al-A‘lā..... | 638 | 109. Al-Kāfirūn..... | 654 |
| 88. Al-Ghāshiyah..... | 639 | 110. Al-Nasr..... | 654 |
| 89. Al-Fajr..... | 640 | 111. Al-Laḥab..... | 655 |
| 90. Al-Balad..... | 642 | 112. Al-Ikhlās..... | 655 |
| 91. Al-Shams..... | 643 | 113. Al-Falaq..... | 656 |
| 92. Al-Lail..... | 644 | 114. Al-Nās..... | 656 |
| 93. Al-Duḥā..... | 645 | Duwa Gy’osoma Nga Omazeeko Kur’āni | |
| 94. Al-Inshirāḥ..... | 645 | Entukuvu | 657 |
| 95. Al-Ṭīn..... | 646 | Amakulu G’ebimu Ku Bigambo | |
| 96. Al-‘Alaq..... | 647 | By’Oluwarabu..... | 658 |
| 97. Al-Qadr..... | 648 | Endagiriro Ya Āya Za Kur’āni..... | 660 |

Note:

*** Buli awali akabonero ako kiba kitegeeza nti waliwo ennyinyonnyola eweereddwa ku nsonga eyo.**



ENNYANJULA

Okubikkulirwa Nabbi Muhammad (s.a.w) kwe yafuna okuva eri Allah mu bigambo bya Allah byennyini kwe kuyitibwa Kur'āni Entukuvu era kwaali mu lulimi Luwarabu. Kur'āni yakkanga mpolampola mu bitundutundu okumala ebbanga lya myaka 23. Kino kyasobozesa abamu ku bagoberezi be okugikwaata yonna ku mwoyo. Ekyo ky'ekimu ku by'amagero bya Kur'āni. Kino ky'ekitabo kyokka Allah kye yasuubiza Ye yennyini okukikuuma, ebigambo bya kyo bireme kukuusibwakyuusibwa nga eby'ebitabo eby'eddiini endala bwe bigenda bikiuusibwakyuusibwa, (Soma Kur'āni: 4:83, 15:10). Ekyo Allah yakituukiriza, kuba n'okutuusa kati tewabangawo nnukuta wadde emu eyali eyongeddwa mu Kur'āni oba okukendeezebwa; wabula ekyaaali nga bwe yassibwa ku Nabbi Muhammad (s.a.w).

Ekibiina ky'Abasiraamu ab'Ahmadiyya ky'efunyiridde ku mulimu gw'okuvvuunula Kur'āni Entukuvu mu nnimi ez'enjawulo mu nsi yonna. Kur'āni embereberye mu Luganda yafulumizibwa mu mwaka 1960. N'eddamu n'efulumizibwa mu mwaka 1974 ne mu 1984. Ku mulundi guno, tugifulumizza nga eriko n'endagiriro (Index) eyamba omusomi okunoonya Āya gy'aba ayagala .

Twebaza nnyo abo bonna abenyigira mu mulimu gw'okuvvuunula okuviira ddala ku Juzu eyasooka, n'abo abazze bagyekenneenya okutuuka ku lufulumya luno. Tusaba Allah abasaasire n'abantu baabwe era abasasule ekibagwaanira, Amiina.

AL-FĀTIḤAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Amatendo gonna amalungi ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ②

3. Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ③

4. Mukama w'olunaku lw'okulamulirwako.

مَلِكِ يَوْمِ الدِّينِ ④

5. Ggwe wekka Ggwe tusinza era Ggwe wekka Ggwe tusaba obuyambi.

إِيَّاكَ نَعْبُدُ وَإِيَّاكَ نَسْتَعِينُ ⑤

6. Tulung'amyeye mu kkubo eggolokofu—

إِهْدِنَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيمَ ⑥

7. Ekkubo ery'abo be wawa ebyengera, eritali ly'abo abaasunguwalirwa,* wadde abaabula.

صِرَاطَ الَّذِينَ أَنْعَمْتَ عَلَيْهِمْ ⑦
غَيْرِ الْمَغْضُوبِ عَلَيْهِمْ وَلَا الضَّالِّينَ ⑦

1:7. Ekigambo 'Maghdhuubi' (مَغْضُوبٌ) ekitegeeza 'abaasunguwalirwa', wano tekitegeeza busungu bwa Allah bwokka, wabula kizingiramu n'obusungu bw'abantu.

AL-BAQARAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo,
Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Alif Lām Mim*.

اَلۡمِیٓم ②

3. Kino ky'Ekitabo ekituukirivu ekitaliimu
kubusabuusa kwonna, bwe bulung'amu eri
abatya Allah,

ذٰلِكَ الْكِتٰبُ لَا رَیْبَ فِیْهِ هُدًى
لِّلْمُتَّقِیْنَ ③

4. Abo abakkiriza n'ebitalabika era ne
bajjumbira essaala era ne batoola ne
kw'ebyo bye twabawa;

الَّذِیْنَ یُؤْمِنُوْنَ بِالْغَیْبِ وَ
یُقِیْمُوْنَ الصَّلٰوةَ وَمِمَّا رَزَقْنٰهُمْ
یُنْفِقُوْنَ ④

5. N'abo abakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli
n'ebyasibwa olubereberye lwo,
n'eb yoluvannyuma bo babikakasa.

وَالَّذِیْنَ یُؤْمِنُوْنَ بِمَا اُنزِلَ اِلَیْكَ وَ
مَا اُنزِلَ مِنْ قَبْلِكَ ۗ وَ بِالْآخِرَةِ هُمْ
یُوقِنُوْنَ ⑤

6. Abo nno be bali ku bulung'amu obuva
eri Mukama waabwe era abo be
b'okuganyulwa.

اُولٰٓئِكَ عَلٰی هُدًى مِّنْ رَّبِّهِمْ ۗ وَاُولٰٓئِكَ
هُمُ الْمُفْلِحُوْنَ ⑥

7. Mazima abo abeerema ky'ekimu gye
bali, bw'obalabula oba ne bw'otabalabula,
si baakukkiriza.

اِنَّ الَّذِیْنَ كَفَرُوْا سَوَآءٌ عَلَیْهِمْ ء
اَنْذَرْتَهُمْ اَمْ لَمْ تُنذِرْهُمْ لَا
یُؤْمِنُوْنَ ⑦

8. Allah yassa envumbo ku mitima gyabwe
ne ku matu gaabwe. Ne ku maaso gaabwe
kuliko ekibikka, era balifuna ekibonerezo
ekisukkirivu.

خَتَمَ اللّٰهُ عَلٰی قُلُوْبِهِمْ وَعَلٰی سَمْعِهِمْ ۗ
وَعَلٰی اَبْصَارِهِمْ غَشَاوَةً ۗ وَلَهُمْ عَذَابٌ
عَظِیْمٌ ⑧

Ruku 2

9. Era mu bantu mulimu abagamba
nti: Tukkiriza Allah n'olonaku lw'enkomerero,
so nga si bakkiriza.

وَمِنَ النَّاسِ مَنْ یَّقُوْلُ اٰمَنَّا بِاللّٰهِ وَ بِالْیَوْمِ
الْآخِرِ وَمَا هُمْ بِمُؤْمِنِیْنَ ⑨

2. Nze Allah amanyi byonna.

10. Mbu babuzaabuza Allah n’abo abakkiriza, naye tebabuzaabuza mulala wabula beebuza-abuza bokka, naye tebategeera.

يُخَذِعُونَ اللَّهَ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَمَا يُخَذِعُونَ إِلَّا أَنْفُسَهُمْ وَمَا يَشْعُرُونَ ﴿١٠﴾

11. Mu mitima gyabwe mulimu obulwadde, kale ne Allah yabongerako obulwadde; era balinayo n’ekibonerezo ekirumya olw’ebyo bye baalimbanga.

فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ ۖ فَزَادَهُمُ اللَّهُ مَرَضًا ۖ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ۗ بِمَا كَانُوا يَكْذِبُونَ ﴿١١﴾

12. Era bwe bagambibwa nti: Temutabulatabula mu nsi, bagamba nti: Mazima ffe tuli baleesi ba mirembe.

وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ لَا تُفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ قَالُوا إِنَّمَا نَحْنُ مُصْلِحُونَ ﴿١٢﴾

13. Mwetegereze, ddala bo be batabuzita-buzi, naye tebategeera.

آلَا تَتَّبِعُهُمُ الْفُجُورُونَ وَلَكِنَّ لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٣﴾

14. Era bwe bagambibwa nti: Mukkirize ng’abantu abalala bwe bakkiriza, bagamba nti: Abaffe, tukkirize ng’abasiru bwe bakkiriza? Mwetegereze, ddala bo be basiru, naye tebamanyi.

وَإِذَا قِيلَ لَهُمْ آمِنُوا كَمَا آمَنَ النَّاسُ قَالُوا أَنُؤْمِنُ كَمَا آمَنَ السُّفَهَاءُ ۗ آلَا إِنَّهُمْ هُمُ السُّفَهَاءُ وَلَكِنَّ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٤﴾

15. Era bwe basisinkana n’abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba bokka eri balukulwe baabwe, bagamba nti: Mazima tuli wamu nammwe; ddala ffe tuguyaaguya buguyaaguya.

وَإِذَا قَالُوا اتَّقُوا اللَّهَ الَّذِينَ تَقَالُوا تَأْتِيكُمْ وَالْأَقْوَامُ الَّذِينَ آمَنُوا قَالُوا إِنَّا مَعَكُمْ ۗ إِنَّمَا نَحْنُ مُسْتَهْزِئُونَ ﴿١٥﴾

16. Allah alibabonereza olw’okuguyaaguya kwabwe era abaleka ne beeyongera mu bujemu bwabwe, nga bawunaawuna.

اللَّهُ يَسْتَهْزِئُ بِهِمْ وَيَمُدَّهُمْ فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٦﴾

17. Abo nno be bo abaawaanyisa obubuze mu bulung’amu; naye obusuubuzi bwabwe tebwagobolola wadde tebaali balung’amu.

أُولَئِكَ الَّذِينَ اسْتَرَوْا الضَّلَالَةَ بِالْهُدَىٰ ۖ فَمَا رَبِحَتْ تِجَارَتُهُمْ وَمَا كَانُوا مُهْتَدِينَ ﴿١٧﴾

18. Embeera yaabwe ering’anga ey’oli eyakuma omuliro; kale bwe gwamulisa ebimwetoolode, Allah n’ajjawa obutangavu bwabwe n’abaleka mu kizikiza ekikwafu nga tebalaba.

مَثَلُهُمْ كَمَثَلِ الَّذِي اسْتَوْقَدَ نَارًا ۗ فَلَمَّا أَضَاءَتْ مَا حَوْلَهُ ذَهَبَ اللَّهُ بِنُورِهِمْ وَتَرَكَهُمْ فِي ظُلْمٍ لَا يُبْصِرُونَ ﴿١٨﴾

19. Bakiggala, bakasiru era bamuzibe; bwe batyo si baakudda .*

20. Oba ering'anga enkuba ey'amaanyi eva mu bire nga erimu ekizikiza ekikwafu ne laddu n'okumyansa, *abantu* ne bassa ennwe zaabwe mu matu gaabwe olw'okubwatuka *mbu* nga beekeka okufa; naye Allah yeebunguludde abatakkiriza.

21. Okumyansa kumpi kubakwakkulemu okulaba kwabwe. Buli lwe kubamyansiza, bakutambuliramu; naye bwe kubazikirako, nga bayimirira. Naye singa Allah yayagala, yaaliggyeewo okuwulira kwabwe n'okulaba kwabwe. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu

Ruku 3

22. Abange mmwe abantu, musinze Mukama wammwe Oyo eyabatonda mmwe n'abolubereberye lwammwe, mulyooke mwekuume.

23. Oyo eyabakolera ensi okuba ekyaliiro n'eggulu okuba akasolya, era n'atonnyesa amazzi okuva mu bire n'agamezesesa ebibala nga by'ebiyokulya byammwe. Kale temuteerangawo Allah bavuganya naye, so nga mutegeera.

24. Era bwe muba nga mulinamu okubusabuusa kw'ebyo bye twassa ku Muweereza waffe, kale nammwe muleteyo essuula egifaanana, era mukoowoole abayambi bammwe nga oggyeeko Allah, obanga muli ba mazima.

25. Naye bwe mutaakikole — era nga bwe mutalikikolera ddala — kale mwerinde omuliro ogwo enku za gwo bantu na mayinja ogwategerwa abatakkiriza.

صُمُّكُمْ عَمِّي فَهُمْ لَا يَرْجِعُونَ ﴿١٩﴾

أَوْ كَصَيِّبٍ مِّنَ السَّمَاءِ فِيهِ ظُلُمٌ
وَرَعْدٌ وَيَبْرُقٌ يَجْعَلُونَ أَصَابِعَهُمْ
فِي آذَانِهِمْ مِنَ الصَّوَاعِقِ حَذَرَ
الْمَوْتِ ۗ وَاللَّهُ مُحِيطٌ بِالْكَافِرِينَ ﴿٢٠﴾

يَكَادُ الْبَرْقُ يَخْطَفُ أَبْصَارَهُمْ ۗ
كُلَّمَا أَصَاءَ لَهُمْ مَشْوًا فِيهِمْ ۗ وَلَا إِذْ
أَظْلَمَ عَلَيْهِمْ قَامُوا ۗ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ
لَذَهَبَ بِسَمْعِهِمْ وَأَبْصَارِهِمْ ۗ إِنَّ
اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢١﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اعْبُدُوا رَبَّكُمُ الَّذِي
خَلَقَكُمْ وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ لَعَلَّكُمْ
تَتَّقُونَ ﴿٢٢﴾

الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ فِرَاشًا وَالسَّمَاءَ
بِنَاءً ۗ وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَخْرَجَ
بِهِ مِنَ الثَّمَرَاتِ رِزْقًا لَّكُمْ ۗ فَلَا
تَجْعَلُوا لِلَّهِ أَندَادًا وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٣﴾
وَإِنْ كُنْتُمْ فِي رَيْبٍ مِّمَّا نَزَّلْنَا عَلَىٰ
عِبَادِنَا فَاتُوا بِسُورَةٍ مِّن مِّثْلِهِ ۗ وَ
ادْعُوا شُهَدَاءَكُمْ مِّن دُونِ اللَّهِ إِنْ
كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٤﴾

فَإِنْ لَّمْ تَفْعَلُوا وَلَنْ تَفْعَلُوا فَاتَّقُوا
التَّارِثِيْنَ وَقُوْدَهَا النَّاسَ وَ
الْحِجَارَةَ ۗ أَعَدَّ لِلْكَافِرِينَ ﴿٢٥﴾

2:19: Aya eno ekwata ku mbeera y'abannanfuusi ey'okugaana amazima nga tebaagala kugawuliriza, kugalaba wadde okugoogera. Olw'okuba bino babikola mu bugenderevu, olwo bo bennyini baba beggaliddewo omulyango gw'okulung'ama n'emikono gyabwe gyennyini.

26. Era wa amawulire ag'essanyu abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi waazo. Buli lwe baliweebwa ku bibala ebizivaamu nga by'ebyokulya, baligamba nti: Bino by'ebyo bye twaweebwanga n'olubereberye; so nga balireeterwa bibifaanana. Era balifuniramu ne bannaabwe abaatu-kuzibwa, era bo omwo mwe balibeera.

وَبَشِّرِ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ أَنَّ لَهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ كُلَّمَا رُزِقُوا مِنْهَا مِنْ ثَمَرَةٍ رُزِقُوا قَالُوا هَذَا الَّذِي رُزِقْنَا مِنْ قَبْلُ وَأُتُوا بِهِ مُتَشَابِهًا وَلَهُمْ فِيهَا أَنْهَارٌ مِطْرًا وَهُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٦﴾

27. Mazima Allah takwatibwa nsonyi okuleeta eky'okulabirako ne bwekiba ng'akabu oba ekikasingako *obutono*. Naye bo abakkiriza bamanya nti ddala ago ge mazima agava eri Mukama waabwe. Ate bo abatakkiriza bagamba nti: Allah agenderedde ki mu ky'okulabirako kino? Bangi abasalira okubula olw'ekyo, ate bangi abalung'amyia olw'ekyo; naye tasalira yenna kubula olw'ekyo okuggyako aboononefu,

إِنَّ اللَّهَ لَا يَسْتَحْيِي أَنْ يَضْرِبَ مَثَلًا مَّا بَعُوضَةً فَمَا فَوْقَهَا فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا فَيَعْلَمُونَ أَنَّهُ الْحَقُّ مِنْ رَبِّهِمْ وَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا فَيَقُولُونَ مَاذَا أَرَادَ اللَّهُ بِهَذَا مَثَلًا يُضِلُّ بِهِ كَثِيرًا وَيَهْدِي بِهِ كَثِيرًا وَمَا يُضِلُّ بِهِ إِلَّا الْفَاسِقِينَ ﴿٢٧﴾

28. Abo abamenya endagaano ya Allah oluvannyuma lw'okugikakasa era ne bakutula n'ebyo Allah bye yalagira biyungibwe, era ne batabulatabula mu nsi; abo nno be b'okufaafaaganirwa.

الَّذِينَ يَنْتَظُونَ عَهْدَ اللَّهِ مِنْ بَعْدِ مِيثَاقِهِمْ وَيَقْطَعُونَ مَا أَمَرَ اللَّهُ بِهِ أَنْ يُؤْتَلَ وَيَفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ أُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٢٨﴾

29. Muyinza mutya okwegaana Allah so nga mw'ali temulina bulamu, n'abawa obulamu, n'oluvannyuma y'alibafiisa, nate era y'alibazuukiza; n'oluvannyuma gy'ali gye mulizzibwa?

كَيْفَ تَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَكُنْتُمْ أَمْوَاتًا فَأَحْيَاكُمْ ثُمَّ يُمَيِّتُكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ ثُمَّ إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٢٩﴾

30. Ye y'eyabatondera ebyo ebiri mu nsi byonna; n'oluvannyuma n'ayolekera eri eggulu, n'ayooyoota emigigi gy'eggulu musanvu; era Ye ye Mumanyi wa buli kimu.

هُوَ الَّذِي خَلَقَ لَكُمْ مَّا فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا ثُمَّ اسْتَوَى إِلَى السَّمَاءِ فَسَوَّاهُنَّ سَبْعَ سَمَاوَاتٍ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٣٠﴾

Ruku 4

31. Era awo Mukama wo bwe yagamba ba malayika nti: Ng'enda kussaawo omusigire mu nsi, baagamba nti: Abaffe, onoogissaamu oyo anaatabulatabula mu yo n'okuyiwa omusaayi, so nga ffe tukugulumiza n'amatendo go era tukkiriza obutukuvu bwo? N'agamba nti: Mazima Nze mmanyi mmwe bye mutamanyi.

32. Era yayigiriza Adamu amannya gonna, n'oluvannyuma *ab'okugalaga* n'abooleka ba malayika n'agamba nti: Kale muntegeeze amannya ga bano, obanga mwogera mazima.

33. Nebagamba nti: Obutuukirivu bubwo! Tetulina kumanya kwonna okuggyako okw'ebyo bye watuyigiriza. Mazima Ggwe Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

34. N'agamba nti: Owange Adamu, bategeeze amannya gaabwe. Kale awo bwe yabategeeza amannya gaabwe, n'agamba nti: Abaffe, ssaabagambye nti ddala Nze mmanyi eby'enkiso eby'omu ggulu ne mu nsi era nti mmanyi ebyo bye mwoleka ne bye mukisa?

35. Era awo bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Adamu, kale bonna baagonda okuggyako Ibilis, ye yagaana ne yeekuza; era yali mw'abo abatakkiriza.

36. Netugamba nti: Owange Adamu, ggwe ne mukyala wo mubeere mu lusuku *olwo* era mulye mu lwo mu bungi wonna nga bwe mwagala, naye temusebereranga omuti guno, si kulwa nga muba mu bakyaamu.

37. Naye bombi Sitaani yabaseereza ku lwa gwo, kale n'abajja mu *mbeera* gye baalimu. Netugamba nti: Muveemu, abamu mu mmwe balabe ba balala. Era mulina obubudamo mu nsi n'eb yokuzosa okumala ekiseera.

38. Olwo Adamu n'ayiga ebigambo *by'okusaba* okuva eri Mukama we,

وَاذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلٰٓئِكَةِ اِنِّيْ جَاعِلٌ فِي الْاَرْضِ خَلِيْفَةً ؕ قَالُوْۤا اَتَجْعَلُ فِيْهَا مَنْ يُفْسِدُ فِيْهَا وَيَسْفِكُ الدِّمَآءَ ۚ وَنَحْنُ نُسَبِّحُ بِحَمْدِكَ وَنُقَرِّسُ لَكَ ؕ قَالَ اِنِّيْۤ اَعْلَمُ مَا لَا تَعْلَمُوْنَ ۝۳۱

وَعَلَّمَ اٰدَمَ الْاَسْمَآءَ كُلَّهَا ثُمَّ عَرَضَهُمْ عَلٰٓى الْمَلٰٓئِكَةِ فَقَالَ اَنْبِئُوْنِيْ بِاَسْمَآءِ هٰٓؤُلَآءِ اِنْ كُنْتُمْ صٰدِقِيْنَ ۝۳۲

قَالُوْۤا سُبْحٰنَكَ لَا عِلْمَ لَنَا بِاِلٰهٍ مَّا عَلَّمْتَنَا ؕ اِنَّكَ الْخَلِيْمُ الْحَكِيْمُ ۝۳۳

قَالَ يٰۤاٰدَمُ اَنْبِئْهُمْ بِاَسْمَآئِهِمْ فَلَمَّآ اَنْبَاَهُمْ بِاَسْمَآئِهِمْ قَالَ اَلَمْ اَقُلْ لَّكُمْ اِنِّيْۤ اَعْلَمُ غَيْبَ السَّمٰوٰتِ وَ الْاَرْضِ وَاَعْلَمُ مَا تُبْدُوْنَ وَمَا كُنْتُمْ تَكْتُمُوْنَ ۝۳۴

وَاذْ قُلْنَا لِلْمَلٰٓئِكَةِ اسْجُدُوْا لِاٰدَمَ فَسَجَدُوْۤا اِلَّاۤ اِبْلِیْسَ ؕ اَبٰى وَ اسْتَكْبَرَ ۙ وَ كَانَ مِنَ الْكٰفِرِيْنَ ۝۳۵

وَقُلْنَا يٰۤاٰدَمُ اسْكُنْ اَنْتَ وَ زَوْجُكَ الْجَنَّةَ وَ كُلَا مِنْهَا رَغَدًا حٰیثُ شِئْتُمَا وَلَا تَقْرَبَا هٰذِهِ الشَّجَرَةَ فَتَكُوْنَا مِنَ الظّٰلِمِيْنَ ۝۳۶

فَاَزَلَّهُمَا الشَّيْطٰنُ عَنْهَا فَاَخْرَجَهُمَا مِمَّا كَانَا فِيْهِ ۙ وَقُلْنَا اِهْبِطُوْۤا بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ ۙ وَ لَكُمْ فِي الْاَرْضِ مُسْتَقَرَّرٌ مَّتٰۤا رٰٓى حٰیۤیۙن ۝۳۷

فَتَلَقٰٓى اٰدَمُ مِنْ رَبِّهِ كَلِمٰتٍ فَتَابَ

n'amuddiramu. Mazima Ye ye Nannyini kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

39. Netugamba nti: Mwenna muluveemu. Naye bwe mulituukibwako obulung'amu obuva gyendi, kale abo abaligoberera obulung'amu bwange, tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

40 Naye abo abatalikkiriza nebalimbisa Aya zaffe, abo nno be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

Ruku 5

41. Abange mmwe abaana ba Isirairi, mujjukire ebyengera byange bye nnabawa era mutuukirize endagaano yange, nange ndituukiriza endagaano yammwe, era Nze nzekka gwe muba mutya.

42. Era mukkirize ebyo bye nassa ebikakasa ebyo ebiri nammwe, era temuba ababereberye okubigaana, era temuwaanyisanga bubonero bwange mu muwendo omutono era mutye Nze nzekka.

43. Era temutabikanga mazima na bulimba nemukisa amazima, so nga mumanyi.

44. Era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka, era mukutamirenga wamu n'abo abakutama.

45. Abaffe, mulagira abantu okukola obulungi naye nemwerabira emyoyo gyammwe ng'ate mmwe musoma Ekitab; abaffe temutegeera?

46. Era obuyambi mubusabenga na kugumiikiriza n'essaala; naye ddala kino kizibu nnyo okuggyako eri abectoowaza,

47. Abo abakakasa nti ddala balisisinkana ne Mukama waabwe, era nti ddala gy'ali gye balidda.

Ruku 6

48. Abange mmwe abaana ba Isirairi, mujjukire ebyengera byange ebyo bye nnabawa era nti ddala nnabasukkulumya ku bantu *abaaliwo*.

عَلَيْهِمْ إِنَّهُ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿٣٨﴾

قُلْنَا اهْبِطُوا مِنْهَا جَمِيعًا ۖ فَإِمَّا يَأْتِيَنَّكُمْ مِنِّي هُدًى فَمَنْ تَبِعَ هُدَايَ فَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٣٩﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٤٠﴾

يَبْنِي إِسْرَائِيلَ إِذْ كُرُوا نِعْمَتِيَ الَّتِي أَنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَأَوْفُوا بِعَهْدِي أُوفِ بِعَهْدِكُمْ ۖ وَإِيَّايَ فَارْهَبُونَ ﴿٤١﴾

وَأَمِنُوا بِمَا أَنْزَلْتُ مُصَدِّقًا لِمَا مَعَكُمْ وَلَا تَكُونُوا أَوَّلَ كَافِرٍ بِهِ ۚ سَوَّ لَا تَشْتَرُوا بِآيَاتِي ثَمَنًا قَلِيلًا ۚ وَإِيَّايَ فَاتَّقُونَ ﴿٤٢﴾

وَلَا تَلْبِسُوا الْحَقَّ بِالْبَاطِلِ وَتَكْتُمُوا الْحَقَّ ۚ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٤٣﴾

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَارْكَعُوا مَعَ الرَّاكِعِينَ ﴿٤٤﴾

أَتَا مَرُؤُنَ النَّاسِ بِالْبُرِّ وَتَنَسَوْنَ أَنْفُسَكُمْ وَأَنْتُمْ تَتْلُونَ الْكِتَابَ ۚ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٤٥﴾

وَاسْتَعِينُوا بِالصَّبْرِ وَالصَّلَاةِ ۚ إِنَّهَا لَكَبِيرَةٌ إِلَّا عَلَى الْخَاشِعِينَ ﴿٤٦﴾

الَّذِينَ يَظُنُّونَ أَنَّهُمْ مُلْقَوْنَ رَبَّهُمْ ۚ وَالَّذِينَ يَرْجِعُونَ ﴿٤٧﴾

يَبْنِي إِسْرَائِيلَ إِذْ كُرُوا نِعْمَتِيَ الَّتِي أَنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَأَيُّيَ فَاصْلِحُوا عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿٤٨﴾

49. Era mutye olunaku omwoyo lwe gugaligasa mwoyo mulala n'akatonu, n'okuwolereza tekulikirizibwa ku gwo, n'ekyenunulo tekiritwalibwa okuva gye guli; wadde tebaliyambibwa.

وَاتَّقُوا يَوْمًا لَا تَجْزِي نَفْسٌ عَنْ نَفْسٍ شَيْئًا وَلَا يُقْبَلُ مِنْهَا شَفَاءٌ وَلَا يُؤْخَذُ مِنْهَا عَدْلٌ وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٤٩﴾

50. Era *mujjukire* nga bwe twabawonya abantu ba Farāwo abaababonyabonya embonyabonya embi, nga batta batabani bammwe nebalekawo bakazi bammwe; era mw'ekyo mwalimu ekigezo kisuffu okuva eri Mukama wammwe.

وَأَذِّنْ لَكُمْ مِنَ آلِ فِرْعَوْنَ يَسُومُونَكُمْ سُوءَ الْعَذَابِ يُدَبِّحُونَ أَبْنَاءَكُمْ وَيَسْتَحْيُونَ نِسَاءَكُمْ وَفِي ذَلِكُمْ بَلَاءٌ مِّنْ رَبِّكُمْ عَظِيمٌ ﴿٥٠﴾

51. Era *mujjukire* nga bwe twayawulamu ennyanja ku lwammwe netubawonya, naye ne tusaanyaawo abantu ba Farāwo nga nammwe mulaba.

وَأَذِّنْ لَكُمْ الْبَحْرَ فَأَنْجِينَكُمْ وَآخَرْتَنَا آلِ فِرْعَوْنَ وَأَنْتُمْ تَنْظُرُونَ ﴿٥١﴾

52. Era *mujjukire* nga bwe twalagaanyisa Mūsa ebiro amakumi ana naye oluvannyuma ng'avuddewo mwatwala ennyana okugisinzza, ne muba aboononyi.

وَأِذْ ذُرْنَا مُوسَىٰ أَرْبَعِينَ لَيْلَةً ثُمَّ اتَّخَذْتُمُ الْعِجْلَ مِن بَعْدِهِ وَأَنْتُمْ ظَالِمُونَ ﴿٥٢﴾

53. Nate twabasonyiwa oluvannyuma lw'ebyo, mulyooke mwebaze.

ثُمَّ عَفَوْنَا عَنْكُمْ مِّنْ بَعْدِ ذَلِكَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٥٣﴾

54. Era *mujjukire* nga bwe twawa Mūsa Ekitabo n'obubonero obwawula, mulyooke mulung'ame.

وَأِذَا تَيْنَكُمُوسَىٰ الْكِتَابَ وَالْفُرْقَانَ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿٥٤﴾

55. Era *mujjukire* awo Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, mazima mweryaza-amaanyizza mwekka olw'okutwala kwammwe ennyana *nemugisinzza*; kale mwenenye eri Omutonzi wammwe, era mutte emyoyo gyammwe *emibi*, ekyo ky'ekisinga obulungi gyemuli mu maaso g'Omutonzi wammwe. Kale yabaddiramu, ddala Ye ye Nannyini kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

وَأِذْ قَالَ مُوسَىٰ لِقَوْمِهِ يَقَوْمِ! لَأَنْتُمْ أَنْفُسَكُمْ بِأَتْخَذْتُمْ الْإِجْلَ فَمُتُّوا إِلَىٰ بَارئِكُمْ فَأَقْتُلُوا أَنْفُسَكُمْ ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ عِندَ بَارئِكُمْ فَتَقَاتِبْ عَلَيْكُمْ إِنَّهُ هُوَ التَّوَابُ الرَّحِيمُ ﴿٥٥﴾

56. Era *mujjukire* awo bwe mwagamba nti: Owange Mūsa, tetujja kukukkiriza okutuusa lwe tunaalaba Allah ekyeere, kale okubwatuka kwabakangavvula nga nammwe mulaba.

وَأِذْ قُلْتُمْ يَا مُوسَىٰ لَن نُّؤْمِنُ بِكَ حَتَّىٰ تَرَىٰ إِلَٰهَ جَهَنَّمَ فَأَخَذْتَكُمُ الصَّعِقَةَ وَأَنْتُمْ تَنْظُرُونَ ﴿٥٦﴾

57. Nate twabazuukiza oluvannyuma lw'okufa kwammwe, mulyooke mwebaze.

ثُمَّ بَعَثْنَاكَ مِنْ بَعْدِ مَوْتِكَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٥٧﴾

58. Era twafuula ebire okuba ekisiikirize waggulu wammwe era netubassiza Manna ne Saliwa. Mulye ku birongoofu ebyo bye

وَوَهَبْنَا عَلَيْكُمُ اللَّعْمَامَ وَآتَيْنَا عَلَيْكُمُ الْيَمْنَ وَالسَّلْوىَ كُلَّوَا مِن طَيِّبَاتِ مَا

twabawa. Era tebaatulumya naye beeru-miyanga bokka.

59. Era *mujjukire* nga bwe twagamba nti: Musingire mu kyaalo kino kale mulye mu kyo mu bungi wonna nga bwe mwagala, era musingire mu mulyango n'obuwulize. Era mugambenti: Tusonyiwe ebyoonoono byaffe. Tujja kubasonyiwa ebyoonoono byammwe; era tujja kwongeza abakozi b'ebirungi.

60. Naye aboononyi baakyusaamu ekigambo *ekirala* ekitaali ekyo ekyabagambibwa. Kale netussa kw'abo abaayoonona ekibonerezo okuva mu ggulu olw'okubanga baajeema.

Ruku 7

61. Era *mujjukire* nga Mūsa bwe yasaba amazzi ku lw'abantu be, netugamba nti: Kuba ejjinja n'omuggo gwo. Kale nelitiiriikamu ensulo kkumi nabbiri. Buli kika nekimanya awaakyo wekinywera. *Netubagamba nti:* Mulye era munywe ku bigabulwa bya Allah, naye temujeemeranga mu nsi nga mutabulatabula.

62. Era *mujjukire* nga bwe mwagamba nti: Owange Mūsa, ffe tetujja kugumira ku mmere ya kika kimu, kale tusabire Mukama wo atumerezeeyo kw'ebyo ensi by'emeza: ku nva za yo, n'emyungu gya yo, n'eng'ano ya yo, n'empokya wa yo, n'obutungulu bwa yo. N'agamba nti: Abaffe, muwaanyise ebitaliimu nsa mw'ebyo ebisinga obulungi? Kale mugende mu kibuga, ddala mujja kufuna ebyo bye musabye. Era bassibwako obunyoomoofu n'obwavu nebeereetera obusungu obuva eri Allah. Ekyo lwa kubanga baagaana obubonero bwa Allah nebagezaako n'okutta ba Nnabbi awatali nsonga; ekyo lwa kubanga baajeema era nebasukka ekigero.

Ruku 8

63. Mazima abo abakkiriza n'abo Abayudaaya, n'Abakulisitaayo, n'Abasabiyi — yenna mu bo akkiriza Allah mu butuufu n'olunaku lw'enkomerero era n'akola ebikolwa ebirungi, kale *abatuuikiriza ebyo*

رَدَقْنَاكُمْ وَمَا ظَلَمُونَا وَلَكِنْ كَانُوا أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٥٩﴾

وَإِذْ قُلْنَا ادْخُلُوا هَذِهِ الْقَرْيَةَ فَكُلُوا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ رَغَدًا وَادْخُلُوا الْبَابَ سُجَّدًا وَقُولُوا حِطَّةً نَّغْفِرْ لَكُمْ خَطِيئَتَكُمْ وَسَارِعُوا إِلَىٰ الْمُحْسِنِينَ ﴿٦٠﴾

فَبَدَّلَ الَّذِينَ ظَلَمُوا قَوْلًا غَيْرَ الَّذِي قِيلَ لَهُمْ فَأَنزَلْنَا عَلَى الَّذِينَ ظَلَمُوا رِجْزًا مِّنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿٦١﴾

وَإِذِ اسْتَسْقَىٰ مُوسَىٰ لِقَوْمِهِ فَقُلْنَا اضْرِبْ بِعَصَاكَ الْحَجَرَ فَانفَجَرَتْ مِنْهُ اثْنَتَا عَشْرَةَ نَضِيبًا وَقَدْ عَلِمَ كُلُّ أُنَاسٍ مَّشْرَبَهُمْ كَلُوا وَاشْرَبُوا مِنْ رِّزْقِ اللَّهِ وَلَا تَعْثَوْا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٦٢﴾

وَإِذْ قُلْتُمْ يَا مُوسَىٰ لَنْ نَصْبِرَ عَلَىٰ طَعَامٍ وَاحِدٍ فَادْعُ لَنَا رَبَّكَ يُخْرِجْ لَنَا مِمَّا تُثْمِرُ الْأَرْضَ مِنْ بَقْلِهَا وَقِثَّائِهَا وَفُؤْمِهَا وَغَدَسِهَا وَبَصِلِهَا قَالَ آتَسْتَبِدُّونَ النَّبِيَّ هُوَ الَّذِي هُوَ آذَنِي بِالنَّبِيِّ هُوَ خَيْرٌ لِّاهِبِطُوا مِصْرًا فَإِنَّ لَكُمْ مَّا سَأَلْتُمْ وَضُرِبَتْ عَلَيْهِمُ الذَّلِيلَةُ وَالْمَسْكَنَةُ وَبَاءَ وَبِعَضْبٍ مِّنَ اللَّهِ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَانُوا يَكْفُرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَيَقْتُلُونَ النَّبِيِّنَّ بِغَيْرِ الْحَقِّ ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا وَكَانُوا يَعْتَدُونَ ﴿٦٣﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا وَالصَّالِحِينَ وَالصَّالِحِينَ مِنَ آئِنِ اللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَعَمِلْ صَالِحًا فَلَهُمْ

balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe era tebaliba na kutya kwonna, wadde tebalinakuwala.

64. Era *mujjukire* nga bwe twatwala endagaano yammwe, netugulumiza olusozi waggulu wammwe *netugamba nti*: Mukwate n'amaanyi ekyo kye twabawa era mujjukire ebikirimu, mulyooke mwekuume.

65. Nate mwekyuusa oluvannyuma lw'ekyo. Kale singa tegyali mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, ddala mwalibadde mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

66. Era ddala mwamanya *ebyafa* kw'abo abeesukkulumya mu mmwe ku *kiragiyo kya* Sabbiiti. Kale netubagamba nti: Mufuuke nga enkima ennyoomoofu.

67. Kale netukifuula ekyokulabirako eri abo abaliwo mu kiseera kya kyo n'abemabega wa kyo, era nga kyakuyiga eri abatya Allah.

68. Era mujjukire awo Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Mazima Allah abalagira musale ente. Baddamu nti: Abaffe, otutwala ng'ekyokuzannyisa? N'addamu nti: Neewogoma eri Allah neme kuba mw'abo ababuya.

69. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole efaanana etya? N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Yo nte, si nkadde era si nto, mugongo; eri mu makkati ga byombi. Kale mukole kye mulagiddwa.

70. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole ebbala lya yo liri litya? N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Ente eyo ya kyenvu, ebbala lya yo lyaggya bulungi, esanyusa abalabi.

71. Nebagamba nti: Tusabire Mukama wo atunnyonnyole ya ngeri ki? Mazima ffe ente *zonna* zitufaanaganira. Naye ddala nga Allah ayagadde, tujja kulung'ama.

72. N'agamba nti: Ddala Ye agamba nti: Yo y'ente etannayenjebuka olw'okukabala ettaka wadde tefukurira nmiro. Nnamu tteke, teriiko kamogo. Nebagamba nti: Kati nno oleese

أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ
وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿١٣﴾

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ وَرَفَعْنَا فَوْقَكُمُ
الطُّورَ ط خذُوا مَا آتَيْنَاكُمْ بِقُوَّةٍ وَ
اذْكُرُوا مَا فِيهِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٤﴾

ثُمَّ تَوَلَّيْتُمْ مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ فَكُنُوا
فَضْلَ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتَهُ لَكُمْ مِّنَ
الْخَسِرِينَ ﴿١٥﴾

وَلَقَدْ عَلَّمْتُمُ الَّذِينَ آتَيْنَاكُمْ فِي
السَّبْتِ فَقُلْنَا لَهُمْ كُونُوا قِرَدَةً
خَاسِيَةً ﴿١٦﴾

فَجَعَلْنَاهَا نَكَالًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهَا
وَمَا خَلْفَهَا وَمَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ ﴿١٧﴾

وَإِذْ قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ إِنَّ اللَّهَ
يَأْمُرُكُمْ أَنْ تَذْبَحُوا بَقَرَةً قَالُوا
أَتَنْتَجِدُ تَاهِرًا وَقَالَ أَعُوذُ بِاللَّهِ أَنْ
أَكُونَ مِنَ الْجَاهِلِينَ ﴿١٨﴾

قَالُوا إِذْ عُرِّنَا رَبِّكَ يُبَيِّنُ لَنَا مَا هِيَ
قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقَرَةٌ لَا فَالِصَّ
وَلَا يَكْرَهُوا عَنْ بَيْنَ ذَلِكَ مَا فَعَلُوا
مَا تُوْمَرُونَ ﴿١٩﴾

قَالُوا إِذْ عُرِّنَا رَبِّكَ يُبَيِّنُ لَنَا مَا كُونُهَا
قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقَرَةٌ صَفْرَاءٌ فَاقِعَةٌ
لَوْ أَنَّهَا تَسْرُ الْغَنِيِّينَ ﴿٢٠﴾

قَالُوا إِذْ عُرِّنَا رَبِّكَ يُبَيِّنُ لَنَا مَا هِيَ
إِنَّ الْبَقَرَ تَشَبَهَ عَلَيْنَا وَإِنَّا لَنَآشَاءُ
اللَّهُ لِمَهْتَدُونَ ﴿٢١﴾

قَالَ إِنَّهُ يَقُولُ إِنَّهَا بَقَرَةٌ لَّا ذَلُولٌ
تُضِيءُ الْأَرْضَ وَلَا تَسْقِي الْحَرْثَ
مُسَلَّمَةٌ لَّا شِيَةَ فِيهَا قَالُوا الْفُنَّ

amazima. Olwo nebagisala, newaakubadde nga tebaalyagadde kukikola.

Ruku 9

73. Era *mujjukire* nga bwe mwatta omuntu nemulumagana ku kyo; naye Allah ye Mukwekuzi w'ebyo bye mwakwekanga.

74. Kale netugamba nti: *Ekikolwa ekyo mukigerageranye* ku binnaakyo. Bw'atyo nno Allah bw'azuukiza abafu; era abalaga obubonero bwe, mulyooke mukozese amagezi.

75. Nate emitima gyammwe gyakakanyala oluvannyuma lw'ekyo, kale negiba ng'amayinja oba okukakanyala okusukkirivu; kuba ddala mu mayinja mulimu agafukumukamu emigga. Era ddala mu go mulimu agaatikayatika negavaamu amazzi. Era ddala mu go mulimu n'agagwa olw'okutya Allah. Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

76. Abaffe, mulowooza nti banaabakkiriza ng'ate waliwo ekibiina mu bo ekiwuliriza ekigambo kya Allah n'oluvannyuma nga bamaze okukitegeera nebakikyusa, so nga bamanyi?

77. Era bwe basisinkana n'abo abakkiriza, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba bokka na bokka, bagamba nti: Abaffe, mubategeeza ebyo Allah bye yabaggulirawo balyooke babawakanyise na byo mu maaso ga Mukama wammwe, abaffe temulina magezi?

78. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah amanyi ebyo bye bakweka n'ebyo bye booleka?

79. Era mu bo mulimu abatamanyi na kusoma; tebamanyi na Kitabo okuggyako *okugoberera* ebirowoozo eby'obulimba, era ddala *tebali ku kirala* wabula bateebeeka buteebeesi.

جِئْتِ بِالْحَقِّ ۖ فَذَبْحُوهَا وَمَا كَادُوا
يَفْعَلُونَ ﴿٧٦﴾

وَأَذِ قَتَلْتُمْ نَفْسًا فَآذَرْتُمْ فِيهَا ۗ
وَاللَّهُ مُخْرِجٌ مَّا كُنْتُمْ تَكْتُمُونَ ﴿٧٧﴾

فَقُلْنَا اضْرِبُوهُ بِبَعْضِهَا ۗ كَذَلِكَ
يُخَيِّئُ اللَّهُ الْمَوْتَى ۗ وَيُرِيكُمْ آيَاتِهِ
لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٧٨﴾

ثُمَّ قَسَتْ قُلُوبُكُمْ مِّنْ بَعْدِ ذَلِكَ فَهِيَ
كَالْحِجَارَةِ ۖ أَشَدُّ قَسْوَةً ۗ وَإِنَّ مِنَ
الْحِجَارَةِ لَمَا يَتَفَجَّرُ مِنْهُ الْأَنْهَارُ ۗ
وَإِنَّ مِنْهَا لَمَا يَشْفَقُ فَيَخْرُجُ مِنْهُ
الْمَاءُ ۗ وَإِنَّ مِنْهَا لَمَا يَهْبِطُ مِنْ
خَشْيَةِ اللَّهِ ۗ وَمَا اللَّهُ بِغَافِلٍ عَمَّا

تَعْمَلُونَ ﴿٧٩﴾

أَفْتَطَمَعُونَ ۗ إِنَّ يُؤْمِنُؤُوكُمْ وَقَدْ كَانَ
فَرِيقٌ مِّنْهُمْ يَسْمَعُونَ ۗ كَلَّمَ اللَّهُ
ثُمَّ يُحَرِّفُوكَ مِنْ بَعْدِ مَا عَقَلُوهُ ۗ
هُم يَخْلَمُونَ ﴿٨٠﴾

وَأَذِ الْقَوَالِئِينَ أَمْنُوا قَالُوا آمَنَّا
وَأَذِ أَخْلَا بَعْضُهُمْ إِلَى بَعْضٍ قَالُوا
أَتُحَدِّثُونَهُمْ بِمَا فَتَحَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ
لِيُحَاجُّوكُمْ بِهِ عِنْدَ رَبِّكُمْ ۗ أَفَلَا
تَعْقِلُونَ ﴿٨١﴾

أَوْ لَا يَعْلَمُونَ ۗ إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُسِرُّونَ
وَمَا يُعْلِنُونَ ﴿٨٢﴾

وَمِنْهُمْ أُمِّيُونَ لَا يَعْلَمُونَ الْكِتَابَ إِلَّا
بِأَن يَكُونُوا قُرَّانًا وَعَرَبًا ۗ وَمِنْهُمْ
أُمِّيُونَ لَا يَتْلُونَ ﴿٨٣﴾

80. Kale zibasanze abo abawandiika Ekitabo n'emikono gyabwe n'oluvannyuma ne bagamba nti: Kino kyava eri Allah, balyooke bakiwaanyiseemu omuwendo omutono. Kale zibasanze olw'ebyo emikono gyabwe bye gyawandiika, era zibasanze olw'ebyo bye bafuna.

قَوْلِ لِلَّذِينَ يَكْتُبُونَ الْكِتَابَ بِأَيْدِيهِمْ
ثُمَّ يَقُولُونَ هَذَا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ
لِيَشْتَرُوا بِهِ ثَمَنًا قَلِيلًا قَوْلِ لَهُمْ
مِمَّا كَتَبْتَ أَيْدِيهِمْ وَقَوْلِ لَهُمْ مِمَّا
يَكْسِبُونَ ﴿٨٠﴾

81. Era bagamba nti: Omuliro tegulitukoonako okuggyako ennaku embale. Gamba nti: Abaffe, mwafuna ekisuubizo okuva eri Allah; Allah ky'aliva tamenya kisuubizo kye oba mwogera ku Allah ebyo bye mutamanyi?

وَقَالُوا لَنْ نَمَسَّنَا النَّارُ إِلَّا أَيَّامًا
مَّعْدُودَةً قُلْ أَتَّخَذُكُمْ عِنْدَ اللَّهِ عَهْدًا
فَلَنْ يُخْلِفَ اللَّهُ عَهْدَهُ أَمْ تَقُولُونَ عَلَى
اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٨١﴾

82. Ddala oyo akola ekibi n'ekibi kye nekimwebungulula, kale abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

بَلَى مَنْ كَسَبَ سَيِّئَةً وَأَحَاطَتْ بِهِ
خَطِيئَتُهُ فَأُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ
فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٨٢﴾

83. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, abo nno be bantu b'e Janna, bo mu yo mwe balibeera.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا
خَالِدُونَ ﴿٨٣﴾

Ruku 10

84. Era *mujjukire* nga bwe twatwala endagaano y'abaana ba Isirairi nti: Temuusinzenga mulala okuggyako Allah, n'abazadde bombiriri munabayisanga bulungi, n'abammwe ne bamulekwa n'abankuseere, era munayogeranga bulungi n'abantu. Era munajjumbiranga essaala era nemutoola zaka. Naye oluvannyuma mwefuula era nemukubayo mabega, okuggyako abatono mu mmwe.

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ
لَا تَعْبُدُونَ إِلَّا اللَّهَ تَدَّ وَيَالُوَالَّذِينَ
لِحَسَنَاتِهِمْ وَأَذَى الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ
وَالْمَسْكِينِ وَقُولُوا لِلنَّاسِ حُسْنًا
وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ
ثُمَّ تَوَلَّيْتُمْ إِلَّا قَلِيلًا مِّنْكُمْ
وَأَنْتُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٨٤﴾

85. Era *mujjukire* nga bwe twatwala endagaano yammwe nti: Temuuyiwenga misaayi gyammwe, era temuugobenga bannammwe mu maka gammwe; n'oluvannyuma mwakakasa *endagaano* era mwali bajulizi ku yo.

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ لَا تَسْفِكُونَ
دِمَاءَكُمْ وَلَا تُحْرِجُونَ أَنْفُسَكُمْ
مِّنْ دِيَارِكُمْ ثُمَّ أَقْرَرْتُمْ وَأَنْتُمْ
تَشْهَدُونَ ﴿٨٥﴾

86. Nate mmwe muumwo abatta bannammwe era nemugoba n'abamu mu mmwe mu maka gaabwe, nga muyambagana ku bo n'ekibi n'obujoozi. Ate bwe bajja gye muli nga bawambe, mubanunula, so nga n'okubagoba kwabaziyizibwa. Abaffe,

ثُمَّ أَنْتُمْ هَؤُلَاءِ تَقْتُلُونَ أَنْفُسَكُمْ
وَتُخْرِجُونَ فَرِيقًا مِّنْكُمْ مِّنْ دِيَارِهِمْ
تُظَاهَرُونَ عَلَيْهِمْ بِالْأُدْحَانِ
وَأَنْ يَأْتَوْكُمُ أُسْرَىٰ تَفْدُوهُمْ وَهُمْ

Ekitabo mukikirizaamu bimu ate ebirala ne mubigaana? Kale mpeera ki esaana oyo akola ekyo mu mmwe, okuggyako obuswaavu mu bulamu bw'ensi; ne ku lunaku lw'okuzuukira balizzibwa eri ekibonerezo ekisingira ddala obukakali. Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

87. Abo nno be baawaanyisa obulamu bw'ensi mu bw'enkomerero. Kale tebalikendeerezebwa ku kibonerezo wadde tebaliyambibwa.

Ruku 11

88. Era mazima twawa Musa Ekitabo era netugobereza Abatume oluvannyuma lwe, era ne tuwa 'Isa mutabani wa Maryamu obubonero obw'olwatu era netumu wagira n'omwoyo gw'obutuukirivu. Abaffe mmwe buli lwe mujjirwa Omubaka n'ebyo emyoyo gyammwe bye gitayagala, nga mwekuza? Kale abamu mwabalimbisa n'abalala ne mubatta.

89. Era baagamba nti: Emyoyo gyaffe mibuutikire. Si kyo, Allah y'eyabakolimira olw'okwerema kwabwe. Bwe kityo nno bitono nnyo bye bakkiriza.

90. Era bwe baatuukibwako Ekitabo ekiva eri Allah ekikakasa ebyo bye bali nabyo baakigaana, so nga olubereberye be baasabanga obuwanguzi ku batakkiriza; naye kye bamanyidde ddala bwe kyabatuukako, baakigaana. Kale ekikolimo kya Allah kibe ku batakkiriza.

91. Nga kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe olw'okugaana ebyo Allah bye yassa olw'obuggya mbu kubanga Allah assizza emikisa gye kw'oyo gw'asiimye mu baweereza be! Kale beereetera obusungu ate ku busungu; era abatakkiriza be balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

92. Era bwe bagambibwa nti: Mukkirize ebyo Allah bye yassa, bagamba nti: Ffe tukkiriza ebyo ebyassibwa gye tuli, ate ne-

مَحْرَمٌ عَلَيْكُمْ لِأَخْرَاجِهِمْ ءَأَقْتُوا مِنْهُنَّ
بِبَعْضِ الْكِتَابِ وَتَكْفُرُونَ بِبَعْضٍ
فَمَا جَزَاءُ مَنْ يَفْعَلْ ذَلِكَ مِنْكُمْ إِلَّا
خِزْيٌ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ
يُرَدُّونَ إِلَىٰ أَشَدِّ الْعَذَابِ ؕ وَمَا اللَّهُ
بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٨٧﴾

أُولَٰئِكَ الَّذِينَ اشْتَرُوا الْحَيَاةَ
الدُّنْيَا بِالْآخِرَةِ ۚ فَلَا يَحْفَظُهُمُ
الْعَذَابُ وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٨٧﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ وَقَفَّيْنَا مِنْ
بَعْدِهِ بِالرُّسُلِ ۚ وَآتَيْنَا عِيسَى ابْنَ
مَرْيَمَ الْبَيِّنَاتِ وَأَيَّدْنَاهُ بِرُوحِ
الْقُدُّسِ ۚ أَفَكُلَّمَا جَاءَكُمْ رَسُولٌ بِمَا لَا
تَهْوَىٰ أَنفُسُكُمْ اسْتَكْبَرْتُمْ ۖ فَفَرِّقُوا
كُدًّا بَيْنَهُم وَفَرِّقُوا تَفْتُلُونَ ﴿٨٨﴾

وَقَالُوا قُلُوبُنَا غُلْفٌ ؕ بَلْ لَعَنَهُمُ
اللَّهُ بِكُفْرِهِمْ فَقَلِيلًا مَّا يُؤْمِنُونَ ﴿٨٩﴾

وَلَمَّا جَاءَهُمْ كِتَابٌ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ
مُصَدِّقٌ لِمَا مَعَهُمْ ؕ وَكَانُوا مِنْ قَبْلُ
يَسْتَفْتِحُونَ عَلَى الَّذِينَ كَفَرُوا ۖ فَلَمَّا
جَاءَهُمْ مَا عَرَفُوا كَفَرُوا بِهِ ۖ فَلَعْنَةُ اللَّهِ
عَلَى الْكٰفِرِينَ ﴿٩٠﴾

يُسْمَأُ اشْتَرَوْا بِهِ أَنفُسَهُمْ أَن يَكْفُرُوا
بِمَا أُنزِلَ اللَّهُ بِغَيِّبٍ أَن يَنْزِلَ اللَّهُ مِنْ
فَضْلِهِ عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ ۖ فَجَاءُ
بِعَظَبٍ عَلَىٰ غَضَبٍ ۖ وَلِلْكَافِرِينَ عَذَابٌ
مُهِينٌ ﴿٩١﴾

وَلَا ذَرْبَ لَهُمْ أَمِنُوا بِمَا أُنزِلَ اللَّهُ
قَالُوا نُوْمِنُ بِمَا أُنزِلَ عَلَيْنَا وَ

bagaana ebyo eby'oluvannyuma lwa byo ng'ate ge mazima agakakasa ebyo bye bali nabyo. Gamba nti: Ate lwaki mwaagezaako okutta ba Nabbi ba Allah olubereberye, obanga muli bakkiriza?

93. Era ddala ne Mūsa yajja gye muli n'obubonero obw'olwatu naye nemudda mu kutwala nnyana kugisinza ng'avuddewo, nemuba aboonoonyi.

94. Era mujjukire nga bwe twatwala endagaano yammwe era netugulumiza olusozi waggulu wammwe netugamba nti: Mukwate bye twabawa n'amaanyi era muwulirize. Baddamu nti: Tuwulidde naye tujemye. Era bajjuzibwa mu myoyo gyabwe obwagazi bw'ennyana olw'obutakkiriza bwabwe. Gamba nti: Kibi nnyo ekyo okukkiriza kwammwe kye kubalagira, singa mubadde bakkiriza.

95. Gamba nti: Obanga amaka g'enkomerero agali eri Allah gammwe mwekka ng'oggyeeko abantu abalala, kale mwooye okufa, obanga muli ba mazima?

96. Naye tebayinza kukwooya ddi na ddi olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza. Era aboonoonyi Allah abamanyi bulungi.

97. Era ojja kubasanga nga be basingira ddala abantu bonna okululunkanira obulamu n'okusinga ne kw'abo abenkanya Allah n'ebirala. Omu ku bo yaalyagadde nti singa awangaaziddwa emyaka lukumi. So nno ne bw'awangazibwa atyo, ekyo tekimuggyaako kibonerezo. Era bye bakola Allah abiraba.

Ruku 12

98. Gamba nti: Oyo aba omulabe eri Jiburilu y'afiirwa. Tewali kubuusabuusa, ddala Kur'ani y'eyagissa ku mutima gwo — olw'okulagira kwa Allah, okukakasa ebyo ebyagikulembera era nga bwe bulung'amu ate nga ge mawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

99. Oyo aba omulabe eri Allah, ne ba malayika be, n'Abatume be ne Jiburilu ne Mikayiri, amanye nti ddala ne Allah mulabe wa batakkiriza.

يَكْفُرُونَ بِمَا وَرَاءَهُ وَهُوَ الْحَقُّ مُصَدِّقًا لِّمَا مَعَهُمْ قُلْ فَلِمَ تَقْتُلُونَ أَنْبِيَاءَ اللَّهِ مِنْ قَبْلُ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٧﴾

وَلَقَدْ جَاءَكُمْ مُوسَى بِالْبَيِّنَاتِ ثُمَّ اتَّخَذْتُمُ الْعِجْلَ مِنْ بَعْدِهِ وَأَنْتُمْ ظَالِمُونَ ﴿١٨﴾

وَإِذْ أَخَذْنَا مِيثَاقَكُمْ وَرَفَعْنَا قَوْصَكُمْ الطُّورَ خُذُوا مَا آتَيْنَكُم بِقُوَّةٍ وَاسْمَعُوا قَالُوا سَمِعْنَا وَعَصَيْنَا وَأُشْرِبُوا فِي قُلُوبِهِمُ الْعِجْلَ بِكُفْرِهِمْ قُلْ بِسْمَاءِ مَا مَرَكُم بِهِ إِيْمَانَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٩﴾

قُلْ إِنْ كَانَتْ لَكُمْ الدَّارُ الْآخِرَةُ عِنْدَ اللَّهِ خَالِصَةً مِنْ دُونِ النَّاسِ فَتَمَنَّوْا الْمَوْتَ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٠﴾

وَلَنْ يَتَمَنَّوْهُ أَبَدًا بِمَا قَدَّمْتُمْ أَيْدِيَهُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِالظَّالِمِينَ ﴿٢١﴾

وَلَتَجِدَنَّهُمْ أَحْرَصَ النَّاسِ عَلَى حَيَاتِهِمْ وَمِنَ الَّذِينَ أَشْرَكُوا يَوَدُّ أَحَدُهُمْ لَوْ يُعَمَّرَ أَلْفَ سَنَةٍ وَمَا هُوَ بِمُرْضِيهِ مِنْ عَذَابٍ أَنْ يُعَمَّرَ وَاللَّهُ بَصِيرٌ بِمَا يَعْمَلُونَ ﴿٢٢﴾

قُلْ مَنْ كَانَ عَدُوًّا لِجِبْرِيلَ فَإِنَّهُ نَزَّلَهُ عَلَى قَلْبِكَ بِإِذْنِ اللَّهِ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ وَهُدًى وَبُشْرَى لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٣﴾

مَنْ كَانَ عَدُوًّا لِلَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ وَرُسُلِهِ وَجِبْرِيلَ وَمِيكَالَ فَإِنَّ اللَّهَ عَدُوٌّ لِلْكَافِرِينَ ﴿٢٤﴾

100. Era mazima twassa gy’oli Aya ez’olwaatu, naye tewali azigaana okuggyako abajeemu.

وَلَقَدْ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ ۚ وَمَا يَكْفُرُ بِهَا إِلَّا الْفَاسِقُونَ ﴿١٠٠﴾

101. Abaffe, bo buli lwe banaalagaananga endagaano, nga ekibiina ekimu mu bo nga kigisuula? Nedda, abasinga obungi mu bo tabakkiriza.

أَوْ كَلَّمَا عَاهَدُوا عَاهِدًا نَّبَذَهُ فَرِيقٌ مِّنْهُمْ ۚ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٠١﴾

102. Era bwe baatuukibwako Omubaka ava eri Allah akakasa ebyo bye bali nabyo, abamu mw’abo abaaweebwa Ekitabo baasuula Ekitabo kya Allah emabega w’emigongo gyabwe ne baba ng’abatamanyi.

وَلَمَّا جَاءَهُمْ رَسُولٌ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ مُصَدِّقٌ لِّمَا مَعَهُمْ نَبَذَ فَرِيقٌ مِّنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ كِتَابَ اللَّهِ وَرَأَوْهُمْ زَاهِقِينَ ﴿١٠٢﴾

103. Nebakoppa ebyo abajeemu bye baagoberera mu bwakabaka bwa Sulaimāni, so nga ye Sulaimāni teyali mutakkiriza, wabula abaajemu be baali abatakkiriza nga bayigiriza abantu eby’okubuzaabuzza. Era *beefuula abakoppa* ebyo ebyassibwa ku ba malayika ababiri Hārūta ne Mārūta e Babulooni, so nga *nabo* bombi tebaayigiriza-nga muntu yenna okutuusa nga bagambye nti: Mazima ffe tuli kigezo, kale toba omutakkiriza. Bwe batyo baayiga okuva gye bali bombi ebyo bye baayawukanyisa na byo wakati w’omusajja ne mukyala we, so tebalina gwe baalumya nabyo okuggyako nga Allah y’akkirizza. *Naye ate* bo bano bayiga bibakosa, ebitabagasa namu. Kyokka ddala bamanyi nti oyo abigula talina mugabo gwonna mulungi ku nkomererero. Ddala kibi nnyo ekyo kye baatundamu emyoyo gyabwe, singa babadde bamanyi!

وَاتَّبَعُوا مَا تَتْلُوا الشَّيْطَانُ عَلَىٰ مُلْكٍ سَلِيمٍ ۚ وَمَا كَفَرَ سَلِيمٌ وَلَكِنَّ الشَّيْطَانَ كَفَرُوا يُعَلِّمُونَ النَّاسَ السِّحْرَ وَمَا أُنزِلَ عَلَى الْمَلَائِكَةِ بِبَابِلَ هَارُوتَ وَ مَا رُوتَ ۖ وَ مَا يُعَلِّمُونَ مِنْ آحَدٍ حَتَّى يَقُولَا إِنَّمَا نَحْنُ فِتْنَةٌ فَلَا تَكْفُرْ ۖ فَيَتَعَلَّمُونَ مِنْهُمَا مَا يُفَرِّقُونَ بِهِ بَيْنَ الْمَرْءِ وَرَوْجِهِ ۖ وَمَا هُمْ بِضَارِّينَ بِهِ مِنْ أَحَدٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ ۖ وَيَتَعَلَّمُونَ مَا يَضُرُّهُمْ وَلَا يَنْفَعُهُمْ ۖ وَلَقَدْ عَلِمُوا لَمَنِ اشْتَرَاهُ مَا لَهُ فِي الْآخِرَةِ مِنْ خَلْقٍ ۖ وَلَيْسَ مَا شَرَوْا بِهِ أَنْفُسَهُمْ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿١٠٣﴾

104. So singa bakkiriza era nebatya Allah, mazima empeera eva eri Allah y’esinga obulungi , singa babadde bamanyi.

وَلَوْ أَنَّهُمْ آمَنُوا وَاتَّقَوْا لَمَثُوبَةٌ مِّنْ عِنْدِ اللَّهِ خَيْرٌ لَّو كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿١٠٤﴾

Ruku 13

105. Abange mmwe abakkiriza, temwogera-nga nti: ‘Rā’inā’, naye mwogerenga nti: ‘Unzurnā’, era muwulirizenga nnyo. Naye abatakkiriza be baliba n’ekibonerezo ekirumya ennyo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقُولُوا رَا عَنَّا وَكُفُّوا أُنظُرْنَا وَاسْمَعُوا وَلْيُكْفِرِينَ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٠٥﴾

١٢
١٢

106. Abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo wadde abenkanya Allah n'ebirala tebaagalira ddala mutuukweko kalungi konna okuva eri Mukama wammwe. Naye Allah y'alondera okusaasira kwe oyo gw'aba asimye. Era Allah ye Nannyini mikisa emisukkirivu.

مَا يَوَدُّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَلَا الْمُشْرِكِينَ أَنْ يُنَزَّلَ عَلَيْكُمْ مِنْ خَيْرٍ مِنْ رَبِّكُمْ وَاللَّهُ يَخْتَصُّ بِرَحْمَتِهِ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿١٠٦﴾
مَا تَنْتَسِرُونَ مِنْ آيَةٍ أَوْ نُنسِهَا نَأْتِ بِخَيْرٍ مِنْهَا أَوْ مِثْلَهَا أَلَمْ تَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٠٧﴾

107. Tetusangulawo kabonero konna oba okukerabiza, wabula tuleetayo akakasingako oba akakafaananako. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu?

أَلَمْ تَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ لَهُ مَلَكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ وَلِيٍّ وَلَا نَصِيرٍ ﴿١٠٨﴾

108. Abaffe, tomanyi nti ddala obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah yekka? Era temulinaayo mukuumi yenna wadde omuyambi ebbali wa Allah.

109. Nandiki nammwe mwagala kubuuzza Omutume wammwe nga Musa bwe yabuuzibwa edda? Naye oyo awaanyisa obutakkiriza mu bukkiriza, ddala aba abuze ku kkubo ettuufu.

أَمْ تَرِيدُونَ أَنْ تَسْأَلُوا رَسُولَكُمْ كَمَا سَأَلْتَ مُوسَى مِنْ قَبْلُ وَمَنْ يَتَّبِعِ الْكُفْرَ بِالْإِيمَانِ فَقَدْ ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿١٠٩﴾

110. Bangi mu bantu b'Ekitabo oluvannyuma nga bamaze okunnyonyokerwa amazima, olw'ensaalwa eri mu myoyo gyabwe, beegomba nti singa babazzaayo nemuba abatakkiriza oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe. Kale musonyiwe era muleke okutuusa Allah lw'alireeta ekiragiro kye. Mazima ddala Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَدَكْثِيرٌ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لَوْ يَرُدُّونَكُمْ مِنْ بَعْدِ إِيمَانِكُمْ كُفْرًا بِحَسَدٍ مِنْ عِنْدِ أَنْفُسِهِمْ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْحَقُّ فَاعْتَمُوا وَاصْفَحُوا حَتَّى يَأْتِيَ اللَّهُ بِأَمْرٍ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١١٠﴾

111. Era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka. Era buli kirungi kyonna kye mukulembeza olw'emyoyo gyammwe, mulikisanga eri Allah. Mazima bye mukola byonna Allah abiraba.

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَمَا تُقَدِّمُوا وَلَا تُأَخِّرُوا كَثِيرٌ مِنْكُمْ يَخْلِفُونَ عَنْ دُورِهِمْ أَمْثِلْ لَهُمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١١١﴾

112. Era bagamba nti: Tewali aliyingira mu Janna okuggako Omuyudaaya oba Omukulisitaayo. Okwo nno kwe kwagala kwabwe. Gamba nti: Muleete obukakafu bwammwe, obanga muli ba mazima.

وَقَالُوا لَنْ يَدْخُلَ الْجَنَّةَ إِلَّا مَنْ كَانَ هُودًا أَوْ نَصْرًا ذَلِكَ أَمَّا أَنْبِيَائُهُمْ قُلْ هَاتُوا بُرْهَانَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١١٢﴾

113. Si bwekiri. Oyo eyeewerayo ddala yenna eri Allah ate nga mukozi wa birungi, kale alifuna empeera ye eri Mukama we, era abalikola ebyo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

بَلَى مَنْ أَسْلَمَ وَجْهَهُ لِلَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ فَلَهُ أَجْرُهُ عِنْدَ رَبِّهِ وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿١١٣﴾

١١٠

١١٣

Ruku 14

114. Ate Abayudaaya bagamba nti: Abakulisitaayo tebalina kye baliko, n'Abakulisitaayo bagamba nti: Abayudaaya tebalina kye baliko; so nga bonna basoma Ekitabo kimu. Bwe batyo n'abo abatamanyi baayogera ekifaananira ddala n'okwogera kwabwe. Kale Allah aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukanangamu.

وَقَالَتِ الْيَهُودُ كَيْسَتِ النَّصْرَىٰ عَلَىٰ شَيْءٍ وَقَالَتِ النَّصْرَىٰ لَيْسَتِ الْيَهُودُ عَلَىٰ شَيْءٍ ۗ وَهُمْ يثْلُثُونَ ۗ كَذَلِكَ قَالَ الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ مِثْلَ قَوْلِهِمْ ۗ قَالَ اللَّهُ يَحْكُمَ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿١١٤﴾

115. Ye mulyazaamaanyi ki asinga kw'oyo aziyiza amasinzizo ga Allah okutendererezaamu erinnya lye era n'afuba n'okugazikiriza? Abo baali tebagwanira na kugayingiramu okuggyako nga batya. Balifuna obuswaavu ku nsi, ne ku nkomerero balifuna ekibonerezo ekisukkirivu.

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّن مَتَّعَ مَسْجِدَ اللَّهِ أَنْ يُدْكَرَ فِيهَا اسْمُهُ وَسَعَىٰ فِي خَرَابِهَا ۗ أُولَٰئِكَ مَا كَانَ لَهُمْ أَنْ يَدْخُلُوهَا إِلَّا خَائِفِينَ ۗ لَهُمْ فِي الدُّنْيَا خِزْيٌ ۗ وَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١١٥﴾

116. Era ebuwanjuba n'ebugwanjuba wa Allah. Bwe kityo nno yonna gye mukyuukira, kale ebaayo obwanga bwa Allah. Mazima Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

وَاللَّهُ الْمَشْرِقُ وَالْمَغْرِبُ ۗ قَائِنِمَا تَوَلَّوْا فَوَجَّهَ اللَّهُ ۗ إِنَّ اللَّهَ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿١١٦﴾

117. Era bagamba nti: Allah yeefunira omwana. Obutuukirivu bubwe! Ddala byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Byonna Ye gwe bigondera.

وَقَالُوا اتَّخَذَ اللَّهُ وَلَدًا ۗ سُبْحٰنَهُ ۗ بَلْ لَّهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ ۗ كُلُّ لَّهُ قَائِنُونَ ﴿١١٧﴾

118. Ye Mutandisi w'eggulu n'ensi. Era bw'asalawo ekintu, kale ddala agamba kigambe nti: Ba! ne kiba.

بَدِيعُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ ۗ وَإِذَا اقْتَضَىٰ أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ كُنْ فَيَكُونُ ﴿١١٨﴾

119. Era abotalina bumanyi bagamba nti: Lwaki Allah tayogera naffe oba akabonero okutuukako? Bwe batyo n'abo abaabakulembere baayogera ebifaanana n'okwogera kwabwe. Emitima gyabwe gifaanana. Mazima obubonero tubunnonnyodde kaati eri abantu abalina obukakafu.

وَقَالَ الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ لَوْ لَا يَكْلِمُنَا اللَّهُ أَوْ تَأْتِينَا آيَةٌ ۗ كَذَلِكَ قَالَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ مِثْلَ قَوْلِهِمْ ۗ تَشَابَهَتْ قُلُوبُهُمْ ۗ قَدْ بَيَّتْنَا الْاِلٰهِيٰتَ لِقَوْمٍ يُؤَقِنُونَ ﴿١١٩﴾

120. Ddala twakutuma n'amazima obeere omuwi w'amawulire ag'essanyu era omulabuzi era tolibuuzibwa bifa ku bantu ba mu muliro.

إِنَّا اَرْسَلْنَاكَ بِالْحَقِّ بَشِيرًا وَّاَوْذِيْرًا ۗ وَلَا تُسْئَلُ عَنْ اَصْحٰبِ الْجَحِيْمِ ﴿١٢٠﴾

121. Era Abayudaaya n'Abakulisitayo tebajja kukusiima okutuusa ng'ogoberedde enzikiriza yaabwe. Gamba nti: Obulung'amu

وَلَنْ تَرْضٰى عَنْكَ الْيَهُودُ وَّلَا النَّصْرٰى حَتّٰى تَتَّبِعَهُمْ وَّلَتَّهُمْ قُلُوبُهُمْ ۗ اِنَّ هٰٓؤُلَآءِ لَفِي سُلُوْطٍ ۗ

bwa Allah bwokka bwe bulung'amu. Era bw'onoogoberera okwagala kwabwe oluvannyuma lw'okumanya okwo okwakutu-ukako, tolifunayo mukuumi wadde omuyambi ku Allah.

122. Abo be twawa Ekitabo nebakigoberera mu ngoberera ya kyo entuufu, abo nno be bakikiriza. Naye abo abaakigaana, kale abo be b'okufaafaaganirwa.

Ruku 15

123. Abange mmwe abaana ba Isirairi, mujjukire ebyengera byange ebyo bye nnabawa era ddala nabasukkulunya ku bantu *abaaliwo*.

124. Era mwerinde olunaku olwo omuntu lw'ataligasa mulala n'akatono, n'okwenunula okuva gy'ali tekulikkirizibwa era n'okuwole-reza tekulumugasa wadde tebaliyambibwa.

125. Era *mujjukire* nga Ibrāhīmu Mukama we bwe yamugezesa n'ebigambo n'abituukiriza, n'agamba nti: Mazima nzija kukufuula omukulembeze eri abantu. *Ibrāhīmu* n'agamba nti: Ne mu zzadde lyange? *Allah* n'agamba nti: *Yee, naye* endagaano yange tekwata ku boonoonyi.

126. Era *mujjukire* nga bwe twafuula Enju (Ka'bah) okuba ekkung' aaniro ly'abantu era ekifo eky'emirembe. Era mufuule ekifo kya Ibrāhīmu awasaalirwa. Era twalagira Ibrāhīmu ne Isimāili nti: Mutukuze Enju yange olw'abo abagyetooloola n'abagisigaliramu ddala *olw'okusinza* n'abakutama nga bwe bavunama.

127. Era *mujjukire* nga Ibrāhīmu bwe yagamba nti: Mukama wange, ekibuga kino kifuule eky'emirembe era ogabule abantu ba kyo ebibala oyo mu bo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. *Allah* n'agamba nti: N'oyo atalikkiriza naye ndimweyagazaamu akatono, n'oluvannyuma ndimuwalulira eri ekibonererezo ky'omuliro, era obwo bwe buddo obubi ennyo.

128. Era *mujjukire* Ibrāhīmu ne Isimāili bwe baali nga basitula omusingi gw'Ennyumba *baasaba nti*: Mukama waffe, kkiriza ebiva gye tuli. Mazima ddala Ggwe Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

هُوَ الْهُدَىٰ وَلَئِنِ اتَّبَعْتَ أَهْوَاءَهُمْ
بَعْدَ الَّذِي جَاءَكَ مِنَ الْعِلْمِ مَا لَكَ
مِنَ اللَّهِ مِنْ وِثْقٍ وَلَا تَصِيرُ ﴿١٢١﴾

الَّذِينَ اتَّبَعْتَهُمْ كَتَبَ يَتْلُو تَهُ حَقِّقًا
تِلَاوَتِهِمْ وَأُولَئِكَ يُؤْمِنُونَ بِهِ وَمَنْ
يَكْفُرْ بِهِ فَأُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿١٢٢﴾

يَبْنِي لِإِسْرَاءَئِيلَ إِذْ كُرُوا بِخَمْتِيَ اللَّيْلِ
أَنْعَمْتُ عَلَيْكُمْ وَإِنِّي فَضَّلْتُكُمْ عَلَى
الْعَالَمِينَ ﴿١٢٣﴾

وَأَتَّقُوا يَوْمَ مَا أَتَى النَّفْسَ بِهَا نَفْسًا
وَأَنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿١٢٤﴾

وَإِذْ ابْتَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ رَبُّهُ بِكَلِمَاتٍ
فَاتَّمَّهْنَ قَالَ إِنَّي جَاءُ عِلْمُكَ لِلنَّاسِ
إِنَّمَا مَا قَالُوا مِنْ دُرَيْتٍ قَالَ لَا يَنْتَالُ
عَهْدِي الظَّالِمِينَ ﴿١٢٥﴾

وَإِذْ جَعَلْنَا الْبَيْتَ مَثَابَةً لِّلنَّاسِ
وَأَمْنًا وَأَتَّخِذُوا مِن مَّقَامِ إِبْرَاهِيمَ
مُصَلًّى وَعَهِدْنَا إِلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَ
إِسْمَاعِيلَ أَنَّ طَهِّرَا بَيْتِيَ لِلطَّائِفِينَ
وَالْقَائِمِينَ وَالرُّكَّعِ السُّجُودِ ﴿١٢٦﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّ اجْعَلْ هَذَا بَلَدًا
آمِنًا وَارْزُقْ أَهْلَهُ مِنَ الثَّمَرَاتِ مَنْ
آمَنَ مِنهُمْ بِاللهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ قَالَ وَ
مَنْ كَفَرَ فَأُمْتِدْهُ لِيَلَّا تَأْمُرَهُ
إِلَىٰ عَذَابِ النَّارِ وَبُئْسَ الْمَصِيرُ ﴿١٢٧﴾

وَإِذْ بَرَّعْنَا إِبْرَاهِيمَ الْقَوَاعِدَ مِنَ
الْبَيْتِ وَإِسْمَاعِيلَ رَبَّنَا تَقَبَّلْ مِنَّا
إِنَّكَ أَنْتَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿١٢٨﴾

129. Mukama waffe, fembi tufuule abee-waddeyo gy'oli n'abomu zzade lyaffe babeere bantu abeewaayo gy'oli, era otulage engeri z'ensinza yaffe era otuddirem. Ddala Ggwe Nannyini kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

130. Mukama waffe, era situla mu bo Omutume ng'ava mu bo bennyini abasomere Aya zo era abayigirize Ekitabo n'ebyamagezi era abatukuze. Mazima Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.

Ruku 16

131. Ye ani akuba amabega eddiini ya Ibrāhīmu okuggyako oyo eyeesiruwaza yekka? Era ddala twamulonda mu nsi, ne ku nkomerero aliba mw'abo abatuukirivu.

132. Awo Mukama we bwe yamugamba nti: Weeweeyo, yaddamu nti: Newaddeyo eri Mukama w'ebitonde byonna.

133. Era Ibrāhīmu ekyo yakikuutira abaana be ne Ya'qūbu bw'atyo. N'agamba nti: Baana bange, mazima Allah y'abalonedde eddiini eno, kale temufanga wabula nga muli abeewaddeyo gy'ali.

134. Abaffe, mwaliwo awo nga Ya'qūbu atuukibwako okufa, bwe yagamba abaana be nti: Kiki kye munaasinzanga oluvannyuma lwange? Baddamu nti: Tunaasinzanga Omusinziwaba wo era Omusinziwaba wa kitaawo Ibrāhīmu ne Isimāili ne Isihāka, Omusinziwaba Omu yekka; naffe twewaddeyo gy'ali.

135. Ekyo nno ky'ekibiina ky'abantu abaggwawo; kirifuna ebyo bye kyakolerera; nammwe mulifuna ebyo bye mwakolerera; era temulibuuzibwa kw'ebyo bye baakolanga.

136. Era bagamba nti: Mubeere Bayudaaya oba Bakulistaayo lwe mujja okulung'ama. Gamba nti: Nedda, mugoberere ddiini ya Ibrāhīmu omwesimbu era teyali mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

137. Mugambe nti: Tukkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyo ebyassibwa eri Ibrāhīmu ne Isimāili ne Isihāka ne Ya'qūbu n'abaana be n'ebyo ebyaweebwa Mūsa ne 'Isa n'ebyo ebyaweebwa ba Nabbi nga biva

رَبَّنَا وَاجْعَلْنَا مُسْلِمِينَ لَكَ وَ مِنْ
 دُرِّيَّتِنَا أُمَّةً مُسْلِمَةً لَكَ . وَ أَرْنَا
 مِنَّا سَكَنًا وَ تَبَّ عَلَيْنَا إِرْتَاكَ أَنْتَ
 التَّوَابِ الرَّحِيمِ ﴿١٢٩﴾

رَبَّنَا وَابْعَثْ فِيهِمْ رَسُولًا مِنْهُمْ
 يَتْلُوا عَلَيْهِمْ آيَاتِكَ وَ يُعَلِّمُهُمُ
 الْكِتَابَ وَ الْحِكْمَةَ وَ يُزَكِّيهِمْ إِنَّكَ أَنْتَ
 الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١٣٠﴾

وَ مَنْ يُرْعَبْ عَنْ مَلَأَةِ إِبْرَاهِيمَ آلَا مَنْ
 سَفِهَ نَفْسَهُ ، وَ لَقَدْ آضَفَقْنَاهُ فِي الدُّنْيَا
 وَ آتَاهُ فِي الْآخِرَةِ لِمَنْ الصَّالِحِينَ ﴿١٣١﴾

إِذْ قَالَ لَهُ رَبُّهُ أَسْلِمْ ، قَالَ أَسْلَمْتُ
 لِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٣٢﴾

وَ وَصَّى بِهَا إِبْرَاهِيمَ بَنِيهِ وَ يُعْقِبُ يُبْنِيًّا
 إِنَّ اللَّهَ اصْطَفَى لَكُمْ الدِّينَ فَلَا
 تَمُوتُنَّ إِلَّا وَ أَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٣﴾

أَمْ كُنْتُمْ شُهَدَاءَ إِذْ حَضَرَ يَعْقُوبَ
 الْمَوْتَ إِذْ قَالَ لِبَنِيهِ مَا تَعْبُدُونَ مِن
 بَعْدِي ، قَالُوا نَعْبُدُ إِلَهَكَ وَ آلَةَ
 آبَائِكَ إِبْرَاهِيمَ وَ إِسْمَاعِيلَ وَ إِبْرَاهِيمُ
 إِلَهُنَا وَ أَحَدًا ، وَ تَحَنَّنَ لَهُ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٤﴾

بِلِكَ أُمَّةً قَدْ خَلَتْ ، لَهَا مَا كَسَبَتْ
 وَ لَكُمْ مَا كَسَبْتُمْ ، وَ لَا تَسْأَلُونَ عَمَّا
 كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣٥﴾

وَ قَالُوا كُونُوا هُودًا أَوْ نَصْرًا تَهْتَدُوا
 قُلْ بَدَلْ مِلَّةَ إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَ
 مَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٣٦﴾

قُولُوا آمَنَّا بِاللَّهِ وَ مَا أُنزِلَ إِلَيْنَا وَمَا
 أُنزِلَ إِلَى إِبْرَاهِيمَ وَ إِسْمَاعِيلَ وَ إِبْرَاهِيمُ
 وَ يُعْقِبُ وَ الْآسَافُ وَ مَا أُوتِيَ مُوسَى وَ

16
 15

eri Mukama waabwe. Tetulina gwe tusosola yenna wakati mu bo era naffe twewaddeyo gy'ali.

عَيْسَىٰ وَمَا أُوتِيَ النَّبِيُّونَ مِنْ رَبِّهِمْ لَا نُفَرِّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ وَنَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ ﴿١٣٧﴾

138. Kale bwe banakkiriza nga mmwe bwe mukkiriza, olwo banaaba balung' amye. Naye bwe balyekyuusa, kale *mumanye nti* ddala bali mu kweyawula. Kale Allah aja kukumalira ku bo, era Ye y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

قَالِ آمَنُوا بِمِثْلِ مَا آمَنْتُمْ بِهِ فَقَدْ اهْتَدَوْا بِهِ وَإِنَّ تَوَلَّوْا فَمَا لَهُمْ فِي شِقَاقِي قَسِيكَفِيكُمْ اللَّهُ بِهِ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿١٣٨﴾

139. *Mugambe nti: Tugoberera ddiini** ya Allah. Ye ate ani asinga Allah mu *kuyigiriza* eddiini? Era Ye yekka gwe tusinza.

صِبْغَةَ اللَّهِ وَمَنْ أَحْسَنُ مِنَ اللَّهِ صِبْغَةً وَنَحْنُ لَهُ عِيدُونَ ﴿١٣٩﴾

140. Gamba nti: Abaffe, mutuwakanya ku bya Allah ng'ate ye Mukama waffe era nga ye Mukama wammwe? Era ffe tulina ebikolwa ebyaffe, nammwe mulina ebikolwa ebyammwe; era ffe tuli besimbu gy'ali.

قُلِ اتَّبِعُوا نَبِيَّ اللَّهِ وَهُوَ رَبُّنَا وَرَبُّكُمْ وَلَنَا أَعْمَالُنَا وَلَكُمْ أَعْمَالُكُمْ وَنَحْنُ لَهُ مُخْلِصُونَ ﴿١٤٠﴾

141. Abaffe, ddala mugamba nti Ibrahimu ne Isimaili ne Isihaka ne Ya'qubu n'ezzade *lye* baali Bayudaaya oba Bakulisitaayo? Gamba nti: Abaffe, mmwe musinga okumanya oba Allah? Era ani omukyaamu ennyo okusinga kw'oyo akweka obujulizi bw'alina obwawa eri Allah? Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

أَمْ تَقُولُونَ إِنَّ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَالْأَسْبَاطَ كَانُوا هُودًا أَوْ نَصَارَىٰ قُلِ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ عَالِمُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ فَإِنَّهُ عِنْدَ اللَّهِ مَا تَعْمَلُونَ ﴿١٤١﴾

142. Abo nno be bantu abaggwawo. Balifuna ebyo bye baakolerera, nammwe mulifuna ebyo bye mwakolerera; era mmwe temulibuuzibwa kw'ebyo bye baakolanga.

تِلْكَ أُمَّةٌ قَدْ خَلَتْ لَهَا مَا كَسَبَتْ وَلَكُمْ مَا كَسَبْتُمْ وَلَا تُسْأَلُونَ عَمَّا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٤٢﴾

Ruku 17
Juzu 2

143. Abasirusiru abamu mu bantu bajja kugamba nti: Kiki ekyabakyuusa ku Qibla yaabwe eyo gye baaliko? Gamba nti: Ebuwanjuba n'ebugwanjuba *yonna* wa Allah, y'alung' amya oyo gw'aba asiimye eri ekkubo eggolokofu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّبِعُوا قِبْلَتِكُمْ وَاتَّبِعُوا قِبْلَةَ اللَّهِ الَّتِي كَانَتْ عَلَيْهَا قُلِ اللَّهُ مَشْرُوقُ الشَّرْقِ وَالْمَغْرِبِ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ إِلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٤٣﴾

2:139: 'Eddiini ya Allah' wano tekitegeeza nti Allah naye alina eddiini gy'agoberera, wabula kitegeeza eddiini Allah gye yalondera abantu.

144. Era bwe kityo, mmwe twabafuula abantu abasinga obulungi mulyooke mubeere abalabirizi ku bantu, ne Mutume abeere omulabirizi ku mmwe. Era tetwateekawo bwolekero obwo bwe waliko wabula tulyooke tumanyise oyo agoberera Mutume okuva kw'oyo akyuukira ku bisenziro bye. Naye *kino* kikakanyavu nnyo okuggyako eri abo Allah be yalung'ama. Era Allah si wa kufiiriza kukkiriza kwammwe. Mazima Allah wa kisa nnyo, Musaasizi nnyo *eri abantu*.

وَكَذٰلِكَ جَعَلْنٰكُمْ اُمَّةً وَّسَطًا لِّتَكُوْنُوْا شٰهَدًا عَلٰى النَّاسِ وَيَكُوْنَ الرَّسُوْلُ عَلَیْكُمْ شٰهِيْدًا وَّ مَا جَعَلْنَا الْقِبْلَةَ الَّتِي كُنْتُمْ عَلَیْهَا اِلٰهًا لِنَعْلَمَ مَنْ يَّتَّبِعِ الرَّسُوْلَ مِمَّنْ يَنْقَلِبْ عَلٰى عَقْبَيْهِ ۗ وَاِنْ كَانَتْ لَكَبِيْرَةٌ اِلَّا عَلٰى الَّذِيْنَ هَدٰى اللّٰهُ ۗ وَا مَا كَانَ اللّٰهُ لِيُضِلَّعِبَادًا يَمٰنِكُمْ ۗ اِنَّ اللّٰهَ بِالنَّاسِ لَكَرِيْمٌ ۝۱۴۴

145. Mazima tulaba okudding'ana kw'obwenyi bwo eri eggulu. Kale ddala tujja kukwolekeza eri obwolekero bw'onosiima. Kale yolekeza obwenyi bwo ku ludda lw'Omuzigiti Omutukuvu. Ne yonna gye munaabanga, mwolekezenga obwenyi bammwe gye guli. Era ddala abo abaawebwa Ekitabo bamanyi bulungi nti ago ge mazima agava eri Mukama waabwe. Era Allah si mugayaalirivu kw'ebyo bye bakola.

قَدْ نَرٰى تَقَلُّبَ وَجْهِكَ فِى السَّمَآءِ ۗ فَلَنُوَلِّيَنَّكَ قِبْلَةً تَرْضٰهَا فَوَلِّ وُجْهَكَ شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ ۗ وَحَيْثُ مَا كُنْتُمْ فَوَلُّوْا وُجُوْهُكُمْ شَطْرًا ۗ وَاِنَّ الَّذِيْنَ اُوْتُوْا الْكِتٰبَ لَيَعْلَمُوْنَ اَنَّهٗ الْحَقُّ مِنْ رَّبِّهِمْ ۗ وَا مَا اللّٰهُ بِغَافِلٍ عَمَّا يَعْمَلُوْنَ ۝۱۴۵

146. Era ne bw'onooletera abo abaawebwa Ekitabo obubonero obwa buli ngeri, tebajja kugoberera bwolekero bwo, era naawe tojja kugoberera bwolekero bwabwe; era n'abamu mu bo si ba kugoberera bwolekero bwa balala. Era bw'onoooberera okwagala kwabwe oluvannyuma ng'omaze okutuukibwako okumanya, ddala olwo naawe on'oba oli mu bakyaamu.

وَلَّذِيْنَ اٰتَيْتَ الَّذِيْنَ اُوْتُوْا الْكِتٰبَ بِكُلِّ اٰیَةٍ مَّا تَبِعُوْا قِبْلَتَكَ ۗ وَا مَا اَنْتَ بِتٰبِعٍ قِبْلَتِمْ ۗ وَا مَا بَعْضُهُمْ بِتٰبِعٍ قِبْلَةَ بَعْضٍ ۗ وَلَّذِيْنَ اَتَّبَعْتَ اَهُوْا هُمْ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَكَ مِنَ الْعِلْمِ ۗ اِنَّكَ اِذَا اٰمِنَ الظّٰلِمِيْنَ ۝۱۴۶

147. Abo be twawa Ekitabo bakimanyi nti ge mazima,* nga bwe bamanyi abaana baabwe. Naye ddala abamu mu bo bakweka amazima nga bamanyi.

الَّذِيْنَ اٰتَيْنٰهُمْ الْكِتٰبَ يَخْرَفُوْنَ كَمَا يَخْرَفُوْنَ اٰبْنَآءَهُمْ ۗ وَاِنَّ فَرِيقًا مِنْهُمْ لَيَكْتُمُوْنَ الْحَقَّ وَهُمْ يَعْلَمُوْنَ ۝۱۴۷

148. Ago ge mazima agava eri Mukama wo, kale toba mw'abo ababuusabuusa.

الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُوْنُوْنَ مِنَ الْمُمْتَرِيْنَ ۝۱۴۸

2:147: Ebigambo 'bakimanyi nti ge mazima' bitegeeza nti abo abamanyi ebikwata ku Allah bwe balaba ebikolwa bya Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) ebyoleka amatendo ga Allah, babiteegera bulungi nti ge mazima agava eri Allah, okufaananako n'omwana nga bw'ayolesa amatendo ga muzadde we. Kino kitegeeza nti omuntu wa Allah amanyika lwa matendo ge g'ayolesa.

Ruku 18

149. Era buli omu alina ekiruubirirwa ekyo ekimwefuga. Kale muvuganyenga mu kukola birungi. Buli gye muliba, Allah alibaleeta mwenna wamu. Mazima Allah ye w’Obuyinza ku buli kimu.

150. Ne yonna gy’onoogendanga, kale yolekezanga obwanga bwo eri Omuzigiti Omutukuvu; era ddala ago ge mazima agava eri Mukama wo. Era Allah si mugayaalirivu kw’ebyo bye mukola.

151. Ne yonna gy’onoobanga otabadde, kale yolekezanga obwanga bwo eri Omuzigiti Omutukuvu. Ne yonna gye munaabanga, kale mwolekezenga obwanga bwammwe gye guli, walyooke waleme kubaawo kwekwasa kwonna eri abantu ku mmwe; okuggyako abo aboononefu mu bo. Kale abo temubatyanga naye mutyenga Nze nzekka, olwo ndyooke ntuukirize ebyengeraga byange ku mmwe, olwo mulyooke mulung’ame.

152. Nga bwe twatuma Omubaka mu mmwe ng’ava mu mmwe abasomere Aya zaffe, abatukuze, era abayigirize Ekitabo n’ebyamagezi; nate abayigirize n’ebyo bye mwali mutamanyi.

153. Kale munzijukirenga nange nzija kubajjukira era munneebazenga, naye temubanga abatanneebaza.

Ruku 19

154. Abange mmwe abakkiriza, obuyambi mubusabanga Allah na kugumiikiriza n’essaala; mazima Allah ali wamu n’abagumiikiriza.

155. Era temwogeranga kw’abo abattirwa mu kkubo lya Allah nti bafu. Nedda, ddala balamu; naye mmwe temutegeera.

156. Era ddala tujja kubagezesa n’ekintu eky’entiisa, n’enjala, n’okukendeeza ku by’obugagga n’abantu n’ebibala; naye wa amawulire ag’essanyu eri abagumiikiriza;

وَلِكُلِّ وَّجْهَةٍ هُوَ مُوَلِّيٰهَا فَاَسْتَبِقُوا
الْخَيْرَاتِ ؕ اَآيْنَ مَا تَكُوْنُوْنَ اَيَّاتِ يَكُمُ
اللّٰهُ جَمِيْعًا ؕ اِنَّ اللّٰهَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيْرٌ ﴿١٤٩﴾

وَمِنْ حَيْثُ خَرَجْتَ فَوَلِّ وَجْهَكَ
شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ ؕ وَارْتَأِ لِلْحَقِّ مِنَ
رَبِّكَ ؕ وَ مَا لِلّٰهِ بِغَافِلٍ عَمَّا
تَعْمَلُوْنَ ﴿١٥٠﴾

وَمِنْ حَيْثُ خَرَجْتَ فَوَلِّ وَجْهَكَ
شَطْرَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ ؕ وَ حَيْثُ مَا
كُنْتُمْ فَوَلُّوْا وُجُوْهَكُمْ شَطْرَهُ ؕ لِئَلَّا
يَكُوْنَ لِلنَّاسِ عَلَيْكُمْ حُجَّةٌ ؕ اِلَّا الَّذِيْنَ
ظَلَمُوْا مِنْهُمْ ؕ فَلَا تَخْشَوْهُمْ وَا
اِحْشَوْنِيْ ؕ وَ اِلَآئِمَّ نِعْمَتِيْ عَلَيْكُمْ وَا
لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُوْنَ ﴿١٥١﴾

كَمَا اَرْسَلْنَا فِيْكُمْ رَسُوْلًا مِّنْكُمْ يَتْلُوْا
عَلَيْكُمْ اٰیٰتِنَا وَيُزَكِّيْكُمْ وَيُعَلِّمُكُمُ
الْكِتٰبَ وَالْحِكْمَةَ وَيُعَلِّمُكُم مَّا لَمْ
تَكُوْنُوْا تَعْلَمُوْنَ ﴿١٥٢﴾

فَاذْكُرُوْٓنِيْ اِذْ كُرْتُمْ وَاشْكُرُوْا لِيْ وَا
تَكْفُرُوْٓنَ ﴿١٥٣﴾

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا اسْتَعِيْنُوْا
بِالصَّبْرِ وَ الصَّلٰوةِ ؕ اِنَّ اللّٰهَ مَعَ
الصّٰبِرِيْنَ ﴿١٥٤﴾

وَلَا تَقُوْلُوْا لِمَنْ يُفْتَدِلُ فِيْ سَبِيْلِ اللّٰهِ
اَمْوَاتٌ بَلْ اَحْيَاءٌ وَّلٰكِنْ لَا تَشْعُرُوْنَ ﴿١٥٥﴾

وَلَتَبْلُوْا نَحْمَ بَشِيْءٍ مِّنَ الْخَوَفِ وَالْجُوْعِ
وَ نَقِيْصٍ مِّنَ الْاَمْوَالِ وَ الْاَنْفُسِ وَ
الشَّمْرِاتِ ؕ وَ بَشِيْرَ الصّٰبِرِيْنَ ﴿١٥٦﴾

157. Abo ababa nga batuukiddwako akabenje nebagamba nti: Mazima tuli ba Allah era ddala gy'ali gye tulidda.

الَّذِينَ إِذْ آصَابَتْهُمْ مُصِيبَةٌ قَالُوا
رَأَيْنَا لِلَّهِ دَرَجَاتٍ أَلْوَىٰ مِنْ دَرَجَاتِنَا
﴿١٥٧﴾

158. Abo be baliko emikisa n'okusaasira ebiva eri Mukama waabwe, era abo be balung'amu.

أُولَٰئِكَ عَلَيْهِمْ صَلَوَاتٌ مِّن رَّبِّهِمْ وَ
رَحْمَةٌ ۗ وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْتَدُونَ ﴿١٥٨﴾

159. Mazima Al-Swafa ne Al-Marwah biri mu bubonero bwa Allah. Bwe kityo nno oyo alamaga eri Ennyumba ya Allah oba akola 'Umrah, kale tabaako kinenyo bwe yeetooloola ku busozi bwombi. Era n'oyo akola obulungi obusukkawo ku lulwe, kale ddala Allah ye Musiimi ennyo, Omumanyi wa byonna.

إِنَّ الصَّفَا وَالْمَرْوَةَ مِن شَعَائِرِ اللَّهِ
فَمَن حَجَّ الْبَيْتَ أَوْ اعْتَمَرَ فَلَا جُنَاحَ
عَلَيْهِ أَن يَطَّوَّفَ بِهِمَا ۗ وَمَن تَطَوَّعَ
حَيْرًا ۗ فَإِنَّ اللَّهَ شَاكِرٌ عَلِيمٌ ﴿١٥٩﴾

160. Mazima abo abakisa ebyo bye twassa, mu bubonero n'obulung'amu, oluvannyuma nga tumaze okubinyonyola akaati eri abantu mu Kitabo, abo Allah alibakolimira n'abakolimi balibakolimira.

إِنَّ الَّذِينَ يَكْتُمُونَ مَا أَنزَلْنَا مِنَ
الْبُيُوتِ وَالْهُدَىٰ مِنْ بَعْدِ مَا بَيَّنَّاهُ
لِلنَّاسِ فِي الْكِتَابِ ۗ أُولَٰئِكَ يَلْعَنُهُمُ
اللَّهُ وَيَلْعَنُهُمُ اللُّعُنُونَ ﴿١٦٠﴾

161. Okuggyako abo abalibonerera ne batereerera ddala era ne bannyonyola amazima, kale abo ndibaddiramu; anti Nze Nannyini kuddiramu, Ow'ekisa ekingi.

إِنَّ الَّذِينَ تَابُوا وَأَصْلَحُوا وَبَيَّنَّاهُ
فَأُولَٰئِكَ أَتُوبُ عَلَيْهِمْ ۗ وَأَنَا التَّوَّابُ
الرَّحِيمُ ﴿١٦١﴾

162. Mazima abo abatakiriza era nebafa nga beeremye, abo be baliko ekikolimo kya Allah n'ekya ba malayika n'abantu bonna.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَمَاتُوا وَهُمْ كُفَّارًا
أُولَٰئِكَ عَلَيْهِمْ لَعْنَةُ اللَّهِ وَالْمَلَائِكَةِ
وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿١٦٢﴾

163. Omwo mwe balibeera. Tebalikendeerezebwa ku kibonerezo wadde tebaliweebwa kaagaanya.

خَالِدِينَ فِيهَا ۗ لَا يُخَفَّفُ عَنْهُمْ
الْعَذَابُ وَلَا هُمْ يُنظَرُونَ ﴿١٦٣﴾

164. Era Omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu yekka. Teri musinzibwa mulala okujjako Ye; Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

وَاللَّهُ كَرِيمٌ ۗ ﴿١٦٤﴾

Ruku 20

165. Mazima mu kutondebwa kw'emigigi gy'eggulu n'ensi n'okukyuukakyuuka kw'ekiro n'emisana, n'ebyombo ebyo ebiseeyeya ku nnyanja nga bitwala ebyo ebigasa abantu, n'amazzi ago Allah g'atonnyesa okuva mu bire n'agalamusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo era n'abunya mu yo ebirina obulamu ebya buli ngeri, n'okukyuukakyuuka kw'empewo n'ebire ebyassibwa ku kuweereza wakati

إِنَّ فِي خَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ
اِخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَالظُّلَمِ الَّتِي
تَجْرِي فِي الْبَحْرِ مِمَّا يَنْفَعُ النَّاسَ وَ
مَا أَنزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مِن مَّاءٍ
فَأَخْيَأْنَا بِهِ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَبَثَّ
فِيهَا مِن كُلِّ دَابَّةٍ ۗ وَتَضْرِبُ

w'eggulu n'ensi , ddala bubonero bukulu eri abantu abakozesa amagezi.

الرِّيحِ وَالسَّحَابِ الْمُسْحَرِ بَيْنَ السَّمَاءِ
وَالْأَرْضِ لَا يَتَّبِعُونَ لِقَوْمِهِمْ يَعْظَمُونَ ﴿١٦٥﴾

166. Era mu bantu mulimu abeeteerawo ebisinzibwa ebbali wa Allah era nebabyagala nga bwe baalyagadde Allah yennyini. Naye bo abakkiriza, okwagala kwabwe okusingira ddala kuli ku Allah. Era singa aboononyi balaba ekiseera ekyo webalirabira ekibonerezo, baalitegedde nti ddala obuyinza bwonna bwa Allah era nti ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَتَّخِذُ مِن دُونِ اللَّهِ
أَثَدًا يُحِبُّونَهُمْ كَحُبِّ اللَّهِ وَالَّذِينَ
الَّذِينَ آمَنُوا أَشَدُّ حُبًّا لِلَّهِ وَلَوْ يَرَى
الَّذِينَ ظَلَمُوا إِذْ يَرَوْنَ الْعَذَابَ
أَنَّ الْقُوَّةَ لِلَّهِ جَمِيعًا وَأَنَّ اللَّهَ
شَدِيدُ الْعَذَابِ ﴿١٦٦﴾

167. Awo abaagobererwanga bwe balye-sammula abo abaabagobereranga era ne balaba n'ekibonerezo, olwo amakubo g'obuwonero bwabwe galikutuka.

إِذْ تَبَرَّأَ الَّذِينَ اتَّبَعُوا مِنَ الَّذِينَ
اتَّبَعُوا وَرَأَوْا الْعَذَابَ وَتَقَطَّعَتْ بِهِمُ
الْأَسْبَابُ ﴿١٦٧﴾

168. Era abo abaagobereranga baligamba nti: Singa ddala tusobola okuddayo ku nsi, kale naffe twalibesammuddeko nga nabo bwe batwesammuddeko. Bw'aty nno Allah bw'alibalaga ebikolwa byabwe eby'okwejjusa okuli ku bo era bo tebaliva mu muliro.

وَقَالَ الَّذِينَ اتَّبَعُوا لَوْ أَنَّ لَنَا كَرَّةً
فَنَتَّبَرَأَ مِنْهُمُ كَمَا تَبَرَّأُوا مِنَّا
كَذَلِكَ يُرِيهِمُ اللَّهُ أَعْمَالَهُمْ
حَسْرَتٍ عَلَيْهِمْ وَمَا هُمْ بِخَارِجِينَ
مِنَ النَّارِ ﴿١٦٨﴾

Ruku 21

169. Abange mmwe abantu, mulye kw'ebyo ebiri mu nsi ebyakkirizibwa nga birongoofu,* naye temugobereranga buwufu bwa Sitaani. Mazima ye mulabe wammwe wa lwaatu.

يَا أَيُّهَا النَّاسُ كُلُوا مِمَّا فِي الْأَرْضِ
حَلَالًا طَيِّبًا وَلَا تَتَّبِعُوا خُطُوتَ
الشَّيْطَانِ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ﴿١٦٩﴾

170. Mazima ye abalagira bibi na bya mbyoone era nti mwogere ne ku Allah bye mutamanyi.

إِنَّمَا يَأْمُرُكُمْ بِالسُّوءِ وَالْفَحْشَاءِ وَإِن
تَقُولُوا عَلَى اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿١٧٠﴾

171. Era bwe bagambibwa nti mugoberere ebyo Allah bye yassa, bagamba nti: Nedda, ffe tugoberera ebyo bye twasangako bakitaffe. Abaffe, bakitaabwe ne bwe baba nga baali tebategeera kintu kyonna era nga si balung'amu, bo nga bagoberera?

وَرَدَّ أَقْبَلَهُمْ اتَّبِعُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ
قَالُوا بَلْ نَتَّبِعُهُ مَا الْفَيْنَا عَلَيْهِمْ إِبَاءً نَاهٍ
أَوْ لَوْ كَانَ آبَاءُهُمْ لَا يَعْقِلُونَ
شَيْئًا وَلَا يَهْتَدُونَ ﴿١٧١﴾

2:169: Ekigambo 'Twayiyib' (طَيِّبًا) kiyinza okukozesebwa ku kusalawo kw'omuntu kw'ekyo ky'ayagala okulya awamu n'obuyonjo n'obulongoofu bw'ekyo ekiriibwa ekyakkirizibwa mu mateeka. Kisoboka okuba nti ekyo ekyakkirizibwa okuliibwa, abamu kibawoomera ate abalala nga tekibawoomera. Oluusi ekyo ekyakkirizibwa kiyinza okuba nti olw'embeera ya kyo etali nnyonjo era nga si nngongoofu, kiba tekisaanira mukkiriza kukirya.

172. Era enfaanana y'abo abatakkiriza, efaanana n'eyoyo akoowoola ekyo ekitawulira wabula okwasii kana n'okuwoowoola. Bakiggala, bakasiru, bamuzibe; bwe kityo tebategeera.

وَمَثَلُ الَّذِينَ كَفَرُوا كَمَثَلِ الَّذِي يَنْعُقُ بِمَا لَا يَسْمَعُ إِلَّا دُعَاءً وَنِدَاءً صُمُّكُمْ عُمِّيَ فَهَمْ لَا يَعْقِلُونَ ﴿٧٧﴾
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا آكلُوا مِن طَيِّبَاتِ مَا رَزَقْنَاكُمْ وَاشْكُرُوا لِلَّهِ إِنْ كُنْتُمْ رِيبَاءَهُ تَعْبُدُونَ ﴿٧٨﴾

173. Abange mmwe abakkiriza, mulye kw'ebyo ebirongoofu bye twabagabula era mwebaze Allah bwe muba nga Ye gwe musinza.

إِنَّمَا حَرَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةَ وَالدَّمَ وَلَحْمَ الْخِنْزِيرِ وَمَا أُهْلِيَ بِهِ لِغَيْرِ اللَّهِ فَمَنْ اضْطُرَّ غَيْرَ بَاغٍ وَلَا عَادٍ فَلَا إِثْمَ عَلَيْهِ إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ ذَرِيمٌ ﴿٧٩﴾

174. Mazima yabaziyiza kalannamyee, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiraamiriziddwako atali Allah. Naye oyo awalirizibwa, nga si mujeemu era nga tasusse kigero, kale tabaako kisobyo. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

إِنَّ الَّذِينَ يَكْتُمُونَ مَا أَنزَلَ اللَّهُ مِنَ الْكِتَابِ وَيَشْتَرُونَ بِهِ ثَمَنًا قَلِيلًا أُولَئِكَ مَا يَأْكُلُونَ فِي بُطُونِهِمْ إِلَّا النَّارَ وَلَا يُكَلِّمُهُمُ اللَّهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَلَا يُزَكِّيهِمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٨٠﴾

175. Mazima abo abakisa ebyo Allah bye yassa mu Kitabo era ne babiwaanyisamu omuwendo omutono, abo tebassa kirala mu mbuto zaabwe wabula muliro; ne Allah talyogera nabo ku lunaku lw'okuzuukira era talibatukuza era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

أُولَئِكَ الَّذِينَ اشْتَرُوا الضَّلَاةَ بِالْهُدَى وَالْعَذَابُ بِالْمَغْفِرَةِ فَمَا أَصْبَرَهُمْ عَلَى النَّارِ ﴿٨١﴾

176. Abo nno be bo abaawaanyisa obubuze mu bulung'amu, n'ekibonerezo mu kusonyiyibwa. Ye, balina kugumiikiriza kwa ngeri ki ku muliro!

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ نَزَّلَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ وَإِنَّ الَّذِينَ اخْتَلَفُوا فِي الْكِتَابِ لَفِي شِقَاقٍ بَعِيدٍ ﴿٨٢﴾

177. Ekyo lwa kubanga ddala Allah yassa Ekitabo ekirumu amazima, era ddala abo abatakkiriziganya ku Kitabo ddala be bali mu bulabe obw'ewala.

Ruku 22

178. Obutuukirivu si kwe kuba nti mwolekeza obwanga bwammwe ku ludda lw'ebuvanjuba oba ebugwanjuba, naye omutuukirivu y'oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ne ba malayika n'Ekitabo ne ba Nabbi. Era n'atoola n'ebuyobugagga mu kwagala kwe eri ababe, ne ba mulekwa, n'abankuscere, n'abatambuze, n'abasaba, n'okununula abali mu nkomyo era n'ajjumbira essaala n'atoola zaka. Era n'abo abatuukiriza endagaano zaabwe awo nga balagaanye, n'abagumiikiriza mu bwavu ne mu buzibu ne mu kiseera ky'entalo; abo nno

لَيْسَ الْبِرَّ أَنْ تُوَلُّوا وُجُوهَكُمْ قِبَلَ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ وَلَكِنَّ الْبِرَّ مَنْ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَالْمَلَائِكَةِ وَالْكِتَابِ وَالنَّبِيِّينَ وَآتَى الْمَالَ عَلَى حُبِّهِ ذَوِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَابْنَ السَّبِيلِ وَالسَّائِلِينَ وَفِي الرِّقَابِ وَأَقَامَ الصَّلَاةَ وَآتَى الزَّكَاةَ وَالْمُوفُونَ بِعَهْدِهِمْ إِذَا عَاهَدُوا

be b'amazima era abo be batya Allah.

179. Abange mmwe abakkiriza, mwalagirwa okwesasuzi ku battibwa *mu mmwe*: omwana wa boowo ku mwana wa boowo, n'omuuddu ku muuddu, n'omukazi ku mukazi. Naye oyo aba asonyiyiddwa muganda we ekintu kyonna, kale kigobererwe mu butuufu era *omussi* اساسule gy'ali engassi lwa bulungi.* Okwo nno kwe kuwewula n'okusaasira okuva eri Mukama wammwe. Naye oyo alibuuka ekigero oluvannyuma lw'ekyo, y'alifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

180. Era mulina obulamu mu *tteeka* ly'okwesasuzi, abange mmwe abalina amagezi, mulyooke mwekuume.

181. Mwalagirwa nti omu mu mmwe nga atuukiddwako okufa, bw'aba nga aleseewo eby'obugagga, alamire bazadde be bombi, n'ababe *okugoberera* obutuufu; ekyo kikakafu ku batya Allah.

182. Naye oyo alikukyuusa oluvannyuma ng'amaze okukuwulira, kale ddala ekibi ky'ekyo kiri kw'abo abakukyuusa. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

183. Naye oyo atya nti omulaami ayinza okwekubiira oba okusobya, kale n'aterreeza wakati waabwe, tabaako kisobyo. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 23

184. Abange mmwe abakkiriza, mulaalikiiddwa okusiiba nga bwe kwalaalikibwa abo abaabakulemba, mulyooke *muyige* okwekuuma.

185. Ennaku mbalirire. Kale oyo mu mmwe aliba omulwadde oba ng'ali mu lugendo, kale *atuukirize* omuwendo mu nnaku ez'oluvannyuma. Naye abo abandikusobodde mu kwewaliriza, engassi

الصَّابِرِينَ فِي الْبَأْسَاءِ وَالضَّرَّاءِ وَ
حِينَ الْبَأْسِ أُولَئِكَ الَّذِينَ صَدَقُوا
وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُتَّقُونَ ﴿١٧٩﴾
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُتِبَ عَلَيْكُمُ
الْقِصَاصُ فِي الْقَتْلِ ۚ الْحَرُّ بِالْحَرِّ وَ
الْعَبْدُ بِالْعَبْدِ ۚ أَلْأُنثَىٰ بِالْأُنثَىٰ ۚ
فَمَن عَفِيَ لَكَ مِنْ أُخِيهِ شَيْءٌ فَاتَّبِعْهُ
بِالْمَعْرُوفِ ۚ وَأَدِّ إِلَيْهِ بِإِحْسَانٍ ۚ
ذَٰلِكَ تَخْوِيفٌ مِّن رَّبِّكُمْ وَرَحْمَةٌ ۚ
فَمَنِ اعْتَدَىٰ بَعْدَ ذَٰلِكَ فَلَئِنَّ عَذَابَ
الْآلِيمِ ﴿١٨٠﴾

وَلَكُمْ فِي الْقِصَاصِ حَيَوةٌ يَا أُولِي
الْأَلْبَابِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٨١﴾
كُتِبَ عَلَيْكُمُ إِذَا حَضَرَ أَحَدَكُمُ
الْمَوْتُ إِن تَرَكَ خَيْرًا لِّلْوَالِدَيْنِ
لِلْوَالِدَيْنِ وَالْأَقْرَبِينَ بِالْمَعْرُوفِ
حَقًّا عَلَى الْمُتَّقِينَ ﴿١٨٢﴾

فَمَن بَدَّلَهُ بَعْدَ مَا سَمِعَهُ فَإِنَّمَا
إِثْمُهُ عَلَى الَّذِينَ يُبَدِّلُونَهُ ۚ إِنَّ
اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿١٨٣﴾

فَمَن خَافَ مِنْ مُّوَسٍ جَنًّا أَوْ إِثْمًا
فَأُضْلِعَ بَنِينَ لَهُمْ فَلَا إِثْمَ عَلَيْهِ ۚ إِنَّ اللَّهَ
عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٨٤﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُتِبَ عَلَيْكُمُ
الضِّيَاعُ مِّمَّا كُتِبَ عَلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكُمْ
لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٨٥﴾

أَيَّامًا مَّعْدُودَاتٍ ۚ فَمَن كَانَ مِنْكُمْ
مَّرِيضًا أَوْ عَلَىٰ سَفَرٍ فَعِدَّةٌ مِنْ أَيَّامٍ أُخَرَ ۚ
وَعَلَى الَّذِينَ يُطِيقُونَهُ فِدْيَةٌ طَعَامُ

2:179: Kino kitegeeza nti engassi y'omusaayi esaana kubalirirwa mu bwenkanya era esasulwe eri abantu b'omufu mu bujuvu era lwa bulungi.

kuliisa munaku. Naye oyo akola ekirungi ku lw'obuwulize, ekyo ky'ekirungi ennyo gy'ali. Naye bwe musiiba, kiba kirungi nnyo gye muli, singa mubadde mumanyi.

186. Omwezi gwa Ramadhani gwe gwo Kur'ani mwe yassirwa nga bwe bulung'amu eri abantu era nga bwe bubonero obwetadde obw'obulung'amu era nga ky'ekyawula ebibi n'ebirungi. Bwe kityo nno oyo mu mmwe omwezi gwe gulisangawo, kale agusiibe. Naye oyo aliba omulwadde oba ng'ali mu lugendo, kale atuuikirize omuwendo mu nnaku ez'oluvannyuma. Allah abaagaliza bwangu naye tabaagaliza buzito, era ababuulirira mulyooke mutuukirize omuwendo gw'ennaku, era mulyooke mugulumize Allah olw'ebyo by'abalung'amyamu era mulyooke mwebaze.

187. Era abaweereza bange bwe bakubuzanga ebinfaako, kale ddala Nze ndi kumpi nnyo. Nze nnyanukula okulaajana kw'omulaajanyi ng'andaajanidde: Kale bannyanukule era bakkiririze mu Nze, balyooke balung'ame.

188. Mu kiro ky'okusiiba mwakkirizibwa okuyita eri bakyala bammwe. Bo kyambalo kyammwe, nammwe muli kyambalo kyabwe. Allah amanyi nti ddala mubadde mwerumya, kale kwe kubaddiramu n'abasonyiwa. Kale kati muyite gye bali nga munoonya ekyo Allah kye yabalagira. Era mulye era munywe okutuusa ewuzi enjeru ey'emmambya lwe yeeyoleka gye muli okuva mu wuzi enzirugavu ey'emmambya.*N'oluvannyuma mutuukirize okusiiba okutuusa ekiro, naye temuyitanga gye bali bwe mubanga muli mu P'tikaafu mu mizigiti. Ezo nno z'ensalo za Allah, kale temuzisembereranga. Bw'atyo nno Allah bw'annyonnyola amateeka ge eri abantu balyooke beekuume.

مَسْكِينٍ ۖ فَمَنْ تَطَوَّعَ خَيْرًا فَهُوَ خَيْرٌ لَّهُ ۚ وَأَنْ تَصُومُوا خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٨٦﴾
 شَهْرُ رَمَضَانَ الَّذِي أُنزِلَ فِيهِ الْقُرْآنُ هُدًى لِّلنَّاسِ وَبَيِّنَاتٍ مِّنَ الْهُدَىٰ وَالْفُرْقَانِ ۚ فَمَنْ شَهِدَ مِنْكُمُ الشَّهْرَ فَلْيَصُمْهُ ۖ وَمَنْ كَانَ مَرِيضًا أَوْ عَلَىٰ سَفَرٍ فَعِدَّةٌ مِّنْ أَيَّامٍ أُخَرَ ۗ يُرِيدُ اللَّهُ بِكُمُ الْيُسْرَ وَلَا يُرِيدُ بِكُمُ الْحُسْرَ ۗ وَلِتُكْمِلُوا الْعِدَّةَ وَلِتُكَبِّرُوا اللَّهَ عَلَىٰ مَا هَدَاكُمْ وَلَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٨٧﴾

وَإِذَا سَأَلَكَ عِبَادِي عَنِّي فَإِنِّي قَرِيبٌ ۚ أُجِيبُ دَعْوَةَ الدَّاعِ إِذَا دَعَانِ ۚ فَلْيَسْتَجِيبُوا لِي وَلْيُؤْمِنُوا بِي لَعَلَّهُمْ يَرْشُدُونَ ﴿١٨٧﴾
 أَحَدٌ لَّكُمْ لَيْلَةٌ الصِّيَامِ الرَّفَثُ إِلَىٰ نِسَائِكُمْ ۚ هُنَّ لِبَاسٌ لَّكُمْ وَأَنْتُمْ لِبَاسٌ لَّهُنَّ ۗ عَلِمَ اللَّهُ أَنَّكُمْ كُنْتُمْ تَخْتَانُونَ أَنْفُسَكُمْ فَتَابَ عَلَيْكُمْ وَعَفَا عَنْكُمْ ۚ فَالَّذِينَ بَاشِرُوهُنَّ وَابْتَغُوا مَا كَتَبَ اللَّهُ لَكُمْ فَكُلُوا وَاشْرَبُوا حَتَّىٰ يَتَبَيَّنَ لَكُمُ الْخَيْطُ الْأَبْيَضُ مِنَ الْخَيْطِ الْأَسْوَدِ مِنَ الْفَجْرِ ۚ ثُمَّ أَتَمُوا الصِّيَامَ إِلَىٰ اللَّيْلِ ۚ وَلَا تُبَاشِرُوهُنَّ وَأَنْتُمْ عَاكِفُونَ فِي الْمَسْجِدِ ۚ تِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ ۚ فَلَا تَقْرُبُوهَا ۚ كَذَلِكَ

2:188. 'Ewuzi enjeru'. Ewuzi ezooogerwako wano si ze wuzi ezikozesebwa mu kutunga engoye, wabula wano ekigendererwa kwe kusala kw'emmambya awo nga bugenda okukya. Aya eno etuyigiriza nti mu mwezi gwa Ramadhan, daaku tuteekwa kugirya nga emmambya eri kumpi kusala ku ssaawa nga kkumi n'ekitundu ez'ekiro. Emmambya bw'emala okusala, tetusaanye ate kulya daaku. Okulya nga emmambya eneetera okusala kirimu obwangu eri omusiibi kubanga bw'amala okulya daaku teyeebaka, wabula ayisaawo akaseera katono n'asaala Subuhi, n'oluvannyuma n'agenda ku mirimu gye.

189. Era temulyanga bya bugagga bwammwe wakati wammwe mu bukyaamu n'okubigemula eri ab'obuyinza nga mugenderera okulya ebimu ku bintu by'abantu mu ngeri embi, so nga mumanyi.*

Ruku 24

190. Bakubuuza ebifa ku myezi gy'emboneekerera. Gamba nti: Egyo by'ebigero by'ebiseera eri abantu n'ekiseera kya Hijja. Naye obutuukirivu si ye mmwe okuyingira mu mayumba nga muyita emmanju wa go, wabula omutuukirivu owa ddala y'oyo atya Allah. Era muyingirenga mu mayumba nga muyita miryango wa go era mutye Allah mulyooke muganyulwe.

191. Era mulwane mu kkubo lya Allah n'abo ababalwanyisa, naye temusukkanga ekigero. Mazima Allah tayagala basukka kigero.

192. Era mubatte wonna wemuba mubasanze era mubagobe wonna webaabagoba; naye okubonyaabonya kibi nnyo okusinga n'okutta. Naye temulwananga nabo awali Omuzigiti Omutukuvu okutuusa nga babalwanyisirizza mu gwo. Kale bwe babalwanyisanga, olwo nammwe mubalwanyise; Bw'etyo nno empeera y'abatakiriza bw'eri.

193. Naye bwe beekomangako, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

194. Era mubalwanyise okutuusa lwe wataliba kubonyaabonya, olwo eddiini ebeerewo ku Iwa Allah. Naye bwe beekomangako, olwo tewabangawo bulabe nate, okuggyako eri abalumbaganyi.

2:189. Aya eno eziyiza amakubo gonna ag'obukumpanya, obulyaake, okuwa enguzi n'okugirya. Mu ngeri y'emu, evumirira nnyo omuwi w'enguzi n'oyo agitwala (agirya) nga yeeyambisa ekifo, obuyinza oba obuvunaanyizibwa bw'alina. Aya y'emu era erabula abo bonna abalina obuvunaanyizibwa ku by'obugagga bw'eggwanga oba obw'ebitongole nti basaanye okubeera abeesigwa ennyo, nga beesimbu ate nga beegendereza mu nkozesa y'ebuyobugagga bino.

يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ وَاللَّيْلِ لَعَلَّكُمْ
يَتَّقُونَ ﴿١٨٩﴾
وَلَا تَأْكُلُوا أَمْوَالَكُم بَيْنَكُم بِالْبَاطِلِ
وَتَذَلُّوا بِهَا إِلَى الْحُكَّامِ لِيَأْكُلُوا فَرِيقًا
مِّنْ أَمْوَالِ النَّاسِ بِالْإِثْمِ وَأَنتُمْ
تَعْلَمُونَ ﴿١٩٠﴾

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْأَلِهَةِ، قُلْ هِيَ
مَوَاقِيتُ لِلنَّاسِ وَالْحِجَّةُ وَلَيْسَ الْبِرُّ
بِأَنْ تَأْتُوا الْبُيُوتَ مِنْ ظُهُورِهَا
لَعِنَ الْبِرِّ مِنَ اتَّقَى وَأَتُوا الْبُيُوتَ
مِنْ أَبْوَابِهَا سَوَاءً مَا نَفَعَهُ لَعَلَّكُمْ
تُفْرِحُونَ ﴿١٩١﴾

وَكَاتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ الَّذِينَ
يُقَاتِلُوا نَكُم وَلَا تَعْتَدُوا إِنَّ اللَّهَ
لَا يُحِبُّ الْمُعْتَدِينَ ﴿١٩٢﴾

وَاقْتُلُوهُمْ حَيْثُ ثَقِفْتُمُوهُمْ
وَآخِرُ جَوْهَرٍ مِنْ حَيْثُ آخَرِ جَوْهَرٍ
الْفِئْتَةُ أَشَدُّ مِنَ الْقَتْلِ وَلَا
تُقَاتِلُواهُمْ عِنْدَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ
حَتَّى يُقَاتِلُوكُمْ فِيهِ فَإِنْ قَاتَلُوكُمْ
فَاقْتُلُوهُمْ كَمَا كُنْتُمْ قَاتِلِينَ
الْكُفْرِينَ ﴿١٩٣﴾

فَإِنْ انْتَهَوْا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٩٤﴾

وَكَاتِلُواهُمْ حَتَّى لَا تَكُونَ فِئْتَةً
يَكُونَ الَّذِينَ يَلْتَمِسُونَ فَلَا
عُدْوَانَ عَلَيَّ وَالظَّالِمِينَ ﴿١٩٥﴾

195. Omwezi Omutukuvu gwasasuzibwa na Mwezi Mutukuvu, n'ebintu ebitukuvu bibaako okwasasuzi. Kale oyo abalumbagana, nammwe mumubonereze kyenkanyi nga bw'abalumbaganye; naye mutye Allah era mumanye nti ddala Allah ali wamu n' abamutya.

الشَّهْرُ الْحَرَامُ بِالشَّهْرِ الْحَرَامِ وَالْحُرُمَتِ قِصَاصٌ ؕ فَمَنِ اعْتَدَى عَلَيْكُمْ فَاعْتَدُوا عَلَيْهِ بِمِثْلِ مَا اعْتَدَى عَلَيْكُمْ وَاتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿١٩٥﴾

196. Era mutwole mu kkubo lya Allah naye temwesulanga n'emikono gyammwe mu kuzikirira era mukolenga bulungi; mazima Allah ayagala nnyo abakola obulungi.

وَآتَقُوا اللَّهَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلَا تُلْقُوا بِأَيْدِيكُمْ إِلَى التَّهْلُكَةِ وَأَحْسِنُوا إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٩٦﴾

197. Era mutuukirize Hijja ne 'Umrah ku lwa Allah. Naye bwe muziyizibwanga, olwo muweereze ekisalibwa ekifunika amangu; naye temumwanga mitwe gyammwe okutuusa nga ekisalibwa kituuse mu kifo kya kyo *wekisalirwa*. Naye oyo mu mmwe aliba nga mulwadde oba ng'alina obulemu mu mutwe gwe, kale yeetangirire n'okusiiiba oba ne saddaaka oba ekisalibwa. Naye bwe mubanga mu miremba *nemugenda*, olwo oyo ayagala okugasibwa 'Umrah wamu ne Hijja, kale *aweeyo* ekisalibwa ekifunika amangu. Naye oyo aliba takifunye, kale asiibe ennaku ssatu ng'ali mu Hijja n'omusanvu nga muzzeeyo. Ezo z'ennaku ekkumi enzijuvu. Ekyo kikwata kw'oyo aba nga ababe tebabeera awali Omuzigiti Omutukuvu. Era mutye nnyo Allah, nate mumanye nti Allah mukakali nnyo mu kubonereza.

وَآتُوا الْحَجَّ وَالْعُمْرَةَ لِلَّهِ ؕ فَإِنْ أُحْصِرْتُمْ فَمَا اسْتَيْسَرَ مِنَ الْهَدْيِ ؕ وَلَا تَحْلِقُوا رُءُوسَكُمْ حَتَّىٰ يَبْلُغَ الْهَدْيُ مَحَلَّهُ ؕ فَمَنْ كَانَ مِنْكُمْ مَّرِيضًا أَوْ بِهِ آذَىٰ مِنْ رَأْسِهِ فَفِدْيَةٌ مِّنْ صِيَامٍ أَوْ صَدَقَةٍ أَوْ نُسُكٍ ؕ فَإِذَا أَمِنْتُمْ فَمَنْ تَمَتَّعَ بِالْعُمْرَةِ إِلَى الْحَجِّ فَمَا اسْتَيْسَرَ مِنَ الْهَدْيِ ؕ فَمَنْ لَّمْ يَجِدْ فَصِيَامٌ ثَلَاثَةِ أَيَّامٍ فِي الْحَجِّ وَسَبْعَةٍ إِذَا رَجَعْتُمْ تِلْكَ عَشْرَةٌ كَامِلَةٌ ؕ ذَلِكَ لِمَنْ لَّمْ يَكُنْ أَهْلَهُ حَاضِرِي الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَاتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿١٩٧﴾

Ruku 25

198. Emyezi gya Hijja gimanyiddwa bulungi. Kale oyo aba amaliridde okukola Hijja mu gyo, kale *amanye nti* tewaba bya bukaba oba eby'obujeemu wadde okukakwalikana mu Hijja. Era ekirungi kyonna kye mukola, Allah akimanya. Era mwesibirirenga entanda, naye entanda esinga obulungi kwe kutya Allah; era muntye, abange mmwe abalina amagezi.

الْحَجَّ أَشْهَرُ مَعْلُومَتٍ ؕ فَمَنْ فَرَضَ فِيهِنَّ الْحَجَّ فَلَا رَفَثَ وَلَا فُسُوقَ وَلَا جِدَالَ فِي الْحَجِّ ؕ وَمَا تَفَعَّلُوا مِنْ حَيْرٍ يَحْكُمُهُ اللَّهُ ؕ وَتَزَوَّدُوا فَإِنَّ خَيْرَ الزَّادِ التَّقْوَىٰ وَاتَّقُونِ يَا أُولِيَ الْأَلْبَابِ ﴿١٩٨﴾

199. Temubaako kinenyo bwe munoonya emikisa egiva eri Mukama wammwe. Kale bwe muba nga mukuluguka okuva mu 'Arafa,

لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ تَبْتَغُوا فَضْلًا مِّن رَّبِّكُمْ ؕ فَإِذَا أَقَضْتُمْ مِّنْ عَرَفَاتٍ

olwo mutendereze nnyo Allah awali Mash 'aril Harāmi era mumutendereze nga bw'abalung'amizza newaakubadde nga oluberebere lw'ekyo mwali mu babuze.

200. N'oluvannyuma mweyiwe mu kifo abantu we beeyiwa era musabe okusonyiyibwa eri Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

201. Era bwe mumalirizanga emikolo gy'okusinza kwammwe, olwo mujjukirenga nnyo Allah okufaanana nga bwe mujjukira bakitammwe oba okujjukira okusinga nawo. Kale mu bantu mulimu abagamba nti: Mukama waffe, tuwe *ebirungi* mu nsi, kale oyo taliba na mugabo ku nkomerero.

202. Era mu bo mulimu abagamba nti: Mukama waffe, tuwe *ebirungi* mu nsi n'ebirungi ku nkomerero era tuwonye ekibonerezo ky'omuliro.

203. Abo nno be balifuna omugabo olw'ebyo bye baakola, era Allah mwangu nnyo mu kubala.

204. Era mujjukirenga nnyo Allah mu nnaku ezaabalirirwa. Naye oyo ayanguyiriza *okuva e Minā* mu nnaku ebbiri, kale tabaako kisobyo; n'oyo alwaayo, tabaako kisobyo. *Kino* kikwata kw'oyo atya Allah. Era mutye nnyo Allah era mumanye nti gy'ali gye mulikung'aanyirizibwa.

205. Era mu bantu mulimu oyo ebigambo bye ebifa ku bulamu bw'ensi ebikusanyusa era n'ajuliza ne Allah kw'ebyo ebiri mu mutima gwe, so nga ye muwakanyi lukulwe.

206. Era bw'aba mu buyinza, azung'ana mu nsi alyooke atabuletabule mu yo era azikirize ebimera n'endyo; naye Allah tayagala kutabulatabula.

207. Era bw'agambibwa nti: Tya Allah, amalala gamutwaliriza eri ekibi. Kale Jahannamu erimumala; naye nga kiwummulo kibi nnyo!

فَاذْكُرُوا اللَّهَ عِنْدَ الْمَشْعَرِ الْحَرَامِ
وَإِذْ كُرُوهُ كَمَا هَدَكُمْ وَإِذْ
كُنْتُمْ مِنْ قَبْلِهِ لَمَنِ الضَّالِّينَ ﴿١٩٩﴾
ثُمَّ أَفِيضُوا مِنْ حَيْثُ أَفَاضَ النَّاسُ
وَاسْتَغْفِرُوا لِلَّهِ إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ
رَحِيمٌ ﴿٢٠٠﴾

فَإِذَا أَقَضَيْتُمْ مَنَاسِكَكُمْ فَاذْكُرُوا
اللَّهَ كَذِكْرِكُمْ آبَاءَكُمْ أَوْ أَشَدَّ
ذِكْرًا فَمِنَ النَّاسِ مَنْ يَقُولُ رَبَّنَا
آتِنَا فِي الدُّنْيَا وَمَا لَهُ فِي الْآخِرَةِ
مِنْ حَاقٍ ﴿٢٠١﴾

وَمِنْهُمْ مَنْ يَقُولُ رَبَّنَا آتِنَا فِي
الدُّنْيَا حَسَنَةً وَفِي الْآخِرَةِ حَسَنَةً
وَقِنَا عَذَابَ النَّارِ ﴿٢٠٢﴾

أُولَئِكَ لَهُمْ نَصِيبٌ مِمَّا كَسَبُوا وَاللَّهُ
سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٢٠٣﴾

وَإِذْ كُرُوا اللَّهَ فِي أَيَّامٍ مَعْدُودَاتٍ
فَمَنْ تَعَجَّلَ فِي يَوْمَيْنِ فَلَا ثَمَّ عَلَيْهِ
وَمَنْ تَأَخَّرَ فَلَا إِثْمَ عَلَيْهِ لِمَنِ اتَّقَى
وَ اتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا أَنَّكُمْ إِلَيْهِ
تُحْشَرُونَ ﴿٢٠٤﴾

وَمِنَ النَّاسِ مَنْ يُعْجِبُكَ قَوْلُهُ فِي
الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَيَشْهَدُ اللَّهُ عَلَى مَا
فِي قَلْبِهِ وَهُوَ أَلَدُّ الْخِصَامِ ﴿٢٠٥﴾

وَإِذَا تَوَلَّى سَعَى فِي الْأَرْضِ لِيُفْسِدَ
فِيهَا وَيُهْلِكَ الْحَرْثَ وَالنَّسْلَ وَاللَّهُ
لَا يُحِبُّ الْفُسَادَ ﴿٢٠٦﴾

وَإِذَا قِيلَ لَهُ اتَّقِ اللَّهَ أَخَذَتْهُ
الْجُرْثُمُ بِالْإِثْمِ فَحَسْبُ لَهُ جَهَنَّمُ
لَيْسَ الْمَهَادُ ﴿٢٠٧﴾

208. Era mu bantu mulimu oyo atunda obwennyini bwe olw'okunoonya okusiima kwa Allah. Era Allah wa kisa nnyo eri abawcereza.

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَشْرِي نَفْسَهُ
ابْتِغَاءَ مَرْضَاتِ اللَّهِ وَاللَّهُ ذُو فَضْلٍ
بِالْعَبَا ۝٣٨

209. Abange mmwe abakkiriza, musingire mwenna mu kwewaayo era temugobereranga buwufu bwa Sitaani, mazima ye mulabe wammwe wa lwaatu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ادْخُلُوا فِي
السَّلَامِ كَاقْتِحٍ وَلَا تَتَّبِعُوا خُطُوَاتِ
الشَّيْطَانِ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ۝٣٩

210. Naye bwe muliseerera oluvannyuma nga mumaze okutuukibwako okulabula okw'olwaatu, olwo mumanye nti ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

فَإِن زَلَلْتُمْ مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْكُمْ الْبَيِّنَاتُ
فَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ۝٤٠

211. Abaffe, balindayo ekirala okuggyako Allah okubajjira mu bisikirize by'ebire ne ba malayika n'ensonga okusalibwawo? Anti eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَهُمُ اللَّهُ فِي
ظُلُمٍ مِنَ الْغَمَامِ وَالْمَلَائِكَةُ وَقُضِيَ
الْأَمْرُ وَإِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ۝٤١

Ruku 26

212. Buuza abaana ba Isirairi obubonero bumeka obw'olwaatu bwe twabawa? Era yenna akyuusa enneema ya Allah oluvannyuma nga emaze okumutuukako, kale ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.

سَلِّ بِنِي إِسْرَائِيلَ كَمَا آتَيْنَاهُمْ مِنْ
آيَةٍ بَيِّنَةٍ وَمَنْ يُبَدِّلْ نِعْمَةَ اللَّهِ
مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْهُ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ
الْعِقَابِ ۝٤٢

213. Obulamu bw'ensi bwalungiyizibwa nnyo eri abatakkiriza era bajerega abo abakkiriza. Naye abo abatya Allah be baliba waggulu waabwe ku lunaku lw'okuzuukira, era Allah agabira oyo gw'aba ayagadde awatali kubalirira.

ذِينَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا
وَلَا يُسَخَّرُونَ مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا وَ
الَّذِينَ اتَّقَوْا قَوْمَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
وَاللَّهُ يَزِدُّكَ مِنْ يَشَاءِ بِغَيْرِ حِسَابٍ ۝٤٣

214. Abantu bonna baali ekibiina kimu. Bwe baayawukanamu, olwo Allah n'atuma Ababaka abawi b'amawulire amalungi era Abalabuzi era n'assa awamu nabo Ekitabo ekirimu amazima, alyooke alamule wakati w'abantu mw'ebyo bye baayawukanamu. Naye tebaayawukana ku kyo wabula abo abaakiweebwa baayawukana luvannyuma nga bamaze kutuukibwaako bubonero obw'olwaatu, olw'ensaalwa eyali wakati waabwe. Kale Allah n'alung'amyia abo abakkiriza olw'okulagira kwe eri ebyo eby'amazima bali bye baayawukanamu. Era Allah y'alung'amyia oyo gw'aba asiimye eri ekkubo eggolokofu.

كَانَ النَّاسُ أُمَّةً وَاحِدَةً فَبَعَثَ
اللَّهُ النَّبِيِّنَ مُبَشِّرِينَ وَمُنذِرِينَ وَأَنْزَلَ
مَعَهُمُ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ لِيَحْكُمَ
بَيْنَ النَّاسِ فِي مَا اخْتَلَفُوا فِيهِ وَمَا
اخْتَلَفَ فِيهِ إِلَّا الَّذِينَ أُوتُوهُ مِنْ بَعْدِ
مَا جَاءَتْهُمْ الْبَيِّنَاتُ بَغْيًا بَيْنَهُمْ
فَهَدَى اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا لِمَا اخْتَلَفُوا
فِيهِ مِنَ الْحَقِّ بِإِذْنِهِ وَاللَّهُ يَهْدِي
مَنْ يَشَاءُ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ۝٤٤

215. Abaffe, mulwooza nti muliyingira mu Janna nga temutuukiddwako mbeera y'abo abaavaawo olubereberye lwammwe? Baatuukibwako obwavu n'emitawaana nebakankanyizibwa okutuusa Mutume n'abo abakkiriza awamu naye lwe baagamba nti: Obuyambi bwa Allah bwo bwa ddi? Muwulirize! Ddala obuyambi bwa Allah buli kumpi nnyo.

216. Bakubuuza nti kiki kye baba batoola? Gamba nti: Ekirungi kyonna kye mutoola mu by'obugagga kibe kya bazadde bombi n'ababo, ne bamulekwa, n'abankuseere, n'omutambuze. Era ekirungi kyonna kye mukola, kale ddala Allah akimanyi bulungi.

217. Mulaalikiddwa okulwana, newaakubadde nga mukukyawa. Naye nno osanga mukyawa ekintu ng'ate ky'ekirungi gye muli. Ate osanga mwagala ekintu ng'ate kibi gye muli. Era Allah y'amanyi, naye mmwe temumanyi.

Ruku 27

218. Bakubuuza ku kulwanira mu Mwezi Omutukuvu. Gamba nti: Okulwanira mu gwo kibi kinene nnyo, naye okwekiika mu kkubo lya Allah, n'okumwegaana, n'okuziyiza abantu eri Omuzigiti Omutukuvu, n'okugugobamu abagubeeramu, ky'ekibi ekisingako eri Allah. Era okubonyaabonya kibi nnyo okusinga n'okutta. Era tebajja kulekayo kulwana nammwe okutuusa lwe balibajja mu ddiini yammwe, singa basobodde. Naye nno yenna mu mmwe aliva mu ddiini ye n'oluvannyuma n'afa nga yeeremye, kale abo ebikolwa byabwe bya kufaafaagana ku nsi ne ku nkomerero, era abo be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.

219. Mazima abo abakkiriza n'abo abaasenguka era ne banyikira mu kkubo lya Allah, abo be basubira okusaasira kwa Allah. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تَدْخُلُوا الْجَنَّةَ وَلَمَّا يَأْتِكُمْ مَثَلُ الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ قَبْلِكُمْ مَسَّتْهُمُ الْبَأْسَاءُ وَالصَّرَاءُ وَوَرُّوا حَتَّى يَقُولَ الرَّسُولُ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ مَتَى نَصُرَ اللَّهُ ۗ أَلَا إِنَّ نَصْرَ اللَّهِ قَرِيبٌ ﴿٢١٥﴾

يَسْأَلُونَكَ مَاذَا يُنْفِقُونَ ۗ قُلْ مَا أَنْفَقْتُمْ مِنْ خَيْرٍ فَلِلَّوَالِدِينَ وَالْأَقْرَبِينَ وَالْيَتَامَى وَالْمَسْكِينِ وَالرِّبَاطِ السَّبِيلِ ۗ وَمَا تَفْعَلُوا مِنْ خَيْرٍ فَإِنَّ اللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ ﴿٢١٦﴾

كُتِبَ عَلَيْكُمُ الْقِتَالُ وَهُوَ كَرْهًا لَكُمْ ۗ وَعَسَى أَنْ تَكْرَهُوا شَيْئًا وَهُوَ خَيْرٌ لَكُمْ ۗ وَعَسَى أَنْ تُحِبُّوا شَيْئًا وَهُوَ شَرٌّ لَكُمْ ۗ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٢١٧﴾

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الشَّهْرِ الْحَرَامِ وَالْقِتَالِ فِيهِ ۗ قُلْ قِتَالٌ فِيهِ كَبِيرٌ ۗ وَصَدٌّ عَنِ سَبِيلِ اللَّهِ وَكُفْرٌ بِهِ وَالْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَإِخْرَاجُ أَهْلِهِ مِنْهُ أَكْبَرُ عِنْدَ اللَّهِ ۗ وَالْقِتْلَةُ أَكْبَرُ مِنَ الْقَتْلِ ۗ وَلَا يَزَالُونَ يُقَاتِلُونَكُمْ حَتَّى يَرُدُّوكُمْ عَنْ دِينِكُمْ إِنِ اسْتَطَاعُوا ۗ وَمَنْ يَرْتَدِدْ مِنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فِيمَا وَهُوَ كَافِرٌ فَأُولَئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ۗ وَأُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢١٨﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَاجَرُوا وَآجَاهُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ ۗ أُولَئِكَ يَرْجُونَ رَحْمَتَ اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢١٩﴾

220. Bakubuuza ebifa ku mwenge n'ezzaala. Gamba nti: Byombi birimu ekibi kinene nnyo n'emigaso *emitonotono* eri abantu, naye ekibi kya byombi kisingira wala emigaso gya byo. Era bakubuuza nti batoole ki? Gamba nti: Ku by'ensibo. Bw'aty'o nno Allah bw'annyonyola ebiragi, mulyooke mufumiitirize

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْخَمْرِ وَالْمَيْسِرِ قُلْ فِيهِمَا إِثْمٌ كَبِيرٌ وَمَتَافِعٌ لِلنَّاسِ وَإِثْمُهُمَا أَكْبَرُ مِنْ نَفْعِهِمَا وَيَسْأَلُونَكَ مَاذَا يُثْفِقُونَ قُلْ الْعَفْوَ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿٣٦﴾

221. Ku nsi ne ku nkomerero. Era bakubuuza ebifa ku bamulekwa. Gamba nti: Okubaddabiriza kirungi nnyo. Era bwe mubeetabikamu, kale baganda bammwe. Era Allah amanyi omutabuzitabuzi okuva ku mutereza. Era singa Allah yayagala, ddala yaalibazi-buwalizza. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْيَتَامَى قُلْ إِصْلَاحٌ لَهُمْ خَيْرٌ وَإِنْ تُخَاطَبُوا عَنْهُ فَأَخُوا أَنْكُمْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ الْمُفْسِدَ مِنَ الْمُصْلِحِ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَأَعْتَبْتَكُمْ إِنْ اللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٣٧﴾

222. Era temuwasanga bakazi abenkanya Allah n'ebirala, okutuusa nga bakkirizza. Era omuzaana omukkiriza asinga omukazi eyenkanya Allah n'ebirala ne bw'aba nga abasanyusa atya. Era temufumbizanga bakazi bakkiriza n'abasajja abenkanya Allah n'ebirala, okutuusa nga bakkirizza. Era omuddu omukkiriza asinga omusajja eyenkanya Allah n'ebirala ne bw'aba nga abasanyusa atya. Abo bo bakoowoolera eri muliro, ng'ate Allah akoowoolera eri Janna n'okusonyiwa olw'ekiragi kye. Era annyonyola Aya ze eri abantu balyooke bafumiitirize.

وَلَا تُنكِحُوا الْمُشْرِكِينَ حَتَّى يُؤْمِنُوا وَلَا مَآءٌ مُؤْمِنَةٌ خَيْرٌ مِنْ مُشْرِكَةٍ وَلَوْ أَعْبَبْتَكُمْ وَلَا تُنكِحُوا الْمُشْرِكِينَ حَتَّى يُؤْمِنُوا وَعَلْبُدُ مُؤْمِنٌ خَيْرٌ مِنْ مُشْرِكٍ وَلَوْ أَعْبَبَكُمْ أُولَئِكَ يَدْعُونَ إِلَى النَّكَرِ وَاللَّهُ يَدْعُوا إِلَى الْإِحْسَانِ وَالْمَغْفِرَةِ بِإِذْنِهِ وَيُبَيِّنُ آيَاتِهِ لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٣٨﴾

Ruku 28

223. Era bakubuuza ebifa ku *kuyita eri abakyala nga bali mu* kusuulumba. Gamba nti: Ekyyo kya kabi*, kale mwewale *okuyita eri* abakyala nga bali mu kusuulumba, era temuyitanga gye bali okutuusa nga batukulidde ddala. Kale bwe bamalanga okweyonja, olwo muyite gye bali nga Allah bwe yabalagira. Mazima Allah ayagala nnyo abeddamu era ayagala nnyo abeeyonja.

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْمَحْضِ قُلْ هُوَ أَدْيٌ قَاعَتِ لَوِ الْبِيسَاءِ فِي الْمَحْضِ وَلَا تَقْرَبُوهُنَّ حَتَّى يَطْهُرْنَ فَإِذَا تَطَهَّرْنَ فَأْتُوهُنَّ مِنْ حَيْثُ أَمَرَكُمُ اللَّهُ إِنْ لَانَ اللَّهُ يُحِبُّ التَّوَّابِينَ وَ يُحِبُّ الْمُتَطَهِّرِينَ ﴿٣٩﴾

224. Bakyala bammwe nnimiro yammwe; kale mugende mu nnimiro yammwe buli wemwagalira era mukulembeze *birungi*

نِسَاءً وَكَمْ حَرِّتْ لَكُمْ فَأْتُوا حَرِّتْكُمْ أَنْ شِئْتُمْ وَقَدْ مَوَّلَا أَنْفُسَكُمْ وَأَتَّقُوا

2:223. Ekigambo 'Adhan' (أَدْي) 'kya kabi' ekyyo'Oluganda wano tekimalaayo bulungi makulu gali mu Aya eno. Amakulu gennyini amatuufu gali 'kukaluubirizibwa' oba 'kutawaanyizibwa' okw'akaseera

olw'emyoyo gyammwe. Era mutye Allah era mumanye nti ddala muli ba kuisinkana naye. Era wa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

اللَّهُ وَاعْلَمُوا أَنَّكُمْ مُلْقَوَاهُ وَبَشِيرِ
الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٢٤﴾

225. Era temufuulanga Allah ekyekwaso ku birayiro byammwe muleme kukola birungi n'okuba abekuumi n'okutabaganya wakati w'abantu. Era Allah y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

وَلَا تَجْعَلُوا لِلَّهِ عُرْضَةً لِأَيْمَانِكُمْ
أَنْ تَبَرُّوا وَتَتَّقُوا وَتُصَلِّحُوا بَيْنَ
النَّاسِ ۗ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٢٥﴾

226. Allah tabavunaana olw'ebirayiro byammwe eby'okubalaata, naye abavunaana olw'ebyo emitima gyammwe bye gikola mu bumalirivu. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa ennyo abaweereza be.

لَا يُؤْخَذُ بِأَلْعَابِكُمْ إِذْ آيَمَنْتُمْ
وَلَكِنْ يُؤْخَذُ بِمَا كَسَبْتُمْ قُلُوبُكُمْ
وَاللَّهُ غَفُورٌ حَلِيمٌ ﴿٢٢٦﴾

227. Eri abo abeerayirira obutayita eri bakyala baabwe, ekiseera ekikomwako okulinda myezi ena. Naye bwe badding'ana, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

لِلَّذِينَ يُؤَلُّونَ مِنْ نَسَائِهِمْ تَرَبُّصُ
أَرْبَعَةِ أَشْهُرٍ فَإِنْ فَاءُوا فَإِنَّ اللَّهَ
غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٢٧﴾

228. Naye bwe bamalirira ku Talaka, kale ddala Allah y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

وَإِنْ عَزَمُوا الطَّلَاقَ فَإِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ
عَلِيمٌ ﴿٢٢٨﴾

229. Era abakyala abateerreddwa balindirire ku lwabwe okumala ensuulumba ssatu. Naye tebakkirizibwa kukweka ekyo Allah ky'aba atonze mu nnabaana waabwe, bwe baba nga ddala bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Era mu kiseera ekyo, ba bbaabwe be babasinza obuyinza mu kubazza, bwe baba nga baagadde okutabagana. N'abakyala balina eddembe ly'erimu ng'ery'abasajja lye babalinako mu butuufu. Kyokka abasajja basinza abakyala eddaala. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo

وَالْمُطَلَّقَاتُ يَتَرَبَّصْنَ بِأَنْفُسِهِنَّ
ثَلَاثَةَ قُرُوءٍ وَلَا يَحِلُّ لَهُنَّ أَنْ يَكْتُمَنَّ
مَا خَلَقَ اللَّهُ فِي أَرْحَامِهِنَّ إِنْ كُنَّ
يُؤْمِنَنَّ بِاللَّهِ وَ الْيَوْمِ الْآخِرِ ۗ وَ
بُعُو لَهُنَّ أَحَقُّ بِرَدِّهِنَّ فِي ذَلِكَ إِنْ
أَرَادُوا إِصْلَاحًا وَلَهُنَّ مِثْلُ الَّذِي عَلَيْهِنَّ
بِالْمَعْرُوفِ ۗ وَلِلرِّجَالِ عَلَيْهِنَّ دَرَجَةٌ ۗ وَ
اللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٢٩﴾

Ruku 29

230. Talaka elangirirwa emirundi ebiri; n'oluvannyuma ogwokusatu kuba kusalawo kusigala nabo lwa bulungi oba okubasiibula n'ekisa. Naye temukkirizibwa kutwala kintu kyonna kw'ebyo bye mwabawa, okuggyako nga bombi batidde nti tebajja kukuuma nsalo za Allah. Kale bwe mutya nti bombi tebajja kukuuma nsalo za Allah, olwo bombi tebabaako kinenyo kw'ebyo omukyala by'aba yeenunuzza nabyo. Ezo z'ensalo za Allah, kale temuzibuukanga. Era oyo abuuka ensalo za Allah, kale abo be boononyi.

الطَّلَاقِ مَرَّتَيْنِ ۖ فَإِمْسَاكٌ بِمَعْرُوفٍ
أَوْ تَشْرِيحٌ بِإِحْسَانٍ ۗ وَلَا يَحِلُّ لَكُمْ أَنْ
تَأْخُذُوا مِمَّا آتَيْتُمُوهُنَّ شَيْئًا إِلَّا أَنْ
يَخَافَا أَلَّا يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ فَإِنْ خِفْتُمْ
أَلَّا يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ ۖ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا
فِيمَا افْتَدَتْ بِهِ ۚ تِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ فَلَا
تَعْتَدُوهَا ۚ وَمَنْ يَتَعَدَّ حُدُودَ اللَّهِ
فَأُولَئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٢٣٠﴾

231. Naye bw'amala okumuwa Talaka ey'okusatu, kale oluvannyuma lwa yo omukazi aba takyamukkirizibwa nate, okutuusa ng'amaze kufumbirwa musajja mulala. Kale oyo bw'amuwa Talaka, olwo bombi tebabaako kinenyo bwe badding'ana, bwe baba nga bombi bakakasa nti bajja kukuuma ensalo za Allah. Ezo nno z'ensalo za Allah z'annyonnyola eri abantu abamanyi.

232. Era bwe mubanga muwa abakyala Talaka n'oluvannyuma ne batuuka ku kiseera kyabwe eky'okubata, kale musigale nabo lwa bulungi, oba mubasiibule lwa bulungi. Naye temusigalanga nabo olw'okubalumya mulyooke mwejoogere. Era oyo akola ekyo aliba yeeryazaamanyizza yekka. Era temutwalanga mateeka ga Allah nga eky'okubalaata. Era mujjukire enneeema ya Allah eri ku mmwe n'ebyo bye yassa gye muli mu Kitabo n'ebyamagezi by'ababuulirizisa. Era mutye Allah; nate mumanye nti ddala Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

Ruku 30

233. Era bwe muwanga abakyala Talaka ne-batuusa ekiseera kyabwe eky'okubata, kale temubaziyizanga kufumbirwa basajja baabwe, kasita baba nga bakkiriziganyizza mu butuufu. Ekyo, alabuddwa ku kyo oyo yenna mu mmwe akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo ky'ekisinga obutuufu gye muli era ky'ekisinga obulongoofu. Era Allah y'amanyi byonna naye mmwe temumanyi.

234. Era abakazi abazadde bayonse abaana baabwe okumala emyaka ebiri emijjuvu, eri abo ababa baagala okutuukiriza okuyonsa okujjuvu. Naye omusajja nannyini mwana y'avunaanyizibwa emmere yaabwe n'engoye zaabwe mu butuufu. Omuntu yenna tazitowerezebwa wabula ng'okusobola kwe bwe kuli. Omuzadde omukazi talumizibwanga olw'omwana we, wadde omusajja nannyini mwana olw'omwana we; era n'omusika avunaanyizibwa ky'ekimu kw'ebyo. Naye bombi bwe baagalanga okumuggya ku mabeere, nga bombi bakkiriziganyizza n'okuteeseganya, olwo tebabaako kinenyo. Era bwe muba nga mwagala abaana bammwe okubayonsesa abakazi abalala, kale temubaako kinenyo,

فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا تَحِلُّ لَهُ مِنْ بَعْدِ حَتَّى تَنْكِحَ زَوْجًا غَيْرَهُ ؕ فَإِنْ طَلَّقَهَا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا أَنْ يَتَرَاجَعَا إِنْ ظَنَّا أَنْ يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ وَتِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ يُبَيِّنُهَا لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٣١﴾

وَإِذَا طَلَّقْتُمُ النِّسَاءَ فَلَمْ تَكُنَّ أَجَلَهُنَّ فَأَمْسِكُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ أَوْ سَرِّحُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ وَلَا تُمْسِكُوهُنَّ ضِرَارًا لَلْتَعْتَدُوا ؕ وَمَنْ يَفْعَلْ ذَلِكَ فَقَدْ ظَلَمَ نَفْسَهُ ؕ وَلَا تَتَّخِذُوا آيَاتِ اللَّهِ هُزُوًا ؕ إِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللَّهَ وَرِضْوَانَهُ فَاذْكُرُوا أَنَّهُ نَزَّلَ عَلَيْكُمْ فِي الْكِتَابِ وَالْحِكْمَةَ لِيُبَيِّنَ لَهُ مَا أَتَى اللَّهُ مِنَ الْبَيِّنَاتِ وَأَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَكْتُبُ لَكُمْ شَيْءٌ عَلَيْهِمْ ﴿٣٢﴾

وَإِذَا طَلَّقْتُمُ النِّسَاءَ فَلَمْ تَكُنَّ أَجَلَهُنَّ فَلَا تَعْضَلُوهُنَّ أَنْ يَتَرَاجَعْنَ إِنْ كُنْتُمْ حَرِيصِينَ عَلَيْهُنَّ ؕ وَجُنَاحٌ عَلَيْهِمَا أَنْ يَتَرَاجَعَا إِنْ ظَنَّا أَنْ يُقِيمَا حُدُودَ اللَّهِ وَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا فِيمَا افْتَحَا بَيْنَهُمَا إِنْ كُنْتُمْ مُوقِنِينَ ؕ وَتِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٣﴾

وَالْوَالِدَاتُ يُرْضِعْنَ أَوْلَادَهُنَّ حَوْلَيْنِ كَامِلَيْنِ لِمَنْ أَرَادَ أَنْ يُنْفِقَ الرِّضَاعَةَ وَعَلَى الْمَوْلُودِ لَهُ رِزْقُهُنَّ وَكِسْوَتُهُنَّ بِالْمَعْرُوفِ ؕ لَا تُكَلِّفُ نَفْسٌ إِلَّا نَفْسَهَا وَلَا تَعْثَابًا وَرِثَةً ؕ لِلَّذِينَ هُمَا رِثَةٌ مِنْهُمَا شِرْكٌ ؕ وَإِنْ كُنْتُمْ مِنْكُمْ سَوَآتٌ فَلَا يَأْتِيَنَّكُمْ رِثَةٌ مِنْهُمَا شِرْكٌ ؕ وَإِنْ كُنْتُمْ مِنْكُمْ سَوَآتٌ فَلَا يَأْتِيَنَّكُمْ رِثَةٌ مِنْهُمَا شِرْكٌ ؕ وَإِنْ كُنْتُمْ مِنْكُمْ سَوَآتٌ فَلَا يَأْتِيَنَّكُمْ رِثَةٌ مِنْهُمَا شِرْكٌ ؕ وَإِنْ كُنْتُمْ مِنْكُمْ سَوَآتٌ فَلَا يَأْتِيَنَّكُمْ رِثَةٌ مِنْهُمَا شِرْكٌ ؕ

kasita musasula ebyo bye mwakkiriziganyako mu butuufu. Naye mutye Allah era mumanye nti bye mukola Allah abiraba.

235. Era n'abo mu mmwe abatuusibwako okufa ne baleka abakyala, kale *abakyala* balindangako ku lwabwe *okumala* emyezi ena n'ennaku kkumi. Naye bwe batuukanga ku kiseera kyabwe *ekyagerebwa*, olwo mmwe temubaako kinenyo kw'ebyo bye baba bakoze ku lwabwe mu butuufu. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

236. Era temunenyezebwa olw'ebyo bye muba mweyanjuzza nabyo olw'okwogereza abakazi *bannamwandu* oba bye mukisa mu myoyo gyammwe. Allah akimanyi nti mujja kubalwoozanga. Naye temulagaananga nabo mu nkukutu, wabula mwogeranga ekigambo ekituufu, era temumaliriranga kugattibwa *nabo* mu bufumbo, okutuusa nga ekiseera ekyalagirwa kituuse ku nkomerero yaakyo. Era mumanye nti ddala Allah amanyi ebiri mu myoyo gyammwe, kale mumwekume; era mumanye nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa ennyo *abaweereza be*.

Ruku 31

237. Temubaako kinenyo bwe mutalaka abakazi be mutannatuukako oba be mutannakakasiza mahare. Naye mubatonerengayo —omugagga kibeere ng'okusobola kwe bwe kuli, n'omwawu kibeere ng'okusobola kwe bwe kuli — *nga mubatonera* ebyeyambisibwa nga bwe kisaanira. *Ekyo* kikakafu ku bakozi b'ebirungi.

238. Era bwe mubawanga Talaka nga temunnabatuukako, naye nga mumaze okubakakasiza amahare, kale *mubawe* kitundu ky'amahare ge mwakakasa, okuggyako nga *abakyala* be babasonyiye oba nga oyo alina mu mikono gye obuyinza bw'okufumbiza y'asonyiye. Era bwe musonyiwa, ky'ekisinga okuba okumpi n'okutya Allah. Era temwerabiranga *okuteekawo* enkolagana ennungi wakati wammwe. Mazima bye mukola Allah abiraba.

239. Mukuumenga nnyo *ebiseera* by'essuala naddala essuala y'omu makkati, era muyimiriranga mu maaso ga Allah nga muli beetoowaze.

وَاتَّقُوا اللَّهَ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٣٥﴾

وَالَّذِينَ يَتَّبِعُونَكُمْ وَيَدْرُونَ أَرْوَاجَكُمْ يَأْتِهِمْ أَنفُسُهُمْ أَشْهُرٌ عَشْرًا ۖ فَإِذَا بَلَغْنَ أَجَلَهُنَّ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِي مَا فَعَلْنَ فِي أَنفُسِهِنَّ بِالْمَعْرُوفِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٣٦﴾

وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِي مَا عَرَّضْتُم بِهِ مِنْ خُطْبَةِ النِّسَاءِ أَوْ أَكْنَثْتُمْ فِي أَنفُسِكُمْ ۗ عَلِمَ اللَّهُ أَنَّكُمْ سَتَذْكُرُونَهُنَّ وَلَكِنْ لَّا تُوَاعِدُوهُنَّ سِرًّا وَلَا أَعْيُنًا وَمَنْ عَادَ وَكَانَ غَرَضُ الْمَوَاعِدِ النَّكاحَ ۗ حَتَّىٰ يَبْلُغَ الْكِتَابَ أَجَلَهُ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي أَنفُسِكُمْ فَاحْذَرُوهُ ۗ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَفُوٌ رَّحِيمٌ ﴿٣٧﴾

٣٥
٣٦
٣٧

لَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ إِنْ طَلَقْتُمُ النِّسَاءَ مَا لَمْ تَمْسُوهُنَّ أَوْ تَفْرِضُوا لَهُنَّ فَرِيضَةً ۗ وَ مَتَّعُوهُنَّ عَلَىٰ الْمَوْسِعِ قَدَرُهُ ۗ وَعَلَىٰ الْمُقْتِرِ قَدَرُهُ ۗ مَتَاعًا ۗ بِالْمَعْرُوفِ حَقًّا عَلَىٰ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٨﴾

وَ إِنْ طَلَقْتُمُوهُنَّ مِنْ قَبْلِ أَنْ تَمْسُوهُنَّ وَقَدْ فَرَضْتُمْ لَهُنَّ فَرِيضَةً فَيَضْفُ مَا فَرَضْتُمْ ۗ إِلَّا أَنْ يَخْفُونَ أَوْ يَخْفُوا الَّذِي بَيْنَهُمَا عَهْدٌ ۗ فَالَّذِينَ كَفَرُوا وَآن تَعْفُوا أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ ۗ وَ لَّا تَتَّبِعُوا الْاَسْوَاقَ وَالْاَسْوَاقَ تَتَّبِعُوا الْقَوْلَ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٣٩﴾

حَافِظُوا عَلَى الصَّلَوَاتِ وَالصَّلَاةِ الْوُسْطَىٰ ۗ وَقُوا لِي لِيَوْمِ الْقِيَامَةِ ﴿٤٠﴾

240. Naye bwe mubangamu okutya, kale *musaale* ng'eno bwe mutambula oba nga mwebagadde. Naye bwe mubanga emirembe, olwo mutenderezenga nnyo Allah nga bwe yabayigiriza ebyo bye mwali mutamanyi.

241. Era abo abafa mu mmwe nebaleka abakyala, balaamire bakyala baabwe *okubawa* ebyetaago okumala omwaka gumu nga tebagobeddwa *mu nnyumba*. Naye bwe bavangamu *ku lwabe*, olwo mmwe temubaako kinenyo olw'ekyo kye baba bakoze ku lwabwe mu butuufu. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

242. Era abakazi abateerreddwa baweebwe ebyeyambisibwa nga bwe kisaanira. *Ekyo* kikakafu ku batya Allah.

243. Bw'atyo nno Allah bw'annyonnyola gye muli ebriragiro bye mulyooke mukozese amagezi.

Ruku 32

244. Abaffe, tewalaba abo abaava mu maka gaabwe nga bali mu nkumi olw'okwekeka okufa? Kale Allah n'abagamba nti: Mufe, n'oluvannyuma n'abazuukiza. Ddala Allah ye nannyini mikisa eri abantu, naye abasinga obungi tebeebaza.

245. Era mulwane mu kkubo lya Allah era mumanye nti ddala Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

246. Ani oyo anaawola Allah okuwola okulungi alyooke amuyingiwalize okuyingiwaza okungi? Era Allah y'akendeenza era y'ayanjuluza, era gy'ali gye mulizzibwa.

247. Abaffe, tewalaba ebyafa ku bakungu b'abaana ba Isirairi oluvannyuma lwa Mūsa? Awo bwe baagamba Nabbi waabwe nti: Tuteerewo kabaka tulyooke tulwane mu kkubo lya Allah. *Nabbi* n'agamba nti: Ob'olyawo mwaliba nga bwe munaa-laalikibwa okulwana, temuulwane. Nebagamba nti: Nsonga ki eneetugaana okulwana mu kkubo lya Allah ng'ate twagobebwa ne mu maka gaffe *netulesebwa* n'abaana baffe? Naye bwe baalaalikibwa okulwana, beekyuusa okuggyako abatono ennyo mu bo. Era aboononyi, Allah abamanyi bulungi.

فَإِنْ خِفْتُمْ فَرِجَالًا أَوْ رُكْبَانًا فَإِذَا أَمِنْتُمْ فَأَادُّوهُمُ وَاللَّهُ كَمَا عَلَّمَكُمْ مَا لَمْ تَكُونُوا تَعْلَمُونَ ﴿٢٤٠﴾

وَالَّذِينَ يَتَّبِعُوكُمْ مِنْكُمْ وَيَدْرُؤُونَ
أَرْوَاحًا بِرُؤْيَايِهِمْ لِرَدِّ أَوْجِهِهِمْ مَتَى عَلَّيْنَا
الْحَوْلَ غَيْرِ إِخْرَاجِهِ فَإِنْ خَرَجْتُمْ فَلَا
جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِي مَا فَعَلْتُمْ فِي أَنْفُسِهِمْ
مِنْ مَعْرُوفٍ ۗ وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٤١﴾

وَاللَّهُ مَطَّلَعٌ مَتَاعُ بِالْمَعْرُوفِ ۗ حَقًّا
عَلَى الْمُتَّقِينَ ﴿٢٤٢﴾

كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ
تَعْقِلُونَ ﴿٢٤٣﴾

٢٤١
٢٤٢
٢٤٣

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ خَرَجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ
وَهُمْ آلُؤُفٌ كَذِبٌ أَلَمْ يُبَيِّنْ لَهُمْ
اللَّهُ مَوْتَهُمْ ثُمَّ أَحْيَاهُمْ إِنَّ اللَّهَ
لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ وَلَٰكِنَّ أَكْثَرَ
النَّاسِ لَا يَشْكُرُونَ ﴿٢٤٤﴾

وَقَاتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَاعْلَمُوا أَنَّ
اللَّهَ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٤٥﴾

مَنْ ذَا الَّذِي يُقْرِضُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا
فِيُضْعِفُهُ لَهُ أَمْسَاقًا كَثِيرَةً وَاللَّهُ
يَقْبِضُ وَيَبْضُطُ ۗ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٢٤٦﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الْمَلَدِ مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ
مَنْ بَعْدَ مُوسَى إِذْ قَالُوا لِنَبِيِّهِمْ
أَبْعَثْ لَنَا مَلِكًا نُقَاتِلَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ
قَالَ هَلْ عَسَيْتُمْ إِنْ كُتِبَ عَلَيْكُمُ الْقِتَالُ
أَلَّا تُقَاتِلُوا قَالُوا قَالُوا وَمَا لَنَا أَلَّا نُقَاتِلَ فِي
سَبِيلِ اللَّهِ وَقَدْ أُخْرِجْنَا مِنْ دِيَارِنَا
وَبَنَاتِنَا فَلَمَّا كُتِبَ عَلَيْهِمُ الْقِتَالُ
تَوَلَّوْا إِلَّا قَلِيلًا مِّنْهُمْ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ
بِالظَّالِمِينَ ﴿٢٤٧﴾

٢٤٤
٢٤٥
٢٤٦
٢٤٧

248. Era Nabbi waabwe yabagamba nti: Mazima Allah amaze okubalondera Tālūti okuba kabaka, ne bagamba nti: Ng’afuna atya obufuzi ku ffe so nga ffe tusaanira obufuzi okusinga ku ye? Ate taweebwanga na ku butitimbe bwa bya bugagga. *Nabbi* n’agamba nti: Mazima Allah ye gw’alonze ku mmwe era amwongedde okumugaziya eby’amagezi n’amaanyi g’omubiri. Era Allah y’awa obwakabaka bwe oyo gw’aba ayagadde. Era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

وَقَالَ لَهُمْ نَبِيُّهُمْ إِنَّ اللَّهَ قَدْ بَعَثَ لَكُمْ طَالُوتَ مَلِكًا قَالُوا أَأَتَىٰ يَكُونُ لَهُ الْمُلْكُ عَلَيْنَا وَنَحْنُ أَحَقُّ بِالْمُلْكِ مِنْهُ وَلَمْ يُؤْتَ سَعَةً مِنَ الْمَالِ قَالَ إِنَّ اللَّهَ اصْطَفَاهُ عَلَيْكُمْ وَزَادَهُ بَسْطَةً فِي الْعِلْمِ وَالْجِسْمِ وَاللَّهُ يُؤْتِي مَلِكَهُ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٤٨﴾

249. Era Nabbi waabwe yabagamba nti: Mazima akabonero k’obufuzi bwe kali nti mujja kujjirwa omutima ogulimu obutebenkevu obuva eri Mukama wammwe n’ebyo ebyasigalawo kw’ebyo ebyalekebwawo abantu ba Mūsa n’abantu ba Hārūna nga bisituddwa ba malayika. Mazima mw’ekyo mulimu akabonero gye muli, bwe muba nga muli bakkiriza.

وَقَالَ لَهُمْ نَبِيُّهُمْ إِنَّ آيَةَ مُلْكِهِ أَن يَأْتِيَكُمُ التَّابُوتُ فِيهِ سَكِينَةٌ مِّن رَّبِّكُمْ وَبَقِيَّةٌ مِّمَّا تَرَكَ آلُ مُوسَىٰ وَآلُ هَارُونَ تَحْمِلُهُ الْمَلَائِكَةُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّكُم مِّن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٢٤٩﴾

Ruku 33

250. Kale awo Tālūti bwe yasitulwa n’amagye, yagamba nti: Mazima Allah ajja kubagezesa n’omugga. Kale oyo anaagunywamu, ddala oyo si wange; naye oyo ataligalozaako, ddala oyo ye wange, okuggyako oyo alisenesa ekibatu ky’omukono gwe. Naye baagunywamu, okuggyako abatono ennyo mu bo. Kale bwe yagusomoka, ye n’abo abakkiriza abaali awamu naye, *bali* baagamba nti: Olwa leero tetujja kusobola Jālūti n’amagye ge. Naye abo abakakasa nti ddala na kusisinkana ne Mukama waabwe, baagamba nti: Ebibinja bimeka ebitonon ebyawangula ebibinja ebingi olw’okulagira kwa Allah! Era Allah ali wamu n’abagumiikiriza.

فَلَمَّا فَصَلَ طَالُوتُ بِالْجُنُودِ قَالَ إِنَّ اللَّهَ مُبْتَلِيكُمْ بِنَهَرٍ فَمَن شَرِبَ مِنْهُ فَلَيْسَ مِنِّي وَمَن لَّمْ يَطْعَمْهُ فَإِنَّهُ مِنِّي إِلَّا مَنِ اغْتَرَفَ غُرْفَةً بِيَدِهِ فَشَرِبُوا مِنْهُ إِلَّا قَلِيلًا مِّنْهُمْ فَلَئِمَّا جَاوَزَهُ هُوَ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ قَالُوا لَا طَاقَةَ لَنَا بِالْيَوْمِ بِرَجَالَكُوتٍ وَجُنُودِهِ قَالَ الَّذِينَ يَظُنُّونَ أَنَّهُم مُّلتَقُوا اللَّهَ كَرِهَتْ لِمَنِ اتَّبَعْتِ قَلِيلَةٌ مِّنْهُمْ قَالُوا لَا يَدْخُلُونَ الْيَوْمَ مَعَنَا وَلَا يَكُونُونَ مِنَ الْأُولِيَاءِ وَاللَّهُ مَعَ الصَّابِرِينَ ﴿٢٥٠﴾

251. Awo bwe baatala eri Jālūti n’amagye ge, baagamba nti: Mukama waffe, tuiire obugumiikiriza era onyweze ebigere byaffe era otuyambe ku bantu abatakkiriza.

وَلَمَّا بَرَرُوا لِرَجَالِكُوتٍ وَجُنُودِهِ قَالُوا رَبَّنَا أَفْرِغْ عَلَيْنَا صَبْرًا وَثَبِّثْ أَقْدَامَنَا وَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿٢٥١﴾

252. Kale baabawangula olw’obuyinza bwa Allah ne Dāūda n’atta Jālūti era Allah n’amuwa obwakabaka n’ebyamagezi era n’amuyigiriza kw’ebyo bye yayagala. Era singa tekwali kukubirira kwa Allah eri abantu ku bannaabwe, mazima ensi yonna

فَهَرَمُوهُم بِإِذْنِ اللَّهِ تَدَاوَعَلٌ دَاوُدُ جَاكُوتٍ وَآتَاهُ اللَّهُ الْمُلْكَ وَالْحِكْمَةَ وَعَلَّمَهُ مِمَّا يَشَاءُ وَلَوْ لَا دَفَعَهُ اللَّهُ النَّاسَ بَعْضَهُم بِبَعْضٍ لَّفَسَدَتِ

yaalitabuse. Naye Allah ye nannyini kisa eri abantu.

الأَرْضَ وَلِحَنَ اللَّهِ ذُو قَضَلٍ عَلَى
الْعَلَمِينَ ﴿٢٥١﴾

253. Ezo nno ze Aya za Allah zetukusomera mu mazima. Era ddala oli mu Batume.

تِلْكَ آيَاتُ اللَّهِ تَنْتَلُوها عَلَيْكَ بِالْحَقِّ
وَرَأَيْتَكَ لِمَنِ الْمُرْسَلِينَ ﴿٢٥٢﴾

Juzu 3

254. Abo be Batume, abamu ku bo twabasukkulumya ku balala. Mu bo mulimu Allah be yayogera *ennyo* nabo era n'asitula n'abamu mu bo mu madaala. Era twawa 'Isa mutabani wa Maryamu obukakafu obw'olwaatu era netumuwagira n'omwoyo gw'obutuukirivu. Era singa Allah yayagala, abo ab'oluvannyuma lwabwe tebaalirwanaganye nga bamaze okutuukibwako obubonero obw'olwaatu, naye baayawukanamu. Kale mu bo mulimu abakkiriza, ne mu bo mulimu abeerema. Era singa Allah yayagala, tebaalirwanaganye. Naye Allah akola nga bw'aba ayagadde.*

تِلْكَ الرُّسُلُ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ
عَلَى بَعْضٍ، مِنْهُمْ مَنْ كَلَّمَ اللَّهُ وَ
رَفَعَ بَعْضَهُمْ دَرَجَاتٍ، وَآتَيْنَا
عِيسَى ابْنَ مَرْيَمَ الْكِتَابَ وَ
آتَيْنَاهُ بُرُوحَ الْقُدُسِ، وَكُلُّ شَيْءٍ
اللَّهُ مَا اقْتَدَلَ الَّذِينَ مِنْ بَعْدِهِمْ
مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَتْهُمْ الْبَيِّنَاتُ وَلَكِنْ
اخْتَلَفُوا فَمِنْهُمْ مَنْ آمَنَ وَمِنْهُمْ
مَنْ كَفَرَ، وَكُلُّ شَيْءٍ اللَّهُ مَا اقْتَتَلُوا
وَلَكِنَّ اللَّهَ يَفْعَلُ مَا يُرِيدُ ﴿٢٥٣﴾

Ruku 34

255. Abange mmwe abakkiriza, mutoole mw'ebyo bye twabawa nga olunaku olutalibaamu bya maguzi oba omukwano oba okuwolereza telunnatuuka; era abatakkiriza be boononyi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَنْفِقُوا
مِمَّا رَزَقْنَاكُمْ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَأْتِيَكُمْ
يَوْمٌ لَا يَبِيعُ فِيهِ وَلَا خُلَّةٌ وَلَا شَفَاعَةٌ
وَالْكَافِرُونَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٢٥٤﴾

256. Allah ye *yekka*. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye Mulamu, Eyeebwezawo yekka era Abeezaawo buli kimu. Takwatibwa kusumagira wadde otulo. Byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Ani oyo awolereza *omuntu yenna* mu maaso ge, okuggyako olw'okukkiriza kwe? Y'amanyi ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe; era tebayinza kwetooloola kyonna mu kumanya kwe, okuggyako ekyo ky'aba ayagadde. Nnamulondo* ye yabuna wonna mu ggulu ne mu nsi; era okubikuuma tekumukooyesa; era Ye ye wa Waggulu ennyo, Omusukkirivu.

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ
لَا تَأْخُذُهُ سِنَّةٌ وَلَا نَوْمٌ، لَهُ مَا فِي
السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مَنْ ذَا الَّذِي
يَشْفَعُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنِهِ، يَعْلَمُ
مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ، وَلَا
يُحِيطُونَ بِشَيْءٍ مِنْ عِلْمِهِ إِلَّا بِمَا
شَاءَ، وَسِعَ كُرْسِيُّهُ السَّمَوَاتِ وَ
الْأَرْضَ، وَلَا يَئُودُهُ حِفْظُهُمَا، وَهُوَ
الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ ﴿٢٥٥﴾

2:254. Aya eno okutegeerekeka obulungi kyetaagisa omusomi ayimirireko ku kigambo 'alaa ba'dhi (ku balala) atandike ne Min-hum (mu bo), nga bwe kiri mu nzivuunula yaffe.

2:256: Ekigambo 'Kursiyu' (كُرْسِي) kitegeeza obuyinza, entebe oba nnamulondo. Wano nnamulondo kiwa amakulu magazi kubanga kizingiramumu okumanya kwa Allah, obuyinza bwe awamu n'ekitiibwa kye.

257. Mu ddiini temuliimu kuwaliriza. Ddala obulung'amu bumaze okunyonnyoka okuva ku bubuze. Kale oyo anegaana Sitaani n'akkiriza Allah, mazima anaaba yekutte ku kyekwatwako ekinywevu ennyo ekitamenyeka. Era Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

258. Allah ye Mukwano gw'abo abakkiriza: abaggya mu kizikiza okubalaza mu butangaavu. Naye abo abatakkiriza, abajeemu gye mikwano gyabwe: babaggya mu butangaavu nebalalaza mu kizikiza. Abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

Ruku 35

259. Abaffe, tewalaba oyo eyawakana ne Ibrahīmu ku bifa ku Mukama we olw'okubanga Allah yamuwa obwakabaka? Awo Ibrahīmu bwe yagamba nti: Mukama wange y'Oyo awa obulamu era y'afiisa. *Oli* n'agamba nti: Nange mpa obulamu era nfiisa. Ibrahīmu n'agamba nti: Kale ddala Allah aleeta enjuba okuva ebuwanjuba, kati ggwe gireete ng'eva bugwanjuba. *Oli* omutakkiriza yamumunyala. Era Allah talung'anya bantu bajorozi.

260. Oba okufaana ng'oli eyayita ku kibuga nga kigudde wansi ku busolya bwa kyo, n'agamba nti: Abaffe, kino Allah alikiramusa ddi oluvannyuma lw'okuzikirira kwa kyo? Kale Allah n'amufiisa *okumala* emyaka kikumi, n'oluvannyuma n'amuzuukiza. N'agamba nti: Omaze bbanga ki? N'agamba nti: Mmaze olunaku lumu oba ekitundu ky'olunaku. *Allah* n'agamba nti: Nedda, omaze emyaka kikumi. Naye tunulako eri emmere yo n'ebiyokunywa byo, tebinagaga. Ate tunulako n'eri endogoyi yo. Era *ekyo tukikoze* tulyooke tukufuule akabonero eri abantu. Era tunulako eri amagamba olabe engeri gye tugayungamu n'oluvannyuma netugambaza ennyama. Kale bwe kyannyonnyoka gy'ali, n'agamba nti: Ntegedde nti ddala Allah ye Musobozi wa buli kimu.

لَا ذِكْرَ لَكَ فِي الْيَوْمِ بِمَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنَّا
مَنْ أَلْفَيْتُمْ أَفْوَاهًا بِمَا عَظُمَ ذَنْبُهُمْ
مِنَّا كَفَرُوا بِاللَّهِ وَكَانَ اللَّهُ غَافِلًا
عَنِ الْمُجْرِمِينَ ﴿٢٥٧﴾

اللَّهُ وَرَبُّ الَّذِينَ آمَنُوا يُخْرِجُهُم
مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ وَالَّذِينَ
كَفَرُوا أَوْلِيَانَهُمُ الظُّلُمَاتُ
يُخْرِجُونَهُم مِّنَ النُّورِ إِلَى الظُّلُمَاتِ
أُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا
خَالِدُونَ ﴿٢٥٨﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ جَاءَ إِِبْرَاهِيمَ فِي
رَبِّهِ أَنْ أَنبَأَهُ اللَّهُ الْمَلَائِكَةَ إِذْ قَالَ
إِبْرَاهِيمُ رَبِّيَ الَّذِي يُبْحِي وَيُمِيتُ قَالَ
أَنَا أَنبِيءُ وَأُمَمٌ أَلَمْ تَرَ أَنِّي رَأَيْتُ
النَّوْءَ يَأْتِي بِالشَّمْسِ مِنَ الْمُشْرِقِ فَأْتِي
بِهَآءِ مِنَ الْمَغْرِبِ فَبُهِتَ الَّذِي كَفَرَ
وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٢٥٩﴾

أَوْ كَالَّذِي مَرَّ عَلَى قَرْيَةٍ وَهِيَ خَاوِيَةٌ
عَلَى عُرُوشِهَا قَالَ أَنَّى يُحْيِي هَذِهِ اللَّهُ
بَعْدَ مَوْتِهَا فَأَمَاتَهُ اللَّهُ مِائَةَ
عَامٍ ثُمَّ بَعَثَهُ قَالَ كَمْ لَبِثْتَ
قَالَ لَبِثْتُ يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ قَالَ
بَل لَّبِثْتَ مِائَةَ عَامٍ فَانظُرْ إِلَى
طَعَامِكَ وَشَرَابِكَ لَمْ يَتَسَنَّهْ وَ
انظُرْ إِلَى جَمْرِكَ وَانظُرْ إِلَى
النَّاسِ وَانظُرْ إِلَى الْعِظَامِ كَيْفَ نُنشِئُهَا
ثُمَّ نَكْسُوهَا لَحْمًا فَلَمَّا تَبَيَّنَ لَهُ
قَالَ أَعْلَمُ أَنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢٦٠﴾

261. Era *mujjukire* nga Ibrāhimu bwe yagamba nti: Mukama wange, ndaga engeri gy'ozuukizaamu abafu. Allah n'agamba nti: Abaffe, tokkiriza? N'agamba nti: Si kyo, naye *nkisabye* omutima gwange gulyooke gubenkere. Allah n'agamba nti: Kale ddira ennyonyi nnya ozeemanyiiize n'oluvannyuma oteeke buli emu ku zo ku lusozi, n'oluvannyuma zikoowoole; zijja kujja gy'oli bunnambiro. Era manya nti ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

Ruku 36

262. Enfaanana y'abo abatoola eby'obugagga bwabwe mu kkubo lya Allah ering'anga empeke *emu esimbwa* n'ebalako ebirimba musanvu, nga buli kirimba kiriko empeke kikumi. Era Allah y'ayingiwaliza oyo gw'aba ayagadde; era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

263. Abo abatoola eby'obugagga bwabwe mu kkubo lya Allah n'oluvannyuma nebatagobereza ebyo bye batodde na kukomereza oba okulumya, balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe era tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

264. Ekigambo ekirungi n'okusonyiwa bisinga saddaaka egoberezebwa okulumya. Era Allah Yeemala, Alumirwa ennyo *abaweereza be*.

265. Abange mmwe abakkiriza, temudibaganga saddaaka zammwe n'okukomereza n'okulumya, okufaanana ng'oyo atoola eby'obugagga bwe olw'okulabwa abantu, naye nga takkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Kale enfaanana ye aling'anga olwazi oluseerevu oluliko ettaka, kale nelutuukibwako enkuba ey'amaanyi n'eruleka nga lwereere. Tebalina kyonna kye basobola *kufuna* mw'ebyo bye bakola. Era Allah talung'anya bantu beeremye.

266. Era enfaanana y'abo abatoola eby'obugagga bwabwe olw'okunoonya okusiima kwa Allah n'okunyweza emyoyo gyabwe, ering'anga ennimiro eri ku kazozirozi etuukiddwako enkuba ey'amaanyi, olwo

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّ أَرِنِي كَيْفَ تُخَيِّرُ الْمُؤْمِنِينَ قَالَ أُولَئِكَ تُخَوِّمُونَ وَلَكِنَّ لِيْطْمَئِنُّ قَلْبِي ۗ قَالَ فَخُذْ أَرْبَعَةً مِنَ الطَّيْرِ فَصُرْهُنَّ إِلَيْكَ ثُمَّ اجْعَلْ عَلَىٰ كُلِّ جَبَلٍ مِّنْهُنَّ جُزْءًا ثُمَّ ادْعُهُنَّ يَأْتِينَكَ سَعْيًا ۚ وَاعْلَمْ أَنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٣٦﴾

مَثَلُ الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ كَمَثَلِ حَبَّةٍ أَتَتْ سَلْعًا سَبْعًا سَنَابِلَ فِي كُلِّ سُنبُلَةٍ مِّائَةٌ حَبَّةٌ ۗ وَاللَّهُ يُضْعِفُ لِمَنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٧﴾

الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ثُمَّ لَا يُتْبِعُونَ مَا أَنْفَقُوا مَنًّا وَلَا أَذًى ۗ لَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٣٨﴾

قَوْلٌ مَّعْرُوفٌ وَمَغْفِرَةٌ خَيْرٌ مِّنْ صَدَقَةٍ يَتْبَعُهَا أَذًى ۗ وَاللَّهُ غَنِيٌّ حَلِيمٌ ﴿٣٩﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تُبْطِلُوا صَدَقَتِكُمْ بِالْمَنِّ وَالْأَذَى ۚ كَالَّذِي يُنْفِقُ مَالَهُ رِثَاءَ النَّاسِ وَلَا يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ فَمَثَلُهُ كَمَثَلِ صَفْوَانٍ عَلَيْهِ تُرَابٌ فَأَصَابَهُ وَابِلٌ فَتَرَكَهُ صَلْدًا ۚ لَا يَقْدِرُونَ عَلَىٰ شَيْءٍ مِّمَّا كَسَبُوا ۗ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿٤٠﴾

وَمَثَلُ الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ ابْتِغَاءَ مَرْضَاتِ اللَّهِ وَتَثْبِيْتًا مِّنْ أَنفُسِهِمْ كَمَثَلِ جَنَّةٍ بِرَبْوَةٍ أَصَابَهَا

n'ebaza ebibala bya yo emirundi ebiri. Ate nga ne bw'etatuukibwako nkuba ya maanyi, n'oluwandaggirize lumala. Era bye mukola, Allah abiraba.

وَأَيْدٍ قَاتِلَاتٍ أَهْلَكَنَّهُمْ فِي غَنَدَتَيْنِ ۚ وَإِن لَّمْ يُصِيبْهَا وَآيَةٌ قَطْلٌ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٣٦﴾

267. Abaffe, omu mu mmwe yaalyagadde abeere n'essamba y'emitende n'emizabibu nga n'emigga gikulukuta wansi wa yo, nga agirinamu n'ebibala ebya buli ngeri— n'atuukibwako obukadde ng'alina abaana nsonjogo— olwo *essamba* n'ekubibwa kibuyaga alimu omuliro n'ebengeya? Bwe kityo nno Allah abannyonyola Aya ze mulyooke mufumiitirize.

أَيُّودٌ أَحَدُكُمْ أَن تَكُونَ لَهُ جَنَّةٌ مِّن نَّجِيلٍ وَأَعْتَابٍ تَجْرِي مِن تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ۗ لَهُ فِيهَا مِن كُلِّ الثَّمَرَاتِ ۗ وَأَصَابَهُ الْكِبَرُ وَكَهُ ذُرِّيَّتُهُ ضَعْفَاءٌ ۗ فَآصَابَهَا عَصَابٌ رَّفِيعَةٌ نَّارٌ فَاحْتَرَقَتْ ۗ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ تَتَفَكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

Ruku 37

268. Abange mmwe abakkiriza, mutoolenga okuva mu birongoofu bye mufunye ne kw'ebyo bye tubaggyira mu ttaka; naye temunoonyangamu bibi nti bye muba mutoola, so nga nammwe *singa bibaweereddwa* temwalibitutte, okuggyako nga mubikkiridde bubikkirizi ku byo. Era mumanye nti ddala Allah Yeemala, y'Atenderezebwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا مِن طَبِئَتِ مَا كَسَبْتُمْ وَمِمَّا أَخْرَجْنَا لَكُمْ مِنَ الْأَرْضِ وَلَا تَيَمَّمُوا الْخَبِيثَ مِنْهُ تُنْفِقُونَ وَلَسْتُمْ بِأَجْزِيهِ إِلَّا أَن تُخِضُوا فِيهِ ۗ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَمِيدٌ ﴿٣٨﴾

269. Sitaani abatiisa obwavu ate n'abalagira n'okukola ebitasaana. Naye Allah abasuubiza okusonyiyibwa okuva gy'ali n'emikisa. Era Allah ye Mwanjulukufu w'okugaba, Omumanyi wa byonna.

الشَّيْطٰنُ يَعِدُّكُمْ الْفَقْرَ وَيَأْمُرُكُمْ بِالْفَحْشَآءِ ۗ وَاللَّهُ يَعِدُّكُمْ مَغْفِرَةً مِّنْهُ وَفَضْلًا ۗ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٩﴾

270. Y'awa amagezi oyo gw'aba ayagadde. Era oyo aweebwa amagezi, kale ddala aba aweereddwa ebirungi nfaafa. Era teri afumiitiriza, okuggyako abo abalina amagezi.

يُؤْتِي الْحِكْمَةَ مَن يَشَآءُ ۗ وَمَن يُؤْتَ الْحِكْمَةَ فَقَدْ أُوتِيَ خَيْرًا كَثِيرًا ۗ وَمَا يَدْرَأُوْا إِلَّا أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿٤٠﴾

271. Era buli kyonna kye mutoola mu bitoolebwa oba kye mweyama mu byeyamo, mazima Allah akimanya. Era aboonyoni tebalina bayambi.

إِن تُبَدُّوا الصَّدَقَاتِ فَنِعِمَّا هِيَ ۚ وَإِن تُخْفُوهَا وَتُؤْتُوهُهَا الْفُقَرَاءَ فَهِيَ خَيْرٌ لَّكُمْ وَيُكَفِّرُ عَنْكُم مِّن سَيِّئَاتِكُمْ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٤١﴾

272. Bwe mutoola saddaaka mu Iwaatu, kale n'ekyo kirungi nnyo; naye bwe muzikisa nemuziwa abaavu, kale ekyo ky'ekisingira ddala obulungi ku lwammwe; ne Allah abasangulako ebibi byammwe. Era byonna bye mukola, Allah abitegeera.

273. Okulung'ama kwabwe tekuli ku ggwe; naye Allah y'alung'ama oyo gw'aba asiimye. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, kale kigasa mmwe bennyini. Era temutoola wabula lwa kunoonya kusiima kwa Allah. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, kya kubasasulwa mu bujjuvu era temugenda kulyazaamanyizibwa.

274. *Saddaaka zitoowa* ku lw'abaavu abakugirwa mu kkubo lya Allah abatasobola kutaayaaya mu nsi. Atamanyi ababala nti beemala, olw'obutasaba. Obamanyira ku bubonero bwabwe; bo tebasaba bantu mu ngeri ya kupeeka. Era eky'obugagga kyonna kye mutoola, ddala Allah akimanyi.

Ruku 38

275. Abo abatoola eby'obugagga bwabwe ekiro n'emisana, mu kyaama ne mu lwaatu, kale balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe; era tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

276. Abo abalya enkizo tebasituka wabula *basituka ng'oyo* Sitaani gw'esudde akajabangu. Ekyo lwa kubanga bagamba nti: Ddala obusuubuzi ky'ekimu n'enkizo; so nga Allah akkiriza obusuubuzi naye n'awera enkizo. Kale oyo atuukwako okubuulirira okuva eri Mukama we n'abonerera, olwo n'ebayita biriba bibye n'ensonga ye eri eri Allah. Naye oyo aliddira, kale abo be bantu b'omuliro; bo mu gwo mwe balibeera.

277. Allah ajja kusangulawo enkizo era agaziye *saddaaka*, era Allah tayagala buli mutakkiriza wawu, omwonoonyi.*

278. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi nebjjumbira essaala nebatoola zaka, balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe, era tebaliba na kutya

لَيْسَ عَلَيْكَ هُدَاهُمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ ۗ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ خَيْرٍ فَلَا يُفْسِدْكُمْ ۗ وَمَا تُنْفِقُونَ إِلَّا ابْتِغَاءَ وَجْهِ اللَّهِ ۗ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ خَيْرٍ يُوَفِّ إِلَيْكُمْ وَأَنْتُمْ لَا تُظْلَمُونَ ﴿٣٧﴾

لِلْفُقَرَاءِ الَّذِينَ أُحْصِرُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ لَا يَسْتَطِيعُونَ ضَرْبًا فِي الْأَرْضِ لِيَحْسَبَهُمُ الْجَاهِلُ أَغْنِيَاءَ مِنَ التَّعَفُّفِ ۗ تَعْرِفُهُمْ بِسِيمَاهُمْ ۗ لَا يَسْأَلُونَ النَّاسَ إِعْجَافًا ۗ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ خَيْرٍ فَإِنَّ اللَّهَ بِهِ عَلِيمٌ ﴿٣٨﴾

الَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ سِرًّا وَعَلَانِيَةً فَلَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ ۗ وَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٣٩﴾

الَّذِينَ يَأْكُلُونَ الرِّبَا لَا يَقْوَمُونَ إِلَّا كَمَا يَقْوَمُ الَّذِي يَتَخَبَّطُهُ الشَّيْطَانُ مِنَ الْمَسِّ ۗ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا إِنَّمَا الْبَيْعُ مِثْلُ الرِّبَا ۗ وَأَحَلَّ اللَّهُ الْبَيْعَ وَحَرَّمَ الرِّبَا ۗ فَمَنْ جَاءَكَ مَوْعِدًا مِنْ رَبِّهِ فَإِنَّهُ قَدْ جَاءَكَ مِنْ رَّبِّهِ قَائِلًا ۗ فَكُلْ مِنْ مَتَاعِهَا وَاتَّقِ اللَّهَ ۗ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٤٠﴾

يَمْحَقُ اللَّهُ الرِّبَا وَيُزِيلُ الصَّدَقَاتِ ۗ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ كُلَّ كَفَّارٍ أَثِيمٍ ﴿٤١﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَآقَامُوا الصَّلَاةَ وَآتَوُا الزَّكَاةَ لَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ ۗ وَلَا خَوْفٌ

2:277. Aya eno eraga kaati nti eby'enfuna ebyesigamizibwa ku musingi gw'enkizo ne zzaala ddaaki biteekwa okufaafaagana, so ng'ate ebyo ebyesigamizibwa ku musingi gwa zaka byeyongerera bweyongezi kugaziwa.

kwonna, wadde tebalinakuwala.

279. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era mulekeyo n'enkizo ebadde ekyasigalidde, bwe muba nga ddala muli bakkiriza.

280. Naye bwe mutaakikole, kale mwerinde olutalo okuva eri Allah ne Mutume we. Naye bwe muneenanya, olwo mulifuna emmaali yammwe wawu; olwo temuliryazaamaanya, ate nammwe temuliryazaamaanyizibwa.

281. Era omwewozi bw'abanga alina obuzibu, kale aweebwe akaagaanya okutuusa mu buwewufu. Era bwe musonyiwa ku lwa Allah, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

282. Era mutye olunaku lwe muliddizibwamu eri Allah n'oluvannyuma buli omu alisasulwa mu bujjuvu ebyo bye yakola, era tebaliryazaamaanyizibwa

Ruku 39

283. Abange mmwe abakkiriza, bwe muwolagananga ebbanja ely'ekiseera ekigere, kale muliwandiikenga. Era omuwandiisi awandiikire wakati wammwe mu bwenkanya. Era omuwandiisi tagaananga kuwandiika; kale awandiikenga nga Allah bwe yamuyigiriza. Era oyo aliko obuvunaanyizibwa bw'ebanja y'aba awa ebiwandiikibwa; naye asaana atye nnyo Allah, Mukama we era takendeezangako akantu konna ku lyo. Naye oyo aliko obuvunaanyizibwa bw'aba nga si mutegeevu oba nga mukosefu oba nga ye tasobola kuwa biwandiikibwa, kale omuyima we y'aba awa ebiwandiikibwa mu bwenkanya. Era mujulizangawo abajulizi babiri okuva mu basajja abammwe. Naye bwe watabangawo basajja babiri, kale omusajja abeere omu n'abakazi babiri mw'abo be mukkiriziganyizzaako okuba abajulizi. Singa abakazi, omu ku bo awubwa, omulala ajjukize munne. Era abajulizi tebagaananga kujulira nga bayitiddwa. Era temutendewererwanga kuliwandiika si nsonga ttono oba ddene, muliwandiike ku kiseera kya lyo ekigere. Ekyo ky'ekisinga okuba eky'obwenkanya mu maaso ga Allah era ky'ekisinga okuba eky'esimbu mu kuwa obujulizi ate ky'e-

عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٧٧٩﴾
يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَذَرُوا
مَا بَقِيَ مِنَ الرِّبَا إِن كُنتُمْ
مُؤْمِنِينَ ﴿٧٨٠﴾

فَإِن لَّمْ تَفْعَلُوا فَأْذَنُوا بِحَرْبٍ مِّن
اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَإِن تُبْتُمْ فَلَكُمْ دُؤُسٌ
أَمْوَالِكُمْ لَا تَظْلِمُونَ وَلَا تُظْلَمُونَ ﴿٧٨١﴾

وَإِن كَانَ ذُو عُسْرَةٍ فَنَظِرَةٌ إِلَىٰ
مَيْسَرَةٍ وَأَن تَصَدَّقُوا خَيْرٌ لَّكُمْ إِن
كُنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٧٨٢﴾

وَاتَّقُوا يَوْمًا تُرْجَعُونَ فِيهِ إِلَى اللَّهِ
ثُمَّ تَوَفَّىٰ كُلُّ نَفْسٍ مَّا كَسَبَتْ وَهُمْ لَا
يُظْلَمُونَ ﴿٧٨٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا آتَاكُمُ
بَدِيلٌ إِلَىٰ آجَلٍ مُّسَمًّى فَآكْتُبُوهُ
وَلْيَكْتُب بَيْنَكُمْ كَاتِبٌ بِالْعَدْلِ
وَلَا يَأْب كَاتِبٌ أَن يَكْتُبَ كَمَا عَلَّمَهُ
اللَّهُ فَلْيَكْتُبْ ۗ وَلْيُمْلِلِ الَّذِي عَلَيْهِ
الْحَقُّ وَلْيَتَّقِ اللَّهَ رَبَّهُ وَلَا يَبْخَسْ مِنْهُ
شَيْئًا ۗ فَإِن كَانَ الَّذِي عَلَيْهِ الْحَقُّ
سَفِيهًا أَوْ ضَعِيفًا أَوْ لَا يَسْتَطِيعُ أَن
يُمْلِهُهُ فَليُمْلِهُ لَهُ بِالْعَدْلِ ۗ وَ
اسْتَشْهِدُوا شَهِيدَيْنِ مِّن رِّجَالِكُمْ
فَإِن لَّمْ يَكُونَا رَجُلَيْنِ فَرَجُلٌ وَ
أَمْرَاتَيْنِ مِمَّن تَرْضَوْنَ مِنَ
الشَّهَدَاءِ أَن تَضِلَّ إِحْدَاهُمَا
فَتُذَكَّرَ إِحْدَاهُمَا الْأُخْرَىٰ ۗ وَلَا يَأْب
الشَّهَدَاءُ إِذَا مَا دُعُوا ۗ وَلَا تَسْعَمُوا

kisinga obwangu, muleme kutankana; okuggyako nga bibadde bya busuubuzi eby'obuliwo bye muzung'anya wakati wammwe, olwo temubaako kinyo bwe mutabiwandiika. Naye mussangawo obujulizi nga mugulaana. Era omuwandiisi tabonyabonyezebwanga wadde omujulizi. Era ekyo bwe mukikola, ddala bujja kuba bujeemu ku ludda lwammwe. Era mutye nnyo Allah. Era Allah yennyini ajja kubayigiriza. Anti era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

أَنْ تَكْتُبُوهُ صَغِيرًا أَوْ كَبِيرًا إِلَىٰ
 أَجَلِهِ ۗ ذَلِكُمْ أَقْسَطُ عِنْدَ اللَّهِ
 وَأَقْوَمُ لِلشَّهَادَةِ وَأَدْنَىٰ أَلَّا
 تَرْتَابُوا ۗ إِلَّا أَنْ تَكُونَ تِجَارَةً
 حَاضِرَةً يُدِيرُونَهَا بَيْنَكُمْ فَلَيْسَ
 عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَلَّا تَكْتُبُوهَا ۗ وَ
 أَشْهَدُ وَإِذَا تَبَايَعْتُمْ ۖ وَلَا يُضَارَّةُ
 كَاتِبٌ وَلَا شَهِيدٌ ۗ وَإِنْ تَفَعَّلُوا
 فَإِنَّهُ فُسُوقٌ بِكُمْ ۗ وَاتَّقُوا اللَّهَ ۗ وَ
 يُعَلِّمُكُمُ اللَّهُ ۗ وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ
 عَلِيمٌ ﴿٢٨٤﴾

284. Naye bwe mubanga mu lugendo nga temufunye muwandiisi, olwo omusingo gukwasibwe omuwozi. Era omu ku mmwe bw'asigiranga omulala ekintu kyonna, kale oyo eyasigirwa azzangayo ekyo ekyamusigirwa eri nnyini kyo era asaana atyenga Allah Mukama we. Era temukisanga obujulizi. Naye oyo alibukisa, kale ddala oyo omwoyo gwe mwonoonyi. Era bye mukola Allah abimanyi.

وَإِنْ كُنْتُمْ عَلَىٰ سَفَرٍ وَلَمْ تَجِدُوا
 كَاتِبًا فَرِهْنِ مَقْبُوضَةً ۗ فَإِنْ آمَنَ
 بَعْضُكُمْ بِبَعْضٍ فَلْيُؤَدِّ الَّذِي أُؤْتِمِنُ
 أَمَانَتَهُ وَلْيَتَّقِ اللَّهَ رَبَّهُ ۗ وَلَا
 تَكْتُمُوا الشَّهَادَةَ ۗ وَمَنْ يَكْتُمْهَا
 فَإِنَّهُ إِثْمٌ قَلْبُهُ ۗ وَاللَّهُ بِمَا
 تَعْمَلُونَ عَلِيمٌ ﴿٢٨٥﴾

Ruku 40

285. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bya Allah. Era ne bwe mwoleka ebiri mu myoyo gyammwe oba nemubikisa, era Allah abibabalirako. Kale asonyiwa oyo gw'aba asiimye era abonereza oyo gw'aba asalidde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

يَللَّهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ ۗ
 وَإِنْ تُبْهُدَا مَا فِيْ اَنْفُسِكُمْ اَوْ تَخْفَوْهُ
 يُحَا سِبْكُمُ بِاللّٰهِ ۗ فَيَغْفِرْ لِمَنْ يَّشَاءُ
 وَيُعَذِّبْ مَنْ يَّشَاءُ ۗ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ
 شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢٨٦﴾

286. Omubaka akkiriza ebyo ebyamubikku-lirwa okuva eri Mukama we, n'abakkiriza. Bonna bakkiriza Allah, ne ba malayika be, n'Ebitabo bye, n'Abatume be, era bagamba nti: Tetusosola yenna mu Batume be. Era bagamba nti: Tuwulidde era tugonze. Mukama waffe, tusaba okusonyiyibwa okuva gy'oli era gy'oli y'eri obuddo.

أَمَّنَ الرَّسُوْلُ بِمَا أُنزِلَ اِلَيْهِ مِنْ
 رَبِّهِ وَالْمُؤْمِنُوْنَ كُلُّ اَمِّنٌ بِاللّٰهِ وَ
 مَلَائِكَتِهِ وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ ۗ لَا نَقْرِيْ
 بَيْنَ اَحَدٍ مِّنْ رُّسُلِهِ ۗ وَقَالُوْا سَوْغَاتُنَا
 وَاَطَعْنَا ۗ غُفْرٰنَكَ رَبَّنَا ۗ وَاللّٰهُ
 الْمَوْجِبُ ﴿٢٨٧﴾

287. Allah tazitoowereza mwoyo gwonna wabula *agutwala nga* okusobola kwa gwo *bwe kuba*. Gulifuna *empeera olw'ebyo bye gwakola* era gulivunaanibwa *olw'ebyo bye gwakola*. Mukama waffe, totukangavvula *bwe tuba nga twerabidde oba nga tukoze ekisobyo*. Mukama waffe, totutikkako *buzito nga bwe wabutikka kw'abo** abaatusooka. Mukama waffe, totutikka *ebyo bye tutasobola*. Naye tusanguleko *ebibi byaffe*, era otusonyiwe, era otusaasire. Anti Ggwe Mukama waffe; kale tuyambe ku bantu abatakkiriza.

لَا يَكْفُرُ اللَّهُ نَفْسًا لَّا وُشِعَهَا، لَهَا
مَا كَسَبَتْ وَ عَلَيْهَا مَا كُتِبَتْ ،
رَبَّنَا لَا تُؤَاخِذْنَا إِن تَسِينَا أَوْ
أَخْطَاْنَا، رَبَّنَا وَلَا تَحْمِلْ عَلَيْنَا إَصْرًا
كَمَا حَمَلْتَهُ عَلَى الَّذِينَ مِن قَبْلِنَا
رَبَّنَا وَلَا تُحَمِّلْنَا مَا لَا طَاقَةَ لَنَا بِهِ
وَاعْفُ عَنَّا وَارْحَمْنَا
أَنْتَ مَوْلَانَا فَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ
الْكٰفِرِيْنَ ﴿٢٨٧﴾

2:287. Wano abantu aboogerwako be bo abaaweebwa obuvunaanyizibwa bw'okutambuza eddiini ne babutwala ng' ekizibu gye bali era ne babulagajjalira . Kino kyaviirako abataali bayivu bulungi okubutwala n'okubwefuga, kyokka nga ebisinga tebabitegeera bulungi. N'olwensonga eyo, waasibukawo bannaddiini abaalina ebiwoozo ebifunda, ab'emputtu, abatawuliriza kya balala era nga tebategeera makulu na bigendererwa bya kigambo kya Katonda. Bano nno bageraageranyizibwa ku ndogoyi ezeetikka emigugu naye nga tezitegeera bigirimu (62:6). N'olwekyo ekigambo 'Iswiran' (إِصْرًا) kisaana okutegeerwa mu makulu ago, kuba obuvunaanyizibwa bw'eddiini tebwalisaanye kutwalibwa ng'ekizibu omukkiriza kye yaalidduse.

ĀL-‘IMRĀN

(Yakka Iuvannyuma Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Alif Lām Mīm*

الْم ②

3. Allah ye yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye.Ye Mulamu, Eyeyimirizaawo yekka, Ayimirizaawo buli kimu.

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْحَيُّ الْقَيُّومُ ③

4. Y'eyassa ku ggwe Ekitabo ekirimu amazima nga ky'ekikakasa* ebyo ebyakikulembere era y'eyassa Taurāti n'Enjiri

تَزَلَّ عَلَيْكَ الْكِتَابُ بِالْحَقِّ مُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ وَأَنزَلَ التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ ④

5. Olubereberye, nga bulung'amu eri abantu, n'assa n'Ekyawula (ebituufu n'ebikyaamu). Mazima abo abatakiriza Aya za Allah balifuna ekibonerezo ekikakali. Era Allah ye Luwangula, Nannyini kwesasuzza.

مِن قَبْلُ هُدًى لِّلنَّاسِ وَأَنزَلَ الْفُرْقَانَ ۗ إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ لَهُمْ عَذَابٌ شَدِيدٌ ۗ وَاللَّهُ عَزِيزٌ ذُو نِقَامٍ ⑤

6. Mazima tewali kyonna mu nsi wadde mu ggulu ekyekweka Allah.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَخْفَى عَلَيْهِ شَيْءٌ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ ⑥

7. Ye y'Oyo abawa enfaanana yammwe mu nnabaana nga bw'aba ayagadde. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Ye Luwangula, Omugezi ennyo.

هُوَ الَّذِي يُصَوِّرْكُمْ فِي الْأَرْحَامِ كَيْفَ يَشَاءُ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ⑦

8. Ye y'Oyo eyassa ku ggwe Ekitabo nga kirimu Aya ennamuzi— ezo nga y'ennono y'Ekitabo— n'endala nga za nnyinyonnyola ez'enjawulo. Naye abo abalina obukyaamu mu mitima gyabwe, kale mu zo bagobereramu ezo ez'ennyinyonnyola ez'enjawulo olw'okunoonya fitina n'okunoonya ennyinyonnyola ya zo bo gye baagala. Naye tewali amanyi nnyinyonnyola ya zo mu bujuvu okuggyako Allah n'abo abakugu mu by'okumanya; bagamba nti: Tuzikkiriza, zonna zaava eri Mukama waffe. Naye tebafumiitiriza ku zo okuggyako abo abalina amagezi—

هُوَ الَّذِي أَنزَلَ عَلَيْكَ الْكِتَابَ مِنْهُ آيَاتٌ مُّحْكَمَاتٌ هُنَّ أُمُّ الْكِتَابِ وَأُخَرُ مُتَشَابِهَاتٌ فَأَمَّا الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ زَيْغٌ فَيَتَّبِعُونَ مَا تَشَابَهَ مِنْهُ ابْتِغَاءَ الْفِتْنَةِ وَابْتِغَاءَ تَأْوِيلِهِ ۗ وَمَا يَعْلَمُ تَأْوِيلَهُ إِلَّا اللَّهُ ۗ وَالرَّاسِخُونَ فِي الْعِلْمِ يَقُولُونَ آمَنَّا بِهِ كُلٌّ مِنْ عِنْدِ رَبِّنَا ۗ وَمَا يَذَّكَّرُ إِلَّا أُولُو الْأَلْبَابِ ⑧

فَقِيلَ لَهُمْ وَلَوْ أَنَّمَا فِي الْأَرْضِ مِنْ شَجَرَةٍ أَكْبَادًا فَخَضَعْنَ عَنْهِنَّ وَاللَّهُ شَدِيدُ الْعِقَابِ

3:2. Nze Allah amanyi byonna.

3:4. Ekigambo 'Muswaddiqan' (مُصَدِّقًا) kirina amakulu magazi kubanga kitegeeza okukakasa okubikkulirwa okutuufu okuli mu bitabo ebyasooka Kur'ani awamu n'okutuukiriza okulanga okubirimu. 'Al-Furqan' kitegeeza amazima nantameggwa era kitegeeza ekyo kyonna ekikozesebwa ng'ekipimo okwawula ekintu ekimu ku kirala.

9. *Abagamba nti*: Mukama waffe, tokyamy mitima gyaffe oluvannyuma ng'omaze okutulung'anya, era tuwe okusaasira okuva gy'oli; mazima Ggwe Lugaba.

10. Mukama waffe, ddala Ggwe w'okukung'aanya abantu ku lunaku olutaliimu kubuusabuusa. Mazima Allah tamenya ndagaano.

Ruku 2

11. Mazima abo abatakiriza, eby'obugagga bwabwe wadde abaana baabwe tebigenda kubagasa n'akatono ku Allah, era abo z'enku z'omuliro;

12. Okufaanana nga abantu ba Farāwo n'abo abaabakulemba abaalimbisa obubonero bwaffe; kale Allah n'abakangavvula olw'ebibi byabwe. Era Allah mukakali mu kubonereza.

13. Gamba abo abatakiriza nti: Mujja kuwangulwa era mukung'aanyizibwe eri omuliro; era ekyo ky'ekiwummulo ekibi ennyo.

14. Mazima kaali kabonero gye muli mu kusiinkana kw'amagye abiri, ng'eggye erimu lirwanira mu kkubo lya Allah n'eddala nga lya batakiriza, nga babalaba ng'ababasinga emirundi ebiri mu kulaba kw'amaaso. Naye Allah awagira n'obuyambi bwe oyo gw'aba ayagadde. Mazima mw'ekyo mulimu eky'okuyiga eri abo abalina amaaso.

15. Kwalungiyizibwa eri abantu okwagala kw'ebyegombewa— ng'abakazi, n'abaana, n'entuumu za zaabu ezituumiddwa, n'effeeza, n'embalaasi ez'olulyo olulungi, n'ebisolo ebifugibwa, n'ennimiro. Ebyo nno by'ebikozesebwa mu bulamu bw'ensi; naye eri Allah y'eri obuddo amakula.

16. Gamba nti: Abaffe, mbategeeze ebirungi ebisinga kw'ebyo? Abo abatya Allah balifuna ensuku eri Mukama waabwe ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera; ne bannaabwe abaatukuzibwa, n'okusiima okuva eri Allah. Era Allah alaba bulungi abaweereza be,

رَبَّنَا لَا تُزِمْ قُلُوبَنَا بَعْدَ إِذْ هَدَيْتَنَا وَهَبْ لَنَا مِن لَدُنْكَ رَحْمَةً إِنَّكَ أَنْتَ الْوَهَّابُ ﴿٩﴾

رَبَّنَا إِنَّكَ جَامِعُ النَّاسِ لِيَوْمٍ لَا رَيْبَ فِيهِ إِنَّ اللَّهَ لَا يُخْلِفُ الْمِيعَادَ ﴿١٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ نُغْنِي عَنْهُمْ آمَالَهُمْ وَلَا أَزْوَاجَهُمْ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا وَلَا أَوْلَادَهُمْ هُمْ وَقَوْمُهُمُ النَّارُ ﴿١١﴾

كَذَٰبِ آلِ فِرْعَوْنَ ۖ وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا فَآخَذَهُمُ اللَّهُ بِذُنُوبِهِمْ ۗ وَاللَّهُ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿١٢﴾

قُلْ لِلَّذِينَ كَفَرُوا سَتُغْلَبُونَ وَ تُعْشَرُونَ إِلَىٰ جَهَنَّمَ ۖ وَبُسَّ الْمِهَادُ ﴿١٣﴾

قَدْ كَانَ لَكُمْ آيَةٌ فِي فِئَتَيْنِ الْتَقَتَا ۖ فِئَةٌ تُقَاتِلُ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَأُخْرَىٰ كَافِرَةٌ يَرَوْنَهُمْ مِثْلَيْهِمْ رَأْيَ الْعَيْنِ ۗ وَاللَّهُ يُؤَيِّدُ بِنَصْرِهِ مَن يَشَاءُ ۗ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَعِبْرَةً لِّأُولِي الْأَبْصَارِ ﴿١٤﴾

رُؤْيَىٰ لِلنَّاسِ حُبُّ الشَّهَوَاتِ مِنَ النِّسَاءِ وَالْبَنِينَ وَالْقَنَاطِيرِ الْمُقَنْطَرَةِ مِنَ الذَّهَبِ وَالْفِضَّةِ وَالْخَيْلِ الْمُسَوَّمَةِ وَالْأَنْعَامِ ۗ وَالْحَرْثُ ۗ ذَٰلِكَ مَتَاعُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۗ وَاللَّهُ عِنْدَهُ حَسَنُ الْمَآبِ ﴿١٥﴾

قُلْ أَوْفَيْتُكُمْ بِخَيْرٍ مِّنْ ذَٰلِكُمْ ۚ لِلَّذِينَ اتَّقَوْا عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا وَأَزْوَاجٌ مُّطَهَّرَةٌ وَرِضْوَانٌ مِّنَ اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ بَصِيرٌ بِالْعِبَادِ ﴿١٦﴾

17. Abo abagamba nti: Mukama waffe, ddala ffe tukkirizza; kale tusonyiwe ebibi byaffe, era otuwonye ekibonerezo ky’omuliro.

الَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا إِنَّا أَمَّا
فَاعْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا وَقِنَا عَذَابَ
النَّارِ ﴿١٧﴾

18. Era abagumiikiriza era ab’amazima era abeetoowaze era abatoola ku lwa Allah era abasaba okusonyiyibwa nga bunaatera okukya.

الضَّالِّينَ وَالضَّالِقِينَ وَالْفَارِثِينَ وَ
الْمُتَّقِينَ وَالْمُتَّعِفِينَ يَا أَيُّهَا الْحَمْدُ ﴿١٨﴾

19. Allah akakasa nti mazima teri musinzibwa mulala okuggyako Ye—ne ba malayika, n’abalina okumanya nabo bakakasa— Allah ayimiridde ku bwenkanya. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka, Luwangula, Omugezi ennyo.

شَهِدَ اللَّهُ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۖ وَالْمَلَائِكَةُ
أُولُو الْعِلْمِ قَائِمًا بِالْقِسْطِ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا
هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١٩﴾

20. Mazima eddiini entuufu eri Allah bwe Busiraamu. Era abo abaaweebwa Ekitabo, tebaayawukana wabula luvannyuma lwa kutuukibwako kumanya olwo ne baawukana, olw’obuggya obwali wakati waabwe. Naye oyo agaana okulabula kwa Allah, kale ddala Allah mwangu nnyo mu kubala.

إِنَّ الدِّينَ عِنْدَ اللَّهِ الْإِسْلَامُ ۗ وَمَا
اخْتَلَفَ الَّذِينَ أُوْتُوا الْكِتَابَ إِلَّا مِمَّا
جَاءَهُمُ الْعِلْمُ بَغْيًا بَيْنَهُمْ ۗ وَمَنْ
يُكْفُرْ بِآيَاتِ اللَّهِ فَإِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ
الْحِسَابِ ﴿٢٠﴾

21. Naye bwe baba bakuwakanya, kale gamba nti: Nze neewaayo nzenna eri Allah n’abo abangoberera. Era gamba abo abaaweebwa Ekitabo n’abatali bayagirize nti: Abaffe, mujeemulukuse? Kale bwe banaajeemulukuka, olwo banaaba balung’amyey. Naye bwe balyekyuusa, kale ddala ggwe ovunanyizibwa kutuusa bubaka. Era Allah alaba bulungi abaweereza be.

فَإِنْ مَا جَآؤَكَ فَقُلْ أَسْلَمْتُ وَجْهِيَ لِلَّهِ
مَنِ اتَّبَعْتُ ۗ وَقُلْ لِلَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ
وَالْأُمِّيِّينَ ءَأَسْلَمْتُمْ ؕ فَإِنْ أَسْلَمُوا
فَقَدْ أَهْتَدَوْا ۗ وَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْكَ
الْبَلَاءُ ۗ وَاللَّهُ بَصِيرٌ بِالْعِبَادِ ﴿٢١﴾

Ruku 3

22. Mazima abo abagaana Aya za Allah era ne bagezaako n’okutta ba Nabbi awatali nsonga era ne batta abo abakubiriza obwenkanya mu bantu, kale bawe amawulire g’ekibonerezo ekirumya.

إِنَّ الَّذِينَ يُحْفَرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَ
يَقْتُلُونَ النَّبِيَّ بِغَيْرِ حَقٍّ ۖ وَيَقْتُلُونَ
الَّذِينَ يَأْمُرُونَ بِالْقِسْطِ مِنَ النَّاسِ ۖ
فَبَشِّرْهُمْ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ﴿٢٢﴾

23. Abo nno be bo ebikolwa byabwe ebyayonooneka ku nsi ne ku nkomerero, era tebalifuna bayambi.

أُولَٰئِكَ الَّذِينَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فِي
الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ۗ وَمَا لَهُمْ مِنْ نَاصِرِينَ ﴿٢٣﴾

24. Abaffe, tewalaba abo abaaweebwa ekitundu ky’amateeka? Baakoowoolwa eri Ekitabo kya Allah kiryooke kiramule wakati waabwe, naye abamu mu bo beekyuusa nebakubayo mabega.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ أُوتُوا نَصِيبًا مِّنَ
الْكِتَابِ يُدْعَوْنَ إِلَى كِتَابِ اللَّهِ لِيَحْكُمَ
بَيْنَهُمْ ثُمَّ يُتَوَلَّوْنَ فَرِيقًا مِّنْهُمْ وَهُمْ
مُعْرِضُونَ ﴿٢٤﴾

25. Ekyo lwa kubanga baagamba nti: Omuliro tegulitukoonako, okuggyako ennaku embale. Kale ebyo bye baajingajinganga nebibabuzaabuza ku ddiini yaabwe.

ذٰلِكَ بِاَنَّهُمْ قَالُوْا لَنْ تَمَسَّنَا النَّارُ اِلاَّ اَيَّامًا مَّعْدُوْدَةٍ ۗ وَعَرَّهٖمْ فِيْ دِيْنِهِمْ مَّا كَانُوْا يَفْتَرُوْنَ ﴿٢٥﴾

26. Naye kiriba kitya awo nga tubakung’anyizza ku lunaku olutaliimu kubuusabuusa! Era buli muntu alisasulwa mu bujjuvu olw’ebyo bye yakola, era tebaliryazaamaanyizibwa.

فَكَيْفَ اِذَا جَمَعْنَاهُمْ لِيَوْمٍ لَا رَيْبَ فِيْهِ ۗ وَوَقَّيْتُ كُلَّ نَفْسٍ مَّا كَسَبَتْ وَهُمْ لَا يُظْلَمُوْنَ ﴿٢٦﴾

27. Gamba nti: Ayi Allah, Nannyini bwakabaka, Ggwe owa obwakabaka oyo gw’oba oyagadde era Ggwe ojja obwakabaka kw’oyo gw’oba oyagadde. Era Ggwe owa ekitiibwa oyo gw’oba oyagadde era Ggwe ofeebya oyo gw’oba oyagadde. Ebirungi byonna biri mu mukono gwo. Mazima Ggwe w’Obuyinza ku buli kimu.

قُلِ اللّٰهُمَّ مَلِكُ الْمَلِكِ تُوْنِي الْمَلِكُ مِنْ تَشَاءُ وَتَنْزِعُ الْمَلِكَ مِنْ تَشَاءُ ۗ وَتَعَزُّ مِنْ تَشَاءُ وَتُذِلُّ مِنْ تَشَاءُ ۗ بِيَدِكَ الْخَيْرُ ۗ اِنَّكَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرٌ ﴿٢٧﴾

28. Ggwe oyingiza ekiro mu misana era Ggwe oyingiza emisana mu kiro. Era Ggwe ojja ekiramu mu kifu era Ggwe ojja ekifu mu kiramu. Era Ggwe ogabira oyo gw’oba oyagadde awatali kubalirira.

تُوْلِجُ الْاَيْلَ فِي النَّهَارِ وَتُوْرِجُ النَّهَارَ فِي الْاَيْلِ ۗ وَتُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَتُخْرِجُ الْمَيِّتَ مِنَ الْحَيِّ ۗ وَتَرزُقُنِيْ مِنْ تَشَاءُ بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٢٨﴾

29. Abakkiriza tebatwalanga abatakkiriza okuba ab’emikwano mu kifo ky’abakkiriza. Naye oyo yenna alikola ekyo, taliba na nkolangana yonna ne Allah—okuggyako nga mubeekuume olwekuuma. Era Allah abalabula ku kibonerezo kye;* era eri Allah y’eri obuddo.

لَا يَتَّخِذُ الْمُؤْمِنُوْنَ الْكٰفِرِيْنَ اَوْلِيَاءَ مِنْ دُوْنِ الْمُؤْمِنِيْنَ ۗ وَمَنْ يَّفْعَلْ ذٰلِكَ فَلَيْسَ مِنَ اللّٰهِ فِيْ شَيْءٍ ۗ اِلاَّ اَنْ تَتَّقُوْا مِنْهُمْ تُقٰتًا ۗ وَيُحٰذِرْكُمْ اللّٰهُ نَفْسَهُ ۗ وَاِلَى اللّٰهِ الْمَصِيْرُ ﴿٢٩﴾

30. Gamba nti: Bwe mukisa ebyo ebiri mu bifuba byammwe oba bwe mubyooleka, era Allah abimanya. Era amanyi ebiri mu ggulu n’ebiri mu nsi. Era Allah wa buyinza ku buli kimu.

قُلْ اِنْ تُحِبُّوْا مَا فِيْ صُدُوْرِكُمْ اَوْ تُبْذَرُوْا وَعَلَّمَ اللّٰهُ ۗ وَيَعْلَمُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ ۗ وَاللّٰهُ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيْرٌ ﴿٣٠﴾

31. Mwekuume olunaku buli mwoyo lwe gulisanga ebyo bye gwakola mu birungi nga bireteddwa, ne buli kibi kye gwakola. Gulyegomba nti singa wakati wa gwo na byo waliwo ebbanga eggwanvu. Era Allah abalabula ku kibonerezo kye. Era Allah wa kisa nnyo eri abaweereza be.

يَوْمَ تَجِدُ كُلُّ نَفْسٍ مَّا عَمِلَتْ مِنْ خَيْرٍ مُّحَضَّرًا ۗ وَمَا عَمِلَتْ مِنْ سُوءٍ تُوَدُّ لَوْ اَنَّ بَيْتَهَا وَبَيْتَةَ اَمَدًا بَعِيْدًا ۗ وَيُحٰذِرْكُمْ اللّٰهُ نَفْسَهُ ۗ وَاللّٰهُ رَعُوْفٌ بِالْعٰبِدِ ﴿٣١﴾

3:29: Ebigambo ‘Yuhadh-dhirukumullahu nafsahu’ (يُحٰذِرْكُمْ اللّٰهُ نَفْسَهُ) bitegeeza ‘Allah abalabula ku kibonerezo kye’. Kino kitegeeza nti Allah alabula abakkiriza baleme kutwala biragiro bye nga eky’olubalaato.

Ruku 4

32. Gamba nti: Bwe muba nga mwagala Allah, kale mungoberere: Allah ajja kubaagala era abasonyiwe ebibi byammwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow’ekisa ekingi.

قُلْ إِنْ كُنْتُمْ تُحِبُّونَ اللَّهَ فَاتَّبِعُونِي يُحْبِبْكُمُ اللَّهُ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٣٢﴾

33. Gamba nti: Mugondere Allah ne Mutume. Naye bwe banekyuusa, kale *bamanye nti* ddala Allah tayagala batakkiriza.

قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ فَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ الْكٰفِرِينَ ﴿٣٣﴾

34. Mazima Allah yalonda Adamu ne Nūhu n’abomu maka ga Ibrāhīmu n’abomu maka ga ‘Imrāni ku bantu bonna.

إِنَّ اللَّهَ اصْطَفَىٰ آدَمَ وَنُوحًا وَآلَ إِبْرٰهِيْمَ وَآلَ عِمْرٰنَ عَلَى الْعٰلَمِينَ ﴿٣٤﴾

35. *Abo* ly’ezadde ery’enda ya nnakalaama. Era Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

ذُرِّيَّةً بَعْضُهَا مِنْ بَعْضٍ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٥﴾

36. *Mujjukire* nga muka ‘Imrāni bwe yagamba nti: Mukama wange, nze neeyamyey gy’oli kw’ekyo ekiri mu lubuto lwange kibeere ekiweereddwayo gy’oli. Kale kkiriza ekiva gyendi. Mazima Ggwe Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

إِذْ قَالَتِ امْرَأَتُ عِمْرَانَ رَبِّ إِنِّي نَدَرْتُ لَكَ مَا فِي بَطْنِي مُحَرَّرًا فَتَقَبَّلْ مِنِّي إِنَّكَ أَنْتَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٣٦﴾

37. Awo bwe yamuzaala n’agamba nti: Mukama wange, mmuzadde *naye* wa buwala, so Allah y’eyali asinga okumanya gwe yazaala. Era ow’bulenzi *gwe yali alowooza* tafaanana na wa buwala *gwe yazaala*. *Omukyala n’agamba nti*: Era nze mmutuumye erinnya Maryamu era nze mmwewogomya gy’oli n’ezadde lye okuva eri Sitaani agobaganyizibwa.

فَلَمَّا وَضَعَتْهَا قَالَتْ رَبِّ إِنِّي وَضَعْتُهَا أُنْثَىٰ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا وَضَعْتَ وَلَيْسَ الذَّكَرُ كَالْأُنْثَىٰ وَإِنِّي سَمَّيْتُهَا مَرْيَمَ وَرَبِّيَ أُعِذُّهَا بِكَ وَذُرِّيَّتَهَا مِنَ الشَّيْطٰنِ الرَّجِيْمِ ﴿٣٧﴾

38. Kale Mukama we n’amukkiriza okukkiriza okulungi era n’amulera okulera okulungi, n’afuula Zakariyya omulabirizi we. Zakariyya buli lwe yayingiranga gy’ali mu kisenge, yasanganga w’ali ebigabulwa. N’agamba nti: Owange Maryamu, bino obijja wa? N’agamba nti: Bino biva eri Allah. Mazima Allah agabula oyo gw’aba ayagadde awatali kubalirira.

فَتَقَبَّلَهَا رَبُّهَا بِقَبُولٍ حَسَنٍ وَأَنْبَتَهَا نَبَاتًا حَسَنًا وَكَفَّلَهَا زَكَرِيَّا كُلَّمَا دَخَلَ عَلَيْهَا زَكَرِيَّا الْمِحْرَابَ وَجَدَ عِنْدَهَا رِزْقًا قَالَ لَمَرِّمُ أَنَّىٰ لَكَ هٰذَا قَالَتْ هُوَ مِنْ عِنْدِ اللّٰهِ إِنَّ اللّٰهَ يَرْزُقُ مَنْ يَشَاءُ بِغَيْرِ حِسَابٍ ﴿٣٨﴾

39. Awo *ne* Zakariyya n’asaba Mukama we n’agamba nti: Mukama wange, mpa ezzadde eddongoofu okuva gy’oli; mazima Ggwe Muwulizi w’okusaba.

هٰذَا لَكَ دَعَاؤُ زَكَرِيَّا رَبِّهِ قَالَ رَبِّ هَبْ لِي مِنْ لَدُنْكَ ذُرِّيَّةً طَيِّبَةً إِنَّكَ سَمِيعُ الدَّعَاءِ ﴿٣٩﴾

40. Kale ba malayika baamukoowoola ng’ayimiridde asaala mu kisenge nti:

فَنَادَاهُ الْمَلٰٓئِكَةُ هُوَ قَائِمٌ بِصَلَاتِي

Mazima Allah akuwa amawulire ag'essanyu *ag'okuzaala* Yahya, ow'okutuukiriza ekigambo ekivudde eri Allah era ow'ekitiibwa, omwekuumi era Nabbi ali mu batuukirivu.

41. N'agamba nti: Mukama wange, nnaafuna ntya omwana nga mmaze okutuukibwako obukadde ate nga ne mukyala wange mugumba? *Malayika* n'agamba nti: Bw'atyo Allah akola nga bw'aba ayagadde.

42. N'agamba nti: Mukama wange, ntekerawo akabonero. N'agamba nti: Akabonero ko, tojja kwogera na bantu okumala ennaku ssatu, okuggyako *okukozesa* obubonero. Era tendereza nnyo Mukama wo era omugulumize enkya n'eggulo.

Ruku 5

43. Era *mujjukire* nga ba malayika bwe baagamba nti: Owange Maryamu, mazima Allah yakulonda n'akutukuza era n'akulondoba mu bakazi b'omulembe *gwo*.

44. Owange Maryamu, gondera Mukama wo era ovuunamu era osinze Allah awamu n'abo abasinza.

45. Ebyo by'ebimu ku mawulire amekusifu ge tukubikkulidde. Era Ggwe tewali nabo bwe baali nga bakasuka obusaale bwabwe *okwerauga bamanye* ani mu bo anaalabirira Maryamu, era tewali nabo nga bakaayana.

46. Awo ba malayika bwe baagamba nti: Owange Maryamu, mazima Allah akuwa amawulire ag'essanyu ag'ekigambo ekiva gy'ali *eky'omwana* erinnya lye Masihi, 'Isa, mutabani wa Maryamu, ow'ekitiibwa ku nsi ne ku nkomerero, era aliba mw'abo ab'oku lusegere *Iwa Allah*.

47. Era alyogera n'abantu mu buto ne mu kusajjakula, era aliba mw'abo abatuukirivu.

48. *Maryamu* n'agamba nti: Mukama wange, ndifuna ntya omwana nga sikooneddwako musajja yenna? *Malayika* n'agamba nti: Allah bw'atyo, atonda nga bw'aba ayagadde. Era bw'asalawo ekintu,

فِي الْمَحْرَابِ إِنَّ اللَّهَ بِبَشْرِكِ يَبْحَثِي
مُصَدِّقًا بِكَلِمَةٍ مِّنَ اللَّهِ وَ سَيِّدًا وَ
حَصُورًا وَ تَبِيًّا مِّنَ الصَّالِحِينَ ﴿٤١﴾

قَالَ رَبِّ أَنَّى يَكُونُ لِي غُلْمٌ وَقَدْ بَلَغَنِي
الْكِبَرُ وَ امْرَأَتِي عَاقِرٌ قَالَ كَذَلِكَ
اللَّهُ يَفْعَلُ مَا يَشَاءُ ﴿٤٢﴾

قَالَ رَبِّ اجْعَلْ لِي آيَةً قَالَ آيَتُكَ إِلَّا
تُكَلِّمُ النَّاسَ ثَلَاثَةَ أَيَّامٍ إِلَّا ذُرْمًا وَ
أَذْكَرَ ذُرْمَكَ كَثِيرًا وَ سَبِّحْ بِالْعَشِيِّ وَ
الْإِبْكَارِ ﴿٤٣﴾

وَ إِذْ قَالَتِ الْمَلَكَةُ لِمَرْيَمُ إِنَّ اللَّهَ
اضْطَفُوكِ وَ طَهَّرَكِ وَ اضْطَفُوكِ عَلَى
رِسَاءِ الْعُلَمَاءِ ﴿٤٤﴾

يَمْرُؤِمُ اقْنُتِي لِرَبِّكِ وَ اسْجُدِي وَ اذْكُرِي
مَعَ الرَّاكِعِينَ ﴿٤٥﴾

ذَلِكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهِ إِلَيْكَ
وَ مَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ إِذْ يُلْقُونَ أَقْلَامَهُمْ
أَيُّهُمْ يَكْفُلُ مَرْيَمَ وَ مَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ
إِذْ يَخْتَصِمُونَ ﴿٤٦﴾

إِذْ قَالَتِ الْمَلَكَةُ لِمَرْيَمُ إِنَّ اللَّهَ
يُبَشِّرُكَ بِكَلِمَةٍ مِّنْهُ ۖ اسْمُهُ الْمَسِيحُ
عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ وَ جِئْنَا بِالدُّنْيَا وَ
الْآخِرَةِ وَ مِمَّنْ الْمُقَرَّبِينَ ﴿٤٧﴾

وَ يُكَلِّمُ النَّاسَ فِي الْمَهْرِ وَ كَهْلًا وَ مِمَّنَ
الصَّالِحِينَ ﴿٤٨﴾

قَالَتْ رَبِّ أَنَّى يَكُونُ لِي وَ كَدٌ لَّمْ يَمَسَّ سِنِي
بَشْرَهُ قَالَ كَذَلِكَ اللَّهُ يَخْلُقُ مَا
يَشَاءُ إِذَا قَضَى أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ

kale agamba kigambe nti: Ba! kale ne kiba.*

49. Era alimuyigiriza Ekitabo n’eby’amagezi ne Taureti n’Enjiri;

50. Era aliba Mutume eri abaana ba Isirairi, *alibagamba nti*: Ddala nzize gyemuli n’akabonero akava eri Mukama wammwe, ddala nzija kubabumbira mu budongo ekifaanana n’enkola y’ennyonyi, kale nkifuuwemu omukka; olwo kifuuke ekibuuka olw’okulagira kwa Allah. Era nzija kuwonya abatalaba n’abagenge era nzuukize abafu olw’okulagira kwa Allah. Era nzija kubategeeza bye muba mulya ne bye muba mutereka mu mayu gammwe. Mazima mw’ebyo mulimu obubonero gye muli, bwe muba nga muli bakkiriza.

51. Era *nze* mukakasa w’ebyo ebyankulembera mu Taurēti, era nzija kubakkiriza ebimu kw’ebyo bye mwaziyizibwa; era nzize gye muli n’okulabula okuva eri Mukama wammwe; kale mutye Allah nange mumpulire.

52. Mazima Allah ye Mukama wange era ye Mukama wammwe; kale gwe muba musinza yekka: Lino ly’ekkubo eggolokofu.

53. Awo ‘Isa bwe yategeera obutakkiriza bwabwe, n’agamba nti: B’ani abanannya-mba mu kkubo Iya Allah? Abayigirizwa nebagamba nti: Ffe bayambi ba Allah. Tukkirizza Allah era kakasa nti ddala tuli bajeemulukufu.

54. Mukama waffe, tukkirizza ebyo bye wassa era tugoberedde Omutume. Kale tuwandiike mw’abo abawa obujulizi.

55. Era *abalabe be* beekoba, ne Allah neyeekoba; naye Allah y’asinga abeekobi bonna.

Ruku 6

56. *Mujjukire* nga Allah bwe yagamba nti: Owange ‘Isa, mazima nze w’okukufiisa era nkugulumize gyendi era nkunaaizeeko *enziro* eva eri abo abatakkiriza era nzija kussa abakugoberera waggulu w’abo abatakkiriza,

3:48: Ebigambo ‘Ba! kale ne kiba’ tebitegeeza nti ekiragiddwa kibeerawo mbagirawo. Enkola ya Allah eri nti bw’alagira nti Ba! olwo ekintu ne kitandika okuba nga Ye bw’akyagala.

كُن فَيَكُونُ ﴿٤٨﴾

وَيُعَلِّمُهُ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَالتَّوْرَةَ
وَالْإِنْجِيلَ ﴿٤٩﴾

وَرَسُولًا إِلَى بَنِي إِسْرَائِيلَ أَنِّي قَدْ
جِئْتُكُمْ بِآيَاتٍ مِّن رَّبِّكُمْ ۖ إِنِّي أَخْلُقُ
لَكُمْ مِّنَ الطَّيْرِ كَهَيْئَةِ الطَّيْرِ فَأَنفُخُ
فِيهِ فَيَكُونُ طَيْرًا بِإِذْنِ اللَّهِ ۖ وَأُبْرئُ
الْأَكْمَةَ وَالْأَبْرَصَ وَأُحْيِي الْمَوْتَى بِإِذْنِ
اللَّهِ ۖ وَ أَنبِئُكُمْ بِمَا تَأْكُلُونَ وَ مَا
تَدْخِرُونَ ۖ فِي بُيُوتِكُمْ ۗ إِنَّ فِي ذَلِكَ
لَآيَةً لَّكُمْ إِن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٥٠﴾

وَمُصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ التَّوْرَةِ
وَالْإِنْجِيلِ لَكُمْ بَعْضُ الَّذِي خُرِّجَ مَعَكُمْ
وَجِئْتُكُمْ بِآيَاتٍ مِّن رَّبِّكُمْ فَاتَّقُوا
اللَّهَ وَاطِيعُونَ ﴿٥١﴾

إِنَّ اللَّهَ رَبِّي وَرَبُّكُمْ فَاعْبُدُوهُ ۗ
هَذَا صِرَاطٌ مُسْتَقِيمٌ ﴿٥٢﴾

فَلَمَّا أَحَسَّ عِيسَى مِنْهُمُ الْكُفْرَ قَالَ
مَنْ أَنْصَارِي إِلَى اللَّهِ قَالَ الْآخَوَارِيُّونَ
نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ ۖ آمَنَّا بِاللَّهِ وَآشْهَدُ
بِآتَاءِ مُسْلِمُونَ ﴿٥٣﴾

رَبَّنَا آتِنَا مِنَّا بِمَا آتَيْتَنَا وَاتَّبَعْنَا الرُّسُولَ
فَأَكْتَبْنَا مَعَ الشَّاهِدِينَ ﴿٥٤﴾

وَ مَكَرُوا وَ مَكَرَ اللَّهُ ۗ وَ اللَّهُ خَيْرُ
الْمَاكِرِينَ ﴿٥٥﴾

إِذْ قَالَ اللَّهُ لِعِيسَى إِنِّي مُتَوَفِّيكَ وَ
رَافِعُكَ إِلَيَّ وَ مُطَهِّرُكَ مِنَ الَّذِينَ
كَفَرُوا وَ آجِبُكَ عَلَى الَّذِينَ اتَّبَعُوكَ فَوَقَّ

okutuusa ku lunaku lw’okuzuukira; n’oluvannyuma gyendi y’eri obuddo bwammwe, kale ndiramula wakati wammwe mw’ebyo bye mwali mutakiriziganyaamu.

57. Naye abo abeerema ndibabonereza ekibonerezo ekikakali mu nsi ne ku nkomerero, era tebalifuna bayambi.

58. Naye abo abakiriza nebakola ebikolwa ebirungi, kale alibasasula empeera yaabwe mu bujjuvu. Era Allah tayagala boononyi

59. Ebyo bye tukusomera by’ebimu ku bubonero n’okujjukiza okw’amagezi.

60. Mazima embeera ya ‘Isa eri Allah efaananira ddala n’eya Adamu. Yamutonda mu ttaka, n’oluvannyuma n’amugamba nti: Ba! kale n’aba.

61. *Gano ge* mazima agavudde eri Mukama wo, kale tobeera mw’abo ababuusabuusa.

62. Kale oyo alikuwakanya ku ye nga omaze okutuukibwako okumanya, kale gamba nti: Mujje, tuyite abaana baffe n’abaana bammwe, n’abakyala baffe ne bakyala bammwe, n’abantu baffe n’abantu bammwe; n’oluvannyuma tusabe n’obumalirivu; kale tusse ekikolimo kya Allah kw’abo abalimba.

63. Mazima kuno kwe kunnyonnyola okw’amazima. Era tewali musinzibwa mulala okuggyako Allah. Era ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

64. Naye bwe beekyusanga, kale ddala Allah abatabuzitabuzi abamanyi bulungi.

Ruku 7

65. Gamba nti: Abange abantu b’Ekitabo, mujje eri ekigambo eky’enkamunkamu wakati waffe nammwe: Nti tuleme kusinza yenna okuggyako Allah, era tuleme kumwenkanya ne kyonna, era abamu mu ffe baleme kufuula balala bakatonda ebbali wa Allah.

الَّذِينَ كَفَرُوا إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ ثُمَّ لِي
مَرْجِعُكُمْ فَأَحْكُمُ بَيْنَكُمْ فِيمَا كُنْتُمْ
فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿٥٧﴾

فَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا فَأَعَذِّبُهُمْ عَذَابًا
شَدِيدًا فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَمَا لَهُمْ
مِنْ نَصْرِينَ ﴿٥٧﴾

وَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
فَيُوقِفُهُمْ أَجُورُهُمْ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ
الظَّالِمِينَ ﴿٥٨﴾

ذَلِكَ نَتْلُوهُ عَلَيْكَ مِنَ الْآيَاتِ وَالذِّكْرِ
الْحَكِيمِ ﴿٥٩﴾

إِنَّ مَثَلَ عِيسَى عِنْدَ اللَّهِ كَمَثَلِ آدَمَ
خَلَقَهُ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ قَالَ لَهُ كُنْ
فَيَكُونُ ﴿٦٠﴾

الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ فَلَا تَكُن مِّنَ
الْمُتَرَدِّينَ ﴿٦١﴾

فَمَنْ حَاجَّكَ فِيهِ مِن بَعْدِ مَا جَاءَكَ مِنَ
الْحِلْمِ فَقُلْ تَعَالَوْا نَدْعُ آبَاءَنَا وَ
آبَاءَكُمْ وَنَسَاءَنَا وَنَسَاءَكُمْ وَأَنْفُسَنَا
وَأَنْفُسَكُمْ ثُمَّ تَبَتُّهُمْ فَاجْعَلْ لَّعْنَتَ
اللَّهِ عَلَى الْكَاذِبِينَ ﴿٦٢﴾

إِنَّ هَذَا لَهُوَ الْقَصَصُ الْحَقُّ وَمَا مِن
إِلَهِ إِلَّا اللَّهُ وَإِنَّ اللَّهَ لَهُوَ الْعَزِيزُ
الْحَكِيمُ ﴿٦٣﴾

فَإِن تَوَلَّوْا فَإِنَّ اللَّهَ عَلَيْهِمْ
بِالْمُفْسِدِينَ ﴿٦٤﴾

قُلْ يَا هَلْ أَكْتَبُ تَعَالَوْا إِلَى كَلِمَةٍ
سَوَاءٍ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ أَلَّا نَعْبُدَ إِلَّا
اللَّهَ وَلَا نُشْرِكَ بِهِ شَيْئًا وَلَا يَتَّخِذَ
بَعْضُنَا بَعْضًا أَرْبَابًا مِن دُونِ اللَّهِ

Naye bwe beekyuusanga, olwo mugambe nti: Mubeere bajulizi nti ddala ffe tuli bajeemulukufu.

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقُولُوا اشْهَدُوا بِأَنَّا مُسْلِمُونَ ﴿١٥﴾

66. Abange mmwe abantu b’Ekitabo, lwaki mukaayana ku Ibrāhīmu so nga Taurēti n’Enjiri tebyassibwa wabula luvannyuma lwe? Abaffe, temukozesa magezi ?

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَحَاجُّونَ فِي إِبْرَاهِيمَ وَمَا أُنزِلَتِ التَّورَةُ وَالْإِنْجِيلَ إِلَّا مِنْ بَعْدِهَا أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١٦﴾

67. Kale mmwe muumwo abakaayana kw’ebyo bye mulinako obumanyi. Naye ate lwaki mukaayana ne ku bye mutalina kye mubimanyiiko? Era Allah y’amanyi byonna, naye mmwe temumanyi.

هَآأَنْتُمْ هُوَ أَذَى مَا جَعَلْتُمْ فِيمَا لَكُمْ بِهِ عِلْمٌ فَلِمَ تُحَاجُّونَ فِيمَا لَيْسَ لَكُمْ بِهِ عِلْمٌ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿١٧﴾

68. Ibrāhīmu teyali Muyudaaya wadde Omukulisitaayo, naye yali mwesimbu nga yeewaayo yenna *eri Allah* era teyali mw’abo abenkanya Allah n’ebirala.

مَا كَانَ إِبْرَاهِيمُ يَهُودِيًّا وَلَا نَصْرَانِيًّا وَلَكِنْ كَانَ حَنِيفًا مُسْلِمًا وَمَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٨﴾

69. Mazima abantu abasinga okuba ku lusegere lwa Ibrāhīmu be bo abaamugoberera, ne Nabbi ono, n’abo abakkiriza. Era Allah ye Mukwano gw’abakkiriza.

إِنَّ أَوْلَى النَّاسِ بِإِبْرَاهِيمَ لَلَّذِينَ اتَّبَعُوهُ وَهَذَا النَّبِيُّ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَاللَّهُ وَلِيُّ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٩﴾

70. Era ekibiina ekimu mu bantu b’Ebitabo beegomba nti singa bababuzizza; naye tebabuza *mulala* wabula beebuza bokka, naye tebategeera.

وَدَّثَ ظَاهِقَةً مِنَ أَهْلِ الْكِتَابِ لَوْ يَضِلُّوكُمْ وَمَا يُضِلُّونَ إِلَّا أَنْفُسَهُمْ وَمَا يَشْعُرُونَ ﴿٢٠﴾

71. Abange mmwe abantu b’Ekitabo, lwaki mugaana obubonero bwa Allah ng’ate mmwe bajulizi *ku bwo?*

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَكْفُرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَأَنْتُمْ تَشْهَدُونَ ﴿٢١﴾

72. Abange mmwe abantu b’Ekitabo, lwaki mutabikatabika amazima n’obulimba nemukweeka amazima ng’ate mumanyi?

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَلْبِسُونَ الْحَقَّ بِالْبَاطِلِ وَتَكْتُمُونَ الْحَقَّ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٢﴾

Ruku 8

73. Era ekibiina ekimu mu bantu b’Ekitabo kyagamba nti: Mukkirize ebyo ebyassibwa kw’abo abakkiriza mu matandikwa g’emisana, ate mugaane ku nkomerero yaago; osanga balikomawo;

وَقَالَتْ ظَاهِقَةً مِنَ أَهْلِ الْكِتَابِ آمَنُوا بِالَّذِي أُنزِلَ عَلَيَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَجَهَ النَّهَارِ وَكَفَرُوا آخِرَهُ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٢٣﴾

74. Era temukkirizanga yenna okuggyako oyo agoberera eddiini yammwe. *Owange ggwe Nabbi*, gamba nti: Mazima obulung’amu

وَلَا تَأْمِنُوا إِلَّا لِمَنْ تَبِعَ دِينَكُمْ قُلْ إِنَّ الْهُدَى هُدَى اللَّهِ أَن يُؤْتَى

obutuufu bwe bulung'amu obwa Allah Oyo akola nga bw'aba asiimye. Ekyalibadde ekituufu, mmwe kukkiriza nti n'abalala nabo basaanye okuwebwa enjigiriza okufaanana nga mmwe bwe mwaweebwa olubereberye. Bwe kitaba bwe kityo, olwo munanye nti baba bajja kuba batuufu okukaayana nammwe mu maaso ga Mukama wammwe nti bo tebaaweebwa njigiriza. Gamba nti: Emikisa gyonna giri mu mukono gwa Allah, agigabira oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa buli kimu.*

75. Alondera okusaasira kwe oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Nannyini mikisa emisukkirivu.

76. Era mu bantu b'Ekitabo, mulimu oyo gw'oteresa emitwalo n'agikuddiza. Ate era mu bo mulimu n'oyo gw'oteresa lupiiya emu n'atagikuddiza, okuggyako nga oluddewo nga omwesimbyeko. Ekyo lwa kubanga bagamba nti: Tetunenyezebwa kw'abo abatali bayigirize; era boogera ne ku Allah eby'obulimba nga bamanyi.

77. Ddala oyo atuukiriza endagaano ye era neyeekuuma, kale ddala Allah ayagala nnyo abeekuumi.

78. Mazima abo abawaanyisa endagaano ya Allah n'ebirayiro byabwe mu muwendo omutono tebaliba na mugabo gwonna ku nkomerero, ne Allah talyogera nabo wadde talitunula gye bali ku lunaku lw'okuzuukira, era talibatukuza; era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

79. Era ddala mu bo mulimu abamu abanyoola ennimi zaabwe nga basoma Ekitabo, mmwe mulyooke mubibale nti bigambo bya mu Kitabo, so nga byo si bya mu Kitabo. Era nebagamba nti: Ebyo byava eri Allah, so nga tebyava eri Allah; era boogera ku Allah eby'obulimba nga bamanyi.

أَحَدٌ مِّثْلَ مَا أُذُنَيْتُمْ أَوْ يُعَاجِزُكُمْ
عِنْدَ رَبِّكُمْ قُلْ إِنَّ الْفَضْلَ بِيَدِ اللَّهِ
يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٧٥﴾

يَخْتَصُّ بِرَحْمَتِهِ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ
ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٧٥﴾
وَمِنَ أَهْلِ الْكِتَابِ مَن إِن تَأْمَنهُ بِقِنطَارٍ
يُؤَدِّهِ إِلَيْكَ وَمِنْهُمْ مَن إِن تَأْمَنهُ
بِدينَارٍ لَّا يُؤَدِّهِ إِلَيْكَ إِلَّا مَا دُمْتَ
عَلَيْهِ قَائِمًا ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا
لَيْسَ عَلَيْنَا فِي الْأُمُورِ سَبِيلٌ وَذ
يَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ الْكُذِبَ وَهُمْ
يَعْلَمُونَ ﴿٧٦﴾

بَلَى مَن أَوْفَى بِعَهْدِهِ وَاتَّقَى فَإِنَّ اللَّهَ
يُحِبُّ الْمُتَّقِينَ ﴿٧٧﴾
إِنَّ الَّذِينَ يَشْتَرُونَ بِعَهْدِ اللَّهِ
وَأَيْمَانِهِمْ ثَمَنًا قَلِيلًا أُولَئِكَ لَا
خَلَاقَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ وَلَا يُكَلِّمُهُمُ
اللَّهُ وَلَا يَنْظُرُ إِلَيْهِمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
وَلَا يُزَكِّيهِمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٧٨﴾
وَأَنَّ مِنْهُمْ لَفِرًا يَقُولُونَ أَسْنَتَهُمْ
بِالْكِتَابِ لِيَتَحَسَّبُوهُ مِنَ الْكِتَابِ وَ
مَا هُوَ مِنَ الْكِتَابِ وَذَقُوا لَوْنَهُ هُوَ
مِنَ عِنْدِ اللَّهِ وَمَا هُوَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ
وَ يَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ الْكُذِبَ وَهُمْ
يَعْلَمُونَ ﴿٧٩﴾

3:74: Kino kiraga nti Abayudaaya tebaalina kibakaayanya na Nabbi Omutukavu (s.a.w) kubanga bye yaweebwa by'ali tebiri ng'ebyo bye baaweebwa. Abasiraamu baba butaweebwa njigiriza okuva eri Allah, baalikaayanye nti Allah yeekubira eri bantu ba Kitabo. N'olwekyo, Abayudaaya okwekwasa obutafaanagana bw'enjigiriza zombi, si kituufu.

80. Tekibangawo eri omuntu yenna Allah okumuwa Ekitabo n'ebyamagezi n'obwa Nabbi, oluvannyuma ate n'agamba abantu nti: Mubeere basinza bange mu kifo kya Allah; wabula abagamba nti: Mubeere baweereza ba Allah abeesimbu gy'ali kubanga mmwe muyigiriza Ekitabo era kubanga mmwe mukisoma.

مَا كَانَ لِبَشَرٍ أَنْ يُؤْتِيَهُ اللَّهُ
الْكِتَابَ وَالْحِكْمَ وَالنُّبُوَّةَ ثُمَّ يَقُولَ
لِلنَّاسِ كُونُوا عِبَادًا لِي مِنْ دُونِ اللَّهِ
وَالَّذِينَ كُونُوا رَبَّازِينَ بِمَا كُنْتُمْ
تَعْلَمُونَ الْكِتَابَ وَبِمَا كُنْتُمْ
تَدْرُسُونَ ﴿٨٠﴾

81. Era tayinza kubalagira nti: Mutwale ba malayika ne ba Nabbi nti be bakatonda. Abaffe, ayinza okubalagira obutakkiriza ng'ate mumaze okuba abajeemulukufu?

وَلَا يَأْمُرُكُمْ أَنْ تَتَّخِذُوا الْمَلَائِكَةَ
وَالنَّبِيِّينَ أَرْبَابًا أَيَأْمُرُكُمْ بِالْكُفْرِ
بَعْدَ إِذْ أَنْتُمْ مُسْلِمُونَ ﴿٨١﴾

Ruku 9

82. Era Mujjukire nga Allah bwe yatwaala endagaano ne ba Nabbi ku lw'abantu bonna nti buli lwe nnaabawanga Ekitabo n'eb'y'amagezi, oluvannyuma munajjirwanga Omutumé ow'okukakasa ebyo bye muli nabyo, kale muteekwa okumukkiriza era mutekwa okumuyamba. N'agamba nti: Mukkirizza era munaakwata endagaano yange ku kyo? Baddamu nti: Tukkirizza. N'agamba nti: Kale mubeere bajulizi, nange ndi wamu nammwe mu bajulizi .

وَإِذْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ النَّبِيِّينَ
لَمَا آتَيْتُكُمْ مِنْ بَيْنِ يَدَيْكُمْ وَأَنْتُمْ
تُمْ كَافِرُونَ ثُمَّ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مِمَّا
مَعَكُمْ لَتُؤْمِنُنَّ بِهِ وَكَتَبْتُ لَهُتَهُ قَوْلًا
بِأَفْرَاقٍ ثُمَّ أَخَذْتُمْ عَلَىٰ ذَٰلِكُمْ أُصْرِي
قَالُوا أَأَفْرَقْنَا قَالَ فَأَشْهَدُوا أَنَا
مَعَكُمْ مِنَ الشَّاهِدِينَ ﴿٨٢﴾

83. Kale oyo alyekyuusa oluvannyuma lw'ekyo, kale abo be bajeemu.

فَمَنْ تَوَلَّىٰ بَعْدَ ذَٰلِكَ فَأُولَٰئِكَ هُمُ
الْفَاسِقُونَ ﴿٨٣﴾

84. Abaffe, bo eddiini etali ya Allah gye baagala, so nga bonna abali mu ggulu ne mu nsi Ye gwe bajeemulukukira mu kweyagalira ne mu buteyagalira era gy'ali gye balizzibwa?

أَفْخَيْرِدِينَ اللَّهُ يَبْغُونَ وَلَهُ أَسْلَمَ
مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ طَوْعًا
وَكَرْهًا وَإِلَيْهِ يُرْجَعُونَ ﴿٨٤﴾

85. Gamba nti: Tukkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa ku ffe n'eb'yassibwa ku Ibrahimu ne Isimaili ne Isihaka ne Ya'qubu n'abazzukulu, n'ebyo ebyaweebwa Musa ne 'Isa ne ba Nabbi nga biva eri Mukama waabwe. Ffe tetusosola yenna wakati mu bo, era twewaddeyo gy'ali.

قُلْ أَمَّا بِسْمِ اللَّهِ وَمَا أُنزِلَ عَلَيْكَ وَمَا
أُنزِلَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ وَإِسْمَاعِيلَ
وَإِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَالْأَسْبَاطِ وَمَا
أُوتِيَ مُوسَىٰ وَعِيسَىٰ وَالتَّيِّبُونَ مِنْ
رَبِّهِمْ سَلَا نُفِرِّقُ بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ
وَرَبِّهِمْ لَعَلَّكُمْ تُسْلَمُونَ ﴿٨٥﴾

86. Era oyo anoonya eddiini endala etali ya Busiraamu, terimukkirizibwako; era oyo ne ku nkomerero aliba mw'abo abalifaafaaganirwa.

وَمَنْ يَبْتَغِ غَيْرَ الْإِسْلَامِ دِينًا فَلَنْ
يُقْبَلَ مِنْهُ وَهُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ
الْخَاسِرِينَ ﴿٨٦﴾

87. Kale Allah alung'amyeye atya abantu aberema oluvannyuma lw'okukkiriza kwabwe n'okukakasa nti ddala Mutume wa mazima era nebatuukwako n'obukakafu obw'olwaatu? Era Allah talung'amyeya bantu bakozi ba bibi.

كَيْفَ يَهْدِي اللَّهُ قَوْمًا كَفَرُوا بَعْدَ
إِيمَانِهِمْ وَشَهِدُوا أَنَّ الرَّسُولَ
حَقٌّ وَجَاءَهُمُ الْبَيِّنَاتُ ۗ وَاللَّهُ لَا
يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٨٧﴾

88. Abo nno empeera yaabwe eri nti ddala be balibaako ekikolimo kya Allah n'ekya ba malayika n'ekyabantu bonna.

أُولَئِكَ جَزَاءُ الَّذِينَ كَانُوا عَلَىٰ
اللَّهِ وَرُسُلِهِ كَافِرِينَ ﴿٨٨﴾

89. Omwo mwe balibeera. Tebalikendeereze-bwa ku kibonerezo wadde tebaliweebwa kaagaanya;

خَلِدُوا فِيهَا ۗ لَّا يُخَفَّفُ عَنْهُمُ
العَذَابُ وَلَا هُمْ يُنظَرُونَ ﴿٨٩﴾

90. Okuggyako abo abalibonerera oluvannyuma lw'ebyo era ne batereerera ddala. Kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا مِن بَعْدِ ذَلِكَ وَ
أَصْلَحُوا ۗ إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿٩٠﴾

91. Mazima abo aberema oluvannyuma lw'okukkiriza kwabwe nate nebeeyongera mu kwerema, okwenenya kwabwe tekulikkirizibwa era abo be babuze.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بَعْدَ إِيمَانِهِمْ
ثُمَّ آذُوا دُونَهُمْ لَن نُّقَبِّلَ تَوْبَتَهُمْ ۗ
وَأُولَئِكَ هُمُ الضَّالُّونَ ﴿٩١﴾

92. Mazima abo abatakkiriza era ne bafa nga beeremye, kale yenna mu bo ne bw'alyenunula ne zaabu ejjuza ensi yonna, tekirimuggyibwako. Abo be balina ekibonerezo ekirumya era tebaliba na bayambi.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَمَاتُوا وَهُمْ كُفَّارًا
فَلَن يُقَبَّلَ مِنْ أَحَدِهِمْ مَلَأُ الْأَرْضَ
ذَهَبًا وَلَوْ افْتَدَىٰ بِهِ ۗ أُولَئِكَ لَهُمْ
عَذَابٌ أَلِيمٌ ۗ وَمَا لَهُمْ مِّن نَّاصِرِينَ ﴿٩٢﴾

Ruku 10 Juzu 4

93. Temuyinza kufuna butuukirivu okutuusa lwe mulitoola kw'ebyo bye mwagala. Era kyonna kye mutoola, mazima Allah akimanya.

لَوْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ۗ لَسَّاتُ الْبُيُوتُ
مَمَّاتٌ حَتَّىٰ تَتَفَقَّهُوا ۗ وَمَا تَتَفَقَّهُوا
عَنِ اللَّهِ بِهِ ۗ عَلَيْهِمْ ﴿٩٣﴾

94. Eby'okulya byonna byali bikkirizibwa eri abaana ba Isirairi, okuggyako ebyo Isirairi bye yeziza ku lulwe olubereberye nga Taurēti tennassibwa. Gamba nti: Kale muleete Taurēti mugisome, obanga muli ba mazima.

حُلِّ الطَّعَامِ كَانَ جَلًا لِّبَنِي
إِسْرَائِيلَ ۗ يَدُلُّ مَا حَرَّمَ إِسْرَائِيلَ
عَلَىٰ نَفْسِهِ ۗ مِن قَبْلِ أَن تُنزَلَ
التَّوْرَةُ ۗ قُلْ فَأْتُوا بِالتَّوْرَةِ
فَاتْلُوهَا ۗ إِنَّ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٩٤﴾

95. Kale oyo akonjera Allah eby'obulimba oluvannyuma lw'ekyo, kale abo be boononyi.

فَمِنَ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ الكَذِبَ مِن بَعْدِ
ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٩٥﴾

96. Gamba nti: Allah ayogedde mazima. Kale mugoberere eddiini ya Ibrāhimu omwesimbu era teyali mw’abo abenkanya Allah n’ebirala.

قُلْ صَدَقَ اللَّهُ فَاتَّبِعُوا مِلَّةَ
إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَ مَا كَانَ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ﴿٩٦﴾

97. Mazima Ennyumba eyasookera ddala okuteekebwawo ku lw’abantu okusinzizaamu y’eye Bakka*, ey’emikisa n’obulung’amu olw’abantu bonna.

إِنَّ أَوَّلَ بَيْتٍ وُضِعَ لِلنَّاسِ لَلَّذِي
بِبَكَّةَ مُبْرَكًا وَهُدًى لِلْعَالَمِينَ ﴿٩٧﴾

98. Erimu obubonero obw’olwaatu; ky’ekifo kya Ibrāhimu, era buli agyingiramu aba mirembe. Era okukola Hijja eri Ennyumba ya Allah ku lwa Allah kwalaalikibwa ku bantu abo abasobola ekkubo erituuka gy’eri. Naye oyo agaana, amanye nti ddala Allah si mwetaavu eri bitonde.

فِيهِ آيَاتٌ بَيِّنَاتٌ مِّمَّا رِوَاةُ إِبْرَاهِيمَ وَ
مَنْ دَخَلَهُ كَانَ آمِنًا وَرَبُّهُ عَلَى النَّاسِ
حَجْرَ الْبَيْتِ مَنِ اسْتِطَاعَ إِلَيْهِ سَبِيلًا
وَ مَنْ كَفَرَ فَإِنَّ اللَّهَ غَنِيٌّ عَنِ
الْعَالَمِينَ ﴿٩٨﴾

99. Gamba nti: Abange mmwe abantu b’Ekitabo, lwaki mugaana obubonero bwa Allah ng’ate Allah Mujulizi kw’ebyo bye mukola?

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَكْفُرُونَ
بِآيَاتِ اللَّهِ وَ اللَّهُ شَهِيدٌ عَلَى مَا
تَعْمَلُونَ ﴿٩٩﴾

100. Gamba nti: Abange mmwe abantu b’Ekitabo, lwaki muziyiza abo abakkiriza ku kkubo lya Allah nga mulyagaliza libeere kkyaamu, so nga mmwe bajulizi ku lyo? Naye Allah si mugayaalirivu kw’ebyo bye mukola.

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لِمَ تَصَدُّونَ عَنِ
سَبِيلِ اللَّهِ مَنِ آمَنَ تَبِعُونَهَا
عَوجًا وَ أَنْتُمْ شُهَدَاءُ وَ مَا اللَّهُ
بِغَافِلٍ عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿١٠٠﴾

101. Abange mmwe abakkiriza, bwe munaagondera ekibiina kyonna mw’abo abaawcebwa Ekitabo, baja kubazzaayo mu butakkiriza oluvannyuma lw’okukkiriza kwammwe.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَطِيعُوا
فَرِيقًا مِنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ
يَرُدُّوكُمْ بَعْدَ إِيمَانِكُمْ كُفْرِينَ ﴿١٠١﴾

102. Ye muyinza mutya okwerema ng’ate musomerwa Aya za Allah ate nga ne Mutume we ali mu mmwe? Naye oyo anywerera ku Allah, ddala aba amaze okulung’amizibwa eri ekkubo eggolokofu.

وَ كَيْفَ تَكْفُرُونَ وَ أَنْتُمْ تُثَلِّ
عَلَيْكُمْ آيَاتِ اللَّهِ وَ فِيكُمْ رَسُولُهُ
وَ مَنْ يَعْتَصِمْ بِاللَّهِ فَقَدْ هُدِيَ إِلَى
صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٠٢﴾

Ruku 11

103. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah mu kutiibwa kwe okw’amazima era temufanga wabula nga muli abeewaddeyo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ حَقَّ
تَقَاتِهِ وَ لَا تَمُوتُنَّ إِلَّا وَ أَنْتُمْ
مُسْلِمُونَ ﴿١٠٣﴾

104. Era mwenna munywerere ku muguwa gwa Allah, era temwawukanayawukananga;

وَ اعْتَصِمُوا بِحَبْلِ اللَّهِ جَمِيعًا وَ لَا

3:97. Ekiwonvu ky’e Makka.

era mujjukire enneema ya Allah eri ku mmwe awo bwe mwali abalabe n'abalabe, kale n'aleeta okwagalana mu mitima gyammwe, olw'ekisa kye nemufuuka ab'oluganda. Era mwali na ku ndeboolebo y'olunnya lw'omuliro, naye n'alubawonya. Bw'atyo nno Allah bw'abooleka akaati okulabula kwe, mulyooke mulung'ame.

تَفَرَّقُوا وَإِذْكُرُوا نِعْمَتَ اللَّهِ عَلَيْكُمْ إِذْ كُنْتُمْ أَعْدَاءً فَأَلَّفَ بَيْنَ قُلُوبِكُمْ فَأَصْبَحْتُمْ بِنِعْمَتِهِ إِخْوَانًا وَكُنْتُمْ عَلَى شَفَا حُفْرَةٍ مِنَ النَّارِ فَأَنْقَذَكُمْ مِنْهَا كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿١٠٥﴾

105. Era wasaana wabeerewo ekibiina mu mmwe ekikoowoolera eri okukola obulungi, nga bakubiriza ebituufu nebaziyyiza n'ebitasaana. Era abo be b'okuganyulwa.

وَلْتَكُنْ مِنْكُمْ أُمَّةٌ يَدْعُونَ إِلَى الْخَيْرِ وَيَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٠٥﴾

106. Era temubeeranga ng'abo abaayawukanayawukana nebatabukatabuka oluvannyuma nga bamaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu. Era abo be balifuna ekibonerezo ekisuffu,

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ تَفَرَّقُوا وَاخْتَلَفُوا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْبَيِّنَاتُ، وَأُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٠٦﴾

107. Olunaku obwenyi obumu lwe buliba obweru, n'obwenyi *obulala* ne buba buddugavu. Kale abo obwenyi bwabwe obuliba obuddugavu, *baligambibwa nti*: Abaffe, mmwe mwerema oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe? Kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwali mutakkiriza.

يَوْمَ تَبْيَضُّ وُجُوهٌ وَتَسْوَدُّ وُجُوهٌ فَأَمَّا الَّذِينَ اسْوَدَّتْ وُجُوهُهُمْ أَكْفَرْتُمْ بَعْدَ آيْمَانِكُمْ فَذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿١٠٧﴾

108. Naye abo abalyeruka obwenyi bwabwe, kale be baliba mu kusaasira kwa Allah; bo omwo mwe balibeera.

وَأَمَّا الَّذِينَ ابْيَضَّتْ وُجُوهُهُمْ فَفِي رَحْمَةِ اللَّهِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١٠٨﴾

109. Obwo bwe bubonero bwa Allah bwe tukusomera mu mazima. Era Allah tayagala kulyazaamaanya bitonde *bye*.

ذَلِكَ آيَاتُ اللَّهِ تَنْتَوَاهَا عَلَيْكَ بِالْحَقِّ، وَمَا اللَّهُ يُرِيدُ ظَلْمًا لِّلْعَالَمِينَ ﴿١٠٩﴾

110. Era ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bya Allah, era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

وَلِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ، وَاِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْاُمُورُ ﴿١١٠﴾

Ruku 12

111. Muli ekibiina ekisinga byonna obulungi ekyaggyibwayo ku lw'abantu bonna; mukubirizenga ebirungi era muziyizenga ebitasaana era mukkirize Allah. Era singa abantu b'Ekitabo bakkiriza, kye kyaalisinze obulungi gye bali. Mu bo mulimu abakkiriza, naye abasinga obungi mu bo bajeemu.

كُنْتُمْ خَيْرَ أُمَّةٍ أُخْرِجَتْ لِلنَّاسِ تَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَتَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَتُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ، وَلَوْ آمَنَ أَهْلُ الْكِتَابِ لَكَانَ خَيْرًا لَهُمْ، مِنْهُمْ الْمُؤْمِنُونَ وَأَكْثَرُهُمُ الْفٰسِقُونَ ﴿١١١﴾

112. Tebayinza kubakola kabi, okuggyako okubalumyamu akatono. Ate ne bwe

لَنْ يَصْرُوكُمْ اِلَّا اَذَى، وَاِنْ

balirwana nammwe, balibalaga enkoona. N’oluvannyuma tebaliyambibwa.

يُقَاتِلُوا كَمَا يُؤَلُّوكُمْ أَلَا بَارَأْتُمْ أَهْلَ
يُضَرُّونَ ﴿١١٣﴾

113. Balikubwako obunyoomoofu buli wonna webalisangibwa, okuggyako nga bafunye okukuumibwa okuva eri Allah oba okukuumibwa okuva eri abantu. Era beereetera obusungu obuva eri Allah nebakubwako obwavu. Ekyo lwa kubanga bagaananga okulabula kwa Allah era baagezaako n’okutta ba Nabbi awatali nsonga. Ekyo lwa kubanga baajeema era baabuukanga ensalo.

ضُرِبَتْ عَلَيْهِمُ الذِّلَّةُ أَيْنَ مَا تَشَاءُوا
إِلَّا يَحِبُّ مِنَ اللَّهِ وَحَبْلٌ مِنَ النَّاسِ وَ
بَاءٌ وَيُغَضِّبُ مِنَ اللَّهِ وَضُرِبَتْ عَلَيْهِمُ
الْمَسْكَنَةُ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَانُوا
يَكْفُرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَيَقْتُلُونَ
الْأَنْبِيَاءَ بِغَيْرِ حَقِّ ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا
وَكَانُوا يَعْتَدُونَ ﴿١١٣﴾

114. Bonna tebenkanankana. Mu bantu b’Ekitabo mulimu ekibiina ekyesimbu *ku ndagaano*, abasoma Aya za Allah mu biseera by’ekiro era nebavuunama eri Allah.

لَيْسُوا سَوَاءً مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ أُمَّةٌ
قَائِمَةٌ يَتَّبِعُونَ آيَاتِ اللَّهِ أَنَاءَ اللَّيْلِ وَ
هُمْ يَسْجُدُونَ ﴿١١٤﴾

115. Bakkiriza Allah n’olunaku lw’enkome- rero era bakubiriza ebirungi ne baziyiza n’ebitasaana era bavuganya mu *kukola* ebirungi. Era abo be bali mu batuukirivu.

يَوْمَئِذٍ يَخْلَعُ اللَّهُ وَ الْيَوْمِ الْآخِرِ وَ
يَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَيَنْهَوْنَ عَنِ
الْمُنْكَرِ وَيُسَارِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ وَأُولَئِكَ
مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١١٥﴾

116. Era ekirungi kyonna kye bakola, *kale empeera ya kyo* teribammibwa; era abeekuumi Allah abamanyi bulungi.

وَمَا يَفْعَلُوا مِنْ خَيْرٍ فَلَنْ يُكْفَرُوا بِهِ وَ
اللَّهُ عَلِيمٌ بِالْمُتَّقِينَ ﴿١١٦﴾

117. Mazima abo abatakkiriza, eby’obugagga bwabwe wadde abaana baabwe tebiribagasa n’akatono ku Allah. Era abo be bantu b’omu muliro, b’omu gwo mwe balibeera.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ تُغْنِي عَنْهُمْ
أَمْوَالُهُمْ وَآلُؤَادُهُمْ مِنَ اللَّهِ
شَيْئًا وَأُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ
فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١١٧﴾

118. Enfaanana y’ebyo bye basaasanya mu bulamu bw’ensi buno, eringa kibuyaga alimu obutiti akubye ennimiro y’abantu aberyazaamanya, n’agizikiriza. Naye Allah teyabalyazaamaanya, wabula beeryazaamaanya bokka.

مَثَلُ مَا يُنْفِقُونَ فِي هَذِهِ الْحَيَاةِ
الدُّنْيَا كَمَثَلِ رِيحٍ فِيهَا صِرٌّ
أَصَابَتْ حَرْثَ قَوْمٍ ظَلَمُوا
أَنْفُسَهُمْ فَأَهْلَكَتْهُ وَمَا ظَلَمَهُمُ
اللَّهُ وَلَٰكِنْ أَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿١١٨﴾

119. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga atali wammwe okuba ow’emmizi; kuba tebalirema kubafiiriza. Anti baagala nnyo mubeere mu mitawaana. Ddala obukyayi

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا بَطَانَتَهُ
مِنْ دُونِكُمْ لَا يَأْمُرُكُمْ خُبْرًا وَلَا دُونًا
مَا عَنِتُّمْ قَدْ بَدَتِ الْبَغْضَاءُ مِنْ

bumaze okweraga nga buva mu bumwa bwabwe, naye emitima gyabwe bye gikweese, by'ebisinga obunene. Mazima tubannyonyodde kaati okulabula, bwe munaaba nga muli bategeevu.

120. Mutegeere, ddala mmwe mubaagala naye bo tebabaagala. Era mmwe mukkiriza Ekitabo kyonna. Naye bwe basisinkana nammwe, bagamba nti: Tukkiriza. Naye bwe baba bokka, babalumira ngalo olw'essungu *lye balina*. Gamba nti: Mufe n'essungu lyammwe. Mazima Allah amanyi bulungi ebiri mu bifuba.

121. Kale mmwe bwe mutuukibwako ekirungi, kibanakuwaza; naye bwe mutuukibwako ekibi, bakisanyukira. Naye bwe munaagumiikiriza nemwekuuma, enkwe zaabwe tezija kubalumya n'akatono. Mazima bwe bakola Allah abyetoolodde.

Ruku 13

122. Era *jjukira* nga bwe wafuluma ku nkya okuva eri ab'ewuwo otegeke abakkiriza mu bifo eby'okulwaniramu. Era Allah awulira byonna, amanyi byonna.

123. Era *jjukira* ebibiina ebibiri mu mmwe bwe byamalirira okutiitiira, so nga Allah ye Mukuumi wa byo byombi. Era abakkiriza beesige Allah yekka.

124. Era ddala Allah y'eyabayamba mu *lutalo* lwe Badr nga muli banafu. Kale mutye Allah mulyooke mwebaze.

125. Awo bwe wagamba abakkiriza nti: Abaffe, tekiibamale singa Mukama wammwe anaabadduukirira ne ba malayika enkumi ssatu abanassibwa?

126. Ddala bwe munaagumiikiriza era nemwekuuma, *abalabe* ne babatuukako mu bwangu bwabwe, Mukama wammwe ajja kubadduukirira ne bamalayika enkumi taano abalumbisa elyaanyi.

أَفَوَاهِهِمْ ۖ وَمَا تُخْفِي صُدُورُهُمْ
أَكْبَرُ قَدْ بَيَّنَّا لَكُمُ الْآيَاتِ إِنْ كُنْتُمْ
تَعْقِلُونَ ﴿١١٩﴾

هَآأَنْتُمْ أَوْلَآءُ تُحِبُّونَهُمْ وَلَا يُحِبُّونَكُمُ
وَتُؤْمِنُونَ بِالْكِتَابِ كُلِّهِ وَإِذَآ الْقَوْمُ
قَالُوا أَمَّا كُفٌّ وَإِذَآ أَخْلَوْآ عَصُوا عَلَيْكُمْ
الْأَتَا مِلَ مِنْ الْغَيْظِ قُلْ مُؤْتُوا
بِغَيْظِكُمْ إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِذَاتِ
الصُّدُورِ ﴿١٢٠﴾

إِنْ تَمْسَسْكُمْ حَسَنَةٌ تَسُؤْهُمْ وَإِنْ
تُصِبْكُمْ سَيِّئَةٌ يَفْرَحُوا بِهَا وَإِنْ
تَضُرُّوْآ وَتَنْفَعُوْآ لَا يَضُرُّكُمْ
كَيْدُهُمْ شَيْئًا إِنَّ اللَّهَ بِمَا يَعْمَلُونَ
مُحِيطٌ ﴿١٢١﴾

وَإِذَآ عَدَوْتَ مِنْ أَهْلِكَ تُبَوِّئُ
الْمُؤْمِنِينَ مَقَاعِدَ لِلْقِتَالِ وَاللَّهُ
سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿١٢٢﴾

إِذْ هَمَّتْ طَّآئِفَتَانِ مِنْكُمْ أَنْ تَفْشَلَا
وَاللَّهُ وَلِيُّهُمَا وَ عَلَى اللَّهِ
فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٢٣﴾

وَلَقَدْ تَصَرَّكُمُ اللَّهُ بِبَدْرٍ وَ أَنْتُمْ
آذِلَّةٌ فَاتَّقُوا اللَّهَ لَعَلَّكُمْ
تَشْكُرُونَ ﴿١٢٤﴾

إِذْ تَقُولُ لِلْمُؤْمِنِينَ أَلَنْ يَكْفِيَكُمْ
أَنْ يُمِدَّ كُمْ رَبُّكُمْ بِثَلَاثَةِ آفَافٍ مِنَ
الْمَلَآئِكَةِ مُنْزَلِينَ ﴿١٢٥﴾

بَلَى إِنْ تَصْبِرُوا وَتَتَّقُوا وَيَأْتُوكُمْ
مِّن فُورِهِمْ هَآءِ يَمْدُدْكُمْ رَبُّكُمْ
بِخَمْسَةِ آفَافٍ مِنَ الْمَلَآئِكَةِ
مُسَوِّمِينَ ﴿١٢٦﴾

127. Era Allah teyakikola wabula Iwa kubawa mawulire ag'essanyu, n'emitima gyammwe giryooke gimatire ku Iwa go. Era tewali buyambi *walala* okuggyako okuva eri Allah Luwangula, Omugezi ennyo.

128. *Ekyo yakikola* alyooke akutule ekitundu kw'abo abatakiriza oba abaswaaze, kale baddeyo nga balemeredwa.

129. Ggwe ensonga *eno* tekukwatako n'akatono: Oba Allah anaabadiramu oba anababonereza, ddala bo bakozi ba bibi.

130. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Asonyiwa oyo gw'aba asiimye, n'abonereza oyo gw'aba asalidde. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

Ruku 14

131. Abange mmwe abakkiriza, temulyanga enkizo *olw'*okuzimbulukusa *emmaali yammwe*; era mutye Allah mulyooke muganyulwe.

132. Era mutye omuliro ogwo ogwategerwa abeerema.

133. Era mugondere Allah ne Mutume, mulyooke musaasirwe.

134. Era muvuganye mu kusaba okusonyiyibwa okuva eri Mukama wammwe n'e Janna eyo obugazi bwa yo obubuna eggulu n'ensi, eyategerkerwa abatya Allah —

135. Abo abatoolera mu ddembe ne mu buzibu, n'abo abafuga obusungu n'abasonyiwa abantu; era Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi;

136. N'abo ababa nga bakoze ebyambyoone oba nga beryazaamaanyizza, nebajjukira *mangu* Allah; kale nebasaba okusonyiyibwa ebibi byabwe — y'ate ani asonyiwa ebibi okuggyako Allah? Era nga tebagugubira *ku bibi* bye babadde bakola, nga bamanyi *nti bikiyaamu*.

137. Abo empeera yaabwe, kusonyiyibwa okuva eri Mukama waabwe, n'ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo

وَمَا جَعَلَهُ اللَّهُ إِلَّا بُشْرَىٰ لَكُمْ ۖ
لِتَطْمَئِنَّ قُلُوبُكُمْ بِهِ ۗ وَمَا النَّصْرُ
إِلَّا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ﴿١٢٧﴾

لِيَقْطَعَ طَرَقًا مِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَوْ
يَكْتَسِبَهُمْ فَيَنْقَلِبُوا خَائِبِينَ ﴿١٢٨﴾

لَيْسَ لَكَ مِنَ الْأَمْرِ شَيْءٌ أَوْ يَتُوبَ
عَلَيْهِمْ أَوْ يُعَذِّبَهُمْ فَإِنَّهُمْ ظَالِمُونَ ﴿١٢٩﴾

وَرَبِّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ ۗ
يَغْفِرُ لِمَن يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَن يَشَاءُ ۗ وَ
اللَّهُ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٣٠﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَأْكُلُوا
الرِّبَا أضعًا فَاضعًا مَّضَاعَةً ۖ وَاتَّقُوا
اللَّهَ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿١٣١﴾

وَاتَّقُوا النَّارَ الَّتِي أُعِدَّتْ لِلْكَافِرِينَ ﴿١٣٢﴾
وَاطِيعُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ
تُرْحَمُونَ ﴿١٣٣﴾

وَسَارِعُوا إِلَىٰ مَغْفِرَةٍ مِّن رَّبِّكُمْ وَ
جَنَّةٍ عَرْضُهَا السَّمٰوٰتُ وَالْأَرْضُ ۗ
أُعِدَّتْ لِلْمُتَّقِينَ ﴿١٣٤﴾

الَّذِينَ يُنْفِقُونَ فِي السَّرَّاءِ وَالضَّرَّاءِ
وَ الْكُظُمِينَ الْعَظِيمِ وَالْعَافِينَ عَنِ
النَّاسِ ۗ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٣٥﴾

وَالَّذِينَ إِذَا فَعَلُوا فَاحِشَةً أَوْ ظَلَمُوا
أَنفُسَهُمْ ذَكَرُوا اللَّهَ فَاسْتَغْفَرُوا
لِذُنُوبِهِمْ ۖ وَمَن يَغْفِرِ الذُّنُوبَ
إِلَّا اللَّهُ فَذَكَرُوا اللَّهَ فَاسْتَغْفَرُوا
وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿١٣٦﴾

أُولَٰئِكَ جَزَاءُ هُم مَّغْفِرَةٌ مِّن رَّبِّهِمْ
وَجَنَّاتٌ تَجْرِي مِن تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ

mwe balibeera. Era empeera y’abakozi **خَالِدِينَ فِيهَا، وَنَحْمَهُمْ آجُرًا الْعَمِلِينَ** (137) *b’ebirungi* si nnungi ggero!

138. Ddala eby’ okulabirako byamala okuyita olubereberye lwammwe, kale mutambuleko mu nsi mulabe enkomerero y’ abaalimbisa *Ababaka* nga bwe yali. **قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِكُمْ سُنَنٌ ۖ فَايَسِّرُوا فِي الْأَرْضِ فَأَنْظِرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكْرِبِينَ** (138)

139. *Kur’āni* eno kwe kunnyonnyola okw’olwatu eri abantu era bwe bulung’amu era kwe kubuulirira eri abatya Allah. **هَذَا بَيَانٌ لِلنَّاسِ وَهُدًى وَمَوْعِظَةٌ لِّلْمُتَّقِينَ** (139)

140. Era temuddirira era temunakuwala, *kuba* mmwe mujja okuba kungulu; bwe munaaba nga muli bakkiriza. **وَلَا تَهِنُوا وَلَا تَحْزَنُوا ۚ وَأَنْتُمْ الْأَعْلَوْنَ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ** (140)

141. *Mumanye nti* bwe mutuukibwako ekisago, kale ddala n’abantu *abalabe* baba batuukibwako ekisago ekiri ng’ekyo. Era ebiseera ebyo tubyetoolooza bwetoolooza mu bantu, olwo Allah alyooke amanyise abo abakkiriza *abatuufu* era ajje mu mmwe abajulizi. Era Allah tayagala bajoozi. **إِنْ يَمْسَسْكُمْ قَرْحٌ فَقَدْ مَسَّ الْقَوْمَ قَرْحٌ مِّثْلُهُ ۚ وَتِلْكَ الْأَيَاتُ لِرِئَاسِ الَّذِينَ آمَنُوا وَبِئَانُومٍ وَتَنَجُّدٍ مِنْكُمْ شُهَدَاءُ ۚ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ الظَّالِمِينَ** (141)

142. Era Allah *akola ebyo*, alyooke atukuze abo abakkiriza era azikirize abeeremye. **وَلِيْمِحْصِ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا أَوْ يَمْحَقِ الْكُفْرِينَ** (142)

143. Abaffe, mulwoozza nti muliyingira mu Janna nga Allah tamanyisizza abo abanyiikivu mu mmwe n’okumanyisa abo abagumiikiriza? **أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تَدْخُلُوا الْجَنَّةَ وَلَمَّا يَخْلُمِ اللَّهُ الَّذِينَ جَاهَدُوا مِنْكُمْ وَيَخْلُمِ الضَّالِّينَ** (143)

144. Era ddala olubereberye mwali mwesunganga okufa *mufuuke Abajulizi* nga temunnakutuukako; kati *kuukwo* mukulabye, naye mutunula butunuzi. **وَلَقَدْ كُنْتُمْ تَمَتُّونَ الْمَوْتَ مِنْ قَبْلِ أَنْ تُلْقَوُوهَا ۚ فَقَدْ رَأَيْتُمُوهَا وَأَنْتُمْ تَنْظُرُونَ** (144)

Ruku 15

145. Era Muhamad si mulala wabula Mubaka. Ddala n’ Ababaka abaamukulemba baafa. Abaffe, bw’afa oba bw’attibwa, munaakyuukira ku bisinziro byammwe? Naye oyo alikyuukira ku bisinziro bye, talirumya Allah n’ akatono. Era ddala Allah ajja kusasula abo abeebaza. **وَمَا مُحَمَّدٌ إِلَّا رَسُولٌ ۖ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِ الرُّسُلُ ۚ أَفَأَنْتُمْ مَاتَ أَوْ قُتِلَ انْقَلَبْتُمْ عَلَىٰ أَعْقَابِكُمْ ۚ وَمَنْ يَنْقَلِبْ عَلَىٰ عَقْبَيْهِ فَلَنْ يَضُرَّ اللَّهَ شَيْئًا ۚ وَسَيَجْزِي اللَّهُ الشَّاكِرِينَ** (145)

146. Era omuntu tayinza kufa okuggyako nga Allah y’akkirizza — *ekyo kiragiro* ekiriko n’ekiseera ekigere. Era oyo ayagala empeera y’oku nsi, gye tumuwako; n’oyo ayagala empeera y’oku nkomerero, gye tumuwako. Era ddala tulisasula abo abeebaza. **وَمَا كَانَ لِنَفْسٍ أَنْ تَمُوتَ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ ۚ كَتَبْنَا مُوَدَّتَهُ ۚ وَمَنْ يُرِدْ ثَوَابَ الدُّنْيَا نُوِّتْهُ مِنْهَا ۚ وَمَنْ يُرِدْ ثَوَابَ الْآخِرَةِ نُوِّتْهُ مِنْهَا ۚ وَ سَنَجْزِي الشَّاكِرِينَ** (146)

147. Ye ba Nabbi bameka abaalwana nga bali wamu n'abantu ba Katonda bangi okuva mu bagoberezi baabwe. Naye tebaaterebuka olw'ebyo ebyabatuukako mu kkubo lya Allah era tebaanafuwa wadde tebaddirira. Era Allah ayagala nnyo abagumiikiriza.

وَكَأَيِّن مِّن نَّبِيٍّ قَتَلَ مَعَهُ رِبِّيُّونَ كَثِيرٌ فَمَا وَهَنُوا لِمَا أَصَابَهُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَمَا ضَعُفُوا وَمَا اسْتَكَانُوا وَاللَّهُ يُحِبُّ الصَّابِرِينَ ﴿١٤٧﴾

148. Era teawaaliwo kye baayogera kirala wabula baagambanga nti: Mukama waffe, tusonyiwe ebisobyu byaffe n'okweyitiriza kwaffe mu nsonga zaffe, era onyweze ebigere byaffe era otuyambe ku bantu abatakkiriza.

وَمَا كَانَ قَوْلُهُمْ إِلَّا أَن قَالُوا رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا وَإِسْرَافَنَا فِي أَمْرِنَا وَثَبِّتْ أَقْدَامَنَا وَانصُرْنَا عَلَى الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿١٤٨﴾

149. Kale Allah yabawa empeera y'oku nsi n'empeera y'enkomerero amakula. Era Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.

قَاتِمَهُمُ اللَّهُ ثَوَابِ الدُّنْيَا وَحَسَنَ ثَوَابِ الْآخِرَةِ ۗ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٤٩﴾

Ruku 16

150. Abange mmwe abakkiriza, bwe munaagondera abo abatakkiriza, baja kubazzaayo emabega w'ebisinziiro byammwe, olwo mufuuke abafaafaaganiddwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِن تَطِيعُوا الَّذِينَ كَفَرُوا كَفَرُوا بِرُدُّوكُمْ عَلَىٰ أَعْقَابِكُمْ فَتَنْقَلِبُوا خَاسِرِينَ ﴿١٥٠﴾

151. Ddala Allah ye Mukuumi wammwe era y'asinga abayambi bonna.

بَلِ اللَّهِ مَوْلَاكُمْ ۖ وَهُوَ خَيْرُ النَّاصِرِينَ ﴿١٥١﴾

152. Mangu nnyo tujja kussa encukwe mu myoyo gy'abatakkiriza olw'okubanga benkanya Allah n'ebirala by'atassizanga buyinza bwonna. Era obuddo bwabwe muliro. Naye obutuulo bw'aboononyi nga bubu nnyo!

سَنُلْقِي فِي قُلُوبِ الَّذِينَ كَفَرُوا الرُّعْبَ بِمَا أَشْرَكُوا بِاللَّهِ مَا لَمْ يُنَزَّلْ بِهِ سُلْطَانٌ ۚ وَمَا وَهُمْ بِالنَّارِ وَبِئْسَ مَثْوَى الظَّالِمِينَ ﴿١٥٢﴾

153. Era ddala Allah yatuukiriza endagaano ye gye muli awo nga mubatirimbula olw'okulagira kwe, okutuusa lwe mwaterebuka nemutotoogana ku kigendererwa ky'ekiragiro era ne mutagondera kiragiro oluvannyuma ng'amaze okubalaga ekyo kye mwagala. Mu mmwe mulimu abaagala ensi, ne mu mmwe mulimu abaagala enkomerero. N'oluvannyuma yabawugula ku bo, alyooke abagezese—naye ddala yabaddiramu. Anti Allah ye Nannyini mikisa eri abakkiriza.

وَلَقَدْ صَدَقَكُمُ اللَّهُ وَعْدَهُ إِذْ تَحُسُّوهُمُ بِأَذْنِهِ ۚ حَتَّىٰ إِذَا فُشِلْتُمْ وَتَنَزَّعْتُمْ فِي الْأُمْرِ وَعَصَيْتُمْ مِّنْ بَعْدِ مَا أَرْسَلْنَا مَا تَحْتِجُّونَ ۚ مِنْكُمْ مَّن يَّزِيدُ الدُّنْيَا وَمِنْكُمْ مَّن يُّرِيدُ الْآخِرَةَ ۚ ثُمَّ صَرَقَكُمْ عَنْهُمْ لِيَبْتَلِيَكُمْ ۚ وَلَقَدْ عَفَا عَنْكُمْ ۚ وَاللَّهُ ذُو فَضْلٍ عَلَىٰ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٥٣﴾

154 Bwe mwali mudduka nga temutunulako na mabega wammwe eri yenna, so nga emabega wammwe Mutume yali abakoowoola. Kale Allah yabatuusaako

إِذْ تُصْعِدُونَ وَلَا تَلُونَ عَلَىٰ أَحَدٍ ۚ وَالرَّسُولُ يَدْعُوكُمْ فِي أَخْرَجِكُمْ فَأَنَابَكُمْ عَمَّا بَعَدَ لِكَيْلًا تَحْزَنُوا

ennaku oluvannyuma lw'ennaku, mulyooke muleme kunyikaala olw'ebyo ebyabasumattuka wadde olw'ebyo ebyabatuukako. Era bye mukola Allah abimanyi bulungi.*

155. N'oluvannyuma lw'ennaku yabassiza emirembe — otulo netusaanikira ekibiina ekimu mu mmwe — ng'ate ab'ekibiina ekirala beefaako bokka, ne baloowooleza ne Allah ebitali bituufu, mu ndwoowa y'obutamanya; nga bagamba nti: Abaffe, tulina obuyinza bwonna mu nsonga eno? Gamba nti: Obuyinza bwonna bwa Allah. Bakweka mu myoyo gyabwe ebyo bye batakwoleka, nga bagamba nti: Singa tubadde n'obuyinza bwonna mu nsonga, tetwaalittiriddwa wano. Gamba nti: Ne bwe mwalibadde mu mayumba gammwe, ddala abo abaalagirwa okulwana era baalyesowodeyo bokka okugenda eri ebifo by'ekiwummulo kyabwe. Olwo Allah alyooke agezese ebyo ebiri mu bifuba byammwe era alyooke atukuze ebyo ebiri mu mitima gyammwe. Era Allah y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

156. Mazima abo mu mmwe abadda emabega ku lunaku amagye abiri lwe gaasisinkana, ddala Sitaani y'eyabaseereza olw'ebimu kw'ebyo bye baakola, naye ddala Allah yabasonyiwa. Mazima Allah ye Musonyi ennyo, Alumirirwa ennyo abaweereza be.

Ruku 17

157. Abange mmwe abakkiriza, temuba ng'abo abeerema ne boogera ne ku baganda baabwe nga batambuddeko mu nsi oba nga batabadde nti: Singa babadde naffe, tebaalifudde era tebaalittiddwa. Ekyo kibaawo, Allah alyooke akifuule eky'okwejju-

3:154: Ebiseera ebimu ekizibu ekinene kyerabiza ekizibu ekitono. Mu lutalo lwe Uhud, olugambo bwe lwasaasana nti Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) attiddwa, Abasiraamu baalumwa myo ku lulwe n'okusinga ku lw'abantu abaali battiddwa mu lutalo. Ate amawulire amatuufu bwe gajja nti Nabbi Omutukuvu (s.a.w) mulamu, Abasiraamu baasanyuka nnyo, nnyo ddala newaakubadde nga bangi baali battiddwa mu lutalo olwo. Okunyolwa ate kwavaamu ssanyu.

عَلَىٰ مَا قَاتَلْتُمُوهُ وَلَا مَآءًا بِكُمُ وَاللَّهِ
خَيْرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٥٣﴾

ثُمَّ أَنْزَلَ عَلَيْكُم مِّن بَعْدِ الْغَمِّ
أَمْنَةً نُحَاسًا يَّغْشَىٰ طَائِفَةٌ مِّنْكُمْ
وَطَائِفَةٌ قَدْ أَهَمَّتْهُمْ أَنفُسُهُمْ
يَظُنُّونَ بِاللَّهِ غَيْرَ الْحَقِّ ظَنَّ
الْجَاهِلِيَّةِ يَقُولُونَ هَل لَّنَا مِنَ
الْأَمْرِ مِن شَيْءٍ قُلْ إِنَّ الْأَمْرَ كُلَّهُ
لِلَّهِ يُخْفُونَ فِي أَنفُسِهِم مَّا لَا
يُبْدُونَ لَكَ يَقُولُونَ لَوْ كَانَ لَنَا
مِن الْأَمْرِ شَيْءٌ مَّا قَتَلْنَا هُنَا قُلْ لَوْ
كُنْتُمْ فِي بُيُوتِكُمْ لَبَرَزَ الَّذِينَ
كُتِبَ عَلَيْهِمُ الْقَتْلُ إِلَىٰ
مَضَاجِعِهِمْ وَلِيَبْتَلِيَ اللَّهُ مَا فِي
صُدُورِكُمْ وَلِيُمَحِّصَ مَا فِي
قُلُوبِكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ
الصُّدُورِ ﴿١٥٤﴾

إِنَّ الَّذِينَ تَوَلَّوْا مِنْكُمْ يَوْمَ الْتَقَى
الْجَمْعَيْنِ إِنَّمَا اسْتَزَلَّهُمُ الشَّيْطَانُ
بِبَعْضِ مَا كَسَبُوا وَلَقَدْ عَفَا اللَّهُ
عَنْهُمْ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٥٥﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَكُونُوا
كَالَّذِينَ كَفَرُوا وَقَالُوا لِإِخْوَانِهِمْ
إِذَا ضَرَبُوا فِي الْأَرْضِ أَوْ كَانُوا غُرَىٰ
لَوْ كَانُوا عِنْدَنَا مَا مَاتُوا وَمَا قُتِلُوا

sa mu myoyo gyabwe. Era Allah y'awa obulamu era y'afiisa. Era bye mukola Allah abiraba.

لِيَجْعَلَ اللَّهُ ذَٰلِكَ حَسْرَةً فِي قُلُوبِهِمْ، وَاللَّهُ يُحْيِي وَيُمِيتُ، وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿١٥٧﴾

158. Era bwe muttirwa mu kkubo lya Allah oba ne mufa obufi, ddala okusonyiyibwa n'okusaasira ebiva eri Allah by'ebisinga ebyo bo bye bakung'aanya.

وَلَئِن قُتِلْتُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ أَوْ مُتُّمْ لَمَغْفِرَةٌ مِّنَ اللَّهِ وَرَحْمَةٌ خَيْرٌ مِّمَّا يَجْمَعُونَ ﴿١٥٨﴾

159. Era bwe mufa oba bwe muttibwa, ddala era eri Allah gye mulikung'aanyizibwa.

وَلَئِن مُّتُّمْ أَوْ قُتِلْتُمْ لَآ إِلَى اللَّهِ تُحْشَرُونَ ﴿١٥٩﴾

160. Kale olw'okusaasira okuva eri Allah wali mugonvu gye bali. Naye singa wali mukambwe, ow'omutima omukakanyavu, mazima baalidduse w'oli. Kale baddiremu era obasabire okusonyiyibwa era otecsaganye nabo mu nsonga z'obufuzi. Naye buli lw'omaliriranga ku nsonga, kale weesigenga Allah yekka. Mazima Allah ayagala nnyo abamwesiga.

فِيمَا رَحْمَةٍ مِّنَ اللَّهِ لَئِن لَّمْ يَكُن لَّهُمْ وَلَوْ كُنْتَ فَظًّا غَلِيظَ الْقَلْبِ لَأَأْتَفَضُوا مِنْ حَوْلِكَ فَاعْفُ عَنْهُمْ وَاسْتَغْفِرْ لَهُمْ وَشَاوِرْهُمْ فِي الْأَمْرِ فَإِذَا عَزَمْتَ فَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ، إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَوَكِّلِينَ ﴿١٦٠﴾

161. Allah bw'abayamba, tewali asobola kubawangula. Naye bw'abaabulira, kale ddala ate ani ayinza okubayamba atali Ye? Era abakkiriza beesige Allah yekka.

إِن يَنْصُرْكُمُ اللَّهُ فَلَا غَالِبَ لَكُمْ، وَإِن يَنْصُرْكُمْ لَأَيُّهَا الَّذِي يَنْصُرْكُمْ مِّنْ بَعْدِهِ، وَ عَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٦١﴾

162. Era tekiyinzika eri Nabbi okukumpanya. Era yenna akumpanya alireetebwa n'ebyo bye yakumpanya ku lunaku lw'okuzuukira, n'oluvannyuma buli omu alisasulwa mu bujjuvu olw'ebyo bye yakola era tebaliriyazaamaanyizibwa.

وَمَا كَانَ لِنَبِيِّ أَنْ يُغْلَبَ، وَمَنْ يُغْلَبْ يَأْتِ بِمَا غَلَبَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ، ثُمَّ تَوَفَّى كُلُّ نَفْسٍ مَّا كَسَبَتْ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١٦٢﴾

163. Abaffe, oyo agoberera okusiima kwa Allah afaanana n'oyo eyecreetera obusungu obuva eri Allah era nga n'amaka ge Jahannamu? Naye obwo buddo bubu nnyo!

أَقَمِنَ اتَّبِعَ رِضْوَانَ اللَّهِ كَمَنْ بَاءَ بِسَخَطٍ مِّنَ اللَّهِ وَمَا لَهُ جَهَنَّمُ، وَ يَسُئُ الْمَصِيرُ ﴿١٦٣﴾

164. Abo abakola ebirungi be balina amadaala eri Allah. Era Allah alaba bulungi bye bakola.

هُم دَرَجَاتٌ عِنْدَ اللَّهِ، وَاللَّهُ بِصِيرٍ بِمَا يَعْمَلُونَ ﴿١٦٤﴾

165. Mazima Allah yasaasira nnyo abakkiriza bwe yatuma mu bo Omutume ava mu bo, abasomere Aya ze era abatukuze era abayigirize Ekitabo n'ebyamagezi; ne-

لَقَدْ مَنَّ اللَّهُ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ إِذْ بَعَثَ فِيهِمْ رَسُولًا مِّنْ أَنفُسِهِمْ يَتْلُوا عَلَيْهِمْ آيَاتِهِ وَيُزَكِّيهِمْ وَيُعَلِّمُهُمُ

waakubadde nga olubereberye baali mu kubula kwa lwaatu.

166. Abaffe, mmwe olutuukibwako akabenje nga mugamba nti kano kavudde wa, so nga nammwe *abalabe* muba mukabatuusizzaako enfunda bbiri? Gamba nti: Ako kava mu mmwe bennyini. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

167. Era ebyo ebyabatuukako ku lunaku amagye gombi lwe gaasisinkana, kwali kukkiriza kwa Allah; era alyooke amanyise abakkiriza;

168. Era alyooke amanyise abo abannanfu-usi; era baagambibwa nti mujje mulwane mu kkubo lya Allah oba muziyize *abalabe*. Baagamba nti: Singa tumanyi okulwana, ddala twalibagoberedde. Bo ku lunaku olwo obutakkiriza bwe bwali okumpi ennyo nabo okusinga obukkiriza. Boogera n'emimwa gyabwe ebyo ebitali na mu mitima gyabwe. Naye Allah amanyi bulungi bye bakisa.

169. Abo be baayogera ku baganda baabwe nga bo beetuulidde nti: Singa baatuwuliriza, tebaallittiddwa! Gamba nti: Kale mmwe mwegobeeko okufa, obanga mwogera mazima.

170. Era tobalanga abo abattirwa mu kkubo lya Allah nti bafu. Wabula balamu, bali eri Mukama waabwe bagabulwa,

171. Basanyuka olw'ebyo Allah by'abawa mu mikisa gye era bajaganya olw'abo abatannabatuukako *abakyali* emabega waabwe, *kuba* tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

172. Bajaganya olw'ekyengera ekiva eri Allah n'emikisa, n'olwokuba nti ddala Allah tafiriza mpeera ya bakkiriza.

الْكِتَابِ وَالْحِكْمَةِ وَإِنْ كَانُوا مِنْ قَبْلُ
لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿١٦٦﴾

أَوْ لَمَّا أَصَابَتْكُمْ مُصِيبَةٌ قَدْ أَصَبْتُمْ
مِثْلِيهَا، فَلْتُمْ إِلَىٰ هَذَا قُلْ هُوَ مِنْ
عِنْدِ أَنْفُسِكُمْ إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيرٌ ﴿١٦٧﴾

وَمَا أَصَابَكُمْ يَوْمَ التَّتَى الْجَمْعِي
فِيَا ذِي اللَّهِ وَلِيَعْلَمَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٦٧﴾

وَلِيَعْلَمَ الَّذِينَ تَافَهُوا ۖ وَقِيلَ لَهُمْ
تَعَالَوْا قَاتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ أَوْ
ادْفَعُوا قَالُوا لَوْ نَعْلَمُ قِتَالًا لَّ
اتَّبَعْنَاكُمْ هُمْ لِلْكَفْرِ يَوْمَئِذٍ أَقْرَبُ
مِنْهُمْ لِلَّذِينَ يَقُولُونَ يَا قُولا هَهُمْ
مَا كَيْسَ فِي قُلُوبِهِمْ ۗ وَاللَّهُ أَعْلَمُ
بِمَا يَكْتُمُونَ ﴿١٦٨﴾

الَّذِينَ قَالُوا لَّا خَوَانِهِمْ وَقَعَدُوا
لَوْ أَطَاعُونَا مَا قَاتِلُوا قُلْ قَادِرُونَ
عَنْ أَنْفُسِكُمْ الْمَوْتِ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿١٦٩﴾

وَلَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ قَاتَلُوا فِي سَبِيلِ
اللَّهِ أَمْوَاتًا بَلْ أَحْيَاءٌ عِنْدَ رَبِّهِمْ
يُرَزَقُونَ ﴿١٧٠﴾

فَرِحِينَ بِمَا آتَاهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ
وَيَسْتَبْشِرُونَ بِالَّذِينَ لَمْ يَلْحَقُوا
بِهِمْ مِنْ خَلْفِهِمْ ۗ أَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ
وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿١٧١﴾

يَسْتَبْشِرُونَ بِنِعْمَةِ مِنَ اللَّهِ وَ
فَضْلِهِ ۗ وَإِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ
الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٧٢﴾

Ruku 18

173. Abo abaayanukula Allah ne Mutume nga bamaze okutuukibwako okulumizibwa—abo abaakola ebirungi mu bo era nebatya Allah, balifuna empeera ensuffu;

الَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِلَّهِ وَالرَّسُولِ
مِنْ بَعْدِ مَا أَصَابَهُمُ الْقَرْحُ
لِلَّذِينَ أَحْسَنُوا مِنْهُمْ وَاتَّقُوا
أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٧٣﴾

174. Abo abantu be baagamba nti: Mazima abantu bamaze okubeetegekera, kale mubatye; ate nekibongera bwongezi bukkiriza, nebagamba nti: Ffe Allah atumala. Ye ng’Omuyima, mulungi nnyo!

الَّذِينَ قَالَ لَهُمُ النَّاسُ إِنَّ
النَّاسَ قَدْ جَمَعُوا لَكُمْ فَاخْشَوْهُمْ
فَزَادَهُمْ إِيْمَانًا ۗ وَقَالُوا حَسْبُنَا
اللَّهُ وَنِعْمَ الْوَكِيلُ ﴿١٧٤﴾

175. Kale ne baddayo n’enneema eva eri Allah n’emikisa nga tebatuukiddwako kabi konna, naye nga bagoberera kusiima kwa Allah. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

فَأَنْقَلَبُوا بِنِعْمَةٍ مِنَ اللَّهِ وَفَضْلٍ لَّهُمْ
يُمَسِّسُهُمْ سُوءَهُمْ ۗ وَاتَّبَعُوا رِضْوَانَ
اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ ذُو فَضْلٍ عَظِيمٍ ﴿١٧٥﴾

176. Ddala Sitaani y’atiisatiisa mikwano gye; naye mmwe temubatya, mutye Nze nzekka, bwe muba nga ddala muli bukkiriza.

إِنَّمَا ذَلِكُمُ الشَّيْطَانُ يُخَوِّفُ أَوْلِيَاءَهُ ۗ
فَلَا تَخَافُوهُمْ وَخَافُوا رَبَّكَ إِن كُنْتُمْ
مُؤْمِنِينَ ﴿١٧٦﴾

177. Era abo abeeyunira eri obutakkiriza baleme na kukunakuwaza; mazima abo tebayinza kulumya Allah n’akatono. Allah ky’ayagala bwe butabateerawo mugabo gwonna ku nkomerero; era balifuna ekibonerezo ekisukkirivu.

وَلَا يَحْزَنُكَ الَّذِينَ يُسَارِعُونَ فِي
الْكُفْرِ ۗ إِنَّهُمْ لَن يُصِرُّوا لِلَّهِ شَيْئًا
يُرِيدُ اللَّهُ أَلَّا يَجْعَلَ لَهُمْ حَقًّا فِي
الْآخِرَةِ ۗ وَلَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٧٧﴾

178. Mazima abo abawaanyisa obutakkiriza mu bukkiriza tebayinza kulumya Allah n’akatono, era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

إِنَّ الَّذِينَ اشْتَرُوا الْكُفْرَ بِالْإِيمَانِ
لَن يُصِرُّوا لِلَّهِ شَيْئًا ۗ وَلَهُمْ
عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٧٨﴾

179. Era abatakkiriza baleme kulwoozanga nti ddala akaagaanya ke tubawa kalungi gye bali. Ddala ekiva mu kaagaanya ke tubawa, ate beeyongerera bweyongezi kwonoona; era balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

وَلَا يَحْسَبَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنَّمَا
أُنْمِئَتْ لَهُمْ حَيْرٌ لَّا أَنفُسُهُمْ ۗ إِنَّمَا نُنْمِئُ
لَهُمْ لِيُزَادُوا إِثْمًا ۗ وَلَهُمْ عَذَابٌ
مُّهِينٌ ﴿١٧٩﴾

180. Allah tayinza kuleka bukkiriza mu mbeera eyo gye mulimu okutuusa nga ayawudde omubi ku mulungi. Era Allah teyaalibabikkulidde byaama mwenna. Wabula Allah alonda mu Batume be oyo gw’aba asiimye. Kale mukkirize Allah n’Ababaka be. Era bwe mukkiriza nemwekuuma, mulifuna empeera ensuffu.

مَا كَانَ لِلَّهِ لِيُدْرِكَ الْمُؤْمِنِينَ عَلَىٰ مَا
أَنْتُمْ عَلَيْهِ حَتَّىٰ يَمِيزَ الْخَبِيثَ مِنَ
الطَّيِّبِ ۗ وَمَا كَانَ لِلَّهِ أَنْ يُطِيعَكُمْ عَلَى
الْغَيْبِ ۗ وَلَكِنَّ اللَّهَ يَخْتَصِي بِمَنْ يُرِيدُ
مَنْ يَشَاءُ ۗ فَمَنْ تُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ ۗ
إِنَّ تَوْفِيقَنَا وَتَتَّقُوا أَقْلَكُمْ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٨٠﴾

181. Era abo abakodowalira ebyo Allah bye yabawa mu mikisa gye, tebalowoozanga nti kirungi gye bali; wabula ekyo kibi nnyo gye bali. Ku lunaku lw'okuzuukira, balizingirirwa mu bulago bwabwe ebyo bye baakodowaliranga. Era obusika bw'eggulu n'ensi bwa Allah. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

وَلَا يَحْسَبَنَّ الَّذِينَ يَدْخُلُونَ بِمَا
أَسْمَهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ هُوَ خَيْرٌ لَّهُمْ
بِمَا هُوَ شَرٌّ لَّهُمْ سَيُطَوَّقُونَ مَا
بَخَلُوا بِهِ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَلِلَّهِ
مِيرَاتُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَاللَّهُ بِمَا تَحْمَلُونَ
خَبِيرٌ ﴿١٨١﴾

Ruku 19

182. Mazima Allah amaze okuwulira okwogera kw'abo abaagamba nti: Ddala Allah mwavu, naye ffe bagagga. Tujja kuwandiika ebyo bye boogera, n'okugezaako kwaabwe okutta ba Nabbi awatali nsonga; era tuligamba nti: Muloze ku kibonerezo ky'okubengeya.

لَقَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ
اللَّهَ فَقِيرٌ وَرَحْمَتُنَا غَنِيَاءُ مَسَّ كَتَبُ
مَا قَالُوا وَ قَتَلَهُمُ الْكَافِرِينَ بِغَيْرِ
حَقٍّ وَ تَقُولُ ذُوقُوا عَذَابَ الْحَرِيقِ ﴿١٨٢﴾

183. Ekyo lwa nsonga y'ebyo emikono gyammwe bye gyakulembeza, era Allah talyazaamaanya baweereza be.

ذَلِكَ بِمَا قَدَّمْتُمْ آيَاتِكُمْ وَ أَنَّ اللَّهَ
لَيْسَ بِظَالِمٍ لِّلْعَالَمِينَ ﴿١٨٣﴾

184. Abo abagamba nti: Ddala Allah yatukalaatira obutakkirizanga Mutume yenna, okutuusa nga atuletedde saddaaka esirizibwa omuliro. Gamba nti: Ddala mwamala okutuukibwako Ababaka olubereberye lwange n'obukakafu obw'olwaatu era n'ekyo kye mugambye; naye ate lwaki mwagezangako okubatta, obanga ddala mwogera mazima?

الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ عَاهَدَ إِلَيْنَا
أَلَّا نَكُونُ مِن رَّسُولٍ حَتَّى يَأْتِيََنَا بِقُرْبَانٍ
تَأْكُلُهُ النَّارُ قُلْ قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولٌ
مِّن قَبْلِي بِالْبَيِّنَاتِ وَ بِالَّذِي قُلْتُمْ
فَلِمَ قَتَلْتُمُوهُمْ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٨٤﴾

185. Kale bwe bakulimbisa, *teweewuunya*, ddala n'Abatume abakusooka baalimbisibwa, so nga bajja n'obukakafu obw'olwaatu n'Ebitabo eby'amagezi, n'Ekitabo ekitangaaza.

فَإِنْ كَذَّبْتُمْ فَسَوْفَ كَذَّبَتْ رُسُلٌ مِّن
قَبْلِكَ جَاءُوا بِالْبَيِّنَاتِ وَ الزُّبُرِ وَ
الْكِتَابِ الْمُنِيرِ ﴿١٨٥﴾

186. Buli mwoyo gwa kulega ku kufa. Era ddala mulisasulwa empeera yammwe mu bujjuvu ku lunaku lw'okuzuukira. Kale oyo alyewazibwa omuliro n'ayingizibwa mu Janna, ddala aliba awangudde. Naye obulamu bw'ensi si *kirala* wabula ge masanyu agabuzaabuza.

كُلُّ نَفْسٍ ذَائِقَةُ الْمَوْتِ وَ وَإِنَّمَا
تُقَوَّنُ أَجُورَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
فَمَن زُحِرَ عَنِ النَّارِ أَدْخِلَ الْجَنَّةَ
فَقَدْ قَازَ وَ مَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا
إِلَّا مَتَاعٌ الْغُرُورِ ﴿١٨٦﴾

187. Ddala mujja kugezesebwa mu by'obugagga bwammwe nammmwe bennyini. Era ddala mujja kuwulira ebirumya bingi okuva eri abo abaawebwa Ekitabo olubereberye lwammwe n'okuva eri abo abenkanya Allah n'ebirala. Naye bwe mugumiikiriza era ne mwekuuma, mazima ekyo ky'ekimu ku nsonga ezetaagisa obuvumu obwa nnamaddala.

لَتَجْلِبُونَ فِي آمُورِكُمْ وَ أَنفُسِكُمْ
لَتَسْمَعَنَّ مِنَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ
مِن قَبْلِكُمْ وَ مِنَ الَّذِينَ أَشْرَكُوا
أَذَى كَثِيرًا وَإِن تَضِبُّرُوا
وَ تَتَّقُوا فَإِنَّ ذَلِكَ
مِن عَزْمِ الْأُمُورِ ﴿١٨٧﴾

188. Era *jjukira* nga Allah bwe yatwala endagaano y'abo abaabwebwa Ekitababwa *nti*: Ddala muteekwa okukinyonyola kaati eri abantu era temukikwekanga. Naye baakisula mabega wa migongo gyabwe era ne-bakiwaanyisaamu omuwendo omutono. Kale kibi nnyo kye baawaanyisaamu.

وَرَادُ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ الَّذِينَ
أَوْتُوا الْكِتَابَ لَتُبَيِّنُنَّهُ لِلنَّاسِ وَوَلَا
تَكْتُمُونَهُ فَنَبَذُوهُ وَرَاءَ ظُهُورِهِمْ
وَاشْتَرَوْا بِهِ ثَمَنًا قَلِيلًا فَبَيَّسَ مَا
يَشْتَرُونَ ﴿١٨٨﴾

189. Tobalanga abo abeejaabaata olw'ebyo bye bakoze, ate nga baagala *nnyo* n'okuwaanibwa olw'ebyo bye batakoze — kale tobalowoozanga nti bejjeeredde ku kibonerezo; era balifuna ekibonerezo ekirumya.

لَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ يَفْرَحُونَ بِمَا آتَوْا
وَيُحِبُّونَ أَنْ يُحْمَدُوا بِمَا كَانُوا يَفْعَلُونَ
فَلَا تَحْسَبْتَهُمْ بِمَفَازَةٍ مِنَ
الْعَذَابِ ۗ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٨٩﴾

190. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَاللَّهُ
عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٩٠﴾

Ruku 20

191. Mazima mu kutondebwa kw'eggulu n'ensi n'okukyuukakyuuka kw'ekiro n'emisana, ddala mulimu obubonero eri abo abalina amagezi;

إِنَّ فِي خَلْقِ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَإِخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ لَآيَاتٍ لِّأُولِي
الْأَلْبَابِ ﴿١٩١﴾

192. Abo abajjukira Allah mu kuyimirira ne mu kutuula ne *mu kugalamira* ku mbiriizi zaabwe, era nebafulumitiriza nnyo ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi; *nebagamba nti*: Mukama waffe, ddala teatonda bino lwa bwereere; obutuukirivu bubwo, kale tuwonye ekibonerezo ky'omuliro.

الَّذِينَ يَذْكُرُونَ اللَّهَ قِيَامًا وَقُعُودًا
وَعَلَىٰ جُنُوبِهِمْ وَيَتَفَكَّرُونَ فِي خَلْقِ
السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ رَبَّنَا مَا خَلَقْتَ هَذَا
بَاطِلًا ۗ سُبْحَانَكَ فَقِنَا عَذَابَ النَّارِ ﴿١٩٢﴾

193. Mukama waffe, ddala oyo gw'oyingiza mu muliro, mazima oba omaze okumuweebu-ula. Era abakozi b'ebibi tebalina bayambi.

رَبَّنَا إِنَّكَ مَن تُدْخِلِ النَّارَ فَقَدْ
أَخَذَ يَتَهُ ۗ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ ﴿١٩٣﴾

194. Mukama waffe, ddala twawulira omukoowoozi ng'akoowoola *abantu* eri okukkiriza nti: Mukkirize Mukama wammwe, kale ffe netukkiriza. Mukama waffe, tusonyiwe ebyonoono byaffe, era otusanguleko ebibi byaffe, era tufiise nga tuli mu batuukirivu.

رَبَّنَا إِنَّا سَمِعْنَا مُنَادِيًا يُنَادِي
بِلَادِيمَانَ أَنْ آمِنُوا بِرَبِّكُمْ فَآمَنَّا ۗ
رَبَّنَا قَاغُورَلْنَا ذُنُوبَنَا وَكَفِّرْ عَنَّا
سَيِّئَاتِنَا وَتَوَقَّنَا مَعَ الْآبِرَارِ ﴿١٩٤﴾

195. Mukama waffe, era tuwe ebyo bye watusubiza *ng'obiyisa* ku Batume bo, era totuweebuulanga ku lunaku lw'okuzuukira. Mazima Ggwe tomenya kisuubizo.

رَبَّنَا وَآتِنَا مَا وَعَدْتَنَا عَلَىٰ رُسُلِكَ وَ
لَا تُخْزِنَا يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ إِنَّكَ لَا
تُخْلِفُ الْمِيعَادَ ﴿١٩٥﴾

196. Kale Mukama waabwe yabaanukula nti: Ddala nze sifiiriza kikulwa kya mukozi yenna mu mmwe— k'abe musajja oba mukazi— anti mwenna muli nda ya

فَاَسْتَجَابَ لَهُمْ رَبُّهُمْ أَنِّي لَا أُضِيعُ
عَمَلًا عَامِلٍ مِّنْكُمْ مِّمَّنْ ذَكَرْتُ أَوْ أَنشَأَ
بَعْضُكُمْ مِّنْ بَعْضٍ ۗ فَالَّذِينَ هَا جَرُّوا

nnakalaama. Kale abo abasenguka *oba* ne-bagobebwa mu maka gaabwe ne babonyabonyezebwa mu kkubo lyange ne-balwana era ne battibwa, mazima ndibasangulako ebibi byabwe, era ddala ndibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo — nga y'empeera eva eri Allah. Era eri Allah y'eri empeera amakula.

197. Okwetawula kw'abo abatakkiriza mu nsi kuleme kukubuzaabuza.

198. *Ago* masanyu mpa wegazira. N'oluvannyuma obuddo bwabwe muliro. Naye *ekyo* nga kiwummulo kibi nnyo!

199. Naye abo abatya Mukama waabwe, balifuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera — nga kwe kusembezebwa okuva eri Allah. Era ekiri eri Allah ky'ekisinga obulungi eri abatuukirivu.

200. Era ddala mu bantu b'Ekitabo, mulimu abo abakkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa gye muli n'ebyassibwa gye bali ne-beetoowaliza Allah. *Abo* tebawaanyisa Aya za Allah mu muwendo mutono. Abo nno balifuna empeera yaabwe eri Mukama waabwe. Mazima Allah Mwangu nnyo mu kubalirira.

201. Abange mmwe abakkiriza, mugumiikirizenga era muvuganyenga mu kugumiikiriza era mwenywezenga mu by'okwerinda era mutyenga Allah, lwe mujja okuganyulwa.

وَ أَخْرَجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ وَ أَوْذَوْا فِي سَبِيلِنَا وَ قَتَلُوا أَوْ قَتَلُوا أَوْ كَفَرْنَا عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَ تَجَرَّيْنَا مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارَ ثَوَابًا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَ وَاللَّهُ عِنْدَهُ حُسْنُ الثَّوَابِ ﴿١٩٦﴾
لَا يَعْزِبُكَ تَقَلُّبُ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي الْبِلَادِ ﴿١٩٧﴾

مَتَاعًا قَلِيلًا ثُمَّ مَا لَهُمْ جَهَنَّمَ وَ بئسَ الْمِهَادُ ﴿١٩٨﴾

لَكِنَّ الَّذِينَ اتَّقَوْا رَبَّهُمْ لَهُمْ جَنَّتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا نَزُلًا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ وَ مَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ لَلْآبِدَاتِ ﴿١٩٩﴾

وَ إِنَّ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ لَمَنْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَ مَا أُنزِلَ إِلَيْكُمْ وَ مَا أُنزِلَ إِلَيْهِمْ خُشِعِينَ لِلَّهِ لَا يَشْتُرُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ ثَمَنًا قَلِيلًا أُولَئِكَ لَهُمْ أَجْرُهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ إِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٢٠٠﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اصْبِرُوا وَ صَابِرُوا وَ رَابِطُوا وَ اتَّقُوا اللَّهَ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٢٠١﴾

AL-NISĀ

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. ku lwe linnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abantu, mutye Mukama wammwe Oyo eyabatonda okuva mu mwoyo ogumu era n'atonda mu gwo munne wa gwo, n'asaasaanya okuva mu gyombiriri abasajja bangi n'abakazi. Era mutye Allah Oyo gwe mujulizaganyako era *mulabirire nnyo* ab'olulyo. Mazima Allah ye mulabirizi ku mmwe.

3. Era muwe bamulekwa ebintu byabwe era temuwaanyisanga ebibi mu birungi, era temulyanga bintu byabwe nga mubigattiriza mu byammwe. Ddala ekyo kibi kinene nnyo.

4. Era bwe mutyanga nti muyinza obutakola bwenkanya mu ba mulekwa, kale muwasenga abo ababasanyusa mu bakazi: Babiri, basatu oba bana. Naye bwe mutyanga nti temuyinza kukola bwenkanya, olwo *muwase* omu yekka, oba *muwase* mu bawambe abali mu buyinza bwammwe. Ekyo ky'ekisinga, muleme kwekubiira.

5. Era muwenga abakazi amahare gaabwe mu mwoyo mulungi. Naye bwe babatoneranga ekintu kyonna ku go ku lwabwe, kale mukiryenga n'essanyu n'okusiima.

6. Naye temuwanga abatali bategeevu ebintu byammwe ebyo Allah bye yabateerawo okubayimirizaawo; naye mubaliise ku byo era mubambaze era mwogeranga nabo ekigambo ekizimba.*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمُ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ وَخَلَقَ مِنْهَا زَوْجَهَا وَبَثَّ مِنْهُمَا رِجَالًا كَثِيرًا وَنِسَاءً ۗ وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي تَسَاءَلُونَ بِهِ وَالْأَرْحَامَ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَيْكُمْ رَقِيبًا ②

وَاتُوا الِيتْمَىٰ أَمْوَالَهُمْ وَلَا تَتَّبِعُوا الِيتْمَىٰ بِالطَّبِيبِ وَلَا تَأْكُلُوا أَمْوَالَهُمْ إِلَىٰ أَمْوَالِكُمْ إِنَّهُ كَانَ حُوبًا كَبِيرًا ③

وَإِنْ خِفْتُمْ أَلَّا تُفْسِدُوا فِي الِيتْمَىٰ فَإِن كُفِّرُوا كُفْرًا ۗ وَالنِّسَاءُ مِثْلُ مَا كُنْتُمْ عَلَىٰ أَعْنَافِكُمْ يَوْمَ الِاتِّخَاذِ ۗ وَاللَّيْسَ بِعَدْلٍ أَلَّا تَتَّخِذُوا مِنَ النِّسَاءِ مِثْلَ مَا كُنْتُمْ عَلَىٰ أَعْنَافِكُمْ يَوْمَ الِاتِّخَاذِ ۗ وَالنِّسَاءُ مِثْلُ مَا كُنْتُمْ عَلَىٰ أَعْنَافِكُمْ يَوْمَ الِاتِّخَاذِ ۗ وَاللَّيْسَ بِعَدْلٍ أَلَّا تَتَّخِذُوا مِنَ النِّسَاءِ مِثْلَ مَا كُنْتُمْ عَلَىٰ أَعْنَافِكُمْ يَوْمَ الِاتِّخَاذِ ④

وَاتُوا النِّسَاءَ صَدُقَاتِهِنَّ نِحْلَةً ۗ فَإِن طِبْنَ لَكُمْ عَنْ شَيْءٍ مِنْهُنَّ فَاكْلُوهُ هُنَّ أَمْوَالُهُنَّ الَّتِي نَكَحْتُمُوهَا ۗ وَاللَّيْسَ بِعَدْلٍ أَلَّا تَتَّخِذُوا مِنَ النِّسَاءِ مِثْلَ مَا كُنْتُمْ عَلَىٰ أَعْنَافِكُمْ يَوْمَ الِاتِّخَاذِ ⑤

وَالَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَالَّذِينَ أُكْفِرُوا مِنْكُمْ سَأَلُوا عَنْ نَفْسِكُمْ قَوْلًا يَسْتَأْذِنُ بَعْضُهُم لِبَعْضٍ أَن يُقْرَبُوا وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْعَرَفُونَ ⑥

4:6. Buvunaanyizibwa bwa ggwanga okulabirira ebintu bya bamulekwa abatanneetuuka, okutuusa nga batuuse okwerabirira n'okulabirira ebintu byabwe. Eggwanga bwe litakola ntegeka eyo, eby'enfuna biyinza okugootaana mu ggwanga lyonna, singa eby'obugagga ebibaddeko entegeka byonooneka. Ekyo kyetaagisa nnyo, naddala oluvannyuma lw'olutalo. Okwewala obuzibu buno, eggwanga lirina obuvunaanyizibwa bw'okulabirira emmaali ey'engeri eno n'obwegendereza okufaananako nga bwe lirabirira emmaali eya lya, nga ligikumira ba mulekwa bano. Kino tekitegeeza nti eggwanga lisobola okweddiza ebintu b a bamulekwa oba okubaggyako obuvunanyizibwa bwa byo, wabula eno eba ntegeka ya kiseera kigere. Kino kye kyogerwako mu 4:11.

7. Era mugezesenga *okutegeera kwa* ba mulekwa okutuusa lwe balituuka *ku myaka gy'obufumbo*. Kale bwe musanganga nga balimu obutegeevu, olwo mubawe ebintu byabwe, era temubiryanga nga mudiiibuuda n'okwanguyiriza *nga mutya nti* bajja kukula. Naye oyo abanga omugagga, kale abyewale; n'oyo abanga omwaavu, kale alye *ku byo* mu ngeri esaanira. Era bwe mubanga mubawa ebintu byabwe, mussangawo abajulizi ku bo. Era Allah amala nga Omubalirizi.

8. Abassajja balina omugabo kw'ebyo abazadde bombiriri bye baba balese, n'abaabwe. Era n'abakazi nabo balina omugabo kw'ebyo abazadde bombiriri n'abaabwe bye baba balese — ebitono ku byo oba ebingi — *nga bafuna* emigabo egyagerekebwa Allah.

9. Era abaabwe ne bamulekwa n'abaavu bwe babangawo mu kugabanya *eby'obusika*, kale mubagabiranga ku byo era mwogeranga nabo enjogera entuufu.

10. Era abo *abakuza* basaanye batye nnyo Allah kubanga nabo bwe balireka emabega waabwe abaana abatesobola (amabujje), tebalirema kubeeralikirira. Kale basaanye beekuume nnyo Allah era boogere enjogera entuufu.

11. Mazima abo abalya ebintu bya ba mulekwa mu bukumpanya, ddala balya muliro *gwe bassa* mu mbuto zaabwe. Era mangu nnyo bajja kusuulibwa mu muliro ogubumbujja.

Ruku 2

12. Allah abakuutira ku baana bammwe: Omulenzi afune kyenkanyi n'omugabo gw'abawala ababiri. Naye abawala bwe baba nga basukka ku babiri, kale bafune bibiri bya kusatu kw'ebyo *omugenzi* bye yaleka. Naye bw'aba ng'ali omu *yekka*, kale afune kimu kya kubiri. N'abazadde *b'omufu* bombi buli omu ku bo afune kimu kya mukaaga kw'ebyo *omufu* bye yaleka, bw'aba nga yalina omwana. Naye bw'aba nga teyalina mwana era ng'asikiddwa bazadde be, kale

وَابْتَلُوا الْيَتَامَىٰ حَتَّىٰ إِذَا أَبْلَغُوا النِّكَاحَ
فَإِنْ أَنْتُمْ مِنْهُمْ رُشْدًا فَادْفَعُوا
إِلَيْهِمْ أَمْوَالَهُمْ وَلَا تَأْكُلُوهَا إِسْرَافًا
وَبِدَارًا أَنْ يَكْبَرُوا ۚ وَمَنْ كَانَ غَنِيًّا
فَلْيَسْتَعْفِفْ ۚ وَمَنْ كَانَ فَقِيرًا
فَلْيَأْكُلْ بِالْمَعْرُوفِ ۚ فَإِذَا دَفَعْتُمْ
إِلَيْهِمْ أَمْوَالَهُمْ فَأَشْهَدُوا عَلَيْهِمْ ۚ وَكَفَىٰ
بِاللَّهِ حَسِيبًا ﴿٧﴾

لِلرِّجَالِ نَصِيبٌ مِّمَّا تَرَكَ الْوَالِدَانِ
وَالْأَقْرَبُونَ ۚ وَلِلنِّسَاءِ نَصِيبٌ مِّمَّا
تَرَكَ الْوَالِدَانِ وَالْأَقْرَبُونَ مِمَّا قَلَّ
مِنْهُ ۚ أَوْ كَثُرَ ۚ نَصِيبًا مَّفْرُوضًا ﴿٨﴾

وَإِذَا حَضَرَ الْقِسْمَةَ أُولُو الْقُرْبَىٰ
وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينُ فَأَرْزُقُوهُمْ مِنْهُ
وَقُولُوا لَهُمْ قَوْلًا مَعْرُوفًا ﴿٩﴾

وَلِيَخْشَ الَّذِينَ لَوْ تَرَكَوْا مِنْ
خَلْفِهِمْ ذُرِّيَّتَهُ ضِعْفًا خَافُوا
عَلَيْهِمْ ۚ فَلْيَتَّقُوا اللَّهَ وَلْيَقُولُوا قَوْلًا
سَدِيدًا ﴿١٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَأْكُلُونَ أَمْوَالَ الْيَتَامَىٰ
ظُلْمًا إِنَّهُمْ يَأْكُلُونَ فِي بُطُونِهِمْ
نَارًا ۚ وَسَيَصْلُونَ سَعِيرًا ﴿١١﴾

يُوصِيكُمُ اللَّهُ فِي أَوْلَادِكُمْ لِلذَّكَرِ
مِثْلُ حَظِّ الْأُنثِيَيْنِ ۚ فَإِنْ كُنَّ نِسَاءً
فَوْقَ اثْنَتَيْنِ فَلَهُنَّ ثُلُثَا مَا تَرَكَ ۚ وَإِنْ
كَانَتْ وَاحِدَةً فَلَهَا النِّصْفُ ۚ وَلَا يُؤْتِي
الرِّجَالَ وَاحِدٍ مِنْهُمَا الشُّدُسَ مِمَّا تَرَكَ
إِنْ كَانَ لَهُ وَلَدٌ ۚ فَإِنْ لَمْ يَكُنْ لَهُ

nnyina afuneko kimu kya kusatu. Naye bw'aba nga yalina b'azaalibwa nabo, olwo nnyina afune kimu kya mukaaga, oluvannyuma lw'okulaama kwe yalaama ku byo *okuggyibwako* oba ebbanja. Bakitammwe n'abaana bammwe, temumanyi ani ku bo asinga okuba okumpi gye muli mu kugasa. *Engabanya eno* tteeka eriva eri Allah. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

وَلَدًا وَوَرِثَةً أَبَوَاهُ فَلِمِ مِمَّا تَلْتُمُونَ ۚ
 فَإِن كَانَ لَكُمْ إِخْوَةٌ فَلِأَوْلَادِكُمُ
 مِمَّا بَعَدَ وَصِيَّةً يُوَصِّي بِهَا أَوْلَادِكُمْ
 أَبَاؤُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ لَا تَدْرُونَ
 أَيُّهُمْ أَقْرَبُ لَكُمْ نَفَعًا فَرِيضَةٌ مِّن
 اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿٧٦﴾

13. Era nammwe mufuna kimu kya kubiri kw'ebyo ebiba birekeddwa bakyala bammwe bwe baba nga tebabadde na mwana. Naye bwe baba nga babadde n'omwana, olwo mufuna kimu kya kuna kw'ebyo bye baaleka oluvannyuma lw'okulaama kwe baalaama ku byo *okuggyibwako* oba ebbanja. Ne bakyala *bammwe* bafuna kimu kya kuna kw'ebyo bye muba mulese bwe muba nga temulina mwana. Naye bwe muba nga mulina omwana, olwo bafuna kimu kya munaana kw'ebyo bye mulese oluvannyuma lw'okulaama kwe muba mulaamye ku byo *okuggyibwako* oba ebbanja. Naye omusajja oba omukazi agenda okusikirwa bw'aba nga talina bazadde wadde abaana naye nga alina muganda we oba mwannyina, kale buli omu ku bo afune kimu kya mukaaga. Naye bwe baba nga bakirako awo, kale bonna bagabane kyenkanyi, ekimu eky'okusatu, oluvannyuma lw'okulaama kw'aba alaamye ku byo *okuggyibwako* oba ebbanja, awatali kunyigiriza. *Lino* tteeka okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Alumirwa ennyo *abaweereza be*.

وَلَكُمْ نِصْفُ مَا تَرَكَ أَزْوَاجُكُمْ إِن
 لَمْ يَكُن لَّهُنَّ وَلَدٌ فَإِن كَانَ لَهُنَّ وَلَدٌ
 فَلَكُمْ الرُّبُعُ مِمَّا تَرَكَنَّ مِن بَعْدِ
 وَصِيَّةٍ يُوَصِّينَ بِهَا أَوْلَادِكُمْ وَأُولَهُنَّ
 الرُّبُعُ مِمَّا تَرَكَتُمْ إِن لَمْ يَكُن لَكُمْ
 وَلَدٌ فَإِن كَانَ لَكُمْ ثَمَنٌ فَلَهُنَّ
 الثَّمَنُ مِمَّا تَرَكَتُمْ مِن بَعْدِ وَصِيَّةٍ
 تُؤْصُونَ بِهَا أَوْلَادِكُمْ وَإِن كَانَ رَجُلٌ
 يُؤْرَثُ كَلِيلَةً أَوْ امْرَأَةً وَلَهُ أَخٌ أَوْ أُخْتٌ
 فَلِكُلِّ وَاجِدٍ مِّنْهُمَا الشُّدُوسُ ۚ فَإِن
 كَانُوا أَكْثَرَ مِنْ ذَلِكَ فَهُمْ شُرَكَاءُ
 فِي الثَّلَاثِ مِن بَعْدِ وَصِيَّةٍ يُوَصَّى
 بِهَا أَوْلَادِكُمْ غَيْرِ مَضَارٍ ۚ وَصِيَّةٌ
 مِّنَ اللَّهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَلِيمٌ ﴿٧٧﴾

14. Ago ge mateeka ga Allah. Era oyo agondera Allah ne Mutume we, alimuyingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera. Era obwo bwe buwanguzi obusuffu.

تِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَ
 رَسُولَهُ يَدْخُلْهُ جَنَّتٍ تَجْرِي مِنْ
 تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا ذَلِكَ
 الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٧٨﴾

15. Era oyo ajeemera Allah ne Mutume we era n'amenya amateeka ge, alimuyingiza mu muliro; mu gwo mw'alibeera, era aliba n'ekibonerezo ekiswaaza.

وَمَنْ يَعْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَيَتَعَدَّ
 حُدُودَهُ يَدْخُلْهُ نَارًا خَالِدًا فِيهَا سِوَا
 عَذَابٍ مُّهِينٍ ﴿٧٩﴾

Ruku 3

16. Era abakazi abo ababa bakoze eby'ekivve mu bakazi bammwe, kale mubajulizeeko abajulizi bana abava mu mmwe. Kale abajulizi bwe babalumirizanga ddala, olwo mubaziyirizenga mu mayumba okutuusa okufa lwe kulibatuuukako oba Allah okubatekerawo ekkubo eddala.

وَالَّتِي يَأْتِينَ الْفَاحِشَةَ مِنْ نِسَائِكُمْ فَاسْتَشْهِدُوا عَلَيْهِنَّ أَرْبَعَةً مِنْكُمْ فَإِنْ شَهِدُوا فَأَمْسِكُوهُنَّ فِي الْبُيُوتِ حَتَّى يَتَوَفَّيَهُنَّ الْمَوْتُ أَوْ يَجْعَلَ اللَّهُ لَهُنَّ سَبِيلًا ﴿١٦﴾

17. Era n'abasajja bombiriri ababa bakikoze mu mmwe, kale mubabonereze. Naye bwe babonereranga era nebatereerera ddala, kale mubaleke. Mazima Allah ye Nannyini kusonyiwa, Omusaasizi ennyo.

وَالَّذِينَ يَأْتِيْنَهَا مِنْكُمْ فَاذْوَهمَا فَإِنْ تَابَا وَأَصْلَحَا فَأَعْرِضُوا عَنْهُمَا إِنَّ اللَّهَ كَانَ تَوَّابًا رَحِيمًا ﴿١٧﴾

18. Mazima okwenenya Allah kw'akkiriza kwe kw'abo abakola ebibi mu butamanya n'oluvannyuma nebabonerera mangu, kale abo Allah b'addiramu. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

إِنَّمَا التَّوْبَةُ عَلَى اللَّهِ لِلَّذِينَ يَعْمَلُونَ السُّوءَ بِجَهَالَةٍ ثُمَّ يَتُوبُونَ مِنْ قَرِيبٍ فَأُولَئِكَ يَتُوبُ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٨﴾

19. Naye okwenenya tekukkirizibwa kw'abo abakola ebibi okutuusa omu mu bo lw'atuukibwako okufa, olwo n'agamba nti: Nze kaakati mboneredde, wadde abo abafa nga beeremye. Abo twabategekera ekibonerezo ekirumya.

وَلَيْسَتِ التَّوْبَةُ لِلَّذِينَ يَعْمَلُونَ السَّيِّئَاتِ حَتَّى إِذَا حَضَرَ أَحَدَهُمُ الْمَوْتُ قَالَ إِنِّي تُبْتُ الْإِنِّ وَلَا الَّذِينَ يَمُوتُونَ وَهُمْ كُفَّارًا وَلَئِكَ آعْتَدْنَا لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٩﴾

20. Abange mmwe abakkiriza, temukkirizibwa kusikira bakazi olw'obuwaze era temubakalubirizanga nga mugenderera okubanyagako ebimu kw'ebyo bye mwabawa, okuggyako nga bakoze eky'ekivve eky'olwaatu; era mubayisenga bulungi. Naye bwe mubakyawanga, kale mwegendereze kuba ob'olyawo nemukyawa ekintu ng'ate Allah ky'ataddemu ebirungi enfaafa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا يَجِدْ لَكُمْ أَنْ تَرْتَابُوا النِّسَاءَ كَرْهًا، وَلَا تَحْضُلُوهُنَّ لِيَتَذَهَبُوا بِبَعْضِ مَا آتَيْتُمُوهُنَّ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَنَّ بِغَا حِشَّةٍ مُبِينَةٍ، وَ عَاشِرُوهُنَّ بِالْمَعْرُوفِ، فَإِنْ كَرِهْتُمُوهُنَّ فَعَسَى أَنْ تَكْرَهُوا شَيْئًا وَيَجْعَلَ اللَّهُ فِيهِ خَيْرًا كَثِيرًا ﴿٢٠﴾

21. Era bwe mubanga mwagadde okukyusa omukyala mu kifo ky'omukyala naye nga mwamala okuwa omu ku bo entuumu y'ebyobugagga, kale temu-

وَإِنْ أَرَدْتُمْ اسْتِبْدَالَ زَوْجٍ مَكَانَ زَوْجٍ، وَآتَيْتُمْ أَحَدَهُنَّ قَنَاطَرًا فَلَا تَأْخُذْوا مِنْهُ شَيْئًا، إِنَّهَا خُرُوجٌ مِنْهُ

twalanga kyonna ku byo. Abaffe, muliki-twala olw'okuwaayira n'olwekibi ekyenkukunala?

22. Ye mulikitwala mutya ng'ate mubadde nabo mu kyaama mwekka na mwekka, ate nebatwala okuva gye muli endagaano ennyweevu?

23. Era temuwasanga bakyala abo abaawasi-bwako ba kitammwe, okuggyako ekyo ekyamala okuyita. Mazima ekyo kyeninyalwa era kya kivve era kkubo bbi nnyo.

Ruku 4

24. Muziyiziddwa okuwasa bannyamwe, ne bawala bammwe, ne bannyinammwe, ne bassengammwe, ne bannyammwe abato, ne bawala ba baganda bammwe, ne bawala ba bannyinammwe, ne bannyamwe abo abaabayonsaako, ne bannyinammwe ababbeere, ne bannyazaala bammwe, ne bawala bammwe ab'abo abali mu bukuumi bwammwe—ab'abakyala bammwe abo be mwayitako gye bali. Naye bwe muba nga temwayitako gye bali, olwo temubaako kinenyo. Era muziyiziddwa ne baka batabani bammwe abo abaava mu migongo gyammwe, era muziyiziddwa n'okugattika ab'oluganda ababiri olumu, okuggyako ekyamala okuyita. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Juzu 5

25. Era muziyiziddwa okuwasa abakazi abafumbo, okuggyako abo abawambe abali mu buyinza bw'emikono gyammwe egya ddyo. Okwo kwe kulagira kwa Allah gye muli. Naye mukkiriziddwa okuwasa abo abali ebbali w'abo, naye nga munoonya kuwasa na mmaali yammwe mu bufumbo obutuufu, so si kukola bwenzi. Olw'emigaso gye mubafunamu, kale mubawenga amahare gaabwe agaakakasibwa. Naye temubaako kinenyo kw'ebyo bye muba mukkiriziganyizzaako oluvannyuma lw'okuka-kasa amahare. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

26. Era oyo mu mmwe atasobola kufuna bisaanyizo kuwasa mukazi mwana wa boowo omukkiriza, kale awase ku bali mu buyinza

بُهْتَانًا وَاِثْمًا مِّمَّنْكَ ۝۱۱

وَكَيْفَ تَأْخُذُونَهُ وَقَدْ أَفْضَى بَعْضُكُمْ إِلَى بَعْضٍ وَأَخَذْنَ مِنْكُمْ مِيثَاقًا عَلَيْهِنَّ ۝۱۲

وَلَا تَنْكِحُوا مَا نَكَحَ آبَاؤُكُمْ مِنَ النِّسَاءِ إِلَّا مَا قَدْ سَلَفَ ۚ إِنَّهُ كَانَ فَاحِشَةً وَمَقْتًا وَسَاءَ سَبِيلًا ۝۱۳

حُرِّمَتْ عَلَيْكُمْ أُمَّهَاتُكُمْ وَبَنَاتُكُمْ وَأَخَوَاتُكُمْ وَعُمَّاتُكُمْ وَخَالَاتُكُمْ وَبَنَاتُ الْأَخِ وَبَنَاتُ الْأُخْتِ وَأُمَّهَاتُ النِّسَاءِ الَّذِينَ أَزَّجْتُمْ وَأَخَوَاتُكُمْ مِنَ الرِّضَاعِ وَأُمَّهَاتُ نِسَائِكُمْ وَرَبَّاتُكُمْ الَّتِي فِي حُجُورِكُمْ مِنَ نِسَائِكُمُ الَّتِي دَخَلْتُمْ بِهِنَّ إِنْ لَمْ تَكُونُوا دَخَلْتُمْ بِهِنَّ فَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ ۚ وَحَلَائِلُ أَبْنَائِكُمُ الَّذِينَ مِنْ أَصْلَابِكُمْ ۚ وَإِنْ تَجَمَعُوا بَيْنَ الْأُخْتَيْنِ إِلَّا مَا قَدْ سَلَفَ ۚ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَفُورًا رَحِيمًا ۝۱۴

وَالْمُحْصَنَاتُ مِنَ النِّسَاءِ إِلَّا مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ ۚ كَتَبَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ وَإِجْلٌ لَكُمْ مَّا وَرَاءَ ذَلِكَ أَنْ تَبْتَغُوا بِأَمْوَالِكُمْ مُحْصِنِينَ غَيْرَ مُسَافِحِينَ ۚ فَمَا اسْتَمْتَعْتُمْ بِهِ مِنْهُنَّ فَآتُوهُنَّ أُجُورَهُنَّ فَرِيضَةً ۚ وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ فِيمَا تَرَاصَيْتُمْ بِهِ مِنْ بَعْدِ الْفَرِيضَةِ ۚ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ۝۱۵

وَمَنْ لَمْ يَسْتَطِعْ مِنْكُمْ طَوْلًا أَنْ يَنْكِحَ الْمُحْصَنَاتِ الْمُؤْمِنَاتِ فَمَنْ مَّا

bw'emikono gyammwe egya ddyo mu bazaana bammwe abakkiriza. Era Allah y'asinga okumanya obukkiriza bwammwe, anti mwenna muli nda ya nakalaama. Naye mubawase lwa kukkiriza kw'ababalinako obuyinza era mubawe amahare gaabwe mu butuufu, naye nga bakazi balongoofu, nga si benzi wadde nga tebalina mikwano mibbirire. Naye bwe bamala okufumbirwa *oluvannyuma* nebakola eby'ekivve, kale bafune kitundu kya *kibonerezo* ekyo ekiri ku bakazi abaana ba boowo. Kino kikwata kw'oyo mu mmwe aba atidde okugwa mu kibi. Naye bwe mugumiikiriza, ky'ekisinga obulungi gye muli. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 5

27. Allah ky'ayagala kwe kubannyonnyola era abalung'amyeye mu makubo g'abo ababakulemba era abaddiremu. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

28. Era Allah ayagala okubaddiramu. Naye abo abagoberera okwagala *okubi*, baagala nnyo mukyaame olukyaama olusuffu.

29. Allah ayagala kubawewulako buzito, kubanga omuntu yatondebwa nga munafu.

30. Abange mmwe abakkiriza, temulyang'anangako eby'obugagga bwammwe mu bukyamu, okuggyako nga *bye mu funye* bya busuubuzi bye mukkiriziganyizzaako; era temwettanga. Mazima Allah wa kisa nnyo gye muli.

31. Era oyo alikola ekyo olw'obujeemu n'obulyake, kale tulimuyingiza mu muliro; era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

32. Bwe muneewala ebibi ebinene bye mwaziyizibwa, tujja kubasangulako ebibi byammwe *ebitono* era tubayingize ne mu kifo eky'ekitiibwa.

مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ مِّن فَتْيَتِكُمْ
الْمُؤْمِنَاتِ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِأَيْمَانِكُمْ
بَعْضُكُم مِّن بَعْضٍ فَاذْكُرُوهُنَّ
بِأَذْنِ أَهْلِهِنَّ وَآتُوهُنَّ أُجُورَهُنَّ
بِالْمَعْرُوفِ مُحْصَنَاتٍ غَيْرَ مُسْفَحَاتٍ
وَلَا تَتَّخِذْنَ أَعْدَانٍ فَاذًا أَحْصَنَ
فَإِنَّ آتَيْنَ بِفَاحِشَةٍ فَعَلَيْهِنَّ نِصْفُ
مَا عَلَى الْمُحْصَنَاتِ مِنَ الْعَذَابِ
ذَلِكَ لِمَنْ حَشِيَ الْعَنَتَ مِنكُمْ وَإِنْ
تَضَرَّوْا حَيْزُكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ
رَّحِيمٌ ﴿٢٧﴾

يُرِيدُ اللَّهُ لِيُذَيِّبَنَّ لَكُمْ وَيَهْدِيَكُمْ
سُنَنَ الَّذِينَ مِن قَبْلِكُمْ وَيَتُوبَ
عَلَيْكُمْ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢٧﴾
وَاللَّهُ يُرِيدُ أَنْ يَتُوبَ عَلَيْكُمْ
وَيُرِيدَ الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الشَّهْوَاتِ أَنْ
تَمِيلُوا مَيْلًا عَظِيمًا ﴿٢٨﴾
يُرِيدُ اللَّهُ أَنْ يُخَفِّفَ عَنكُمْ
وَلَا تَحْمِلُوا أَوْسَالًا لِّبِئْسَ مَا
يَكْفُرُ بِهِ الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَأْكُلُوا
أَمْوَالَكُم بَيْنَكُم بِالْبَاطِلِ إِلاَّ أَنْ
تَكُونَ تِجَارَةً عَن تَرَاضٍ مِّنكُمْ
وَلَا تَقْتُلُوا أَنْفُسَكُمْ إِنَّ اللَّهَ كَانَ
بِكُمْ رَحِيمًا ﴿٢٩﴾

وَمَنْ يَفْعَلْ ذَلِكَ عُدْوَانًا وَظُلْمًا
فَسَوْفَ نُضَلِّهِ نَارًا وَكَانَ ذَلِكَ
عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿٣٠﴾

إِنْ تَجْتَنِبُوا كَبِيرَ مَا تُنْهَوْنَ
عَنْهُ نُكَفِّرْ عَنكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَ
نُدْخِلْكُمْ مِّنْ خَلْقِ كَرِيمًا ﴿٣١﴾

33. Era temululunkaniranga ebyo Allah bye yassukkirizaamu abamu mu mmwe ku balala. Abasajja balina omutemwa mw'ebyo bye baba bafunye, n'abakazi nabo balina omutemwa mw'ebyo bye baba bafunye. Naye musabenga Allah ku mikisa gye. Mazima Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

وَلَا تَتَمَنَّوْا مَا فَضَّلَ اللَّهُ بِهِ بَعْضَكُمْ عَلَى بَعْضٍ ۗ لِلرِّجَالِ نَصِيبٌ مِّمَّا كَتَبْنَا لَهُ ۖ وَ لِلنِّسَاءِ نَصِيبٌ مِّمَّا كَتَبْنَا لَهُ ۚ وَ شَأْنُ اللَّهِ مِنْ قَضَائِهِ ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ يَكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٣٣﴾

34. Era buli omu twamuteerawo abasika b'ebyo abazadde bombiriri n'abolulyo bye baba balesewo, n'abo be mwasiba nabo ebirayiro byammwe. Kale mubawe omutemwa gwabwe. Mazima Allah alaba buli kimu.

وَلِكُلِّ جَعَلْنَا مَوَالِي مِمَّا تَرَكَ الْوَالِدِينَ وَالْأَقْرَبُونَ ۚ وَالَّذِينَ عَقَدَتْ أَيْمَانُكُمْ فَأَتَوْهُمْ نَصِيبُهُمْ ۚ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدًا ﴿٣٤﴾

Ruku 6

35. Abasajja be balabirizi b'abakazi olw'ebyo Allah bye yakirang'anyaamu abamu ku balala n'olwebyo abasajja bye batoola ku by'obugagga bwabwe. Kale abakazi abalongoofu be bo abawulize, abakuuma ebyaama olw'okuba Allah yabikuuma. Naye abakazi abo be mutya olw'obujeemu bwabwe, kale mubabuulirire, era mubaleke bokka mu buliri, era mubakubemu. Naye bwe babagonderanga, kale temubasosonkerezanga. Mazima Allah ye wa waggulu ennyo, Omunene ennyo.

الرِّجَالُ قَوَّامُونَ عَلَى النِّسَاءِ ۚ بِمَا فَضَّلَ اللَّهُ بَعْضَهُمْ عَلَى بَعْضٍ ۚ وَمَا أَنْفَقُوا مِنْ أَمْوَالِهِمْ ۚ قَالَ لِمَنْ لَمْ يَلْبَسْ بِمَا حَفِظَ اللَّهُ ۚ وَالَّذِي تَخَا فُونَ تُسَوَّرَهُنَّ فَيَحْظُونَهُنَّ ۚ وَأَهْجُرُهُنَّ فِي الْمَضَاجِعِ ۚ وَ أَضْرِبُوهُنَّ ۚ فَإِنْ أَطَعْنَكُمْ فَلَا تَبْغُوا عَلَيْهِنَّ سَبِيلًا ۚ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا كَبِيرًا ﴿٣٥﴾

36. Era bwe mutyanga okwetemamu okuli wakati wa bombiriri, kale mussengawo omutaawuluzi okuva mu b'oku ludda lw'omusajja n'omutaawuluzi okuva mu b'oku ludda lw'omukyala. Bombi bwe baliba nga ddala baagala kutabaganya, Allah alirecta okukkaanya wakati waabwe. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Ategeera byonna.

وَإِنْ خِفْتُمْ شِقَاقَ بَيْنِهِمَا فَابْعَثُوا حَكَمًا مِّنْ أَهْلِهِ وَحَكَمًا مِّنْ أَهْلِهَا ۚ إِنَّ يُرِيدَ إِصْلَاحًا يُوَفِّقِ اللَّهُ بَيْنَهُمَا ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا خَبِيرًا ﴿٣٦﴾

37. Era musinze Allah, naye temumwenkanyanga ne kyonna, n'abazadde bombiriri bayisibwenga bulungi, n'ababo, ne bamulekwa, n'abanaku, n'owomuliraano nga wa luganda, n'owomuliraano ow'ebbali, ne munno ow'oku lusegere, n'omutambuze, n'abali wansi w'emikono gyammwe egya ddyo. Mazima Allah tayagala mwewulize, omwewaanyi,

وَاعْبُدُوا اللَّهَ وَلَا تُشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا ۚ وَ بِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا ۚ وَ بِذِي الْقُرْبَىٰ وَ الْيَتَامَىٰ وَ الْمَسْكِينِ وَ الْجَارِ ذِي الْقُرْبَىٰ وَ الْجَارِ الْجُنُبِ وَ الصَّاحِبِ بِالْجَنبِ وَ ابْنِ السَّبِيلِ ۚ وَ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ ۚ إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَنْ كَانَ مُخْتَلًا ۚ فَخُورًا ﴿٣٧﴾

38. Be bo abakodowala era nebalagira n'abantu okukodowala era ne bakisa n'ebyo Allah bye yabawa mu mikisa gye. Era twategekera abeerema ekibonerezo ekiswaaza,

وَالَّذِينَ يَبِخَلُونَ وَيَأْمُرُونَ النَّاسَ بِالْبُخْلِ وَيَكْتُمُونَ مَا آتَاهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ؕ وَآعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا مُهِينًا ﴿٣٨﴾

39. N'abo abatoola eby'obugagga bwabwe olw'okulabwa abantu, so nga tebakiriza Allah wadde olunaku lw'enkomerero. Era n'oyo aba nga Sitaani ye mukwano gwe, amanye nti Sitaani wa mukwano mubi nnyo.

وَالَّذِينَ يُنْفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ رِئَاءَ النَّاسِ وَلَا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَلَا بِالْيَوْمِ الْآخِرِ ؕ وَمَنْ يَكُنِ الشَّيْطَانُ لَهُ قَرِينًا فَسَاءَ قَرِينًا ﴿٣٩﴾

40. Naye ddala baalibadde ki singa bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero era ne batoola ne kw'ebyo Allah bye yabawa? Naye Allah abamanyi bulungi.

وَمَا دَا عَلَىٰهِمْ لَوْ آمَنُوا بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَانْفَقُوا مِمَّا رَزَقَهُمُ اللَّهُ ؕ وَكَانَ اللَّهُ بِهِمْ عَلِيمًا ﴿٤٠﴾

41. Mazima Allah talyazaamaanya wadde akazitowa ng'akabu. Ate ekikolwa bwe kiba ekirungi, akiyingiwaza buyingiwaza. Era awa empeera ensuffu okuva gy'ali.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَظِلُّهُ مِثْقَالُ ذَرَّةٍ وَرَأَىٰ تَكَرُّبَ حَسَنَةٍ يُضْعِفُهَا وَيُؤْتِ مِنْ لَدُنْهُ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٤١﴾

42. Naye kiriba kitya awo nga tuleese omujulizi okuva mu buli kibiina, naawe netukuleeta nga ggwe mujulizi ku bano?

فَكَيْفَ إِذَا جِئْتُمُنْ مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ بِشَهِيدٍ وَجِئْنَا بِكَ عَلَىٰ هَؤُلَاءِ شَهِيدًا ﴿٤٢﴾

43. Ku lunaku olwo, abo abatakkiriza n'abaajeemera Mutume balyegomba nti singa baseetezeddwa bumu n'ensi, ate tebalisobola kukisa Allah kigambo kyonna.

يَوْمَئِذٍ يَتَّبِعُونَ الَّذِينَ كَفَرُوا وَأَعَصَوْا الرَّسُولَ لَوْ تَسَوَّىٰ بِهِمُ الْأَرْضُ ؕ وَلَا يَكْتُمُونَ اللَّهَ حَدِيثًا ﴿٤٣﴾

Ruku 7

44. Abange mmwe abakkiriza, temusembereranga essaala nga temutegeera, okutuusa nga mutegeera bye mwogera; wadde temugisembereranga nga mulina janaba,* okutuusa nga mumaze kunaaba, okuggyako nga muli mu lugendo. Era bwe mubanga abalwadde oba nga muli mu lugendo oba nga omu mu mmwe ava awayambirwa oba nga muyiseeko eri abakyala nemutafuna mazzi, kale muluubiriranga okukozesa enfuufu ennyonjo mugiyise mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe. Mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقْرَبُوا الصَّلَاةَ وَأَنتُمْ سُكَارَىٰ حَتَّىٰ تَعْلَمُوا مَا تَقُولُونَ وَلَا جُنُبًا إِلَّا عَابِرِي سَبِيلٍ حَتَّىٰ تَغْتَسِلُوا ؕ وَإِنْ كُنْتُمْ مَرْضَىٰ أَوْ عَلَىٰ سَفَرٍ أَوْ جَاءَ أَحَدٌ مِنْكُم مِّنَ الْعَائِلَةِ أَلْمَسْتُمْ الرِّسَاءَ فَلَمْ تَجِدُوا مَاءً فَتَيَمَّمُوا

4:44. Ekigambo 'junuban' (جُنُبًا) oba 'janaba' tekitegeza bukyaaflu, wabula kitegeeza embeera omuntu gy'abaamu oluvannyuma lw'okwetaba mu mikolo gy'ekikulu oba oluvannyuma lw'okuvaamu amazzi agazaala. Mu mbeera ezo zombi, omuntu atekwa butekwa kusooka kunaaba mubiri alyooke asaale. Okunaaba oluvannyuma lw'embeera ezo zombi newankubadde nga si lwa swala, kya bugunjufu.

45. Abaffe, tewalaba abo abaaweebwa ekitundu ku Kitabo nga bagula obubuze era nga baagala nammwe muwabe ku kkubo ?

46. Era Allah y'asinga okumanya abalabe bammwe. Era Allah amala bulungi nga Omukuumi, era Allah amala bulungi nga Omuyambi.

47. Mu Bayudaaya *mulimu* abakyuusa-kyuusa ebigambo *ne babiggya* mu nteeko ya byo era nebagamba nti: Tuwulidde, naye tujeemye. Era *bagamba nti*: Wulira *ebyaffe*, awatali *gwe* kuwulirizibwa. Era *boogera ekigambo* Rā'inā nga banyoola ennimi zaabwe olw'okutyoboola eddiini. So singa baagamba nti: Tuwulidde era tuli bawulize, era *nti*: Wuliriza, ne *bakozesa ekigambo* Undhurna, ky'ekyalisinze obulungi n'obwesimbu gye bali. Naye Allah yabakolimira olw'obutakkiriza bwabwe era tebakkiriza okuggyako akatono ennyo.*

48. Abange mmwe abaaweebwa Ekitabo, mukkirize ebyo bye twassa (mu Kur'āni) ebikakasa ebyo bye muli nabyo nga tetunnaswaaza *abamu ku* bakulembeze *bammwe*, badduke nga tebatunula na mabega oba tubakolimire nga bwe twakolimira abantu ba Sabbiiti. Ate ekiragiro kya Allah kiteekwa buteekwa okutuukirira.

49. Mazima Allah tasonyiwa kumwenkanya n'ekirala, naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba ayagadde. Era oyo eyenkanya Allah n'ekirala, mazima ddala aba agunzeewo ekibi ekisuffu.

صَعِيدًا طَيِّبًا فَاَمْسَحُوا بِوُجُوْهِكُمْ وَ
 اَيْدِيكُمْ ۗ اِنَّ اللّٰهَ كَانَ عَفُوًّا غَفُوْرًا ﴿٤٦﴾
 اَلَمْ تَرَ اِلَى الَّذِيْنَ اُوْتُوْا نَصِيْبًا مِّنَ
 الْكِتٰبِ يَشْتَرُوْنَ الصَّلٰةَ وَيُرِيْدُوْنَ
 اَنْ تَضَلُّوْا السَّبِيْلَ ﴿٤٧﴾

وَاللّٰهُ اَعْلَمُ بِاَعْدَائِكُمْ ۗ وَكَفٰى
 بِاللّٰهِ وَرِيْثًا ۗ وَكَفٰى بِاللّٰهِ نَصِيْرًا ﴿٤٨﴾

مِنَ الَّذِيْنَ هَادُوْا يُحَرِّفُوْنَ الْكَلِمَ
 عَنْ مَّوٰضِعِهِ وَيَقُوْلُوْنَ سَمِعْنَا وَ
 عَصَيْنَا وَاَسْمَعُ غَيْرَ مُسْمِعٍ وَّرَاعِنَا لَيْتًا
 بِاَلْسِنَتِهِمْ وَطَعْنًا فِي الدِّيْنِ ۗ وَكُو
 اَتْهُمْ قَالُوْا سَمِعْنَا وَاَطَعْنَا وَا
 سْمَعُ وَاَنْظُرْنَا لَكَ اَنْ خَيْرًا لَّهُمْ وَا
 اَقْوَمَ ۗ وَلٰكِنْ لَعَنَهُمُ اللّٰهُ بِكُفْرِهِمْ فَلَا
 يُؤْمِنُوْنَ اِلَّا قَلِيْلًا ﴿٤٧﴾

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اُوْتُوْا الْكِتٰبَ اٰمِنُوْا بِمَا
 نَزَّلْنَا مُصَدِّقًا لِّمَا مَعَكُمْ مِّن قَبْلِ اَنْ
 تَطْمِسَ وُجُوْهُكُمْ فَرَدًّا عَلٰى اَدْبَارِهَا وَاَوْ
 تَلْعَنَهُمْ كَمَا لَعَنَّا اَصْحٰبَ السَّبْتِ ۗ
 وَكَانَ اَمْرًا لِّلّٰهِ مَفْعُوْلًا ﴿٤٨﴾

اِنَّ اللّٰهَ لَا يَغْفِرُ اَنْ يُشْرَكَ بِهٖ وَا
 يَغْفِرُ مَا دُوْنَ ذٰلِكَ لِمَنْ يَشَآءُ ۗ وَمَنْ
 يُشْرِكْ بِاللّٰهِ فَقَدْ افْتَرٰى اِثْمًا
 عَظِيْمًا ﴿٤٩﴾

4:47. Abannanfuusi aboogerwako wano baagezaako okukyusaakyuusa n'okubuzaabuza amakulu g'ebigambo nga baluubirira okutyooloola ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.). Bo abakkiriza baagambanga nti 'sami'na wa atwa'na' (سَمِعْنَا وَرَاعِنَا) ekitegeeza nti, 'uwulidde era tugonze. Kyokka ate abannanfuusi, bo baakyuusaamu nti 'sami'na wa swaina (سَمِعْنَا وَعَصَيْنَا) ekitegeeza nti 'uwulidde naye tujeemye'. Kino baakikola nga kye bagenderera kujerega Mutume (s.a.w.). Mu ngeri y'emu era abannanfuusi baakozesanga akakodyo akalala ak'okunyoola ebigambo olw'okutyooloola ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.) nga bagamba nti 'Rā'inā' (رَاعِنَا) (oli musumba atulundira endiga zaffe) mu kifo ky'ekigambo ekituufu 'Rā'inā' (otwanguyira, totukaluubiriza). Ku lw'ensonga eno, Allah kye yava agaanira ddala abakkiriza okukozesa ekigambo 'Rā'inā' abannanfuusi kye baanyoolanga, n'abagamba nti mu kifo kya kyo bakozesenga ekigambo 'Undhurnā' (اَنْظُرْنَا) ekitegeeza nti 'ssebo tutunuulire n'ekisa', kubanga kyo ky'ekituukana n'ekitiibwa kya Mutume (s.a.w.).

50. Abaffe, tolaba abo abeetukuzatukuza so nga Allah y'atukuza oyo gw'aba asiimye? Naye tebaliryaaza manyizibwa wadde akasirikitu.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يُرْكَبُونَ أَنْفُسَهُمْ
بِإِلَهِ اللَّهِ يُرْكَبُونَ مِنْ يَشَاءُ وَلَا يُظْلَمُونَ
شَيْئًا ۝٥٠

51. Laba nga bwe balumika ku Allah eby'obulimba! Era ekyo kimala okuba ekibi eky'enkukunala.

أُنظُرْ كَيْفَ يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ
وَكَفَى بِهِ إِثْمًا مُّبِينًا ۝٥١

Ruku 8

52. Abaffe, tolaba abo abaaweebwa ekitundu ku Kitabo? Bakkiririza mu mizimu ne Sitaani, era boogera ne kw'abo abatakkiriza *nti*: Bano be basinga obulung'amu mu ddiini kw'abo abakkiriza.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ أُوتُوا نَصِيبًا مِنَ
الْكِتَابِ يُؤْمِنُونَ بِالْجِبْتِ وَالطَّاغُوتِ
وَيَقُولُونَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا هَؤُلَاءِ أَهْدَى
مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا سَبِيلًا ۝٥٢

53. Abo nno be bo Allah be yakolimira. Naye oyo Allah gw'akolimidde, tolimuzuulirayo muyambi yenna.

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَعَنَهُمُ اللَّهُ ۖ وَ مَن
يَلْعَنِ اللَّهُ فَلَن تَجِدَ لَهُ نَصِيرًا ۝٥٣

54. Abaffe, balinayo omugabo gwonna mu bwakabaka, kye bava balema okuwa abantu wadde akasirikitu ?

أَمْ لَهُمْ نَصِيبٌ مِّنَ الْمُلْكِ فَإِذَا لَا
يُؤْتُونَ النَّاسَ نَقِيرًا ۝٥٤

55. Nandiki bakwatirwa bantu nsaalwa olw'ebyo Allah bye yabawa mu mikisa gye? Mazima twawa abaana ba Ibrahîmu Ekitabo n'ebyamagezi era netubawa obwakabaka obusukkirivu.

أَمْ يَحْسُدُونَ النَّاسَ عَلَى مَا آتَاهُمُ اللَّهُ
مِنْ فَضْلِهِ ۖ فَقَدْ آتَيْنَا آلَ إِبْرَاهِيمَ
الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَآتَيْنَاهُمْ مُلْكًا
عَظِيمًا ۝٥٥

56. Kale mu bo mulimu abaamukkiriza, ne mu bo mulimu abaamwebengulako. Naye Jahannamu emala ng'omuliro ogubumbujja.

فَمِنْهُمْ مَن آمَنَ بِهِ وَمِنْهُمْ مَن صَدَّ
عَنهُ ۖ وَكَفَىٰ بِجَهَنَّمَ سَعِيرًا ۝٥٦

57. Mazima abo abaagaana Aya zaffe, mangu nnyo tujja kubasuula mu muliro. Buli ensusu zaabwe lwe zinasiriiranga, tulibakyuusiza-ngamu ensusu endala, balyooke baloze ku kibonerezo. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِنَا سَوْفَ
نُضِلِّيهِمْ نَارًا ۖ كُلَّمَا نَضِجَتْ
جُلُودُهُمْ بَدَّلْنَاهُمْ جُلُودًا غَيْرَهَا
لِيَذُوقُوا الْعَذَابَ ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ
عَزِيزًا حَكِيمًا ۝٥٧

58. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, mangu nnyo tujja kubayingiza mu nsuku ezikululutamumu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera olubeerera. Balifuniramu be balifumbiriganwa nabo abaatukuzibwa, era tulibayingiza mu kisiikirize ekiwewevu ennyo.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
سَنُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا
الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۖ لَهُمْ
فِيهَا أَزْوَاجٌ مُّطَهَّرَةٌ وَرُؤُوسُهُمْ فِيهَا
ظِلٌّ ۝٥٨

59. Mazima Allah abalagira okuwanga obuvunaanyizibwa abo abalina ebisaanyizo bya bwo. Era nti bwe mulamulanga wakati w'abantu, kale mulamulenga mu bwenkanya. Mazima Allah by'ababuulirizisa si birungi ggero! Ddala Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُكُمْ أَنْ تُؤَدُّوا الْأَمَانَتِ إِلَىٰ أَهْلِهَا وَإِذْ أَكْرَمْتُم بَيْنَ النَّاسِ أَنْ تَحْكُمُوا بِالْعَدْلِ إِنَّ اللَّهَ نِعِمَّا يَعِظُكُمْ بِهِ إِنَّ اللَّهَ كَانَ سَمِيعًا بَصِيرًا ﴿٥٩﴾

60. Abange mmwe abakkiriza, mugondere Allah era mugondere Mutume, n'abobuyinza mu mmwe.* Era bwe mutotoogananga mu kintu kyonna, kale mukizzenga eri Allah ne Mutume; bwe muba nga ddala mukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Ekyo ky'ekisinga obulungi era ky'ekikomekkerezebwa obulungi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اطِّيعُوا اللَّهَ وَاطِّيعُوا الرَّسُولَ وَ أُولِي الْأَمْرِ مِنْكُمْ فَإِن تَنَادَعْتُمْ فِي شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَالرَّسُولِ إِن كُنتُمْ تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ ، ذَلِكَ خَيْرٌ وَأَحْسَنُ تَأْوِيلًا ﴿٦٠﴾

Ruku 9

61. Abaffe, tewelaba abo abeefuula nti bakkiriza ebyo ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa olubereberye lwo ng'ate baagala kulamulirwa eri Sitaani, so nga baalagirwa obutamukkiriza? Naye Sitaani ky'ayagala, kwe kubabuza okubula okw'ewala.

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ يَزْعُمُونَ أَنَّهُمْ آمَنُوا بِمَا نَزَّلَ لَكُم مِّن قَبْلِكَ يُرِيدُونَ أَن يَتَحَكَّمُوا إِلَى الطَّاغُوتِ وَقَدْ أُمِرُوا أَن يَكْفُرُوا بِهِ ، وَيُرِيدُ الشَّيْطَانُ أَن يُضِلَّهُمْ ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿٦١﴾

62. Era bwe bagambibwa nti: Mujje eri ebyo Allah bye yassa n'eri Mutume, olaba bannanfuusi bwe bakwemansulako olwemansula.

وَإِذْ أُنزِلَ لَهُم تَعَالَىٰ مَا نَزَّلَ اللَّهُ وَ إِلَى الرَّسُولِ رَأَيْتَ الْمُنافِقِينَ يَصُدُّونَ عَنْكَ صُدُودًا ﴿٦٢﴾

63. Naye kitya awo nga batuukiddwako akabenje olw'ebyo emikono gyabwe bye yakulembeza? Olwo bajja gy'oli nga balayira nti: Mu mazima ga Katonda, tetwagenderera kirala kyonna okuggyako okukola ekisa n'okutabagana.

فَكَيْفَ إِذَا آصَابَتْهُمُ مُصِيبَةٌ بِمَا قَدَّمَتْ أَيْدِيهِمْ ثُمَّ جَاءُوكَ يَخْلِفُونَكَ بِاللَّهِ لَن آدُّنَا إِلَّا آخِسًا نَّاء وَتَوَفِّيَقًا ﴿٦٣﴾

64. Abo nno Allah amanyi bulungi ebiri mu mitima gyabwe. Kale ggwe baleke era babuulirire, era yogera nabo ekigambo

أُولَئِكَ الَّذِينَ يَعْلَمُ اللَّهُ مَا فِي قُلُوبِهِمْ فَأَعْرِضْ عَنْهُمْ وَعِظْهُمْ وَ

4:60. Abantu abamu tebategeera bulungi makulu gava mu bigambo 'ulil amri minkum' (أوليا الامر منكم) ekitegeeza 'ab'obuyinza mu mmwe', naddalalekigambo 'minkum' ekirimu ebigambo ebibiri 'min' (ومن) ne 'kum' (كلم). 'Min' kitegeeza 'okuva' oba 'mu', ate 'kum' kitegeeza 'mmwe'. Abamu balowooza nti Aya eno etegeeza nti Abasiraamu basaanaye kugondera ab'obuyinza abo bokka abava mu bo nga Basiraamu. Okusinzira ku mateeka g'Oluwarabu, 'min' egatta bugassi 'kum' ku 'amri', n'olwekyo amakulu amatufu gasaanye kuba 'n'abobuyinza 'mu mmwe' oba 'ku mmwe' so si 'okuva mu mmwe'.

ekibakwatirako ddala.

65. Era tetwatuma Mubaka yenna wabula twamutuma alyooke agonderwe olw'ekiragiro kya Allah. So singa bwe beeryazaamaanya, baja gy'oli nebasaba okusonyiyibwa kwa Allah, ne Mutume n'abasabira okusonyiyibwa, mazima baalisanze nga Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

66. Nedda, amazima ga Mukama wo, tebajja kuba bakkiriza okutuusa lwe balikufuula omulamuzi mu buli mpaka eziri wakati waabwe, n'oluvannyuma baleme kusanga nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ekyo ky'osazeewo era bajeemulukuke olujeemulukuka.

67. Era singa twabalagira nti mutte abantu bammwe oba nti muve mu maka gammwe, tebaalikikoze okuggyako abatono ennyo mu bo. So nno singa baakola ebyo ebibabuulirirwako, ky'ekyalisnze obulungi gye bali era bwe bwalibadde obunyweevu obwa nnamaddala.*

68. Era olwo ddala twalibawadde empeera nsuffu okuva gye tuli;

69. Era ddala twalibalung'amizza mu kkubo eggolokofu.

70. Era oyo agondera Allah ne Mutume, kale abo be bali mw'abo Allah be yawa ebyengera: Mu ba Nabbi, n'Abamazima, n'Abajulizi, n'Abatuukirivu. Era bano si ba mukwano ggero!

71. Egyo nno gy'emikisa egiva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi amalira ddala.

Ruku 10

72. Abange mmwe abakkiriza, mutwale eby'okwerinza byammwe; kale mulumbise ekibiina kimu kimu, oba mwenna mugende bumu.

73. Era ddala mu mmwe mulimu n'oyo eyesigaza emabega. Kale bwe Mutuukibwako akabenje, ng'agamba nti: Mazima

قُلْ لَهُمْ فِي أَنْفُسِهِمْ قَوْلًا بَلِيغًا ١٤
وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ رَّسُولٍ إِلَّا لِيُطَاعَ
بِإِذْنِ اللَّهِ وَكَوَلُوا لَهُمْ إِذْ ظَلَمُوا
أَنْفُسَهُمْ جَاءُوكَ فَاسْتَغْفِرُوا اللَّهَ
وَاسْتَغْفَرَ لَهُمُ الرَّسُولُ لَوَجَدُوا
اللَّهَ تَوَّابًا رَحِيمًا ١٥

فَلَا وَرَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ حَتَّى
يُحَكِّمُوكَ فِي مَا شَجَرَ بَيْنَهُمْ ثُمَّ لَا
يَجِدُوا فِي أَنْفُسِهِمْ حَرَجًا مِمَّا
قَضَيْتَ وَيَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا ١٦
وَلَوْ أَنَّا كَتَبْنَا عَلَيْهِمْ أَنْ اقْتُلُوا
أَنْفُسَكُمْ أَوْ أَخْرَجُوا مِنْ دِيَارِكُمْ مَا
فَعَلُوهُ إِلَّا قَلِيلٌ مِنْهُمْ وَلَوْ أَنَّهُمْ فَعَلُوا
مَا يُوعَظُونَ بِهِ لَكَانَ خَيْرًا لَهُمْ
أَشَدَّ تَثْبِيثًا ١٧

وَإِذَا لَا تَأْتِيهِمْ مِنْ لَدُنَّا أَجْرًا
عَظِيمًا ١٨

وَلَهَدَيْنَاهُمْ صِرَاطًا مُسْتَقِيمًا ١٩
وَمَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَالرَّسُولَ فَأُولَئِكَ مَعَ
الَّذِينَ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنَ التَّيِّبِينَ وَ
الصَّادِقِينَ وَالشُّهَدَاءَ وَالصَّالِحِينَ وَ
حَسُنَ أُولَئِكَ رَفِيقًا ٢٠

ذَلِكَ الْفَضْلُ مِنَ اللَّهِ وَكَفَى بِاللَّهِ
عَلِيمًا ٢١

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا خُذُوا حِذْرَكُمْ
فَإِنْفِرُوا نَجَاتٍ أَوْ تَنْفِرُوا جَمِيعًا ٢٢

وَلَاتُ مِنْكُمْ مَن لَّيْبِطَنَّ فَإِنْ أَصَابَتْكُمْ
مُصِيبَةٌ قَالْ قَدْ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيَّ لِأَنَّمْ

4:67. Kino tekitegeeza nti baalagirwa okwetta wabula baakubirizibwa okwemalamu omuze gw'okwemanya, amaddu n'empisa embi basobole okujeemulukukira Allah mu bujjuvu.

nze Allah ansaasidde nemba nga siri wamu nabo.

74. Naye bwe mutuukibwako emikisa egiva eri Allah, ddala ajja kwogera nga wali ng'awataabadde mukwano wakati wammwe naye, nti: Nga ndabye! Kale singa nabadde nabo, naaliganyuddwa okuganyulwa okusuffu!

75. Kale balwane mu kkubo lya Allah abo abatunda obulamu bw'ensi olw'enkomerero. Era oyo alwana mu kkubo lya Allah n'attibwa oba n'awangula, kale mangu nnyo tujja kumuwa empeera ensukkirivu.

76. Ye mubadde ki obutalwana mu kkubo lya Allah n'olw'abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana abo abagamba nti: Mukama waffe, tujje mu kibuga kino abantu ba kyo bajoozi nnyo, era otuteerewo ow'omukwano ava gy'oli, era otuteerewo n'omuyambi ava gy'oli?

77. Abo abakkiriza be balwana mu kkubo lya Allah. Naye abatakkiriza, balwana mu kkubo lya Sitaani. Kale mmwe mulwanyise mikwano gya Sitaani. Mazima enkwe za Sitaani nnafu nnyo.

Ruku 11

78. Abaffe, tewalaba abo abaagambibwa nti: Muziyize emikono gyammwe temulwana, naye mujjumbire essaala era mutoole zaka? Naye bwe baalaalikibwa okulwana, okwejuukiriza nga abamu mu bo batya abantu nga bwe baalitidde Allah, oba okutya okusinga nawo. Era baagamba nti: Mukama waffe, lwaki watulaalika okulwana? Singa nno watulwisalwisaako okumala akasera akampimpi! Gamba nti: Emigaso gy'ensi mitono nnyo, naye egy'enkomerero gy'egisinga obulungi eri oyo atya Allah; era temuliryaamaanyizibwa n'akatono.

79. Wonna wemuba, okufa kwa kubatuu-kako, ne bwe muba mu bigo ebinyweevu.

أَكُن مَعَهُمْ شَهِيدًا ﴿٧٤﴾

وَلَكِن أَصَابَكُمْ فُضْلٌ مِنَ اللَّهِ لِيَقُولَنَّ كَأَن لَّمْ تَكُنْ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُ مَوَدَّةٌ يَلَيْسَ لِي بِكُنْتُمْ مَعَهُمْ قَافِرًا قَوْرًا

عَظِيمًا ﴿٧٤﴾

فَلْيَقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ الَّذِينَ يَشْرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا بِالْآخِرَةِ وَمَن يُقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَيُقْتَلْ أَوْ يَغْلِبْ فَسَوْفَ نُؤْتِيهِ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٧٥﴾

وَمَا لَكُمْ لَا تُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالْمُسْتَضْعَفِينَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَالْوِلْدَانِ الَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا أَخْرِجْنَا مِنْ هَذِهِ الْقَرْيَةِ الظَّالِمِ أَهْلُهَا ۗ وَاجْعَل لَّنَا مِن لَّدُنكَ وَلِيًّا ۗ وَاجْعَل لَّنَا مِن لَّدُنكَ نَصِيرًا ﴿٧٦﴾

الَّذِينَ آمَنُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ۗ وَالَّذِينَ كَفَرُوا يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ الطَّاغُوتِ فَقَاتِلُوا أَوْلِيَاءَ الشَّيْطَانِ ۗ إِنَّ كَيْدَ الشَّيْطَانِ كَانَ ضَعِيفًا ﴿٧٧﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ قِيلَ لَهُمْ كُفُّوا أَيْدِيَكُمْ وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ ۖ فَلَمَّا كُتِبَ عَلَيْهِمُ الْقِتَالُ إِذَا فَرِيقٌ مِّنْهُمْ يَخْشَوْنَ النَّاسَ كَخَشْيَةِ اللَّهِ أَوْ أَشَدَّ خَشْيَةً ۗ وَقَالُوا رَبَّنَا لِمَ كَتَبْتَ عَلَيْنَا الْقِتَالَ ۗ لَوْ أَنَّا آخَرْتَنَا إِلَىٰ أَجَلٍ قَرِيبٍ ۗ قُلْ مَتَاعُ الدُّنْيَا قَلِيلٌ ۗ وَالْآخِرَةُ خَيْرٌ لِّمَنِ اتَّقَىٰ ۗ وَلَا تُظَلَمُونَ فَتِيلًا ﴿٧٨﴾

أَيَّن مَاتَكُونُوا يُدْرِكُكُمُ الْمَوْتُ وَلَوْ كُنْتُمْ فِي بُرُوجٍ مُّشِيدَةٍ ۗ وَإِن

Era bwe batuukibwako ebirungi, bagamba nti: Bino bivudde eri Allah. Naye bwe batuukibwako akabi, bagamba nti: Kano kavudde gy'oli. Gamba nti: Byonna biva eri Allah. Abaffe, abantu bano babadde ki, tebakyayinza na kutegeera kigambo kyonna?

تُصِيبُهُمْ حَسَنَةٌ يَقُولُوا هَذِهِ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ ۖ وَإِنْ تُصِيبُهُمْ سَيِّئَةٌ سَبَّحُوا بِحَمْدِ اللَّهِ هَذِهِ مِنْ عِنْدِكَ ۗ قُلْ كُلٌّ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ ۗ فَمَالِ هَؤُلَاءِ الْقَوْمِ لَا يَكَادُونَ يَفْقَهُونَ حَدِيثًا ﴿٧٩﴾

80. Ekirungi kyonna ekikutuukako kiva eri Allah, naye ekibi kyonna ekikutuukako kiva gy'oli. Era twakutuma nga ggwe Mubaka eri abantu bonna. Era Allah nga Omujulizi, amala.

مَا أَصَابَكَ مِنْ حَسَنَةٍ فَمِنَ اللَّهِ ۗ وَمَا أَصَابَكَ مِنْ سَيِّئَةٍ فَمِنْ نَفْسِكَ ۗ وَأَرْسَلْنَاكَ بِاللَّيْلِ رَسُولًا ۗ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا ﴿٨٠﴾

81. Oyo agondera Mutume, ddala aba agonedde Allah. Era yenna eyeekyuusa, amanye nti ggwe tetwakutuma kuba mukuumi ku bo.

مَنْ يُطِيعِ الرَّسُولَ فَقَدْ أَطَاعَ اللَّهَ ۗ وَمَنْ تَوَلَّىٰ فَمَا أَرْسَلْنَاكَ عَلَيْهِمْ حَفِيظًا ﴿٨١﴾

82. Era bagamba nti: Obuwulize bwe tugenderera. Naye bwe bava w'oli, ekibiina ekimu mu bo kisula kiteesa okuwakanya ebyo bye wayogedde. Naye Allah awandiika ebyo bye basula bateesa. Kale ggwe baleke, era weesige Allah yekka. Era Allah nga Omulabirizi, amala.

وَيَقُولُونَ طَاعَةٌ فَإِذَا بَرَرُوا مِنْ عِنْدِكَ بَيَّتَ طَائِفَةٌ مِنْهُمْ غَيْرَ الَّذِي تَقُولُ ۗ وَاللَّهُ يَكْتُبُ مَا يُبَيِّتُونَ ۗ فَأَعْرِضْ عَنْهُمْ ۗ وَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ ۗ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ وَكِيلًا ﴿٨٢﴾

83. Abaffe, Kur'ani eno tebagifumiitirizaa-ko? Ddala singa yava eri atali Allah, tewali kubuusauba, baaligisanzeemu ebitatabagana nfaafa.*

أَفَلَا يَتَذَكَّرُونَ الْقُدْرَانُ ۗ وَكَوْكَانَ مِنْ عِنْدِ غَيْرِ اللَّهِ لَوَجَدُوا فِيهِ إِحْتِلَافًا كَثِيرًا ﴿٨٣﴾

84. Era bwe batuukibwako amawulire ag'emirembe oba ag'entiisa, bagalaalaasa bulaalaasa. So singa bagazza eri Mutume oba eri ab'obuyinza mu bo, ddala abo mu bo abaganoonyerezaako baalitegedde ekituufu. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, mazima mwaligoberedde Sitaani, okuggyako abatono ennyo.

وَإِذْ أَجَاءَهُمْ أَمْرٌ مِنَ الْأَمْنِ أَوِ الْخَوْفِ أَذَاعُوا بِهِ ۗ وَلَوْ رَدُّوهُ إِلَى الرَّسُولِ وَإِلَىٰ أُولِي الْأَمْرِ مِنْهُمْ لَعَلِمَهُ الَّذِينَ يَسْتَنْبِطُونَهُ مِنْهُمْ ۗ وَلَوْ لَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ لَاتَّبَعْتُمُ الشَّيْطَانَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿٨٤﴾

85. Kale lwana mu kkubo lya Allah—tovunaanyizibwa okuggyako ku lulwo ggwe wennyini—era kubiriza n'abakkiriza

فَقَاتِلْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ۗ لَا تُكَلِّفُ إِلَّا نَفْسَكَ وَحَرْصَ الْمُؤْمِنِينَ ۗ عَسَىٰ

4:83. Ebigambo 'ikhtilāfan katheeran' (إِحْتِلَافًا كَثِيرًا) wano bitegeeza butatabagana, kukontana oba kukoonaagana okungi. Ekitegeeza nti singa ddala Kur'ani Entukuvu teyava eri Katonda, yandibaddemu ebitatabagana nfaafa. Amakulu ge gamu gasangibwa ne mu 67:4 Katonda w'agamba nti toyinza kulaba njawukana (oba butatabagana)mu kutonda kwe.

okulwana; ob'olyawo Allah n'aziyiza enkundi y'abatakkiriza. Era Allah musukkirivu mu maanyi, era Mukakali mu kubonereza.

86. Oyo awolereza okuwolereza okulungi, akufunamu omugabo. N'oyo awolereza okuwolereza okubi, afuna omutemwa gw'ekibi gwa kwo. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

87. Era bwe mulamusibwanga n'ekiramuso ekirimu okusaba, kale nammwe mulamusenga mu ngeri ekisingako obulungi, oba mukidde-ngamu. Mazima buli kimu Allah akibala.*

88. Allah ye yekka, teri musinzibwa mulala okujjako Ye. Ddala aija kugenda ng'abakung'anya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, tekiriimu kubuusabuusa. Y'ate ani asinga ku Allah okwogera amazima?

Ruku 12

89. Abaffe, mubadde mutya okwetemamu awabiri ku nsonga za bannanfuusi, songa Allah yabasuala dda olw'ebyo bye baakola? Abaffe, mwagala kulung'anya abo Allah be yasalira okubula? Naye oyo Allah gw'asalidde okubula, kale toyinza kumuzuulirayo kkubo ddala.

90. Era beegomba nnyo nammwe mubeere batakkiriza nga bo bwe bali abatakkiriza, olwo mwenna mwenkanenkane. Kale temutwalanga yenna mu bo okuba ow'omukwano, okutuusa lwe balisengukira mu kkubo lya Allah. Naye ate bwe beefulanga, olwo mubakwate era mubatte wonna wemubasanganga. Era temutwalanga yenna mu bo okuba ow'omukwano wadde omuyambi;

91. Okuggyako abo abalina enkolagana n'abantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, oba nga bazze gye muli nga emitima gyaabwe gikaluubiriddwa okulwana nammwe oba okulwana ne bannaabwe. Era singa Allah yayagala, ddala yaalibawadde amaanyi ku mmwe; olwo ddala baalirwanye nammwe. Naye bwe babeesambanga ne-batalwana nammwe era nebassaawo emirembe gye muli, kale olwo Allah mmwe tabakkiriza

4:87. Mu butuufu Aya eno tekwata ku kulamusaganya kwokka, wabula ekwata ne ku kuweerezaganya ebirabo eby'enjawulo ebiddizibwamu ebibisingako oba ebibyenkana.

اللَّهُ أَنْ يَكْفَ بِأَسِّ الَّذِينَ كَفَرُوا
وَاللَّهُ أَشَدُّ بَأْسًا وَأَشَدُّ تَنْكِيلًا ٨٥

مَنْ يَشْفَعْ شَفَاعَةً حَسَنَةً يَكُنْ لَهُ
نَصِيبٌ مِمَّا فِيهَا ۚ وَمَنْ يَشْفَعْ شَفَاعَةً
سَيِّئَةً يَكُنْ لَهُ كِفْلٌ مِمَّا فِيهَا ۚ وَكَانَ
اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ مُقْتَدِرًا ٨٦

وَلَا ذَا حُجِّيَّةٍ لَكُمْ فِيهَا لِمَنِ
بَدَأَ الْإِسْلَامَ وَلَا لِمَنِ نَبَأَهُ
مِنْهَا أَوْ رَدُّهَا ۚ إِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَىٰ كُلِّ
شَيْءٍ حَسِيبًا ٨٧

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۚ لَيَجْمَعَنَّكُمْ
إِلَىٰ يَوْمِهِ الْقِيَامَةِ لَا رَيْبَ فِيهِ ۚ
وَمَنْ أَضَدُّقُ مِنَ اللَّهِ حَدِيثًا ٨٨

فَمَا لَكُمْ فِي الْمُؤْمِنِينَ فَتَنِينَ
أَلَمْ تَسْأَلْهُمْ بِمَا كَسَبُوا ۗ أَلَمْ
تَرَوْا أَن تَهْدُوا مَنْ أَضَلَّ
اللَّهُ ۚ وَمَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ
فَلَنْ تَجِدَ لَهُ سَبِيلًا ٨٩

وَدُّوا لَوْ تُكْفَرُونَ كَمَا كَفَرُوا
فَتَكُونُونَ سَوَاءً ۚ فَلَا تَتَّخِذُوا
مِنْهُمْ أَوْلِيَاءَ حَتَّىٰ يُهَاجَرُوا فِي
سَبِيلِ اللَّهِ ۚ فَإِنْ تَوَلَّوْا فَخُذُوا
هُمْ ۚ وَإِقْتُلُوهُمْ حَيْثُ وَجَدْتُمُوهُمْ
وَلَا تَتَّخِذُوا مِنْهُمْ وُليَاءَ وَلَا
نَصِيرًا ٩٠

إِلَّا الَّذِينَ يَصِلُونَ إِلَىٰ قَوْمِ
بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُمْ رَمِيثًا
أَوْ جَاءُوكُمْ حَصْرَتِ صُدُورُهُمْ
أَنْ يُقَاتِلُوكُمْ أَوْ يُقَاتِلُوا قَوْمَهُمْ
وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَسَلَّطَهُمْ عَلَيْكُمْ
فَلَقَاتَلُوكُمْ ۚ فَإِنْ اعْتَزَلُوكُمْ
فَلَمْ يُقَاتِلُوكُمْ وَلَا

kubasosonkereza.

92. Mujja kukisanga nti abalala baagala mirembe gye muli era nga baagala mirembe eri abantu baabwe. *Naye ng'ate* buli lwe bazzibwa eri obulabe, basindika asitamye. *Naye bwe* bataabaveeko era bwe bataateekewo mirembe gye muli ate nebaziyiza emikono gyabwe *ku mmwe*, olwo mubakwate era mubatte wonna wemubasanganga. Era abo tubabawaddeko obuyinza obwetadde.

Ruku 13

93. Era si kituufu omukkiriza okutta omukkiriza, mpozzi mu butanwa. Era oyo atta omukkiriza mu butanwa, kale awe omuddu omukkiriza eddembe, n'engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe; okuggyako nga bo be bagisonyiye. *Naye omufu* bw'aba nga yali ava mu bantu abalabe bammwe, nga ye mukkiriza, olwo *omussi* awe omuddu omukkiriza eddembe. *Naye bw'aba* nga yali ava mu bantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano, kale engassi y'omusaayi esasulwe eri ababe, n'okuwa omuddu omukkiriza eddembe. *Naye oyo* atabirina, kale asiibe emyezi ebiri egiddiring'ana. *Okwo nno* kusaasira okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

94. Era oyo atta omukkiriza nga agendere-dde, kale empeera ye Jahannamu; mu yo mw'alibeera, ne Allah agenda kumusungu-walira era alimukolimira; nate yamutegekera ekibonerezo ekisuffu.

95. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugendanga *mu lutalo* mu kkubo lya Allah, kale mwekkaanyanga nnyo. *Naye temugambanga* oyo abatoolede *Salaamu nti*: Toli mukkiriza, nga munoonya *okufuna* ebintu by'ensi, so nga eri Allah y'eri eby'obugagga enfaafa. Anti nammwe bwe mutyo bwe mwali edda, naye Allah

أَلْقُوا إِلَيْكُمُ السَّلْمَ ۖ فَمَا جَعَلَ اللَّهُ لَكُمْ عَلَيْهِمْ سَبِيلًا ﴿١١﴾

سَتَجِدُونَ آخَرِينَ يُرِيدُونَ أَنْ يَأْمَنُواكُمْ وَيَأْمَنُوا قَوْمَهُمْ كُلَّمَا رُزِّقُوا إِلَى الْفِتْنَةِ أُرْكَسُوا فِيهَا ۖ فَإِنْ لَمْ يَعْتَزِلُوكُمْ وَيُلْقُوا إِلَيْكُمُ السَّلْمَ وَيَكْفُوا أَيْدِيَهُمْ فخذوهم واقتلوهم حيث ثقفتموهم ۖ وأولئك جعلنا لکم علیہم سُلطانًا مبینًا ﴿١٢﴾

وَمَا كَانَ لِمُؤْمِنٍ أَنْ يَقتُلَ مُؤْمِنًا إِلَّا أخطأ ۖ وَمَنْ قَتَلَ مُؤْمِنًا خطأً فتنحير رقبته مؤمنة ۖ ودية مسلمة إلى أهله ۖ إلا أن يصد قواء ۖ فإن كان من قَوْمِ عَدُوِّكُمْ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فتنحير رقبته مؤمنة ۖ وإن كان من قَوْمِ بَيْنِكُمْ وَبَيْنَهُمْ مِيثَاقٌ فدية مسلمة إلى أهله ۖ وتحرير رقبته مؤمنة ۖ فمن لم يجد فصيام شهرين متتابعين ۖ توبة من الله ۖ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٣﴾

وَمَنْ يَقتُلْ مُؤْمِنًا مُتَعَدِّيًا فجزاؤه جهنم خالداً فيها ۖ وَغَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِ وَلَعَنَهُ وَأَعَدَّ لَهُ عَذَابًا عَظِيمًا ﴿١٤﴾

يَأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا ضَرَبْتُمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَتَبَيَّنُوا وَلَا تَقُولُوا لِمَنْ آتَى إِلَيْكُمُ السَّلْمَ لَسْتَ مُؤْمِنًا ۖ تَتَخَوَّنَ عَرَضَ الْحَيَوةِ الدُّنْيَا ۖ فَعُذَّ اللَّهُ مَغَانِمَ كَثِيرَةً ۖ

n'abasaasira busaasizi. Kale mwekkaanyanga nnyo. Mazima bye mukola, Allah abitegeera.

كَذَلِكَ كُنْتُمْ مِنْ قَبْلُ فَمَتَّ اللَّهُ عَلَيْكُمْ فَتَتَّبِعُونَهَا إِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿٥٠﴾

96. Abakkiriza abatuula obutuuzi nga tebalina bulemu bwonna tebayinza kwenkana n'abo abatakabana mu kkubo lya Allah n'ebuyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe. Allah yasukkulumya ekitiibwa ky'abo abatakabana n'ebuyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe kw'abo abatuula obutuuzi. *Wewaawo* bombiriri Allah yabasuubiza eburungi. *Naye* Allah yasukkulumya nnyo abo abatakabana mu kkubo lye mu mpeera ensukkirivu okusinga kw'abo abatuula obutuuzi,

لَا يَسْتَوِي الْقَاعِدُونَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ غَيْرُ أُولِي الضَّرَرِ وَالْمُجَاهِدُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فَضَّلَ اللَّهُ الْمُجَاهِدِينَ بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ عَلَى الْقَاعِدِينَ دَرَجَةً وَكُلًّا وَعَدَ اللَّهُ الْحُسْنَىٰ وَفَضَّلَ اللَّهُ الْمُجَاهِدِينَ عَلَى الْقَاعِدِينَ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿٥١﴾

97. *Mu* bitiibwa okuva gy'ali n'okusonyiwa, n'okusaasira. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

دَرَجَاتٍ مِنْهُ وَمَغْفِرَةً وَرَحْمَةً وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥٢﴾

Ruku 14

98. Mazima abo abafiisibwa ba malayika nga beryazaamaanyizza bokka, *ba malayika* balibagamba nti: Mwali ku ki? Baliddamu nti: Twali tutwalibwa nti tuli banafu nnyo mu nsi. *Ba malayika* baliddamu nti: Abaffe, ensi ya Allah teyali ngazi mmwe okusengukira mu yo? Kale abo amaka gaabwe muliro. *Naye obwo* buddo bubu nnyo;

إِنَّ الَّذِينَ تَوَفَّيْنَاهُمُ الْمَلَائِكَةُ ظَالِمِي أَنْفُسِهِمْ قَالُوا فِيمَ كُنْتُمْ قَالُوا كُنَّا مُسْتَضْعَفِينَ فِي الْأَرْضِ قَالُوا أَلَمْ تَكُنْ أَرْضَ اللَّهِ وَاسِعَةً فَتُهَاجِرُوا فِيهَا قَالُوا لَيْسَ لَنَا مَا نُلْبَسُ مِنْ جَهَنَّمَ وَ سَاءَتْ مَصِيرًا ﴿٥٣﴾

99. Okuggyako abo abateesobola mu basajja n'abakazi n'abaana, abatasobola na ntegeka yonna era abatasobola kuzuula kkubo *ddala* lyonna;

إِنَّمَا الْمُسْتَضْعَفُونَ مِنَ الرِّجَالِ وَالنِّسَاءِ وَالْوِلْدَانِ لَا يَسْتَطِيعُونَ حِيلَةً وَلَا يَهْتَدُونَ سَبِيلًا ﴿٥٤﴾

100. Kale abo ob'olyawo Allah alibaddiramu. Era Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

قَالُوا لَيْسَ عَسَى اللَّهُ أَنْ يَغْفُوَ عَنْهُمْ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥٥﴾

101. Era oyo asengukira mu kkubo lya Allah*, asanga obubudamu bungi mu nsi n'okwetaaya. Era oyo yenna ava mu nju ye nga asengukira eri Allah ne Mutume we n'oluvannyuma n'atukibwako okufa, kale empeera ye eba ekakase ku Allah. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

وَمَنْ يَهَاجِرْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ يَجِدْ فِي الْأَرْضِ مُرَاعِمًا كَثِيرًا وَوَسِعَةٌ وَمَنْ يُخْرَجْ مِنْ بَيْتِهِ مُهَاجِرًا إِلَى اللَّهِ وَرَسُولِهِ ثُمَّ يُدْرِكْهُ الْمَوْتُ فَقَدْ وَقَعَ أَجْرُهُ عَلَى اللَّهِ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٥٦﴾

4:101. 'Fii sabillillah' (فِي سَبِيلِ اللَّهِ) bitegeeza: 'Ku lwa Allah' oba 'ku lw'omulumu gwa Allah' oba 'mu kkubo lya Allah.'

Ruku 15

102. Era bwe muba nga mutambula mu nsi, kale temubaako kinenyo bwe muyimpawaza ku ssaala, bwe muba nga mwekeka nti abo abatakkiriza bayinza okubaleetera emitawaana. Mazima abatakkiriza balabe bammwe ba lwaatu.

وَإِذَا ضَرَبْتُمْ فِي الْأَرْضِ فَلَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ تَقْصُرُوا مِنَ الصَّلَاةِ إِنَّكُمْ كُنْتُمْ الْأَذْيَانِ كَفَرُوا وَإِنَّ الْكُفْرَانَ كَانُوا لَكُمْ عَدُوًّا مُّبِينًا ﴿١٢٧﴾

103. Era bw'obanga mu bo mu *biseera eby'akabi* n'obakulemba mu ssaala, kale ekibiina ekimu mu bo kiyimirire naawe mu *ssaala* era batwale n'ebiyokulwanyisa byabwe. Naye bwe bamalanga okuvuunama, kale *abo* badde emabega wammwe, nate ekibiina ekirala ekitannasaala kijje kisaale naawe, naye era *nabo* batwalenga eby'okwerinza byabwe n'ebiyokulwanyisa byabwe; *kuba* abatakkiriza baagala nti singa mulagajjalira eby'okulwanyisa byammwe n'ebintu byammwe, olwo babagwiira olugwiira lumu. Naye temubaako kinenyo bwe muba nga mulina obuzibu olw'enkuba oba nga muli balwadde nemussa wansi eby'okulwanyisa byammwe. Naye mutwalenga eby'okwerinza byammwe. Mazima Allah yategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

وَإِذَا كُنْتُمْ فِيهِمْ فَأَقَمْتَ لَهُمُ الصَّلَاةَ فَلْتَقُمْ طَائِفَةٌ مِنْهُمْ مَعَكَ وَلْيَأْخُذُوا أَسْلِحَتَهُمْ فَإِذَا سَجَدُوا فَلْيَكُونُوا مِنْ وَرَائِكُمْ وَلْتَأْتِ طَائِفَةٌ أُخْرَى لَمْ يُصَلُّوا فَلْيُصَلُّوا مَعَكَ وَلْيَأْخُذُوا حِذْرَهُمْ وَأَسْلِحَتَهُمْ وَذَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْ تَغْفُلُونَ عَنْ أَسْلِحَتِكُمْ وَأَمْتِعَتِكُمْ فَيَمِيلُونَ عَلَيْكُمْ مَيْلَةً وَاحِدَةً وَلَا جُنَاحَ عَلَيْكُمْ إِنْ كَانَ بِكُمْ أذىٌ مِنْ مَطَرٍ أَوْ كُنْتُمْ مَرَضَى أَنْ تَضَعُوا أَسْلِحَتَكُمْ وَخُذُوا حِذْرَكُمْ إِنَّ اللَّهَ أَعَدَّ لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا مُّبِينًا ﴿١٢٨﴾

104. Kale bwe mumalirizanga essaala, mujjukirenga nnyo Allah mu kuyimirira ne mu kutuula n'awo nga *mugalamidde* ku mbiriizi zammwe. Naye bwe mubanga emirembe, olwo mutuukirizenga essaala mu *bujjuvu*. Mazima essaala yalaalikibwa ku bakkiriza *okugisaala-nga* mu biseera ebigerere.

فَإِذَا أَقَضْتُمُ الصَّلَاةَ فَادْكُرُوا اللَّهَ قِيَامًا وَقَعُودًا وَعَلَىٰ جُنُوبِكُمْ فَإِذَا اطْمَأْنَنْتُمْ فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ إِنَّ الصَّلَاةَ كَانَتْ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ كِتَابًا مَوْقُوتًا ﴿١٢٩﴾

105. Era temuddiriranga nga mulondoola abantu *ababalwanyisa*, kuba bwe muba nga mulumizziddwa, ddala nabo baba balumiziddwa nga mmwe bwe mulumizziddwa; naye mmwe musuubira eri Allah bo bye batasuubira. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

وَلَا تَهِنُوا فِي ابْتِغَاءِ الْقَوْمِ إِنْ تَكُونُوا تَأْلَمُونَ فَإِنَّهُمْ يَأْلَمُونَ كَمَا تَأْلَمُونَ وَتَرْجُونَ مِنَ اللَّهِ مَا لَا يَرْجُونَ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٣٠﴾

Ruku 16

106. Ddala twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima olyooke olamule wakati w'abantu n'ebyo Allah bye yakulaga. Era tobanga muyomberezi wa balyaake.

107. Era saba okubikikirwa eri Allah; mazima Allah ye Mubikikirizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

108. Era towolerezanga abo aberyazaamaanya bokka. Mazima Allah tayagala buli mukumpanya, omwonoonyi lukulwe.

109. Beekweka bantu naye tebayinza kwekweka Allah; anti abeera wamu nabo awo bwe basula nga bateesa ekiro ku bigambo ebyo by'atasiima. Era Allah yetoolodde ebyo bye bakola.

110. Anti mmwe mumwo ababawolereza mu bulamu bw'oku nsi. Naye ani alibawolereza eri Allah ku lunaku lw'okuzuukira, era ani alibeyimirira?

111. Era oyo akola ekibi oba abayeyazaamaanyizza yekka n'oluvannyuma n'asaba Allah okumusonyiwa, alisanga nga Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

112. Era oyo akola ekibi, kale ddala akikola nekikosa mwoyo gwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

113. Era oyo akola ekisobyo oba ekibi n'oluvannyuma n'akipaatiika kw'oyo atalina musango, kale ddala aba yetisse okuwaayiriza n'ekibi eky'enkukunala.

Ruku 17

114. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku ggwe n'okusaasira kwe, mazima ekibiina ekimu mu bo kyali kimaliridde okukusaanyaawo. Naye tebasaanyaawo *mulala* wabula beesaanyaawo bokka, era tebayinza kukulumya n'akatono. Era Allah yakussiza Ekitabo n'ebyamagezi era

إِنَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ لِتَحْكُمَ بَيْنَ النَّاسِ بِمَا أَرَاكَ اللَّهُ وَلَا تَكُن لِّلْغَائِبِينَ حَافِيًا ﴿١٠٦﴾

وَاسْتَغْفِرِ اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا رَّحِيمًا ﴿١٠٧﴾

وَلَا تُجَادِلْ عَنِ الَّذِينَ يَخْتَانُونَ أَنفُسَهُمْ إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ مَن كَانَ حَوًّا أَنَا أَرْثِيكَ ﴿١٠٨﴾

يَسْتَخْفُونَ مِنَ النَّاسِ وَلَا يَسْتَخْفُونَ مِنَ اللَّهِ وَهُوَ مَعَهُمْ إِذْ يُبَيِّتُونَ مَا لَا يَرْضَى مِنَ الْقَوْلِ ۗ وَكَانَ اللَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ مُحِيطًا ﴿١٠٩﴾

هَآأَنْتُمْ هَؤُلَاءِ جَادَلْتُمْ عَنْهُمْ فِي الْحَيَوةِ الدُّنْيَا فَمَن يُجَادِلِ اللَّهَ عَنْهُمْ يَوْمَ الْقِيَمَةِ أَم مَّن يَكُونُ عَلَيْهِمْ وَكَيْلًا ﴿١١٠﴾

وَمَن يَعْمَلْ سُوءًا أَوْ يَظْلِمْ نَفْسَهُ ثُمَّ يَسْتَغْفِرِ اللَّهَ يَجِدِ اللَّهَ غَفُورًا رَّحِيمًا ﴿١١١﴾

وَمَن يَكْسِبْ إِثْمًا فَإِنَّمَا يَكْسِبُهُ عَلَى نَفْسِهِ ۗ وَكَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١١٢﴾

وَمَن يَكْسِبْ خَطِيئَةً أَوْ إِثْمًا ثُمَّ يَزِرْهُ بِهِ بَرِيئًا فَقَدْ اِخْتَمَلَ بُهْتَانًا وَإِثْمًا مُّبِينًا ﴿١١٣﴾

وَلَوْ لَا قَضَى اللَّهُ عَلَيْكَ وَرَحْمَتُهُ لَهَمَّتْ طَائِفَةٌ مِّنْهُمْ أَن يُضِلُّوكَ ۗ وَمَا يُضِلُّونَ إِلَّا أَنفُسَهُمْ ۗ وَمَا يَضُرُّوكَ مِن شَيْءٍ ۗ وَأَنْزَلَ اللَّهُ عَلَيْكَ الْكِتَابَ وَالْحِكْمَةَ وَعَلَّمَكَ مَا

n'akuyigiriza n'ebyo bye wali tomanyi. Era ekisa kya Allah ekiri ku gwe kisuffu.

115. Mu bufubo bwabwe obusinga obungi temuli kalungi, okuggyako nga bakubirizza okutoola saddaaka, oba okukola ebikolwa ebirungi *ebigasa abantu*, oba okutabaganya wakati w'abantu. Era oyo akola atyo olw'okunoonya okusiima kwa Allah, kale mangu nnyo tujja kumuwa empeera ensuffu.

116. Era oyo awakanya Mutume oluvannyuma lw'okunnyonnyokerwa obulung'amu n'agoberera ekkubo eritali lya bakkiriza, naffe tulimwolekeza gy'ayolekedde era tulimuyingiza mu muliro. Era *obwo* buddo bubu nnyo.

Ruku 18

117. Mazima Allah tasonyiwa kumwenkanya na kirala, naye asonyiwa ekitali ekyo eri oyo gw'aba asiimye. Era oyo eyenkanya Allah n'ekirala, mazima aba abuze okubula okw'ewala ennyo.

118. *Abamu nno* tebalina kye basaba ebbali we okuggyako ba lubaale abakazi; era *mu butuufu* tebalina kye basaba okuggyako Sitaani omujemu.

119. Allah gwe yakolimira, era eyagamba nti: Mazima ng'enda kwetwalira omutemwa omugereke mu baddu bo.

120. Era nti ddala ndibabuza era ndibeegombesa ebitaliimu nsa era ddala ndibapikiriza nebasala amatu g'ebisolo era ddala ndibapikiriza nebakyuusakyuusa ebitonde bya Allah. Era oyo atwala Sitaani nga ye w'omukwano abbali wa Allah, mazima aba afiiriddwa okufiirwa okw'olwaatu.

121. *Sitaani* abasuubiza era n'abegombesa ebitaliimu nsa. Naye Sitaani tasuubiza kirala okuggyako okubuzaabuza.

122. Abo amaka gaabwe muliro era tebalizulayo buddukiro ku gwo.

123. Era abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi tulibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo

لَمْ تَكُنْ تَعْلَمُ وَكَانَ فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكَ عَظِيمًا ﴿١١٤﴾

لَا خَيْرَ فِي كَثِيرٍ مِّنْ نَّجْوَاهُمْ إِلَّا مَنَ أَمَرَ بِصَدَقَةٍ أَوْ مَعْرُوفٍ أَوْ إِصْلَاحٍ بَيْنَ النَّاسِ ۗ وَمَن يَفْعَلْ ذَلِكَ ابْتِغَاءَ مَرْضَاتِ اللَّهِ فَسَوْفَ نُؤْتِيهِ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١١٥﴾

وَمَن يُشَاقِقِ الرَّسُولَ مِن بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُ الْهُدَىٰ وَيَتَّبِعْ غَيْرَ سَبِيلِ الْمُؤْمِنِينَ نُوَلِّهِ مَا تَوَلَّىٰ وَنُصَلِّهِمْ ۗ وَسَاءَ مَصِيرًا ﴿١١٦﴾

إِنَّ اللَّهَ لَا يَغْفِرُ أَن يُشْرَكَ بِهِ وَيَغْفِرُ مَا دُونَ ذَلِكَ لِمَن يَشَاءُ ۗ وَمَن يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿١١٧﴾

إِن يَدْعُونَ مِن دُونِ إِلَّا إِنثَاءً وَإِن يَدْعُونَ إِلَّا شَيْطَانًا مَّرِيدًا ﴿١١٨﴾

لَعَنَهُ اللَّهُ ۗ وَقَالَ لَا تَخِفَتَن مِن عَبَادِكَ تَنْصِبًا مَّفْرُوضًا ﴿١١٩﴾

وَلَا ضَلَّتْهُمْ وَلَا مَتَّيْتَهُمْ وَلَا مَرَّتَهُمْ فَلْيَبْتِكُنْ إِذَآنَ الْإِنْعَامِ وَلَا مَرَّتَهُمْ فَلْيَعْرِزْنَ خَلْقَ اللَّهِ ۗ وَمَن يَتَّخِذِ الشَّيْطَانَ وَلِيًّا مِّن دُونِ اللَّهِ فَقَدْ خَسِرَ خُسْرًا نَّاسِيًا ﴿١٢٠﴾

يَعِدُّهُمْ وَيُمَيِّنُهُمْ ۗ وَمَا يَعِدُّهُمُ الشَّيْطَانُ إِلَّا عُرْوًا ﴿١٢١﴾

أُولَئِكَ مَا أُوهُمْ جَهَنَّمُ وَلَا يَجِدُونَ عَنْهَا مَجِيصًا ﴿١٢٢﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ سَنُدْخِلُهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِن تَحْتِهَا

mwe balibeera emirembe n'emirembe. Okwo kwe kusuubiza kwa Allah okw'amazima. Y'ate ani asinga Allah okwogera amazima?

124. Tekigenda kuba nga mmwe bwe mwagala oba ng'abantu b'Ekitabo bwe baagala. Oyo akola ekibi alikisasulwa era talizuulayo wa mukwano wadde omuyambi ebbali wa Allah.

125. Era oyo akola ebirungi, k'abe musajja oba mukazi, naye nga mukkiriza, kale abo be baliyingira mu Janna era tebaliryazaamaanyizibwa wadde akatono ennyo*.

126. Y'ate ani asinga eddiini kw'oyo eyeewayo yenna eri Allah ate nga mukozi wa birungi era nga agoberera eddiini ya Ibrahîmu omwesimbu? Era Allah yatwala Ibrahîmu nga mukwano gwe ow'enjawulo.

127. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era buli kimu Allah yakyetoolola.

Ruku 19

128. Era banoonya ensala yo ku bifa ku bakazi. Gamba nti: Allah abawa ensala ye ku bo. N'ebyo ebibasomerwa *awalala* mu Kitabo ebifa ku bakazi ba mulekwa abo be mutawa mahare ago agaabalagirwa so nga mwagala okubawasa, era *abawa ensalaye ku* baana abateesobola, nti mulabirirenga bamulekwa mu bwenkanya. Era buli kirungi kye mukola, ddala Allah akimanya.

129. Era omukyala bw'atya bba okumuyisa obubi oba okusuulirirwa, kale tekiba kinenyonye gye bali bombiriri bwe batabagana bokka na bokka. Era okutabagana kulungi nnyo. Era abantu baateekerwawo okululunkana. Naye bwe mweyisa obulungi era nemwekuuma, mazima bye mukola Allah abitegeera.

130. Era temusobola kwenkanyankanyiriza ddala wakati w'abakyala ne bwe muba nga

الَا تَهْرُ خَلِيدٍ بَيْنَ فِيهَا أَبَدًا وَعَدَا اللَّهُ
حَقًّا وَمَنْ أَصْدَقُ مِنَ اللَّهِ قِيلًا ﴿١٢٤﴾
لَيْسَ بِأَمَانِيكُمْ وَلَا أَمَانِي أَهْلِ
الْكِتَابِ مَنْ يَعْمَلْ سُوءًا يُجْزَى بِهِ
وَلَا يَجِدْ لَهُ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيًّا وَلَا
نَصِيرًا ﴿١٢٥﴾

وَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ مِنْ ذَكَرٍ أَوْ
أُنْثَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ قَالُوا لَيْلِكَ يَدْخُلُونَ
الْجَنَّةَ وَلَا يُظْلَمُونَ نَقِيرًا ﴿١٢٦﴾
وَمَنْ أَحْسَنُ دِينًا مِمَّنْ أَسْلَمَ
وَجْهَهُ لِلَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ وَاتَّبَعَ مِلَّةَ
ابْرَاهِيمَ حَنِيفًا وَاتَّخَذَ اللَّهُ اِبْرَاهِيمَ
خَلِيلًا ﴿١٢٧﴾

وَاللَّهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ
كَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ مُّحِيطًا ﴿١٢٨﴾

١٢٨
ع
١٢٥

وَيَسْتَفْتُونَكَ فِي النِّسَاءِ قُلِ اللَّهُ
يُفْتِيكُمْ فِيهِنَّ وَمَا يُثَلِّي عَلَيْكُمْ فِي
الْكِتَابِ فِي يَتِمَى النِّسَاءِ الَّتِي لَا
تُؤْتُونَهُنَّ مَا كَتَبَ لَهُنَّ وَتَرْعَبُونَ
أَنْ تَنْكِحُوهُنَّ وَالْمُسْتَضْعَفِينَ
مِنَ الْوِلْدَانِ وَأَنْ تَقُولُوا لِيَلَيْسَ
بِالْقِسْطِ وَمَا تَفْعَلُوا مِنْ خَيْرٍ فَإِنَّ
اللَّهَ كَانَ بِهِ عَلِيمًا ﴿١٢٩﴾

وَإِنْ امْرَأَةٌ خَافَتْ مِنْ بَعْلِهَا نُشُورًا أَوْ
إِعْرَاضًا فَلَا جُنَاحَ عَلَيْهِمَا أَنْ يُصْلِحَا
بَيْنَهُمَا صُلْحًا وَالصُّلْحُ خَيْرٌ وَ
أُحْضِرَتِ الْأَنْفُسُ الشُّحَّ وَإِنْ
رُحْسِنُوا وَتَتَّقُوا فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا
تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿١٣٠﴾

وَلَنْ تَسْتَطِيعُوا أَنْ تَعْدِلُوا بَيْنَ النِّسَاءِ

4:125. 'Naqir' kitegeeza akannya akabeera ku nsigo y'entende.

mwagala mutya, naye temwekubiiranga ne mwemalira *kw'omu*, ne muleka *omulala* nga aling'anga awanikiddwa *aleebeeta*. Naye bwe muddaabiriza era nemwekuuma, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

131. Naye bwe baawukananga, buli omu Allah alimuwa okwemalirira okuva ku butitimbe bwe. Era Allah y'Agaziya, Omugezi ennyo.

132. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era ddala twakuutira abaa weebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, n'eri mmwe nti: Mutye nnyo Allah. Naye bwe mulyerema, *mumanye nti* ddala byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era Allah Yeemala, y'Atenderezebwa.

133. Era byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Era Allah nga ye Mulabirizi, amalira ddala.

134. Abange mmwe abantu, *Allah* bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleeta abalala. Era ekyo Allah akisobola *nnyo*.

135. Oyo aba ayagala empeera y'oku nsi *yokka*, kale *ajjukire nti* eri Allah y'eri empeera y'oku nsi n'eyenkomerero. Era Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

Ruku 20

136. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga beesimbu mu bwenkanya, abawa obujulizi ku lwa Allah, ne bwe kiba ku mmwe bennyini oba ku bazadde bombiriri oba abammwe. *Aweebwako obujulizi* k'abe mugagga oba mwavu, kale era Allah y'asinga okubalumirwa bombi *okusinga mmwe*. Kale temugobereranga kwagala kwa mitima gyammwe nemutaba benkanya. Era bwe mukweka *amazima* oba nemwebalama, *mumanye nti* ddala bye mukola, Allah abitegeera.

137. Abange mmwe abakkiriza, mukkirize Allah ne Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa ku Mutume we, n'Ekitabo ekyo kye yassa olubereberye. Era oyo eyeegaana Allah, ne ba malayika be, n'ebitabo bye, n'Ababaka be, n'olunaku lw'enkomerero, mazima aba abuze okubula okw'ewala.

وَلَوْ حَرَصْتُمْ فَلَا تَمِيلُوا حَتَّى الْمَيْلِ
فَتَذَرُوهَا كَالْمَعْلُوقَةِ وَإِنْ تَصْلِحُوا
وَتَتَّقُوا فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٣١﴾

وَإِنْ يَتَفَرَّقَا يُغْنِ اللَّهُ كِلَا مِّنْ
سَعْيِهِمْ وَكَانَ اللَّهُ وَاسِعًا حَكِيمًا ﴿٣٢﴾

وَاللَّهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ
لَقَدْ وَصَّيْنَا الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ مِنْ
قَبْلِكُمْ وَإِيَّاكُمْ أَنْ اتَّقُوا اللَّهَ
وَإِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ
وَمَا فِي الْأَرْضِ وَكَانَ اللَّهُ غَنِيًّا حَمِيدًا ﴿٣٣﴾

وَاللَّهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ
كُنِيَ بِاللَّهِ وَكَيْلًا ﴿٣٤﴾

إِنْ يَشَاءُ يُدْهِبْكُمْ أَيْهَا النَّاسُ وَيَأْتِ
بِآخَرِينَ وَكَانَ اللَّهُ عَلَى ذَلِكَ قَدِيرًا ﴿٣٥﴾
مَنْ كَانَ يُرِيدُ ثَوَابَ الدُّنْيَا فَعِنْدَ اللَّهِ
ثَوَابُ الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَكَانَ اللَّهُ
سَمِيعًا بَصِيرًا ﴿٣٦﴾

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُوفُوا
قَوْمًا مِّنْ يَالْقَسِطِ شُهَدَاءَ لِلَّهِ وَلَوْ عَلَى
أَنْفُسِكُمْ أَوِ الْوَالِدِينَ وَالْأَقْرَبِينَ
إِنْ يَكُنْ غَنِيًّا أَوْ فَقِيرًا فَاللَّهُ أَوْلَىٰ بِهِمَا
فَلَا تَتَّبِعُوا الْهَوَىٰ أَنْ تَعْدِلُوا
وَإِنْ تَلَوْا أَوْ نَعَرْتُمْ فَاِنَّ اللَّهَ كَانَ بِمَا
تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿٣٧﴾

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُوفُوا بِاللَّهِ
رَسُولِهِ وَالْكِتَابِ الَّذِي نَزَّلَ عَلَى
رَسُولِهِ وَالْكِتَابِ الَّذِي نَزَّلَ مِنْ
قَبْلِهِ وَمَنْ يَكْفُرْ بِاللَّهِ وَمَلَائِكَتِهِ
وَكُتُبِهِ وَرُسُلِهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ فَقَدْ
ضَلَّ ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿٣٧﴾

138. Mazima abo abakkiriza n'oluvannyuma ne bagaana, nate ne bakkiriza, n'oluvannyuma ne bagaana, n'oluvannyuma ne beeyongera okwerema, Allah talibasonyiwa wadde talibalung'anya mu kkubo.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا ثُمَّ
آمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا ثُمَّ أَدَّوْا كُفْرًا
يَكُنِ اللَّهُ لِيُغْفِرَ لَهُمْ وَلَا يَهْدِيَهُمْ
سَبِيلًا ﴿١٣٨﴾

139. Wa amawulire eri bannanfuusi nti balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo,

بَشِيرِ الْمُنْفِقِينَ يَا أَيُّهَا
الَّذِينَ آمَنُوا ﴿١٣٩﴾

140. Be bo abafuula abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza, abaffe banoonya kitiibwa gye bali? Naye ddala ekitiibwa kyonna kya Allah.

الَّذِينَ يَتَّخِذُونَ الْكُفْرِينَ
أَوْلِيَاءَ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ
أَبْتَتَعُونَ عِنْدَهُمُ
الْعِزَّةَ فَإِنَّ الْعِزَّةَ لِلَّهِ
جَمِيعًا ﴿١٤٠﴾

141. Era ddala yamala okubassiza mu Kitabo nti: Bwe muwuliranga Aya za Allah nga zigaanibwa oba nga zijeregebwa, kale temutuulanga wamu n'abo abazijerega, okutuusa lwe badda ku mbooji endala eteri eyo; kubanga bwe mutuula nabo, olwo nammwe muba nga bo. Mazima Allah alikung'aanyiza abannanfuusi n'abatakkiriza bonna mu Jahannamu;

وَقَدْ نَزَّلَ عَلَيْكُمْ فِي الْكِتَابِ
أَنْ إِذَا سَمِعْتُمْ آيَاتَ اللَّهِ
يُكْفَرُ بِهَا وَيُسْتَهْزَأُ
بِهَا فَلَا تَقْعُدُوا مَعَهُمْ
حَتَّى يَخُوضُوا فِي حَدِيثٍ
غَيْرِهِ لَنْ نَكْفُرَ إِذَا
مِثْلَهُمْ إِنَّ اللَّهَ جَامِعُ
الْمُنْفِقِينَ وَالْكَافِرِينَ
فِي جَهَنَّمَ جَمِيعًا ﴿١٤١﴾

142. Be bo abalindirira ebinaagwa ku mmwe. Kale bwe muba nga mmwe mufunye obuwanguzi obuva eri Allah, bagamba nti: Abaffe, ffe tetwali wamu nammwe? Ate abatakkiriza bwe baba nga be bafunye omugabo, bagamba nti: Si ffe twabawanguzza n'okubakubirira eri abakkiriza? Kale Allah aliramula wakati wammwe ku lunaku lw'okuzuukira. Era Allah tajja kuwa batakkiriza kkubo lya buwanguzi ku bakkiriza.

الَّذِينَ يَتَرَبَّصُّونَ بِكُمْ
فَإِنْ كَانُوا لَكُمْ فَتْحًا
مِّنَ اللَّهِ قَالُوا أَلَمْ نَكُنْ
مَعَكُمْ وَوَدَّ أَنْ كَانَ
لِلْكَافِرِينَ نَصِيبٌ
مِّمَّا قَالُوا أَلَمْ نَسْتَحْوِذْ
عَلَيْكُمْ وَنَمْنَعَكُمْ مِنَ
الْمُؤْمِنِينَ قَالَ اللَّهُ
يُحْكُمُ بَيْنَكُمْ يَوْمَ
الْقِيَامَةِ وَلَنْ يَجْعَلَ
اللَّهُ لِلْكَافِرِينَ عَلَى
الْمُؤْمِنِينَ سَبِيلًا ﴿١٤٢﴾

Ruku 21

143. Mazima abannanfuusi mbu babuza-abuza Allah, naye ajja kubaleka bo bennyini babuzibwebuzibwe. Era bwe basituka okugenda eri essaala, basituka beenyoola na lwa kulabibwa bantu, era tebajjukira Allah okuggyako akatono ennyo.

إِنَّ الْمُنْفِقِينَ يُخِذُونَ
اللَّهُ وَهُوَ خَادِعُهُمْ
وَإِذَا قَامُوا إِلَى الصَّلَاةِ
قَامُوا كَسَالَىٰ يُرَاءُونَ
النَّاسَ وَلَا يَذْكُرُونَ
اللَّهَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٤٣﴾

144. Bannampawengwa; tebali eri bano wadde tebali eri bali. Era oyo Allah gw'ayabulira, toyinza kumuzuulirayo kkubo ddala nate.

مَذْبُذِبِينَ بَيْنَ ذَلِكَ
لَا إِلَىٰ هَؤُلَاءِ وَلَا إِلَىٰ
هَؤُلَاءِ وَمَنْ يُضِلِلِ
اللَّهُ فَلَنْ تَجِدَ لَهُ
سَبِيلًا ﴿١٤٤﴾

145. Abange mmwe abakkiriza, temu-fulunga abatakkiriza okuba ab'emikwano mu kifo ky'abakkiriza. Abaffe, kye mwagala kwe kwewaako mwekka obujulizi obw'olwaatu eri Allah ?

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا
الْكُفْرِينَ أَوْلِيَاءَ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ
أَتُرِيدُونَ أَنْ تَجْعَلُوا لِلَّهِ عَلَيْكُمْ
سُلْطَانًا مُّبِينًا ﴿١٤٥﴾

146. Mazima bannanfuusi be baliba mu ssa erisemberayo ddala wansi mu muliro; era tolibazuulirayo muyambi yenna,

إِنَّ الْمُنْفِقِينَ فِي الدَّرَكِ الْأَسْفَلِ مِنَ
النَّارِ وَلَنْ تَجِدَ لَهُمْ نَصِيرًا ﴿١٤٦﴾

147. Okuggyako abo abalibonerera ne batererera ddala, era nebanywerera ku Allah, era ne bamalira obuwulize bwabwe eri Allah; kale abo baliba mu bakkiriza. Era mangu nnyo Allah ajja kuwa abakkiriza empeera ensuffu.

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا وَأَصْلَحُوا وَاعْتَصَمُوا
بِاللَّهِ وَأَخْلَصُوا وَإِذْ يَنْهَى اللَّهُ فَاؤْلِيكَ
مَعَ الْمُؤْمِنِينَ ، وَسَوْفَ يُؤْتِي اللَّهُ
الْمُؤْمِنِينَ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١٤٧﴾

148. Allah ababonereze lwaki singa muba nga mwebazizza era nga mukkirizza? Era Allah ye Musiimi ennyo, Omumanyi wa byonna.

مَا يَفْعَلُ اللَّهُ بِعَدُوِّكُمْ أَنْ شَكَرْتُمْ
أَمْنْتُمْ وَكَانَ اللَّهُ شَاكِرًا عَلِيمًا ﴿١٤٨﴾

Juzu 6

149. Allah tayagala kulaalaasa kigambo kibi, okuggyako eri oyo aba ayisiddwa obubi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

لَا يُحِبُّ اللَّهُ الْجَهْرَ بِالسُّوْءِ مِنَ
الْقَوْلِ إِلَّا مَنْ ظَلَمَ وَكَانَ اللَّهُ
سَمِيعًا عَلِيمًا ﴿١٤٩﴾

150. Bwe mwoleka ekirungi oba ne mukikisa, oba ne musonyiwa ekibi, mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Nannyini buyinza.

إِنْ تَبُدُّوا خَيْرًا أَوْ تُخَفُّوهُ أَوْ تَعْفُوا
عَنْ سُوءٍ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ عَفُوًّا قَدِيرًا ﴿١٥٠﴾

151. Mazima abo abeegaana Allah n'Ababaka be era ne baagala okwawula wakati wa Allah n'Ababaka be, era ne bagamba nti: Tukkirizaako bamu, abalala tetubakkiriza, era nga baagala kukwata kkubo eriri wakati w'ebyo,

إِنَّ الَّذِينَ يَكْفُرُونَ بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ
وَيُرِيدُونَ أَنْ يُفَرِّقُوا بَيْنَ اللَّهِ
وَرُسُلِهِ وَيَقُولُونَ نُؤْمِنُ بِبَعْضٍ
وَنَكْفُرُ بِبَعْضٍ ، وَيُرِيدُونَ أَنْ يَتَّخِذُوا
بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا ﴿١٥١﴾

152. Abo nno be batakkiriza wawu. Era twategekera abatakkiriza ekibonerezo ekiswaaza.

أُولَئِكَ هُمُ الْكُفْرُونَ حَقًّا ، وَاعْتَدْنَا
لِلْكُفْرِينَ عَذَابًا مُهِينًا ﴿١٥٢﴾

153. Naye abo abakkiriza Allah n'Abatume be ne batasosola n'omu mu bo, abo mangu nnyo Allah ajja kubawa empeera yaabwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ وَلَمْ
يُفَرِّقُوا بَيْنَ أَحَدٍ مِنْهُمْ أُولَئِكَ
سَوْفَ يُؤْتِيهِمْ أَجْرَهُمْ وَكَانَ اللَّهُ
عَفُوًّا رَحِيمًا ﴿١٥٣﴾

Ruku 22

154. Abantu b'Ekitabo bakusaba mbu obassize Ekitabo okuva mu ggulu. Naye baasaba Mūsa ekisinga n'ekyo obukulu nebagamba nti: Tulage Allah mu lwaatu. Olwo baakwatibwa ekibonerezo ky'okubwatuka olw'okwonoona kwabwe. Ate oluvannyuma baafuula ennyana okuba omusinzi bwa, so ng'ate baali bamaze n'okutuukibwako obubonero obw'olwaatu, naye n'ekyo ne tukisonyiwa. Era twawa Mūsa obukakafu obwetadde.

155. Era twagulumiza olusozi waggulu waabwe nga tulagaana nabo, era netubagamba nti: Musingire mu mulyango n'obuwulize. Era netubagamba nti: Temujeemeranga bya Sabbiiti era netubaggyako endagaano enkakafu.

156. Kale olw'okumenya kwabwe endagaano yaabwe, n'olwokugaana kwabwe obubonero bwa Allah, n'okugezaako kwabwe okutta ba Nabbi awatali nsonga, n'okwogera kwabwe nti: Emitima gyaffe misaanikire— si kyo, wabula Allah yassa envumbo ku gyo olw'okwerema kwabwe, kale tebakkiriza okuggyako akatono ennyo—

157. N'olwobutakkiriza bwabwe, n'okwogera kwabwe ku Maryamu okw'okuwaayiriza okusuffu,

*158. N'olw'okwogera kwabwe nti: Mazima twatta Masihi, 'Isa, mutabani wa Maryamu Omubaka wa Allah; songa tebaamutta, wadde tebaamuttira ku musaalaba, wabula yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa gye bali ng'afudde. Era ddala abo abatakiriziganya ku kyo, mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo. Tebalina kye bakimanyiiko, okuggyako okugoberera okuteebereza kwokka, naye nga mu butuufu tebaamutta,

*159. Wabula Allah yamugulumiza gy'ali. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

4:158,159. Aya eno okussa essira ku kwoleka nti Abayudaaya baalemwa okutemula Nabbi 'Isa (a.s.) n'okumuttira ku musaalaba, kitegeeza bulungi nti wano Allah asambajja okwewaana kwabwe bwe baagamba nti: Mazima twatta Masihi 'Isa mutabani wa Maryamu, Omubaka wa Allah. Kur'ani Entukuvu egaanira ddala okwewaana kuno nga eggumiza nti mu byonna ebyatuuka ku 'Isa (a.s.), eky'Abayudaaya okumutta tekyalimu; era y'ensonga lwaki Aya eno efundikira

يَسْأَلُكَ أَهْلَ الْكِتَابِ أَنْ تَنْزِلَ عَلَيْهِمْ
كِتَابًا مِّنَ السَّمَاءِ فَقَدْ سَأَلُوا مُوسَى
أَكْبَرًا مِنْ ذَلِكَ فَقَالُوا إِنَّا لِلَّهِ جَهْرَةٌ
فَأَخَذْتَهُمُ الضَّرْعَةَ يُظَلِّمُهُمْ ثُمَّ
اتَّخَذُوا الْعِجْلَ مِن بَعْدِ مَا جَاءَتْهُمْ
الْبَيِّنَاتُ فَعَفَوْنَا عَنِ ذَلِكَ وَأَتَيْنَا
مُوسَى سُلْطٰنًا مُّبِينًا ﴿١٥٤﴾

وَرَفَعْنَا فَوْقَهُمُ الطُّورَ بِمِيثَاقِهِمْ
وَقُلْنَا لَهُمْ ادْخُلُوا الْبَابَ سُجَّدًا
وَقُلْنَا لَهُمْ لَا تَعْدُوا فِي السَّبْتِ وَ
أَخَذْنَا مِنْهُمْ مِّيثَاقًا غَلِيظًا ﴿١٥٥﴾

فِيمَا نَقُضُوا مِنْهُ وَمِثَاقًا كَفَرِهِمْ
يَا أَيُّهَا اللَّهُ وَقَتْلِهِمُ الْأَنْبِيَاءَ بِغَيْرِ
حَقِّ وَقَوْلِهِمْ قُلُوبُنَا غُلْفٌ بَلْ طَبَعَ
اللَّهُ عَلَيْهَا بِكُفْرِهِمْ فَلَا يُؤْمِنُونَ إِلَّا
قَلِيلًا ﴿١٥٦﴾

وَيَكْفُرِهِمْ وَاَقْوَالِهِمْ عَلَىٰ مَرْيَمَ
بُهْتَانًا عَظِيمًا ﴿١٥٧﴾

وَقَوْلِهِمْ إِنَّا قَتَلْنَا الْمَسِيحَ عِيسَى
ابْنَ مَرْيَمَ رَسُولَ اللَّهِ وَمَا قَتَلُوهُ
وَمَا صَلَّبُوهُ وَلَكِنَّ شَيْئًا لَهُمْ وَرَأَى
الَّذِينَ اٰخْتَلَفُوا فِيهِ لَبِئْسَ لِمَنْهٗ
مَا لَهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ إِلَّا اتِّبَاعَ الظُّلُمِ
وَمَا قَتَلُوهُ يَقِيْنًا ﴿١٥٨﴾

بَلْ رَفَعَهُ اللَّهُ إِلَيْهِ وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا
حَكِيمًا ﴿١٥٩﴾

n'ebigambo ebigamba nti '...naye mu butuufu tebaamutta'. Mu kigambo 'wamaa swalabuuhu' (وَمَا صَلْبُوهُ) ekigambwa si kuwanikibwa kwa Yesu ku musaalaba oba okumubabako, wabula kuttirwa ku gwo; kubanga singa aba yattirwa ku gwo, olwo Abayudaaya baba batuufu mu kwewaana kwabwe olw'okuba nti be baasala olukwe olwamutuusa ku musaalaba. N'olwekyo oyo agamba nti 'Isa(a.s) yafiira ku musaalaba, aba awagira kwewaana kw'Abayudaaya.

Ate bwe kigambibwa nti 'Isa(a.s) teyattibwa Bayudaaya, tekitegeeza nti teyafa, kubanga era omuntu bw'asimattuka olukwe lw'okumutta, tekitegeeza nti talifa. Ekigambo 'Walaakin shubbiha lahum' (لَا تَكُونُ شُبُهَةَ كَيْدٍ) wano kisaana kutunuulirwa n'obwegendereza. Ekigambo kino okusenziira ku ntegeka y'ebigambo nga bw'eri mu Aya eno, kidda eri 'Isa(a.s), kuba y'eyakolwako ekikolwa kino ekya 'shubbiha' (i.e. ye yennyini ye 'yafaananyirizibwa' ng'afudde). Okusenziira ku mateeka g'Oluwarabu, pronoun 'hu' oba 'huwa' eri mu kigambo 'shubbiha' (شُبُهَةَ) esaana kudda eri Nabbi 'Isa (a.s). N'olwekyo 'Isa (a.s) yennyini y'eyafaananyirizibwa eri abalabe ng'afudde, so si muntu mulala. Kino kitegeeza nti okusenziira ku mivuyo egyaliwo, Abayudaaya okugamba nti battira 'Isa (a.s) ku musaalaba, baali bateebereza buteereza kubanga yafaananyirizibwa bufaananyirizibwa ng'afudde, naye nga ddala si bwe kyali.

Ekigambo 'shubbiha' oba 'yafaananyirizibwa' bwe kizzibwa eri ekyafaayo ky'okuwanikibwa kwa 'Isa (a.s) ku musaalaba, kiba kitegeeza nti ab'enjuyi zombi — Abakulisitaayo n'Abayudaaya—bali mu bya kuteebereza ebitaliiko bukakafu. Abakulisitaayo abagamba nti Yesu yabafiririra ku musaalaba, tebalina bujulizi bukakasa nti ddala yafiira ku musaalaba. N'olwekyo eddiini y'Abakulisitaayo n'eba nti etambulira ku bya kuteebereza, so si bukakafu. Ate Abayudaaya abeewaana nti batta 'Isa(a.s), nabo tebalina bujulizi bulaga nti ddala baamutta, okuggyako okuteebereza obuteebereza. Okumanya nga n'abaaliwo tebaakakasa nti 'Isa(a.s) ddala yali afiiridde ku musaalaba, baasaba Gavana Pilato akuume butiribiri 'omulambo' gwa 'Isa (a.s). Okumanya nga bo bennyini baali tebakakasa, baatuuka n'okulabula Pilato nti 'Isa(a.s) bw'aba nga mulamu, yandiddamu okulabika neyerangirira nti azuukidde! Matayo (27:63-64). Abaffe, ddala ekyo tekimala okukakasa nti 'Isa(a.s) yefafiririra Bakulisitaayo? Ekyo kye tunnyonyodde waggulu ky'ekyogerwako mu bigambo bya Aya eno ebigamba nti 'Wa innalladhiina...' ekitegeeza nti 'Ddala abo abatakkiriziganya ku kyo... mazima bali mu kubuusabuusa ku kyo'.

Abasiraamu bangi batwala ekigambo 'bal' (بَل) ekiri mu 'Bal rafa'ahullahu ilaihi' (بَلِّغْ رَفَاةَ اللَّهِ رَأْيِي) nti kiraga nti Isa teyafiira ku musaalaba wabula Allah yamusitula n'omubiri gwe mbu n'amutwala mu ggulu mu kifo ky'okumuleka afiire ku gwo. Olwo asaana kuba nga ali eyo mu bwengula n'omubiri gwe gweyalina mu kusooka! Endowooza y'Abasiraamu abo ereeta ebibuuzo ebiberwako, gamba: (a) Oba ddala 'Isa (a.s) teyawanikibwako ku musaalaba, abaffe ebyaafaayo byonna ebikwaata ku kuwanikibwa kwe ku gwo ebittottolwa Abakulisitaayo, Abayudaaya n'Abarooma nga biriko n'obujulizi, by'ebituufu oba ebigambo obugambo Abasiraamu ab'endowooza eyo bye boogera?. (b) Mu Aya eno, nga oggyeeko ekigambo 'rafa', ekitegeeza okusituka mu madaala, wa ate wekyawandiikibwa nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'omubiri gwe n'amutwala mu ggulu?

Mu kuddamu ekibuuzo ekisooka, Abasiraamu abagamba nti 'Isa (a.s) yasitulwa n'atwaalibwa mu ggulu, bajwetekawo ekyafaayo, kyokka nga mu kyo tebagaana kuwanikibwa ku musaalaba wabula bagamba mbu omuntu omulala y'eyawanikibwa ku gwo era mbu ku lw'ekiragiyo kya Allah, malayika zaamufaananya nga 'Isa (a.s), mbu era eby'okuteebereza bikwata kw'oli eyateekebwa ku musaalaba so si 'Isa (a.s) yennyini. Kino, mu kifo ky'okugonjoola, kyongera kusajjula nsonga yaabwe, kuba tewali bujulizi bwonna okuva mu biwandiiko eby'edda, oba Kur'ani Entukuvu wadde mu Hadith entuufu eza Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) bukakasa kujweteka kwabwe kuno; okuggyako nti ate kyo kijweteka nnyo n'okusingako

*160. Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula *buli omu ku bo* alikikiriza mw'ekyo nga okufa kwe tekunnatuuka; naye ku lunaku lw'enkomerero 'Isa aliba mujulizi ku bo.

وَأَنَّ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِهِ قَبْلَ مَوْتِهِمْ وَرَیَوْمَ الْقِيَامَةِ يَكُونُ عَلَيْهِمْ شَهِيدًا ﴿١٦٠﴾

n'ebyalala! Kya nnaku nnyo era kyesisiwaza ku ludda lw'abo abaayiyiyo okujweteka kuno, okulaba nti baagezaako okulaga Abasiraamu nti baali bategeera nnyo ebyaafa ku 'Isa (a.s) okusinga ne Allah yennyini oba ne Nabbi Omutukuvu Muhammad (a.s). Mu kuddamu ekibuuzo eky'okubiri, obunafu bwabwe bweyolekera mu kulemwa kwabwe okutegeera enkozesa y'ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu.

Ekigambo 'rafa' mu Kur'ani Entukuvu kitegeeza 'kusitulwa' oba 'kugulumiza mu madaala' oba 'kuwa kitibwa'. Era buli lwe kigambibwa nti 'Allah asitula' oba 'yasitula omuntu', kiba kitegeeza nti 'yamusitula' oba 'yamugulumiza mu madaala'; oba nti 'yamuwa ekitiibwa' so si 'kumusitula mu mubiri' (Soma: 2:254;6:84,166;7:177;19:58;58:12 etc). N'olw'ekyo, tekisoboka mu Aya eno ekigambo 'rafa' kuwa makulu malala okuggyako aga 'Isa (a.s) okusitulwa mu mwoyo. Mu Aya egamba nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) gy'ali (4:159) tetulabamu wagamba nti yamutwaala mu ggulu; ekitegeeza nti Allah yagulumiza 'Isa (a.s) nga akyali wano wennyini ku nsi weyali; kubanga okugamba nti Allah asitula oba agulumiza omuntu mu mubiri, kiba kikyaamu. N'ekirala, tetusaanye kwerabira nti Allah ali buli wamu, tali mu ggulu wokka. Kale nno okugulumizibwa kwa 'Isa(a.s) kwali kumutaasa kufa nga omukolimire nga afiiridde ku musaalaba. N'olwekyo mu kifo kya Allah okumuleka afiire ku musaalaba nga omukolimire, nga Abayudaaya bwe baali baagala, Allah yamuwonya obuswaavu obwo n'amugulumiza mu kitibwa n'afa enfa eya bulijjo. Y'ensonga lwaki ne Aya yennyini (4:159) efundikira nga egamba nti, 'Wa kaanallahu 'aziizan hakiiman' (عَزَّوَجَلَّ حَكِيمًا) 'era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo'. Ddala kiba kuba nti Allah, mu kifo ky'okuwonya 'Isa(a.s) mu ngeri eya bulijjo, ate Ye yayambaza omuntu omulala — atalina w'ayogerwako wonna mu Kur'ani wadde mu Hadith entuufu — ekijaananyi kya 'Isa(a.s) Abayudaaya nebamukomerera mu kifo kya 'Isa(a.s) bo gwe baali bavunaana; ate naddira 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu mu bubba, olwo Allah okweyita 'aziizi' (Luwangula) lwandibadde lusaago lwennyini. Abo abagamba nti Allah yasitula 'Isa (a.s) n'amutwaala mu ggulu mu butuufu baba bagamba nti Allah yatya Abayudaaya n'abbawo 'Isa(a.s) n'amutwaala mu ggulu ng'atya okwetantala ebitonde, bw'atyo n'alaga obutiitizi; n'olwekyo si Luwangula.

4:160. Aya eno etera okutawaanya abantu abamu okugitegeera. Abayivu abamu balowooza nti Aya eno eyogera ku biseera eby'omu maaso ennyo, nga amakulu ga yo geekuusaako ku kyafaayo ky'omusaalaba nga kitwalibwa nti luliba lumu Abayudaaya bonna ne bakkiriza nti Yesu ddala yali Mubaka wa Allah. Era bagamba nti kino kiribaawo nga ne Yesu mwennyini mulamu atemya era mbu ekyo bakiggya mu bigambo 'qabla mautihi' (قَبْلَ مَوْتِهِ), ekitegeeza 'nga okufa kwe tekunnatuuka'. Era basenziira ku kino nebagamba nti kati nga Abayudaaya bonna bwe batannaba kukkiriza nti Yesu yali Nabbi mutuufu, n'olwekyo ateekwa kuba nga akyaali mulamu. Abamu batera n'okugamba nti ebigambo 'nga okufa kwe tekunnatuuka' bikwata ku Bayudaaya abaaliiwo mu mulembe gwa Yesu; amakulu nti buli omu ku bo yakkiriza Yesu awo nga asembledde okufa. Kino nno Allah yekka y'ayinza okukiwaako obujulizi kubanga wetwoogerera kati, tewali muntu yenna alina bujulizi bwesimbu bukakasa nti ddala buli Muyudaaya eyaliwo mu kiseera ekyo, yasookanga kukakasa nti ddala Yesu Nabbi mutuufu, n'alyoka afa. Mu nkola eya bulijjo, Aya eno etera okuvvuunulwa nti '...Era tewali n'omu mu bantu b'Ekitabo wabula (buli omu ku bo) alikikiriza mw'ekyo...'. Mu Luwarabu, ekigambo 'n'omu' tekiriimu, wabula abavvuunuzi bakinyigawo bunyizi; era kiba kubaamu, olwo mu Luwarabu Aya yaalibadde bw'eti: (وَأَنَّ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ) Kati okugonza ensonga eno, mu kifo ky'abavvuunuzi okunyigangawo ekigambo 'Ahad' (أَحَدًا) ekitaja nawo, waakiri banyigawo ekigambo 'fariq' (فَرِيقٍ) ekitegeeza 'ekibiina; olwo amakulu ganjululukuka

161. Kale olw'obukyaamu bw'abo Abayudaaya, n'olwokuziyiza kwabwe *abantu* abangi mu kkubo lya Allah, twabaziyiza ebirongoofu ebyali bibakkiriziddwa,

فَقُضِيَ مِنَ الَّذِينَ هَادُوا حَرَمَنَا
عَلَيْهِمْ طَيَّبْتِ أَجَلَتْ لَهُمْ وَبَصَرَهُمْ
عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ كَثِيرًا ﴿١١٧﴾

162. N'olwokutwala kwabwe enkizo songa yabaziyizibwa, n'olwokulya kwabwe ebintu by'abantu mu bulimba. Era abatakkiriza mu bo twabategekera ekibonerezo ekirumya.

وَآخِذِهِمُ الرِّبَا وَقَدْ نُهُوا عَنْهُ وَ
أَكْطِهِمْ أَمْوَالَ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ وَ
أَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ مِنْهُمْ عَذَابًا
أَلِيمًا ﴿١١٧﴾

163. Naye abakugu mu bo mu kumanya n'abakkiriza, bo bakkiriza ebyassibwa gy'oli n'ebyo ebyassibwa olubereberye lwo, *na-ddala* abo abajumbira essaala nebatoola zaka ne bakkiriza Allah n'olonaku lw'enkomerero. Abo tulibawa empeera ensukkirivu.

لَكِنِ الرَّاسِخُونَ فِي الْعِلْمِ مِنْهُمْ وَ
المُؤْمِنُونَ يُؤْمِنُونَ بِمَا أُنزِلَ إِلَيْكَ
وَ مَا أُنزِلَ مِنْ قَبْلِكَ وَ الْمُؤْتَمِرِينَ
الصَّلَاةَ وَ الْمُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَ الْمُؤْمِنُونَ
بِاللَّهِ وَ الْيَوْمِ الْآخِرِ أُولَئِكَ
سَنُؤْتِيهِمْ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١١٧﴾

Ruku 23

164. Mazima twakubikkulira nga bwe twabikkulira Nūhu ne ba Nabbi ab'oluvannyuma lwe. Era twabikkulira Ibrāhimu, ne Ismaili, ne Isihāka, ne Ya'qūbu, n'ezadde lye ne 'Isa, ne Ayyūbu, ne Yūnusu, ne Hārūna, ne Sulaimāni, era Dāūda twamuwa Zabuli.*

إِنَّا أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ كَمَا أَوْحَيْنَا إِلَى
نُوحٍ وَ آلِ إِبْرَاهِيمَ مِنْ بَعْدِهِ ۗ وَ أَوْحَيْنَا
إِلَى إِبْرَاهِيمَ وَ إِسْمَاعِيلَ وَ إِسْحَاقَ وَ
يَعْقُوبَ وَ آلَ سَبْطِ وَيْسَى وَ أَيُّوبَ وَ
يُوسُفَ وَ هَارُونَ وَ سُلَيْمَانَ ۗ وَ آتَيْنَا
دَاوُدَ زَبُورًا ﴿١١٤﴾

165. Era Abatume abamu twabakutegeez-aako olubereberye naye Abatume abalala tetwabakutegeezaako, era Allah yayogera ne Mūsa olwogera*

وَ رُسُلًا قَدْ قَصَصْنَاهُمْ عَلَيْكَ مِنْ
قَبْلُ وَ رُسُلًا لَمْ نَقْصُصْهُمْ عَلَيْكَ ۗ
وَ كَلَّمَ اللَّهُ مُوسَى تَكْلِيمًا ﴿١١٥﴾

ne gaba nti 'tewali kibiina mu bantu b'Ekitabo, wabula balimukkiriza nga okufa kwe tekunnatuuka. Kino kiba kituukagana bulungi n'ekyafaayo ekimanyiddwa nti Yesu oluvannyuma lw'okuwona okuttirwa ku musaalaba, yasengukira mu bitundu ebyalimu amawanga g'Abaisirairi agaabula olwo ne kituukirira nti yatuisa obubaka bwe ku buli ggwanga ly'Abaisirairi era nebamukkiriza. Ennyinyonnyola eno ewagirwa okulanga okuli mu Baibuli (Mat.15:24) okutegeeza nti Yesu yali ajja kulondoola amawanga gona agaabula ag'enju ya Israili abatuuseeko obubaka bwe yajja nabwo (Mat.15:24).

4:164. 'Zaboor' (زَبُورًا) wano kitegeeza Ekitabo kya Baibuli ekiyitibwa Zabuli.

4:165. Okusinzira ku mateeka g'Oluwarabu, ekigambo bwe kidding'anwa nga bwe kiri wano, 'kallama... takliima' (وَكَلَّمَ اللَّهُ مُوسَى تَكْلِيمًا) amakulu ga kyo gabaamu okuggumiza, okunogaanya ensonga, okwoleka omutindo ogwa waggulu mu bukugu bw'olulimi, n'okutangaaza. Era ebyo byonna biyinza okugendera awamu.

166. Abo be Batume abawi b'amawulire amalungi era abalabuzi, walyooke waleme kubaawo kwekwasa kwonna eri abantu ku Allah oluvannyuma lw'Abatume okubalabula. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

167. Naye Allah akakasa ebyo bye yassa gy'oli nti yabissa mu kumanya kwe, ne ba malayika bawa obujulizi ku byo. Era Allah ng'omujulizi, amala bulungi.

168. Mazima abo abatakkiriza era abeekiika mu kkubo lya Allah, mazima baabula okubula okw'ewala.

169. Mazima abo abeerema era abaalya-zaamaanya, Allah tagenda kubasonyiwa wadde talibalung'anya mu kkubo,

170. Okuggyako ekkubo ly'omu muliro; omwo mwe balibeera ekiseera ekiwanvu ennyo. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

171. Abange mmwe abantu, ddala Mutume amaze okujja gye muli n'amazima agava eri Mukama wammwe; kale mukkirize, ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe muneerema, *mumanye nti* ddala ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

172. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temusukkanga kigero mu ddiini yammwe era temwogeranga ku Allah okuggyako eby'amazima. Tewali kubuusabuusa, ddala Masihi 'Isa, mutabani wa Maryamu, Mutume wa Allah era y'eyatuukiriza ekigambo kye kye yassa ku Maryamu, era kwe kusaasira okuva gy'ali. Kale mukkirize Allah n'Abatume be era temugambanganga nti: Ba *Katonda* bali basatu. Mubonerere, ky'ekisinga obulungi gye muli. Mazima ddala Omusinzibwa Allah ali Omu yekka. Ye okuba n'omwana *kiri* wala nnyo n'obutuukirivu bwe, *kuba* byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Era Allah ng'omukuumi, amala bulungi.

رُسُلًا مُّبَشِّرِينَ وَ مُنذِرِينَ لَعَلَّ
يَكُونُ لِلنَّاسِ عَلَى اللَّهِ حُجَّةٌ بَعْدَ
الرُّسُلِ، وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا ﴿١٦٦﴾
لَكِنَّ اللَّهَ يَشْهَدُ بِمَا أَنْزَلَ إِلَيْكَ
أَنْزَلَهُ يَعْلَمُونَ حَتَّىٰ وَالْمَلَائِكَةُ
يَشْهَدُونَ، وَكَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا ﴿١٦٧﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا أَوْ صَدُّوا عَنْ سَبِيلِ
اللَّهِ قَدْ ضَلُّوا ضَلَالًا بَعِيدًا ﴿١٦٨﴾
إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا أَوْ ظَلَمُوا لَمْ يَكُنِ
اللَّهُ لِيُغْفِرْ لَهُمْ وَلَا لِيَهْدِيَهُمْ
طَرِيقًا ﴿١٦٩﴾

إِنَّمَا طَرِيقُ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا
أَبَدًا، وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿١٧٠﴾
يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ الرَّسُولُ
بِالْحَقِّ مِنْ رَبِّكُمْ فَأَمِنُوا خَيْرًا لَكُمْ
وَإِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ لِلَّهِ مَا فِي
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ، وَكَانَ اللَّهُ
عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿١٧١﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ وَلَا
تَقُولُوا عَلَى اللَّهِ إِلَّا الْحَقَّ، وَإِنَّمَا
الْمَسِيحُ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ رَسُولُ
اللَّهِ وَكَلِمَتُهُ أَلْقَاهَا إِلَىٰ مَرْيَمَ وَرُوْحٌ
مِّنْهُ، فَأَمِنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ، وَلَا
تَقُولُوا ثَلَاثَةً، إِنَّتَهُوَ آخِرُ أَلْحَمْدِ،
إِنَّمَا اللَّهُ إِلَهٌ وَاحِدٌ، سُبْحَانَ أَن
يَكُونَ لَهُ وَلَدٌ، لَمْ يَلِدْ، وَمَا فِي السَّمَوَاتِ
وَمَا فِي الْأَرْضِ، وَكَفَىٰ بِاللَّهِ وَكِيلًا ﴿١٧٢﴾

وَقَالَ لَهُمْ
٤٦٦

Ruku 24

173. Mazima Masihi tayinza kunyoomerera kuba muwereza wa Allah, wadde ba malayika ab'okulusegere *Iwa Allah*. Era yenna anyoomerera okusinza *Allah* neyeekuza, kale *abo* bonna *Allah* alibakung'aanyiza gy'ali.

لَنْ يَسْتَنْكِفَ الْمَسِيحُ أَنْ يَكُونَ
عَبْدَ اللَّهِ وَلَا الْمَلَائِكَةُ الْمُقَرَّبُونَ
وَمَنْ يَسْتَنْكِفْ عَنْ عِبَادَتِهِ
يَسْتَكْبِرْ فَسَيَحْشُرُهُمْ لِلَّهِ
جَمِيعًا ﴿٧٣﴾

174. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, kale alibasasula empeera yaabwe mu bujjuvu era alibawa n'ennyongeza ku mikisa gye. Naye abo abanyoomerera ne beekuza, kale alibabonereza ekibonerezo ekirumya. Era tebalifunayo na mukuumi wadde omuyambi ebbali wa Allah.

فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
فَيُؤْتِيهِمْ أَجْرَهُمْ وَيَزِيدُهُمْ مِنْ
فَضْلِهِ ۗ وَأَمَّا الَّذِينَ اسْتَنْكَفُوا
اسْتَكْبَرُوا فَيُعَذِّبُهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا
وَلَا يَجِدُونَ لَهُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ
وَلِيًّا ﴿٧٤﴾ وَلَا تَصِيرُوا

175. Abange mmwe abantu, mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wammwe, era twassa ne gye muli obutangaavu obwetadde.

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ بُرْهَانٌ
مِن رَّبِّكُمْ وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ نُورًا
مُهَيْمِنًا ﴿٧٥﴾

176. Naye abo abakkiriza Allah era ne-banywerera ku Ye, kale mazima alibayingiza mu kusaasira n'emikisa egiva gy'ali era alibalung'amyamba mu kkubo eggolokofu eliraga gy'ali.

فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَاعْتَصَمُوا بِهِ
فَسَيُدْخِلُهُمْ فِي رَحْمَةٍ مِنْهُ وَفَضْلٍ
وَيَهْدِيهِمْ إِلَى صِرَاطٍ
مُسْتَقِيمٍ ﴿٧٦﴾

177. Bakubuuza *ebifa ku kalaala*, gamba nti: Allah y'abawa okusalawo kwe ku kalaala nti: Singa omuntu afa nga talina mwana, naye ng'alina mwannyina, kale afune kimu kya kubiri eky'ebyo *afudde* by'alese. Naye (omusajja) asikira mwannyina bw'aba nga talina mwana. Naye bannyina *b'omusajja* bwe baba ababiri, kale bafune bibiri bya kusatu eby'ebyo by'alesewo. Naye ab'oluganda bwe baba nga basajja na bakazi, olwo omusajja afune kyenkanyi n'omugabo gw'abakazi ababiri. Allah abannyonyola, muleme kuwaba. Era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

يَسْتَفْتُونَكَ، قُلِ اللَّهُ يُفْتِيكُمْ فِي
الْكَلِمَةِ، إِنَّ امْرُؤًا هَلَكَ لَيْسَ لَهُ
وَلَدٌ وَلَهُ أُخْتٌ فَلَهَا نِصْفُ مَا تَرَكَ
وَهُوَ يَرْتَابُ إِنَّ لَكُمْ لَعَلَّهَا وَلَدٌ
فَإِنْ كَانَتْ تَانِثَيْنِ فَلَهُمَا الشُّكْلَانِ
مِمَّا تَرَكَ، وَإِنْ كَانُوا إِخْوَةً
رَجَاةً وَنِسَاءً فَلِلَّذَكَرِ مِثْلُ حَظِّ
الْأُنثِيَيْنِ ۗ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ أَنْ
تَضِلُّوا، وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٧٧﴾

AL-MĀ'IDAH

(Yakka Iuvannyuma Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abakkiriza, mutuukirizenga ebisuubizo. Mukkirizibwa okulya ebisolo eby'amagulu ana, okuggyako ebyo ebirangiriddwa gye muli nti *tebikkirizibwa*; wabula temukitwala nti okuyigga kukkirizibwa nga muli mu Ihrāmu. Mazima Allah alagira ky'aba ayagadde.

3. Abange mmwe abakkiriza, temudibaganga *bintu* Allah bye yatukuza* wadde Omwezi Omutukuvu oba ebisolo ebireteddwa olw'okusaddaaka oba ebisolo *bya saddaaka* ebirina ebbona *mu bulago* oba abaluubirira eri Enju Entukuvu nga banoonya emikisa n'okusiima okuva eri Mukama waabwe. Naye bwe mweyambulanga engoye za Ihrāmu, olwo muyinza okuyigga. Era obulabe bw'abantu, olw'okuba nti baabaziyiza *okugenda* eri Omuzigiti Omutukuvu, tebubapikirizanga nemusukka ekigero. Era muyambaganenga mu bulungi n'okutya Allah, naye temuyambagananga mu kibi n'okulumbagana. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.

4. Mwaziyizibwa *okulya* kalannamye, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiramiriziddwako elinnya ly'atali Allah, n'ekitugumbuddwa, n'ekifudde olw'okukubwa, n'ekifudde olw'okugwa, n'ekifumitiddwa ejjembe ne kifa, n'ekiririddwako ensolo enkambwe, okuggyako ekyo kye mwesalidde mu butuufu. *Era muziyizibwa* n'ebyo ebisaliddwa olw'ebifaananyi n'amasabo, n'okweraguza n'obusaale; ebyo *byonna* bya bujeemu. Olwa leero, abo abatakkiriza baweddemu essuubi *ku kumenyawo* eddiini yammwe; kale temubatya, naye mutye Nze nzekka. Olwa leero mbatuukiririzza eddiini yammwe n'embajjuuliriza ebyengera byange era mbalonedde Obusiraamu nga y'eddiini. Naye oyo awalirizibwa *ku byaziyizibwa*

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَوْفُوا بِالْعُقُودِ
أَحَلَّتْ لَكُمْ بِهَيْمَةَ الْأَنْعَامِ إِلَّا مَا يُبْتَلَى
عَلَيْكُمْ غَيْرَ مُجْتَبَى الصَّيْدِ وَأَنْتُمْ حُرْمَةٌ
لِأَنَّ اللَّهَ يَحْكُمُ مَا يُرِيدُ ②

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَجْلُوْا
أَشْعَارَ اللَّهِ وَلَا الشَّهْرَ الْحَرَامَ وَلَا
الْهَدْيَ وَلَا الْقَلَائِدَ وَلَا أَيْتَانَ
الْبَيْتِ الْحَرَامِ يَبْتَغُونَ فَضْلًا
مِّن رَّبِّهِمْ وَرِضْوَانًا وَإِذَا
أَحَلَلْتُمْ قَاصِدًا وَآهَ وَلَا
يَجْرِمَنَّكُمْ شَنَا نَقْوِمَ أَنْ
صَدُّوكُمْ عَنِ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ
أَنْ تَعْتَدُوا وَإِن تَعَاوَنُوا
عَلَى الْبَيْتِ وَالتَّقْوَى وَلَا
تَعَاوَنُوا عَلَى الْإِثْمِ وَالْعُدْوَانِ
وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ
الْعِقَابِ ③

حَرَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةَ وَالدَّمَ
وَالْحُمْ وَالْخِنْزِيرَ وَمَا أُهْلَ
لِغَيْرِ اللَّهِ بِهِ وَالْمُنْخَنِقَةَ
وَالْمُتَرَدِّدَةَ وَالنَّطِيحَةَ وَمَا
أَكَلَ السَّبْعُ إِلَّا مَا ذَكَّيْتُمْ
هُوَ مَا ذُبِحَ عَلَى النُّصُبِ
وَإِن تَسْتَفْسِمُوا بِالْأَزْوَاجِ
ذَلِكُمْ فَسْقٌ الْيَوْمَ بِيَدِ
الَّذِينَ كَفَرُوا مِن دِينِكُمْ
فَلَا تَخْشَوْهُمْ وَاخْشَوْنِ الْيَوْمَ
أَكْمَلْتُ لَكُمْ دِينَكُمْ وَارْتَمَمْتُ
عَلَيْكُمْ نِعْمَتِي وَرَضِيتُ لَكُمُ
الْإِسْلَامَ دِينًا

5:3. 'Ebyo Allah bye yatukuza' kitegeeza ebintu, ebiseera, ebifo oba ebitonde ebirina obulamu.

olw'enjala, nga tawugukidde eri kibi mu bugenderevu, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

5. Bakubuuza nti biki bye bakkirizibwa okulya? Gamba nti: Mukkirizibwa ebirongoofu byonna era n'ebyo ebikwatibwa ebisolo n'ebinyonyi bye muyigirizza nga mubigunjula mu kuyigga nga mubiyigiriza kw'ebyo Allah bye yabayigiriza. Kale mulye kw'ebyo bye biba bibakwatidde, naye mukiraamirizangako elinnya lya Allah. Era mutye Allah. Mazima Allah Mwangu nnyo mu kubala.

6. Olwa leero, mukkiriziddwa ebirongoofu byonna. N'emmere y'abo abaaweebwa Ekitabo ebakkiriziddwa, n'emmere yammwe nabo ebakkiriziddwa, n'abakazi abalongoofu mu bakkiriza, n'abakazi abalongoofu mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe, bwe muba nga mubawadde amahare gaabwe, *nemubawasa* mu bufumbo obutuufu; so si kukola bya bwenzi wadde okutwaala emikwano egy'obubba. Naye oyo agaana okukkiriza, ddala ebikolwa bye biba by'onoonese; era oyo ku nkomerero y'aliba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

Ruku 2

7. Abange mmwe abakkiriza, bwe musitukanga okugenda eri essaala, kale munaabenga amaaso gammwe n'emikono gyammwe okutuuka ku nkokola, era muyisenga *amazzi* mu mitwe gyammwe, era *munaabenga* ebigere byammwe okutuusa ku bukongovvule. Naye bwe mubanga ne janaba, olwo munaabenga *mubiri*. Naye bwe mubanga abalwadde oba nga muli mu lugendo oba nga omu mu mmwe ava weyeyambidde oba nga muyiseeko eri abakyala naye nemutafuna mazzi, olwo muluubirirenga eri enfuufu ennyonjo mugiyise mu maaso gammwe ne ku mikono gyammwe. Allah tayagala kubassaako buzito naye ky'ayagala kwe kubatukuza era alyooke atuukirize enneeema ye ku mmwe, mulyooke mwebaze.

8. Era mujjukire enneeema ya Allah eri ku mmwe n'endagaano ye eyo gye yalagaana nammwe, bwe mwagamba nti: Tuwulidde

فَمِنْ أَضْطَرِّ فِي مَخْمَصَةٍ غَيْرِ مُتَجَانِفٍ
لِإِثْمِهِ ۖ فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ④

يَسْأَلُونَكَ مَاذَا أُحِلَّ لَهُمْ ۗ قُلْ أُحِلَّ
لَكُمْ الطَّيِّبَاتُ ۚ وَمَا عَلَّمْتُم مِّنَ
الْجَوَارِحِ مُكَلِّبِينَ تُعَلِّمُونَهُنَّ مِمَّا
عَلَّمَكُمُ اللَّهُ ۚ فَكُلُوا مِمَّا أَمْسَكَنَّ
عَلَيْكُمْ ۚ وَادْكُرُوا اللَّهَ عَلَيْهِمْ ۚ وَاتَّقُوا
اللَّهَ ۚ إِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ⑤

أَلْيَوْمَ أُحِلَّ لَكُمْ الطَّيِّبَاتُ ۚ وَطَعَامُ
الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ حَلَلٌ لَّكُمْ ۚ وَ
طَعَامُكُمْ حَلَلٌ لَهُمْ ۚ وَالْمُحْصَنَاتُ مِنَ
الْمُؤْمِنَاتِ وَالْمُحْصَنَاتُ مِنَ الَّذِينَ
أُوتُوا الْكِتَابَ مِن قَبْلِكُمْ إِذَا
آتَيْتُمُوهُنَّ أَجُورَهُنَّ مُحْصِنِينَ غَيْرِ
مُسَافِحِينَ ۚ وَلَا مُتَخِذِينَ أَخْدَانٍ ۚ وَمَن
يَكْفُرْ بِالْإِيمَانِ فَقَدْ حَبِطَ عَمَلُهُ ۚ وَ
هُوَ فِي الْآخِرَةِ مِنَ الْخَاسِرِينَ ⑥

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا قُمْتُمْ إِلَى
الصَّلَاةِ فَاغْسِلُوا وُجُوهَكُمْ وَأَيْدِيَكُمْ
إِلَى الْمَرَافِقِ وَامْسَحُوا بِرُءُوسِكُمْ
وَإَرْجُلَكُمْ إِلَى الْكَعْبَيْنِ ۚ وَإِن كُنْتُمْ
جُنُبًا فَأَطْفِئُوا نَارَ الْإِيمَانِ ۚ وَإِن كُنْتُمْ مَرْضَى
أَوْ عَلَى سَفَرٍ أَوْ جَاءَ أَحَدٌ مِّنْكُمْ مِنَ
الْعَائِطِ أَوْ لَمَسْتُمُ النِّسَاءَ فَلَمْ
تَجِدُوا مَاءً فَتَيَمَّمُوا صَعِيدًا طَيِّبًا
فَامْسَحُوا بِوُجُوهِكُمْ وَأَيْدِيكُمْ
مِّنْهُ ۚ مَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيَجْعَلَ عَلَيْكُمْ
مِّن حَرَجٍ ۚ وَلَٰكِن يُرِيدُ لِيُطَهِّرَكُمْ
وَلِيُثَبِّتَ لِعَمَلِكُم مِّنْهُ ۚ إِنَّ اللَّهَ
سَلِيمٌ عَلِيمٌ ⑦

وَإِذْ كَرَّمْنَا نوحًا وَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ
وَوَضَعْنَاهُمْ أَجْنَافًا ۚ وَتَمَرَّتْ
عَلَيْهِمْ السَّاعَةُ ۚ لَنُرِيدَنَّ أَن نَّبْتَلِيَهُمْ
فِي ثَمَرَاتِهِمْ وَلَٰكِن يَجْعَلُونَ لِقَاءَ رَبِّهِمْ
أَعْيُنًا ۚ وَمَا يُغْنِي عَنْهُمْ كَيْدُهُمْ
شَيْئًا ۚ وَلَا يَسْلَمُونَ ⑧

era tugonze. Era mutye Allah. Mazima Allah amanyi bulungi ebiri mu bifuba.

أَطَعْنَا وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٨﴾

9. Abange mmwe abakkiriza, mubeerenga besimbu ku lwa Allah, abawa obujulizi mu bwenkanya. Era obulabe bw'abantu tebubapikirizanga nemutaba benkanya. Mubeerenga benkanya *bulijjo*, ekyo ky'ekiri okumpi ennyo n'obutuukirivu. Era mutye Allah. Mazima bye mukola, Allah abitegeera.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُونُوا قَوَّامِينَ لِلَّهِ شُهَدَاءَ بِالْقِسْطِ وَلَا يَجْرِمَنَّكُمْ شَنَا نُ قَوْمٍ عَلَىٰ آلَا تَعْدِلُونَ وَلَا تُغْرِبُوا هُوَ أَقْرَبُ لِلتَّقْوَىٰ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿٩﴾

10. Allah yasubiza abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi *nti* balifuna okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٠﴾

11. Naye abo abeerema era nebalimbisa obubonero bwaffe, abo nno be bantu b'omuliro.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿١١﴾

12. Abange mmwe abakkiriza, mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe awo abantu bwe baamalirira okugolola emikono gyabwe ku mmwe, kale n'aziyiza emikono gyabwe ku mmwe. Kale mutye Allah, era abakkiriza beesige Allah *yekka*.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذْ كُرُوا نِعْمَتَ اللَّهِ عَلَيْكُمْ إِذْ هُمْ قَوْمٌ لَّا يَبْسُطُونَ إِلَيْكُمْ أَيْدِيَهُمْ فَكَفَّ أَيْدِيَهُمْ عَنْكُمْ وَاتَّقُوا اللَّهَ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٢﴾

Ruku 3

13. Era mazima Allah yatwala endagaano ku baana ba Isirairi, era netusitula mu bo abakulembeze* kkumi na babiri. Era Allah n'agamba nti: Mazima ndi wamu nammwe bwe munajjumbiranga essaala, nemutoola zaka, nemukkiriza Ababaka bange era nemubawagira, nemuwola Allah okuwola okulungi, mazima ndibasangulako ebibi byammwe era ddala ndibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Naye oyo alyerema mu mmwe oluvannyuma lw'ekyo, mazima aliba amaze okuwaba ku kkubo ettuufu.

وَلَقَدْ أَخَذَ اللَّهُ مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ وَبَعَثْنَا مِنْهُمُ اثْنَيْ عَشَرَ نَقِيبًا وَقَالَ اللَّهُ إِنِّي مَعَكُمْ لَئِنْ أَقَمْتُمُ الصَّلَاةَ وَآتَيْتُمُ الزَّكَاةَ وَآمَنْتُمْ بِرُسُلِي وَعَزَّرْتُمُوهُمْ وَأَقْرَضْتُمُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا لَّا يَكْفِرْنَ عَنْكُمْ سِوَاتِكُمْ وَلَا دَخَلْتُمْ جَنَّتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ فَمَنْ كَفَرَ بَعْدَ ذَلِكَ مِنْكُمْ فَقَدْ ضَلَّ سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿١٣﴾

14. Kale olw'okumenya kwabwe andagaano yaabwe, twabakolimira era emitima gyabwe netugifuula emikakanyavu. Bakyuusakyuusa ebigambo ne babiggya mu nteeko ya byo,

فِيمَا نَقَضْتُمْ مِيثَاقَهُمْ لَعَنَّاهُمْ وَجَعَلْنَا قُلُوبَهُمْ قَاسِيَةً يُحَرِّفُونَ الْكَلِمَ عَنْ مَوَاضِعِهِمْ وَنَسُوا حَظًّا مِمَّا

5:13. Tewali kigambo kisaana kukozezewa wano okusinga 'Naqeeb', (نَقِيبٌ) kubanga kyo tekikoma ku makulu ga 'mukulembeze' gokka, wabula kitegeeza omulanzi, avunaanyizibwa ku kufulumya ekirango kyonna oba okulamula ku lw'eggwanga oba ku lw'oyo amusingako.

nebeerabira n'ekitundu ekimu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Era tojja kukoma kuzuula bukumpanya mu bo, okuggyako abatono ennyo mu bo. Kale baddiremu era obesonyiwe. Mazima Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.

15. Era n'okuva eri abo abagamba nti: Ffe tuli Bakulisitaayo, twatwala endagaano yaabwe, naye nebeerabira ekitundu kw'ebyo bye baabuulirirwa na byo. Kale twassa* obulabe n'obukyayi wakati waabwe okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira. Era mangu nnyo Allah ajja kubategeeza ebyo bye baakolanga.

16. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mazima Omubaka waffe amaze okujja gye muli okubannyonyola ebisinga obungi mw'ebyo bye mwali mukisa mu Kitabo era asonyiwa bingi. Mazima mumaze okutuuki-bwako obutangaavu obuva eri Allah, n'Ekitabo ekitangaaza,

17. Allah ky'alung'amizisa abo abagoberera okusiima kwe mu makubo ag'emirembe, era n'abaggya mu kizikiza n'abalaza mu butangaavu olw'okulagira kwe era n'abalung'anya eri ekkubo eggolokofu.

18. Mazima baamala okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi, mutabani wa Maryamu ye Allah. Gamba nti: Ani alina obuyinza bwonna ku Allah bw'aba nga ayagadde okuzikiriza Masihi mutabani wa Maryamu, ne nnyina, n'abali mu nsi bonna? Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi bwa Allah. Atonda nga bw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

19. Era Abayudaaya n'Abakulisitaayo bagamba nti: Ffe tuli baana ba Allah era ffe baagalwa be. Gamba nti: Ate lwaki ababone-reza olw'ebibi byammwe? Si kyo, namwe muli bantu abali mw'abo be yatonda. Asonyiwa oyo gw'aba asiimye, n'abonereza oyo gw'aba asalidde. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, bwa Allah. Era gy'ali y'eri obuddo.

ذُكِّرُوا بِهِمْ وَلَا تَزَالُ تَطَّلِعُ عَلَى خَائِنَةٍ مِنْهُمْ إِلَّا قَلِيلًا مِنْهُمْ فَاعْفُ عَنْهُمْ وَاصْفَحْ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٤﴾

وَمِنَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّا نَصْرَى أَخَذْنَا مِيثَاقَهُمْ فَنَسُوا حَظًّا مِمَّا ذُكِّرُوا بِهِ فَأَعْرَيْنَا بَيْنَهُمُ الْعَدَاوَةَ وَالْبَغْضَاءَ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ وَسَوْفَ يُنْفِئُهُمُ اللَّهُ بِمَا كَانُوا يَصْنَعُونَ ﴿١٥﴾

يَا أَهْلَ الْكِتَابِ قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولُنَا يُبَيِّنُ لَكُمْ كَثِيرًا مِمَّا كُنْتُمْ تُخْفُونَ مِنَ الْكِتَابِ وَيَعْفُو عَنْ كَثِيرٍ قَدْ جَاءَكُمْ مِنَ اللَّهِ نُورٌ وَكِتَابٌ مُبِينٌ ﴿١٦﴾ يَهْدِي بِإِذْنِ اللَّهِ مِنَ التَّبَعِ رِضْوَانَهُ سُبُلَ السَّلَامِ وَيُخْرِجُهُم مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ بِإِذْنِهِ وَيَهْدِيهِمْ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٧﴾

لَقَدْ كَفَرَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ هُوَ الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ قُلْ فَمَنْ يَمْلِكُ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا إِنْ أَرَادَ أَنْ يُهْلِكَ الْمَسِيحَ ابْنَ مَرْيَمَ وَأُمَّهُ وَفِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَ لِلَّهِ مَلِكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٨﴾

وَقَالَتِ الْيَهُودُ وَالنَّصَارَى نَحْنُ أَبْنَاءُ اللَّهِ وَأَحِبَّاؤُهُ قُلْ فَلِمَ يُعَذِّبُكُمْ بِذُنُوبِكُمْ بَلْ أَنْتُمْ بَشَرٌ مِّمَّنْ خَلَقَ يَغْفِرُ لِمَن يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَن يَشَاءُ وَاللَّهُ مَلِكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا ذَوَالِئِهِ الْمَصِيرِ ﴿١٩﴾

5:15. 'Aghrainā' (أَغْرَيْنَا) kiwa amakulu g'ekintu okwerippa ku kirala ne kikiremerako.

20. Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mazima mumaze okutuukibwako Omutume waffe oluvannyuma lw'akabuliriro k'Abatume, abannyonyole *buli kimu*, si kulwa nga mugamba nti: Tetwatuukibwako muwi wa mawulire malungi wadde omulabuzi. Mazima Omuwi w'amawulire amalungi era Omulabuzi amaze okubatuukako. Era Allah ye Muyinza wa byonna.

Ruku 4

21. Era *mujjukire nga* Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, mujjukire emikisa gya Allah egiri ku mmwe era *mujjukire nga* bwe yassa mu mmwe ba Nabbi era n'abafuula bakabaka, era n'abawa n'ebyo by'atawanga yenna mu nsi.*

22. Abange, musingire mu nsi entukuvu eyo Allah gye yabalagira, naye temudda emabega wammwe nemufuuka abafaafaaganiddwa.

23. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima mu yo mulimu abantu bannalukalala, era ddala ffe tetujja kugiyingiramu okutuusa lwe baligivaamu. Kale bwe baligivaamu, olwo ddala ffe tuliyingira.

24. Abantu babiri kw'abo abatya Allah era Allah be yawa ebyengera bye nebagamba nti: Mubayingirire *lumu* mu mulyango; kale bwe munaayingiramu, mazima mmwe *mujja okubeera* abawanguzi. Era mwesige Allah, bwe muba nga muli bakkiriza.

25. Nebagamba nti: Owange Musa, mazima ffe tetujja kugiyingiramu ddi na ddi nga bo bakyagirimu. Kale genda ggwe ne Katonda wo mulwane, ffe twetuulidde wano.

26. N'agamba nti: Mukama wange, nze sirina buyinza ku yenna, okuggyako ku nze ne muganda wange; kale yawula wakati waffe n'abantu abajeemu.

27. Allah n'agamba nti: Mazima *ensi eyo* ebaziyiziddwa okumala emyaka amakumi ana, nga bayengeetana mu nsi. Kale tolumirwa bantu bajeemu.

يَا هَذَا الْجَنبِ قَدْ جَاءَ كُمْ رَسُولُنَا
يُبَيِّنُ لَكُمْ عَلَى فِتْرَةٍ مِنَ الرُّسُلِ
أَنْ تَقُولُوا مَا جَاءَنَا مِنْ بَشِيرٍ
وَلَا نَذِيرٍ فَقَدْ جَاءَكُمْ بَشِيرٌ
وَنَذِيرٌ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٠﴾

وَأَذَى قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ يَقُومُوا
ذُكُورًا نِعْمَةً اللَّهُ عَلَيْكُمْ
إِذْ جَعَلَ فِيكُمْ أَنْبِيَاءَ
وَجَعَلَ كُمْ مُلُوكًا وَأَتَاكُمْ مَا
لَمْ يُؤْتِ أَحَدًا مِنَ الْعَالَمِينَ ﴿١١﴾

يَقُومُوا ادْخُلُوا الْأَرْضَ الْمُقَدَّسَةَ
الَّتِي كَتَبَ اللَّهُ لَكُمْ وَلَا تَرْتَدُّوا
عَلَىٰ أَدْبَارِكُمْ فَتَنقَلِبُوا خَاسِرِينَ ﴿١٢﴾

قَالُوا يَمُوسَىٰ إِنَّ فِيهَا قَوْمًا
جَبَّارِينَ ۖ وَإِنَّا لَن نَدْخُلُهَا
حَتَّىٰ يَخْرُجُوا مِنهَا فَإِن يَخْرُجُوا
مِنهَا فَإِنَّا لَن نَدْخُلُون ﴿١٣﴾

قَالَ رَجُلَانِ مِنَ الَّذِينَ يَخْفَوْنَ
عِنَّا إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِمَا يَكْتُمُونَ
الْبَابِ ۚ فَإِذَا دَخَلْتُمُوهُ
فَأِتِّمُوا فِيهَا وَقُولُوا عَلَىٰ
اللَّهِ فَتَوَكَّلُوا إِن كُنْتُمْ
مُؤْمِنِينَ ﴿١٤﴾

قَالُوا يَمُوسَىٰ إِنَّا لَن نَدْخُلُهَا
أَبَدًا مَا دَامُوا فِيهَا
فَأَذْهَبِ أَنْتَ وَرَبُّكَ
فَقَاتِلْ إِنَّا هُنَا قَاعِ دُونَ ﴿١٥﴾

قَالَ رَبِّ إِنِّي لَا أَمْلِكُ إِلَّا
نَفْسِي وَأَخِي فَافْرُقْ
بَيْنَنَا وَبَيْنَ الْقَوْمِ
الْفَاسِقِينَ ﴿١٦﴾

قَالَ فَإِنَّهَا مُحَرَّمَةٌ
عَلَيْهِمْ أَرْبَعِينَ سَنَةً
يَتَيَبَّسُونَ فِي الْأَرْضِ
فَلَا تَأْسَ عَلَى الْقَوْمِ
الْفَاسِقِينَ ﴿١٧﴾

5:21. 'Al-'alameen' wano kitegeeza bantu ab'omulembe ogwo.

Ruku 5

28. Era babuulire ebyafa ku baana ba Adamu bombi mu butuufu, awo bwe baawaayo saddaaka; kale ey'omu ku bo n'ekkirizibwa, naye ey'omulala n'etakirizibwa. *Eyaziririrwa* n'agamba *munne* nti: Mazima nzija kukutta. *Munne* n'agamba nti: Ddala Allah akkiriza biva eri bamutya.

وَأَثَلْ عَلَيْهِمْ نَبَأَ ابْنِي آدَمَ بِالْحَقِّ إِذْ
قَرَّبَا قُرْبَانًا فَتُقْبِلُ مِنْ أَحَدِهِمَا
وَلَمْ يُتَقَبَّلْ مِنَ الْآخَرِ قَالَ
لَا أُقْبَلُكُمْ، قَالَ إِنَّمَا يَتَقَبَّلُ اللَّهُ
مِنَ الْمُتَّقِينَ ﴿٢٨﴾

29. Kale bw'onogolola omukono gwo gyendi nti onzite, nze sijja kugolola mukono gwange gy'oli nti nkutte. Nze ntya Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

لَمَّا بَسَطْنَا إِلَى يَدِكَ لَتَقْتُلُنِي مَآ
آتَانَا سِطْرًا يَدِي إِلَيْكَ لَا قُوَّةَ
لِي إِني أَخَافُ اللَّهَ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٩﴾

30. Nze njagala ggwe weetikke ekibi kyange *eky'okunzita* n'ekibi kyo, kale obeere mu bantu b'omuliro. Era eyo y'empeera y'aboononefu.

إِنِّي أُرِيدُ أَنْ تَبُوءَ بِإِثْمِي وَإِثْمِكَ
فَتَكُونُ مِنَ أَصْحَابِ النَّارِ وَذَلِكَ
جَزَاءُ الظَّالِمِينَ ﴿٣٠﴾

31. Naye omwoyo gwe gwamupikiriza okutta muganda we, kale n'amutta. Bw'atyo n'afuuka omu mw'abo abaafaafaaganirwa.

فَطَوَّعَتْ لَهُ نَفْسُهُ قَتْلَ أَخِيهِ فَقَتَلَهُ
فَأَصْبَحَ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٣١﴾

32. Awo Allah n'atuma namung'oono atakuletakule mu ttaka alyooke amulage engeri y'okukweeka enjole ya muganda we. N'agamba nti: Zinsanze! Abaffe, sisobodde na kuba nga namung'oono ono n'enkweka enjole ya muganda wange? Kale n'afuuka *omu* mw'abo abejjusa.

فَبَعَثَ اللَّهُ غُرَابًا يَبْحَثُ فِي الْأَرْضِ
لِيُرِيَهُ كَيْفَ يُورِثِي سَوَاءَ أَخِيهِ
قَالَ يُورِثُنِي أُعْجِزْتُ أَنْ أَكُونَ مِثْلَ
هَذَا الْغُرَابِ فَأُورِثِي سَوَاءَ أَخِي
فَأَصْبَحَ مِنَ الْتَائِبِينَ ﴿٣٢﴾

33. Olw'esonga eyo, twalifuula tteeka ku baana ba Isirairi nti ddala oyo yenna anattanga omuntu nga tewali muntu gw'asse oba anaaleetanga akatabanguko mu nsi, kale anaabanga ng'asse abantu bonna. N'oyo anaamulamyanga, ddala anaabanga ng'alamizza abantu bonna. Era ddala Ababaka baffe bajja gye bali n'obubonero obw'olwaatu, nate era bangi mu bo oluvannyuma lw'ebyo, beesukkulumya mu nsi.

مِنَ الْجِنَّةِ وَالنُّفُوسِ
مِنَ آجَلٍ ذَلِكَ كَتَبْنَا عَلَى بَنِي
إِسْرَائِيلَ أَنَّهُ مَنْ قَتَلَ نَفْسًا بِغَيْرِ
نَفْسٍ أَوْ فَسَادٍ فِي الْأَرْضِ فَكَأَنَّمَا قَتَلَ
النَّاسَ جَمِيعًا وَمَنْ أَحْيَاهَا فَكَأَنَّمَا
أَحْيَاهَا النَّاسَ جَمِيعًا وَلَقَدْ جَاءَتْهُمْ
رُسُلُنَا بِالْبَيِّنَاتِ ثُمَّ لَ كَثِيرًا مِمَّنْ
بَعْدَ ذَلِكَ فِي الْأَرْضِ لَمُسْرِفُونَ ﴿٣٣﴾

34. Mazima empeera y'abo abalwanyisa Allah n'Omutume we era nebanyiikira okuleeta obutabanguko mu nsi, *eba* kuttibwa oba kuttirwa ku musaalaba oba kusalibwako mikono gyabwe n'amagulu gaabwe mu mpulinkanya oba bawang'angusibwe okuva mu nsi. Bwe kityo, balifuna obuswaavu mu nsi, era balifuna ekibonerezo kisuffu ku nkomerero;

إِنَّمَا جَزَاءُ الَّذِينَ يُحَارِبُونَ اللَّهَ وَ
رُسُلَهُ وَيَسْعُونَ فِي الْأَرْضِ فَسَادًا أَنْ
يُقْتَلُوا أَوْ يُصَلَّبُوا أَوْ تُقَطَّعَ أَيْدِيهِمْ
وَأَرْجُلُهُمْ مِنْ خِلَافٍ أَوْ يُنْفَوْا مِنَ
الْأَرْضِ ذَلِكَ لَهُمْ جِزْيٌ فِي الدُّنْيَا وَ
لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٣٤﴾

35. Okuggyako abo ababonerera nga temunnafula buyinza ku bo. Kale mumanye nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 6

36. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era munoonye engeri y'okusembera gy'ali, era munyikire nnyo mu kkubo lye, mulyooke muganyulwe.

37. Mazima abo abeerema ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nga bigattiddwako n'ebibyenkana, nti beenunuze nabyo ku kibonerezo ky'olunaku lw'okuzuukira, tebyalikkiriziddwa ku bo; era balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

38. Balyagala okuva mu muliro, naye tebalisobola kuguvaamu; era balifuna ekibonerezo eky'enkalakkalira.

39. Era omubbi omusajja n'omubbi omukazi, kale mubasaleko emikono gyabwe nga kwe kusasulwa kw'ekyo kye bakoze, era nga ky'ekibonerezo eky'okulabirako okuva eri Allah. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

40. Naye oyo alibonerera oluvannyuma lw'okwonoona kwe n'atereerera ddala, mazima Allah alimuddiramu. Ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

41. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi? Abonereza oyo gw'aba asalidde, n'asonyiwa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

42. Owange ggwe Mutume, baleme kukunakuwaza abo abanguyira eri obutakkiriza mw'abo aboogera n'emimwa gyabwe nti: Tukkiriza, so nga emyoyo gyabwe tegikkiriza. Era ne mw'abo Abayudaaya mulimu abanyumirwa ennyo okuwuliriza eby'obulimba nga bawuliriza olw'abantu abalala abatannajja na gy'oli. Era bafuulafuula ebigambo oluvannyuma lw'okussibwa mu nteeko ya byo, nga bagamba nti: Bwe muwebwanga kino, kale mukitwale. Naye bwe mutakiwebwanga, olwo mwerinde! Era oyo Allah gw'aba ayagadde

إِلَّا الَّذِينَ تَابُوا مِنْ قَبْلِ أَنْ تَقْرَأُ عَلَيْهِمْ فَأَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ عَفُوٌّ رَحِيمٌ ﴿٣٥﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَابْتَغُوا إِلَيْهِ الْوَسِيلَةَ وَجَاهِدُوا فِي سَبِيلِهِ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٣٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْ أَنَّ لَهُمْ مَا فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَمِثْلَهُ مَعَهُ لَيَفْتَدُوا بِهِ مِنْ عَذَابِ يَوْمِ الْقِيَامَةِ مَا تُثْقِلُ عَلَيْهِمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٣٧﴾

يُرِيدُونَ أَنْ يُخْرِجُوكَ مِنَ النَّارِ وَمَا هُمْ بِخَارِجِينَ مِنْهَا وَلَهُمْ عَذَابٌ مُّقِيمٌ ﴿٣٨﴾

وَالسَّارِقُ وَالسَّارِقَةُ فَاقْطَعُوا أَيْدِيَهُمَا جَزَاءً بِمَا كَسَبَا نَكَالًا مِنَ اللَّهِ وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٣٩﴾

فَمَنْ تَابَ مِنْ بَعْدِ ظُلْمِهِ وَأَصْلَحَ فَإِنَّ اللَّهَ يَتُوبُ عَلَيْهِ إِنَّ اللَّهَ عَفُوٌّ رَحِيمٌ ﴿٤٠﴾

أَلَمْ تَعْلَمْ أَنَّ اللَّهَ لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ يُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيَغْفِرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٤١﴾

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ لَا يَحْزُنْكَ الَّذِينَ يُسَارِعُونَ فِي الْكُفْرِ مِنَ الَّذِينَ قَالُوا آمَنَّا بِأَفْوَاهِهِمْ وَلَمْ تُؤْمِنُ قُلُوبُهُمْ وَ مِنَ الَّذِينَ هَادُوا سَمَّعُونَ لِلْكَذِبِ سَمَّعُونَ لِأَخْرِينَ لَمْ يَأْتُوكَ بِحَرْفٍ مِنَ الْكَلِمِ مِنْ بَعْدِ مَا وَضَعَهُ يَقُولُونَ إِنْ أُرْتِيْتُمْ هَذَا فَخَدُّوهُ وَإِنْ لَمْ

okugezesa, kale toliba na buyinza bwonna ku ye ku Allah. Abo be bo Allah b'ataasiima kutukuza myoyo gyabwe; balina obuswaavu ku nsi, ne ku nkomerero baliba n'ekibonerezo ekisukkirivu.

43. Bawuliriza nnyo eby'obulimba, balya nnyo ebyaziyizibwa. Naye bwe bajjanga gy'oli, kale lamula wakati waabwe oba baleke. Bw'olibaleka, tebalikulumya wadde akatono. Naye bw'olamulanga, olwo olamulanga wakati waabwe mu bwenkanya. Mazima Allah ayagala nnyo abenkanya.

44. Ye bakufuula batya omulamuzi waabwe ng'ate balina Taurēti erimu okulamula kwa Allah? *So nno* oluvannyuma lw'ebyo, *gy'eri* bakubayo mabega; ddala abo si ba kukkiriza.

Ruku 7

45. Mazima twassa Taurēti nga erimu obulung'amu n'obutangaavu. Ba Nabbi abaali abawulize baagiramuzisa Abayudaaya, *bwe batyo* n'abantu ba Allah n'abakugu mu by'eddiini *baagiramuzisa kubanga* be baasigirwa Ekitabo kya Allah era be baali abalabirizi ba kyo. N'olwekyo temutya bantu naye mutye Nze nzekka. Era temuwanyisanga Aya zange mu muwendo omutono. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be batakiriza.

46. Era twabalagira mu yo nti: Omuntu ku muntu, n'eliiso ku liiso, n'ennyindo ku nnyindo, n'okutu ku kutu, n'elinyo ku linnyo, n'ebiwundu byesasuzibwe *kyenkanyi*. Naye oyo akuleka *ku lwa Allah*, kale ekyo kiba kyetangiriro gy'ali. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be boonoonefu.

47. Nate twagobereza 'Isa mutabani wa Maryamu mu buwufu bwabwe, nga ye

تَوْتَوْهُ فَأَخَذَهُمْ مِنَ اللَّهِ
فَشِئْتَهُ فَلَنْ تَمْلِكَ لَهُ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا
أُولَئِكَ الَّذِينَ لَمْ يُرِدِ اللَّهُ أَنْ يَهْدِيَهُمْ
فَلَوْ بِهِمْ لَهْمُ فِي الدُّنْيَا خِزْيٌ ۗ وَ
لَهُمْ فِي الآخِرَةِ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٤٣﴾

سَمِعُونَ لِلكَذِبِ أَكْثُونَ لِلشُّحْتِ
فَإِنْ جَاءُوكَ فَاحْكُم بَيْنَهُمْ أَوْ
أَعْرِضْ عَنْهُمْ ۗ وَإِنْ تُعْرِضْ عَنْهُمْ
فَلَنْ يَضُرُّوكَ شَيْئًا ۗ وَإِنْ حَكَمْتَ
فَاحْكُم بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ ۗ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ
الْمُقْسِطِينَ ﴿٤٤﴾

وَكَيْفَ يُحْكِمُوكَ وَعِنْدَهُمُ التَّوْرَةُ
فِيهَا حُكْمُ اللَّهِ ثُمَّ يَتَوَلَّوْنَ مِنْ بَعْدِ
ذَلِكَ ۗ وَمَا أُولَئِكَ بِالْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٥﴾

إِنَّا أَنْزَلْنَا التَّوْرَةَ فِيهَا هُدًى وَ
نُورٌ ۗ يُحْكُمُ بِهَا النَّبِيُّونَ الَّذِينَ
أَسْلَمُوا لِلَّذِينَ هَادُوا وَالرَّبَّاتِيئُونَ وَ
الْأَخْبَارُ بِمَا اسْتُحْفِظُوا مِنْ كِتَابِ اللَّهِ
وَكَانُوا عَلَيْهِ شُهَدَاءَ ۗ فَلَا تَخْشَوُا
النَّاسَ وَاخْشَوْا اللَّهَ وَلَا تَشْتَرُوا بِآيَاتِي
ثَمَنًا قَلِيلًا ۗ وَمَنْ لَمْ يُحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ
فَأُولَئِكَ هُمُ الْكَافِرُونَ ﴿٤٦﴾

وَكَتَبْنَا عَلَيْهِمْ فِيهَا أَنَّ النَّفْسَ
بِالنَّفْسِ ۗ وَالْعَيْنَ بِالْعَيْنِ ۗ وَالْأَنْفَ
بِالْأَنْفِ ۗ وَالْأُذُنَ بِالْأُذُنِ ۗ وَالسِّنَّ
بِالسِّنِّ ۗ وَالْجُرُوحَ قِصَاصٌ ۗ فَمَنْ
تَصَدَّقَ بِهِ فَهُوَ كَفَّارَةٌ لَهٗ ۗ وَمَنْ لَمْ
يُحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ فَأُولَئِكَ هُمُ
الظَّالِمُونَ ﴿٤٧﴾

وَ قَفَيْنَا عَلَىٰ آثَارِهِمْ بِعِيسَى ابْنِ

mukakasa w'ebyo ebyamukulembera ebiri mu Taurēti, era twamuwa Enjiri nga erimu obulung'amu n'obutangaavu era nga y'ekakasa ebyo ebyagikulembera ebyali mu Taurēti era nga bulung'amu n'okubuulirira eri abatya Allah.

مَرِيَمَ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ
مِنَ التَّوْرَةِ وَأَتَيْنَهُ الْإِنجِيلَ فِيهِ
هُدًى وَ نُورٌ ۚ وَ مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ
يَدَيْهِ مِنَ التَّوْرَةِ وَ هُدًى وَ
مَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ ﴿٤٧﴾

48. Era abantu b'Enjiri basaana balamule n'ebyo Allah bye yassa mu yo. Era oyo atalamula n'ebyo Allah bye yassa, kale abo be bajemu.

وَلِيَحْكُمَ أَهْلَ الْإِنجِيلِ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ
فِيهِ، وَ مَنْ لَّمْ يَحْكَمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ
فَأُولَئِكَ هُمُ الْفٰسِقُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era twassa gy'oli Ekitabo ekirimu amazima ekikakasa ebyo ebyakikulembera ebyali mu Kitabo kya Taurēti era nga ky'ekiribirizi kya kyo. N'olwekyo lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe n'ova kw'ebyo eby'amazima ebyakutuukako. Mazima buli omu mu mmwe twamuteerawo amateeka g'eddiini ag'olwaatu n'ekkuho elyetadde. Era singa Allah yayagala kukaka, yaalibafudde ekibiina kimu, naye yakireka alyooke abagezese mw'ebyo bye yabawa. Kale muvuganyenga mu birungi. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe mwenna; olwo alibategeza ebyo bye mwaali mwawukanamu.

وَ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ
مُصَدِّقًا لِمَا بَيْنَ يَدَيْهِ مِنَ
الْكِتَابِ وَ مُهَيِّئًا عَلَيْهِ فَاحِكُمُ
بَيْنَهُمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ وَ لَا تَتَّبِعْ
أَهْوَاءَهُمْ عَمَّا جَاءَكَ مِنَ الْحَقِّ ۗ
لِكُلِّ جَعَلْنَا مِنْكُمْ شِرْعَةً وَ
مِنْهَا جَاءَ، وَ لَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَعَلَكُمْ
أُمَّةً وَاحِدَةً وَ لَكِن لِّيَبْلُوَكُمْ فِي
مَا آتَيْتُمْ فَاسْتَبِقُوا الْخَيْرَاتِ ۗ إِلَى اللَّهِ
مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ
فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿٤٩﴾

50. Era lamula wakati waabwe n'ebyo Allah bye yassa, naye togobereranga kwagala kwabwe; era beerinde baleme kukussa mu bigezo olw'ebimu kw'ebyo Allah bye yassa gy'oli. Naye bwe beefuulanga, kale manya nti ddala Allah agenderera kubatusako kibonerezo olw'ebimu ku bibi byabwe. Era ddala bangi mu bantu bajeemu.

وَ أَنْ أَحْكُمُ بَيْنَهُمْ بِمَا أَنْزَلَ اللَّهُ وَ
لَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَهُمْ وَ أَحْذَرُهُمْ
أَنْ يَفْتِنُوكَ عَنْ بَعْضِ مَا أَنْزَلَ
اللَّهُ إِلَيْكَ، فَإِنْ تَوَلَّوْا فَعَلِمَ أَنَّ مَا
يُرِيدُ اللَّهُ أَنْ يُصِيبَهُمْ بِبَعْضِ
ذُنُوبِهِمْ ۗ وَإِنَّ كَثِيرًا مِنَ النَّاسِ
لَفٰسِقُونَ ﴿٥٠﴾

51. Abaffe, okulamula okw'edda okw'omu butamanya era kwe baagala? Naye ani asinga Allah mu kulamula eri abantu abalina obukakafu?

أَفْهَكُمَا لِحَاكِمِيَّةٍ يَبْعُونَ، وَ مَنْ أَحْسَنُ
مِنَ اللَّهِ حُكْمًا لِقَوْمٍ يُؤْقِنُونَ ﴿٥١﴾

Ruku 8

52. Abange mmwe abakkiriza, temufuulanga Bayudaaya na Bakulisitaayo okuba

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا
لِلْيَهُودِ وَ النَّصْرَانِيِّينَ أَوْلِيَاءَ ۗ بَعْضُهُمْ

ab'emikwano. Bo ba mikwano bokka na bokka. Era yenna mu mmwe alibafuula ab'emikwano, kale naye aliba mu bo. Mazima Allah talung'anya bantu bakumpanya.

53. Kale ojja kulaba abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe nga beeyunira nnyo mu bo, nga bagamba nti: Tuya nti tuyinza okutuukibwako emitawaana. So nno ob'olyawo Allah n'aleeta obuwanguzi oba ensonga endala eva gy'ali, olwo bafuuke abejjusa olw'ebyo bye baakisanga mu myoyo gyabwe.

54. N'abo abakkiriza bagambe nti: Abaffe, bano be bo abaalayiranga Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza nti ddala bali wamu nammwe? Abo ebikolwa byabwe byayonoo-neka nebafuuka abafaafaaganiddwa.

55. Abange mmwe abakkiriza, yenna mu mmwe alyekyuusa n'ava mu ddiini ye, kale *akimanye nti* mangu nnyo Allah ajja kuleeta *mu kifo kye* abantu b'alyagala era abalimwagala, abeetoowaze, ab'ekisa eri abakkiriza, abanywevu eri abatakkiriza, abatakabana mu kkubo lya Allah era abatatya kunenya kwa munenyi yenna. Egyo nno gy'emikisa gya Allah gy'awa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

56. Mazima mukwano gwammwe *owa ddala* ye Allah n'Omubaka we n'abo abakkiriza, abo abajjumbira essaala era abatoola zaka nebakutama *n'obwesimbu gy'ali*.

57. Era oyo akwana Allah n'Omubaka we n'abo abakkiriza, *amanye* nti ddala ekibiina kya Allah ky'ekiteekwa okuwangula.

Ruku 9

58. Abange mmwe abakkiriza, abo abatwala eddiini yammwe nga eky'okubalaata n'okuzannya— abali mw'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye lwammwe n'abeerema — temubafuulanga ab'omukwano. Era mutye Allah, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.

59. Era nga bwe mukoowoola *abantu* eri essaala, bo bakitwala nga eky'okubalaata n'okuzannya. Ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.

أُولِيَاءٍ بَعْضٌ، وَمَنْ يَتَوَلَّهُمْ مِنكُمْ فَإِنَّهُ مِنهُمْ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٥٧﴾

فَتَرَى الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ يُسَارِعُونَ فِيهِمْ يَقُولُونَ نَخْشَى أَنْ تُصِيبَنَا آتِئَةٌ، فَحَسَى اللَّهُ أَنْ يَأْتِيَ بِالْفَتْحِ أَوْ أَمْرٍ مِنْ عِنْدِهِ فَيُضْحِكُوا عَلَى مَا آسَرُوا فِي أَنْفُسِهِمْ نَادِمِينَ ﴿٥٨﴾

وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا أَهَؤُلَاءِ الَّذِينَ أَقْسَمُوا بِاللهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لَا نَمُنُّ بِكُمْ مَعَكُمْ حَتَّىٰ طَأَسَمْتُمْ لَكُمْ لَمْ يَأْتِهَا الَّذِينَ آمَنُوا مِنْ بَرِّتَدٍ مِّنْكُمْ عَنْ دِينِهِ فَسَوْفَ يَأْتِي اللهُ بِقَوْمٍ يُحِبُّهُمْ وَيُحِبُّونَهُ أَذِلَّةٍ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ أَعِزَّةٍ عَلَى الْكَافِرِينَ يُجَاهِدُونَ فِي سَبِيلِ اللهِ وَلَا يَخَافُونَ لَوْمَةَ لَائِمٍ ذَلِكَ فَضْلُ اللهِ يُؤْتِيهِ مَنْ يَشَاءُ اللهُ وَاللهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٥٩﴾

إِنَّمَا وَلِيُّكُمُ اللهُ وَرَسُولُهُ وَالَّذِينَ آمَنُوا الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَ يُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ رَاكِعُونَ وَمَنْ يَتَوَلَّ اللهُ وَرَسُولَهُ وَالَّذِينَ آمَنُوا فَإِنَّ حِزْبَ اللهِ هُمُ الْغَالِبُونَ ﴿٦٠﴾

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا الَّذِينَ اتَّخَذُوا دِينَكُمْ هُرُوءًا وَلَا حِبَاءً مِنَ الَّذِينَ أوتُوا الْكِتَابَ مِنْ قَبْلِكُمْ وَالْكَافِرِ أُولِيَاءٍ وَاتَّقُوا اللهَ إِنَّ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٦١﴾

وَإِذَا نَادَيْتُمْ إِلَى الصَّلَاةِ اتَّخَذُوا هُرُوءًا وَلَا لُوعِبَاءَ ذَلِكَ يَأْتُهُمْ قَوْمٌ لَا يَعْقِلُونَ ﴿٦٢﴾

60. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, mutukijanya lwa kuba nti tukkiriza Allah n'ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyo ebyassibwa oluberebereye, oba lwa kubanga nti abasinga obungi mu mmwe bajemu?

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ هَلْ تَتَّقُمُونَ وَمَا
إِلَّا أَنْ آمَنَّا بِاللَّهِ وَمَا أُنزِلَ إِلَيْنَا
وَمَا أُنزِلَ مِنْ قَبْلُ وَأَنْ أَكْثَرَكُمْ
فُوسِقُونَ ﴿١٠﴾

61. Gamba nti: Abaffe, mbategeeze abo abalifuna okusasulwa okuva eri Allah okusinga obubi kw'okwo? Be bo nno Allah be yakolimira era n'abasunguwalira, era n'afuula abamu mu bo enkima n'embizzi era abasinza sitaani. Abo nno be bali mu mbeera embi ennyo era be basinga okuba ababuze ku kkubo elyenkamu.

قُلْ هَلْ أُنَبِّئُكُمْ بِشَرٍّ مِنْ ذَلِكَ
مَثُوبَةً عِنْدَ اللَّهِ مَنْ لَعَنَهُ اللَّهُ وَ
غَضِبَ عَلَيْهِ وَجَعَلَ مِنْهُمْ الْقِرَدَةَ
وَ الْخَنَازِيرَ وَ عِبَدَ الطَّاغُوتِ
أُولَئِكَ شَرٌّ مَكَانًا وَ أَضَلُّ عَنْ سَوَاءِ
السَّبِيلِ ﴿١١﴾

62. Era bwe bajja gye muli, bagamba nti: Tukkiriza, so nga baayingira n'obutakkiriza era ne bafulumu nabwo. Naye Allah amanyi bulungi ebyo bye bakisa.

وَإِذْ آجَأءُ وَكُمْ قَالُوا آمَنَّا وَقَدْ خَلُّوا
بِالْكَفْرِ وَهُمْ قَدْ خَرَجُوا بِهِ وَ اللَّهُ
أَعْلَمُ بِمَا كَانُوا يَكْتُمُونَ ﴿١٢﴾

63. Era olaba bangi mu bo nga banguyira eri ebibi n'obujeemu n'okulya kwabwe ebintu ebyaziyizibwa. Ddala bibi nnyo ebyo bye bakola.

وَ تَرَى كَثِيرًا مِنْهُمْ يُسَارِعُونَ فِي
الْأَثْمِ وَ الْعُدْوَانِ وَ أَوْلَاهُمُ السُّخْتَاءُ
لَيْسَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣﴾

64. Lwaki bannaddiini n'abakugu mu mateeka g'eddiini tebabaziyiza kwogera kwabwe okwo okubi n'okulya kwabwe ebintu ebyaziyizibwa? Mazima bibi nnyo ebyo bye bakola.

لَوْ لَا يَنْتَهُهُمْ رَبَّنَا رَبُّونَ وَ الْآخِبَاءُ
عَنْ قَوْلِهِمُ الْأَثْمِ وَ أَوْلَاهُمُ السُّخْتَاءُ
لَيْسَ مَا كَانُوا يَصْنَعُونَ ﴿١٤﴾

65. Era Abayudaaya bagamba nti: Omukono gwa Allah musibe. Nedda, emikono egyabwe gy'egyasibibwa era nebakolimirwa olw'ebyo bye boogera. Si kyo, emikono gye gyombi myanjulukufu nnyo; asaasaanya nga bw'aba ayagadde. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwogera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Era twateeka wakati wabwe obulabe n'obukyayi okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira. Buli lwe bakoleeza omuliro olw'olutalo, Allah aguzikiza. Era bafuba nnyo okutabulatabula mu nsi; naye Allah tayagala batabuzitabuzi.

وَ قَالَتِ الْيَهُودُ يَدُ اللَّهِ مَغْلُوبَةٌ
عَلَّتْ أَيْدِيهِمْ وَ لُعِنُوا بِمَا قَالُوا - بَلْ
يَدَاهُ مَبْسُوطَتَانِ يُثْفِقُ كَيْفَ يَشَاءُ
وَ لَيَزِيدَنَّ كَثِيرًا مِنْهُمْ مَا أُنزِلَ
إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ طُغْيَانًا وَ كُفْرًا وَ
الْقَيْمَاتَا بَيْنَهُمُ الْعَادَاةَ وَ الْبَغْضَاءُ
إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ كُلَّمَا أَوْقَدُوا نَارًا
لِلْحَرْبِ أَطْفَأَهَا اللَّهُ وَ يَسْعَوْنَ فِي
الْأَرْضِ فَسَادًا وَ اللَّهُ لَا يُحِبُّ
الْمُفْسِدِينَ ﴿١٥﴾

66. Era singa abantu b'Ekitabo bakkiriza ne batya Allah, mazima twalibasanguddeko ebibi byabwe era ddala twalibayingizza mu

وَ لَوْ أَنَّ أَهْلَ الْكِتَابِ آمَنُوا وَ اتَّقَوْا
لَكَفَّرْنَا عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَ لَأَدْخَلْنَاهُمْ

nsuku ez'essanyu erijjuvu.

67. Era singa bassa omwoyo ku Taurēti n'Enjiri n'ebyo ebyassibwa gye bali okuva eri Mukama waabwe, mazima baaliridde ku biri waggulu waabwe n'ebiri wansi w'ebigere byabwe. Mu bo mulimu abantu abesimbu, naye abasinga obungi mu bo bye bakola bibi nnyo.

Ruku 10

68. Owange ggwe Omubaka, tuusa eri abantu ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo; naye bw'otookikole, onooba totuusizza bubaka bwe. Era Allah ajja kukukuuma ku bantu. Mazima Allah talung'anya bantu beeremye.

69. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temulina kye muliko okutuusa lwe mulissa mu nkola Taurēti, n'eEnjiri, n'ebyo ebyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe. Era ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo bijja kwongera bangi mu bo obujeemu n'obutakkiriza. Kale tonakuwala ku lw'abantu abatakkiriza.

70. Mazima abo abakkiriza, n'abo Abayudaaya, n'Abasabiyi, n'Abakulisitayo, yenna mu bo alikkiriza Allah mu butuufu n'olunaku lw'enkomerero era n'akola ebikolwa eburungi, kale abo abatuukiriza ebyo tebaliba na kutya kwonna, wadde tebalinakuwala.

71. Mazima twatwala endagaano y'abaana ba Isirairi era netubatumira Ababaka. Naye buli lwe bajjirwanga Omubaka n'ebyo emyoyo gyabwe bye gitayagala, abamu baabalimbisanga, n'abalala baagezaako okubatta.

72. Era baalowoza nti tewagenda kubaawo kubonereza, kale nebaziba amaaso nebaziba n'amatu. Naye oluvannyuma Allah yabaddiramu; naye ate era bangi mu bo baaziba amaaso nebaziba n'amatu. Naye bye bakola, Allah abiraba bulungi.

73. Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Masihi mutabani wa Maryamu ye Katonda, so nga Masihi

جَنَّتِ التَّعْلِيمِ ﴿٦٦﴾

وَلَوْ أَنَّهُمْ أَقَامُوا التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ
وَمَا أُنزِلَ إِلَيْهِمْ مِنْ رَبِّهِمْ لَأَكْفُوا مِنْ
فَوَاقِهِمْ وَمِنْ تَحْتِ أَرْجُلِهِمْ ۗ مِنْهُمْ
أُمَّةٌ مُقْتَصِدَةٌ ۗ وَكَثِيرٌ مِنْهُمْ سَاءٌ
مَا يَعْمَلُونَ ﴿٦٧﴾

يَا أَيُّهَا الرَّسُولُ بَلِّغْ مَا أُنزِلَ إِلَيْكَ
مِنْ رَبِّكَ ۗ وَإِنْ لَمْ تَفْعَلْ فَمَا بَلَغْتَ
رِسَالَاتِهِ ۗ وَاللَّهُ يَعْصِمُكَ مِنَ النَّاسِ ۗ

إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿٦٨﴾
قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَسْتُمْ عَلَى شَيْءٍ حَتَّى
تُقِيمُوا التَّوْرَةَ وَالْإِنْجِيلَ وَمَا أُنزِلَ
إِلَيْكُمْ مِنْ رَبِّكُمْ ۗ وَلَيَزِيدَنَّ كَثِيرًا
مِنْهُمْ مَا أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ
طُعْيَانًا مَكْفُرًا ۗ فَلَا تَأْسَ عَلَى

الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿٦٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا
وَالصَّابِغُونَ وَالنَّصَارَى مَنْ آمَنَ بِاللَّهِ
وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَعَمِلَ صَالِحًا فَلَا خَوْفٌ
عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٧٠﴾

لَقَدْ أَخَذْنَا مِيثَاقَ بَنِي إِسْرَائِيلَ وَ
أَرْسَلْنَا إِلَيْهِمْ رَسُولًا قُلْنَا إِذَا جَاءَهُمْ
رَسُولٌ بِمَا لَمْ يَكُنْ تَهْتَبُونَ أَنْفُسَهُمْ فَرِيقًا
كَذَّبُوا وَفَرِيقًا يَقْتُلُونَ ﴿٧١﴾

وَحَسِبُوا أَلَّا تَكُونَ فِتْنَةٌ فَعَمُوا وَ
صَمُّوا ثُمَّ تَابَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ ثُمَّ عَمُوا
وَصَمُّوا كَثِيرٌ مِنْهُمْ ۗ وَاللَّهُ بَصِيرٌ
بِمَا يَعْمَلُونَ ﴿٧٢﴾

لَقَدْ كَفَرَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ هُوَ
الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ ۗ وَقَالَ الْمَسِيحُ

yennyini yagamba nti: Abange mmwe abaana ba Isirairi, musinze Allah Mukama wange era Mukama wammwe. Ddala oyo eyenkanya ekirala ne Allah, ddala Allah yamuwera mu Janna, era obuddo bwe muliro. Era aboononefu tebaliba na bayambi.

74. Mazima bamaze okuba abatakkiriza abo abagamba nti: Ddala Allah wa kusatu ku bakatonda abasatu, so nga teri musinzibwa mulala wabula Omusinzibwa Omu yekka. Naye bwe bataalekere awo ekyo kye boogera, mazima abo abatakkiriza mu bo bajja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya.

75. Abaffe, tebeeneye eri Allah n'okumusaba okubasonyiwa? Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

76. Masihni mutabani wa Maryamu si mulala wabula Mubaka bubaka; n'Ababaka abaa mukulemba ddala baafa. Ne nnyina yali mukazi mutuukirivu. Era bombi baalyanga emmere. Kale laba nga bwe tunnyonyola gye bali obubonero, n'oluvannyuma laba nga bwe bawugulwa.

77. Gamba nti: Abaffe, musinza mu kifokya Allah ebyo ebitalina buyinza ku mmwe kubakosa wadde okubagasa? Naye Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

78. Gamba nti: Abange mmwe abantu b'Ekitabo, temusukkanga nsalo za ddiini yammwe mu butali butuufu, wadde temugobereranga okwagala kw'abantu abaa maleda okubula era nebabuza bangi era ne bawaba ku kkubo ettuufu.

Ruku 11

79. Abo abatakkiriza mu baana ba Isirairi baakolimirwa n'olulimi lwa Dāudi ne 'Isa mutabani wa Maryamu. Ekyo lwa kubanga baajeemanga era baabuukanga ensalo.

80. Baalinga tebaziyizagana ku bitasaana bye baakolanga. Ddala byali bibi nnyo ebyo bye baakolanga.

81. Ojja kulaba bangi mu bo nga bakwanagana n'abo abatakkiriza. Ddala bibi nnyo ebyo bye beekulembereza bokka; n'ekyavaamu, Allah yabasunguwalira era mu

يَبْنِي إِسْرَائِيلَ عَبْدُ وَاللَّهِ رَبِّي
وَرَبِّكُمْ إِنَّهُ مَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَقَدْ
حَرَّمَ اللَّهُ عَلَيْهِ الْجَنَّةَ وَمَا فِيهَا
التَّارُوتَ وَمَا لِلظَّالِمِينَ مِنْ أَنْصَارٍ ﴿٧٤﴾

لَقَدْ كَفَرَ الَّذِينَ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ ثَالِثُ
ثَلَاثَةٍ وَمَا مِنْ إِلَهٍ إِلَّا إِلَهٌ وَاحِدٌ
وَإِنْ لَمْ يَنْتَهُوا عَمَّا يَقُولُونَ لَيَمَسَّنَّ
الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٧٥﴾

أَفَلَا يَتُوبُونَ إِلَى اللَّهِ وَيَسْتَغْفِرُونَ لَهُ
وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٧٥﴾

مَا الْمَسِيحُ ابْنُ مَرْيَمَ إِلَّا رَسُولٌ قَدْ
خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِ الرُّسُلُ وَأُمُّهُ
صِدِّيقَةٌ كَانَا يَأْكُلَنِ الطَّعَامَ أَنْظِرْ
كَيْفَ نُبَيِّنُ لَهُمُ الْآيَاتِ ثُمَّ أَنْظِرْ أَنِّي
يُؤْفَكُونَ ﴿٧٦﴾

قُلْ أَتَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَمْلِكُ
لَكُمْ صَرْفًا وَلَا تَنْفَعًا وَاللَّهُ هُوَ السَّمِيعُ
الْعَلِيمُ ﴿٧٧﴾

قُلْ يَا أَهْلَ الْكِتَابِ لَا تَغْلُوا فِي دِينِكُمْ
غَيْرَ الْحَقِّ وَلَا تَتَّبِعُوا أَهْوَاءَ قَوْمٍ
قَدْ ضَلُّوا مِنْ قَبْلُ وَأَصْلُوا كَثِيرًا
وَضَلُّوا عَنْ سَوَاءِ السَّبِيلِ ﴿٧٨﴾

لُعِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ بَنِي إِسْرَائِيلَ
عَلَى لِسَانِ دَاوُدَ وَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ
ذَلِكَ بِمَا عَصَوْا وَكَانُوا يَعْتَدُونَ ﴿٧٩﴾

كَانُوا لَا يَتَنَاهَوْنَ عَنْ مُنْكَرٍ فَعَلُوهُ
لَا كَيْفَ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿٨٠﴾

تَرَى كَثِيرًا مِنْهُمْ يَتَوَلَّوْنَ الَّذِينَ
كَفَرُوا لَيْسَ مَا قَدَّمَتْ لَهُمْ
أَنْفُسُهُمْ أَنْ سَخِطَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَفِي

kibonerezo, bo mwe balibeera.

82. Naye singa baali bakkiriza Allah ne Mutume n'ebyo ebyassibwa gy'ali, tebaalibatutte nga ab'emikwano; naye abasinga obungi mu bo bajeemu.

83. Mazima ojja kukisanga nti abasingira ddala abantu bonna obulabe eri abakkiriza, be Bayudaaya n'abo abenkanya Allah n'ebirala. Era ddala ojja kusanga nga abasingira ddala okuba okumpi mu kwagalana n'abakkiriza, be bo abagamba nti: Ffe tuli Bakulisitaayo. Ekyo lwa kuba nti mu bo mulimu abagunjule mu by'eddiini ne bakabona, n'olwokuba nti bo tebeekuzza.

Juzu 7

84. Era bwe bawulira ebyo ebyassibwa eri Omubaka, olaba amaaso gaabwe nga gaku-lukusa amaziga olw'amazima gebategedde nga bagamba nti: Mukama waffe, tukkirizza, kale tuwandiike mu bajulizi.

85. Ye lwaki tetukkiriza Allah n'amazima agatutuuseeko, ng'ate tusuubira Mukama waffe okutuyingiza mu bantu abatuukirivu?

86. Kale Allah yabasasula olw'ebyo bye baayogera, ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo ng'omwo mwe balibeera; era eyo y'empeera y'abakozi b'ebirungi.

87. Naye bo abatakkiriza era abaalimbisa Aya zaffe, abo be bantu b'omuliro.

Ruku 12

88. Abange mmwe abakkiriza, temuzizanga birongoofu ebyo Allah bye yabakkiriza era temusukkanga kigero. Mazima Allah tayagala basukka kigero.

89. Era mulye kw'ebyo Allah bye yabagabula ebyakkirizibwa, ebirongoofu. Era mutye Allah oyo mmwe gwe mukkiriza.

90. Allah tabavunaana olw'ebirayiro byammwe eby'olusaago, naye abavunaana lwa birayiro ebyo bye mukakasiriza ddala.

الْعَذَابِ هُمْ خَالِدُونَ ﴿٨١﴾
وَلَوْ كَانُوا يُؤْمِنُونَ بِاللهِ وَالْيَوْمِ
الْآخِرِ لَأَنزَلْنَا إِلَيْهِمُ الْكِتَابَ
الَّذِي يُبَيِّنُ لَهُمْ أَمْرَهُمْ وَنَهَاهُمْ
عَنِ الْفَحْشَاءِ وَالْمُنكَرِ وَأَنَّ
اللهَ هُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿٨٢﴾
لَتَجِدَنَّ أَشَدَّ النَّاسِ عَدَاوَةً
لِلَّذِينَ آمَنُوا الْيَهُودَ وَالَّذِينَ
أَشْرَكُوا ۗ وَلَتَجِدَنَّ أَقْرَبَهُمْ
مُودَّةً لِلَّذِينَ آمَنُوا
الَّذِينَ قَالُوا إِنَّا تَضَرَّىٰ
بِآثَانِ اللهِ مِنْهُمْ فَسَقُونَ ﴿٨٣﴾
لَا يَشْتَكِرُونَ ﴿٨٤﴾

وَإِذَا سَمِعُوا مَا أُنزِلَ إِلَى
الرَّسُولِ تَرَىٰ أُغْيِثُهُمْ تَفِيضًا
مِنَ الدَّمْعِ مِمَّا عَرَفُوا مِنَ الْحَقِّ
يَقُولُونَ رَبَّنَا آمَنَّا فَاكْتُبْنَا
مَعَ الشَّاهِدِينَ ﴿٨٤﴾
وَمَا كُنَّا لَنُؤْمِنَ بِاللهِ
وَمَا جَاءَنَا مِنَ الْحَقِّ
وَنَطْمَعُ أَنْ يُدْخِلَنَا رَبُّنَا
مَعَ الْقَوْمِ الصَّالِحِينَ ﴿٨٥﴾
فَأَنذَرْنَا بِهِمُ اللهُ بِمَا
قَالُوا جَنَّتِ تَجْرِي
مِن تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
خَالِدِينَ فِيهَا ۗ
ذَلِكَ جَزَاءُ الْمُحْسِنِينَ ﴿٨٦﴾
وَالَّذِينَ كَفَرُوا
أَوْ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا
أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ
الْجَحِيمِ ﴿٨٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَحْرَمُوا
طَيِّبَاتِ مَا حَلَّلَ اللهُ لَكُمْ
وَلَا تَعْتَدُوا ۗ إِنَّ اللهَ
لَا يُحِبُّ الْمُعْتَدِينَ ﴿٨٨﴾
وَكُلُوا مِمَّا رَزَقَكُمُ اللهُ
حَلَالًا طَيِّبًا ۗ
اتَّقُوا اللهَ الَّذِي
أَنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ﴿٨٩﴾
لَا يَأْخُذُكُمْ اللهُ
بِالْغُفْوِ ۗ إِنَّمَا
يَأْخُذُكُمْ بِمَا
عَمَلْتُمْ ۗ لَكُمُ
الْأَسْرَارُ ۗ وَلَكِنْ
يَأْخُذُكُمْ بِمَا
عَمَلْتُمْ ۗ لَكُمُ
الْأَسْرَارُ ۗ وَلَكِنْ

Kale okutangirira kw'ekyo *ky'omenye*, kuliisa baavu kkumi ku by'omu makkati bye muliisaako ab'omu maka gammwe, oba okubambaza, oba okuwa omuddu eddembe. Naye oyo atalibifuna, kale asiibe ennaku ssatu. Okwo nno kwe kutangirira kw'ebirayiro byammwe bwe muba nga mulayidde *ne mubimenya*. Era mukuumenga nnyo ebirayiro byammwe. Bwe kityo Allah abannyonyola ebiragiro bye, mulyooke mwebaze.

91. Abange mmwe abakkiriza, mazima ebitamiiza n'ezzaala n'ebifaananyi *ebisinzibwa* n'obusaale obw'okweraguza, byenyinyalwa *era* biri mu bikolwa bya Sitaani. Kale mubyewale, mulyooke muganyulwe.

92. Mazima Sitaani ky'ayagala kwe kuteeka obulabe n'obukyayi wakati wammwe olw'ebitamiiza n'ezzaala era abaziyize okujjukira Allah n'essaala. Abaffe, munalekayo?

93. Era mugondere Allah era mugondere n'Omubaka, nate mwerinde. Naye bwe mulyekyuusa, kale mumanye nti ddala ekiri ku Mubaka waffe, kwe kutuusa *obubaka* mu lwaatu.

94. Abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi tebabaako kinenyo kw'ebyo bye baba balidde, kasita batya Allah era ne-bakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, n'oluvannyuma ate nebatya nnyo Allah *ne-beeyonger*a n'okukkiriza, nate *nebeeyonger*a okutya Allah era nebayooyoota ebikolwa ebirungi. Anti Allah ayagala nnyo abayooyoota ebikolwa ebirungi.

Ruku 13

95. Abange mmwe abakkiriza, mazima Allah ajja kubagezesa n'ekimu ku biyigibwa ebituukwako emikono gyammwe n'amafumu gammwe, kale Allah alyooke amanyise oyo amutiira ddala munda. Naye oyo alisukka ekigero oluvannyuma lw'ekyo, y'alifuna ekibonerezo ekirumya.

96. Abange mmwe abakkiriza, temuttanga ekiyigibwa nga muli mu *mikolo gya* Hijja. Era oyo alikitta mu mmwe nga agenderedde,

فَكَفَّارَتُهُ إِطْعَامُ عَشْرَةِ مَسْكِينٍ مِنْ
أَوْسَطِ مَا تَطْعَمُونَ أَهْلِيكُمْ أَوْ كَسْوَتُهُمْ
أَوْ تَحْرِيرُ رَقَبَةٍ فَمَنْ لَمْ يَجِدْ فَصِيَامُ
ثَلَاثَةِ أَيَّامٍ ذَلِكَ كَفَّارَةُ أَيِّمَا نِكْمٍ إِذَا
حَلَفْتُمْ وَاحْفَظُوا أَيِّمَا نِكْمٍ كَذَلِكَ
يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٩٠﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّمَا الْخَمْرُ وَ
الْمَيْسِرُ وَالْأَنْصَابُ وَالْأَذْلَامُ رِجْسٌ مِنْ
عَمَلِ الشَّيْطَانِ فَاجْتَنِبُوهُ لَعَلَّكُمْ
تُفْلِحُونَ ﴿٩١﴾

إِنَّمَا يُرِيدُ الشَّيْطَانُ أَنْ يُوقِعَ بَيْنَكُمْ
الْعَدَاوَةَ وَالْبَغْضَاءَ فِي الْخَمْرِ وَ
الْمَيْسِرِ يَصُدُّكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَعَنِ
الصَّلَاةِ فَهَلْ أَنْتُمْ مُنْتَهُونَ ﴿٩٢﴾

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَاطِيعُوا الرَّسُولَ
وَاحْذَرُوا فَإِن تَوَلَّيْتُمْ فَأَعْمُوا
إِنَّمَا أَرْسَلْنَا الرِّسَالَاتِ الْمُبِينِ ﴿٩٣﴾

كَيْسَ عَلَى الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا
الصَّالِحَاتِ جُنَاحٌ فِيمَا طَعِمُوا إِذَا مَا
اتَّقَوْا وَآمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ ثُمَّ
اتَّقَوْا وَآمَنُوا ثُمَّ اتَّقَوْا وَآحْسَنُوا
إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُحْسِنِينَ ﴿٩٤﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَبِئْسَ مَا كَفَرَ اللَّهُ
بِشَيْءٍ مِنَ الصَّيْدِ تَنَالَهُ أَيْدِيكُمْ وَ
رِمَاحُكُمْ لِيُحَلَّهَ اللَّهُ مِنْ يَتَخَفَتْهُ
بِالْغَيْبِ فَمَنْ اعْتَدَى بَعْدَ ذَلِكَ
فَلَهُ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٩٥﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقْتُلُوا الصَّيْدَ
وَإِنَّكُمْ حُرْمَةٌ وَمَنْ فَتَقَهُ مِنْكُمْ مُتَعَمِّدًا

kale engassi ya kyo mu bisolo by'omu nju yenkanenkane n'ekyo ky'asse, nga emusalirwa abasalawo babiri abenkanya abava mu mmwe, nga ekisalibwa ky'agasse kituusibwa ku Ka'ba; oba okwetangirira kw'okuliisa abaavu emmere oba okusiiba ennaku ezenkanankana na kyo, alyooke aloze ku bubu bw'ekikolwa kye. Kyokka ebyayita, byo Allah abisonyiwa; naye oyo aliddira, kale Allah gw'alibonereza. Era Allah ye Luwangula, Nannyini kwesasuzza.

فَجَزَاءٌ مِّمَّا قَاتَلْتُمْ مِنَ التَّعْمِيرِ يَحْكُمُ بِهِ ذَوَا عَدْلٍ مِّنكُمْ هَدْيًا بَلِغَةً الْكَعْبَةِ أَوْ كَفَّارَةٌ طَعَامُ مَسْكِينٍ أَوْ عَدْلٌ ذَلِكَ صِيًّا مَّا رَيْدُوقٌ وَيَالِ أَمْرِهَا عَفَا اللَّهُ عَمَّا سَلَفَ وَمَنْ عَادَ فَيَنْتَقِمُ اللَّهُ مِنْهُ وَاللَّهُ عَزِيزٌ ذُو انْتِقَامٍ ﴿٦١﴾

97. Mukkirizibwa okuyigga eby'omu nnyanja, n'okubirya kwa mugaso gye muli n'eri abatambuze. Naye muziyiziddwa okuyigga kw'oku lukalu bwe muba nga mukyali mu mikolo gya Hijja. Era mutye Allah oyo gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

أَجَلٌ لَكُمْ صَيْدُ الْبَحْرِ وَطَعَامُهُ مَتَاعًا لَّكُمْ وَ لِلشَّيْءِ آذَانٌ وَ حُرْمَةٌ عَلَيْكُمْ صَيْدُ الْبَرِّ مَا دُمْتُمْ حُرْمًا وَ اتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٦٧﴾

98. Allah yassaawo Ka'ba, Enju Ey'emizizo, nga y'eyokuyimirizaawo n'okusitula abantu, ssaako n'Omwezi Omutukuvu, n'ebisolo ebisalibwa, n'ebisolo ebirina ebona mu bulago. Olwo nno mulyooke mumanye nti mazima Allah amanyi ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi, era nti ddala Allah y'amanyi obulungi buli kimu.

جَعَلَ اللَّهُ الْكَعْبَةَ الْبَيْتِ الْحَرَامِ قِيَمًا لِلنَّاسِ وَالشَّهْرَ الْحَرَامَ وَالْهَدْيَ وَ الْقَلَائِدَ ذَلِكَ لَتَعْلَمُوهُ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَ مَا فِي الْأَرْضِ وَ أَنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٦٨﴾

99. Mumanye nti ddala Allah mukakali mu kubonereza era nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

إِعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ شَرِيدُ الْعَقَابِ وَ أَنَّ اللَّهَ عَفُوٌّ ذَرَّحِيمٌ ﴿٦٩﴾

100. Omubaka taliiko kirala okuggyako okutuusa obubaka. Naye Allah y'amanyi ebyo bye mwooleka ne bye mukisa.

مَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلْغُ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا تُبْدُونَ وَ مَا تَكْتُمُونَ ﴿٧٠﴾

101. Gamba nti: Ekibi n'ekirungi tebyenkanankana, obungi bw'ekibi ka bube nga bukwewuunyisa butya. Kale mutye Allah, abange mmwe abategeevu, mulyooke muganyulwe.

قُلْ لَا يَسْتَوِي الْخَبِيثُ وَ الطَّيِّبُ وَ لَوْ أَحْبَبْتُ كَثْرَةَ الْخَبِيثِ فَاتَّقُوا اللَّهَ يَا أُولِي الْأَلْبَابِ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٧١﴾

Ruku 14

102. Abange mmwe abakkiriza, temubuuza-buuzaanga ku bintu ebyo singa nga biba bibalagiddwa, bibaleetera emitawaana; newaakubadde nga bwe mubibuza awo nga Kur'ani ekyassibwa, bijja kubalagibwa.* Ebyo Allah yabireka lwa kubasaasira. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Alumirwa abawereza be.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَسْأَلُوا عَن أَشْيَاءٍ إِن تَبَدَّلَتْ لَكُمْ سؤُوكُمْ وَ لَإِن تَسْأَلُوا عَنْهَا حِينَ يُنزَّلُ الْقُرْآنُ تُبَدَّلْ لَكُمْ عَفَا اللَّهُ عَنْهَا وَاللَّهُ عَفُوٌّ ذَرَّحِيمٌ ﴿٧٢﴾

5:102. Tewali kiragiro kya Allah kigendererwamu kukosa oba kulumya bakkiriza. Era Allah, olw'ekisa kye ku bakkiriza, ebimu abireka olw'obutayagala kukaluubiriza.

103. Ddala abantu abaabasooka baabibuza naye oluvannyuma baafuuka abatakkiriza.

قَدْ سَأَلَهَا قَوْمٌ مِّن قَبْلِكُمْ ثُمَّ أَصْبَحُوا بِهَا كَافِرِينَ ﴿١٠٣﴾

104. Allah tassangawo Bahira oba Säiba oba Waswila wadde Hāmi;* naye abo abatakkiriza be bapaatiika ku Allah eby'obulimba era abasinga obungi mu bo tebategeera.

مَا جَعَلَ اللَّهُ مِنْ بَحِيرَةٍ وَلَا سَائِبَةٍ وَلَا وَصِيلَةٍ وَلَا حَاهٍ وَلَا لِكِنِّ الَّذِينَ كَفَرُوا يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكُذِبَ وَكَثُرُهُمْ لَا يَعْقِلُونَ ﴿١٠٤﴾

105. Era bwe bagambibwa nti: Mujje eri ebyo Allah bye yassa n'eri Omubaka, bagamba nti: Pffe bye twasangako bakitaffe bitumala. Abaffe, bakitaabwe ne bwe baba nga baali tebalina kyonna kye bamanyi era nga si balung'amu, era bo nga bagoberera?

وَأَذَاتُ لَيْلٍ قِيلَ لَهُمُ تَعَالَوْا إِلَى مَا أَنزَلَ اللَّهُ وَإِلَى الرَّسُولِ قَالُوا أَحَسِبْنَا مَا جَدْنَا عَلَيْهِ آبَاءَنَا أَوْ لَوْ كَانَ آبَاؤُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ شَيْئًا وَلَا يَهْتَدُونَ ﴿١٠٥﴾

106. Abange mmwe abakkiriza, musinge kwefaako mmwe bennyini. Oyo awabye tayinza kubalumya, singa mmwe muba nga mulung'amyeye. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe mwenna; kale alibategeera ebyo bye mwakolanga.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا عَلَيكُمْ أَنفُسُكُمْ لَا يَصُدُّكُمْ مَن ضَلَّ إِذَا اهْتَدَيْتُمْ إِلَى اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا فِيمَا نَبَّيْتُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٠٦﴾

107. Abange mmwe abakkiriza, obujulizi obutuufu wakati wammwe mu kiseera ky'okulaama nga omu mu mmwe agenda kufa, kussaawo abajulizi abasajja babiri abenkanya okuva mu mmwe. Naye bwe mubanga mutambuddeko mu nsi ne mutuukibwako omutawana gw'okufa, olwo

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا شَهَادَةٌ بَيْنَكُمْ إِذَا حَضَرَ أَحَدَكُمُ الْمَوْتُ حِينَ الْوَصِيَّةِ اثْنِ ذَوَاعِلٍ مِّنْكُمْ أَوْ آخَرٍ مِّنْ غَيْرِكُمْ إِنْ أَنْتُمْ

5:104. Bahiira (بَحِيرَةٌ) ly'elinnya Abawarabu abasamize lye baawanga eng'amira enkazi eyawezanga ennyana omusanvu, era oluvannyuma lw'okwabuluzamu amatu ga yo, baagirekanga n'erya butaala. Eyo nno baagisamirirangako omu ku ba lubaale baabwe. Amata ga yo tegaakozesebwanga era teyebagalwanga. Saaiba (سَائِبَةٌ) y'eng'amira enkazi eyazaalanga ennyana ettaano. Eno baagirekanga n'erya era n'enywa nga bw'eyagala. Waswiila (وَاصِلَةٌ) y'eng'amira oba endiga oba embuzi eyazaalanga ennyana omusanvu omuddiring'anwa, nayo baagirekanga n'erya butaala ku lwa lubaale. Ate oluzaala olw'omusanvu bwe yazaalanga ebbiri, ennume n'enkazi, nazo baazirekanga nezeetaaya. Haami (حَاهٍ) y'eng'amira ennume eyazaazanga ennyana omusanvu. Eno nayo yateebwanga era teyebagalwanga wadde okutikkibwa ekintu kyonna. Oluvannyuma lwa Aya okugamba nti Allah ebiba bisigalidde yabirekera omuntu akole nga obwetaavu bwe buba (5:102), eggumiza nti mu by'ennono y'eddiini, omuntu teyalekerwa ddembe olw'okuba nti mu byo kyetaagisa nnyo okukwatagana mu ndowooza n'enkola. Era wano eby'okulabirako biweereddwa okulaga nti omuntu ku lulwe tasobola kusalawo bulungi mu bintu eby'ennono y'eddiini. Abawarabu abasamize, ku lwa balubaale baabwe, baalekanga ebisolo eby'enjawulo okwetaaya nga bwe byagala. Enkola eno yali ya kisamize ate nga ya butategeera kubanga ebisolo ebyo byayoonanga ebintu bingi. Kur'ani Entukuvu wano eyoleka obukyaamu bw'amateeka agakolebwa abantu era erabula Abakulisitayo abagaana amateeka agaava eri Katonda nga balowooza nti kikolimo, kubanga Abawarabu baabula lwa mateeka ge beetekerawo ku lwabwe kyokka nga tegagasa.

mussewo abalala babiri abatali bammwe. *Mu kiseera ky'okuwa obujulizi*, mubaziyi-zanga okuvaawo oluvannyuma lw'essaala. Bwe mubanga mulinamu enkenyera, kale bombi balayire mu linnya lya Allah nti: *Obujulizi tetujja kubuwaanyisaamu muwendo gwonna, akaayana ne bw'anaaba nga waffe, era tetujja kukisa bujulizi obwalagirwa Allah; kubanga ekyo bwe tunaakikola, ddala olwo naffe tunaaba mw'abo aboononyi.*

108. Naye bwe kizukanga nti ddala *abajulizi* bombi abaalibadde basinza *okuwa obujulizi obutuufu ate* bakakaseeko ekisobyo, kale abalala babiri bayimirire mu kifo kyabwe nga bava mw'abo *abajulizi* abaasoose be babadde bafiiriza. Kale *nabo* balayire mu linnya lya Allah nti: Mazima obujulizi bwaffe bwe butuufu okusinga obujulizi bwa bali bombi *abasoose* era tetuwaayiddemu; *kuba tutya nti bwe tunaakikola*, olwo naffe tujja kuba mu balyaake.*

109. Ekyo ky'ekisingira ddala *okubawaliriza* balyooke bawe obujulizi obwa nnamaddala, oba *waakiri* batye nti okulayira kukyayinza okuddibwamu *abalala* oluvannyuma lw'okulayira kwabwe *okuwakanyizibwa*. Kale mutye Allah era muwulirize *ensonga*. Era Allah talung'anya bantu bajeemu.

Ruku 15

110. Olunaku Allah lw'alikung'aanya Ababaka, aligamba nti: Kiki kye mwaddibwamu? Baligamba nti: Ffe tetulina kye tumanyi. Mazima Ggwe osinga okumanya ebyaama.

111. Awo Allah bw'aligamba nti: Owange 'Isa mutabani wa Maryamu, jjukira enneema yange eri ku ggwe ne ku nnyoko era *ojjukire* nga bwe nnakuwagira n'omwoyo ogw'obutukuvu n'oyogera n'abantu mu buto* ne mu kutuluula. Era *jjukira* nga bwe nnakuyigiriza Ekitabo n'ebyamagezi ne Taurēti n'Enjiri, era *jjukira* nga bwe wabumba

5:108. Aya eno eraga nti mu kuwa obujulizi, abajulizi okuva ku njuyi zombi basaana okubaawo, ababiri abasooka abalina oluganda wakati waabwe bebaba basooka okuwa obujulizi. Kino kyeraga kaati mu Aya ekulembedde.

5:111. Kino kiraga nti 'Isa yava buto nga ayogera eby'amagezi okutuusa mu bukadde. Ekigambo 'kahlan' (كَهْلَانٌ) kitegeeza ebbanga ly'obuwangaazi bw'omuntu okuviira ddala w'amerera envi n'okweyongerayo. Kino kiraga nti ba Nabbi ba Allah obulamu bwabwe bwonna baleeta enkyuukakyuuka sinziggu mu by'omwoyo, era wano 'Isa(a.s) aleeteddwa nga eky'okulabirako mu nsonga eno.

ضَرَبْتُمْ فِي الْأَرْضِ فَأَصَابَتْكُمْ
مُصِيبَةٌ مَوْتٌ تَخَيَّرْتُمْهَا مِنْ بَعْدِ
الصَّلَاةِ فَيُقْسِمِينَ بِاللَّهِ إِنْ أَرْتَبْتُمْ لَا
نَشْتَرِي بِهِ ثَمَنًا وَلَوْ كَانَ ذَا قُرْبَىٰ ۗ
وَلَا تَكْتُمُ شَهَادَةَ اللَّهِ إِنَّهَا رِذَا لِمَنْ
الْأَثْمِينَ ﴿١٧﴾

فَإِنْ عُدْتُمْ عَلَىٰ آثِمًا اسْتَحَقَّ لِأَثْمًا
فَأَخْرَجَ يَقُولُ مِنْ مَقَامِهِمَا مِنَ الَّذِينَ
اسْتَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْأَوْلِيَانِ فَيُقْسِمِينَ
بِاللَّهِ لَشَهَادَتُنَا أَحَقُّ مِنْ
شَهَادَتِهِمَا ۗ وَمَا اعْتَدَيْنَا لِإِنَّا إِذَا
لِمَنْ الظَّالِمِينَ ﴿١٨﴾

ذَلِكَ أَذَىٰ أَنْ يَأْتُوا بِالشَّهَادَةِ عَلَىٰ
وَجْهِهَا أَوْ يَخَفُوهَا ۗ إِنَّ تَرْدَ إِيمَانٍ بَعْدَ
إِيمَانِهِمْ ۗ وَاتَّقُوا اللَّهَ ۗ وَاسْمَعُوا ۗ وَاللَّهُ
لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ﴿١٩﴾

يَوْمَ يَجْمَعُ اللَّهُ الرُّسُلَ فَيَقُولُ مَاذَا
أُجِبْتُمْ ۗ قَالُوا لَا عِلْمَ لَنَا ۗ إِنَّكَ أَنْتَ
عَلَّامُ الْغُيُوبِ ﴿٢٠﴾

إِذْ قَالَ اللَّهُ لِيُوسَىٰ ابْنَ مَرْيَمَ اذْكُرْ
نِعْمَتِي عَلَيْكَ ۖ وَعَلَىٰ وَالِدَتِكَ ۖ إِذْ
أَبَدْتُكَ بِرُوحِ الْقُدُسِ مِنْ حَيْثُ كَلِمَةُ النَّاسِ
فِي الْمَهْدِ وَكَهْلًا ۖ وَإِذْ عَلَّمْتُكَ الْكِتَابَ
وَ الْحِكْمَةَ وَالتَّوْرَةَ ۖ وَإِذْ

mu budongo ekifaanana n'enkola y'ennyonyi olw'okulagira kwange, n'okifuuwamu omukka nekifuuka ekibuuka olw'okulagira kwange. Era n'owonya abatalaba n'abagenge olw'okulagira kwange. Era *jjukira* nga bwe wazuukiza abafu olw'okulagira kwange, era *jjukira* nga bwe nnaziyiza abaana ba Isirairi ku ggwe *okukutta* awo nga ozze gye bali n'obubonero obw'olwaatu; kale abo abatakkiriza mu bo ne bagamba nti: Kino si kirala wabula kubuzaabuza kwa lwaatu.

112. Era *mujjukire* awo bwe twabikkulira abayigirizwa (ba 'Isa) nti: Mukkirize Nze n'Omubaka wange. Baagamba nti: Tukkirizza era kakasa nti ddala tuli bajeemulukufu.

113. Era *mujjukire* nga abayigirizwa bwe baagamba nti: Owange 'Isa Mutabani wa Maryamu, abaffe Mukama wo asobola okutussizza ekijjulo okuva mu ggulu? N'agamba nti: Mutye Allah obanga muli bakkiriza.

114. Nebagamba nti: Twagala kukiryako emitima gyaffe gimatire era tumanye nti by'otugamba bya mazima, era tubeere bajulizi ku byo.

115. 'Isa mutabani wa Maryamu n'agamba nti: Ayi Allah Mukama waffe, tussize ekijjulo okuva mu ggulu kibeere embaga gye tuli olw'abolubereberye lwaffe n'aboluvannyuma lwaffe, era nga ke kabonero akava gy'oli era tugabule; anti Ggwe Osinga abagabuzi bonna.

116. Allah n'agamba nti: Mazima nzija kukissa gye muli. Naye oyo alyerema mu mmwe oluvannyuma, mazima ndimubonereza ekibonerezo kye sibonerezanga yenna mu bantu.

Ruku 16

117. Era awo Allah bw'aligamba nti: Owange 'Isa Mutabani wa Maryamu, abaffe ggwe wagamba abantu nti muntwale nze ne mmange nga tuli bakatonda babiri ebbali wa Allah? Aliddamu nti: Obutuukirivu bubwo! Tekinsaanira kwogera ekyo kye sirinaako buyinza. Naye bwe mba nga nakyogera, ddala waalibadde okimanyi. Ggwe omanyi ebiri mu mwoyo gwange, naye

تَخْلُقُ مِنَ الطِّينِ كَهَيْئَةِ الطَّيْرِ يَأْذِيهِ
فَتَنْفُخُ فِيهَا فَتَكُونُ طَيْرًا يَأْذِيهِ
وَ تُبْرِئُ الْأَكْمَهَ وَالْأَبْرَصَ يَأْذِيهِ ۗ
وَ إِذْ تُخْرِجُ الْمَوْتَى يَأْذِيهِ ۗ
وَ إِذْ كَفَفْتُمْ بَيْنَ إِسْرَائِيلَ عَنْكَ إِذْ جِئْتَهُمْ
بِالْبَيْتِ فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ
إِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُّبِينٌ ﴿١١٧﴾

وَ إِذْ أَوْحَيْتَ إِلَى الْحَوَارِيِّينَ أَنْ امْنُؤُوا بِي
وَ بِرَسُولِي ۗ قَالُوا آمَنَّا وَ أَشْهَدُ بِأَنَّا
مُسْلِمُونَ ﴿١١٨﴾

وَ إِذْ قَالَ الْحَوَارِيُّونَ لِيَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ
هَلْ يَسْتَطِيعُ رَبُّكَ أَنْ يُنْزِلَ عَلَيْنَا
مَائِدَةً مِنَ السَّمَاءِ ۗ قَالَ اتَّقُوا اللَّهَ
إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١١٩﴾

قَالُوا نُرِيدُ أَنْ نَأْكُلَ مِنْهَا وَ نَطْمَئِنَّ
قُلُوبُنَا وَ نَحْكَمَ أَنْ قَدْ صَدَّقْتَنَا وَ
تَكُونُ عَلَيْنَا مِنَ الشَّاهِدِينَ ﴿١٢٠﴾

قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ اللَّهُمَّ رَبَّنَا أَنْزِلْ
عَلَيْنَا مَائِدَةً مِنَ السَّمَاءِ تَكُونُ لَنَا
عَيْدًا ۗ لِأَدْرِيئَا وَ آخِرَتَنَا وَ آيَةً مِنْكَ ۗ
وَ اذْرُقْنَا وَ أَنْتَ خَيْرُ الرَّازِقِينَ ﴿١٢١﴾

قَالَ اللَّهُ لِي إِنِّي مَنَزَلْتُهَا عَلَيْكُمْ ۗ
فَمَنْ يَكْفُرْ بَعْدَ مِنْكُمْ فَإِنِّي أُعَذِّبُهُ عَذَابًا
لَا أُعَذِّبُهُ أَحَدًا مِنَ الْعَالَمِينَ ﴿١٢٢﴾

وَ إِذْ قَالَ اللَّهُ لِيَعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ ۗ أَنْتَ
قُلْتَ لِلنَّاسِ اتَّخِذُوا مِنِّي وَ أَهْلِ آلِهِ
مِن دُونِ اللَّهِ، قَالَ سُبْحَانَكَ مَا يَكُونُ
لِي أَنْ أَقُولَ مَا لَيْسَ لِي بِهِ بِحَقِّقٌ ۗ
وَ أَن كُنْتُ قُلْتُهُ فَقَدْ عَلِمْتَهُ ۗ تَعَلَّمَ مَا فِي
نَفْسِي وَ لَا أَعْلَمُ مَا فِي نَفْسِكَ ۗ إِنَّكَ

nze simanyi biri mu mwoyo gwo. Mazima Ggwe osinga okumanya eby'enkiso byonna.

118. Nze sibagambanga kirala, okuggyako ebyo bye wandagira nti: Musinze Allah, Mukama wange era Mukama wammwe. Era nali mulabirizi ku bo bwe nnali nga nkyali mu bo; naye bwe wanfiisa, Ggwe wali omulabirizi ku bo; era Ggwe Mujulizi ku buli kimu.

119. Obanga onoobabonereza, kale ddala bo baweereza bo; naye bw'obaddiramu, ddala Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.

120. Allah aligamba nti: Luno lwe lunaku ab'amazima lwe banaagasibwa amazima gaabwe. Banaafuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera olubeerera. Allah nga musanyufu gye bali, nga nabo basanyufu gy'ali. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

121. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah ne byonna ebibirimu; era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.

أَنْتَ عَلَّامُ الْغُيُوبِ ﴿١١٧﴾

مَا قُلْتُ لَهُمْ إِلَّا مَا أَمَرْتَنِي بِهِ أَنْ
اعْبُدُوا اللَّهَ رَبِّي وَرَبَّكُمْ ۖ وَكُنْتُمْ
عَلَيْهِمْ شَهِيدًا مَّا دُمْتُمْ فِيهِمْ ۖ فَلَمَّا
تَوَقَّيْتَنِي كُنْتُمْ أَنْتَ الرَّقِيبَ
عَلَيْهِمْ ۖ وَأَنْتَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿١١٨﴾

إِنْ تُعَذِّبُهُمْ فَإِنَّهُمْ عَبَادُكَ ۖ وَإِنْ
تَغْفِرْ لَهُمْ فَإِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١١٩﴾
قَالَ اللَّهُ هَذَا يَوْمُ يَنْفَعُ الصَّادِقِينَ
صِدْقُهُمْ ۗ لَهُمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا
الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۖ رَضِيَ اللَّهُ
عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ۗ ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٢٠﴾

بِئْسَ مَلِكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا
عِندَهُ فِيهِمْ ۗ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿١٢١﴾

AL-AN‘AM

(Yakka lubereberye bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Amatendo gonna ga Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi era n'assaawo ekizikiza n'obutangaavu; naye era abo abatakkiriza benkanya Mukama waabwe n'ebirala.

3. Ye y'eyabatonda mu budongo, n'oluvannyuma n'assaawo entuuko. N'entuuko endala eyagerekebwa eri gy'ali. Nate era mmwe mubusabuusa.

4. Era ye Allah mu ggulu ne mu nsi. Y'amanyi ebyaama byammwe n'ebyo bye mwoleka, era y'amanyi bye mufuna.

5. Era tebatuukwako kabonero konna mu bubonero bwa Mukama waabwe, wabula bakakuba mabega.

6. Era baalimbisa n'amazima nga gabatuu-seeko, naye mangu nnyo bajja kutuukibwako amawulire g'ebyo bye baajereganga.

7. Abaffe, tebalaba emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe *egy'abo* be twatebenkeza mu nsi mu ngeri mmwe gye tutabatebenkezzaamu? Era twaweereza n'ebire waggulu waabwe ebyaafukumula nnamuttikwa w'enkuba era netussaawo n'emigga egikulukuta wansi waabwe, naye twabazikiriza olw'ebibi byabwe; n'oluvannyuma lwabwe twasibulawo omulembe omulala.

8. Era singa twassa gy'oli obuwandiike nga buli ku kipande era nebakikwatako n'engalo zaabwe, ddala era abatakkiriza baaligambye nti: Kino si kirala wabula bulogo bwa lwaatu.

9. Era baagamba nti: Lwaki tassizibwa malayika? Naye singa twassa malayika, ddala ensonga yaalisaliddwawo, n'oluvannyuma tebaliweereddwa kaagaanya.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَجَعَلَ الظُّلُمَاتِ وَالنُّورَ ثُمَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ يَعْدِلُونَ ②

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ طِينٍ ثُمَّ قَضَىٰ أَجَلًا وَأَجَلٌ مُّسَمًّى عِنْدَهُ ثُمَّ أَنْتُمْ تَمْتَرُونَ ③

وَ هُوَ اللَّهُ فِي السَّمَوَاتِ وَ فِي الْأَرْضِ يَعْلَمُ سِرَّكُمْ وَ جَهْرَكُمْ وَ يَعْلَمُ مَا تَكْسِبُونَ ④

وَ مَا تَأْتِيهِمْ مِنْ آيَةٍ مِنْ آيَاتِ رَبِّهِمْ إِلَّا كَانُوا عَنْهَا مُعْرِضِينَ ⑤

فَقَدْ كَذَّبُوا بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ فَسَوْفَ يَأْتِيهِمْ أَنبَاءُ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِئُونَ ⑥

أَلَمْ يَرَوْا كَمْ أَهْلَكْنَا مِنْ قَبْلِهِمْ مِنْ قَرْنٍ مَكَّنَّاهُمْ فِي الْأَرْضِ مَا لَمْ يُمَكِّنْ لَكُمْ وَ أَرْسَلْنَا السَّمَاءَ عَلَيْهِمْ مِدْرَارًا وَ جَعَلْنَا الْأَنْهَارَ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهِمْ فَآهَلِكْنَاهُمْ يَدْئِبُهُمْ وَ أَنْشَأْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ قَرْنًا آخَرِينَ ⑦

وَ كَوْنُوا نَزَّلْنَا عَلَيْكَ كِتَابًا فِي قُرْطَانٍ فَلَمْسُوهُ بِأَيْدِيهِمْ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنَّ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُبِينٌ ⑧

وَ قَالُوا لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْهِ مَلَكٌ وَ لَوْ أَنْزَلْنَا مَلَكَ لَفُضِيَ الْأَمْرُ ثُمَّ لَا يُنظَرُونَ ⑨

10. Era *Omubaka* singa twamussaawo nga malayika, mazima *malayika oyo* twalimufudde *n'alabika nga* omuntu era twalibatabudde butabuzi mw'ebyo bye batabukamu.

11. Era ddala n'Abatume abaakukulembere baajeregebwa. Naye abo mu bo abaabajereganga, bye baajereganga ate by'ebyaabebungulula.

Ruku 2

12. Gamba nti: Mutambuleko mu nsi n'oluvannyuma mulabe enkomerero y'abaalimbisanga *Ababaka* nga bwe yali.

13. Gamba nti ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi by'ani? Gamba nti: Bya Allah. Yeekakasaako obusaasizi. Ddala ajja kugenda nga abakung'aanya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, ekyo tekiriimu kubusabuusa. *Naye* abo abazikiriza emyoyo gyabwe si ba kukkiriza.

14. Era byonna ebibeera mu kiro n'emisana bibye. Era ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

15. Gamba nti: Abaffe, atali Allah Omutonzi w'eggulu n'ensi, gwemba nfuula Omukuumi ng'ate *Allah* y'aliisa *bonna* so nga Ye taliisibwa? Gamba nti: Nze n'alagirwa okuba omubereberye mw'abo abeewaayo, era *nagambibwa nti*: Tobanga mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

16. Gamba nti: Mazima nze ntya ekibonerezo ky'olunaku olw'ekitalo, singa mba njeemedde Mukama wange.

17. Oyo alikyewazibwa ku lunaku olwo, kale ddala *Allah* aliba amusaasidde. Era obwo bwe buwanguzi obw'olwaatu.

18. Era Allah bw'akutuusaako obuzibu, kale tewali *mulala* asobola kubuggyawo okuggyako Ye yekka. Ate bw'akutuusaako obulungi, *tewali abuziyiza*; anti ye Muyinza wa buli kimu.

19. Era ye Mukasi ku baweereza be, era ye w'Amagezi ennyo, Ategeera byonna.

20. Gamba nti: Kintu ki ekisinga obukulu mu kuwa obujulizi? Gamba nti: Allah ye

وَلَوْ جَعَلْنَاهُ مَلَكًا لَجَعَلْنَاهُ رَجُلًا وَ
لَكَبَشْنَا عَلَيْهِمْ مَا كَانُوا بِهِ ۝۱۰

وَلَقَدْ اسْتَهْزَيْتَ بِرُسُلٍ مِّن قَبْلِكَ فَحَاقَ
بِالَّذِينَ سَخِرُوا مِنْهُمْ مَا كَانُوا بِهِ
يَسْتَهْزِءُونَ ۝۱۱

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ ثُمَّ انظروا كيف
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكْذِبِينَ ۝۱۲

قُلْ لِمَن مَّا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ
قُلْ لِلّٰهِ كَتَبَ عَلَىٰ نَفْسِهِ الرَّحْمَةَ
لِيَجْزِيَكَم رَآلِي يَوْمَ الْقِيٰمَةِ لَا رَيْبَ
فِيهِ ؕ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ فَهُمْ لَا
يُؤْمِنُونَ ۝۱۳

وَلَهُ مَا سَكَنَ فِي الْآبِلِ وَالنَّهَارِ ؕ وَهُوَ
السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ۝۱۴

قُلْ أَعْيَرَ اللهُ اتَّخَذُ وَرِيًّا فَاطِرُ
السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ وَهُوَ يُطْعِمُهُ وَلَا
يُطْعَمُهُ قُلْ إِنِّي أُمِرْتُ أَنْ أَكُونَ أَوَّلَ
مَنْ أَسْلَمَ ؕ وَلَا تَكُونَنَّ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ۝۱۵

قُلْ إِنِّي أَخَافُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّي عَذَابَ
يَوْمٍ عَظِيمٍ ۝۱۶

مَنْ يُضْرَبْ عَنْهُ يَوْمَئِذٍ فَفَذَرْهٖ
وَذٰلِكَ الْقَوْلُ الْمُوْبِينُ ۝۱۷

وَإِن يَّمْسَسْكَ اللهُ بِضُرٍّ فَلَا كَاشِفَ
لَهُ إِلَّا هُوَ ؕ وَإِن يَّمْسَسْكَ بِخَيْرٍ فَهُوَ عَلَىٰ
كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ۝۱۸

وَهُوَ الْقَاهِرُ فَوْقَ عِبَادِهِ ؕ وَهُوَ
الْحَكِيمُ الْخَبِيرُ ۝۱۹

قُلْ أَيُّ شَيْءٍ أَكْبَرُ شَهَادَةً قُلِ اللهُ ۝

Mujulizi wakati wange nammwe. Era nabikkulirwa Kur'ani eno ndyooke ngirabuze mmwe ne bonna b'erituukako. Abaffe, mmwe mukakasa nti ddala waliwo bakatonda abalala ebbali wa Allah? Gamba nti: Nze ekyo sikijulira. Gamba nti: Mazima ddala Omusinzibwa Allah ali Omu yekka, era ddala nze neewala nnyo ebyo bye mumwenkanya nabyo.

21. Abo betwawa Ekitabo Mutume bamumanyi bulungi nga bwe bamanyi abaana baabwe. Abo abecfiiriza bokka, kale bo si ba kukkiriza.

Ruku 3

22. Era ani omwonoonefu ennyo okusinga kw'oyo apaatiika ku Allah eby'obulimba oba alimbisa Aya ze? Mazima aboononefu si baakuganyulwa.

23. Era jjukira olunaku lwe tulibakung'aanya bonna, n'oluvannyuma tuligamba abo abenkanyanga Allah n'ebirala nti: Baluwa abammwe be mwalowoozanga nti benkanankana ne Allah?

24. N'oluvannyuma tebaliba na kye beekwasa, wabula baligamba nti: Mu mazima ga Allah, Mukama waffe, tetwali benkanya Allah na birala.

25. Kale laba nga bwe beerimba bokka. Era ebyo bye baajinganga biribaabulira.

26. Era mu bo mulimu abakuwuliriza; naye twassa ku mitima gyabwe ebibikka, baleme kugitegeera ne mu matu gaabwe mulimu obuggavu. Ne bwe balaba obubonero obwa buli ngeri tebabukkiriza, okutuusa lwe bajja gy'oli nebakuwakanya nga abatakkiriza bagamba nti: Kino si kirala wabula z'engero z'abedda.

27. Era Kur'ani bagiziyiza n'abalala era nabo bennyini nebagyesamba. Naye tebazikiriza mulala wabula bezikiriza bokka, naye tebategeera.

28. Era singa olaba awo nga basimbiddwa awali omuliro, kale baligamba nti: Woowe! Singa nno tuzzibwaayo, tetwalirimbisizza

شَهِدًا بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ وَأَوْحَىٰ إِلَيْنَا
هَذَا الْقُرْآنَ لِأَنَّكُمْ بِهِ وَمَنْ
بَلَغَ أَتَيْنَا لَتَشْهَدُنَّ أَنَّ مَعَ اللَّهِ
إِلَهَةً أُخْرَىٰ قُلْ لَا أَشْهَدُ قُلْ إِنَّمَا
هُوَ إِلَهُ وَاحِدٌ وَإِنِّي بَرِيءٌ مِّمَّا
تُشْرِكُونَ ﴿٢١﴾

الَّذِينَ اتَّيْنَهُمُ الْكِتَابَ يَخْرَفُونَهُ
كَمَا يَخْرَفُونَ آيَاتِهِمْ ۗ الَّذِينَ
خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ فَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٢٢﴾
وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا
أَوْ كَذَّبَ بِآيَاتِهِ ۗ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ
الظَّالِمُونَ ﴿٢٣﴾

وَيَوْمَ تَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا ثُمَّ تَقُولُ
لِلَّذِينَ أَشْرَكُوا آيِنَ شُرَكَائِكُمْ ۗ الَّذِينَ
كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿٢٤﴾

ثُمَّ لَمْ تَكُن فِتْنَتَهُمْ وَإِنِّي أَنَا
وَاللَّهُ رَبُّنَا مَا حُتْمًا مُّشْرِكِينَ ﴿٢٥﴾

أَنْظُرْ كَيْفَ كَذَبُوا عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ وَصَلَّىٰ
عَنهُمْ مَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٢٦﴾

وَمَنَّهُمْ مَّن يَسْتَمِعُ إِلَيْكَ ۗ وَجَعَلْنَا عَلَىٰ
قُلُوبِهِمْ أَكِنَّةً أَن يَفْقَهُوهُ وَفِي
أَذَانِهِمْ وَقْرًا ۗ وَإِن يَرَوْا كَلِمَةَ
يُؤْمِنُوا بِهَا ۗ حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوكَ
يُجَادِلُونَكَ يَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا إِن
هَذَا إِلَهٌ آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٢٧﴾

وَهُمْ يَنْهَوْنَ عَنْهُ وَيَنْعُونَ عَنْهُ ۗ وَ
إِن يُهْلِكُونَ إِلَّا أَنفُسَهُمْ ۗ وَمَا
يَشْعُرُونَ ﴿٢٨﴾

وَلَوْ تَرَىٰ إِذْ وَقَفُوا عَلَى النَّارِ فَقَالُوا
يَلَيْتُنَا نُرَدُّ وَلَا نُكَذِّبُ بِآيَاتِ رَبِّنَا ۗ

nate kulabula kwa Mukama waffe era twalibadde mu bakkiriza.

29. Ddala byeyolese ebyo bye baakisanga olubereberye. Era ne bwe baalizziddwayo, ddala era baaliddidde okukola ebyo bye baazyizibwako, era ddala balimba.

30. Era baagamba nti: Teri kirala nate okuggyako obulamumu bwaffe bunu obw'oku nsi, era ffe tetulizuwakizibwa.

31. Era singa olaba awo nga basimbiddwa mu maaso ga Mukama waabwe, aligamba nti: Abaffe, kino si kya mazima? Baliddamu nti: Yee, mu mazima ga Mukama waffe. Aligamba nti: Kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwagaananga.

Ruku 4

32. Mazima baamala okufiirwa abo abaalimbisa okusisinkana ne Allah, okutuusa ekiseera lwe kiribatuukako ekibwatukira, baligamba nti: O! Nga kya kusaalirwa gye tuli olw'ebyo bye twalagajjalira. Era balyetikka obuzito bw'ebibi byabwe ku migongo gyabwe. Mwetegereze, nga bibi nnyo ebyo bye balyetikka!

33. Era obulamumu bw'ensi si kirala wabula muzannyo na kwegayaaza. Naye ddala amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi eri abo abatya Allah. Abaffe, temukozesa magezi?

34. Mazima tumanyi bulungi nti ddala ebyo bye boogera bikunakuwaza. Naye ddala tebalimbisa ggwe, wabula aboononyi bubonero bwa Allah bwe bawakanya mu bugenderevu.

35. Era ddala n' Abatume abaakukulembereba baalimbisibwa naye nebagumiikiriza kw'ebyo bye baalimbisibwamu, era baakijanyizibwa okutuusa lwe baatuukwako obuyambi bwaffe. Naye tewali yenna asobola kukyuusa bigambo bya Allah. Era ddala omaze okutukibwako ebimu ebyafa ku Batume.

36. Era obanga okalubiriddwa olw'okwesamba kwabwe, kale obanga osobola okunoonya omuwulukwa mu ttaka oba enkandaggo okulinnya mu ggulu obaleeterero akabonero, kikole. Naye singa Allah yayagala kukaka, bonna yaalibakung'aanyirizza ku bulung'amu.

تَكُونُ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٨﴾

بَلْ بَدَأَ لَهُمْ مَا كَانُوا يُخْفُونَ مِنْ قَبْلُ ۗ وَلَوْ رُدُّوا لَعَادُوا لِمَا نُهُوا عَنْهُ وَإِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٢٩﴾

وَقَالُوا لَإِن هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا وَمَا نَحْنُ بِمَبْعُوثِينَ ﴿٣٠﴾

وَلَوْ تَرَى إِذْ وَقَفُوا عَلَى رَبِّهِمْ ۖ قَالَ أَلَيْسَ هَذَا بِالْحَقِّ ۗ قَالُوا بَلَىٰ وَرَبِّنَا ۚ قَالَ فَذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٣١﴾

قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِلِقَاءِ اللَّهِ حَتَّىٰ إِذَا جَاءَتْهُمُ السَّاعَةُ بَغْتَةً قَالُوا يَحْسِرُ تَنَا عَلَىٰ مَا قَرَّرْنَا فِيهَا ۗ وَهُمْ يَحْمِلُونَ أَوْزَارَهُمْ عَلَىٰ ظُهُورِهِمْ ۗ أَلَا سَاءَ مَا يَزُرُونَ ﴿٣٢﴾

وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا إِلَّا لَعِبٌ ۗ وَ لَهُمْ ۗ وَلِلْآخِرَةِ خَيْرٌ لِلَّذِينَ يَتَّقُونَ ۗ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٣٣﴾

قَدْ تَعْلَمُونَ أَنَّهُ لِيَحْزُنَكَ الَّذِي يَقُولُونَ فَإِنَّهُمْ لَا يَكْذِبُونَكَ وَلَكِنَّ الظَّالِمِينَ بآيَاتِ اللَّهِ يَجْحَدُونَ ﴿٣٤﴾

وَلَقَدْ كُذِّبَتْ رُسُلٌ مِنْ قَبْلِكَ فَصَبَرُوا عَلَىٰ مَا كُذِّبُوا ۗ وَأُوذُوا حَتَّىٰ أَنَّهُمْ نَصَرْنَا ۗ وَلَا مَبْدَلَ لِكَلِمَاتِ اللَّهِ ۗ وَلَقَدْ جَاءَكَ مِنْ نَبَأِ الْمُرْسَلِينَ ﴿٣٥﴾

وَإِنْ كَانَ كَبُرَ عَلَيْكَ إِعْرَاضُهُمْ فَإِنْ اشْتَطَحْتَ أَنْ تَبْتَغِيَ نَفَقًا فِي الْأَرْضِ أَوْ سُلَّمًا فِي السَّمَاءِ فَتَأْتِيَهُمْ بِآيَةٍ ۗ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَمَعَهُمْ عَلَى الْهُدَىٰ فَلَا

Kale tobanga mw'abo abatamanyi.

37. Era ddala abaanukula be bo abawuliriza n'obwesimbu. Naye abafu, Allah alibazuukiza, n'oluvannyuma gy'ali gye balizzibwa.

38. Era bagamba nti: Lwaki tassizibwako kabonero okuva eri Mukama we? Gamba nti: Mazima Allah asobola bulungi okussa akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

39. Era tewali kiramu kyonna ekitambula ku nsi oba ennyonyi ebuuka n'ebiwawaa-tiro bya yo byombiriri, wabula nabyo bibinja nga mmwe. Tetulina kyonna kye twalekayo mu Kitabo. N'oluvannyuma eri Mukama waabwe gye balikung'aanyizibwa.

40. Era abo abaalimbisa obubonero bwaffe, bazibu ba matu era bakasiru, bali mu kizikiza. Oyo Allah gw'aba asalidde, amulekulira n'abula. N'oyo gw'aba asiimye, amussa ku kkubo eggolokofu.

41. Gamba nti: Mulabye mutya? Ye muliddamu ki singa mutuukibwako ekibonerezo kya Allah oba ne mutuukibwako Ekiseera ekyagerekebwa, abaffe ddala muliwanjagirayo omulala atali Allah, bwe muba nga ddala muli bamazima?

42. Wabula Ye yekka gwe muwanjagira, kale n'abaggyirawo kye mumuwanjagiddeko bw'aba nga ayagadde; era olwo ne bye mumwenkanya nabyo mubyerabira.

Ruku 5

43. Era ddala twatuma Ababaka eri amawanga olubereberye lwo. Bwe baajeema, netubakangavvula n'obwavu n'obuyinike, balyooke beetoowaze.

44. Naye lwaki bwe baatuukibwako okukangavvula kwaffe tebeetoowaza? Wabula emitima gyabwe gyakakanyala bukakanyazi era Sitaani n'abalungiyiza ebyo bye baakolanga.

45. Naye bwe beerabira ebyo bye baabulirirwako, kale twabaggulirawo emiryango gya buli kimu — okutuusa lwe baajaganya olw'ebyo bye baaweebwa — netubakangavvula kibwatukira; okwejjuukiriza nga

تَكُونَنَّ مِنَ الْجَاهِلِينَ ﴿٣٦﴾

إِنَّمَا يَسْتَجِيبُ الَّذِينَ يَسْمَعُونَ وَالْمَوْتَى يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ ثُمَّ إِلَيْهِ يُرْجَعُونَ ﴿٣٧﴾

وَقَالُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِنْ رَبِّهِ قُلْ إِنَّ اللَّهَ قَادِرٌ عَلَى أَنْ يُنْزِلَ آيَةً وَلَٰكِنْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٨﴾

وَمَا مِنْ دَابَّةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا طَيْرٍ يَطِيرُ بِجَنَاحَيْهِ إِلَّا أُمَمٌ أَمْثَلُكُمْ مَا فَرَطْنَا فِي الْكِتَابِ مِنْ شَيْءٍ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّهِمْ يُحْشَرُونَ ﴿٣٩﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا صُمُّوهُمْ فِي الظُّلُمَاتِ، مَنْ يَشَاءُ اللَّهُ يُضِلَّهُ، وَمَنْ يَشَاءُ يُعَلِّمُهُ عَلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٤٠﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَنْتُمْ عَدَابِ اللَّهِ أَوْ أَنْتُمْ السَّاعَةَ أَعْبَرَا لِلَّهِ تَدْعُونَ، إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٤١﴾

بَلْ إِيَّاهُ تَدْعُونَ فَيَكْشِفُ مَا تَدْعُونَ إِلَيْهِ إِنْ شَاءَ وَتَنْسَوْنَ مَا تُشْرِكُونَ ﴿٤٢﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَىٰ أُمَمٍ مِنْ قَبْلِكَ فَآخَذْنَاهُمْ بِالْبَأْسَاءِ وَالضَّرَّاءِ لَعَلَّهُمْ يَتَضَرَّعُونَ ﴿٤٣﴾

فَلَوْلَا إِذْ جَاءَهُمْ بَأْسُنَا تَضَرَّعُوا وَلَٰكِنْ قَسَتْ قُلُوبُهُمْ وَزَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطَانُ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٤٤﴾

فَلَمَّا تَسُوا مَا دُكِّرُوا بِهِ فَتَحْنَا عَلَيْهِمُ أَبْوَابَ كُلِّ شَيْءٍ ۗ حَتَّىٰ إِذَا فَرِحُوا بِمَا أُوتُوا أَخَذْنَاهُمْ بَغْتَةً فَإِذَا

baweddemu essuubi.

46. Olwo emirandira gy'abantu abo aboononyi negikutulwa. Era amatendo gonna ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

47. Gamba nti: Mulabye mutya? Singa Allah aggyawo okuwulira kwammwe n'okulaba kwammwe era n'assa n'envumbo ku myoyo gyammwe, kale musinzibwa ki nate atali Allah ayinza okubibaddiza? Kale laba engeri gye tukyuusakyuusaamu okulabula, ate bo nebakubayo mabega.

48. Gamba nti: Mulabye mutya? Singa mutuukibwako ekibonerezo kya Allah kibwatukira oba mu lwaatu, abaffe waliwo omulala azikirizibwa okuggyako abantu aboononefu?

49. Era tetutuma Babaka wabula baba bawi ba mawulire ag'essanyu era nga balabuzi. Kale abo abakkiriza era nebalongookera ddala, olwo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

50. Naye abo abalimbisa obubonero bwaffe be balituukibwako ekibonerezo olw'okubanga baajeema.

51. Gamba nti: Sibagamba nti nze nnina amawanika ga Allah wadde nti mmanyi eby'enkiso, era sibagamba nti ndi malayika. Nze sigoberera kirala okuggyako ebyo ebimbikkulirwa. Gamba nti: Abaffe, omuzibu w'amaaso n'oyo alaba bafaanagana? Abaffe, temufumiitiriza?

Ruku 6

52. Era labula nayo (Kur'ani) abo abatya nti balikung'aanyizibwa eri Mukama waabwe, era nti tebalinaayo muyambi wadde omuwolereza yenna ebbali we (Allah), balyooke beekuume.

53. Era togobanga abo abakoowoola Mukama waabwe enkya n'eggulo nga banoonya okusiima kwe. Ggwe tovunanyi-zibwa ku kubalirirwa kwabwe n'akatono, nabo tebavunanyi-zibwa ku kubalirirwa kwo n'akatono. Kale bw'onobagobaganya, oja kuba mw'abo abakyaamu.

هُم مُّبْسُوتٌ ﴿٤٦﴾

فَقُطِعَ دَائِرُ الْقَوْمِ الَّذِينَ ظَلَمُوا ۗ وَالْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٧﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَخَذَ اللَّهُ سَمْعَكُمْ وَ أَبْصَارَكُمْ وَخَتَمَ عَلَى قُلُوبِكُمْ مَن إِلَهُ غَيْرُ اللَّهِ يَأْتِيكُمْ بِهِ ۗ أَنْظُرْ كَيْفَ نُصَرِّفُ الْأَيَاتِ ثُمَّ هُمْ يَصْدِفُونَ ﴿٤٧﴾

قُلْ أَرَأَيْتَكُمْ إِنْ أَنْتُمْ عَذَابُ اللَّهِ بَعْتَهُ أَوْ جَهْرَةً هَلْ يُهْلِكُ إِلَّا الْقَوْمَ الظَّالِمُونَ ﴿٤٨﴾

وَمَا نُرْسِلُ الْمُرْسَلِينَ إِلَّا مُبَشِّرِينَ وَ مُنذِرِينَ ۚ فَمَنْ أَمِنَ وَأَصْلَحَ فَلَا خَوْفَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٤٩﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا يَمَسُّهُمُ الْعَذَابُ بِمَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿٥٠﴾

قُلْ لَا أَقُولُ لَكُمْ عِنْدِي خَزَائِنُ اللَّهِ وَلَا أَعْلَمُ الْغَيْبِ وَلَا أَقُولُ لَكُمْ إِنِّي مَلَكٌ ۚ إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا مَا يُوحَىٰ إِلَيَّ ۚ قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَ الْبَصِيرُ ۗ أَفَلَا تَتَفَكَّرُونَ ﴿٥١﴾

وَأَنْذِرِ الَّذِينَ يَخَافُونَ أَنْ يُخْشَرُوا إِلَىٰ رَبِّهِمْ لَيْسَ لَهُمْ مِنْ دُونِهِ وَلِيٌّ وَلَا شَفِيعٌ لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿٥٢﴾

وَلَا تَطْرُدِ الَّذِينَ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ بِالْعَدْوَةِ وَالْعَشِيِّ يُرِيدُونَ وَجْهَهُ ۗ مَا عَلَيْكَ مِنْ حِسَابِهِمْ مِنْ شَيْءٍ وَ مَا مِنْ حِسَابِكَ عَلَيْهِمْ مِنْ شَيْءٍ فَتَطْرُدَهُمْ فَتَكُونَ مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٥٣﴾

54. Era bwe kityo twagezesa abamu ku bo ku balala, balyooke bagambe nti: Bano nno be bo Allah be yasaasira mu ffe? Abaffe, Allah si y'asinga okumanya abeebaza?

وَكَذَلِكَ فَتَنَّا بَعْضَهُم بِبَعْضٍ لِّيَقُولُوا أَهَؤُلَاءِ مَنَّ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنْ بَيْنِنَا أَلَيْسَ اللَّهُ بِأَعْلَمَ بِالشَّكِرِينَ ﴿٥٤﴾

55. Era abo abakkiriza Aya zaffe bwe bajjanga gy'oli, kale gamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe. Mukama wammwe yeekakasaako yennyini okusaasira. Bwe kityo, yenna mu mmwe alikola ekibi olw'obutamanya, n'oluvannyuma lwa kyo n'abonerera era n'atereerera ddala, kale Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

وَرَادَ أَجْمَاعَ الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا سَلِّمُوا عَلَيْكُمْ كَتَبَ رَبُّكُمْ عَلَى نَفْسِهِ الرَّحْمَةَ أَنَّهُ مَنْ عَمِلَ مِنْكُمْ سُوءًا بِجَهَالَةٍ ثُمَّ تَابَ مِنْ بَعْدِهِ وَأَصْلَحَ فَأَنَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٥٥﴾

56. Era bwe tutyo tuttottola amateeka olwo ekkubo ly'aboononyi liryooke lyeyerule.

وَكَذَلِكَ نَقُصُّ عَلَيْكَ الْآيَاتِ وَلِتَشْتَبِيْنَ سَيِّئِ الْمُجْرِمِينَ ﴿٥٦﴾

Ruku 7

57. Gamba nti: Nze naziyizibwa okusinza ebyo bye moolaanjira ebbali wa Allah. Gamba nti: Nze sijja kugoberera kwagala kwammwe, kuba olwo nange nnaaba mbuze era nnaaba siri mw'abo abaalung'amizibwa.

قُلْ إِنِّي نُهَيْتُ أَنْ أَعْبُدَ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ قُلْ لَا آتِيهِمْ أَهْوَاءُكُمْ قَدْ ضَلَلْتُمْ سُبُلًا أَوْ مَا آتَاكُمْ مِنَ الْمُهْتَدِينَ ﴿٥٧﴾

58. Gamba nti: Nze ndi ku bukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange, naye mmwe mubulimbisa. Era ebyo bye musaba okwanguyizibwa sibirina. Okusalawo si kwa mulala, wabula kwa Allah yekka. Y'annyonnyola amazima era y'asinga abalamuzi bonna.

قُلْ إِنِّي عَلَى بَيِّنَةٍ مِنْ رَبِّي وَكَذَّبْتُمْ بِهِ مَا عِنْدِي مَا تَسْتَعْجِلُونَ بِهِ إِنْ الْحُكْمُ إِلَّا لِلَّهِ يَقْضُ الْحَقُّ وَهُوَ خَيْرُ الْفَاصِلِينَ ﴿٥٨﴾

59. Gamba nti: Singa ebyo bye musaba okwanguyirizibwako mbirina, olwo ensonga yandisaliddwawo mangu wakati wange nammwe. Era Allah y'asinga okumanya aboononefu.

قُلْ لَوْ أَنِّي عِنْدِي مَا تَسْتَعْجِلُونَ بِهِ لَقَضِيَ الْأَمْرُ بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِالظَّالِمِينَ ﴿٥٩﴾

60. Era ebisumuluzo by'ebyenkiso biri gy'ali; tewali abimanyi okuggyako Ye. Era y'amanyi ebiri ku lukalu ne mu nnyanja. Era tewali kakoola konna kagwa wabula akamanya; wadde empeke mu kizikiza ky'ensi — k'ebe mbisi oba nkalu — wabula byonna biri mu Kitabo ekitangaaza.

وَعِنْدَهُ مَفَاتِحُ الْغَيْبِ لَا يَعْلَمُهَا إِلَّا هُوَ وَيَعْلَمُ مَا فِي الْبُرُوجِ وَالْبَحْرِ وَمَا تَسْقُطُ مِنْ دَرَقَةٍ إِلَّا يَعْلَمُهَا وَلَا حَبَّةٍ فِي ظِلْمِ الْأَرْضِ وَلَا رَطْبٍ وَلَا يَابِسٍ إِلَّا فِي كِتَابٍ مُبِينٍ ﴿٦٠﴾

61. Era y'Oyo atwala emyoyo gyammwe ekiro nga mwebase era y'amanyi byonna bye mukola emisana; nate y'abazuukiza mu gwo, ekiseera ekyagerekebwa kiryooke kituukirire. N'oluvannyuma gy'ali y'eri obuddo bwammwe; nate era y'alibategeeza ebyo bye mwakolanga.

وَهُوَ الَّذِي يَتَوَقَّعُكُمْ بِالْأَيْدِي وَيَعْلَمُ مَا جَرَحْتُمْ بِالتَّهَارِ ثُمَّ يَبْعَثْكُمْ فِيهِ لِيُقْضَى أَجَلٌ مُسَدَّدٌ ثُمَّ لِيَأْتِيَهُمْ رُجْعُهُمْ ثُمَّ لِيَنْبِتْكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٦١﴾

Ruku 8

62. Era Ye ye mukasi ku baweereza be era y'abaweereza abakuumi, okutuusa omu mu mmwe lw'atuukibwako okufa, Ababaka baffe ne bamufiisa, era bo tebagayaalirira kiragiro.

وَهُوَ الْقَاهِرُ فَوْقَ عِبَادِهِ وَيُرْسِلُ عَلَيْكُمْ حَفَظَةً ۗ حَتَّىٰ إِذَا جَاءَ أَحَدَكُمُ الْمَوْتُ تَوَفَّتْهُ رُسُلُنَا وَ هُمْ لَا يُفْقِرُونَ ﴿٣٧﴾

63. N'oluvannyuma bazzibwayo eri Allah, Mukama waabwe Ow'amazima. Mutegeere, obulamuzi bubwe, era y'asinga ababalirizi bonna obwangu.

ثُمَّ رُدُّوْا إِلَى اللَّهِ مَوْلَاهُمُ الْحَقَّ ۗ أَلَا لَهُ الْحُكْمُ ۗ وَهُوَ أَسْرَعُ ۗ الْحَاسِبِينَ ﴿٣٨﴾

64. Gamba nti: Ani abawonya mu mitawaana gy'oku lukalu ne ku nnyanja nga mumuwanjagira n'obwetoowaze ate munda ddala, nti: Bw'anatuwonya ekizibu kino, mazima tujja kuba mw'abo abeebaza?

قُلْ مَنْ يُنَجِّيكُمْ مِّن ظُلْمَاتِ الْبَرِّ وَ الْبَحْرِ تَدْعُوْنَهُ تَضَرُّعًا وَ خُفْيَةً ۗ لَّيْسَ أَنجِسْنَا مِن هَذِهِ لَكُلُوْنَا مِن الشُّكْرِينَ ﴿٣٩﴾

65. Gamba nti: Allah y'abibawonya era y'abawonya ne mu buli mutawaana; nate bwe muva awo nemumwenkanya n'ebirala.

قُلْ اللَّهُ يُنَجِّيكُمْ مِّنْهَا وَ مِن كُلِّ كَرْبٍ ۗ ثُمَّ أَنْتُمْ تُشْرِكُوْنَ ﴿٤٠﴾

66. Gamba nti: Y'alina obuyinza okubasindikira ekibonerezo okuva waggulu wammwe oba okuva wansi w'ebigere byammwe, oba okubatabulatabula* nemuba bubiiinabiina, olwo n'abalozza ku mitawaana egiva mu mmwe bennyini. Kale laba nga bwe tukuusakyuusa obubonero, balyooke bategeere.

قُلْ هُوَ الْقَادِرُ عَلَىٰ أَن يَبْعَثَ عَلَيْكُمْ عَذَابًا مِّن فَوْقِكُمْ أَوْ مِن تَحْتِ أَرْضِكُمْ أَوْ يُبْسِكُمْ سُيُوعًا ۗ وَ يُذَبِّقْ بَعْضَكُمْ بِأَسْبَعْضٍ ۗ أَنظُرْ كَيْفَ نَصَّرِفَ الْأَيْتِ لَعَلَّهُمْ يَفْقَهُوْنَ ﴿٤١﴾

67. Era abantu bo obubaka baabulimbisa, so nga ge mazima. Gamba nti: Nze siri mulabirizi ku mmwe.

وَ كَذَّبَ بِهٖ قَوْمُكَ وَ هُوَ الْحَقُّ ۗ قُلْ لَسْتُ عَلَيْكُمْ بِوَكِيْلٍ ﴿٤٢﴾

68. Buli ekirangibwa kibaako ekisera ekigere; era mangu nnyo mujja kumanya.

لِكُلِّ نَبِيٍّ مُّشْتَقَرٌّ ۗ وَ سَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ﴿٤٣﴾

69. Era bw'olabanga abo abayingirira okuvvoola Aya zaffe, kale ggwe beesambenga, okutuusa lwe bayingira mu mboozzi endala etali eyo. Naye Sitaani bw'abanga akwerabizza, kale oluvannyuma bw'ojjukiranga, totuulanga awamu n'abantu aboononefu.

وَ إِذْ أَرَأَيْتَ الَّذِينَ يَخُوضُونَ فِي آيَاتِنَا فَأَعْرَضَ عَنْهُمْ حَتَّىٰ يَخُوضُوا فِي حَدِيثٍ غَيْرِهِ ۗ وَإِنَّمَا يُنْسِيَنَّكَ الشَّيْطٰنُ فَلَا تَتَعَدَّ بَعْدَ الذِّكْرِى مَعَ الْقَوْمِ الظَّالِمِيْنَ ﴿٤٤﴾

70. Naye abo abeeukuuma tebavunanyizibwa n'akatono ku kubalirirwa kwabwe, okuggyako okubabuulirira, balyooke batye Allah.

وَ مَا عَلَى الَّذِينَ يَتَّقُونَ مِن حِسَابِهِمْ مِن شَيْءٍ ۗ وَ لَكِن ذِكْرِى لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿٤٥﴾

6.66. Ekigambo 'yalbisakum' (يُنْسِيَنَّكَ) wano kiwa amakulu g'ekibonerezo ekyerippa ku muntu oba ku bantu nekibeera ng'olugoye ku nubiri; mu njogera endala, ne kiba kabaani ku ndingidi.

71. Era va kw'abo abatwala eddiini yaabwe ng'omuzannyo n'okwegayaaza era abaabuzibwabuzibwa n'obulamu bw'ensi. Kale buulirira nayo (Kur'ani) waleme kubaawo muntu azikirizibwa olw'ebyo bye yakola; kuba taliba na mukuumi mulala wadde omuwolereza ebbali wa Allah. Era neb'alyenunula n'ekyenunulo kyonna, tekirimuggyibwako. Abo be bo abalizikirizibwa olw'ebyo bye baakolanga. Balifuna eky'okunya eky'olweje n'ekibonerezo ekirumya, olw'okubanga baali batakkiriza.

Ruku 9

72. Gamba nti: Abaffe, *mwagala* tuwanjagire atali Allah atayinza na kutugasa wadde okutulunya, nate tuzizibweyo emabega w'ebisinziiro byaffe oluvannyuma nga Allah amaze okutulung'anya, okufaananako ng'oyo ba Sitaani gwe baasendasenda nebamuleka mu nsi ng'asamaaliridde, nga alina ne banne abamukoowoola eri obulung'amu nti: Jangu gye tuli? Gamba nti: Mazima obulung'amu bwa Allah bwe bulung'amu bwokka, era twalagirwa okwewaayo eri Omutonzi w'ebitonde byonna;

73. Era *twalagirwa* nti: Mujjumbirenga essaala era mutyenga Allah; era Allah y'Oyo gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

74. Era y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu ngeri entuufu, era olunaku lw'aligamba nti: Kibe, kale lwe kiriba.* Eki gambo kye kya mazima era Obwakabaka buliba bubwe ku lunaku eng'ombe lw'erifuuyibwa. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika era ye w'Amagezi ennyo, Ategeera byonna.

75. Era awo Ibrāhīmu bwe yagamba kitaawe Āzara nti: Abaffe, ebifaananyi by'otwala okuba bakatonda? Mazima nze nkulaba ggwe ne banno nga muli mu kubula kwa lwaatu.

76. Era bwe tutyo twalaga Ibrāhīmu obw'akabaka bw'eggulu n'ensi era alyooke abeere mw'abo abalina obukakafu.

وَذُرِّ الَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْهُمْ لَعِبًا
وَلَهْوًا وَغَرَّتْهُمُ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا وَذَكَّرَ
بِهِ أَنْ تَبْسَلَ نَفْسٌ بِمَا كَسَبَتْ ۗ لَيْسَ
لَهَا مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيٌّ وَلَا شَفِيعٌ ۗ وَإِنْ
تَعْدِلْ كُلُّ عَدْلٍ لَا يُؤْخَذُ بِهَا ۗ وَإِنَّكَ
الَّذِينَ أُبْسِلُوا بِمَا كَسَبُوا ۗ لَهُمْ شَرَابٌ
مِنْ حَوْثٍ ۗ وَعَذَابٌ أَلِيمٌ ۗ بِمَا كَانُوا
يَكْفُرُونَ ﴿٧١﴾

قُلْ أَدْعُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُنَا
وَلَا يَضُرُّنَا وَنُرَدُّ عَلَىٰ أَعْقَابِنَا ۚ بَعْدَ إِذْ
هَدَيْنَا اللَّهُ كَالَّذِي كَانَتْ
الشَّيْطَانِ فِي الْأَرْضِ حَيْرَانًا ۗ لَهُ
أَصْحَابٌ يَدْعُوْنَ إِلَى الْهُدَىٰ لِئَلَّا يَكْفُرَ
قُلْ إِنْ هَدَىٰ اللَّهُ فَمَا لَهُ هَادٍ ۗ وَإِنَّمَا
لِنُسَلِّمَ لِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٧٢﴾

وَأَنْ أَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَهُوَ
الَّذِي إِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٧٣﴾
وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ
بِالْحَقِّ ۗ وَيَوْمَ يَقُولُ كُن فَيَكُونُ ۗ
قَوْلُهُ الْحَقُّ ۗ وَلَهُ الْمُلْكُ يَوْمَ يُنْفَخُ فِي
الصُّورِ عِلْمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةُ ۗ وَهُوَ
الْحَكِيمُ الْخَبِيرُ ﴿٧٤﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ لِأَبِيهِ أَرِزْ أَلَّا تَتَّخِذَ
أَصْنَامًا ۗ مَا إِلَهَةٌ إِلَّا رَبِّي ۗ أَرِنِي آلِهَتِكَ
وَقَوْمَكَ فِي
صَلِّ مُبِينِينَ ﴿٧٥﴾

وَكَذَلِكَ نُرِي إِبْرَاهِيمَ مَكْرَمَاتِ السَّمَوَاتِ
وَالْأَرْضِ وَلِيَكُونَ مِنَ الْمُوقِنِينَ ﴿٧٦﴾

6:74. Eki gambo 'kun fayakuun' (كُن فَيَكُونُ) bulijjo tekitegeeza nti Katonda oluwa ekiragiro kye nti: Ba! nga n'ekintu kibaawo mbagirawo. Entegeera y'eki gambo kino entuufu eri nti kasita Katonda asalawo nti kibe, ekiragiro kye nga kitandika okukola nga kiyita mu mitendera gyonna gye kisaanye okuyitamu, n'ekivaamu kibeera ddala ekyo kyennyini ky'ayagadde oba nga bw'ayagadde.

77. Kale obudde bwe bw'amuzibirira, yalaba emmunyeenyeyi, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Naye bwe yagwa, n'agamba nti: Nze saagala bigwa.

فَلَمَّا جَنَّ عَلَيْهِ اللَّيْلُ رَأَى كَوْكَبًا قَالَ هَذَا رَبِّي فَلَمَّا أَفَلَ قَالَ لَأُوْحِبُّ الْأَقْلَبِينَ ﴿٧٧﴾

78. Awo bwe yalaba omwezi nga gwakaayakana, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Naye bwe gwagwa, n'agamba nti: Mukama wange bw'atannung'amyeyi, ddala nzija kuba mu bantu ababuze.

فَلَمَّا رَأَى الْقَمَرَ بَازِعًا قَالَ هَذَا رَبِّي فَلَمَّا أَفَلَ قَالَ لَكُنْتُ لَمْ يَهْدِنِي رَبِّي لَكَوْكَبَاتٍ مِنَ الْقَوْمِ الضَّالِّينَ ﴿٧٨﴾

79. Awo bwe yalaba enjuba nga eyakaayakana, n'agamba nti: Ono ye Mukama wange? Ono y'asinga obunene. Naye bwe yagwa, n'agamba nti: Abange, nze neesambye ebyo bye mwenkanya ne Allah.

فَلَمَّا رَأَى الشَّمْسَ بَازِعَةً قَالَ هَذَا رَبِّي هَذَا الْكَبَرُ فَلَمَّا أَفَلَتْ قَالَ يُقَوْمُ رَبِّي بَرِيءٌ عَمَّا تُشْرِكُونَ ﴿٧٩﴾

80. Mazima nze njolekezza obwenyi bwange eri oyo eyatonda eggulu n'ensi, ndi mwesimbu gy'ali era siri mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

رَبِّي وَجَّهْتُ وَجْهِيَ لِلَّذِي فَطَرَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ حَنِيفًا وَمَا أَنَا مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٨٠﴾

81. Era abantu be baawakana naye. N'agamba nti: Abaffe, muwakane nange ku bifa ku Allah ng'ate nze y'eyanung'amyeyi? Era nze sitya ebyo bye mwenkanyankanya naye, wabula ntya ekyo Mukama ky'aba ayagadde. Okumanya kwa Mukama wange kwabuna ku buli kimu. Abaffe, temufumiitiriza?

وَكَأَجَةٌ قَوْمُهُ قَالَ آتُبْحًا جُؤَيْبِي فِي اللَّهِ وَقَدْ هَدَانِ وَلَا أَخَافُ مَا تُشْرِكُونَ بِهِ إِلَّا أَن يَشَاءَ رَبِّي شَيْئًا وَسِعَ رَبِّي كُلَّ شَيْءٍ عِلْمًا أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ﴿٨١﴾

82. Ye nnyinza ntya okutya ebyo bye mwenkanya naye, naye nga mmwe temutya namu nti mwenkanyankanyizza Allah n'ebyo by'atabassizangako bukakafu? Kale ddala kibiina ki ku bibiri ekisaanira emirembe, obanga ddala mumanyi?

وَكَيْفَ أَخَافُ مَا أَشْرَكْتُمْ وَلَا تَخَافُونَ أَنَّكُمْ أَشْرَكْتُمْ بِاللَّهِ مَا لَمْ يُنَزَّلْ بِهِ عَلَيْكُمْ سُلْطَانًا فَأَيُّ الْفَرِيقَيْنِ أَحَقُّ بِالْأَمْنِ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٨٢﴾

83. Abo abakkiriza era nebatatabulatabula bukkiriza bw'abwe na bukyamu — abo be balifuna emirembe, era abo be balung'amu.

الَّذِينَ آمَنُوا وَلَمْ يَلْبِسُوا إِيمَانَهُمْ بِظُلْمٍ أُولَئِكَ لَهُمُ الْأَمْنُ وَهُمْ مُهْتَدُونَ ﴿٨٣﴾

Ruku 10

84. Era eyo y'ensonga yaffe gye twawa Ibrahimi ku bantu be. Tusitula mu madaala oyo gwe tuba twagadde. Mazima Mukama wo ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

وَتِلْكَ حُجَّتُنَا آتَيْنَاهَا إِبْرَاهِيمَ عَلَى قَوْمِهِ نَرْفَعُ دَرَجَاتٍ مَّن نَّشَاءُ إِنَّ رَبَّكَ حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿٨٤﴾

85. Era twamuwa Isihaka ne Ya'qubu; era bonna twabalung'amyeyi, ne Nuhu twamulung'amyeyi olubereberye lwabwe era Ibrahimi mu zadde lye mwe muli Dauda

وَوَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ كُلًّا هَدَيْنَا وَنُوحًا هَدَيْنَا مِن قَبْلُ وَمِن دُرِّيَّتِهِ دَاوُدَ وَسُلَيْمَانَ وَأَيُّوبَ

ne Sulaimāni ne Ayyūbu ne Yūsufu ne Mūsa ne Hārūna. Era bwe tutyo bwe tutasula abakozi b'ebirungi.

86. Era *Twalung'anya* ne Zakariyya ne Yahaya ne 'Isa ne Iliyāsi; bonna baali batuukirivu.

87. Ne Ismāili, ne Yasa' ne Yūnusu ne Lūti, era bonna twabasukkulumya ku bantu bonna.

88. Era *twasukkulumya* n'abamu ku bakitaabwe n'abaana baabwe ne baganda baabwe, era twabalonda ne tubalung'anya eri ekkubo eggolokofu.

89. Okwo nno kwe kulung'anya kwa Allah kw'alung'amyamu oyo gw'aba asiimye mu bawereza be. Era singa beenkanya Allah n'ebirala, ebyo bye baakolanga byalibafiiriridde.

90. Abo be bo betwawa Ekitabo n'obulamuzi n'obwa Nabbi. Naye obanga bano *ebyengera* bino babigaanyi, kale ddala tumaze okubisigira abantu abatayinza butabyebaza.

91. Abo be bo Allah be yalung'anya, kale obulung'amu bwabwe bw'oba ogoberera. Gamba nti: Nze sibasaba mpeera ku byo. Ebyo si kirala wabula kwe kubuulirira eri abantu bonna.

Ruku 11

92. Era tebaageraageranya Allah mu kitiibwa kye ekituufu, bwe baagamba nti: Allah tassanga kintu kyonna ku muntu. Gamba nti: Ani yassa Ekitabo Mūsa kye yajja nakyo nga bwe bwaali obutangaavu era nga bwe bulung'amu eri abantu, mmwe kye mutwala nga ebipapula obupapula; *ebimu* mubiraga, naye nemukisa bingi; so nga mwayigirizibwa bye mwali mutamanyi, mmwe wadde bakitammwe? Gamba nti: Allah y'*eyabissa*. N'oluvannyuma baleke mu kubalaata kwabwe nga bayinaayina.

93. Naye kino ky'Ekitabo kye twassa nga kijjudde emikisa nga kikakasa ebyo ebyakikulembere, era olyooke olabule *Makka* Nnyina w'ebibuga n'abakyetoolodde. Era abo abakkiriza enkomerero, bo

وَيُؤَسِّفَ وَمُوسَىٰ وَهَارُونَ ۗ وَكَذٰلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٨٥﴾

وَزَكَرِيَّا وَيَحْيٰى وَعِيسٰى وَإِلْيَاسَ ۗ كُلٌّ مِّنَ الصّٰلِحِيْنَ ﴿٨٦﴾

وَرِاسْمٰعِيْلَ وَالْيَسَعَ وَيُوْنُسَ وَقُوْطٰٓءَ ۗ وَكَلَّا فَضَلْنَا عَلَی الْعٰلَمِيْنَ ﴿٨٧﴾

وَمِنَ اٰبَآئِهِمْ ذُرِّيَّتِهِمْ وَارْحَآءِهِمْ ۗ وَاجْتَبَيْنَاهُمْ وَهَدَيْنَاهُمْ اِلٰى صِرَاطٍ مُّسْتَقِيْمٍ ﴿٨٨﴾

كَذٰلِكَ هَدٰى اللّٰهُ يَهْدِيْ بِهٖ مَن يَّشَآءُ ۗ وَمَن عَادَ ۗ وَلَوْ اَشْرَكُوْا حَيْطٌ عَنَّهُمْ مَّا كَانُوْا يَحْمَلُوْنَ ﴿٨٩﴾

اُولٰٓئِكَ الَّذِيْنَ اٰتَيْنَاهُمُ الْكِتٰبَ وَ الْحُكْمَ وَ الشُّبُوْةَ ۗ فَاِن يَّكْفُرْ بِهَا هَٰٓؤُلَآءَ فَقَدْ وَكَلْنَا بِهَا قَوْمًا لَّيْسُوْا بِهَا بِكَفِرِيْنَ ﴿٩٠﴾

اُولٰٓئِكَ الَّذِيْنَ هَدٰى اللّٰهُ فَيَهْدُهُمْ اِقْتَدِهٖ ۗ قُلْ لَّا اَشْرِكُكُمْ عَلَيْهِ اَجْرًا ۗ اِن هُوَ اِلَّا ذِكْرٰى لِّلْعٰلَمِيْنَ ﴿٩١﴾

وَمَا قَدَرُوا اللّٰهَ حَقَّ قَدْرٍ ۗ اِذْ قَالُوْا مَا اَنْزَلَ اللّٰهُ عَلٰى بَشَرٍ مِّنْ شَيْءٍ ۗ قُلْ مَن اَنْزَلَ الْكِتٰبَ الَّذِيْ جَآءَ بِهٖ مُّوسٰى نُوْرًا وَهُدٰى لِّلنَّاسِ لِيَجْعَلُوْهُ قُرْآٰنًا مَّسْهُوْمًا ۗ وَتَبٰرَكَ الَّذِيْ يَكْتُبُ ۗ وَكَثِيْرًا مِّنْ مَّا لَمْ تَعْلَمُوْا اَنَّهُمْ وَاٰبَآؤُهُمْ ۗ قُلْ اللّٰهُ ۗ ثُمَّ ذَرَهُمْ فِىْ حَوٰضِهِمْ يَلْعَبُوْنَ ﴿٩٢﴾

وَهٰذَا كِتٰبٌ اَنْزَلْنَاهُ مَبْرُكًا مَّصْدُوْقًا الَّذِيْ بَيْنَ يَدَيْهِ وَ لِيَتَذَكَّرَ اُمَّ الْقُرٰى ۗ وَ مَن حَوْلَهَا ۗ وَ الَّذِيْنَ

bakikiriza era bo essaala zaabwe bazikuuma butiribiri.

94. Ye ani mulyazaamaanyi okusinga kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba, oba agamba nti: Mbikkuliddwa, so nga tewali kyonna kimubikkuliddwa; n'oyo agamba nti: Mazima nange nzija kussa ebifaanana n'ebyo Allah bye yassa? Era singa osobola okulaba aboononyi awo nga bali mu kutaawa kw'okufa, ne ba malayika nga bagolodde emikono gyabwe nga babagamba nti: Kale muggyeeyo emyoyo gyammwe. Olwa leero mujja kusasulwa ekibonerezo ekiswaaza olw'ebyo bye mwayogeranga ku Allah ebitali bya mazima era mwukuluntalizinga ne ku bubonero bwe.

95. Era mazima muzze gye tuli kinnoomu nga bwe twabatonda omulundi ogwasooka, era bye twabawa byonna mubireseeyo emabega wammwe, naye tetulaba bawolereza bammwe awamu nammwe — abo be mwagambanga nti gye muli benkanankana ne Allah. Ddala mumaze okwekutulamu era n'ebyo bye mwayogeranga bigudde butaka.

Ruku 12

96. Mazima Allah ye Mumezesa w'empeke n'ensigo y'omutende. Y'aggya ekiramu mu kifu, era ye Muggyi w'ekifu mu kiramu. Oyo nno ye Allah; kale ate wa gye muwugulirwa?

97. Ye Mukeesa w'obudde; era y'eyafuula ekiro okuba ekiwummulo, n'enjuba n'omwezi okuba ebibalirwako ebiseera. Okwo nno kwe kugereka kwa Luwangula, Omumanyi wa byonna.

98. Era Ye y'eyabakolera emmunyeenye mulyooke mulung'amizibwe nazo mu kizikiza ky'oku lukalu ne ku nnyanja. Ddala tuttottola obubonero eri abantu abalina okumanya.

99. Era Ye y'eyabasibula mu mwoyo ogumu n'abawa amaka n'ebisulo. Ddala tuttottola obubonero eri abantu abategeera.

يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ يُؤْمِنُونَ بِهِ وَ هُمْ عَلَى صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ ﴿١٣﴾

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا أَوْ قَالَ أُوحِيَ إِلَيَّ وَلَمْ يُوحَ إِلَيْهِ شَيْءٌ وَمَنْ قَالَ سَأُنزِلُ مِثْلَ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ وَلَوْ تَرَى إِذِ الظَّالِمُونَ فِي غَمَرَاتِ الْمَوْتِ وَالْمَلَائِكَةُ بَاسِطُوا أَيْدِيهِمْ أَحْرَجُوا أَنْفُسَهُمْ يَوْمَ تُجْزَوْنَ عَذَابَ الْهُونِ بِمَا كُنْتُمْ تَقُولُونَ عَلَى اللَّهِ غَيْرَ الْحَقِّ وَكُنْتُمْ عَنْ آيَاتِهِ تَسْتَكْبِرُونَ ﴿١٤﴾

وَلَقَدْ جِئْتُمُونَا فِرَادَى كَمَا خَلَقْنَاكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَ تَرَكْتُمْ مَا خَوَّلْنَاكُمْ وَرَاءَ ظُهُورِكُمْ وَمَا نَرَى مَعَكُمْ شُفَعَاءَكُمُ الَّذِينَ زَعَمْتُمْ أَنَّهُمْ فِيكُمْ شُرَكَاءَ لَقَدْ تَقَطَّعَ بَيْنَكُمْ وَصَلَّ عَنْكُمْ مَا كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿١٥﴾

إِنَّ اللَّهَ فُلُقُ الْحَبِّ وَالنَّوَى يُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَمُخْرِجُ الْمَيِّتِ مِنَ الْحَيِّ ذَلِكُمْ اللَّهُ فَأَلَى تَوْفِيقُونَ ﴿١٦﴾

فَالِقُ الْإِصْبَاحِ وَ جَعَلَ اللَّيْلَ سَكَنًا وَ الشَّمْسِ وَالْقَمَرِ حُسْبَانًا ذَلِكَ تَقْدِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ﴿١٧﴾

وَ هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ النَّجُومَ لِتَهْتَدُوا بِهَا فِي ظُلُمَاتِ الْبَرِّ وَ الْبَحْرِ قَدْ فَصَّلْنَا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿١٨﴾

وَ هُوَ الَّذِي أَنْشَأَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ فَمُسْتَقَرٌّ وَ مُسْتَوْدَعٌ قَدْ فَصَّلْنَا الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَفْقَهُونَ ﴿١٩﴾

100. Era Ye y'Oyo assa amazzi okuva mu bire, kale netugamezesa *ebimera* ebya buli ngeri, olwo netuggya mu go *ebimera* ebya kiragala bye tuggyamu empeke eziberekaganye. Ne mu mitende, mu ng'o za gyo *tuggyamu* ebirimba ebirebetera okumpi. Ne mu nsuku z'emizabibu n'emizayituuni n'enkomamawanga *tukolamu* ebifaanana n'ebitafaanana. Kale mutunuleeko eri ebibala bya byo awo nga bibaze, ne mu kwengera kwa byo. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

وَهُوَ الَّذِي أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَخَرَجْنَا بِهِ نَبَاتٍ كَلِّلَ شَيْءٍ فَأَخْرَجْنَا مِنْهُ خَضِرًا نُخْرِجُ مِنْهُ حَبًّا مُتَرَاكِبًا وَمِنَ النَّخْلِ مِن طَلْحِهَا قَنَوَانٌ دَانِيَةٌ وَجَعَلْنَا مِنَ الْأَعْنَابِ وَالرَّيْتُونَ وَالزَّمْكَانَ مُشْتَبِهًا وَغَيْرَ مُتَشَابِهٍ ۗ نَظَرُوا إِلَى ثَمَرِهِ إِذَا أَثْمَرَ وَيَنْعِهِ ۗ إِنَّ فِي ذَٰلِكُمْ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿١٠٠﴾

101. Era baddira Amajinni nebagafuula agenkana ne Allah, so nga Ye y'eyagatonda; era bamupaatikako n'abaana abalenzi n'abawala awatali bumanyi bwonna. Obutuukirivu bubwe era ali waggulu nnyo n'ebyo bye boogera.

وَجَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ الْجِنَّ وَخَلَقَهُمْ وَخَرَقُوا لَهُ بَنِينَ وَبَنَاتٍ بِغَيْرِ عِلْمٍ ۗ سُبْحٰنَہٗ وَتَعَالٰی عَمَّا يُصِفُونَ ﴿١٠١﴾

Ruku 13

102. Ye Mutandisi w'eggulu n'ensi! Abaffe, abeera atya n'omwana ate nga talina mukazi, ate nga y'eyatonda buli kimu era nga ye Mumanyi wa buli kimu?

بَدِيعُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ ۗ اَنۡتَ يَكُوْنُ لَهُ وَاكۡدٌ وَّلَمْ تَكُنْ لَهُ صَاحِبَةً ۗ وَخَلَقَ كُلَّ شَيْءٍ ۗ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيْمٌ ﴿١٠٢﴾

103. Oyo nno ye Allah, Mukama wammwe. Teri Musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka, Omutonzi wa buli kimu; kale gwe muba musinza. Era Ye, ye mulabirizi wa buli kimu.

ذٰلِكُمُ اللّٰهُ رَبُّكُمْ ۗ لَاۤ اِلٰهَ اِلَّا هُوَ ۗ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ ۗ قَاعِبُدُوْهُ ۗ وَهُوَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ وَّكِيْلٌ ﴿١٠٣﴾

104. Amaaso tegamutuukako so nga Ye atuuka ku maaso. Era Ye, ye Mwekusifu ennyo, Ategeera byonna.

لَا تَدْرِيْكَ الْاَبۡصَارُ ۗ وَهُوَ يُدۡرِكُ الْاَبۡصَارَ ۗ وَهُوَ اللّٰطِيْفُ الْخَبِيْرُ ﴿١٠٤﴾

105. Mazima mumaze okutuukibwako obukakafu obuva eri Mukama wammwe; kale oyo aneetegezeza, kinaagasa ye yennyini; n'oyo aneefuula atalaba, y'anefiiriza. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

قَدۡ جَآءَ كُمۡ بَصٰرٌ مِّنۡ رَبِّكُمْ ۗ فَمَنۡ اَبۡصَرَ فَلِنَفْسِهٖ ۗ وَ مَنۡ عَمِيَٰ فَعَلَيْهَا ۗ وَ مَاۤ اَنَا عَلَيۡكُمْ بِحَفِيۡظٍ ﴿١٠٥﴾

106. Era bwe kityo tukuusakyuusa Aya *balyooke bategeere* era *balyooke bagambe* nti: Wasoma bulungi; era tulyooke tuzinnyonnyole eri abantu abategeera.

وَ كَذٰلِكَ نُنۡصِرُ الْاٰلِيۡتِ وَيَقُوۡلُوۡا دَرَسْتَ ۗ وَلِنُبَيِّنَنَّ لِقَوْمٍ يُعۡلَمُوۡنَ ﴿١٠٦﴾

107. Kale *gwe* goberera ebyo ebyakubikkulirwa okuva eri Mukama wo. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka; era wesammule abenkanya Allah n'ebirala.

اَتَّبِعِ مَاۤ اُوْحِيَۤ اِلَيْكَ مِنۡ رَبِّكَ ۗ لَاۤ اِلٰهَ اِلَّا هُوَ ۗ وَاعۡرِضۡ عَنِ الْمُشۡرِكِيۡنَ ﴿١٠٧﴾

108. Era singa Allah yayagala *kukaka*, tebaalimwenkanyizza na kyonna. Era tetukufuulanga mukuumi ku bo era toli mulabirizi ku bo.

وَ لَوْ شَاءَ اللّٰهُ مَاۤ اَشۡرَكُوۡا ۗ وَ مَاۤ جَعَلۡنَاكَ عَلَيْهِمۡ حَفِيۡظًا ۗ وَ مَاۤ اَنْتَ عَلَيْهِمۡ بِوَكِيۡلٍ ﴿١٠٨﴾

109. Era temuvumanga ebyo bye bala-
ajanira ebbali wa Allah, si kulwa nga nabo
bavuma Allah olw'obulabe mu butamanya.
Bwe kityo twalungiyiza buli bantu ebikolwa
byabwe. N'oluvannyuma eri Mukama
waabwe y'eri obuddo bwabwe; kale
alibategeeza ebyo bye baakolanga.

وَلَا تَسُبُّوا الَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ دُونِ
اللَّهِ فَيَسُبُّوا اللَّهَ عَدْوًا بِغَيْرِ عِلْمٍ
كَذَلِكَ زَيَّنَّا لِكُلِّ أُمَّةٍ عَمَلَهُمْ ثُمَّ إِلَىٰ
رَبِّهِمْ مَرْجِعُهُمْ فَيُنَبِّئُهُمْ بِمَا كَانُوا
يَعْمَلُونَ ﴿١٠٩﴾

110. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe
okw'okwekaza, nti: Bwe banaatuukibwako
akabonero, ddala baja kukakkiriza. Gamba
nti: Ddala obubonero buli eri Allah. Naye
kiki ekinabamanyisa nti bwe bunajja,
tebagenda kukkiriza?

وَأَقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ
لَئِنْ جَاءَتْهُمْ آيَةٌ لَيُؤْمِنُنَّ بِهَا قُلُوبًا
لَئِنَّمَا الْأَيَاتُ عِنْدَ اللَّهِ وَمَا يُشْعِرُكُمْ
أَنَّهَا إِذَا جَاءَتْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١١٠﴾

111. Era tujja kukuusa emitima gyabwe
n'amaaso gaabwe *bibeere* nga bwe byali
omulundi omuboneberye bwe baagaana
okukkiriza obubonero bwaffe, era tubaleke
mu kubula kwabwe nga bawunaawuna.

وَنُقَلِّبُ أَفْعَادَهُمْ وَأَبْصَارَهُمْ كَمَا
لَمْ يُؤْمِنُوا بِهِ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَنَذَرُهُمْ
فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١١١﴾

Ruku 14
Juzu 8

112. Era ne bwe twalibassirizza ba malayika,
n'abafu neboogera nabo era netubakung'a-
anyiriza buli kimu obuling'aana, era
tebaalikkirizza, okuggyako nga Allah
y'ayagadde. Naye abasinga obungi mu bo
bali mu butamanya.

وَلَوْ أَنَّمَا تَرَكْنَا لِيَهُمُ الْمَلَائِكَةُ وَ
كَلِمَتُهُمُ الْمَوْثِقُ وَحَشَرْنَا عَلَيْهِمْ كُلَّ
شَيْءٍ قَبْلًا مَا كَانُوا لِلْيُؤْمِنُوا إِلَّا أَنْ
يَشَاءَ اللَّهُ وَلَكِنْ أَكْثَرُهُمْ
يَجْهَلُونَ ﴿١١٢﴾

113. Era bwe kityo buli Nabbi twamute-
rawo omulabe okuva mu bantu abajeemu
n'Amajinni. Babuuliragana bokka na bokka
mu njogera ey'okwegulika olw'okubuzaabu-
za. Era singa Mukama wo yasalawo, tebaaliki-
koze; kale ggwe baleke n'ebyo bye
bajingajinga —

وَكَذَلِكَ جَعَلْنَا لِكُلِّ نَبِيٍّ عَدُوًّا
شَيْطَانِينَ الْإِنْسِ وَالْجِنِّ يُوحِي
بَعْضُهُمْ إِلَىٰ بَعْضٍ زُخْرُفَ الْقَوْلِ
غُرُورًا وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ مَا فَعَلُوهُ
قَدْ زُهِمَ وَمَا يَفْتَرُونَ ﴿١١٣﴾

114. Olwo emitima gy'abo abatakkiriza
nkomerero giryooke giwugukire gye biri
era balyooke babisanyukire; olwo balyooke
beeyongere okukola ebyo bye bakola.

وَلِتَضَعِيَ لِأَيْدِيهِمْ آفِعَةً مِنَ الَّذِينَ لَا
يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ وَلِيَرْضَوْهُ وَ
لِيَقْتَرِفُوا مَا هُمْ مُّقْتَرِفُونَ ﴿١١٤﴾

115. Abaffe, atali Allah gwemba nfuula
omulamuzi, ng'ate Ye y'eyassa gye muli
Ekitabo ekinnyonyola akaati? Era abo be
twawa Ekitabo bamanyi nti kyo kyassibwa
okuva eri Mukama wo n'amazima; kale
tobera mw'abo ababuusabuusa.

أَفَعَيَّرَ اللَّهُ أَبْتِغِي حَكْمًا وَهُوَ
الَّذِي أَنْزَلَ إِلَيْكُمْ الْكِتَابَ
مُفَصَّلًا وَالَّذِينَ آمَنُوا بِالْكِتَابِ
يَعْلَمُونَ أَنَّهُ مُنَزَّلٌ مِنْ رَبِّكَ

يَا حَقِّقِ فَلَا تَكُونَنَّ مِنَ
الْمُضْتَرِّينَ ﴿١١٥﴾

116. Era ekigambo kya Mukama wo kituukiridde mu mazima ne mu bwenkanya. Tewali ayinza kukuyuusa kigambo kye; era y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

وَتَمَّتْ كَلِمَتُ رَبِّكَ صِدْقًا وَعَدْلًا
لَا مُبَدِّلَ لِكَلِمَتِهِ ۗ وَهُوَ السَّمِيعُ
الْعَلِيمُ ﴿١١٦﴾

117. Era bw'ogoberera abasinga obungi mu nsi, bakubuza ku kkubo lya Allah. Tebalina kye bagoberera okuggyako okuteebeeka, era ddala tebalina kirala wabula bateebereza buteebereza.*

وَأَن تَطْعَمَ أَكْثَرُ مَنْ فِي الْأَرْضِ يُضِلُّوكَ
عَن سَبِيلِ اللَّهِ ۗ إِن يَتَّبِعُونَ إِلَّا
الظَّنَّ ۗ وَأَن هُمْ لَا يَخْرُصُونَ ﴿١١٧﴾

118. Mazima Mukama wo Ye y'asinga okumanya oyo awabye ku kkubo lye era y'asinga okumanya abalung'amu.

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ مَن يَضِلُّ عَن
سَبِيلِهِ ۗ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ﴿١١٨﴾

119. Kale mulyenga kw'ebyo ebiraamiriziddwako elinnya lya Allah, bwe muba nga mukkiriza obubonero bwe.

فَكُلُوا مِنَّمَا ذَكَرَ اسْمُ اللَّهِ عَلَيْهِ ۗ إِن
كُنْتُمْ بِآيَاتِهِ مُؤْمِنِينَ ﴿١١٩﴾

120. Ye mubadde ki obutalya ebyo ebiraamiriziddwako elinnya lya Allah, ate nga yamala okubannyonnyola kaati ebyo bye yabawera — okuggyako ebyo bye muwaliriziddwako? Era ddala bangi babuza abalala olw'okwagala kwabwe awatali bumanyi. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya abasukka ekigero.

وَمَا لَكُمْ أَلَّا تَأْكُلُوا مِنَّمَا ذَكَرَ اسْمُ
اللَّهِ عَلَيْهِ وَقَدْ فَصَّلَ لَكُمْ مَا حَرَّمَ
عَلَيْكُمْ إِلَّا مَا اضْطُرِرْتُمْ إِلَيْهِ ۗ وَأَن
كَثِيرًا لَّا يُضِلُّونَ بِأَهْوَاءِهِمْ بِغَيْرِ
عِلْمٍ ۗ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِالْمُعْتَدِينَ ﴿١٢٠﴾

121. Era muleke ebibi eby'olwaatu n'ebyenkiso mu byo. Mazima abo abakola ebibi, bagenda kususulwa olw'ebyo bye baafunanga.

وَذُرُوا ظَاهِرَ الْأَثَمِ وَبَاطِنَهُ ۗ إِنَّ
الَّذِينَ يَكْسِبُونَ الْأَثَمَ سَيَجْرُونَ
بِمَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿١٢١﴾

122. Era temulyanga ebyo ebitalaamiriziddwako linnya lya Allah, kuba ddala ebyo bya bujeemu. Era ddala abajeemu babuulirira mikwano gyabwe balyooke bawakane nammwe. Naye bwe munaabagondera, ddala nammwe mujja kufuuka abenkanya Allah n'ebirala.

وَلَا تَأْكُلُوا مِنَّمَا لَمْ يُذَكَرْ اسْمُ اللَّهِ
عَلَيْهِ وَرَأَيْتَ لِفَسْقِهِ ۗ وَإِنَّ الشَّيْطَانَ
لِئُوْحُونَ إِلَىٰ أَوْلِيَٰهِهِمْ لِيَجْأِدُوا لَهُمْ
ۗ وَإِنِ اطَّعْتُمْهُمْ إِنَّكُمْ لَمَشْرُكُونَ ﴿١٢٢﴾

Ruku 15

123. Abaffe, oyo eyali omufu netumuzuukiza era netumuteekerawo ekitangaala ky'atambula nakyo mu bantu, afaanana n'oyo ali mu kizikiza atalikivaamu? Bwe kityo nno byalungiyizibwa eri abatakkiriza ebyo bye bakola.

أَوْ مَن كَانَ مِثْلًا قَاحِيَيْنَهُ وَجَعَلْنَا لَهُ
نُورًا يَمْشِي بِهِ فِي النَّاسِ كَمَن مَّثَلَهُ
فِي الظُّلُمَاتِ لَيْسَ بِخَارِجٍ مِّنْهَا ۗ
كَذَلِكَ زُيِّنَ لِلْكَافِرِينَ مَا كَانُوا
يَعْمَلُونَ ﴿١٢٣﴾

6:117. 'Yakhrusuun' (يَخْرُصُونَ) kirina amakulu magazi. Kiyinza okutegeeza okuteebereza, okujingirira oba okwefuula amanyi ennyo ebija mu maaso oba okulagula.

124. Era bwe tutyo twaleka mu buli kibuga balukulwe b'aboononefu ba kyo, balyooke basale enkwe mu kyo *okulemesa amazima*; naye tebalina gwe basalira nkwe okuggyako bo bennyini, naye tebategera.*

وَكَذَلِكَ جَعَلْنَا فِي كُلِّ قَرْيَةٍ أَكْبَرًا مَّجْرُمِينَ لِيَمْلِكُوا فِيهَا مَا يَمْكُرُونَ إِلَّا بِأَنْفُسِهِمْ وَمَا يَشْعُرُونَ ﴿١٢٤﴾

125. Era bwe batuukibwako akabonero, bagamba nti: Tetujja kukkiriza okutuusa naffe lwe tunaaweebwa ebifaanana n'ebyo ebyaaweebwa Ababaka ba Allah. Allah y'amanyi obulungi w'asaana okussa obubaka bwe. Mangu nnyo, abo aboononyi bajja kutuukibwako obunyoomoofu obuva eri Allah n'ekibonezo eky'amanyi olw'enkwe ze baasalanga.

وَإِذَا جَاءَتْهُمْ آيَةٌ قَالُوا لَنْ نُؤْمِنَ حَتَّى نُؤْتَىٰ مِثْلَ مَا أُوتِيَ رُسُلَ اللَّهِ ۗ اللَّهُ أَعْلَمُ حَيْثُ يَجْعَلُ رِسَالَتَهُ ۗ سَيُصِيبُ الَّذِينَ أَجْرَمُوا صَغَارٌ عِنْدَ اللَّهِ وَعَذَابٌ شَدِيدٌ ۖ إِنَّمَا كَانُوا يَمْكُرُونَ ﴿١٢٥﴾

قَالَ قَائِلًا

126. Kale oyo Allah gw'aba ayagala okulung'anya, ayanjululiza omutima* gwe eri Obusiraamu; n'oyo gw'ayagala okusalira nti awabye, afuula omutima gwe okuba omufunda, n'aba ng'awalampa obugulumivu. Bw'atyo Allah bw'ateeka ekibonerezo kw'abo abeerema.

فَمَنْ يُرِدِ اللَّهُ أَنْ يَهْدِيَهُ يَشْرَحْ صَدْرَهُ لِإِسْلَامِهِ ۖ وَمَنْ يُرِدْ أَنْ يَضَلَّهُ يَجْعَلْ صَدْرَهُ ضَيِّقًا حَرَجًا ۖ كَمَا تَبَصَّرَ فِي السَّمَاءِ ۗ كَذَلِكَ يَجْعَلُ اللَّهُ الرِّجْسَ عَلَى الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٢٦﴾

127. Era lino ly'ekkubo lya Mukama wo eggolokofu. Mazima tuttottode obubonero eri abantu abafumiitiriza.

وَهَذَا صِرَاطٌ رَبِّكَ مُسْتَقِيمًا ۖ قَدْ قَضَلْنَا الْأَيْتَ لِقَوْمٍ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٢٧﴾

128. Balifuna amaka ag'emirembe eri Mukama waabwe, anti Ye ye mukwano gwabwe, olw'ebyo bye baakolanga.

لَهُمْ دَارُ السَّلَامِ عِنْدَ رَبِّهِمْ وَهُوَ وَلِيُّهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٢٨﴾

129. Era olunaku lw'alibakung'aanya bonna, *aligamba nti*: Abange mmwe ekibiina ky'Amajinni, mazima mwatwala bangi nnyo mu bantu. Era mikwano gyabwe abaali mu bantu baligamba nti: Mukama waffe, twagasang'ananga fekka na fekka; naye *kati* tutuuse ku ntuuko yaffe gye watugerekera. Aligamba nti: Omuliro ge maka gammwe, omwo mwe munaabeera, okuggyako ekyo Allah ky'anaaba ayagadde. Mazima Mukama wo ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

وَيَوْمَ يَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا لِمَعْشَرِ الْجِنِّ قَدِ اسْتَكْبَرْتُمْ مِنَ الْإِنسِ ۗ وَقَالَ أَوْلِيُوهُمْ مِنَ الْإِنسِ رَبَّنَا اسْتَمْتَعَ بَعْضُنَا بِبَعْضٍ وَبَلَغْنَا أَجَلَنَا الَّذِي أَجَلْتِ لَنَا ۗ قَالَ النَّارُ مَثْوَاكُمْ خَلِيدِينَ ۖ فِيهَا إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ ۗ إِنَّ رَبَّكَ حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿١٢٩﴾

130. Era bwe kityo, aboononyi abamu tubakwanaganya n'abalala olw'ebyo bye bakola.

وَكَذَلِكَ نُؤَيِّي بَعْضَ الظَّالِمِينَ بَعْضًا بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٣٠﴾

6:124. Ebigambo 'Akaabira mujrimiihaa' (أَكْبَرًا مَّجْرُمِينَ) bitegeeza balukulwe b'aboononyi ababa mu kibuga. Amakulu gano gazingiramu abakulembeze b'abantu abakyaamu mu kitundu awamu n'abo abasukka abalala bonna mu kukola ebikolobero.

6:126. Ekigambo 'swadru' (صَدْرًا) kiwa n'amakulu ag'omutima Soma: Al- Munjid.

Ruku 16

131. Abange mmwe ekibiina ky'Amajinni n'abantu, abaffe temwatuukwako Babaka nga bava mu mmwe okubasomera Aya zange n'okubalabula ku nsisinkano y'olunaku lwammwe luno? Baligamba nti: Twewaako fekka obujulizi. Naye obulamu bw'ensi bwababuzaabuza. Era balyewaako bokka obujulizi nti ddala baali batakkiriza.

132. Bwe kityo nno, Mukama wo teyaalizi-kirizza kibuga kyonna mu bukyaaamu nga abakibeeramu tebalina kye bategedde.

133. Era buli bamu balina eddaala olw'ebyo bye baba bakoze. Era Mukama wo si mugayaalirivu kw'ebyo bye bakola.

134. Era Mukama wo y'Eyeemala, Nannyini kusaasira. Bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo, n'oluvannyuma lwammwe n'abasikiza abalala b'aba ayagadde, okufaanana nga mmwe bwe yabasibula mu zzadde ly'abantu abalala.

135. Mazima ebyo bye musuubizibwa ddala bya kutuukirira, era mmwe temuyinza kubifufuggaza.

136. Gamba nti: Abange, mukole kyonna kye musobola, nange nkole. Kale mujja kumanya ani aliba n'amaka g'enkomerero. Mazima aboononyi si ba kuganyulwa.

137. Era bateerawo Allah omutemwa mu bisimbe n'ebisolo Ye bye yatonda, nga bagamba mu kwogera kwabwe nti: Bino bya Allah, ate bino bya bakatonda baffe. Kyokka ebiba ebya bakatonda baabwe, byo tebituuka eri Allah; naye ate ebya Allah by'ebituuka eri bakatonda baabwe! Okusalawo kwabwe kubi nnyo.

138. Era bwe kityo bakatonda baabwe baalungiyiza abasinga obungi mw'abo abenkanya Allah n'ebirala okutta abaana baabwe balyooke babazikirize era babatabuliretabulire eddiini yaabwe. Naye singa Allah yasalawo, tebandikikoze; kale ggwe baleke n'ebyo bye bajingajinga.

يَمْعَشَرُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ أَلَمْ يَأْتِكُمْ
رُسُلٌ مِّنْكُمْ يَقُصُّونَ عَلَيْكُمْ آيَاتِي وَ
يُنذِرُونَكُمْ لِقَاءَ يَوْمِكُمْ هَذَا قَالُوا
شَهِدْنَا عَلَىٰ أَنفُسِنَا وَعَرَّثَهُمُ الْحَيَاةُ
الدُّنْيَا وَشَهِدُوا عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ أَنَّهُمْ
كَافِرِينَ ﴿١٣١﴾

ذَلِكَ أَنْ لَّمْ يَكُنْ دَبُّكَ مُهْلِكَ
الْقُرَىٰ يَظْلِمُونَ أَهْلَهَا غَفَلُونَ ﴿١٣٢﴾
وَلِكُلِّ دَرَجَةٍ مِّمَّا عَمِلُوا وَ مَا
دَبُّكَ يَغْفِرُ لِمَا يَعْْمَلُونَ ﴿١٣٣﴾
وَرَبُّكَ الْغَنِيُّ ذُو الرَّحْمَةِ إِنْ يَشَأْ
يُدْهِبْكُمْ وَيَسْتَخْلِفْ مِنْ بَعْدِكُمْ
مَا يَشَاءُ كَمَا أَنشَأَكُمْ مِنْ دُرِّيَّةٍ
قَوْمٍ آخَرِينَ ﴿١٣٤﴾

إِنَّ مَا تُوَعَّدُونَ لَا تِيبٌ وَمَا أَنْتُمْ
بِمُعْجِزِينَ ﴿١٣٥﴾

قُلْ يَقَوْمِ اعْمَلُوا عَلَىٰ مَكَانَتِكُمْ إِنِّي
عَامِلٌ فَسَوْفَ تَعْلَمُونَ «مَنْ تَكُونُ لَهُ
عَاقِبَةُ الدَّارِ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ الظَّالِمُونَ ﴿١٣٦﴾
وَجَعَلُوا لِلَّهِ مِمَّا ذَرَأَ مِنَ الْحَرْثِ وَ
الْأَنْعَامِ نَصِيبًا فَقَالُوا هَذَا لِلَّهِ
بِزَعْمِهِمْ وَهَذَا لِشُرَكَائِنَا فَمَا كَانَ
لِشُرَكَائِهِمْ فَلَا يَصِلُ إِلَى اللَّهِ وَ مَا كَانَ
لِللَّهِ فَهُوَ يَصِلُ إِلَىٰ شُرَكَائِهِمْ سَاءَ مَا
يَحْكُمُونَ ﴿١٣٧﴾

وَكَذَلِكَ زَيَّنَ لِكَثِيرٍ مِنَ الْمُشْرِكِينَ
قَتْلَ أَوْلَادِهِمْ شُرَكَاءُ هُمْ لِيُذْذَوْهُمْ
وَلِيَلْبِسُوا عَلَيْهِمْ دِينَهُمْ وَ لَوْ شَاءَ
اللَّهُ مَا فَعَلُوهُ فَذَرْهُمْ وَ مَا
يَفْتَرُونَ ﴿١٣٨﴾

139. Era bagamba mu kwogera kwabwe nti: Ebisolo n'ebisimbe bino byawerebwa, tebiribwako okuggyako oyo gwe tuba twagadde—era nti n'ebisolo ebimu emigongo gya byo gyaziyizibwa *okwebagalwako*, n'ebisolo ebirala — olw'okumukonjera — tebabiraamirizaako linnya lya Allah. Kale ajja kubasasula olw'ebyo bye bakonjera.

وَقَالُوا هَذِهِ آتَعَامٌ وَحَزَّتْ حَجْرُهُ لَا يَطْعَمَهَا إِلَّا مَنْ نَشَاءُ بِرَعْمِهِمْ وَأَعَامٌ حُرِّمَتْ ظُهُورُهَا وَأَعَامٌ لَا يَذْكُرُونَ اسْمَ اللَّهِ عَلَيْهَا افْتِرَاءٌ عَلَيْهِمْ سَيَجْزِيهِمْ بِمَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿١٣٩﴾

140. Era bagamba nti: Ebyo ebiri mu mbuto z'ebisolo bino bya basajja baffe bokka era byawerebwa eri abakazi baffe. Naye bwe kiba nga kifu, olwo bonna beegatta wamu ku kyo. Ddala *Allah* ajja kubasasula olw'enjogera yaabwe. Mazima Ye ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

وَقَالُوا مَا فِي بُطُونِ هَذِهِ الْأَنْعَامِ خَالِصَةٌ لِلَّذِينَ كَفَرْنَا وَمُحَرَّمَ عَلَى أَزْوَاجِنَا وَإِنْ يَكُن مَيْتَةً فَهُمْ فِيهِ شُرَكَاءُ سَيَجْزِيهِمْ وَصَفَّهُمْ إِنَّهُ حَكِيمٌ عَلِيمٌ ﴿١٤٠﴾

141. Mazima bamaze okufiirwa abo abatta abaana baabwe olw'obusiru mu butamanya, era nebaziza n'ebyo Allah bye yabagabula, olw'okukonjera Allah. Mazima baabula era tebaali balung'amu.

قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ قَتَلُوا أَوْلَادَهُمْ سَفَهًا بِغَيْرِ عِلْمٍ وَحَرَّمُوا مَا رَزَقَهُمُ اللَّهُ افْتِرَاءً عَلَى اللَّهِ قَدْ ضَلُّوا وَمَا لَكُمْ أَنْ تَكُونُوا مُهْتَدِينَ ﴿١٤١﴾

Ruku 17

142. Era Ye y'Oyo eyatonda ennimiro z'*ebibala* ebirandizibwa ku butandaalo n'ebitalandizibwa ku butandaalo, n'emite nde n'ebisimbe eby'empooma ezitali zimu, n'emizayituuni, n'enkomamawanga; ebifaanana n'ebitafaanana. Mulye ku bibala bya byo awo nga bibaze era mutoolenga omutemwa gwe (*Allah*) omutuufu ku lunaku lw'okukungula kwa byo, naye temudiibudanga. Mazima Ye tayagala badiibuuzi.

وَهُوَ الَّذِي أَنْشَأَ جَنَّاتٍ مَعْرُوشَاتٍ وَغَيْرِ مَعْرُوشَاتٍ وَالنَّخْلَ وَالزَّرْعَ مُخْتَلِفًا أَكْثُلُهُ وَالزَّيْتُونَ وَالرُّمَّانَ مُتَشَابِهًا وَغَيْرَ مُتَشَابِهٍ كُلُوا مِنْ ثَمَرِهِ إِذَا أَثْمَرَ وَآتُوا حَقَّهُ يَوْمَ حَصَادِهِ وَلَا تُسْرِفُوا إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْمُسْرِفِينَ ﴿١٤٢﴾

143. Era mu bisolo mulimu ebyetisi n'ebitono. Mulye kw'ebyo Allah bye yabagabula, naye temugobereranga buwufu bwa Sitaani. Mazima ye mulabe wa lwaatu gye muli.

وَمِنَ الْأَنْعَامِ حَمُولَةٌ وَفَرَسَاتٌ كُلُوا مِنْهَا ذَرَقَكُمْ اللَّهُ وَلَا تَتَّبِعُوا خُطُوتَ الشَّيْطَانِ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُبِينٌ ﴿١٤٣﴾

144. Y'eyatonda *ebisolo* omunaana nga bibiri bibiri *ekisajja n'ekikazi*, ebiri nga ndiga n'ebiri nga mbuzi. Gamba nti: Abaffe, ennume ebiri zeyawera oba enkazi ebiri oba ebyo ebiri mu nnabaana w'enkazi zombi? Muntegeeze n'obumanyi, obanga *ddala* mwogera mazima.

ثَمَنِيَّةٌ أَزْوَاجٌ مِنَ الصَّائِغَاتَيْنِ وَمِنَ الْمَعْرُوثَيْنِ قُلْ أَلَّذِكْرَيْنِ حَرَّمَ أَمِ الْأُنثَيَيْنِ أَمَّا اشْتَمَلَتْ عَلَيْهِ أَرْحَامُ الْأُنثَيَيْنِ لَا تَسْئَلُونِي بِعِلْمٍ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٤٤﴾

145. Era *Ye y'eyatonda* n'ebbiri okuva mu ng'amira, n'ebbiri okuva mu nte. Gamba nti: Abaffe, ennume ebbiri zeyawera oba enkazi ebbiri oba ebyo ebiri mu nnabaana w'enkazi zombi? Nandiki, mwaliwo nga Allah abakuutira ku bino? Abaffe, ani asinga obwonoonefu kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba alyooke awabye abantu awatali bumanyi? Mazima Allah talung'anya bantu bakozi ba bibi.

Ruku 18

146. Gamba nti: Nze sisanga mw'ebyo eby'ambikkulirwa ekyawerebwa eri omuli okukirya okuggyako nga kibadde kalannamy'e, oba omusaayi ogutiirisiddwa, oba ennyama y'embizzi — kuba ddala ebyo *byo* byenyinyalwa — oba eky'obujeemu ekiraamiriziddwako elinnya ly'atali Allah. Naye oyo awalirizibwa nga si mujeemu ate nga tasusse kigero, kale ddala Mukama wo ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.*

147. Era n'eri abo Abayudaaya twabawera buli *kisolo* ekirina enjala; ne mu nte ne *mu* ndiga twabawera amasavu ga byo byombi, okuggyako ago agali ku migongo gya byo byombi oba eby'enda oba agegasse awamu n'amagumba. Ebyo twabibasasula lwa bujeemu bwabwe. Era ddala tuli ba mazima.

148. Naye bwe bakulimbisanga, gamba nti: Mukama wammwe ye Nannyini kusaasira okwabuna wonna, era ekibonerezo kye tekizzikayo okuva ku bantu aboonoonyi.

149. Abo abenkanya Allah n'ebirala bajja kugamba nti: Singa Allah yayagala, ffe tetwalimwenkanyizza na birala wadde bakitaffe, era tetwaliweze kintu kyonna. Bwe batyo n'abaasooka bwe baalimbisa *obubaka*, okutuusa lwe baaloza ku kibonerezo kyaffe. Gamba nti: Abaffe, mulinayo okumanya kwonna mukutuggyireyo? Temulina kye mugoberera okuggyako okuteebereza. Era temulina kirala wabula muteebeeka buteebeesi.

وَمِنَ الْأَيْدِ اثْنَيْنِ وَمِنَ الْبَقَرِ
 اثْنَيْنِ ۚ قُلْ آلذَّكَرَيْنِ حَرَّمَ أَمِ
 الْأُنثَيَيْنِ أَمْ أَشْتَمَلْتُ عَلَيْهِمْ
 أَرَحَامُ الْأُنثَيَيْنِ ۚ أَمْ كُنْتُمْ شُهَدَاءَ إِذْ
 وَضَعَكُمُ اللَّهُ فِي بَطْنِ أُمِّكُمْ
 إِذْ تُخْرِجُهُنَّ مِنَ بُطْنِ أُمَّهُنَّ
 أَمْ كُنْتُمْ شَاهِدَةً يَوْمَ يُنْفَخُ
 الْعَصَافُ ۚ إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ
 الظَّالِمِينَ ﴿١٤٥﴾

قُلْ لَا أجد فِي مَا أُوحِيَ إِلَيَّ مَحْرَمًا عَلَى
 طَاعِمٍ يَطْعَمُهُ إِلَّا أَنْ يَكُونَ مِمَّنَّهٗ
 أَوْ دَمًا مَّسْفُوحًا أَوْ لَحْمَ خِنْزِيرٍ فَإِنَّهُ
 رِجْسٌ أَوْ فِسْقًا أُهِلَّ لِغَيْرِ اللَّهِ بِهِ ۚ
 فَمَنِ اضْطُرَّ غَيْرَ بَاغٍ وَلَا عَادٍ فَإِنَّ
 رَبَّكَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٤٦﴾

وَعَلَى الَّذِينَ هَادُوا حَرَّمْنَا كُلَّ ذِي
 ظُفْرٍ ۚ وَمِنَ الْبَقَرِ وَالْغَنَمِ حَرَّمْنَا عَلَيْهِمْ
 شُحُومَهُمَا إِلَّا مَا حَمَلَتْ ظُهُورُهُمَا
 أَوِ الْحَوَايَا أَوْ مَا اخْتَلَطَ بِعَظْمِهِمْ
 ذَلِكُمْ جَزَيْنَهُمْ بِبَعْثِِهِمُ وَإِنَّا لَصَدُوقُونَ ﴿١٤٧﴾
 فَإِنْ كَذَّبُوكَ فَقُلْ رَبُّكُمْ ذُو رَحْمَةٍ
 وَاسِعَةٍ ۚ وَلَا يُرَدُّ بَأْسَهُ عَنِ الْقَوْمِ
 الْمُجْرِمِينَ ﴿١٤٨﴾

سَيَقُولُ الَّذِينَ أَشْرَكُوا لَوْ شَاءَ اللَّهُ
 مَا أَشْرَكْنَا وَلَا آبَاؤُنَا وَلَا حَرَّمْنَا
 مِنْ شَيْءٍ ۚ كَذَلِكَ كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ
 قَبْلِهِمْ حَتَّىٰ ذَاقُوا بَأْسَنَا قُلْ هَلْ
 عِنْدَكُمْ مِنْ عِلْمٍ فَتُخْرِجُوهُ لَنَا ۚ لَنْ
 نَتَّبِعُكُمْ إِلَّا الظَّنَّ وَإِنْ أَنْتُمْ إِلَّا
 تُخْرِصُونَ ﴿١٤٩﴾

6:146. Wano ekigambo 'Idhturra' (إِضْطُرَّ) kitegeeza eddaala elisemberayo ddala mu kugumira enjala olw'okubulwa ekiriibwa ekirala kyonna nga ekisigalidde kufa.

150. Gamba nti: Allah y'alina obujulizi obutuukana n'ensonga. Era singa yayagala kukaka, ddala mwenna yaalibalung'amizza.

151. Gamba nti: Kale muleete abajulizi bammwe abo abakasa nti ddala bino Allah y'eyabiwera. Kale bwe banaawa obujulizi, ggwe towa bujulizi awamu nabo era togoberera okwagala kw'abo abalimbisa obubonero bwaffe n'abo abatakiriza nkomerero era abenkanya Mukama waabwe n'ebirala.

Ruku 19

152. Gamba nti: Mujje mbasomere ebyo Mukama wammwe bye yabawera. *Yagamba* nti: Temumwengkanyankanyanga n'ekintu kyonna, n'abazadde bombiriri mubayisenga bulungi, era nti temuttanga baana bammwe olw'obwavu, mmwe Ffe tubagabula era nabo, era temusembereranga ebyambyoone, eby'olwaatu mu byo n'ebyenkiso; era temuttanga omwoyo ogwo Allah gwe yaziyiza *okutta*, wabula mu butongole. Ebyo nno by'abakuutirako, mulyooke mukozese amagezi.

153. Era temusembereranga bintu bya mulekwa, wabula mu ngeri esinga obulungi, okutuusa lw'atuuka mu buvubuka bwe. Era mutuukirizenga ekipimo ne minzaani mu bwenkanya. Tetuzitoowereza muntu wabula nga okusobola kwe bwe kuba. Era bwe mwogeranga, kale mubeerenga benkanya ne bwe kiba nga *kikwata* ku wuwo, era mutuukirizenga n'endagaano ya Allah. Ebyo nno by'abakuutiddeko, mulyooke mulabuke.

154. Era mazima ekkubo lyange lino ggolokofu. Kale lye muba mugoberera; naye temugobereranga makubo malala ne-gabaawukanya ku kkubo lye. Ebyo nno by'abakuutiddeko, mulyooke mwekuume.

155. N'oluvannyuma twawa Mūsa Ekitabo olw'okutuukiriza *ebyetaago by'oyo* akola ebirungi, n'okuttotola buli kimu, era nga bwe bulung'amu n'emikisa, balyooke

قُلْ قِيلَ لَهِ الْحُجَّةُ الْبَالِغَةُ ۖ فَلَوْ شَاءَ لَهَدَاكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿١٥٠﴾

قُلْ هَلْمْ شُهَدَاءَكُمُ الَّذِينَ يَشْهَدُونَ أَنَّ اللَّهَ حَرَّمَ هَذَا ۖ فَإِنْ شَهِدُوا فَلَا تَشْهَدُ مَعَهُمْ ۚ وَلَا تَتَّبِعِ أَهْوَاءَ الَّذِينَ كَذَبُوا بِآيَاتِنَا وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ وَهُمْ بِرَبِّهِمْ يَخِدُونَ ﴿١٥١﴾

قُلْ تَعَالَوْا آثِلْ مَا حَرَّمَ رَبِّي كُفْرًا عَلَيْكُمْ إِلَّا تَشْرِكُوا بِهِ شَيْئًا وَ بِالْوَالِدَيْنِ إِحْسَانًا ۖ وَلَا تَقْتُلُوا أَوْلَادَكُمْ مِنْ إِمْلَاقٍ ۚ نَحْنُ نَرِزُقُكُمْ وَ رَبَّآ هُمْ ۚ وَلَا تَقْرَبُوا الْفَوَاحِشَ مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَ مَا بَطَنَ ۚ وَلَا تَقْتُلُوا النَّفْسَ الَّتِي حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا بِالْحَقِّ ۚ ذَلِكُمْ وَضَعَتْكُمْ بِهِ لَعْنَتُهُ تَعْقِلُونَ ﴿١٥٢﴾

وَلَا تَقْرَبُوا مَالَ الْيَتِيمِ إِلَّا بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ حَتَّىٰ يَبْلُغَ أَشُدَّهُ ۚ وَأَوْفُوا الْكَيْلَ وَ الْمِيزَانَ بِالْقِسْطِ ۚ لَا تُكَلِّفُوا نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا ۚ وَإِذَا قُلْتُمْ قَاعُوا لَوْ أَوْكُنَّا ذَا قُرْبَىٰ ۚ وَ يَعْهَدُ اللَّهُ أَوْفُوا ذَلِكُمْ وَضَعَتْكُمْ بِهِ لَعْنَتُهُ تَذَكَّرُونَ ﴿١٥٣﴾

وَأَنَّ هَذَا صِرَاطِي مُسْتَقِيمًا فَاتَّبِعُوهُ ۚ وَلَا تَتَّبِعُوا السُّبُلَ فَتَفَرَّقَ بِكُمْ عَنْ سَبِيلِهِ ۚ ذَلِكُمْ وَضَعَتْكُمْ بِهِ لَعْنَتُهُ تَتَّقُونَ ﴿١٥٤﴾

ثُمَّ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ تَمَامًا عَلَى الَّذِي أَحْسَنَ وَ تَفْصِيلًا لِكُلِّ شَيْءٍ وَ هُدًى وَ رَحْمَةً لَعَلَّهُمْ بِلِقَاءِ رَبِّهِمْ

bakkirize ensisinkano ne Mukama waabwe

Ruku 20

156. Na kino ky'Ekitabo kye twassa nga kijjudde emikisa. Kale mukigoberere era mwewale *ebibi*, mulyooke musaasirwe;

157. *Twakissa* muleme kugamba nti: Ekitabo kyassibwa ku bibiina bibiri *byokka* olubereberye lwaffe, era ffe tetwamanya bye baasomanga;

158. Oba mugambe nti: Singa Ekitabo kyassibwa gye tuli, mazima twalibadde balung'amu okusinga ne ku bo. Kale nno mumaze okutuukibwako obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wammwe, n'obulung'amu n'okusaasira. Naye ani asinga obulyazaamaanyi kw'oyo alimbisa Aya za Allah n'azebengulako? Naye tujja kusasula abo abeebengula ku Aya zaffe ekibonerezo ekibi ennyo olw'okwebengula kwabwe.

159. Abaffe, balindayo ekirala okuggyako ba malayika okubatuukako oba Mukama wo okujja gye *bali* oba obubonero bwa Mukama wo obumu okutuuka? Naye olunaku obubonero bwa Mukama wo obumu lwe bulituuka, omuntu atakkiriza mu kusooka taligasibwa na kukkiriza kwe *mu kiseera ekyo*, oba okugasibwa ebirungi by'atakolera mu kukkiriza kwe *emabega*. Gamba nti: Kale mulinde, naffe tulinda.

160. Mazima abo abaayawulayawula mu ddiini yaabwe nebaba mu bubiinabiina, tolina kyonna ky'ovunanyizibwa ku bo. Mazima ensonga yaabwe eri eri Allah, n'oluvannyuma alibategeeza ebyo bye baakolanga.

161. Oyo alijja n'ekikolwa ekirungi, kale alifuna ebikyenkana emirundi kkumi; naye oyo alijja n'ekikolwa ekibi, talisasulwa wabula ekyenkanankana naky; era tebaliryazaamaanyizibwa.

162. Gamba nti: Mazima nze Mukama wange yannung'anya eri ekkubo eggolokofu — *ery* eddiini entuufu, eddiini ya Ibrahimi omwesimbu — era teyali mw'abo abenkanya Allah n'ebirala.

عُرْيُومُنُونَ ﴿١٥٦﴾

وَ هَذَا عَذَابٌ أَنزَلْنَاهُ مَبْرُكٌ
فَاتَّبِعُوهُ وَ اتَّقُوا عَذَابَكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿١٥٦﴾
أَن تَقُولُوا إِنَّمَا أُنزِلَ الْكِتَابُ عَلَيَّ طَائِفَتَيْنِ مِن قَبْلِنَا وَإِن كُنَّا عَن
دِرَاسَتِهِمْ لَغَافِلِينَ ﴿١٥٧﴾

أَوْ تَقُولُوا لَوْ أَنَّا أُنزِلَ عَلَيْنَا الْكِتَابُ
لَكُنَّا أَهْدَىٰ مِنْهُمْ ۖ فَقَدْ جَاءَكُمْ بَيِّنَةٌ
مِّن رَّبِّكُمْ وَ هُدًى وَ رَحْمَةٌ ۖ فَمَن
أَظْلَمُ مِمَّن كَذَّبَ بِآيَاتِ اللَّهِ وَ
صَدَفَ عَنهَا ۖ سَنَجْزِي الَّذِينَ
يَصْدِفُونَ عَن آيَاتِنَا سُوءَ الْعَذَابِ
بِمَا كَانُوا يَصْدِفُونَ ﴿١٥٨﴾

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَن تَأْتِيَهُمُ الْمَلَائِكَةُ
أَوْ يَأْتِي رَبُّكَ أَوْ يَأْتِي بَعْضُ آيَاتِ رَبِّكَ ۗ
يَوْمَ يَأْتِي بَعْضُ آيَاتِ رَبِّكَ لَا يَنْفَعُ
نَفْسًا إِيْمَانُهَا لَمْ تَكُنْ أَمِنَتْ مِن
قَبْلُ أَوْ كَسَبَتْ فِي إِيمَانِهَا خَيْرًا ۗ قُلِ
انْتظِرُوا إِنَّا مُنْتَظِرُونَ ﴿١٥٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ فَرَقُوا دِينَهُمْ وَ كَانُوا
شِيْعًا لَّسْتَ مِنْهُمْ فِي شَيْءٍ ۗ إِنَّمَا
أَمْرُهُمْ إِلَى اللَّهِ ثُمَّ يُنَبِّئُهُم بِمَا
كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿١٦٠﴾

مَن جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ عَشْرٌ أَمْثَلِهَا ۗ
وَ مَن جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَلَا يُجْزَىٰ إِلَّا
مِثْلُهَا وَ هُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿١٦١﴾

قُلِ إِنِّي هَدَيْتُ رَبِّي إِلَى صِرَاطٍ
مُّسْتَقِيمٍ ۖ دِينًا قِيَمًا مِّلَّةَ إِبْرَاهِيمَ
حَنِيفًا ۚ وَ مَا كَانَ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٦٢﴾

163. Gamba nti: Mazima essaala yange ne ssaddaaka yange n'obulamu bwange n'okufa kwange byonna biri ku lwa Allah, Omutonzi w'ebitonde byonna.

164. Talina gwe yankanankana naye. Era bwentyo bwe nnalagirwa, era nze mubereberye mw'abo abeewaayo.

165. Gamba nti: Abaffe, nnoonnyeyo omulala atali Allah okuba Mukama wange ng'ate Ye ye Mukama wa buli kimu? Era teri muntu akola kibi wabula kiba ku ye; n'omwetissi talyetikka buzito bwa mulala. N'oluvannyuma eri Mukama wammwe y'eri obuddo bwammwe, olwo alibategeeza ebyo bye mwali mutakkiriziganyamu.

166. Era Ye y'eyabafuula abasika b'abalala ku nsi era n'agulumiza abamu mu mmwe ku balala mu madaala, alyooke abagezese mw'ebyo bye yabawa. Mazima Mukama wo mwangu mu kubonereza, ate era ddala Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

قُلْ إِنَّ صَلَاتِي وَنُسُكِي وَمَحْيَايَ وَ
مَمَاتِي لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦٣﴾

لَا شَرِيكَ لَهُ ۚ وَبِذَلِكَ أُمِرْتُ وَأَنَا أَوَّلُ
الْمُسْلِمِينَ ﴿١٦٤﴾

قُلْ أَعْيَزَ اللَّهُ ابْنِي رَبًّا وَهُوَ رَبُّ كُلِّ
شَيْءٍ ۗ وَلَا تَكْسِبُ كُلُّ نَفْسٍ إِلَّا عَلَيْهَا ۗ
وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَى ۗ ثُمَّ إِلَىٰ
رَبِّكُم مَّرْجِعُكُمْ فَيُنَبِّئُكُم
بِمَا كُنتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿١٦٥﴾

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُم مَخْلِفَ الْأَرْضِ
وَرَقَعَ بَعْضُكُمْ فَوْقَ بَعْضٍ دَرَجَاتٍ
لِّيَبْلُوكُمْ فِي مَا آتَاكُمْ ۗ إِنَّ رَبَّكَ
سَرِيعُ الْعِقَابِ ۗ وَإِنَّهُ لَغَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٦٦﴾

AL-A‘RĀF

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Alif Lām Mīm Swād*.

الْمِص ②

3. Kino ky'Ekitabō ekyassibwa gy'oli— kale mu kifuba kyo temubeeramu okukeng'entererwa ku kyo — olyooke alabule nakyo abantu, era kwe kubuulirira eri abakkiriza.

كِتَابٍ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ فَلَا يَكُن فِي صَدْرِكَ حَزَجٌ مِنْهُ لِتُنذِرَ بِهِ وَذِكْرَى لِلْمُؤْمِنِينَ ③

4. Mugoberere ebyo ebyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe, era temugobereranga abakuumi abalala ebbali we. Naye mujjukira katonō nnyo!

لَاتَّبِعُوا مَا أَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ مِنْ رَبِّكُمْ وَلَا تَتَّبِعُوا مِنْ دُونِهِ أَوْلِيَاءَ قَلِيلًا مَا تَذَكَّرُونَ ④

5. Ye ebibuga bimeka bye twazikiriza, nebatuukibwako ekibonerezo kyaffe nga beebase ekiro oba olw'eggulo nga bali mu ggandaalo.

وَكَمْ مِنْ قَرْيَةٍ أَهْلَكْنَاهَا فَجَاءَهَا بَأْسُنَا بَيَاتًا أَوْ هُمْ قَائِلُونَ ⑤

6. Kale okuwanjaga kwabwe tekwali kirala awo nga batuukiddwaako ekibonerezo kyaffe, wabula baagamba nti: Mazima twali boononyi.

فَمَا كَانَ دَعْوَاهُمْ إِذْ جَاءَهُمْ بَأْسُنَا إِلَّا أَنْ قَالُوا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ⑥

7. Kale mazima tujja kubuuzā abo abaatumirwa Ababaka era ddala tujja kubuuzā n'Ababaka.

فَلْتَسْأَلَنَّ الَّذِينَ أُرْسِلَ إِلَيْهِمْ وَلْتَسْأَلَنَّ الْمُرْسَلِينَ ⑦

8. Kale ddala tulibattottolera ebikolwa byabwe mu kumanya okutuufu, anti Ffe tetubulangawoko.

فَلَنْقُصَنَّ عَلَيْهِمْ بِعِلْمٍ وَ مَا كُنَّا غَائِبِينَ ⑧

9. Era okupima kw'olunaku olwo kuliba kwa mazima. Kale oyo ebipimibwa bye ebirizitowa, kale abo be b'okuganyulwa.

وَالْوَزْنَ يَوْمَئِذٍ بِالْحَقِّ فَمَنْ تَقَلَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ⑨

10. Naye oyo ebipimibwa bye ebiriwewuka, kale abo be befiiriza bokka olw'okuba abalyaake eri obubonero bwaffe.

وَمَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ بِمَا كَانُوا بِآيَاتِنَا يَظْلِمُونَ ⑩

11. Era mazima mmwe tubatebenkezza mu nsi era netubassizaamu n'ebibeezaawo obulamu; naye mwebaza katonō.

وَلَقَدْ مَكَّنَّاكُمْ فِي الْأَرْضِ وَجَعَلْنَا لَكُمْ فِيهَا مَعَايِشَ قَلِيلًا مَا تَشْكُرُونَ ⑪

7:2. Nze Allah Omumanyi ennyo, Ow'amazima.

Ruku 2

12. Era mazima twabatonda nate netukola enfaanana yammwe, n'oluvannyuma netugamba ba malayika nti: Mugondere Adamu; nebamugondera, okuggyako Ibilisi y'ataali mw'abo abawulize.

13. Allah n'agamba nti: Kiki ekikugaanyi okuba omuwulize awo nga nkulagidde? N'agamba nti: *Lwa kubanga nze Adamu* mmusinga; wantonda mu muliro ate ye n'omutonda mu budongo.

14. Allah n'agamba nti: Kale vaamu, kuba tekikugwanira kwekuliza omwo. Kale fuluma; mazima oli mu banyoomoofu.

15. N'agamba nti: Mpa akaagaanya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.

16. Allah n'agamba nti: Ddala oli mw'abo abaweereddwa akaagaanya.

17. *Ibilisi* n'agamba nti: Nga bw'onsalidde okuba omubuze, mazima nzija kubateeganga mu kkubo lyo eggolokofu.

18. N'oluvannyuma ndibajjira okuva mu maaso gaabwe n'emabega waabwe ne ku ddyo waabwe ne ku kkono waabwe; era togenda kusanga nga abasinga obungi mu bo beebaza.

19. Allah n'agamba nti: Kale fulumamu nga oli agayibwa, asindiikirizibwa. Naye yenna alikugoberera mu bo, mazima ndijjuza Jahannamu okuva mu mmwe mwenna.

20. Era ggwe Adamu, beera ggwe ne mukyala wo mu lusuku, kale mwembi mulye okuva mu lusuku nga bwe mwagala; naye temusebereranga omuti guno, si kulwa nga muba mu bakyamu.

21. Kale Sitaani yabasendasenda alyooke abooleke ebyali bikisiddwa mu bunafu bwabwe. N'agamba nti: Mukama wammwe teyabaziyiza muti guno wabula lwa kuba nti mwembi mwalifuuka ba malayika oba okuba mw'abo ab'olubeerera.

22. Era n'abalayirira nti: Mazima nze ndi mu babuulirizi gye muli.

وَلَقَدْ خَلَقْنَاكُمْ ثُمَّ صَوَّرْنَاكُمْ ثُمَّ قُلْنَا لِلْمَلَائِكَةِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ لَمْ يَكُن مِنَ السَّاجِدِينَ ﴿١٦﴾

قَالَ مَا مَنَعَكَ أَلَّا تَسْجُدَ إِذْ أَمَرْتُكَ قَالَ أَنَا خَيْرٌ مِنْهُ خَلَقْتَنِي مِنْ نَارٍ وَخَلَقْتَهُ مِنْ طِينٍ ﴿١٧﴾

قَالَ فَاهْبِطْ مِنْهَا فَمَا يَكُونُ لَكَ أَنْ تَتَكَبَّرَ فِيهَا فَاخْرُجْ إِنَّكَ مِنَ الضَّالِّينَ ﴿١٨﴾

قَالَ أَنْظِرْنِي إِلَى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ﴿١٩﴾

قَالَ إِنَّكَ مِنَ الْمُنظَرِينَ ﴿٢٠﴾

قَالَ فِيمَا آغْوَيْتَنِي لَأَقْعُدَنَّ لَهُمْ صِرَاطَكَ الْمُسْتَقِيمَ ﴿٢١﴾

ثُمَّ لَا تَبِيبُهُمْ مِنْ بَيْنِ أَيْدِيهِمْ وَ مِنْ خَلْفِهِمْ وَعَنْ أَيْمَانِهِمْ وَعَنْ شَمَائِلِهِمْ وَلَا تَجِدُ أَكْثَرَهُمْ شَاكِرِينَ ﴿٢٢﴾

قَالَ اخْرُجْ مِنْهَا مَذْمُومًا مَدْحُورًا لَمَنْ تَبِعَكَ مِنْهُمْ لَأَمْلَأَنَّ جَهَنَّمَ مِنْكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٢٣﴾

وَيَا آدَمُ اسْكُنْ أَنْتَ وَزَوْجُكَ الْجَنَّةَ فَكُلَا مِنْ حَيْثُ شِئْتُمَا وَلَا تَقْرَبَا هَذِهِ الشَّجَرَةَ فَتَكُونَا مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٢٤﴾

فَوَسْوَسَ لَهُمَا الشَّيْطَانُ لِيُبْدِيَ لَهُمَا مَا وُورِيَ عَنْهُمَا مِنْ سَوْآتِهِمَا وَقَالَ مَا نَهَاكُمَا رَبُّكُمَا عَنْ هَذِهِ الشَّجَرَةِ إِلَّا أَنْ تَكُونَا مَلَكَتَيْنِ أَوْ تَكُونَا مِنَ الْخَالِدِينَ ﴿٢٥﴾

وَقَاَسَمَهُمَا رَبِّي لَكُمَا لِمَنِ التَّصْحِيفُ ﴿٢٦﴾

23. Kale bombi yabasuula olw'okubuzaabuza. Naye bombi olwaloza ku muti, obunafu bwabwe nebubeeyoleka nebatandika okwetungirirako amakoola g'omu lusuku. Olwo Mukama waabwe n'abakoooola nti: Abaffe, ssaabagaana omuti ogwo era nembagamba nti: Mazima Sitaani mulabe wammwe wa lwaatu?

فَدَلَّهُمَا بِغُرُورٍ فَلَمَّا ذَاقَا الشَّجَرَةَ
بَدَتْ لَهُمَا سَوْآتُهُمَا وَطَفِقَا يَخْصِفْنَ
عَلَيْهِمَا مِنْ دَرَقِ الْجَنَّةِ وَنَادَاهُمَا
رَبُّهُمَا أَلَمْ آتَهُمَا عَنْ تِلْكَ الشَّجَرَةِ
وَأَقُلَّ لَكُمَا إِنَّ الشَّيْطَانَ لَكُمَا عَدُوٌّ
مُبِينٌ ﴿٣٣﴾

24. Nebagamba nti: Mukama waffe, tweryazaamaanyizya fekka; naye bw'ototusonyiwe n'otusaasira, mazima tujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

قَالَا رَبَّنَا ظَلَمْنَا أَنفُسَنَا وَإِن لَّمْ تَغْفِرْ
لَنَا وَتَرْحَمْنَا لَنَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٣٤﴾
قَالَ اهْبِطُوا بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ عَدُوٌّ
لَكُمْ فِي الْأَرْضِ مُسْتَقَرٌّ وَمَتَاعٌ إِلَى
حِينٍ ﴿٣٥﴾

25. N'agamba nti: Kale muveemu, muli balabe mwekka na mwekka. Era munaafuna obubudamo ku nsi n'ebikozesebwa okumala ekiseera.

قَالَ فِيهَا تَحْيَوْنَ وَفِيهَا تَمُوتُونَ وَ
مِنْهَا تُخْرَجُونَ ﴿٣٦﴾

26. Allah n'agamba nti: Mu yo mwe mujja okubeerera abalamu, ne mu yo mwe mulifira, era mu yo mwe mulijjibwa.

Ruku 3

27. Abange mmwe abaana ba Adamu, mazima twamala okubassiza ebyambalo olw'okubikka obweereere bwammwe era bibeere eby'okunekaanekana. Naye ekyambalo ky'okutya Allah ekyo ky'ekisinga obulungi. Ekyo ky'ekimu ku biragiro bya Allah, balyooke bafumiitirize.

يَبْنِي آدَمَ قَدْ أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ
لِبَاسًا يَبْسُوَانِي سَوَاتِرُكُمْ وَرِيشَاءَ
لِبَاسِ التَّقْوَى ذَٰلِكَ خَيْرٌ ذَٰلِكَ
مِنْ آيَاتِ اللَّهِ لَعَلَّهُمْ يَذَّكَّرُونَ ﴿٣٧﴾

28. Abange mmwe abaana ba Adamu, Sitaani tabakemanga nga bwe yajja abazadde bammwe mu lusuku nga abanaanulako ebyambalo byabwe nga agenderera okubalaga obunafu bwabwe. Mazima ye abalaba, ne banne be nga asinziira mmwe wemutabalabira. Mazima twafuula ba Sitaani okuba mikwano gy'abo abatakkiriza.

يَبْنِي آدَمَ لَا يَفْتِنَنَّكَ الشَّيْطَانُ كَمَا
أَخْرَجَ آبَايَكُمْ مِنَ الْجَنَّةِ يُنَزِّلُ
عَنْهُمْ لِبَاسًا لَهُمْ لِيُرِيَهُمَا سَوَاتِرَهُمَا
إِنَّهُ يَرَاكُمْ هُوَ وَقَبِيلُهُ مِنْ حَيْثُ
لَا تَرَوْنَهُمْ إِنَّا جَعَلْنَا الشَّيْطَانَ
أَوْلِيَاءَ لِلَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٣٨﴾

29. Era buli lwe bakola ebyambyoone, bagamba nti: Twasanga ne bakitaffe nga bwe bakola era Allah y'eyabitulagira. Gamba nti: Mazima Allah talagira byambyoone. Abaffe, mwogera ne ku Allah bye mutamanyi?

وَإِذَا قَالُوا فَاجِشَةً قَالُوا وَجَدْنَا
عَلَيْهَا آبَاءَنَا وَاللَّهُ أَمَرَنَا بِهَا قُلْ إِنَّ
اللَّهَ لَا يَأْمُرُ بِالْفَحْشَاءِ أَتَقُولُونَ عَلَى
اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

30. Gamba nti: Mukama wange alagira bwenkanya. Era mussenga nnyo emyoyo gyammwe ku kiseera ne ku buli kifo ekisinzibwamu era mumusabanga nga muli

قُلْ أَمَرَ رَبِّي بِالْقِسْطِ وَأَقِيمُوا
وُجُوهَكُمْ عِندَ كُلِّ مَسْجِدٍ وَادْعُوهُ

bamalirivu ku lulwe mu ddiini. Engeri gye yabatandikamu era gye muliddamu gy'ali.

31. Abamu yabalung'anya n'abalala nebakakatako obubuze *olw'okubanga* baatwaala ba Sitaani okuba ab'emikwano ebbali wa Allah era nebalowooza nti olwo ddala balung'anye.

32. Abange mmwe abaana ba Adamu, mutwalenga ebyewundo byammwe eri buli muzigiti era mulye era munywe, naye temudiibuudanga; mazima Ye tayagala badiibuuzi.

Ruku 4

33. Gamba nti: Ani yawera ebyewundo bya Allah ebyo bye yaggyirayo abaweereza be n'ebirongoofu mu bigabulwa? Gamba nti: Ebyo by'abo abakkiriza, mu bulamu bwooku nsi, n'abalala; naye biriba byabwe bokka ku lunaku lw'okuzuukira. Bwe tutyo tuttottola okulabula eri abantu abamanyi.

34. Gamba nti: Mazima Mukama wange bye yawera by'ebyambyoone — eby'olwaatu mu byo n'ebyenkiso — n'ebibi, n'okujeema awatali nsonga, nammwe okwenkanyankanya ebirala ne Allah ebyo byata-sizangako bukakafu bwonna, nammwe okwogera ku Allah bye mutamanyi.

35. Era buli bantu balina entuuko. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, tebayinza kwerwiisa mabega wadde essaawa, wadde okugiyitako.

36. Abange mmwe abaana ba Adamu, bwe mutuukibwangako Abatume nga bava mu mmwe okubasomera Aya zange, kale oyo alitya Allah n'akola ebirungi, kale abo tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

37. Naye abo abalimbisa Aya zaffe nebazeekulumbalizaako, abo nno be bantu b'omu muliro; bo mu gwo mwe balibeera.

38. Kale ani asinga obukyaamu kw'oyo apaatiika ku Allah eby'obulimba oba alimbisa

مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ ۗ كَمَا بَدَأَكُمْ تَعُودُونَ ﴿٣١﴾

فَرِيقًا هَدَىٰ وَفَرِيقًا حَقَّ عَلَيْهِمُ الضَّلَالَةُ ۗ إِنَّهُمْ اتَّخَذُوا الشَّيَاطِينَ أَوْلِيَاءَ مِن دُونِ اللَّهِ وَيَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ مُّهْتَدُونَ ﴿٣٢﴾

يَبْرِيءَ أَدَمَ خُذُوا زِينَتَكُمْ عِندَ كُلِّ مَسْجِدٍ وَكُلُوا وَاشْرَبُوا وَلَا تُسْرِفُوا ۗ إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْمُسْرِفِينَ ﴿٣٣﴾

قُلْ مَنْ حَرَّمَ زِينَةَ اللَّهِ الَّتِي أَخْرَجَ لِحِبَائِهِ ۖ وَالطَّيِّبَاتِ مِنَ الرِّزْقِ ۗ قُلْ هِيَ لِلَّذِينَ آمَنُوا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا خَالِصَةً يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ كَذَلِكَ نَفِصِّلُ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٣٤﴾

قُلْ إِنَّمَا حَرَّمَ رَبِّي الْفَوَاحِشَ مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَمَا بَطَنَ ۖ وَالرِّثْمَ وَالْبَغْيَ بِغَيْرِ الْحَقِّ وَأَنْ تُشْرِكُوا بِاللَّهِ مَا لَمْ يُنَزِّلْ بِهِ سُلْطٰنًا ۖ وَأَنْ تَقُولُوا عَلَى اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٣٥﴾

وَلِكُلِّ أُمَّةٍ أَجَلٌ ۖ فَإِذَا جَاءَ أَجْلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ سَاعَةً ۖ وَلَا يَسْتَنْقِذُ مَوْنٌ ﴿٣٦﴾

يَبْرِيءَ أَدَمَ ۖ إِنَّمَا بِأَنتُمْ رُسُلٌ مِّنكُمْ يَفْقَهُونَ عَلَيْكُمْ آيَاتِي ۖ فَمَنْ أَتَقَىٰ وَ أَصْلَحَ فَلَا خَوْفَ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٣٧﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَاسْتَكْبَرُوا عَنْهَا ۖ أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ ۖ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٣٨﴾

فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا أَوْ كَذَّبَ بِآيَاتِهِ ۖ أُولَٰئِكَ يَتَنَاهَهُمُ

Aya ze? Abo be balituukibwako omutemwa gwabwe okusenziira ku kiragiro, okutuusa awo nga batuukiddwako Ababaka baffe okubafiisa, bagambe nti: Baluwa abo be mwawanjagiranga ebbali wa Allah? Baliddamu nti: Batwabulidde. Era balyewaako bokka obujulizi nti ddala baali batakkiriza.

39. Aligamba nti: Kale muyingire mu muliro n'emigigi egyayita olubereberye lwammwe mu Majinni n'abantu. Buli kibinja ekiriyangiranga kirikolimiranga kinnaakyo, okutuusa bonna lwe baliguggweeramu, ab'oluvannyuma lwabwe balyoogera ku b'olubereberye lwabwe nti: Mukama waffe, bano be baatubuza, kale bawe ekibonerezo ky'omuliro enfunda nnyingi. Allah aligamba nti: Buli omu mu mmwe waakubonerezebwa enfunda nyingi, naye mmwe temumanyi.

40. Era ab'olubereberye lwabwe baligamba ab'oluvannyuma lwabwe nti: Nammwe temwalina kye mwatusinzangako; kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwakolanga.

Ruku 5

41. Mazima abo abalimbisa obubonero bwaffe era ne babwekulumbalizaako, tebaligulirwawo nzigi za ggulu era tebaliyingira mu Janna okutuusa eng'amira lw'eriyita mu nnyindo y'empiso. Era bwe tutyo bwe tusasula aboononyi.

42. Balifuna ebyeyalirwa eby'omuliro, nga ne waggulu waabwe eriyi ebibikka eby'omuliro. Era bwe tutyo bwe tusasula aboononyi.

43. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi—anti tetuzitooowereza muntu yenna wabula nga okusobola kwe bwe kuba—abo be bantu b'omu Janna, bo mu yo mwe balibeera.

44. Era tulibaggyamu effutwa lyonna eliri mu bifuba byabwe. Emigga girikulukuta wansi waabwe. Era baligamba nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo atulung'amizza eri bino, era tetwalisobodde kulung'ama singa Allah teyatulung'ama. Ddala Ababaka ba Mukama waffe baaleeta mazima. Era kirirangirirwa gye bali nti: Y'eno e Janna gye musikiziddwa

نَصِيْبُهُمْ مِّنَ الْكِتٰبِ حَتّٰى اِذَا
جَآءَتْهُمْ رُسُلُنَا يَتَوَقَّوْهُمْ ؕ قَالُوْۤا
اٰيْنَ مَا كُنْتُمْ تَدْعُوْنَ مِّنْ دُوْنِ
اللّٰهِ ؕ قَالُوْۤا ضَلُّوْۤا عَنَّا وَشَهِدُوْۤا عَلٰى
اَنْفُسِهِمْ اَنَّهُمْ كَانُوْۤا كٰفِرِيْنَ ﴿٣٨﴾

قَالَ اَدْخُلُوْۤا فِيْۤ اُمَّةٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ
قَبْلِكُمْ مِّنَ الْجِنِّ وَالْاِنْسِ فِي النَّارِ
كُلَّمَا دَخَلَتْ اُمَّةٌ لَعَنَتْ اٰخِثَهَا حَتّٰى اِذَا
اَدْرَكُوْۤا فِيْهَا جَمِيْعًا ؕ قَالَتْ اٰخِرُهُمْ
لَاۤ اُولٰٓئِهِمْ رَبَّنَا هٰؤُلَآءِ اَصْلُوْنَا فَاتِهِمْ
عَذَابًا ضِعْفًا مِّنَ النَّارِ ؕ قَالَ لِكُلِّ
ضِعْفٍ وَلٰكِنْ لَا تَعْلَمُوْنَ ﴿٣٩﴾

وَقَالَتْ اُولٰٓئِهِمْ لٰۤاٰخِرُهُمْ فَمَا كَانَ لَكُمْ
عَلَيْنَا مِنْ فَضْلٍ فَدُوْۤا الْعَذَابَ بِمَا
كُنْتُمْ تَكْسِبُوْنَ ﴿٤٠﴾

اِنَّ الَّذِيْنَ كَذَّبُوْۤا بِآيٰتِنَا وَاسْتَكْبَرُوْۤا
عَنْهَا لَا يَفْتَحُ لَهُمْ اَبْوَابُ السَّمٰوٰتِ وَلَا
يَدْخُلُوْنَ الْجَنَّةَ حَتّٰى يَلْبِغَ الْجَمَلُ فِي سَمِّ
الْخِيَاطِ ؕ وَكَذٰلِكَ نَجْزِي الْمُجْرِمِيْنَ ﴿٤١﴾

لَهُمْ مِّنْ جَهَنَّمَ مِهَادٌ وَّ مِنْ فَوْقِهِمْ
غَوَاشٍ ؕ وَكَذٰلِكَ نَجْزِي الظّٰلِمِيْنَ ﴿٤٢﴾

وَالَّذِيْنَ اٰمَنُوْۤا وَعَمِلُوا الصّٰلِحٰتِ لَا
نُكْرَفُ نَفْسًاۤ اِلَّا وُسْعَهَاۤ اُولٰٓئِكَ اَصْحٰبُ
الْجَنَّةِ ؕ هُمْ فِيْهَا خٰلِدُوْنَ ﴿٤٣﴾

وَنَزَعْنَا مَا فِي صُدُوْرِهِمْ مِّنْ غِلٍّ
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهِمُ الْاَنْهٰرُ ؕ وَقَالُوْۤا
الْحَمْدُ لِلّٰهِ الَّذِيْ هَدٰنَا لِهٰذَا وَاَنْتَ
مَا كُنَّا لِنَهْتَدِيَ لَوْلَا اَنْ هَدٰنَا اللّٰهُ
لَقَدْ جَآءَتْ رُسُلٌ رَبِّنَا بِالْحَقِّ ؕ وَ

olw'ebyo bye mwakolanga.

45. Era abantu b'omu Janna balikoowoola abantu b'omu muliro nti: Mazima ffe tumaze okusanga ekyo ekyatusubizibwa Mukama waffe nga kituufu. Abaffe, nammwe mumaze okusanga ekyabasuubizibwa Mukama wammwe nga kituufu? Baliddamu nti: Yee. Olwo omulanzi alirangirira wakati waabwe nti: Ekikolimo kya Allah kibe ku bantu aboononefu —

46. Abo abeekiika mu kkubo lya Allah nga balyagaliza obukyaamu; era bo n'enkomerero tebagikiriza.

47. Era wakati waabwe walibaawo ekyawulawo, ne mu bifo ebiri waggulu eribaayo abantu abalimanya buli bamu olw'obulambe bwabwe. Era balikoowoola abantu b'omu Janna nti: Emirembe gibeere ku mmwe. *Abalikowoola* baliba tebannagiyingira naye nga balina essuubi.

48. Era amaaso gaabwe bwe galikyuusibwa okwolekera eri abantu b'omu muliro, baligamba nti: Mukama waffe, totussa wamu na bantu boonoonefu.

Ruku 6

49. Era abaliba mu bifo ebya waggulu balikoo-woola abantu be balimanya olw'obulambe bwabwe, bagambe nti: Obungi bwammwe tebwabagasa wadde okwekulumbaza kwammwe!

50. Abaffe, bano be mwalayirirangako nti Allah talibatuusaako kusaasira? *Wamma* muyingire mu Janna, tewali kutya kwonna ku mmwe wadde temuujja kunakuwala.

51. Era abantu b'omu muliro balikoowoola abantu b'omu Janna nti: Mutuyiweeko ku mazzi oba *mutuweeko* kw'ebyo Allah by'abagabudde. Baligamba nti: Mazima byombiriri Allah yabiziya eri abajeemu —

نُودُوا أَن تِلْكَ الْجَنَّةِ أُوْرِثْتُمُوهَا
بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٤﴾

وَنَادَىٰ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ أَصْحَابَ النَّارِ
أَن قَدْ وَجَدْنَا مَا وَعَدَنَا رَبُّنَا حَقًّا
قَهْلًا وَجَدْتُمْ مَا وَعَدَ رَبُّكُمْ حَقًّا
قَالُوا نَعَمْ فَأَذَّنَ مُؤَذِّنٌ بَيْنَهُمْ أَن
لَّعْنَةُ اللَّهِ عَلَى الظَّالِمِينَ ﴿٤٥﴾

الَّذِينَ يَصُدُّونَ عَن سَبِيلِ اللَّهِ
يَبْغُونَهَا عِوَجًا وَهُمْ بِالْآخِرَةِ
كٰفِرُونَ ﴿٤٦﴾

وَبَيْنَهُمَا حِجَابٌ وَعَلَى الْأَعْرَافِ
رِجَالٌ يَّعْرِفُونَ كُلًّا بِسِيمَاهُمْ وَنَادَوْا
أَصْحَابَ الْجَنَّةِ أَن سَلِّمُوا عَلَيْنَا إِنَّا
لَمَّا يَدْخُلُوهَا وَهُمْ يَطْمَعُونَ ﴿٤٧﴾

وَرَادَا صِرَاطًا أَبْصَارُهُمْ تِلْقَاءَ أَصْحَابِ
النَّارِ قَالُوا رَبَّنَا لَا تَجْعَلْنَا مَعَ الْقَوْمِ
الظَّالِمِينَ ﴿٤٨﴾

وَنَادَىٰ أَصْحَابُ الْأَعْرَافِ رِجَالًا
يَّعْرِفُونَهُمْ بِسِيمَاهُمْ قَالُوا مَا أَغْنَىٰ
عَنكُمْ جَمْعُكُمْ وَمَا كُنْتُمْ
تَشْكُرُونَ ﴿٤٩﴾

أَهْوَلَاءَ الَّذِينَ أَقْسَمْتُمْ لَا يَنَالُهُمُ
اللَّهُ بِرَحْمَةٍ أَدْخُلُوا الْجَنَّةَ لَا خَوْفٌ
عَلَيْكُمْ وَلَا أَنْتُمْ تَحْزَنُونَ ﴿٥٠﴾

وَنَادَىٰ أَصْحَابُ النَّارِ أَصْحَابَ الْجَنَّةِ
أَن أَفِيضُوا عَلَيْنَا مِنَ الْمَاءِ أَوْ مِمَّا
رَزَقَكُمُ اللَّهُ قَالُوا إِنَّ اللَّهَ حَرَّمَ مِمَّا
عَلَى الْكٰفِرِينَ ﴿٥١﴾

52. Abo abaatwalanga eddiini yaabwe nga eky'okwegayaaza era ng'omuzannyo, obulamu bw'ensi ne bubabuzaabuza. Kale olwa leero tujja kubasuulirira nga nabo bwe beerabira okusisinkana kw'olunaku lwabwe luno, n'olwokubanga baagaana mu bugenderevu obubonero bwaffe.

53. Era mazima tubaleetedde Ekitabo kye tuttottodde mu bumanyi, nga bwe bulung'amu era nga kwe kusaasira eri abantu abakkiriza.

54. Abaffe, balindayo *ekirala* okuggyako okutuukirira kwa kyo? Olunaku lw'oku-tuukirira kwa kyo bwe lulituuka, baligamba abo abaakyerabira olubereberye nti: Ddala Ababaka ba Mukama waffe baaleta mazima. Naye abaffe, tulirayo ku bawolereza batuwolezeko? Oba tuzziabweyo tulyooke tukole ebitali ebyo bye twakolanga? Mazima befiiriza bokka era n'ebyo bye baali bajingajinga biribaabulira.

Ruku 7

55. Mazima Mukama wammwe ye Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Asaanikiza ekiro ku misana nekgigoberera ku mbiranye era y'eyatonda enjuba n'omwezi n'emmunyeenye ebyassibwa ku kuweereza olw'okulagira kwe. Mwetegereze, okutonda n'okulagira bibye. Nannyini mikisa ye Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

56. Musabenga Mukama wammwe mu kwetoowaza ne mu kyaama, mazima Ye tayagala basukka kigero.

57. Era temutabulatabulanga mu nsi oluvannyuma lw'okutereera kwa yo, era mumusabenga n'okutya n'essubi. Mazima okusaasira kwa Allah kuli kumpi nnyo n'abakozi b'ebirungi.

58. Era Ye y'Oyo aweereza empewo okuwa amawulire ag'essanyu agakulemba okusaasira kwe, okutuusa lwe zeetikka ebire ebizito, netubisindika eri ensi enfu, olwo netutonnyesa ku yo amazzi, kale netugamezesesa ebibala ebya buli ngeri. Bwe tutyo nno bwe tuzuukiza n'abafu, mulyooke mufumitirize.

الَّذِينَ اتَّخَذُوا دِينَهُمْ لَهْوًا وَاعْبَاءً
 غَرَّتْهُمْ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا قَالِيَوْمَ
 نُنَسِّهُمْ كَمَا نَسَّوْا لِقَاءَ يَوْمِهِمْ
 هَذَا وَمَا كَانُوا بِآيَاتِنَا يَجْحَدُونَ ﴿٥٧﴾

وَلَقَدْ جِئْنَهُمْ بِكِتَابٍ فَصَّلْنَاهُ عَلَى
 عِلْمٍ هُدًى وَرَحْمَةً لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٨﴾

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا تَأْوِيلَهُ يَوْمَ
 يَأْتِي تَأْوِيلَهُ يَقُولُ الَّذِينَ نَسَّوْهُ
 مِنْ قَبْلُ قَدْ جَاءَتْ رُسُلٌ رَبِّنَا بِالْحَقِّ
 فَهَلْ لَنَا مِنْ شَفْعَاءَ فَيَشْفَعُوا لَنَا أَوْ
 نُرَدُّ فَنَعْمَلَ غَيْرَ الَّذِي كُنَّا نَعْمَلُ قَدْ
 خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ وَصَلَّ عَنْهُمْ مَا
 كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٥٩﴾

إِنَّ رَبَّكُمُ اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ
 وَالْأَرْضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَى عَلَى
 الْعَرْشِ تَدْيَغِيهِ اللَّيْلُ النَّهَارَ يَطْلُبُهُ
 حَثِيثًا وَالشَّمْسُ وَالْقَمَرُ وَالنُّجُومُ
 مُسْحَرَاتٌ بِأَمْرِهِ ۗ أَلَا لَهُ الْخَلْقُ وَ
 الْأَمْرُ تَبَارَكَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٠﴾
 ادْعُوا رَبَّكُمْ تَضَرُّعًا وَخُفْيَةً ۚ إِنَّهُ لَا
 يُحِبُّ الْمُعْتَدِينَ ﴿٦١﴾

وَلَا تُفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ بَعْدَ إِصْلَاحِهَا
 وَادْعُوهُ خَوْفًا وَطَمَعًا ۚ إِنَّ رَحْمَتَ
 اللَّهِ قَرِيبٌ مِّنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٦٢﴾
 وَهُوَ الَّذِي يُرْسِلُ الرِّيَّحَ بُشْرًا بَيْنَ
 يَدَيْ رَحْمَتِهِ ۚ حَتَّىٰ إِذَا أَقْلَسَ سَحَابًا
 ثِقَالًا سَقْنَاهُ لِبَلَدٍ مَّيِّتٍ فَأَنْزَلْنَا
 بِهِ الْمَاءَ فَأَخْرَجْنَا بِهِ مِنْ كُلِّ
 الثَّمَرَاتِ ۚ كَذَٰلِكَ نُخْرِجُ الْمَوْتَى
 لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٦٣﴾

59. Era n'ettaka eddungi ebisimbe bya lyo bintera lwa kulagira kwa Mukama wa lyo. N'eryo ebbi, terimerako okuggyako eby'omuswaaba. Bwe tutyo nno bwe tukuusakyuusa obubonero eri abantu abeebaza.

Ruku 8

60. Mazima twatuma Nuhu eri abantu be n'abagamba nti: Abange, musinze Allah, temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.

61. Abakungu b'omu bantu be nebagamba nti: Mazima ffe tukulaba nga oli mu kubula kwa lwaatu.

62. N'agamba nti: Bannange, sirina kubula kwonna, wabula ndi Mubaka ava eri Omulezi w'ebitonde byonna—

63. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama wange n'okubabuulirira, era mmanyi okuva eri Allah mmwe bye mutamanyi.

64. Abaffe, mwewuunya olw'okutuukibwako okubuulirira okuva eri Mukama wammwe nga kuyita ku muntu ava mu mmwe abalabule era mulyooke mutye Allah era mulyooke musaasirwe?

65. Kale baamulimbisa, netumuwonya n'abo abaali awamu naye mu kyombo, netusaanyaawo abo abaalimbisa obubonero bwaffe. Mazima ddala baali bantu abatalaba.

Ruku 9

66. N'eri aba 'Adi *twatumayo* muganda waabwe Hüdu, n'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Abaffe, temuutye Allah ?

67. Abakungu b'abo abatakiriza mu bantu be ne bagamba nti: Mazima ffe tukulaba nga oli mu bya busirusiru era ddala tukakasa nti oli mu balimba.

68. N'agamba nti: Abange, nze sirina bya busiru, wabula ndi Mubaka ava eri Omulezi w'ebitonde byonna—

وَالْبَلَدُ الطَّيِّبُ يَخْرِجُ نَبَاتُهُ بِإِذْنِ رَبِّهِ ۗ وَالَّذِي خَبثَ لَا يَخْرِجُهُ إِلَّا تَكْدِيرًا كَذَلِكَ نُصَرِّفُ الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَشْكُرُونَ ﴿٥٩﴾

لَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَقَالَ يِقُومُوا عِبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ ۗ إِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٦٠﴾

قَالَ الْمَلَأُ مِنْ قَوْمِهِ إِنَّا لَنَرَاكَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٦١﴾

قَالَ يِقُومُ لَيْسَ بِي ضَلَالَةٌ وَلَكِنِّي رَسُولٌ مِنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٢﴾

أُبَلِّغُكُمْ رِسَالَاتِ رَبِّي وَأَنْصَحُ لَكُمْ وَأَعْلَمُ مِنَ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٦٣﴾

أَوْعَجِبْتُمْ أَنْ جَاءَ كُمْ ذِكْرٌ مِنْ رَبِّكُمْ عَلَىٰ رَجُلٍ مِّنْكُمْ لِيُنذِرَكُمْ وَ لِتَتَّقُوا ۗ أَعَلَيْكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٦٤﴾

فَكَذَّبُوهُ فَأَنْجَيْنَاهُ وَالَّذِينَ مَعَهُ فِي الْفُلْكِ وَأَعْرَفْنَا الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا عَمِينَ ﴿٦٥﴾

وَإِلَىٰ عَادٍ أَخَاهُمْ هُودًا قَالَ يِقُومُوا عِبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ ۗ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٦٦﴾

قَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ إِنَّا لَنَرَاكَ فِي سَفَاهَةٍ وَإِنَّا لَنَظُنُّكَ مِنَ الْكَاذِبِينَ ﴿٦٧﴾

قَالَ يِقُومُ لَيْسَ بِي سَفَاهَةٌ وَلَكِنِّي رَسُولٌ مِنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٦٨﴾

69. Mbatuuseeko obubaka bwa Mukama wange era nze ndi Mubuulirizi omwesigwa gye muli.

أَبَلِّغْكُمْ رِسَالَاتِ رَبِّي وَأَنَا لَكُمْ نَاصِحٌ أَمِينٌ ﴿٦٩﴾

70. Abaffe, mwewuunya olw'okubanga mutuukiddwako okubuulirira okuva eri Mukama wammwe nga kuyita ku muntu ava mu mmwe alyooke abalabule? Naye mujjukire nga bwe yabafuula abasika oluvannyuma lw'abantu ba Nuhu era n'abongera ekiwago mu nkula. Kale mujjukire ebyengera bya Allah, mulyooke muganyulwe.

أَوْعَجِبْتُمْ أَنْ جَاءَكُمْ ذِكْرٌ مِنْ رَبِّكُمْ عَلَى رَجُلٍ مِّنْكُمْ لِيُنذِرَكُمْ ۖ وَاذْكُرُوا الْإِذَّ جَعَلَكُمْ خُلَفَاءَ مِنْ بَعْدِ قَوْمِ نُوحٍ ۚ وَزَادَكُمْ فِي الْخَلْقِ بَضْطَةً ۚ فَادْكُرُوا الْإِلَهَ اللَّهُ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٧٠﴾

71. Ne bagamba nti: Owange, otujjiridde tulyooke tusinze Allah omu bw'ati era tulekeyo ebyo bakitaffe bye baasinzanga? Kale tulectere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga oli mu b'amazima.

قَالُوا أَجِئْتَنَا لِنَعْبُدَ اللَّهَ وَحْدَهُ وَنَذَرَ مَا كَانَ يَعْبُدُ آبَاؤَنَا فَأَنزَلْنَا بِمَا تَعْبُدُونَ أَنْ كُنْتُمْ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٧١﴾

72. N'agamba nti: Mazima mumaze okugwibwako ekibonerezo n'obusungu obuva eri Mukama wammwe. Abaffe, mumpakanya olw'amannya obunnya ge mwatuuma, mmwe ne bakitammwe, Allah g'atassangako bukakafu bwonna? Kale mulindirire, nange ndi wamu n'abo abalinda.

قَالَ قَدْ وَقَعَ عَلَيْكُمْ مِنْ رَبِّكُمْ رِجْسٌ وَغَضَبٌ ۚ أَتَجَادِلُونَنِي فِي أَسْمَاءِ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَآبَاؤُكُمْ مِمَّا نَزَّلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ ۚ فَانظُرُوا إِلَيَّ مَعَكُمْ مِنَ الْمُنتَظِرِينَ ﴿٧٢﴾

73. Kale twamuwonya wamu n'abo be yali nabo olw'okusaasira okuva gye tuli, era netukutula omulandira gw'abo abaalimbisa obubonero bwaffe, era tebaali bakkiriza.

فَأَنجَيْنَاهُ وَالَّذِينَ مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَقَطَعْنَا دَابِرَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا ۚ وَمَا كَانُوا مُؤْمِنِينَ ﴿٧٣﴾

Ruku 10

74. N'eri aba Thamuda twatumayo muganda waabwe Swalehe, n'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima mumaze okutuuki-bwako obukakafu obw'olwaatu okuva eri Mukama wammwe. Eng'amira ya Allah enkazi yiino, nga kabonero gye muli, kale mugireke crye mu nsi ya Allah, era temugitusangako kabi konna, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo ekirumya.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا أَصْحَابُ الْكُفْرِ الْمَسْجُودِ ۚ وَقَالُوا لَوْلَا نُنزِّلُ الْغَيْثَ مِنَّا لَمَأْزُومٌ ۚ وَلَقَدْ أَنزَلْنَا إِلَيْكُمْ الْكُرْآنَ فَذُرُّهُ ۚ وَأَنْتُمْ كَاذِبُونَ ﴿٧٤﴾

75. Era mujjukire nga bwe yabafuula abasika oluvannyuma lw'abantu ba Adi era n'abawa obubudamo mu nsi, nemuzimba embiri ku miseetwe gya yo, nemuwookoola amayumba mu nsozi. Kale mujjukire ebyengera bya Allah era temujagalalanga mu nsi ne muba abatabuzitabuzi.

وَإِذْ كُرُوا إِذْ جَعَلَكُمْ خُلَفَاءَ مِنْ بَعْدِ عَادٍ ۚ وَبَوَّأَكُمْ فِي الْأَرْضِ تَتَّخِذُونَ مِنْ سُهُولِهَا قُصُورًا وَتَنْحِتُونَ الْجِبَالَ بُيُوتًا ۚ فَادْكُرُوا الْإِلَهَ اللَّهُ وَلَا تَعْتُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٧٥﴾

76. Abakungu b'abo abeekuluntaza mu bantu be nebagamba abo abateesobola abaali abakkiriza mu bo nti: Abaffe, mumanyidde ddala nti Swālehe yatumwa kuva eri Mukama we? Baddamu nti: Mazima ffe bye yatumwa nabyo tubikkiriza.

77. Abo abeekuluntaza nebagamba nti: Mazima ebyo mmwe bye mukkiriza, ffe tubigaanyi.

78. Olwo eng'amira nebagitemako amagulu, nebajeemera ekiragiro kya Mukama waabwe, nebagamba nti: Owange Swālehe, kale tuleetere ebyo by' otutiisatiisa nabyo, obanga ddala oli mu Babaka.

79. Kale nebakwatibwa musisi, enkeera ne baba mirambo egyevuunise mu maka gaabwe.

80. Kale Swālehe yabeesammulako n'agamba nti: Abange, nze mmaze okubatuusaako obubaka bwa Mukama wange era nembabuulirira, naye mmwe temwagala babuulirizi.

81. Ne Lūti, awo bwe yagamba abantu be nti: Abaffe, mukola eky'ekivve ekitakolwanga yenna mu bantu oluberebereye lwammwe?

82. Ddala nemugenda eri basajja *banna-mmwe* olw'ebiyobwagazi mu kifo ky'abakazi? Mazima muli bantu abasukkiridde obubi!

83. Naye okuddamu kw'abantu be tekwali kulala, wabula baagamba nti: Mubagobe mu kibuga kyammwe, ddala abo be bantu abetukuzatukuza.

84. Kale twamuwonya n'aboomu maka ge, okuggyako mukazi we: ye yali mw'abo abaasigalira.

85. Era netubatonnyesereza enkuba *ey'a-kabi*. Kale laba enkomerero y'aboononyi nga bwe yali!

Ruku 11

86. N'eri abe Madiyani, *twatumayo* muganda waabwe Shu'aibu. N'agamba nti: Abange, musinze Allah, temulinayo

قَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا مِنْ قَوْمِهِ لِلَّذِينَ اسْتُضِعُوا لِمَنْ أَمَنَ مِنْهُمْ أَتَعْلَمُونَ أَنَّ صَلِحًا مُرْسَلٌ مِّن رَّبِّهِ ؕ قَالُوا إِنَّا بِمَا أُرْسِلَ بِهِ مُؤْمِنُونَ ﴿٧٦﴾

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا بِالَّذِينَ آمَنْتُمْ بِهِ كُفْرُونَ ﴿٧٧﴾

فَعَقَرُوا النَّاقَةَ وَعَتَوْا عَنْ أَمْرِ رَبِّهِمْ وَقَالُوا يُضْلِلُ اثْنَتَا بَعْدَتَنَا إِن كُنْتَ مِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿٧٨﴾

فَأَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِي دَارِهِمْ جِثْمِينَ ﴿٧٩﴾

فَتَوَلَّى عَنْهُمْ وَقَالَ يَاقَوْمِ لَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ رَسُولًا مِّن رَّبِّهِ وَتَصَحَّتْ لَكُمْ وَلَكِن لَّا تُحِبُّونَ التَّصْحِيحَ ﴿٨٠﴾ وَلَوْ طَآءِدٌ قَالَتْ لِقَوْمِ أَتَأْتُونَ الْفَاحِشَةَ مَا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ أَحَدٍ مِّنَ الْعَالَمِينَ ﴿٨١﴾

لَأَنكُم لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ شَهْوَةً مِّن دُونِ النِّسَاءِ ؕ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ مُّشْرِقُونَ ﴿٨٢﴾

وَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَن قَالُوا أَخْرِجُوهُمْ مِّن قَرْيَتِكُمْ ؕ إِنَّهُمْ أَنَاسٌ يَّتَطَهَّرُونَ ﴿٨٣﴾

فَأَنجَيْنَاهُ وَأَهْلَهُ إِلَّا امْرَأَتَهُ ؕ كَانَتْ مِنَ الْغَابِرِينَ ﴿٨٤﴾

وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا ۖ فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُجْرِمِينَ ﴿٨٥﴾

وَالِى مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا ؕ قَالَ يَاقَوْمِ اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُم مِّن دُونِهِ عِزًّا ؕ

musinzibwa mulala okuggyako Ye. Mazima mumaze okutuukibwako akabonero ak'olwaatu okuva eri Mukama wammwe. Kale mutuukirize ekipimo ne minzaani, era temukendeezanga ku bintu bya bantu, era temuleetanga butabanguko mu nsi ng'emaze okutereera. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, bwe muba nga ddala muli bakkiriza.

87. Era temuteeganga bantu ku buli kkubo nga mubatisatiisa, era nemuziyiza eri ekkubo lya Allah oyo amukkiriza, nga mulyagaliza libeere kkyaaamu. Kale mujjukire nga bwe mwaali abatono ennyo naye n'abayingiwa. Kale mulabe enkomerero y'abatabuzitabuzi nga bwe yali.

88. Era bwe wabangawo ekibiina ekimu mu mmwe ekikkiriza ebyo bye natumwa nabyo, ate nga ekibiina ekirala tekikkiriza, kale mugumiikirize okutuusa Allah lw'alisalawo wakati waffe: Anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

Juzu 9

89. Abakungu b'abo abeekuluntazanga mu bantu be baagamba nti: Mazima tujja kukugoba ggwe Shu'aibu n'abo abakkiriza abali awamu naawe mu kibuga kyaffe, oba si ekyo, oteekwa okukomawo mu nzikiriza yaffe. N'agamba nti: Abaffe, ne bwe tunaaba nga tetwagala?

90. Mazima tunaaba twakonjeranga Allah bya bulimba bwe tunaddayo nate mu nzikiriza yammwe, oluvannyuma lwa Allah okugituwonya. Era tekitusaanira nate kugiddamu, okuggyako nga Allah Mukama waffe y'ayagadde. Anti mu kumanya, Mukama waffe yabuna ku buli kimu. Ffe Allah yekka gwe twesiga. Mukama waffe, lamula wakati waffe ne bannaffe mu mazima, anti Gwe osinga abalamuzi bonna.

91. Era abakungu b'abo abatakkiriza mu bantu be baagamba nti: Bwe munaagoberera Shu'aibu, olwo nammwe ddala mujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

قَدْ جَاءَ شِكْمَ بَيْتَهُ مِنْ رَبِّكُمْ فَأَوْفُوا
الْكَيْلَ وَالْوَيْزَانَ وَلَا تَبْخَسُوا النَّاسَ
أَشْيَاءَهُمْ وَلَا تُفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ
بَعْدَ إِصْلَاحِهَا ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ
كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٨٧﴾

وَلَا تَقْعُدُوا بِكُلِّ صِرَاطٍ تُوعِدُونَ وَ
تَصُدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ مِنْ أَمْنٍ بِهِ
وَتُبْغَوْنَهَا عَوَجًا وَإِذْ كَرِهْنَا إِذْ كُنْتُمْ
قَلِيلًا فَكَتَرْتُمْ وَأَنْظَرُوا كَيْفَ
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِينَ ﴿٨٧﴾

وَأَنْ كَانَ طَائِفَةٌ مِنْكُمْ أَمْنُوا
بِالَّذِي أُرْسِلْتُ بِهِ وَطَائِفَةٌ لَمْ
يُؤْمِنُوا فَاصْبِرُوا حَتَّى يَحْكُمَ اللَّهُ
بَيْنَنَا وَهُوَ خَيْرُ الْحَاكِمِينَ ﴿٨٨﴾

قَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا
مِنْ قَوْمِهِ لَنُخْرِجَنَّكَ يَشْعِيبَ وَ
الَّذِينَ آمَنُوا مَعَكَ مِنْ قَرْيَتِنَا أَوْ
لَتَعُوذُنَّ فِي مِلَّتِنَا قَالَ أَوَلَوْ كُنَّا
كَارِهِينَ ﴿٨٩﴾

قَدْ افْتَرَيْنَا عَلَى اللَّهِ كَذِبًا إِنْ عُدْنَا
فِي مِلَّتِكُمْ بَعْدَ إِذْ نَجَّيْنَا اللَّهُ مِنْهَا وَ
مَا يَكُونُ لَنَا أَنْ نَعُودَ فِيهَا إِلَّا أَنْ
يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّنَا وَسِعَ رَبُّنَا كُلَّ شَيْءٍ
عِلْمًا عَلَى اللَّهِ تَوَكَّلْنَا رَبُّنَا افْتَحَ
بَيْنَنَا وَبَيْنَ قَوْمِنَا بِالْحَقِّ وَأَنْتَ
خَيْرُ الْفَاتِحِينَ ﴿٩٠﴾

وَقَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ
لَئِنْ اتَّبَعْتُمْ شَعِيبًا إِنَّكُمْ إِذًا
لَأَخْسَرُونَ ﴿٩١﴾

92. Olwo nebakwatibwa musisi, enkeera nebaba mirambo egyevuunise mu maka gaabwe.

93. Abo abaalimbisa Shu'aibu nebaba ng'abatagabeeranga namu. Abo abaalimbisa Shu'aibu be baafaafaaganirwa.

94. Olwo yabeesammulako n'agamba nti: Abange, mazima nze namala okubatuusaako obubaka bwa Mukama wange era nembabuulirira; kale ate nnaalumirwa ntya abantu abatakkiriza?

Ruku 12

95. Era tetutumanga Nabbi yenna mu kibuga, wabula twakangavvula abakibeeramu n'obuyinike n'emitawaana, balyooke beetowaze.

96. N'oluvannyuma twakyuusa *embeera yaabwe* embi n'eba nnungi okutuusa lwe beeyongerera ddala mu *bungi n'okuba obulungi*, olwo nebagamba nti: Ddala ne bakitaffe baatuukibwako okubonaabona n'essanyu. Olwo twabakangavvula kibwatu-kira nga tebategedde.

97. Era singa ddala abantu b'omu bibuga bakkiriza nebatya Allah, mazima twalibagguliddewo emikisa okuva mu ggulu ne mu nsi; naye baalimbisa, kale netubakangavvula olw'ebyo bye baakolanga.

98. Abaffe, abantu b'omu bibuga bali mirembe ku kutuukibwako ekibonerezo kyaffe ekiro nga beebase?

99. Nandiki, abantu b'omu bibuga bali mu mirembe ku kutuukibwako ekibonerezo kyaffe mu kalasamayanzi nga bayinaayina?

100. Abaffe, bali mirembe ku ntegeka ya Allah? Naye tewali *alooowa nti* ali mirembe ku ntegeka ya Allah okuggyako abantu abaafaafaaganirwa.

Ruku 13

101. Abaffe, tebalabuka abo abasikira ensi oluvannyuma lw'abaali ba nnyini yo nti bwe tuba twagadde, nabo tubakangavvula olw'ebibi byabwe ne tussa n'envumbo ku mitima gyabwe, bwe batyo nebatawulira?

فَأَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِي دَارِهِمْ جُثِيمِينَ ﴿١٧﴾

الَّذِينَ كَذَّبُوا شُعَيْبًا كَأَن لَّمْ يَعْنُوا فِيهَا الَّذِينَ كَذَّبُوا شُعَيْبًا كَانُوا هُمُ الْخَاسِرِينَ ﴿١٧﴾

فَتَوَلَّى عَنْهُمْ وَقَالَ يَاقَوْمِ لَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ رِسَالَتِي رَبِّي وَنَصَحْتُ لَكُمْ فَكَيْفَ آسَىٰ عَلَىٰ قَوْمٍ كُفِرِينَ ﴿١٧﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا فِي قَرْيَةٍ مِّن نَّبِيٍّ إِلَّا أَخَذْنَا أَهْلَهَا بِالْبَأْسَاءِ وَالضَّرَاءِ لَعَلَّهُمْ يَضَّرَّعُونَ ﴿١٥﴾

ثُمَّ بَدَّلْنَا مَكَانَ السَّيِّئَةِ الْحَسَنَةَ حَتَّىٰ عَفَوْا وَقَالُوا قَدْ مَسَّ آيَاتُنَا الضَّرَاءُ وَالسَّرَاءُ فَأَخَذْنَاهُمُ بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٦﴾

وَلَوْ أَنَّ أَهْلَ الْقُرَىٰ آمَنُوا وَاتَّقَوْا لَفَتَحْنَا عَلَيْهِم بَرَكَاتٍ مِّنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ وَلَٰكِن كَذَّبُوا فَأَخَذْنَاهُم بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٧﴾

أَفَأَمِّنَ أَهْلُ الْقُرَىٰ أَن يَأْتِيَهُمْ بَأْسًا بَيِّنًا وَهُمْ تَارِثُونَ ﴿١٨﴾

أَوَأَمِّنَ أَهْلُ الْقُرَىٰ أَن يَأْتِيَهُمْ بَأْسًا ضَاحِيًّا وَهُمْ يَلْعَبُونَ ﴿١٩﴾

أَفَأَمِنُوا مَكْرَ اللَّهِ ۗ فَلَا يَأْمَنُ مَكْرَ اللَّهِ إِلَّا الْقَوْمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٢٠﴾

أَوَلَمْ يَهْدِ لِلَّذِينَ يَرْتُدُّونَ الْأَرْضَ مِن بَعْدِ أَهْلِهَا أَن لَّو تَشَاءُ أَصَبْنَاهُمْ بِذُنُوبِهِمْ ۗ وَنَطْبَعُ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ﴿٢١﴾

102. Ebyo nno by'ebibuga bye tuku-tegezezzaako ku by'abifaako, era ddala baatuukibwako Ababaka baabwe n'obubonero obw'olwaatu, naye era tebaali ba kukkiriza ebyo bye baalimbisa olubereberye. Bw'atyo nno Allah bw'assa envumbo ku mitima gy'abatakkiriza.

تِلْكَ الْقُرَى نَقُصُّ عَلَيْكَ مِنْ أَنْبَاءِ هَاهُنَا وَالْقَدِيمَاتِ هُنَا وَمَا كَانُوا لِيُؤْمِنُوا بِمَا كَذَّبُوا مِنْ قَبْلُ كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِ الْكَافِرِينَ ﴿١٣﴾

103. Era tetwasanga kukuuma ndagaano mu basinga obungi mu bo, wabula twasanga nga abasinga obungi mu bo boononefu.

وَمَا وَجَدْنَا لِأَكْثَرِهِمْ مِنْ عَهْدٍ وَإِنْ وَجَدْنَا نَأْمُرُهُمْ لِمُفْسِقِينَ ﴿١٤﴾

104. N'oluvannyuma lwabwe twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe eri Farāwo n'abakungu be naye nebabusambajja. Kale laba enkomerero y'abatabuzitabuzi nga bwe yali!

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ مُوسَى بِآيَاتِنَا إِلَى فِرْعَوْنَ وَمَلَئِهِ فَظَلَمُوا بِهَا فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُفْسِدِينَ ﴿١٥﴾

105. Era Mūsa yagamba nti: Owange Farāwo, mazima ndi Mubaka ava eri Mukama w'ebitonde byonna.

وَقَالَ مُوسَى يُفِرْعَوْنُ رَبِّي رَسُولٌ مِنَ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦﴾

106. Nteekwa buteekwa obutayogera ku Allah okuggyako eby'amazima, era ddala nzize gye muli n'akabonero ak'olwaatu akava eri Mukama wammwe, n'olwekyo leka abaana ba Isirairi bagende nange.

حَقِيقٌ عَلَى أَنْ لَا أَقُولَ عَلَى اللَّهِ لَوْلَا الْحَقُّ أَكْذَبْتُكُمْ بِبَيِّنَةٍ مِنْ رَبِّكُمْ فَأَرْسِلْ مَعِيَ بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٧﴾

107. Farāwo n'agamba nti: Obanga ddala ozze n'akabonero, kale kaleete, obanga oli mw'abo ab'amazima.

قَالَ إِنْ كُنْتَ جِئْتَ بِآيَةٍ فَأْتِ بِهَا إِنْ كُنْتَ مِنَ الصّٰدِقِينَ ﴿١٨﴾

108. Olwo n'asuula omuggo gwe, okwejjukiriza nga gwe musota ogulabikira ddala.

فَأَلْقَى عَصَاهُ فَإِذَا هِيَ ثُعْبَانٌ مُّبِينٌ ﴿١٩﴾

109. Era n'aggyayo omukono gwe, okwejjukiriza nga mweeru tuku eri abalabi.

وَتَرَاهُ يَدُوهُ فَإِذَا هِيَ بَيْضَاءُ لِلنّٰظِرِينَ ﴿٢٠﴾

Ruku 14

110. Abakungu b'omu bantu ba Farāwo nebagamba nti: Mazima ono mulogo mukugu.

قَالَ الْمَلَأَمِنْ قَوْمِ فِرْعَوْنَ إِنَّ هَذَا لَسَجْدٌ عَلَيْكُمْ ﴿٢١﴾

111. Ky'ayagala kwe kubagoba mu nsi yammwe, naye muwa magezi ki?

يُرِيدُ أَنْ يُخْرِجَكُمْ مِنْ أَرْضِكُمْ فَمَا ذَاتَا مُرُونَ ﴿٢٢﴾

112. Nebagamba nti: Ogira omuleka, ye ne muganda we, otume mu bibuga abalaalisi,

قَالُوا أَرْضُهُ وَآخَاهُ وَارْسِلْ فِي الْمَدَائِنِ خَشْرِينَ ﴿٢٣﴾

113. Bakuleetere buli mulogo omukugu.

يَأْتُوكَ بِكُلِّ سَجْدٍ عَلَيْنَا ﴿٢٤﴾

114. Kale abalogo bwe bajja eri Farāwo, baagamba nti: Ddala tunaafuna empeera bwe tunaaba nga ffe bawanguzi?

وَجَاءَ السّحَرَةُ فِرْعَوْنَ قَالُوا إِنَّ لَنَا لَأَجْرًا إِنْ كُنَّا نَحْنُ الْغَالِبِينَ ﴿٢٥﴾

115. *Farāwo* n'agamba nti: Yee, era ddala mujja na kuba mw'abo ab'oku lusegere.

116. Nebagamba nti: Owange Mūsa, ggwe onosooka okusuulawo *ebibyo* oba ffe tunaasooka okusuulawo?

117. N'agamba nti: Mmwe muba musuulawo *okusooka*. Kale bwe baasuulawo, baabuzaabuza amaaso g'abantu era nebabatiisa nnyo kuba baaleeta eby'obulogo bisukkirivu.

118. Netubikkulira Mūsa nti : Suula omuggo gwo, okwejjukiriza nga gumize *byonna* bye bajinzejinze.

119. Kale amazima negakakata, bye baali bakoze nebisaaanawo.

120. Bwe batyo nebangulirwa awo, ne-bafuuka abanyoomoofu.

121. Era abalogo baawalirizibwa okugwa wansi nebauunama.

122. Nebagamba nti: Tukkiriza Mukama w'ebitonde *byonna*,

123. Mukama wa Mūsa ne Hārūna.

124. *Farāwo* n'agamba nti: Mumukkiriziza nga *nze* sinnaba na kubakkiriza? Mazima luno lukwe lwe musalidde mu kibuga mulyooke mukigobemu ba nnyini kyo, naye mangu nnyo mujja kumanya *ebinaavaamu*.

125. Mazima nzija kubatemako emikono gyammwe n'amagulu gammwe mu mpulinkanya, n'oluvannyuma mwenna nzija kubattira ku musaalaba.

126. Nebagamba nti: Mazima *era* tunaaba tuzze eri Mukama waffe.

127. Anti totubonereza lwa kirala wabula lwa kuba nti tukkiriza obubonero bwa Mukama waffe nga bututuuseeko. Mukama waffe, tuyiire obugumiikiriza era otufiise nga tuli bawulize.

Ruku 15

128. Era abakungu b'omu bantu ba *Farāwo* baagamba *Farāwo* nti: Abaffe, era onooleka Mūsa ne banne batabuletabile mu nsi era bakuleke *bw'omu* ne bakatonda bo? N'agamba nti: Mazima tujja kutta batabani baabwe tulekewo bakazi baabwe, era ddala ffe b'obuyinza ku bo.

قَالَ نَعَمْ وَإِنَّكُمْ لَمِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿١١٥﴾

قَالُوا يَمْوَسَىٰ آتَاكَ أَن تُلْقِي وَإِنَّمَا أَن
تَكُونَ نَحْنُ الْمُلْقِينَ ﴿١١٦﴾

قَالَ الْقَوَاهِ فَلَمَّا انْقَضُوا سَحَرُوا أَعْيُنَ
النَّاسِ وَاشْتَرَاهُمُوهُمْ وَجَاءُوا
بِسِحْرِ عَظِيمٍ ﴿١١٧﴾

وَإِذْ حِينًا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنَّ أَلْقَىٰ عَصَاكَ
فَإِذْ هِيَ تَلْقَفُ مَا يَأْفِكُونَ ﴿١١٨﴾

فَوَقَعَ الْحَقُّ وَبَطَلَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١١٩﴾
فَغَلَبُوا هُنَاكَ وَانْقَلَبُوا صَاحِرِينَ ﴿١٢٠﴾

وَأَلْقَى السَّحَرَةُ سِحْرَ بَيْنٍ ﴿١٢١﴾

قَالُوا إِنَّمَا سَرِيبٌ الْعَلَمِينَ ﴿١٢٢﴾

رَيْبٌ مُّوسَىٰ وَهَرُونَ ﴿١٢٣﴾

قَالَ فِرْعَوْنُ أَمَنْتُمْ بِهِ قَبْلَ أَنْ آذَنَ
لَكُمْ إِنَّ هَذَا لَمَكْرٌ مَّكْرُتُمْوهُ فِي
الْمَدْيَنَةِ لِتُخْرِجُوا مِنْهَا أَهْلَهَا
فَسَوْفَ تَعْلَمُونَ ﴿١٢٤﴾

لَا قُطْعَنَ أَيْدِيكُمْ وَأَرْجُلِكُمْ مِّنْ
خِلَافٍ ثُمَّ لَا صَلْبَتِكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿١٢٥﴾

قَالُوا إِنَّا إِلَىٰ رَبِّنَا مُنْقَلِبُونَ ﴿١٢٦﴾

وَمَا تَنْقِمُونَ مِنَّا إِلَّا أَن آمَنَّا بِآيَاتِ رَبِّنَا
لَمَّا جَاءَتْنا إِنَّا كَرِهْنَا آفِرًا عَلَيْنَا صَبْرًا
وَتَوَقَّنا مُشْرِكِينَ ﴿١٢٧﴾

وَقَالَ الْمَلَأُ مِنَ قَوْمِ فِرْعَوْنَ أَتَدْرُ
مُوسَىٰ وَقَوْمَهُ لِيَفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ
وَيَذَرَكُ وَالْهَمَّتْ قَالَ سَنَقْتُلُ
أَبْنَاءَهُمْ وَنَسْتَحْيِي نِسَاءَهُمْ وَإِنَّا
فَوْقَهُمْ قَاهِرُونَ ﴿١٢٨﴾

129. Mūsa n'agamba abantu be nti: Musabe Allah obuyambi era mugumiikirize. Mazima ensi ya Allah, y'agisikiza oyo gw'aba ayagadde mu baweerza be, era enkomerero ennungi y'abo abatya Allah.

قَالَ مُوسَى لِقَوْمِهِ اسْتَعِينُوا بِاللَّهِ وَاصْبِرُوا إِنَّ الْأَرْضَ لِلَّهِ يُورِثُهَا مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ وَالْعَاقِبَةُ لِلْمُتَّقِينَ ﴿١٢٩﴾

130. Nebagamba nti: Twakijjanyizibwa dda nga tonnaba na kututuukako, n'oluvannyuma nga omaze okututuukako. Mūsa n'agamba nti: Kyandiba nti Mukama wammwe anaatera okuzikiriza omulabe wammwe era mmwe abafuule abasika mu nsi, olwo Alabe nga nammwe bwe munaakola.

قَالُوا أَوْذَيْنَا مِنْ قَبْلُ أَنْ تَأْتِينَا وَ مِنْ بَعْدِ مَا جِئْتَنَا قَالَ عَسَى رَبُّكُمْ أَنْ يُهْلِكَ عَدُوَّكُمْ وَيَسْتَخْلِفَكُمْ فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرَ كَيْفَ تَعْمَلُونَ ﴿١٣٠﴾

Ruku 16

131. Era mazima twakangavvula abantu ba Farāwo n'ekyeya, n'okukendeeza ebibala, balyooke beddemu.

وَلَقَدْ أَخَذْنَا آلَ فِرْعَوْنَ بِالسِّنِينَ وَ نَقْصِ دَنِّ الثَّمَارِ لَعَلَّهُمْ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٣١﴾

132. Naye nga bwe batuukibwako ekirungi, bagamba nti: Kino kyaffe. Naye nga bwe batuukibwako akabi, ekikwa nga bakiteeka ku Mūsa n'abali naye. Mwetegereze, ddala ekikwa kyabwe kiva eri Allah, naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

فَإِذَا جَاءَ ثَمَرُ الْحَسَنَةِ قَالُوا لَنَا هَذَا وَ إِنْ نُصِيبُهُمْ سَيْئَةٌ يُطَيَّرُوا بِمُوسَى وَمَنْ مَعَهُ إِلَّا إِنَّمَا يَطِيرُهُمْ عِنْدَ اللَّهِ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ لَا يَخْلَمُونَ ﴿١٣٢﴾

133. Era baagamba nti: Mazima ne bw'otulectera buli kabonero mbu otubuzeebuze nako, ddala tetujja kukukkiriza.

وَ قَالُوا مَهْمَا تَأْتِنَا بِهِ مِنْ آيَةٍ لِيَتَسَخَّرَنَا بِهَا قَمَا نَحْنُ لَكَ بِمُؤْمِنِينَ ﴿١٣٣﴾

134. Kale twabaweerza omuyaga n'enzige n'ensekere, n'ebikere, n'omusaayi, nga bwe bubonero obwetadde; naye beekuza era baali bantu boonoonyi.

فَأَرْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الطُّوفَانَ وَ الْجَرَادَ وَ الْقُمَّلَ وَ الضَّفَادِعَ وَ الدَّمَ آيَاتٍ مُفَصَّلَاتٍ فَاسْتَكْبَرُوا وَ كَانُوا قَوْمًا مُجْرِمِينَ ﴿١٣٤﴾

135. Naye bwe baamala okugwibwako ekibonerezo nebagamba nti: Owange Mūsa, tusabire eri Mukama wo ku lw'ebyo bye yakusuubiza. Kale bw'onootuggyako ekibonerezo, mazima tujja kukukkiriza era ddala tujja kuleka abaana ba Isirairi bagende naawe.

وَ كَمَا وَقَعْنَا عَلَيْهِمُ الرِّجْزَ قَالُوا يَمُوسَى اذْءُ كُنَّا رَبُّكَ بِمَا عَاهَدَ عِنْدَكَ بِأَنْ لَنْ يَكْفُرَ عَنَّا الرِّجْزُ لَنُؤْمِنَنَّ لَكَ وَ لَنْ نُرْسِلَنَّ مَعَكَ بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٣٥﴾

136. Naye bwe twamala okubaggyako ekibonerezo olw'ekiseera ekyagerebwa kye baali ab'okutuukako, okwejjjuukiriza nga beefudde.

فَلَمَّا كَشَفْنَا عَنْهُمُ الرِّجْزَ إِلَى آجَلٍ هُمْ بَالِغُوهُ إِذْ هُمْ يُنكَعُونَ ﴿١٣٦﴾

137. Kale twesasuzu gye bali netubasaan-yizaawo mu nnyanja, olw'okubanga baalimbisa obubonero bwaffe era tebaabufangako.

138. Era abantu abo abaatwalibwanga nti tebesobola be twasikiza ebuvanjuba w'ensi gye twassaamu omukisa n'ebugwanjuba wa yo, olwo ekigambo kya Mukama wo eky'ekisa ne kituukirira ku baana ba Isirairi kubanga baagumiikiriza, era netuzikiriza ebyo Farāwo n'abantu be bye baali bakola n'ebyo bye baali bazimbye.

139. Era twasomosa abaana ba Isirairi ennyanja, kale nebatuuka ku bantu abasinza amasanamu gaabwe. *Abaisirairi* nebagamba nti: Owange Mūsa, naffe tukolereyo omusinzibwa nga *bano* bwe balina abasinzibwa. N'agamba nti: Mazima muli bantu abeesiruwaza.

140. Mazima bano bye balina *byonna* bya kuzikirizibwa, ne bye bakola temuli nsa.

141. N'agamba nti: Abaffe, era mbanoo-nyezeeyo omusinzibwa omulala atali Allah ng'ate Ye y'eyabasukkulumya ku bantu *b'ebiro bino*?

142. Era *mujjukire* nga bwe twabawonya abantu ba Farāwo, abaababonyabonyanga n'ekibonerezo ekibi, nga batta batabani bammwe nebalekawo bakazi bammwe. Era mw'ekyo mwalimu ekigezo kisuffu ku lwammwe nga kiva eri Mukama wammwe.

Ruku 17

143. Era twalagaanya Mūsa ebiro amakumi asatu ne tubijjuuliriza n'ekkumi. Bwe kityo eky'ebiro ekyagerekebwa Mukama we eky'ennaku amakumi ana nekituukirira. Bw'atyō Mūsa n'agamba muganda we Hārūna nti: Beera omusigire wange mu bantu bange era tereza *byonna*, naye togoberera ekkubo ly'abatabuzitabuzi.

144. Era awo Mūsa bwe yajja ku kiseera kyaffe ekyagerekebwa, ne Mukama we n'ayogera naye, yagamba nti: Mukama

فَانْتَقَمْنَا مِنْهُمْ فَأَغْرَقْنَاهُمْ فِي
الْيَمِّ يَأْتُهُمْ كَذُبًا بِآيَاتِنَا وَ
كَانُوا عَنْهَا غَافِلِينَ ﴿١٣٧﴾

وَ أَوْرَثْنَا الْقَوْمَ الَّذِينَ كَانُوا
يُشْتَعَفُونَ مَشَارِقَ الْأَرْضِ وَمَعَارِبَهَا
الَّتِي بَرَكْنَا فِيهَا ۖ وَ تَمَّتْ كَلِمَتُ
رَبِّكَ الْحُسْنَىٰ عَلَىٰ بَنِي إِسْرَائِيلَ ۚ بِمَا
صَبَرُوا ۖ وَ دَمَرْنَا مَا كَانُوا يَصْنَعُونَ
فِرْعَوْنَ وَ قَوْمَهُ ۖ وَ مَا كَانُوا
يَعْرِشُونَ ﴿١٣٨﴾

وَ جَاوَزْنَا بِبَنِي إِسْرَائِيلَ الْبَحْرَ
فَاتَّوَا عَلَىٰ قَوْمٍ يَكْفُفُونَ عَلَىٰ آصُنَا
لَهُمْ ۚ قَالُوا يَا مُوسَىٰ اجْعَلْ لَنَا آلِهًا
كََمَا لَهُمْ آلِهَةٌ ۚ قَالَ إِنَّكُمْ قَوْمٌ
تَجَاهِلُونَ ﴿١٣٩﴾

إِنَّ هَؤُلَاءِ مُتَبَرِّجُونَ فِيهِ ۖ وَ بَطِلٌ
مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٤٠﴾
قَالَ أَعْيَزُ لَكَ اللَّهُ أَبْعِيكَم إِلَهَا ۖ وَ هُوَ
فَضَّلَكُمْ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿١٤١﴾

وَ إِذْ أَنْجَيْنَاكُمْ مِنْ آلِ فِرْعَوْنَ
يَسْؤُمُونَكُمْ سُوءَ الْعَذَابِ ۚ يُقْتُلُونَ
أَبْنَاءَكُمْ ۖ وَيَسْتَعْبِدُونَ نِسَاءَكُمْ ۚ
وَ فِي ذَلِكُمْ بَلَاءٌ مِّن رَّبِّكُمْ عَظِيمٌ ﴿١٤٢﴾

وَ وَعَدْنَا مُوسَىٰ ثَلَاثِينَ لَيْلَةً ۖ
أَتَمَّمْنَاهَا بِعَشْرِ فِتْنَةٍ ۖ وَ يَتَّقَاتُ رِبِّهَ
أَرْبَعِينَ لَيْلَةً ۚ وَ قَالَ مُوسَىٰ لِأَخِيهِ
هَارُونَ أَخْلِفْ نِي فِي قَوْمِي ۖ وَ اصْلِحْ وَلَا
تَتَّبِعْ سَبِيلَ الْمُفْسِدِينَ ﴿١٤٣﴾

وَ لَمَّا جَاءَ مُوسَىٰ لِمِيثِقَاتِنَا وَ كَلَّمَهُ
رَبُّهُ ۚ قَالَ رَبِّ ارْنِنِي ۖ أَنْظُرْ إِلَيْكَ ۚ

wange, nneeraga nkulabeko. Allah n'agamba nti: Toyinza kundaba, wabula tunula eri olusozi. Kale bwe lunaasigala mu kifo kya lwo, olwo nga onondaba. Kale Mukama we bwe yeeyoleka eri olusozi, yalufuula lusensebufu, ne Mūsa n'agwa wansi n'azirika. Naye bwe yadda engulu, n'agamba nti: Obutuukirivu bubwo! Mboneredde gy'oli era nze mubereberye mu bakkiriza.

145. Allah n'agamba nti: Owange Mūsa, nze nnakulonda ku bantu olw'obubaka bwange n'ebigambo byange. Kale nyweza ebyo bye nnakuwa era obeere mw'abo abeebaza.

146. Era twamuwandiikira ku bipande okubuulirira okufa ku buli kimu n'okuttottola kwa buli kimu *netugamba nti*: Kale bikwate n'amaanyi era olagire abantu bo bagoberere ebyo ebisinga obulungi mu byo. Mangu nnyo nzija kubalaga amaka g'aboonoonefu.

147. Era nzija kwewaza obubonero bwange abo abeekulumbaliza mu nsi awatali nsonga, era nga ne bwe balaba obubonero obwa buli ngeri, tebabukkiriza. Ate bwe balaba ekkubo ery'obulung'amu, tebalitwala ng'ekuboo. Naye bwe balaba ekkubo ery'obubuze, eryo lye batwala ng'ekuboo. Ekyo lwa kubanga baalimbisa obubonero bwaffe, era baalinga tebabuafaako.

148. Era abo abaalimbisa obubonero bwaffe n'okusisinkana kw'enkomerero, ebikolwa byabwe byayonooneka. Baffe, balisasulwawo *ekirala* okuggyako ebyo bye baakola?

Ruku 18

149. Era abantu ba Mūsa ng'avuddewo baakola mu by'amajolobera gaabwe ennyana — nga kibiribiri ekirimu okung'oo- ng'a. Abaffe, baali tebalaba nti teyogera nabo era nti tebalung'anya mu kkuho? Baagifuula *ekisinzibwa* era baali boonoonefu.

150. Naye bwe beekuba mu bifuba byabwe nebalabira ddala nga babuze, nebagamba nti: Mukama waffe bw'ataatusasire n'atusonyiwa, mazima tujja kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

قَالَ لَنْ تَرْضَيْنِي وَلَكِنْ انظُرِي إِلَى الْجَبَلِ فَإِنِ اسْتَقَرَّ مَكَانَهُ فَسَوْفَ تَرْضَيْنِي ۗ فَلَمَّا تَجَلَّى رَبُّهُ لِلْجَبَلِ جَعَلَهُ دَكًّا وَخَرَّ مُوسَى صَعِقًا ۗ فَلَمَّا أَفَاقَ قَالَ سُبْحَانَكَ تُبْتُ إِلَيْكَ وَأَنَا أَوَّلُ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٤٥﴾

قَالَ يَمُوسَى إِنِّي اصْطَفَيْتُكَ عَلَى النَّاسِ بِرِسْلَتِي وَبِكَلَامِي ۖ فَخُذْ مَا آتَيْتُكَ وَكُنْ مِنَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٤٥﴾

وَكَتَبْنَا لَهُ فِي الْأَنْوَاجِ مِنْ حُلِّي نَهْيٍ ۗ مَوْعِظَةً وَتَفْصِيلًا لِكُلِّ شَيْءٍ ۗ فَخُذْهَا بِقُوَّةٍ وَأْمُرْ قَوْمَكَ يَأْخُذُوا بِأَحْسَنِهَا ۗ سَأُورِيكُمْ آدَاءَ الْفَاسِقِينَ ﴿١٤٦﴾ سَأَصْرِفُ عَنْ آيَاتِيَ الَّذِينَ يَتَكَبَّرُونَ فِي الْأَرْضِ بِخَيْرِ الْحَقِّ ۗ وَإِنْ يَرَوْا كَلِمَ آيَةٍ لَا يُؤْمِنُونَ بِهَا ۗ وَإِنْ يَرَوْا سَبِيلَ الرُّشْدِ لَا يَتَّخِذُوهُ سَبِيلًا ۗ وَإِنْ يَرَوْا سَبِيلَ الْعَنِيِّ يَتَّخِذُوهُ سَبِيلًا ۗ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَكَانُوا عَنْهَا غَافِلِينَ ﴿١٤٧﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَرِجَاءِ الْآخِرَةِ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ ۗ هَلْ يُجْزَوْنَ إِلَّا مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٤٨﴾

وَاتَّخَذَ قَوْمُ مُوسَى مِنْ بَعْدِهِ مِنْ حُلِيِّهِمْ عِجْلًا جَسَدًا آلَهُ خَوَافًا ۗ أَلَمْ يَرَوْا أَنَّهُ لَا يُكَلِّمُهُمْ وَلَا يَهْدِيهِمْ سَبِيلًا ۗ اتَّخَذُوهُ وَكَانُوا ظَالِمِينَ ﴿١٤٩﴾

وَلَمَّا سَقَطَ فِي أَيْدِيهِمْ وَرَأَوْا أَنَّهُمْ قَدْ ضَلُّوا ۗ قَالُوا لَئِن لَّمْ يَرْحَمْنَا رَبُّنَا وَيَغْفِرْ لَنَا لَنَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿١٥٠﴾

151. Era awo Mūsa bwe yaddayo eri abantu be nga musunguwavu *nnyo era* nga munakuwavu, n'agamba nti: Engeri gye mwanzirira mu bigere nga nvuddewo nga mbi nnyo! Abaffe, *Iwaki* mwayanguyiriza *okumenya* ekiragiro kya Mukama wammwe? Olwo n'assa ebipande wansi, n'akwata omutwe gwa muganda we nga amuwalulira gy'ali. *Muganda* we n'agamba nti: Mwana wa nnyabo, mazima abantu bano bannyoomodde nnyo era baabuze kata banzite, kale tonneyagalizaako balabe era tonteeka wamu n'abantu aboonoonefu.

152. *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange, mbikkirira ne muganda wange era otuyingize mu kusaasira kwo; anti Ggwe Musaasizi asinga abasaasizi bonna.

Ruku 19

153. Mazima abo abaakola ennyana *okugisinja* bajja kutuukibwako obusungu obuva eri Mukama waabwe n'obuswaavu mu bulamu bw'oku nsi. Era bwe tutyo bwe tutasula abajingajinga.

154. Era abo abakola ebibi naye oluvannyuma lwa byo nebabonerera era nebakkiriza, mazima Mukama wo oluvannyuma lwa byo, ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

155. Era Mūsa obusungu bwe bwamuggwako, n'akwata ebipande nga mu buwandiike bwa byo mulimu obulung'amu n'okusaasira eri abo abatya Mukama waabwe.

156. Era Mūsa yalonda mu bantu be abasajja nsanvu olw'ekiseera kyaffe *kye twamulagaanya*. Bwe baakwatibwa musisi, *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange, singa wayagala, waalibazikirizza olubereberye era nange. Abaffe, on'otuzikiriza olw'ebyo abasiru mu ffe bye baakola? Kino si kirala wabula kugezesa kwo. Okuzikirizisa oyo gw'oba osalidde, n'olung'anya oyo gw'oba osiime. Ggwe Muyambi waffe, kale tusonyiwe era otusaasire; anti Ggwe osinga abasonyiyi bonna.

157. Era tuwandiikeko ebirungi ku nsi kuno ne ku nkomerero, mazima ffe twolekedde gy'oli *otuddiremu*. *Allah* n'agamba nti: Ekibonerezo kyange nkituusa kw'oyo gwemba nsalidde; naye okusaasira

وَلَمَّا رَجَعَ مُوسَىٰ إِلَىٰ قَوْمِهِ غَضْبَانَ
أَسْفًا ۖ قَالَ بُحْسَمًا خَلَفْتُمُونِي مِن
بَعْدِي ۖ أَعْجَلْتُمُ أَمْرَ رَبِّكُمْ ۖ وَاللَّي
الْأُولَا ۖ وَأَخَذَ بِرَأْسِ أَخِيهِ يَجُرُّهُ
إِلَيْهِ ۖ قَالَ ابْنَ أُمَّ إِنَّ الْقَوْمَ
اشْتَضَفُونِي وَكَادُوا يَقْتُلُونَنِي ۖ
فَلَا تُشْمِتْ بِيَ الْأَعْدَاءَ وَلَا تَجْعَلْنِي
مَعَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٥١﴾

قَالَ رَبِّ اغْفِرْ لِي وَرَأْسِي ۖ وَادْخُلْنَا فِي
رَحْمَتِكَ ۖ وَأَنْتَ أَرْحَمُ الرَّاحِمِينَ ﴿٥٢﴾

إِنَّ الَّذِينَ اتَّخَذُوا الْعِجْلَ سَيِّئًا لَّهُمْ
غَضَبٌ مِّن رَّبِّهِمْ وَذِلَّةٌ فِي الْحَيَاةِ
الدُّنْيَا ۖ وَكَذَلِكَ نَجْزِي الْمُفْتَرِينَ ﴿٥٣﴾
وَالَّذِينَ عَمِلُوا السَّيِّئَاتِ ثُمَّ تَابُوا
مِنْ بَعْدِهَا وَأَمَّنُوا ۖ إِنَّ رَبَّكَ مِن بَعْدِهَا
لَعَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿٥٤﴾

وَلَمَّا سَكَتَ عَن مُّوسَىٰ الْغَضَبَ أَخَذَ
الْأُولَا ۖ وَفِي نَسْحَتِهَا هُدًى وَرَحْمَةٌ
لِّلَّذِينَ هُمْ لِرَبِّهِمْ يَزْهَبُونَ ﴿٥٥﴾

وَإِخْتَارَ مُوسَىٰ قَوْمَهُ سَبْعِينَ رَجُلًا
رِّمِيْقًا رِّنَا ۖ فَلَمَّا أَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ
قَالَ رَبِّ لَوْ شِئْتَ أَهْلَكْتَهُم مِّن قَبْلُ
وَإِيَّايَ ۖ أَتُهْلِكُنَا بِمَا فَعَلَ الشُّفَهَاءُ مِنَّا ۖ
إِن هِيَ إِلَّا فِتْنَتُكَ ۖ تُضِلُّ بِهَا مَن تَشَاءُ
وَتَهْدِي مَن تَشَاءُ ۖ إِنَّكَ وَأَنْتَ وَرَبُّنَا
عَافِيْرُنَا ۖ وَارْحَمْنَا ۖ وَأَنْتَ خَيْرُ
الْعَافِيْرِينَ ﴿٥٦﴾

وَإِنَّكَ لَنَافِي هَذِهِ الدُّنْيَا حَسْبَةٌ
وَفِي الْآخِرَةِ ۖ إِنَّا هُنَا رَابِعًا ۖ قَالَ
عَذَابِي أَصِيْبُ بِهِ مَن أَشَاءُ ۖ وَرَحْمَتِي

kwange kwabuna ku buli kimu; kale ddala nzija kukuwandiika kw'abo abeekuuma era ne batoola zaka, n'abo abakkiriza Aya zaffe—

158. Abo abagoberera Omubaka, Nabbi atali muyigirize, oyo gwe basanga nga yawandiikibwa mu Tawureti ne mu Njiri ebyo bye bali nabyo. Abalagira ebituufu, n'abaziyiza ebitasaana, era abakkiriza ebirongoofu, n'abawera ebibi, era abatikkulako obuzito bwabwe n'enjegere ezo ezaabaliko. Kale abo abamukkiriza era nebamuwagira, nebamuyamba, era nebagoberera obutangaavu obwo obwassibwa awamu naye, abo nno be baliganyulwa.

Ruku 20

159. Gamba nti: Abange mmwe abantu, mazima nze ndi Mubaka wa Allah gye muli mwenna. *Natumwa* Oyo nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi. Teri musinzibwa *mulala* okuggyako Ye. Y'awa obulam era y'afiisa. Kale mukkirize Allah n'Omubaka we, Nabbi atali muyigirize, oyo akkiriza Allah n'ebigambo bye; era mumugoberere, lwe mujja okulung'ama.

160. Era mu bantu ba Musa mulimu abantu abalung'ama n'amazima era nga ku go kwe bakolera obwenkanya.

161. Era twabakutulakutulamu ebika *ebyafuuka* amawanga kkumi n'abiri, era netubikkulira Muša awo nga abantu be bamusabye amazzi ag'okunywa nti: Kuba olwazi n'omuggo gwo, olwo nelufukumu-kamu ensulo kkumi nabbiri, buli bantu nebamanya obunywero bwabwe. Netusiikiriza waggulu waabwe ebire era netubassiza Manna ne Saliwa. Mulye ku birongoofu bye twabagabula, naye tebaalyaazaamaanya Ffe, wabula beeryazaamaanya bokka.

وَسَعَتْ كُلُّ شَيْءٍ ۖ فَسَآخَتْبَهَا
 لِلَّذِينَ يَتَّقُونَ ۖ وَيُؤْتُونَ الرِّكَوَةَ
 وَالَّذِينَ هُمْ بِآيَاتِنَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٥٧﴾
 الَّذِينَ يَتَّبِعُونَ الرَّسُولَ النَّبِيَّ
 الْأَرْحَمَ الَّذِي إِجْدُ وَهُوَ مَكْتُوبًا
 عِنْدَهُمْ فِي التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ ۖ
 يَأْمُرُهُمْ بِالْمَعْرُوفِ وَيَنْهَاهُمْ عَنِ
 الْمُنْكَرِ وَيُحِلُّ لَهُمُ الطَّيِّبَاتِ وَيُحَرِّمُ
 عَلَيْهِمُ الْغَبَائِثَ وَيَضَعُ عَنْهُمْ
 إِصْرَهُمْ وَالْأَغْلَالَ الَّتِي كَانَتْ
 عَلَيْهِمْ ۚ فَاَلَّذِينَ أَمْتُوا بِهِ وَعَزَّرُوهُ
 وَنَصَرُوهُ وَاتَّبَعُوا النُّورَ الَّذِي أُنزِلَ
 مَعَهُ ۗ أُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٥٨﴾
 قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ
 إِلَيْكُمْ جَمِيعًا ۖ الَّذِي لَهُ مُلْكُ
 السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُحْيِي
 وَيُمِيتُ ۗ فَآمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ
 النَّبِيِّ الْأَرْحَمِ الَّذِي يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَ
 كَلِمَاتِهِ ۗ وَاتَّبِعُوهُ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿١٥٩﴾
 وَمَنْ قَوْمُ مُوسَىٰ أُمَّةٌ يَهْدُونَ بِالْحَقِّ
 وَبِهِ يَعْدِلُونَ ﴿١٦٠﴾
 وَقَطَعْنَاهُمْ اِثْنَتَيْ عَشْرَةَ آسَابًا طًا
 أُمَّةً ۗ وَآوَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ إِذْ
 اسْتَشَقَّهُ قَوْمُهُ ۗ إِنَّ اضْرِبَ بِعَصَاكَ
 الْحَجَرَ ۗ فَانْبَجَسَتْ مِنْهُ اِثْنَتَا عَشْرَةَ
 عَيْنًا ۗ قَدْ عَلِمَ كُلُّ أُنَاسٍ مَّشْرَبَهُمْ ۗ
 وَظَلَّلْنَا عَلَيْهِمُ الْغَمَامَ ۗ وَأَنزَلْنَا عَلَيْهِمُ
 الْمَنَّٰنَ وَالسَّلٰوٰى ۗ كُلُّوْا مِنْ طَيِّبَاتِ مَا
 رَزَقْنَاكُمْ ۗ وَ مَا ظَلَمُونَا وَلٰكِنْ كَانُوْا
 اَنْفُسَهُمْ يَظْلِمُوْنَ ﴿١٦١﴾

162. Era awo bwe baagambibwa nti: Mutuule mu kibuga kino mulye mu kyo wonna nga bwe mwagala era mugambe nti: Tutikkuleko obuzito bwaffe. Era muyingire mu mulyango n'obuwulize, tujja kubasonyiwa ebibi byammwe. Era ddala tujja kwongeza abakozi b'ebirungi.

163. Naye aboononyi mu bo baakyusaamu ekigambo *ekirala* ekitaali ekyo ekyabagambibwa. Kale netubaweereza ekibonerezo okuva mu ggulu olw'ebikyaamu bye baakolanga.

Ruku 21

164. Era babuuze ebyafa ku kibuga ekyo ekyali kiri ku nnyanja awo bwe bavvoola Sabbiiti, awo eby'ennyanja byabwe bwe byabajjiranga ku lunaku lwa Sabbiiti yaabwe nebirabika ne kungulu *ku mazzi*, so nga ku lunaku lwe bataabanga mu Sabbiiti, tebyabajjiranga. Bwe tutyo nno bwe twabagezesa kubanga baali bajeemu.

165. Era awo ekibiina ekimu mu bo bwe kyagamba nti: Lwaki mubuulirira abantu Allah b'agenda okuzikiriza oba okubonereza ekibonerezo ekikakali? Baagamba nti: Lwa kweggyako musango eri Mukama wammwe, era nti ob'olyawo banaatya Allah.

166. Naye bwe beerabira ebyo bye baabulirirwako, twawonya abo abaaziyiza ebibi, netukangavvula abo abakyaamu n'ekibonerezo eky'akabi olw'ebibi bye baakolanga.

167. Kale bwe baajeemera ddala kw'ebyo ebyabaziyizibwa, twabagamba nti: Mufuuke nkima ennyoomoofu.

168. Era *jjukira* nga Mukama wo bwe yalangirira nti mazima agenda kubaweereza abo abalibabonyaabonya n'ekibonerezo ekibi okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira. Mazima Mukama wo mwangu nnyo mu kubonereza, era ddala ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

169. Era twabakutulakutulamumu ebibiina mu nsi nga mu bo mulimu abakozi b'ebirungi

وَرَادُ قَبِيلٍ لَهُمْ اسْكُنُوا هَذِهِ الْقَرْيَةَ
وَ كُلُوا مِنْهَا حَيْثُ شِئْتُمْ وَ قُولُوا
حِطَّةً وَ ادْخُلُوا الْبَابَ سُجَّدًا نَغْفِرْ
لَكُمْ خَطِيئَتِكُمْ سَتَرْتُكُمْ عَنْ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٦٦﴾

فَبَدَّلَ الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْهُمْ قَوْلًا
غَيْرَ الَّذِي قِيلَ لَهُمْ فَأَرْسَلْنَا
عَلَيْهِمْ رِجْزًا مِنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا
يَظْلِمُونَ ﴿١٦٧﴾

وَسَأَلَهُمْ عَنِ الْقَرْيَةِ الَّتِي كَانَتْ
حَاضِرَةً لِبَنِي إِسْرَائِيلَ إِذْ يَعْدُونَ فِي السَّبْتِ
إِذْ تَأْتِيهِمْ حِثًّا لَهُمْ يَوْمَ سَبْتِهِمْ
شُرَّعًا وَيَوْمَ لَا يَسْبِتُونَ لَا تَأْتِيهِمْ
كَذَلِكَ تَبْلُوهُمْ بِمَا كَانُوا
يَفْسُقُونَ ﴿١٦٨﴾

وَ إِذْ قَالَتْ أُمَّةٌ مِنْهُمْ لِمَ تَعِظُونَ
قَوْمًا إِنْ أَلَّاهُ مُهْلِكُهُمْ أَوْ مُعَذِّبُهُمْ
عَذَابًا شَدِيدًا قَالُوا مَعْذِرَةً إِلَى
رَبِّكُم وَ لَعَلَّهُمْ يَتَّقُونَ ﴿١٦٩﴾
فَلَمَّا تَسَوَّأْنَا دُجْرُوا بِهِ أَنْجَيْنَا
الَّذِينَ يَتَّقُونَ مِنَ الشُّرُوءِ وَ أَخَذْنَا
الَّذِينَ ظَلَمُوا بِعَذَابٍ بَئِيسٍ بِمَا
كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿١٧٠﴾

فَلَمَّا عَتَوْا عَنْ مَا نُهُوا عَنْهُ قُلْنَا
لَهُمْ كُونُوا قِرَدَةً خَاسِئِينَ ﴿١٧١﴾
وَ إِذْ تَأْتِيَنَّكَ رِجْزًا وَلِيُبْعَثَنَّ عَلَيْهِمْ
إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ مَنْ يَسُؤُهُمْ
شُرُوءَ الْعَذَابِ إِنَّ رَبَّكَ لَسَرِيعُ
الْحَقَاقِبِ وَ إِنَّهُ لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٧٢﴾

وَ قَطَّعْنَاهُمْ فِي الْأَرْضِ أُمَمًا مِنْهُمْ
الضَّالِّحُونَ وَ مِنْهُمْ دُونَ ذَلِكَ رُ

ne mu bo nga mulimu abatali batyo. Era twabagezesa n'ebirungi n'ebibi, balyooke beddemu.

170. Kale oluvannyuma lwabwe, abasika ababi abaabaddira mu bigere, abasikira Ekitabo, baatwala eby'obugagga bw'ensi eno etaliimu nsa nga ky'ekikulu nga bagamba nti: Biritusonyiyibwa. So nga ne bwe batuukibwako eby'obugagga ebirala ebibifaanana, babitwaala. Abaffe, tebaggyibwako ndagaano mu Kitabo nti teboogerenga ku Allah okuggyako eby'amazima ne basoma n'ebikirimu? Naye amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi eri abo abatya Allah. Abaffe, temutegeera?

171. Era abo abanywerera ku Kitabo era ne-bajjumbira essaala, mazima Ffe tetufiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

172. Era mujjukire nga bwe twasulika olusozi waggulu waabwe neruba ng'ekidaala, era nebalwooza nti lugenda kubagwako. *Netugamba nti:* Mukwate n'amaanyi ebyo bye twabawa era mujjukire ebikirimu, lwe mujja okwekuuma

Ruku 22

173. Era jjukira nga Mukama wo bwe yaggya mu migongo gy'abaana ba Adamu abaana baabwe era n'abafuula abeewako bokka obujulizi, n'ababuuzza nti: Abange, si Nze Mukama wammwe? Nebaddamu nti: Yee, tukakasa. *Ekyo yakikola,* muleme kwogera ku lunaku lw'okuzuukira nti: Ffe bino tetwabimanyaako,

174. Oba mmwe okugamba nti: Mazima ba kitaffe edda be benkanyanga Allah n'ebirala, naye ffe twali zzadde lya luvannyuma lwabwe. Abaffe, onotuzikiriza olw'ebyo ebyakolwa abalimba?

175. Era bwe tutyo bwe tutottola okulabula, balyooke badde gye tuli.

176. Era basomere ebyafa kw'oyo gwe twawa obubonero bwaffe n'abwesowolamu, olwo Sitaani n'amulondoola; kale n'abamw'abo abaawaba.

بَكَوْهُمْ بِالْحَسَنَاتِ وَالسَّيِّئَاتِ لَعَلَّهُمْ
يَرْجِعُونَ ﴿١٦٩﴾

فَخَلَفَ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفٌ وَرِثُوا
الْكِتَابَ يَا خُدُودَ عَرَضَ هَذَا الْأَدْنَى
وَيَقُولُونَ سَيُعَذِّبُنَا اللَّهُ وَإِنَّا يَا رَبِّهِمْ
عَرَضٌ مِثْلَهُ يَأْخُذُهُ أَلَمْ يَأْخُذْ
عَلَيْهِمْ مِثْلَ مَا فِي الْكِتَابِ أَنْ لَا يَقُولُوا
عَلَى اللَّهِ إِلَّا الْحَقَّ وَدَرَسُوا مَا فِيهِ ۗ
وَالَّذِينَ الْأَخْرَجَهُ خَيْرٌ لِلَّذِينَ يَتَّقُونَ ۗ
أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٧٠﴾

وَالَّذِينَ يُمَسِّكُونَ بِالْكِتَابِ وَ
أَقَامُوا الصَّلَاةَ ۗ إِنَّا لَا نَضِيعُ أَجْرَ
الْمُضِلِّينَ ﴿١٧١﴾

وَإِذْ نَتَقْنَا الْجَبَلَ فَوْقَهُمْ كَأَنَّهُ
ظُلَّةٌ وَظَنُّوا أَنَّهُ وَاقِعٌ بِهِمْ ۗ خُذُوا
مَا آتَيْنَاكُمْ بِقُوَّةٍ ۖ وَادْكُرُوا مَا فِيهِ
لَعَلَّكُمْ تَتَّقُونَ ﴿١٧٢﴾

وَإِذْ أَخَذَ رَبُّكَ مِنْ بَنِي آدَمَ مِنْ
ظُهُورِهِمْ ذُرِّيَّتَهُمْ وَأَشْهَدَهُمْ عَلَى
أَنْفُسِهِمْ أَلَسْتُ بِرَبِّكُمْ ۖ قَالُوا بَلَىٰ ۗ
شَهِدْنَا ۗ أَنْ تَقُولُوا يَوْمَ الْقِيَامَةِ
إِنَّا كُنَّا عَنْ هَذَا غَافِلِينَ ﴿١٧٣﴾

أَوْ تَقُولُوا إِنَّمَا أَشْرَكَ آبَاؤُنَا مِنْ
قَبْلُ وَكُنَّا ذُرِّيَّةً مِنْ بَعْدِهِمْ ۗ
أَقْتِهِمْ كَمَا فَعَلَ الْمُبْطِلُونَ ﴿١٧٤﴾

وَكَذَلِكَ نُفَصِّلُ الْآيَاتِ لَعَلَّهُمْ
يَرْجِعُونَ ﴿١٧٥﴾

وَإِثْلُ عَلَيْهِمْ نَبَأَ الَّذِي آتَيْنَاهُ آيَاتِنَا
فَأَسْلَمَ مِنْهَا فَاتَّبَعَهُ الشَّيْطَانُ فَكَانَ
مِنَ الْغَاوِينَ ﴿١٧٦﴾

177. Era singa twayagala, twalimugulumizza ku Iwa bwo, naye ye yagugubira ku ttaka n'agoberera kwagala kwe. Kale enfaanana ye efaanana n'embwa: Bw'ogigoba, ewejjawejja; ne bw'ogireka era ewejjawejja. Eyo nno y'enfaanana y'abantu abo abalimbisa obubonero bwaffe. Kale bategeeze ebyafaayo, balyooke bafumiitirize.

178. Nga mbi nnyo enfaanana y'abantu abo abalimbisa obubonero bwaffe, era beeryazaamaanya bokka.

179. Oyo Allah gw'alung'anya, kale oyo ye mulung'amu *owa ddala*. N'oyo gw'asalira okubula, kale abo be b'okufaafaganirwa.

180. Era ddala twatonda bangi mu Majinni n'abantu nga enkomerero yaabwe muliro: Balina emitima, naye tebagikozesa mu kutegeera. Era balina amaaso naye tebagalabisa. Era balina amatu naye tebagakozesa kuwulira. Abo baling'anga bisolo. Mpozzi ate bo be basinga okuba ababuze. Abo be balagajjavu.

181. Era Allah ye Nannyini matendo agasingira ddala obulungi, kale mumukowo-olenga nago. Era muleke abo abawuguka ku matendo ge, bajja kusalulwa olw'ebyo bye baakolanga.

182. Era ne mw'abo be twatonda mulimu abantu abalung'anya n'amazima era nga ku go kwe bakolera obwenkanya.

Ruku 23

183. Naye abo abalimbisa obubonero bwaffe, tujja kubawalulira mpola mpola *eri okuzikirira* mu ngeri gye batamanyi.

184. Era mbawa akaagaanya *kuba ddala* entegeka yange ya maanyi nnyo.

185. Abaffe, tebafumiitiriza *ne balaba* nga ddala munnaabwe si mugwi wa ddalu? Ye si mulala, wabula ye Mulabuzi ow'olwaatu.

186. Abaffe, tebatunulako mu bwakabaka bw'eggulu n'ensi ne mu bintu Allah bye yatonda? Era ob'olyawo nga entuuko yaabwe emaze okusembera. Kale ate

وَلَوْ شِئْنَا لَرَفَعْنَاهُ بِهَا وَلَكِنَّهُ أَخْلَدَ
لِلْأَرْضِ وَاتَّبَعَ هَوَاهُ فَمَثَلُهُ
كَمَثَلِ الْكَلْبِ إِذَا تَحَمَّلَ عَلَيْهِ يَلْهَثُ
أَوْ تَشْرَكُهُ يَلْهَثُ ذَلِكَ مَثَلُ الْقَوْمِ
الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا فَاقْصُصِ
الْقِصَصَ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿١٧٧﴾

سَاءَ مَثَلًا لِقَوْمِ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا
وَإِنْفُسَهُمْ كَمَا نُوَايِظُ لِمُؤْمِنٍ ﴿١٧٨﴾
مَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَمَا لَمُتَدْرِي ج وَ مَنْ
يُضِلِّ اللَّهُ فَمَا لَمُتَدْرِي ﴿١٧٩﴾

وَلَقَدْ ذَرَأْنَا لِجَهَنَّمَ كَثِيرًا مِّنَ
الْحَيِّ وَ الْأَنْبِيَاءِ لَّهُمْ قُلُوبٌ لَّا
يَفْقَهُونَ بِهَا وَلَهُمْ أَعْيُنٌ لَّا يُبْصِرُونَ
بِهَا وَ لَّهُمْ آذَانٌ لَّا تَسْمَعُونَ بِهَا
أُولَئِكَ كَالْإِنْعَامِ بَلْ هُمْ أَضَلُّ
أُولَئِكَ هُمُ الْغَافِلُونَ ﴿١٨٠﴾

وَرَبُّو الْأَسْمَاءِ الْحُسْنَى قَادَعُوهُ بِهَا
وَ ذَرُوا الَّذِينَ يُلْحِدُونَ فِي أَسْمَائِهِ
سَيُجْرُونَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٨١﴾
وَمِمَّنْ خَلَقْنَا أُمَّةً يَهْدُونَ بِالْحَقِّ
وَبِهِ يَعْدِلُونَ ﴿١٨٢﴾

وَالَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا سَتَسُدُّ رُجُومَهُمْ
مِّنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٨٣﴾

وَأَمِلْ لَهُمْ تِلْكَ كَيْدِي مَتِينٌ ﴿١٨٤﴾
أَوْ لَمْ يَتَفَكَّرُوا مَا بِصَاحِبِهِمْ مِّنْ
حِجَّةٍ إِنْ هُوَ إِلَّا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿١٨٥﴾

أَوْ لَمْ يَنْظُرُوا فِي مَلَكُوتِ السَّمَوَاتِ وَ
الْأَرْضِ وَ مَا خَلَقَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ وَ أَنْ
عَسَى أَنْ يَكُونَ قَدِ اقْتَرَبَ أَجَلُهُمْ

kigambo ki kye balikkiriza ebbali wa yo?

187. Oyo Allah gw'asalira okubula, tewali amulung'amyu. Era *abo* abaleka mu bujeemu bwabwe nga bawunaawuna.

188. Bakubuuza ebifa ku Ssaawa *nti*: Eribaawo ddi? Gamba *nti*: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Mukama wange. Tewali aligyoleka ku kisceera kya yo okuggyako Ye yekka. Ezitowa nnyo mu ggulu ne mu nsi. Teribatuukako wabula kibwatukira. Bakubuuza *ebigifaako* gy'obeera nti ggwe omanyi ebigifaako. Gamba *nti*: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Allah *yekka*, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

189. Gamba *nti*: Sirina buyinza kwegasa oba kwerumya, okuggyako nga Allah bw'aba ayagadde. Era singa nali mmanyi eby'enkiso, nalyeyingiwalizza eburungi era saalituuki-ddwako kabi *konna*. Naye nze siri kirala wabula ndi mulabuzi era omuwi w'amawulire ag'essanyu eri abantu abakkiriza.

Ruku 24

190. Ye y'eyabatonda mu mwoyo ogumu era n'akola mu gwo munne wa gwo, gulyooke gutebenkere ku lulwe. Naye bw'ayita gy'ali, aba olubuto *naye nga* luwewufu, olwo n'akunnumba nalwo. Naye bwe luzitowa, olwo bombi basaba Allah Mukama waabwe *nti*: Bw'onotuwa *omwana* omulungi, mazima tujja kuba mw'abo abeebaza.

191. Naye bw'abawa *omwana* omulungi, badda mu kumuteerawo abenkana naye mw'ekyo ky'abawadde. Kale Allah ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

192. Abaffe, bamwenkanya n'ebyo ebitayinza na kutonda kyonna ate nga nabyo bitondebwa butondebwa?

193. Era tebayinza kubayamba wadde tebasobola kweyamba bokka.

194. Era bwe mubakoowoola eri obulung'a-

فِي أَيِّ حَدِيثٍ بَعْدَ كَيْفِ يَوْمُونَ ﴿١٨٧﴾

مَنْ يُضِلُّهُ اللَّهُ فَلَا هَادِيَ لَهُ وَ يَذُرُهُمْ فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٨٧﴾

يَسْأَلُونَكَ عَنِ السَّاعَةِ أَيَّانَ مُرْسَاهَا قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ رَبِّي لَا يُجِيبُهَا إِلَّا هُوَ تَقُلْتُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لَا تَأْتِيكُمُ إِلَّا بَعَثَتُ يَسْأَلُونَكَ كَأَنَّكَ حَفِيٌّ عَنْهَا قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ اللَّهِ وَلَٰكِن أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٨٨﴾

قُلْ لَا أَمْلِكُ لِنَفْسِي نَفْعًا وَلَا ضَرًّا إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ وَلَوْ كُنْتَ أَعْلَمُ الْغَيْبِ لَأَسْتَكْتَرْتُ مِنَ الْخَيْرِ وَمَا مَسَّنِيَ السُّوءُ إِنْ أَنَا إِلَّا نَذِيرٌ وَبَشِيرٌ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿١٨٩﴾

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ وَجَعَلَ مِنْهَا ذُرُوجَهَا لِيَسْكُنَ إِلَيْهَا فَلَمَّا تَغَشَّهَا حَمَلَتْ حَمْلًا خَفِيًّا فَمَرَّتْ بِهِ فَلَمَّا أَثْقَلَتْ دَّعَوَا اللَّهَ رَبَّهُمَا لَئِن آتَيْنَا صَارِحًا لَتَكُونَنَّ مِنَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٩٠﴾

فَلَمَّا أَنبَأَهُمَا صَارِحًا جَعَلَ لَهُ شُرَكَاءَ فِيمَا أَنبَأَهُمَا فَتَعَلَّى اللَّهُ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿١٩١﴾

أَيُشْرِكُونَ مَا لَا يَخْلُقُ شَيْئًا وَهُمْ يُخْلَقُونَ ﴿١٩٢﴾

وَلَا يَسْتَطِيعُونَ لَهُمْ نَصْرًا وَ لَا أَنفُسَهُمْ يَنْصُرُونَ ﴿١٩٣﴾

وَإِنْ تَدْعُوهُمْ إِلَى الْهُدَى لَا

mu, tebabagoberera. Ky'ekimu gye muli bwe mubakowoola oba bwe mwesirikira.

يَتَّبِعُونَكُمْ سَوَاءً عَلَيْكُمْ أَدَعَوْتُمُوهُمْ
أَمْ أَنْتُمْ صَامِتُونَ ﴿١٩٤﴾

195. Mazima abo be muwanjagira ebbali wa Allah nabo baweereza, okufaanana nga mmwe. Kale mubasabe babaanukule, obanga muli ba mazima.

إِنَّ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ عِبَادٌ
أَمْثَلَكُمْ قَادِعُوهُمْ فَلَيسْتَ حَاجِبُهُمْ
لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٩٥﴾

196. Abaffe, balina amagulu ge batambuza, nandiki balina emikono gye bakwasa? Oba balina amaaso ge balabisa, nandiki balina amatu ge bawuliza? Gamba nti: Kale mukoo-woole abammwe be mwenkanya ne Allah n'oluvannyuma munneekobere, era temumpa kaagaanya.

أَلَهُمْ أَزْجُلُ يَمْشُونَ بِهَا زَأْمَ لَهُمْ
أَيْدٍ يَبْطِشُونَ بِهَا زَأْمَ لَهُمْ أَعْيُنٌ
يُبْصِرُونَ بِهَا زَأْمَ لَهُمْ إِذَاكَ
يَسْمَعُونَ بِهَا قُلُوبٌ أَدْعُوا شُرَكَاءَ كُمْ
ثُمَّ كِيدُونَ فَلَا تُنظِرُونَ ﴿١٩٦﴾

197. Mazima omukuumi wange ye Allah Oyo eyassa Ekitabo era y'akuuma abakozi b'ebirungi.

إِنَّ لِلَّهِ يَوْمَئِذٍ كِتَابٌ
وَهُوَ يَتَوَلَّى الصَّالِحِينَ ﴿١٩٧﴾

198. Naye abo be muwanjagira ebbali we, tebasobola kubayamba wadde bo bennyini okweyamba.

وَالَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ لَا
يَسْتطيعُونَ نَصْرَكُمْ وَلَا أَنفُسَهُمْ
يُنصَرُونَ ﴿١٩٨﴾

199. Era bwe mubakoowoola eri obulung'amu, tebawulira. Era obalaba ng'abatunula gy'oli naye nga tebalaba.

وَأَنْ تَدْعُوهُمْ إِلَى الْهُدَى لَا يَسْمَعُوا
وَكُرَاهُمْ يَنْظُرُونَ إِلَيْكَ وَهُمْ لَا
يُبْصِرُونَ ﴿١٩٩﴾

200. Weekwate okusonyiwa era kubiriza okukola ebirungi era weesambe abatategeera.

هَذِهِ الْحَقُّ وَأُمْرٌ بِالْعُرْفِ وَأَعْرِضْ
عَنِ الْجَاهِلِينَ ﴿٢٠٠﴾

201. Naye bw'ofukuutirirwanga Sitaani olufukuutirira, kale wewogomenga eri Allah. Mazima Ye y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

وَإِنَّمَا يَنْزَعَنَّكَ مِنَ الشَّيْطَانِ نَزْعٌ
فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ إِنَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٠١﴾
إِنَّ الَّذِينَ اتَّقَوْا إِذَا مَا سَهُمْ
طُرْفٌ مِنَ الشَّيْطَانِ تَذَكَّرُوا فَإِذَا
هُمْ مُبْصِرُونَ ﴿٢٠٢﴾

202. Mazima abo abeckuuma bwe balumbi-bwa ebiwoozo ebiva eri Sitaani, bajjukira mangu Allah, okwejuukiriza nga balabuse.

وَأَخْوَاهُمْ يَمُدُّوْنَهُمْ فِي الْعَيْتِ ثُمَّ
لَا يُفْصِرُونَ ﴿٢٠٣﴾

203. Naye abatakkiriza baganda baabwe (ba Sitaani) babongera mu kubula, nate era tebaddirira.

204. Era bw'otabaleetera kabonero, bagamba nti: Lwaki tewakayiiya? Gamba nti: Mazima nze ngoberera ebyo ebimbikkulirwa okuva eri Mukama wange. Buno bwe bujulizi okuva eri Mukama wammwe era bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abakkiriza.

وَإِذَا لَمْ تَأْتِهِمْ بِآيَةٍ قَالُوا لَوْ
لَا اجْتَبَيْتَهَا قُلْ إِنَّمَا أَنبِئُكُمْ بِمَا يُوْحَى
إِلَيَّ مِنْ رَبِّي هَذَا بَصَآئِرٌ مِنْ رَبِّكُمْ
وَهُدًى وَرَحْمَةٌ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٢٠٤﴾

205. Era Kur'āni bw'ebanga esomebwa, kale mugiwulirizenga nnyo era musiriikirirenga, lwe mujja okusaasirwa.

206. Era jjukiranga Mukama wo mu mwoyo gwo mu bwetoowaze n'okutya, so si kwogera kwa kuleekaana, bw'otyo ku makya n'eggulo; era tobeeranga mw'abo abalagajjavu.

207. Mazima abo abali ku lusegere lwa Mukama wo tebeekuluntaliza ku kumusinza era bamutendereza era Ye gwe bavuumamira.

وَإِذَا قُرِئَ الْقُرْآنُ فَاسْتَمِعُوا لَهُ وَأَنْصِتُوا لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٣٥﴾

وَإِذْ كُنَّا فِي نَفْسِكَ نَتَرَعَا وَخَيْفَةً وَذُنُوجَهُ مِنَ الْقَوْلِ بِالْغُدُوِّ وَالْآصَالِ وَلَا تَكُنْ مِنَ الْغَافِلِينَ ﴿٣٦﴾

إِنَّ الَّذِينَ عِنْدَ رَبِّكَ لَا يَسْتَكْبِرُونَ عَنْ عِبَادَتِهِ وَيُسَبِّحُونَهُ وَ لَهُ السُّجُودَ ﴿٣٧﴾

AL-ANFĀL 8

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Bakubuuza ebifa ku minyago. Gamba nti: Eminyago gya Allah ne Mutume. Kale mutye Allah era mutereze n'ebyo ebiri wakati wammwe era mugondere Allah ne Mutume we, bwe muba nga *ddala* muli bakkiriza.

3. Mazima abakkiriza *abatuufu* be bo emitima gyabwe egitekemuka nga Allah ayogeddwako, era bwe basomerwa Aya ze, zibongera bukkiriza era Mukama waabwe *yekka* gwe beesiga.

4. Be bo abajjumbira essaala era nga ne mu bye twabawa babitoolamu.

5. Abo nno be bakkiriza ab'amazima. Balina amadaala eri Mukama waabwe n'okusonyiyibwa n'ebigabulwa eby'ekitiibwa.

6. Nga Mukama wo bwe yakufulumya mu nnyumba yo ku lw'amazima, so nga *ddala* ekibiina ekimu mu bakkiriza kyali tekyagala.

7. Bakuwakanya ne kw'ebyo eby'amazima oluvannyuma lw'okunnyonyoka nekiba nga abagoberwa eri okufa nga balaba.

8. Era *mujjukire* nga Allah bwe ybasuubiza nti ekimu ku bibinja ebibiri ddala kijja kuba kyammwe, naye ate mmwe ne mwagala ekyo ekitaalina bya kulwanyisa *nti* ky'ekiba kiba ekyammwe; so nga Allah yayagala kukakasa mazima n'ebigambo bye era akutule n'omulandira gw'abatakiriza.

9. Alyooke akakase amazima era asaanyewo obulimba, newaakubadde nga aboonyoni tebaagala.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

يَسْأَلُونَكَ عَنِ الْأَنْفَالِ ۗ قُلِ الْأَنْفَالُ لِلّٰهِ وَالرَّسُولِ ۚ فَاتَّقُوا اللّٰهَ ۖ وَأَصْلِحُوا ذَاتَ بَيْنِكُمْ ۖ وَأَطِيعُوا اللّٰهَ وَرَسُولَهُ ۚ إِن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ②

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ إِذَا ذُكِرَ اللّٰهُ وَجِلَّتْ قُلُوبُهُمْ ۖ وَإِذَا تُلِيَتْ عَلَيْهِمْ آيَاتُهُ زَادَتْهُمْ إِيمَانًا ۚ وَعَلَىٰ رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ③

الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ ۖ وَرِزْقَهُمْ يُنْفِقُونَ ④
أُولَٰئِكَ هُمُ الْمُؤْمِنُونَ حَقًّا ۚ لَهُمْ دَرَجَاتٌ عِنْدَ رَبِّهِمْ ۖ وَمَغْفِرَةٌ ۖ وَرِزْقٌ كَرِيمٌ ⑤

كَمَا أَخْرَجَكَ رَبُّكَ مِن بَيْتِكَ بِالْحَقِّ ۖ وَإِن فَرِيقًا مِّنَ الْمُؤْمِنِينَ لَكٰرِهُونَ ⑥

يَجَادِلُونَكَ فِي الْحَقِّ بَعْدَ مَا تَبَيَّنَ ۚ كَأَنَّمَا يُسَاقُتُونَ إِلَى الْمَوْتِ وَهُمْ يَنْظُرُونَ ⑦

وَإِذِ جَعَلْنَا اللّٰهَ إِحْدَى الطَّائِفَتَيْنِ أَنهَآ لَكُمْ وَتَوَدُّونَ أَن تَكُونَ الشُّوَكَةَ تَكُونُ لَكُمْ وَيُرِيدُ اللّٰهُ أَن يُحِقَّ الْحَقَّ بِكَلِمَاتِهِ وَيَقْطَعَ دَابِرَ الْكٰفِرِينَ ⑧

لِيُحِقَّ الْحَقَّ وَيُبْطِلَ الْبَاطِلَ وَلَوْ كَرِهَ الْمُجْرِمُونَ ⑨

10. Awo bwe mwawanjagira Mukama wammwe, kale yabaanukula n'agamba nti: Ddala nzija kubadduukirira n'olukumi lwa bamalayika abagoberagana.

11. Era ekyo Allah teyakikola wabula lwa kuwa mawulire ag'essanyu, n'emitima gyammwe giryooke gimatire ku lwa go. Era tewali buyambi bulala okuggyako obuva eri Allah. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

Ruku 2

12. Mujjukire nga bwe yababuutikiza otulo nga ke kabonero k'emirembe egiva gy'ali era n'abatonnyeseza enkuba okuva mu bire alyooke abatukuze nayo, era abaggyeko ekko lya Sitaani, era alyooke anyweze emitima gyammwe, nate anyweze nayo ebigere byammwe.

13. Awo Mukama wo bwe yabikkulira ba malayika nti: Ddala nange ndi wamu nammwe, kale munyweze abo abakkiriza. Nzija kussa encukwe mu mitima gy'abo abatakkiriza. Kale mukube waggulu ku nsingo era mubakube ku buli busanso bwa ngalo.

14. Ekyo lwa kubanga baawakanya Allah ne Mutume we. Era oyo awakanya Allah ne Mutume we, amanye nti mazima Allah mukakali mu kubonereza.

15. Bwe kityo ekibonerezo mukirozeeko; era ddala abatakkiriza be balifuna ekibonerezo ky'omuliro.

16. Abange mmwe abakkiriza, bwe musisinkananga abatakkiriza nga bali mu kikwekweeto, kale temubalaganga enkoona.

17. Era yenna mu mmwe mu kiseera ekyo alibalaga enkoona—okuggyako nga akyuuka kwetegekera kulwaana oba okwegatta ku kibinja kya banne—aliba yereetedde obusungu obuva eri Allah, n'obutuulo bwe Jahannamu; era obwo bwe buddo obubi ennyo.

18. Kale si mmwe mwabatta, naye Allah y'eyabatta. Era si gwwe wakasuka awo bwe

إِذْ تَسْتَعِينُونَ رَبِّكُمْ فَاسْتَجَابَ
لَكُمْ أَنِّي مُهِدٌ بِأَيْفٍ مِنَ
الْمَلَائِكَةِ مُرْسِدٍ ۝١٠

وَمَا جَعَلَهُ اللَّهُ إِلَّا بُشْرَىٰ وَلِتَطْمَئِنَّ
بِهِ قُلُوبُكُمْ ۖ وَمَا النَّصْرُ إِلَّا مِنْ عِنْدِ
اللَّهِ ۗ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ۝١١

إِذْ يُغَشِّبِكُمُ السُّيُوفُ مِن مِّمَّةٍ وَنِئْهُ
يُنزِلُ عَلَيْكُم مِّنَ السَّمَاءِ مَاءً
يَلْبِطُهُمْ بِهِ ۖ وَيَدْتَهِبُ عَنْكُمْ رِجْزَ
الشَّيْطَانِ ۖ وَلِيَضْرِبَ عَلَىٰ قُلُوبِكُمْ
وَيُغَيِّبَ بِهَا لَقْدَامَهُ ۝١٢

إِذْ يُوحِي رَبُّكَ إِلَى الْمَلَائِكَةِ أَنِّي مَعَكُمْ
فَقَبِّلُوا الذُّبْنَ أَمْثَلُوا ۖ سَأَلْتَنِي فِي
قُلُوبِ الَّذِينَ كَفَرُوا الرُّغْبَ
فَأَضْرِبُوا فُوقَ الْأَعْتَاكِ ۖ أَضْرِبُوا
مِنْهُمْ كُلَّ بَنَانٍ ۝١٣

ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ شَاقُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ ۖ وَ
مَنْ يَشَاقِ اللَّهَ فَقَدْ شَاقَ اللَّهَ
شَدِيدَ الْحَقَابِ ۝١٤

ذَٰلِكُمْ فَذُوقُوا ۗ وَ أَنَّ لِلْكَافِرِينَ
عَذَابَ النَّارِ ۝١٥

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا لَقِيتُمْ
الَّذِينَ كَفَرُوا زَحْفًا فَلَا تُوَلُّوهُمْ
إِلَّا ذُبَارًا ۝١٦

وَمَنْ يُؤَلِّمِهِمْ يَوْمَئِذٍ بُرَّةً إِلَّا مَتَحَرِّفًا
لِّقِتَالٍ أَوْ مُتَحَرِّفًا إِلَىٰ فِتْنَةٍ فَقَدْ بَاءَ
بِعُضْبٍ مِنَ اللَّهِ ۖ وَمَا لَهُ جَهَنَّمُ ۗ وَ
يُسَّسُ الْمَصِيرُ ۝١٧

فَلَمْ تَقْتُلُوهُمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ قَتَلَهُمْ ۗ وَ

wakasuka, naye Allah y'eyakasuka, olwo alyooke agezese abakkiriza okugezesa okulungi okuva gy'ali. Mazima Allah y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

مَا رَمَيْتَ إِذْ رَمَيْتَ وَلَكِنَّ اللَّهَ رَمَىٰ ۚ وَلَئِن لَّمْ يَكُنِ اللَّهُ فِئْتَكُم مَّوَدَّةَ بَيْنٍ لَّا يَفْصِلُ بَيْنَهُمُ الْفِتْرَةَ ۖ وَهِيَ الْفِئْتَةُ بَيْنَهُمْ وَبَيْنَ مَا هُمْ كَاذِبُونَ ﴿١٨﴾
ذِكْرُكُمْ وَأَنَّ اللَّهَ مُوهِنُ كَيْدِ الْكَافِرِينَ ﴿١٩﴾

19. Bwe kityo nno Allah y'ayenjebula entegeka y'abatakkiriza.

20. Obanga munoonya kusalawo, mazima okusalawo kwamala okubatuukako. Naye bwe munaabonerera, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe munaddira, naffe tunaddira era eggye lyammwe terijja kubagasa n'akatonono ne bwe linaaba ddene litya; era *mumanye nti* ddala Allah ali wamu n'abakkiriza.

لَئِنْ تَسْتَفْتِحُوا فَقَدْ جَاءَكُمْ الْفَتْحُ ۗ وَإِنْ تَنْتَهُمُوا فَهُوَ خَيْرٌ لَّكُمْ ۚ وَإِنْ تَعُوذُوا نَعُدْ ۚ وَلَنْ تُغْنِيَّ عَنْكُمْ فِئَتُكُمْ شَيْئًا وَلَوْ كَثُرَتْ ۗ وَأَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢٠﴾

Ruku 3

21. Abange mmwe abakkiriza, mugondere Allah n'Omutume we era temumukubanga amabega, so nga muwulira.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَلَا تَوَلَّوْا عَنْهُ وَأَنْتُمْ تَسْمَعُونَ ﴿٢١﴾

22. Era temuba ng'abo abagamba nti: Tuwulidde, so nga tebawulira.

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ قَالُوا سَمِعْنَا وَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ﴿٢٢﴾

23. Mazima ebisolo ebisingira ddala obubi mu maaso ga Allah, be baggavu b'amatu, bakasiru, abo abatakozesa magezi.

إِنَّ شَرَّ الدَّوَابِّ عِنْدَ اللَّهِ الضَّمُّ ۗ وَالْبُكْمُ ۗ الَّذِينَ لَا يَعْقِلُونَ ﴿٢٣﴾

24. Era singa Allah yamanya nti balimu akalungi, mazima yaalibawulizza. Naye ne bwe yaalibawulizza, era baalyeekyuusizza, nebatafaayo.

وَلَوْ عَلِمَ اللَّهُ فِيهِمْ خَيْرًا لَّأَسْمَعَهُمْ ۗ وَلَوْ أَسْمَعَهُمْ لَتَوَلَّوْا وَهُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٢٤﴾

25. Abange mmwe abakkiriza, mwanukule Allah n'Omubaka nga abakoowodde eri ebyo ebibawa obulamu, era mumanye nti ddala Allah yeekiise wakati w'omuntu n'omutima gwe, era nti ddala gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اسْتَجِيبُوا لِلَّهِ وَلِلرَّسُولِ إِذَا دَعَاكُمْ لِمَا يُحْيِيكُمْ ۚ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَحُولُ بَيْنَ الْمَرْءِ وَقَلْبِهِ وَأَنَّهُ إِلَهٌِ غَاشِرُونَ ﴿٢٥﴾

26. Era mwekuume ekibonyobonyo ekitalikoma kw'abo aboononyi bokka abali mu mmwe. Era mumanye nti ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.

وَاتَّقُوا فِتْنَةً لَا تُصِيبَنَّ الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْكُمْ خَاصَّةً ۚ وَاعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٢٦﴾

27. Era mujjukire nga bwe mwali ab'omuswaaba nga mmwe mugayirirwa mu nsi nga mutya abantu okubakwakkula. Kale Allah n'abawa obuddukiro era n'abawagira n'obuyambi bwe era n'abagabula ku birungi, mulyooke mwebaze.

وَإِذْ كُرِّدُوا إِذْ أَنْتُمْ قَلِيلٌ مُّسْتَضْعَفُونَ فِي الْأَرْضِ يَخَافُونَ أَنْ يَتَخَطَّفَكُمُ النَّاسُ فَآوَاكُمْ وَأَيَّدَكُمْ بِبَضْرِهِ وَزَكَّكُمْ مِنَ الطَّاغُوتِ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٢٧﴾

28. Abange mmwe abakkiriza, temukumpanyanga Allah n'Omubaka we wadde temukumpanyanga okusigirwa kwammwe nga mugenderedde.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَخُونُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ وَتَخُونُوا أَمْنِيَكُمْ وَأَنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٢٨﴾

29. Era mumanye nti ddala eby'obugagga bwammwe n'abaana bammwe kigezo era *mumanye* nti ddala eri Allah y'eri empeera ensukkirivu.

وَأَعْلَمُوا أَنَّكُمْ وَآوَالِكُمْ فَتَنَةً وَأَنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٢٩﴾

Ruku 4

30. Abange mmwe abakkiriza, bwe munatya Allah, ajja kubateerawo ekyawula era abasanguleko n'ebibi byammwe, nate abasonyiwe. Anti Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَتَّقُوا اللَّهَ يَجْعَلْ لَكُمْ فُرْقَانًا وَيُكَفِّرْ عَنْكُمْ سَيِّئَاتِكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٣٠﴾

31. Era *jjukira* nga abatakkiriza bwe baakwekobera okukusiba oba okukutta oba okukuwang'angusa. Kale beekobanga nga ne Allah yeekoba. Naye Allah y'asinga abeekobi bonna.

وَأَذِ يَمْكُرُ بِكَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِيُثْبِتُوكَ أَوْ يَقْتُلُوكَ أَوْ يُغْرِبُوكَ وَيَمْكُرُونَ وَيَمْكُرُ اللَّهُ وَاللَّهُ خَيْرٌ الْمَا كِرِينَ ﴿٣١﴾

32. Era bwe basomerwa Aya zaffe, bagamba nti: Tumaze okuwulira. Naye bwe tuba twagadde, ddala naffe tuyinza okwogera ebiringa ebyo. Bino si birala wabula ngero z'abedda.

وَأِذَا تُثُلِّ عَلَيْهِمُ آيَاتُنَا قَالُوا قَدْ سَمِعْنَا لَوْ نَشَاءُ لَقُلْنَا مِثْلَ هَذَا إِنْ هَذَا إِلَّا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٣٢﴾

33. Era *jjukira* nga bwe baagamba nti: Ayi Allah, obanga ddala gano ge mazima agava gy'oli, kale tuyiweeko amayinja okuva mu ggulu oba tuleetere ekibonerezo ekirumya.

وَأِذَا قَالُوا اللَّهُمَّ إِنْ كَانَ هَذَا هُوَ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِكَ فَأَمْطِرْ عَلَيْنَا حَجَارَةً مِنَ السَّمَاءِ أَوِ اثْبِتْنَا بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ﴿٣٣﴾

34. Naye Allah teyaalibabonerezza nga naawe oli mu bo, era Allah teyaalibabonerezza ng'ate eno basaba okusonyiyibwa.

وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُعَذِّبَهُمْ وَأَنْتَ فِيهِمْ وَمَا كَانَ اللَّهُ مُعَذِّبَهُمْ وَهُمْ يَسْتَغْفِرُونَ ﴿٣٤﴾

35. Naye kati balina ki Allah ky'anaava tababonereza ng'ate baziyiza n'abantu eri Omuzigiti Omutukuvu so nga si be bakuumi ba gwo? Naye abakuumi ba gwo *abatuufu si balala* wabula be bo abatya Allah. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

وَمَا لَهُمْ آلَا يُعَذِّبَهُمُ اللَّهُ وَهُمْ يَصُدُّونَ عَنِ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ وَمَا كَانُوا أَوْلِيَاءَهُ إِنْ أَوْلِيَاؤُهُ إِلَّا الْمُتَّقُونَ وَلَئِنْ أَكْثَرْتَهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٥﴾

36. Era essaala yaabwe awali Enju Entukuvu teyali kirala, wabula kwali kufuuwa mpa na kukuba mu ngalo. Kale muloze ku kibonerezo olw’ebyo bye mutakkiriza.

وَمَا كَانَ صَلَاتُهُمْ عِنْدَ الْبَيْتِ إِلَّا مُكَاءً وَتَصَدِيَةً، فَذُوقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٦٦﴾

37. Mazima abo abatakkiriza batoola eby’obugagga bwabwe balyooke baziye abantu eri ekkubo lya Allah. Kale bajja kweyongera okubitoola naye oluvannyuma bijja kuba eky’okwejjusa gye bali, nate era bawangulwe. Era abo abeerema, mu muliro mwe balikung’anyirizibwa,

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا يُنفِقُونَ أَمْوَالَهُمْ لِيَصُدَّوْا عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ فَسَيُنْفِقُونَهَا ثُمَّ تَكُونُ عَلَيْهِمْ حَسْرَةً ثُمَّ يُغْلَبُونَ وَالَّذِينَ كَفَرُوا إِلَىٰ جَهَنَّمَ يُحْشَرُونَ ﴿٦٧﴾

38. Allah alyooke ayawule ekibi ku kirungi era alyooke asse ekibi ekimu ku kinnaakyo, kale abituume wamu byonna; olwo abakasuke mu muliro. Abo nno be b’okufaafaaganirwa.

لِيَجْزِيَ اللَّهُ الْخَبِيثَ مِنَ الطَّيِّبِ وَيَجْعَلَ الْخَبِيثَ بَعْضَ عَلَىٰ بَعْضٍ فَيَرْكُمَهُ جَمِيعًا فَيَجْعَلُهُ فِي جَهَنَّمَ، أُولَٰئِكَ هُمُ الْخٰسِرُونَ ﴿٦٨﴾

Ruku 5

39. Gamba abo abatakkiriza nti bwe banaalekera awo, bajja kusonyiyibwa ebyo ebyayita. Naye bwe baliddira, kale mazima eky’okulabirako kyamala okubaawo eky’abaa-basooka.

قُلْ لِلَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ يَنْتَهُمُوا يُغْفَرْ لَهُمْ مَا قَدْ سَلَفَ وَإِنْ يَعُودُوا فَقَدْ مَضَتْ سُنَّتُ الْأَوَّلِينَ ﴿٦٩﴾

40. Era mubalwanyise okutuusa lwe watalibawo kutulugunya kwonna, olwo eddiini yonna ebeerewo ku lwa Allah. Naye bwe baneekomako, kale mazima bye bakola Allah abiraba.

وَقَاتِلُوهُمْ حَتَّىٰ لَا تَكُونَ فِتْنَةٌ وَيَكُونَ الدِّينُ كُلَّهُ لِلَّهِ فَإِنِ انْتَهَوْا فَإِنَّ اللَّهَ بِمَا يَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٧٠﴾

41. Era bwe beekyusanga, kale mumanye nti ddala Allah ye Mukuumi wammwe. Anti si Mukuumi ggero, era si Muyambi ggero!

وَإِن تَوَلَّوْا فَأَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ مَوْلٰكُمْ، نِعْمَ الْمَوْلَىٰ وَنِعْمَ النَّصِيرُ ﴿٧١﴾

Juzu 10

42. Era mumanye nti ekintu kyonna kye muba mufunye ng’omunyago, ddala ekitundu kya kyo ekyokutaano kya Allah, n’Omubaka, n’ababe, ne bamulekwa, n’abankuseere, n’omutambuze, bwe muba nga mukkiriza Allah n’ebyo bye twabikkulira Omuweereza waffe ku lunaku lw’okwawulawo — olunaku amagye abiri lwe gaasisinkana — era Allah ye w’Obuyinza ku buli kimu.

وَأَعْلَمُوا أَنَّمَا غَنِمْتُمْ مِنْ شَيْءٍ فَإِنَّ لِلَّهِ خُمُسَهُ وَلِلرَّسُولِ وَ لِذِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَابْنِ السَّبِيلِ، إِنْ كُنْتُمْ آمَنْتُمْ بِاللَّهِ وَمَا أَنْزَلْنَا عَلَىٰ عَبْدِنَا يَوْمَ الْفُرْقَانِ يَوْمَ التَّقَىٰ الْجَمْعِ، وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٧٢﴾

43. Awo bwe mwali ku lubalama lw’ekiwonvu olw’emitala w’eno nga bo bali

إِذْ أَنْتُمْ بِالْعُدْوَةِ الدُّنْيَا وَهُمْ

ku lubalama lw'emitala w'eri, nga entwala y'abatambuze eri wansi wammwe. Era ne bwe mwaliragaanye, ddala mwalyawukanye ku kiseera ekyalagaanyizibwa. Naye *ekyo kyakolwa*, Allah alyooke atuukirize ensonga eyali esaliddwawo; oyo eyazikirira alyooke azikiririre ddala olw'obubonero obw'olwaatu, n'oyo eyalama alyooke alamire ddala olw'obubonero obw'olwaatu. Era ddala Allah y'Awulira byonna, Omumanyi wa byonna.

يَا لَعُدْوَةَ الْقُصُوفِ وَالرَّكْبِ اسْقَلْ مِنْكُمْ وَ لَوْ تَوَاعَدْتُمْ لَأَخْتَلَفْتُمْ فِي الْمَيْغِدِ وَلَكِنْ لِيَقْضِيَ اللَّهُ أَمْرًا كَانَ مَفْعُولًا لِيَهْلِكَ مَنْ هَلَكَ عَنْ بَيْتِنَا وَيُخَيَّبَ مَنْ حَيَّ عَنْ بَيْتِنَا وَإِنَّ اللَّهَ لَسَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٤٧﴾

44. Era *jjukira* nga Allah bwe yabakulaga mu kirooto kyo nga batono. So singa yabakulaga nga bangi, mazima mwaliterebuse era ddala mwalitotooganye ku nsonga; naye Allah *mmwe* yabawonya. Mazima Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

وَأَذَى يَرِيكُهُمُ اللَّهُ فِي مَنَامِكَ قَلِيلًا وَلَوْ أَرَاكُمْ كَثِيرًا لَفَشَلْتُمْ وَ لَتَنَارَعْتُمْ فِي الْأَمْرِ وَلَكِنَّ اللَّهَ سَلَّمَ إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٤٨﴾

45. Era *jjukira* nga bwe yababalaga awo nga musisinkanye *mu nsiike* nga batono mu maaso gammwe, ate nammwe n'abatoniya mu maaso gaabwe, olwo Allah alyooke atuukirize ensonga eyali esaliddwawo. Era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

وَأَذَى يَرِيكُمُوهُمْ إِذِ التَّفَتُّيْتُمْ فِي أَعْيُنِكُمْ قَلِيلًا وَيُقَلِّلُكُمْ فِي أَعْيُنِهِمْ لِيَقْضِيَ اللَّهُ أَمْرًا كَانَ مَفْعُولًا وَإِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ﴿٤٩﴾

Ruku 6

46. Abange mmwe abakkiriza, bwe musisinkananga n'eggye *ly'abalabe*, kale munyweranga nnyo era mujjukiranga nnyo Allah, mulyooke muganyulwe.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا لَقِيتُمْ فِئَةً فَاثْبُتُوا وَاذْكُرُوا اللَّهَ كَثِيرًا لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٥٠﴾

47. Era mugondere Allah n'Omubaka we era temutotoogananga, si kulwa nga muyenjebuka nemuggwamu endasi zammwe. Era mugumiikirizanga. Mazima Allah ali wamu n'abagumiikiriza.

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَلَا تَنَازَعُوا فَتَفْشَلُوا وَتَذْهَبَ رِيحُكُمْ وَاصْبِرُوا إِنَّ اللَّهَ مَعَ الصَّابِرِينَ ﴿٥١﴾

48. Era temubanga ng'abo abaafuluma mu maka gaabwe nga beewaana *olw'ebikolwa byabwe* n'okulabwa abantu era nebeekiika ne mu kkubo lya Allah. Era byonna bye bakola Allah abyetoolodde.

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ خَرَجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ بَطَرًا وَرِئَاءَ النَّاسِ وَيَصُدُّونَ عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ وَاللَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ مُحِيطٌ ﴿٥٢﴾

49. Era *mujjukire* nga Sitaani bwe yabalungiyiza ebikolwa byabwe n'agamba nti: Olwa leero tewali yenna mu bantu anaabawangula, era ddala nze mudduukirize wammwe. Naye amagye gombiriri bwe gaayolekagana, *Sitaani* neyekyuusiza ku bisinziro bye, n'agamba nti: Nze mmwe mbebenguddeko. Mazima nze ndaba mmwe

وَأَذَى يَرِيكُهُمُ الشَّيْطَانُ أَعْمَا لَهُمْ وَ قَالَ لَا عَارِبَ لَكُمْ الْيَوْمَ مِنَ النَّاسِ وَ رَبِّي جَارٌ لَكُمْ فَلَمَّا تَرَأَتِ الْفِئَتَيْنِ تَكَصَّ عَلَى عَقْبَيْهِ وَ قَالَ رَبِّي بَرِيءٌ مِنْكُمْ رَبِّي آزَى مَا لَا تَرَوُنَّ رَبِّي أَخَافُ اللَّهَ وَاللَّهُ

kye mutalaba. Mazima nze ntya nnyo Allah. Era Allah mukakali mu kubonereza.

Ruku 7

50. Era *mujjukire* nga bannanfuusi n’abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe bwe baagamba nti: Bano eddiini yaabwe yababuzaabuza. Naye oyo eyesiga Allah, *amanye nti* ddala Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

51. Era singa olaba awo nga ba malayika bafiisa abo abatakkiriza nga bakuba obwenyi bwabwe n’amabega gaabwe nga *babagamba nti*: Muloze ku kibonerezo ky’okubengeya!

52. Ekyo lwa nsonga y’ebyo emikono gyammwe bye gyakulembeza era *mumanye* nti ddala Allah si mulyazaamaanyi eri abaweereza be .

53. *Embeera yaabwe* efaanana n’embeera y’abantu ba Farāwo n’abo abaabasooka abaagaana obubonero bwa Allah, kale Allah n’ababonereza olw’ebibi byabwe. Mazima Allah wa maanyi nnyo, Mukakali mu kubonereza.

54. Ekyo nno lwa kuba nti mazima Allah tayinza kukyuusa kyengera ky’awadde bantu, okutuusa nga bo bennyini be bakyuusizza embeera yaabwe. Era nti ddala Allah y’Awulira byonna, y’Amani byonna.

55. *Embeera yaabwe* efaanana n’embeera y’abantu ba Farāwo n’abo abaabakulemba abaalimbisa obubonero bwa Mukama waabwe, kale netubazikiriza olw’ebibi byabwe era netusaanyawo abantu ba Farāwo, anti bonna baali boononefu.

56. Mazima ebitonde ebisingira ddala obubi mu maaso ga Allah, be bantu abatasiima. N’olwekyo abo si baakukkiriza,

57. Be bo be walagaana nabo n’oluvannyuma buli mulundi nebamenya endagaano yaabwe era nebatatya Allah.

58. Kale bwe musisinkananga nabo mu lutalo, mukangisenga nabo abo abali emabega waabwe, balyooke beddemu.

عَشْرَةَ شَرِيدُ الْحَقَابِ ٤٩

إِذْ يَقُولُ الْمُنْفِقُونَ وَالَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ غَرَّ هَوَاهُمْ وِدَّيْنُهُمْ وَمَنْ يَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَإِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ٥٠

وَلَوْ تَرَى إِذْ يَتَوَقَّى الَّذِينَ كَفَرُوا الْمَلَائِكَةَ يَضْرِبُونَ وُجُوهَهُمْ وَأَذْبَابَهُمْ وَأَذْبَابُ الْحَرِيقِ ٥١

ذَلِكَ بِمَا قَدَّمْتُمْ آيَاتِكُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَيْسَ بِظَلَّامٍ لِّلْعَالَمِينَ ٥٢

كَذَابِ آلِ فِرْعَوْنَ ۖ وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ يَذُبُّوهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَقَوِيٌّ شَدِيدٌ الْعِقَابِ ٥٣

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ لَمْ يَكْ مُغَيِّرًا نِّعَمَةً أَنْعَمَهَا عَلَىٰ قَوْمٍ حَتَّىٰ يُغَيِّرُوا مَا بِأَنْفُسِهِمْ ۗ وَإِنَّ اللَّهَ لَسَمِيعٌ عَلِيمٌ ٥٤

كَذَابِ آلِ فِرْعَوْنَ ۖ وَالَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ ۖ كَذَّبُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ فَأَخَذْنَا مِنْهُمُ بِذُنُوبِهِمْ ۖ وَاعْرِفْنَا آلَ فِرْعَوْنَ ۖ وَكُلُّ كَانُوا ظَالِمِينَ ٥٥

إِنَّ شَرَّ الدَّوَابِّ عِنْدَ اللَّهِ الَّذِينَ كَفَرُوا فَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ٥٦

الَّذِينَ عَاهَدْتَ مِنْهُمْ ثُمَّ يَنْقُضُونَ عَهْدَهُمْ فِي كُلِّ مِرَّةٍ ۚ وَهُمْ لَا يَتَّقُونَ ٥٧

فَمَا تَتَّقُهُمْ فِي الْحَرْبِ فَشَرِّدْ بِهِمْ مَنْ خَلَفَهُمْ لَعَلَّهُمْ يَدَّكُرُونَ ٥٨

59. Era bw'otyanga obukumpanya bw'abantu *be wakola nabo endagaano*, kale basuulire *endagaano yaabwe*, olwo mubeere kyenkanyi. Mazima Allah tayagala bakumpanya.

Ruku 8

60. Era abo abatakkiriza baleme kulwooza nti bayise *ku Allah*. Mazima tebayinza kulemesa *Allah*.

61. Era mubeetegekere nga bwe musobola *n'eb yokulwanyisa eby'amaanyi* n'okusiba embalaasi ku nsalo mutiise nazo abalabe ba Allah n'abalabe bammwe n'abalala abali ebbali w'abo. Mmwe temubamanyi *naye Allah abamanyi*. Era kyonna kye mutoola mu kkubo lya Allah, kiribasasulwa mu bujuvu era temuliryazaamaanyizibwa.

62. Naye bwe boolekeranga eri emirembe, kale naawe yolekera gye giri, naye weesige Allah. Mazima Ye y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

63. Era bwe baliba nga bagenderera kukubuzaabuza, *kale totya*, mazima Allah akumala. Anti y'eyakuwagira n'obuyambi bwe n'abakkiriza;

64. Era n'assa okwagalana wakati w'emitima gyabwe. Ggwe ne bwe waalitodde ebiri mu nsi byonna, tewaalitadde kwagalana wakati wa mitima gyabwe, naye Allah yassa okwagalana wakati waabwe. Ddala Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

65. Owange ggwe Nabbi, Allah akumala nnyo ggwe n'abo abakugoberera mu bakkiriza.

Ruku 9

66. Owange ggwe Nabbi, kubiriza abakkiriza ku kulwana. *Kuba* abammwe bwe banaabanga amakumi abiri nga bagumiikiriza, banaawangulanga ebikumi bibiri *eby'abatakkiriza*. Ate abammwe bwe banaabanga ekikumi, banaawangulanga olukumi lw'abo abatakkiriza, olw'okubanga bo be bantu abatategeera.

وَأَمَّا تَخَافَنَّ مِنْ قَوْمٍ خِيَانَةً فَانْبِذْ
إِلَيْهِمْ عَلَى سَوَاءٍ وَإِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ
الْخَائِنِينَ ﴿٥٩﴾

وَلَا يَخْسَبَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا سَبْقُوا
إِنَّهُمْ لَا يُعْجِزُونَ ﴿٦٠﴾

وَأَعِدُّوا لَهُمْ مَا اسْتَطَعْتُمْ مِنْ قُوَّةٍ
وَمِنْ رِبَاطِ الْخَيْلِ تُرْهِبُونَ بِهِ عَدُوَّ
اللَّهِ وَعَدُوَّكُمْ وَآخَرِينَ مِنْ
دُونِهِمْ لَا تَعْلَمُونَهُمْ اللَّهُ
يَعْلَمُهُمْ وَمَا تُنْفِقُوا مِنْ شَيْءٍ فِي
سَبِيلِ اللَّهِ يُوَفَّ إِلَيْكُمْ وَأَنْتُمْ
كَمَا تَظُنُّونَ ﴿٦١﴾

وَإِنْ جَنَحُوا لِلسَّلْمِ فَاجْنَحْ لَهَا
وَ تَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ
الْعَلِيمُ ﴿٦٢﴾

وَإِنْ يُرِيدُوا أَنْ يَخْدَعُوكَ فَإِنَّ
حَسْبَكَ اللَّهُ هُوَ الَّذِي آتَاكَ
بِنُصْرِهِ وَالْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٣﴾

وَأَلْفَ بَيْنٍ قُلُوبِهِمْ لَوْ أَنْفَقْتَ مَا فِي
الْأَرْضِ جَمِيعًا مَّا أَلْفَتْ بَيْنَ
قُلُوبِهِمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ أَلْفَ بَيْنَهُمْ
إِنَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٦٤﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ حَسْبُكَ اللَّهُ وَمَنِ اتَّبَعَكَ
عَنِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٦٥﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ حَرِّضِ الْمُؤْمِنِينَ عَلَى
الْقِتَالِ إِنْ يَكُنْ مِنْكُمْ عَشْرُونَ
صَابِرُونَ يَغْلِبُوا مِائَتِينَ وَإِنْ
يَكُنْ مِنْكُمْ مِائَةٌ يَغْلِبُوا أَلْفًا
مِنَ الَّذِينَ كَفَرُوا يَا أَيُّهَا قَوْمُ لَا
يَفْقَهُونَ ﴿٦٦﴾

67. Kaakano Allah abawewuddeko obuzito, kuba amanyi nga waliwo obunafu mu mmwe. Kale kati abammwe bwe baba ekikumi nga bagumiikiriza, baja kuwangula ebikumi bibiri; ate abammwe bwe banaabanga olukumi, baja kuwangula enkumi bbiri olw'okulagira kwa Allah. Era Allah ali wamu n'abagumiikiriza.

68. Tekisaanira eri Mutume okuba n'abawambe, okutuusa nga alwanye olutalo mu nsi. Mmwe mwagala kufuna bintu bya nsi, naye Allah ayagala *mufune* bya nkomerero. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

69. Singa tekwali kulagira okwava eri Allah okwakulembera, mazima mwalituukiddwako ekibonerezo ekisuffu olw'ebyo bye mwatwala.

70. Kale mulye kw'ebyo bye muba muwambye ebikkirizibwa, ebiroongoofu, era mutye Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

Ruku 10

71. Owange ggwe Nabbi, gamba abo abawambe abali mu mikono gyammwe nti: Allah bw'anaamanya nga mu mitima gyammwe mulimu akalungi, ajja kubawa ebisinga ne kw'ebyo ebyabaggyibwako, era abasonyiwe. Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

72. Naye bwe baliba nga bagenderera kukwefuulira, kale n'olubereberye beefuulira Allah, naye n'abanafuya. Era Allah ye Mumanyi ennyo, Omugezi ennyo.

73. Mazima abo abakkiriza era nebasenguka ne batakabana n'ebyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe mu kkubo lya Allah, n'abo abaawa obubudamo n'obuyambi, abo be b'emikwano eri bokka na bokka. Naye abo abakkiriza naye nebatasenguka, mmwe temuvunaanyizibwa ku kukuumwa kwabwe n'akatono, okutuusa nga nabo basenguse. Naye bwe babasabanga obuyambi ku bikwata ku ddiini, olwo muteekwa okuyamba, okuggyako nga kiri ku bantu nga wakati wammwe nabo waliwo endagaano. Era bye mukola Allah abiraba.

أَلَنْ حَقَّفَ اللَّهُ عَنْكُمْ وَعَلِمَ أَنَّ
فِيكُمْ ضَعْفًا فَإِنْ يَكُنْ مِنْكُمْ مَائَةٌ
صَابِرَةٌ يَغْلِبُوا مِائَتَيْنِ ۚ وَإِنْ
يَكُنْ مِنْكُمْ أَلْفٌ يَغْلِبُوا أَلْفَيْنِ
بِإِذْنِ اللَّهِ وَاللَّهُ مَعَ الصَّابِرِينَ ﴿١٧﴾

مَا كَانَ لِنَبِيِّ أَنْ يَكُونَ لَهُ آسْرَى
حَتَّى يَمُتَّحَنَ فِي الْأَرْضِ مَطْرِدُونَ
عَرَضَ الدُّنْيَا وَاللَّهُ يُرِيدُ الْآخِرَةَ
وَاللَّهُ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿١٨﴾

لَوْلَا كِتَابٌ مِنَ اللَّهِ سَبَقَ لَمَسَكُمُ فِيهَا
أَخَذْتُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٩﴾

فَكُلُوا مِنَّمَا عَزَمْنَا لَهُ حَلَالًا طَيِّبَاتٍ وَاتَّقُوا
اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٠﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ قُلْ لِمَنْ فِي أَيْدِيكُمْ
مِنَ الْأَسْرَى إِنْ يَتَّعَلَّمِ اللَّهُ فِي قُلُوبِكُمْ
خَيْرًا يُؤْتِكُمْ خَيْرًا مِمَّا أُخِذَ مِنْكُمْ
وَيَغْفِرَ لَكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢١﴾

وَإِنْ يُرِيدُوا خِيَانَتَكَ فَقَدْ خَانُوا
اللَّهَ مِنْ قَبْلُ فَأَمْكَنَّ مِنْهُمْ وَاللَّهُ
عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢٢﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا
بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ
وَالَّذِينَ آوَوْا وَانصَرَوْا أُولَئِكَ بَعْضُهُمْ
أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَلَمْ
يُهَاجِرُوا مَا لَكُمْ مِنْ وَلَا يَتَّبِعُهُمْ مِنْ
شَيْءٍ حَتَّى يُهَاجِرُوا ۚ وَإِنْ
اسْتَنْصَرُوكُمْ فِي الدِّينِ فَعَلَيْكُمْ
النَّصْرُ إِلَّا عَلَى قَوْمٍ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُمْ
مِيثَاقٌ ۚ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ﴿٢٣﴾

74. Era n'abo abatakkiriza ba mikwano eri bokka na bokka. *Bye tugambye* bwe mutaabikole, wajja kubaawo okubonaabona n'obutabanguko obunene mu nsi.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ إِلَّا تَفْعَلُوهُ تَكُنْ فِتْنَةً فِي الْأَرْضِ وَفَسَادٌ كَبِيرٌ ﴿٧٤﴾

75. Naye abo abakkiriza nebasenguka era nebatakabana mu kkubo Iya Allah, n'abo abaawa obubudamu era nebayamba, abo be bakkiriza ab'amazima. Balifuna okusonyiyibwa n'okugabulwa okw'ekitiibwa.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالَّذِينَ آوَوْا وَتَصَرَّوْا أُولَئِكَ هُمُ الْمُؤْمِنُونَ حَقًّا لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَرِزْقٌ كَرِيمٌ ﴿٧٥﴾

76. Era n'abo abanakkiriza oluvannyuma nebasenguka era nebatakabana awamu nammwe, kale nabo bali mu mmwe. Naye era ab'olulyo be bakulembezebwa ku *bikwata ku busika* bokka na bokka mu Kitabo kya Allah. Mazima Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

وَالَّذِينَ آمَنُوا مِنْ بَعْدِ وَهَاجَرُوا وَجَاهَدُوا مَعَكُمْ فَأُولَئِكَ مِنْكُمْ وَأُولُوا الْأَرْحَامِ بَعْضُهُمْ أَوْلَى بِبَعْضٍ فِي كِتَابِ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٧٦﴾

AL-TAUBA

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Kino ky'ekirangiriro ky'okwejeerera ekiva eri Allah ne Mutume we eri abo be mwali mulagaanye nabo mu benkanya Allah n'ebirala.

2. Kale mutambuleko mu nsi emyezi ena, olwo mumanye nti temuyinza kulemesa Allah, era nti ddala Allah ye Muswaaza w'abatakkiriza.

3. Era kuno kwe kulangirira okuva eri Allah ne Mutume we eri abantu ku lunaku lwa Hijja enkulu, nti ddala Allah ne Mutume we bejeeredde eri abenkanya Allah n'ebirala. Kale bwe munaabonerera, ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli; naye bwe muneekyuusa, olwo mumanye nti ddala mmwe temuyinza kulemesa Allah. Era wa amawulire g'ekibonerezo ekirumya eri abatakkiriza,

4. Okuggyako abo be mwalagaana nabo mw'abo abenkanya Allah n'ebirala n'oluvannyuma neatabayiwa mu kyonna era ne batayamba mulala yenna ku mmwe. Kale abo mubatuukiririze endagaano yaabwe okutuusa ku kiseera kyabwe. Mazima Allah ayagala nnyo abeekuuma.

5. Kale emyezi emitukuvu bwe giggwan-gako, olwo mutte abenkanya Allah n'ebirala wonna wemubasanganga era mubawambe era mubazingize era mubateege buli awateegerwa. Naye bwe babonereranga era nebajjumbira essaala nebatoola zaka, olwo muve mu kkubo lyabwe. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

6. Era yenna mu benkanya Allah n'ebirala bw'akusabanga obubudamo, kale omuwan-ga obubudamo asobole okuwulira ekigambo kya Allah; n'oluvannyuma

بَرَاءَةٌ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ إِلَى الَّذِينَ
عَاهَدْتُمْ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ①

فَسِيحُوا فِي الْأَرْضِ أَرْبَعَةَ أَشْهُرٍ وَ
اعْلَمُوا أَنَّكُمْ غَيْرُ مُعْجِزِي اللَّهِ
وَأَنَّ اللَّهَ مُخْزِي الْكَافِرِينَ ②

وَإِذْ أَنْزَلْنَا مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ إِلَى النَّاسِ
يَوْمَ الْحَجِّ الْأَكْبَرِ أَنَّ اللَّهَ بَرِيءٌ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ۗ وَرَسُولُهُ ۗ فَإِنْ تُبْتُمْ
فَهُوَ خَيْرٌ لَكُمْ وَإِنْ تَوَلَّيْتُمْ فَأَعْلَمُوا
أَنَّكُمْ غَيْرُ مُعْجِزِي اللَّهِ ۗ وَبَشِّرِ
الَّذِينَ كَفَرُوا بِعَذَابِ آلِيهِمْ ③

إِلَّا الَّذِينَ عَاهَدْتُمْ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ثُمَّ لَمْ يَنْقُصُواكُمْ
شَيْئًا وَلَمْ يُظَاهِرُوا عَلَيْكُمْ أَحَدًا
فَاتَّبِعُوا إِلَيْهِمْ وَعَاهَدُوا إِلَى
مَدَنِهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَّقِينَ ④

فَإِذَا انسَلَخَ الْأَشْهُرُ الْحُرْمُ
فَاتَّقُوا الْمُشْرِكِينَ حَيْثُ
وَجَدْتُمُوهُمْ وَخُذُوهُمْ وَ
أَحْضِرُوا لَهُمْ ۗ وَاقْعُدُوا لَهُمْ كُلَّ
مَرْصِدٍ ۗ فَإِنْ تَابُوا وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ
وَاتَّوْا الزَّكَاةَ فَخَلُّوا سَبِيلَهُمْ ۗ إِنَّ
اللَّهَ غَفُورٌ رَحِيمٌ ⑤

وَإِنْ أَحَدٌ مِنَ الْمُشْرِكِينَ اسْتَجَارَكَ
فَأَجِرْهُ حَتَّى يَسْمَعَ كَلِمَ اللَّهِ ثُمَّ
أَبْلِغْهُ مَأْمَنَهُ ۗ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ

omutuusanga mu kifo kye eky'emirembe. Ekyo lwa kubanga bo be bantu abatamanyi.

عَلَّامٌ لَّا يَعْلَمُونَ ﴿٦﴾

Ruku 2

7. Kiyinzika kitya eri Allah n'eri Mutume we okuba n'endagaano n'abenkanya Allah n'ebirala, okuggyako abo be mwalagaana nabo awali Omuzigiti Omutukuvu? Kale kasita baba abeesimbu gye muli, kale nammwe mubeere beesimbu gye bali. Mazima Allah ayagala nnyo abakozi b'ebirungi.

كَيْفَ يَكُونُ لِلْمُشْرِكِينَ عَهْدٌ
عِنْدَ اللَّهِ وَعِنْدَ رَسُولِهِ إِلَّا الَّذِينَ
عَاهَدْتُمْ عِنْدَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ فَمَا
اسْتَقَامُوا لَكُمْ فَاسْتَقِيمُوا لَهُمْ
إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُتَّقِينَ ﴿٧﴾

8. Watya nga be babawangudde? Olwo baba tebayinza nakufa ku nkolagana ya luganda wadde endagaano eziri wakati wammwe. Babasanyusa n'emimwa gyabwe, naye emitima gyabwe tegikkiriza; era abasinga obungi mu bo bamenyi ba mateeka.

كَيْفَ وَإِن يَظْهَرُوا عَلَيْكُمْ لَا يَرْقُبُوا
فِيكُمْ إِلَّا ذَمًّا يَرْضُونَكُمْ
يَأْفُواهُمْ وَتَأْبَى قُلُوبُهُمْ وَ
أَكْثَرُهُمْ فَاسِقُونَ ﴿٨﴾

9. Bawaanyisa Aya za Allah mu muwendo omutono era nebeekiika ne mu kkubo lye. Mazima abo bibi nnyo bye bakola.

اشْتَرَوْا بِآيَاتِ اللَّهِ ثَمَنًا قَلِيلًا
فَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِهِ إِنَّهُمْ سَاءَ مَا
كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٩﴾

10. Tebafa ku nkolagana ya luganda wadde ku ndagaano ezikwata ku mukkiriza. Era abo be basussi b'ekigero.

لَا يَرْقُبُونَ فِي مُؤْمِنٍ إِلَّا ذَمًّا
أُولَئِكَ هُمُ الْمُعْتَدُونَ ﴿١٠﴾

11. Naye bwe baboncereranga nebajjumbira essaala nebatoola zaka, olwo baba baganda bammwe mu ddiini. Era tuttottola okulabula eri abantu abategeera.

فَإِن تَابُوا وَ أَقَامُوا الصَّلَاةَ وَ
آتَوُا الزَّكَاةَ فَآخُوَانُكُمْ فِي الدِّينِ وَ
نُقِصِلُ الْأَيْتِ بِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿١١﴾

12. Naye bwe bamenyanga ebirayiro byabwe oluvannyuma lw'okulagaana kwabwe era nebasekeeterera eddiini yammwe, olwo mulwanyise abakulembeze b'abatakkiriza kuba ddala tebakuuma birayiro byabwe, balyooke beekomeko.

وَإِن تَكَثَّرُوا آيْمَانَهُمْ مِنْ بَعْدِ
عَهْدِهِمْ وَ طَعَنُوا فِي دِينِكُمْ
فَقَاتِلُوا أَيْمَةَ الْكُفْرِ إِنَّهُمْ لَا آيْمَانَ
لَهُمْ لَعَلَّهُمْ يَنْتَهُونَ ﴿١٢﴾

13. Abaffe, temulwanyise bantu abaame-nya ebirayiro byabwe era nebamalirira n'okugoba Omubaka ng'ate be baabasosonkereza ne ku mulundi ogwasooka? Abaffe, mubatya? Naye nno Allah gwe musaana okutya ennyo, bwe muba nga ddala muli bakkiriza.

أَلَا تَتَّقَاتِلُونَ قَوْمًا نَكَتُوا آيْمَانَهُمْ
وَ هَمُّوا بِإِخْرَاجِ الرَّسُولِ وَ هُمْ
بَدِءُكُمْ أَوَّلَ مَرْقَبَةٍ أَتَخْشَوْنَهُمْ
قَالَ اللَّهُ أَحَقُّ أَنْ تَخْشَوْهُمْ إِن كُنْتُمْ
مُؤْمِنِينَ ﴿١٣﴾

14. Mubalwanyise, Allah ababonereze n'emikono gyammwe era abaswaaze, nate mmwe abayambe ku bo era akkakkanye emitima gy'abantu abakkiriza;

قَاتِلُوهُمْ يُعَذِّبُهُمُ اللَّهُ
بِأَيْدِيكُمْ وَ يَخْرِجُهُمْ وَ يَنْصُرْكُمْ
عَلَيْهِمْ وَ يَشْفِ صُدُورَ قَوْمٍ مُؤْمِنِينَ ﴿١٤﴾

15. Era aggye ekiryu ku mitima gyabwe. Naye Allah addiramu oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

16. Abaffe, mulwooza nti mujja kulekebwa awo nga Allah tamanyisizza abo abanyiikeyi mu mmwe era abatatwala mulala yenna okuba enfiirabulago ebbali wa Allah ne Mutume we wadde abakkiriza? Era bye mukola, Allah abitegeera.

Ruku 3

17. Si kituufu eri abenkanya Allah n'ebirala okulabirira emizigiti gya Allah nga nabo bennyini beekakasako obutakkiriza. Abo ebikolwa byabwe byafaafaagana, era mu muliro mwe balibeera.

18. Mu butuufu alabirira emizigiti gya Allah y'oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero era n'ajjumbira essaala n'atoola zaka n'ataty mulala yenna okuggyako Allah; kale abo be basaana okubeera mu balung'amu.

19. Abaffe, mukitwala nti okunywesa abalamazi n'okulabirira Omuzigiti Omutukuvu kyenkana n'oli akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero era nga atakabana ne mu kkubo lya Allah? Tebayinza kwenkankana mu maaso ga Allah. Era Allah talung'anya bantu boonoonefu.

20. Abo abakkiriza era nebasenguka ku lwa Allah nebatkabana mu kkubo lya Allah n'ebuyobugagga bwabwe n'emoyo gyabwe, be basinga obusukkirivu mu madaala mu maaso ga Allah. Era abo be bawanguzi.

21. Mukama waabwe abawa amawulire ag'essanyu ag'okusaasira okuva gy'ali n'okusiima ne Janna zebalifuniramu essanyu erijjuvu ely'olubeerera.

22. Omwo mwe balibeera emirembe n'emirembe. Mazima eri Allah y'eri empeer ensuffu.

وَيَذُوبُ عَيْظٌ قُلُوبِهِمْ وَيَتُوبُ
اللَّهُ عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ وَاللَّهُ عَلِيمٌ
حَكِيمٌ ﴿١٥﴾

أَمْ حَسِبْتُمْ أَنْ تُتْرَكُوا وَلَمَّا يَعْلَمِ
اللَّهُ الَّذِينَ جَاهَدُوا مِنْكُمْ وَلَمْ
يَتَّخِذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلَا رَسُولِهِ
وَلَا الْمُؤْمِنِينَ وَرِجْةً ۗ وَاللَّهُ
خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٦﴾

مَا كَانَ لِلْمُشْرِكِينَ أَنْ يَعْمُرُوا
مَسْجِدَ اللَّهِ شَاهِدِينَ عَلَىٰ أَنْفُسِهِمْ
بِالْكُفْرِ ۚ أُولَٰئِكَ حَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ ۖ
وَفِي النَّارِ هُمْ خَالِدُونَ ﴿١٧﴾

إِنَّمَا يَعْمُرُ مَسْجِدَ اللَّهِ مَنْ آمَنَ
بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَآقَامَ
الصَّلَاةَ وَآتَى الزَّكَاةَ وَلَمْ يَحْشَ
إِلَّا اللَّهَ ۖ فَعَسَىٰ أُولَٰئِكَ أَنْ يَكُونُوا
مِنَ الْمُهْتَدِينَ ﴿١٨﴾

أَجَعَلْتُمْ سِقَايَةَ الْحَاجِّ وَالْعِمَارَةَ
الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ كَمَنْ آمَنَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ
الْآخِرِ وَجَاهَدَ فِي سَبِيلِ
اللَّهِ ۗ لَا يَسْتَوُونَ عِنْدَ اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ لَا
يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿١٩﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَهَاجَرُوا وَ
جَاهَدُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِهِمْ
وَأَنْفُسِهِمْ ۗ أَعْظَمُ دَرَجَةً عِنْدَ اللَّهِ ۗ
وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْقَائِدُونَ ﴿٢٠﴾

يُبَشِّرُهُمْ رَبُّهُمْ بِرَحْمَةٍ مِنْهُ وَ
رِضْوَانٍ وَجَنَّاتٍ لَّهُمْ فِيهَا نَجِيمٌ
مُعْتَبِرٌ ﴿٢١﴾

خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۗ إِنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ
أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿٢٢﴾

23. Abange mmwe abakkiriza, temutwalanga bakitammwe ne baganda bammwe okuba ab'emikwano, bwe baba nga basinga kwagala butakkiriza okusinga ku bukkiriza. Kale yenna mu mmwe alibafuula ab'emikwano, kale abo be bakyaamu.

24. Gamba nti: Obanga ba kitammwe, n'abaana bammwe, ne baganda bammwe, ne bakyalala bammwe, n'abekika kyammwe, n'ebyobugagga bye mwafuna, n'ebyobusuu-buzi bye mutya okudiba kwa byo, n'amaka ge musanyukira ennyo, bye mwagala ennyo okusinga Allah ne Mutume we n'okutakabana mu kkubo lye, kale mulindirire okutuusa Allah lw'alireeta okusalawo kwe. Naye Allah talung'anya bantu bajeemu.

Ruku 4

25. Mazima Allah abayambye mu malwaniro mangi, ne ku lunaku lw'e Hunaini awo bwe mweyinula olw'obungi bwammwe naye nebutabagasa n'akatonono, n'ensi n'ebafundirira, so nga yali ngazi; n'oluvannyuma mwakyuuka nemudda emabega.

26. Oluvannyuma Allah yassa obutebenkevu bwe ku Mubaka we ne ku bakkiriza, n'assa n'amagye ge mutaalaba, n'abonereza abo abatakkiriza. Era eyo y'empeera y'abatakkiriza.

27. Nate oluvannyuma lw'ebyo, Allah aliddiramu oyo gw'aliba asiimye. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

28. Abange mmwe abakkiriza, mazima abenkanya Allah n'ebirala kyeninyinalwa. Kale tebasembereranga Omuzigiti Omutukuvu oluvannyuma lw'omwaka gwabwe guno. Bwe muba nga mutya bwavu, kale mangu nnyo Allah ajja kubagaggawaza okuva mu mikisa gye, bw'aliba nga ayagadde. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّخِذُوا
 آبَاءَكُمْ وَلَا إِخْوَانَكُمْ أَوْلِيَاءَ إِن
 اسْتَحَبُّوا الْكُفْرَ عَلَى الْإِيمَانِ ۗ وَمَنْ
 يَتَّوَلَّهُمْ فَاُولَئِكَ هُمُ
 الظَّالِمُونَ ﴿٢٣﴾

قُلْ إِن كَانَ آبَاؤُكُمْ وَأَبْنَاؤُكُمْ
 وَإِخْوَانُكُمْ وَأَزْوَاجُكُمْ وَعَشِيرَتُكُمْ
 وَأَمْوَالٌ أُقْتِرْتُمْوهَا وَتِجَارَةٌ
 تَخْشَوْنَ كَسَادَهَا وَمَسَاكِينُ تَرْضَوْنَهَا
 أَحَبَّ إِلَيْكُمْ مِنَ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَجِهَادٍ
 فِي سَبِيلِهِ فَتَرْتَفِئُوا حَتَّى يَأْتِيَ اللَّهُ
 بِأَمْرِهِ ۗ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ
 الفَاسِقِينَ ﴿٢٤﴾

لَقَدْ نَصَرَكُمُ اللَّهُ فِي مَوَاطِنَ كَثِيرَةٍ
 وَيَوْمَ حُنَيْنٍ إِذْ أَعْجَبَتْكُمْ كَثْرَتُكُمْ
 فَلَمْ تُغْنِ عَنْكُمْ شَيْئًا وَضَاقَتْ
 عَلَيْكُمُ الْأَرْضُ بِمَا رَحُبَتْ ثُمَّ
 وَابَيْتُمْ مُدْبِرِينَ ﴿٢٥﴾

ثُمَّ أَنْزَلَ اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَى
 رَسُولِهِ وَ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ وَ أَنْزَلَ
 جُنُودًا لَمْ تَرَوْهَا وَعَذَّبَ الَّذِينَ
 كَفَرُوا ۗ وَذَلِكَ جَزَاءُ الْكَافِرِينَ ﴿٢٦﴾
 ثُمَّ يَتُوبُ اللَّهُ مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ عَلَى
 مَنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّمَا الْمُشْرِكُونَ
 نَجَسٌ فَلَا يَقْرَبُوا الْمَسْجِدَ الْحَرَامَ
 بَعْدَ عَمَلِهِمْ هَذَا ۚ وَإِنِ خِفْتُمْ عَيْلَةً
 فَسَوْفَ يُغْنِيكُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ۗ إِن
 شَاءَ ۗ إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢٨﴾

29. Mulwanyise abo abatakkiriza Allah wadde olunaku lw'enkomerero, era abataziza ebyo Allah ne Mutume we bye baaziza, era abatakkiririza mu ddiini ey'amazima, abava mw'abo abaaweebwa Ekitabo, okutuusa lwe baliwa omusolo ku lwabwe n'omukono gwabwe era nga beetoowaze.

Ruku 5

30. Era Abayudaaya bagamba nti 'Uzairu mwana wa Allah, n'Abakulisitaayo bagamba nti Masihi mwana wa Allah. Okwo nno kwogera kwabwe n'emimwa gyabwe nga bakopperera enjogera y'abo abatakkiriza ab'edda. Allah abakolimire! Abaffe, bakyuusibwa batya!

31. Baatwala abakungu baabwe ne bakabona baabwe okuba ba katonda ebbali wa Allah, era ne Masihi mutabani wa Maryamu naye bwe bamutwala, so nga tebalagirwanga okuggyako okusinja Omusinzibwa Omu yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Ye Mutuukirivu nnyo kw'abo be benkanyankanya naye.

32. Kye bagenderera kwe kuzikiza obutangaavu bwa Allah n'emimwa gyabwe, naye Allah takkiriza wabula ajja kutuukiriza obutangaavu bwe, newaakubadde nga abatakkiriza tebaagala.

33. Ye y'eyatuma Omutume we n'obulung'amu n'eddiini ey'amazima, alyooke agiwanguzise eddiini endala zonna, newaakubadde nga abenkanya Allah n'ebirala tebaagala.

34. Abange mmwe abakkiriza, mazima bangi mu basosodooti ne bakabona ddala balya ebintu by'abantu mu bulimba era nebeekiika ne mu kkubo lya Allah. Era n'abo abatuuma ezzaabu n'effeeza nebatazitoola mu kkubo lya Allah, kale bawe amawulire g'ekibonerezo ekirumya.

35. Olunaku lwe biriyengerezebwa mu muliro gwa Jahannamu, olwo biryokesebwa mu bwenyi bwabwe ne ku mbiriizi zaabwe

قَاتِلُوا الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ
وَلَا بِالْيَوْمِ الْآخِرِ وَلَا يُحَرِّمُونَ
مَا حَرَّمَ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَلَا يَدِينُونَ
دِينَ الْحَقِّ مِنَ الَّذِينَ أُوتُوا
الْكِتَابَ حَتَّى يُعْطُوا الْجِزْيَةَ عَن
يَدٍ وَهُمْ صَاغِرُونَ ﴿٢٩﴾

وَقَالَتِ الْيَهُودُ عَزَائِرُ ابْنِ اللَّهِ
وَقَالَتِ النَّصْرَى الْمَسِيحُ ابْنُ اللَّهِ
ذَلِكَ قَوْلُهُمْ بِأَفْوَاهِهِمْ يُضَاهِئُونَ
قَوْلَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِن قَبْلُ
قَاتِلْهُمْ اللَّهُ أَتَى يَوْمَ كُفُونِ ﴿٣٠﴾

رَتَّخَدُوا أَحْبَارَهُمْ وَرُهْبَانَهُمْ أَرْبَابًا
مِّن دُونِ اللَّهِ وَالْمَسِيحَ ابْنَ مَرْيَمَ
وَمَا أُمِرُوا إِلَّا لِيَعْبُدُوا إِلَهًا
وَاحِدًا لَّا إِلَهَ إِلَّا هُوَ سُبْحٰنَهُ
عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٣١﴾

يُرِيدُونَ أَن يُطْفِئُوا نُورَ اللَّهِ
بِأَفْوَاهِهِمْ وَيَأْبَى اللَّهُ إِلَهًا
أَن يُسْمِعَ الْكُفْرَةَ وَالْكَافِرُونَ ﴿٣٢﴾

هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَى
وَدِينِ الْحَقِّ لِيُظْهِرَهُ عَلَى الدِّينِ
كُلِّهِ وَلَوْ كَرِهَ الْمُشْرِكُونَ ﴿٣٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِن كَثِيرًا
مِّنَ الْآخِبَارِ وَ الرُّهْبَانِ لَيَأْكُلُونَ
أَمْوَالَ النَّاسِ بِالْبَاطِلِ وَيَصُدُّونَ
عَن سَبِيلِ اللَّهِ وَالَّذِينَ يَكْنِزُونَ
الذَّهَبَ وَالْفِضَّةَ وَلَا ينفِقُونَهَا فِي
سَبِيلِ اللَّهِ فَبَشِّرْهُم بِعَذَابٍ
أَلِيمٍ ﴿٣٤﴾

بِئْسَ مَا يَحْمِي عَلَيْهَا فِي نَارِ جَهَنَّمَ
فَتُكْوَى بِهَا جِبَاهُهُمْ وَجُنُوبُهُمْ وَ

n'emigongo gyabwe, *era baligambibwa nti*: Bino by'ebyo bye mwetuumiranga mwekka, kale muloze kw'ebyo bye mwatuumanga.

36. Mazima omuwendo gw'emyezi eri Allah giri emyezi kkumi n'ebiri okusenziira ku tteeka lya Allah *okuva ku* lunaku lwe yatonda eggulu n'ensi. Mu gyo mulimu ena emitukuvu. Eyo y'enjigiriza ennesimbu. Kale temweryaza-amaanyanga mu gyo. Era mulwanyise abenkanya Allah n'ebirala mwenna okufaanana nga bo bwe babalwanyisa bonna; era mumanye nti ddala Allah ali wamu n'abamutya.

37. Mazima okujjululajjulula *omwezi omutukuvu* kuba kwongera ku butakkiriza. Abo abatakkiriza babuzibwabuzibwa nakwo, *nga* bagukkiriza mu mwaka *agumu* ate mu mwaka *omulala* nebaguziza, balyooke *babe nga* abakkiriziganya n'embala y'emyezi Allah gye yatukuzi; olwo ebyo Allah bye yaziza balyooke babifuule ebyakkirizibwa. Ebikolwa byabwe ebibi byalungiyizibwa gye bali. Era Allah talung'anya bantu batakkiriza.

Ruku 6

38. Abange mmwe abakkiriza, mubadde ki? Bwe mugambibwa nti mutabaale mu kkubo lya Allah, mugugubira ku ttaka? Abaffe, musiima bulamu bwa nsi okusinga obw'enkomerero? Naye nno omugaso gw'ensi ku nkomerero guliba gwa muswaaba nnyo.

39. Bwe mutaatabaale, Allah ajja kubabonereza n'ekibonerezo ekirumya era akyuuse *aleeteyo* abantu abatali nga mmwe, era temujja kumulumya n'akatono. Era Allah ye Musobozi wa buli kimu.

40. *Omubaka* bwe mutaamuyambe, kale mujjukire nti era Allah y'eyamuyamba awo nga abatakkiriza bamugobye *mu Makka* nga ye wokubiri ku babiri nga bali mu mpuku, awo weyagambira munywanyi we nti: Teweraliikirira, mazima Allah ali wamu naffe. Olwo Allah n'assa ku ye obukkakkamu bwe era n'amuwagira n'amagye ge mutaalaba, n'ekigambo ky'abo abatakkiriza n'akifuula ekya wansi, ate ekigambo kya Allah nekiba nga ky'ekiri waggulu. Era Allah ye Lawangula, Omugezi ennyo.

ظُهُورُهُمْ هَذَا مَا كُنْتُمْ لَا تَنْفُسِكُمْ
فَذُوقُوا مَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٥٥﴾

إِنَّ عِدَّةَ الشُّهُورِ عِنْدَ اللَّهِ اثْنَا
عَشَرَ شَهْرًا فِي كِتَابِ اللَّهِ يَوْمَ خَلَقَ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ مِنْهَا أَرْبَعَةٌ حُرْمًا
ذَلِكَ الدِّينُ الْقَيِّمُ فَلَا تَظْلِمُوا
فِيهِنَّ أَنْفُسَكُمْ وَقَاتِلُوا الْمُشْرِكِينَ
كَآفَّةً كَمَا يُقَاتِلُونَكُمْ كَآفَّةً وَ
اعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿٥٦﴾

إِنَّمَا النَّسِيءُ زِيَادَةٌ فِي الْكُفْرِ يُضَلُّ
بِهِ الَّذِينَ كَفَرُوا يُحِلُّونَهُ عَامًا
وَيُحَرِّمُونَهُ عَامًا لِيُؤَيِّبَ طُغْوَا عِدَّةَ
مَا حَرَّمَ اللَّهُ فَيُحِلُّوا مَا حَرَّمَ اللَّهُ
زَيْنَ لَهُمْ سُوءُ أَعْمَالِهِمْ وَاللَّهُ لَا
يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿٥٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا مَا كُنْتُمْ إِذَاقِينَ
لَكُمْ أَنْفِرُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ إِنَّا قُلْنَا
لِلَّذِينَ آمَنُوا إِذْ أُخْرِجْتُمْ مِنَ الدُّنْيَا
مِنَ الْآخِرَةِ قَمَا مَتَاءَ الْحَيَوَاتِ الدُّنْيَا
فِي الْآخِرَةِ إِلَّا قَلِيلٌ ﴿٥٨﴾

إِلَّا تَنْفِرُوا يَعَذِّبْكُمْ عَذَابًا أَلِيمًا
وَيَسْتَبْدِلْ قَوْمًا غَيْرَكُمْ وَلَا تَضُرُّوهُ
شَيْئًا وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٥٩﴾
إِلَّا تَنْصُرُوهُ فَقَدْ نَصَرَهُ اللَّهُ إِذْ
أَخْرَجَهُ الَّذِينَ كَفَرُوا ثَانِيًا إِثْنَيْنِ
إِذْ هُمَا فِي الْعَارِ إِذْ يَقُولُ لِصَاحِبِهِ
لَا تَخْزَن إِنَّ اللَّهَ مَعَنَا فَأَنْزَلَ
اللَّهُ سَكِينَتَهُ عَلَيْهِ وَأَيَّدَهُ بِجُنُودٍ
لَمْ تَرَوْهَا وَجَعَلَ كَلِمَةَ الَّذِينَ كَفَرُوا
السُّفْلَى وَكَلِمَةَ اللَّهِ هِيَ الْعُلْيَا وَاللَّهُ
عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٦٠﴾

41. Kale mutabaale nga muli bangu oba nga muli bazito era mufuubaane n'ebuyobugagga bwammwe n'emyoyo gyammwe mu kkubo lya Allah. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

42. Singa ddala kwali kufuna okw'amangu nga n'olugendo lwa kumpimpi, mazima baalikugoberedde; naye olugendo oluzibu lwabalabikira nga luwanvu nnyo. Era ddala baja kulayira Allah nti: Singa twali tusobola, ddala twaligenze nammwe. Abo beezikiriza bokka, era Allah amanyi nti ddala balimba.

Ruku 7

43. Allah akuggyeko emitawaana. Lwaki wabakkiriza okusigala emabega? Waalirinze okutuusa lwe waalinnyonnyokeddwa abo aboogera amazima n'omanya n'abalimba.

44. Abo abakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero tebajja kusaba kulekayo kutakabana neby'obugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe mu kkubo lya Allah. Era abamutya, Allah abamanyi bulungi.

45. Mazima abakusaba okubakkiriza okusigalira be bo abatakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero ate nga n'emitima gyabwe gitankana, kale abo be bali mu kutamattama kwabwe nga babulubuuta.

46. Era singa baali bamaliridde kutabaala, mazima baalikwetegekede olwetegeka. Naye Allah teyayagala kutabaala kwabwe, kale kyeyava abaziyiza, nekigambibwa nti: Mwetuulire wamu n'abo abetuulidde.

47. Kuba singa baatabaala awamu nammwe, tebaalibongeddeko kirala okuggyako emitawaana era baalibamidde eno n'eri wakati wammwe nga babanoonyeza emitawaana. Ate nno mu mmwe mulimu ababawuliriza. Naye Allah aboonyi abamanyi bulungi.

إِنْفِرُوا خِفَافًا وَثِقَالًا وَالْجَاهِدُوا
بِأَمْوَالِكُمْ وَأَنْفُسِكُمْ فِي سَبِيلِ
اللَّهِ ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ
تَعْلَمُونَ ﴿٤١﴾

لَوْ كَانَ عَرَضًا قَرِيبًا وَرَسَفًا
قَاصِدًا لَاتَّبَعُوكَ وَلَكِنْ بَعَدَتْ
عَلَيْهِمُ الشُّقَّةُ وَ سَيَحْلِفُونَ
بِاللَّهِ لَوِ اشْتَطَعْنَا لَخَرَجْنَا مَعَكُمْ
يَهْرِكُونَ أَنْفُسَهُمْ وَاللَّهُ يَعْلَمُ

إِنَّمَا لَهُمْ لَكُذُوبُونَ ﴿٤٢﴾

عَمَّا لِلَّهِ عِنْدَكَ لِمَ أَذِنْتَ لَهُمْ
حَتَّى يَتَّبِعِينَ لَكَ الَّذِينَ صَدَقُوا
وَتَعْلَمَ الْكَذِبِينَ ﴿٤٣﴾

لَا يَسْتَأْذِنُكَ الَّذِينَ يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ
وَالْيَوْمِ الْآخِرِ أَنْ يُجَاهِدُوا
بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ
بِالْمُتَّقِينَ ﴿٤٤﴾

إِنَّمَا يَسْتَأْذِنُكَ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ
بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ أَزْتَابَتْ
قُلُوبُهُمْ فَهُمْ فِي رَيْبِهِمْ
يَتَرَدَّدُونَ ﴿٤٥﴾

وَلَوْ أَرَادُوا الْخُرُوبَ لَأَعَدُّوا لَهُ
عُدَّةً وَلَكِنْ كَرِهَ اللَّهُ انْتِعَاقَهُمْ
فَتَبَطَّوهُمْ وَقِيلَ إِنَّهُمْ وَرَاءَ
الْقَعْرِينَ ﴿٤٦﴾

لَوْ خَرَجُوا فِيكُمْ مَا زَادُواكُمْ إِلَّا
خَبَالًا وَلَا أَوْضَعُوا خِلَافَكُمْ
يَبْغُونَكُمْ الْفِتْنَةَ وَ فِيكُمْ
سَمْعُونَ لَهُمْ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ
بِالظَّالِمِينَ ﴿٤٧﴾

48. Mazima baanoonya okutabulatabula kuva lubereberye era nebakwefuulira ne mu nsonga *ezimu*, okutuusa amazima lwe gajja n'ekigendererwa kya Allah nekyeyoleka, newaakubadde nga bo tebaayagala.

49. Era mu bo mulimu agamba nti: Nzikiriza *nsigale*, naye tonzisa mu kigezo. Mwetegereze, ddala ekigezo baakigwamu dda. Era ddala omuliro gwetoolodde abeerema.

50. Kale bw'otuukibwako ekirungi, kibalumya. Naye bw'otuukibwako akabenje, bagamba nti: Ffe okwekuuma kwaffe twakukwatirawo kuva lubereberye. Olwo nga bakubayo mabega nga beesanyukira.

51. Gamba nti: Tewali kyonna kiyinza kututuukako okuggyako ekyo Allah kye yatutegekera. Ye ye mukuumi waffe. Era abakkiriza, Allah yekka gwe baba beesiga.

52. Gamba nti: Mmwe temutulindiriza kirala wabula ekimu ku birungi ebibiri; naye ffe tubalindiriza Allah kubassaako kibonerezo ekiva gy'ali oba *Ye okukibatuusaako* n'emikono gyaffe. Kale mulindirire, naffe tuli wamu nammwe tulindirira.

53. Gamba nti: Ka mutoole *ebintu byammwe* mu kwagala oba mu butayagala, naye era bya kubazirirwa kuba ddala muli bantu bajeemu.

54. Era tewali kyaligaanyisizza kukkiriza bitoolebwa byabwe wabula lwa kubanga beegaana Allah n'Omubaka we era tebagenda eri ssaala wabula nga beenyoola, *ate* era tebatoola kyonna wabula nga banyolwa.

55. Kale eby'obugagga bwabwe bireme kukwewuunyisa wadde abaana baabwe. Mazima ddala Allah ky'agenderera kwe kubabonereza nabyo mu bulamu bw'ensi, n'emyooyo gyabwe giveewo, *bafe* nga batakkiriza.

56. Era balayira Allah nti mazima nabo bali mu mmwe, so nga ddala tebali mu mmwe.

لَقَدْ ابْتَغُوا الْفِتْنَةَ مِنْ قَبْلُ وَ قَلَّبُوا لَكَ الْأُمُورَ حَتَّى جَاءَ الْحَقُّ وَظَهَرَ أَمْرُ اللَّهِ وَهُمْ كَرِهُونَ ﴿٤٨﴾

وَ مِنْهُمْ مَن يَقُولُ إِنَّمَا سَأَلْنَا عَلَىٰ آلِ الْفِتْنَةِ سَقَطُوا وَإِنَّ جَهَنَّمَ لَمُحِيطَةٌ بِالْكَافِرِينَ ﴿٤٩﴾

إِنْ تُصِيبَكَ حَسَنَةٌ تَسُؤْهُمْ ۖ وَإِنْ تُصِيبَكَ مُصِيبَةٌ يَقُولُوا قَدْ أَجَدْنَا أَمْرَنَا مِنْ قَبْلُ ۖ وَيَتَوَلَّوْا وَهُمْ قَرِحُونَ ﴿٥٠﴾

قُلْ لَنْ يُصِيبَنَا إِلَّا مَا كَتَبَ اللَّهُ لَنَا ۗ هُوَ مَوْلَانَا ۗ وَعَلَىٰ اللَّهِ قَلِيلٌ مِّنَ الْمُؤْمِنُونَ ﴿٥١﴾

قُلْ هَلْ تَرَبَّصُونَ بِنَا إِلَّا إِحْدَىٰ الْحُسَيْنَيْنِ ۖ وَ نَحْنُ نَتَرَبَّصُ بِكُمْ أَنْ يُصِيبَكُمْ اللَّهُ بِعَذَابٍ مِّنْ عِنْدِهِ ۗ أَوْ يَأْتِيَنَا رَقَّتْ رَبُّصُونَا مَعَكُمْ مُتَرَبِّصُونَ ﴿٥٢﴾

قُلْ أَنفِقُوا طَوْعًا أَوْ كَرْهًا لَنْ يُتَقَبَلَ مِنْكُمْ ۖ إِنَّكُمْ كُنْتُمْ قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٥٣﴾

وَمَا مَنَعَهُمْ أَنْ تُقْبَلَ مِنْهُمْ نَفَقَتُهُمْ إِلَّا أَنَّهُمْ كَفَرُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ۖ وَلَا يَأْتُونَ الصَّلَاةَ إِلَّا وَهُمْ كَسَالَىٰ ۖ وَلَا يُنْفِقُونَ إِلَّا وَهُمْ كَرِهُونَ ﴿٥٤﴾

فَلَا تُحِجُّكَ أَمْوَالُهُمْ وَلَا أَوْلَادُهُمْ إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيُعَذِّبَهُمْ بِهَا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَتَرْهَقَ أَنفُسُهُمْ وَهُمْ كَافِرُونَ ﴿٥٥﴾

وَيَخْلِفُونَ بِاللَّهِ لَئِذَا لَمْ يَمْسَسْكُمْ وَ مَا هُمْ بِمِنكُمْ ۖ وَإِنَّمَا هُمْ قَوْمٌ

Naye bo be bantu abatiitiizi.

57. Era singa bazuulayo obuddukiro bwonna oba empuku oba ekifo awayingirwa, mazima baalikyukidde gye kiri nga bagabattuka.

58. Era mu bo mulimu abakunenya olwa saddaaka. Kyokka bwe baweebwa ku zo, olwo nga basanyuka. Naye bwe bataziweebwako, amangu ago nga banyiiiga.

59. So singa baasiima ebyo ebibaweebwa Allah n'Omubaka we, era nebagamba nti: Allah atumala era nti Allah anatuwa ku mikisa gye n'Omubaka we, era nti: Ffe eri Allah gye twolekedde, *ky'ekyalisinze*.

Ruku 8

60. Mu butuufu saddaaka ziba za baavu n'abankuseere, n'abo abazikolako, n'abo emitima gyabwe egigenda okwegatta ku bakkiriza, n'okununula abali mu nkomyo, n'abali mu mabanja *amagweko*, ne mu kkubo lya Allah, n'omutambuze. *Eryo* ly'etteeka okuva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

61. Era mu bo mulimu abanyiiiza Nabbi nebagamba nti: Ye awuliriza buli omu. Gamba nti: Okuwuliriza kwe buli omu kulungi gye muli; akkiriza Allah era yeesiga abakkiriza, nate ye kwe kusaasira eri abo abakkiriza mu mmwe. Naye abo abanyiiiza Omubaka wa Allah, balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo.

62. Babalayirira Allah mbu balyooke babasanyuse, so nga Allah n'Omubaka we be basinga obutuufu okusanyusa, singa babadde bakkiriza.

63. Abaffe, tebamanyi nti ddala oyo awakanya Allah n'Omubaka we, nti ddala alifuna omuliro gwa Jahannamu, mu gwo mw'alibeera? Okwo nno kwe kuswaala okusuffu.

64. Bannanfuusi beeraliikirira nti si kulwa nga wassibwayo gye muli essuula ebakwatako, ebategeeza ebyo ebiri mu mitima

يَفْرَقُونَ ﴿٥٧﴾

لَوْ يَجِدُونَ مَلَجًا أَوْ مَغْرَبًا أَوْ مَدْحَلًا لَوَلَّوْا إِلَيْهِ وَهُمْ يَجْمَحُونَ ﴿٥٧﴾

وَمِنْهُمْ مَّنْ يَلْمِزُكَ فِي الصَّدَقَاتِ ۚ فَإِن أُعْطُوا مِنْهَا رَضُوا وَإِن لَّمْ يُعْطُوا مِنْهَا إِذًا هُمْ يُشْحَطُونَ ﴿٥٨﴾

وَلَوْ أَنَّهُمْ رَضُوا مَا آتَاهُمُ اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَقَالُوا حَسْبُنَا اللَّهُ سَيُؤْتِينَا اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ وَرَسُولُهُ إِنَّا إِلَى اللَّهِ رَاغِبُونَ ﴿٥٩﴾

إِنَّمَا الصَّدَقَاتُ لِلْفُقَرَاءِ وَالْمَسْكِينِ وَالْعَمِلِينَ عَلَيْهَا وَالْمُؤَلَّفَةِ قُلُوبُهُمْ وَفِي الرِّقَابِ وَالْغَارِمِينَ وَفِي سَبِيلِ اللَّهِ وَالابْنِ السَّبِيلِ ۗ فَرِيضَةً مِّنَ اللَّهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٦٠﴾

وَمِنْهُمْ الَّذِينَ يُؤْذُونَ النَّبِيَّ وَيَقُولُونَ هُوَ أَدْنَىٰ أَدْنَىٰ حَيْثُ لَكُمْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ لَمُؤْمِنِينَ وَرَحْمَةً لِّلَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَالَّذِينَ يُؤْذُونَ رَسُولَ اللَّهِ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٦١﴾

يَخْلِفُونَ بِاللَّهِ لَكُمْ لِيُرْضُوكُمْ وَاللَّهُ وَرَسُولُهُ أَحَقُّ أَنْ يُرْضُوا لَإِنَّ كَانُوا مُؤْمِنِينَ ﴿٦٢﴾

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّهُ مَن يُحَادِدُ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَأَنَّ لَهُ نَارَ جَهَنَّمَ خَالِدًا فِيهَا ۗ ذَٰلِكَ الْخِزْيُ الْعَظِيمُ ﴿٦٣﴾

يَخَذَرُ الْمُضِلُّونَ أَنْ تُدْرَكَ عَلَيْهِمْ سُورَةٌ تُنَسِّهُم بِمَا فِي قُلُوبِهِمْ ۗ قُلْ

gyabwe. Gamba nti: Kale ggwe mubalaate, mazima Allah ye Mukwekuzi w'ebyo bye mweraliikirira.

65. Era bw'obabuuza, bajja kugamba nti: Ffe twali tusaaga busaazi era nga tuzannya. Gamba nti: Abaffe, Allah ne Aya ze n'Omubaka we be mwali musaagirako?

66. Temuwampanya. Ddala mwerema oluvannyuma lw'okukkiriza kwammwe. Kale ne bwe tunaasonyiwa ekibiina ekimu mu mmwe, era ekibiina ekirala tujja kukibonereza, olw'okubanga baali boononyi.

Ruku 9

67. Bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi bakolagana bokka na bokka. Balagira bibi era nebazyiiza ebrungi era bafunya emikono gyabwe nebatatoola. Beerabira Allah, bw'atyo naye n'abasulirira. Mazima bannanfuusi ddala bajeemu.

68. Allah yasuubiza bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi n'abeerema, omuliro gwa Jahannamu; mu gwo mwe balibeera. Gwo gwe gulibamala. Era Allah yabakolimira. Era balina n'ekibonerezo ekiwangaazi,

69. Okufaanana nga bwe yabonereza abo abaabakulembere abaali basinga mmwe amaanyi nga babasinza n'ebuyobugagga n'abaana. Kale beesanyusaamu n'omugabo gwabwe okumala akaseera, bwe mutyo nammwe mwesanyusizzaamu n'omugabo gwammwe nga abaabasooka bwe beesanyusamu n'omugabo gwabwe. Era mubalaata nga bo bwe baabalaatanga. Abo nno ebikolwa byabwe byafaafaagana ku nsi ne ku nkomerero, era abo be b'okufiirwa.

70. Abaffe, tebaatuukwako ebyafa kw'abo abaabakulembere—abantu ba Nuhu n'aba 'Adi n'aba Thamuda n'abantu ba Ibrahimu n'abatuuze b'e Madiyani n'ebibuga ebyavuunikibwa? Bajjirwa Abatume baabwe n'obubonero obw'olwaatu. Kale

اسْتَهْزِؤْا ۞ إِنَّ اللّٰهَ مُخْرِجٌ مَّا تَخْتَرُونَ ﴿٦٥﴾

وَلَيْنَ سَأَلْتَهُم لَيَقُولُنَّ إِنَّمَا كُنَّا نَخُوضُ وَنَلْعَبُ قُلْ أَيْ اللّٰهُ وَإِيَّتِهِ دَسُّوْا لَهُ كُنْتُمْ تَسْتَهْزِؤْنَ ﴿٦٥﴾

لَا تَعْتَذِرُوْا قَدْ كَفَرْتُمْ بَعْدَ اٰيْمَانِكُمْ ۗ اِنَّ نَعَفُ عَنِ طَآئِفَةٍ مِّنْكُمْ نَعَذِّبُ طَآئِفَةً بِاَنَّهُمْ كَانُوْا مُجْرِمِيْنَ ﴿٦٦﴾

الْمُنْفِقُوْنَ وَالْمُنْفِقَاتُ بَعْضُهُمْ مِّنَ بَعْضٍ مَّيْمُوْنَ بِالْمُنْكَرِ وَ يَنْهَوْنَ عَنِ الْمَعْرُوْفِ وَ يَقْرِضُوْنَ اٰيِدِيَهُمْ نَسُوْا اللّٰهَ فَنَسِيَهُمْ ۗ اِنَّ الْمُنْفِقِيْنَ هُمُ الْفٰسِقُوْنَ ﴿٦٧﴾

وَعَدَ اللّٰهُ الْمُنْفِقِيْنَ وَالْمُنْفِقَاتُ الْكٰفِرَاتُ نَارَ جَهَنَّمَ خٰلِدِيْنَ فِيْهَا ۗ هِيَ حَسْبُهُمْ ۗ وَ لَعَنَهُمُ اللّٰهُ ۗ لَهُمْ عَذَابٌ مُّقِيْمٌ ﴿٦٨﴾

كَالَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِكُمْ كَانُوْا اَشَدَّ مِنْكُمْ قُوَّةً وَّاَكْثَرَ اَمْوَالًا وَّاُولَادًا ۗ فَاسْتَمْتَعُوْا بِخَلْقِهِمْ فَاسْتَمْتَعْتُمْ بِخَلْقِكُمْ كَمَا اسْتَمْتَعْتُمُ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِكُمْ بِخَلْقِهِمْ وَ خُضْتُمْ كَالَّذِيْنَ خَاضُوْا ۗ اُولٰٓئِكَ حَبِطَتْ اَعْمَالُهُمْ فِي الدُّنْيَا وَاْلآخِرَةِ ۗ وَاُولٰٓئِكَ هُمُ الْخٰسِرُوْنَ ﴿٦٩﴾

اَلَمْ يَأْتِيَهُمْ نَبَا الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ قَوْمِ نُوْحٍ وَّاَعَادٍ وَّاَثْمُوْدَ ۗ وَ قَوْمِ اِبْرٰهِيْمَ وَّاَصْحٰبِ مَدْيَنَ وَّاَلْمُوْتَفِكٰتِ ۗ اَتَتْهُمْ رُسُلُهُم

Allah si y'eyabalyazaamaanya, wabula beeryazaamaanyanga bokka.

71. Era abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi baagalana bokka na bokka. Baku-biriza ebirungi, nebaziyiza ebitasaana, era nebajjumbira essaala, nebatoola ne zaka nebagondera Allah n'Omubaka we. Abo nno Allah b'alisaasira. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

72. Allah yasuubiza abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, ng'omwo mwe balibeera, n'amaka amalungi ennyo agali mu nsuku ez'olubeerera. Ng'ate okusiima okuva eri Allah kwe kulisinga byonna obukulu. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

Ruku 10

73. Owange ggwe Nabbi, nyiikirira nnyo abatakkiriza ne bannaanfuusi era beera munywevu ku bo. Anti obutuulo bwabwe muliro. Era obwo bwe buddo obubi ennyo.

74. Balayira Allah nti teboogeranga kigambo kyonna kibi, so nga ddala baayogera enjogera ey'obukaafiiri, era nebeerema oluvannyuma lw'okusiramuka kwabwe, nebeegwaanyiza n'ebyo bye batayinza na kufuna. Era tebawalana bakkiriza wabula lwa kuba nti Allah yabagaggawaza, n'Omubaka we, ku mikisa gye. Kale singa babonerera, ky'ekisinga obulungi gye bali. Naye bwe baneekyuusa, Allah ajja kubabonereza ekibonerezo ekirumya, ku nsi ne ku nkomerero, era tebalifunayo wa mukwano mulala ku nsi wadde omuyambi.

75. Era mu bo mulimu abo abaalagaanya Allah nti: Bw'alituwa ku mikisa gye, mazima tujja kutoola saddaaka era ddala tujja kuba mw'abo abakola ebirungi.

76. Naye bwe yamala okubawa ku mikisa gye, baagikodowalira era beekyuusa nebakubayo mabega.

بِالْبَيِّنَاتِ فَمَا كَانَ اللَّهُ لِيَظْلِمَهُمْ
وَلَكِنْ كَانُوا أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٧٠﴾
وَالْمُؤْمِنُونَ وَالْمُؤْمِنَاتُ بَعْضُهُمْ
أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ يَأْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ
وَيَنْهَوْنَ عَنِ الْمُنْكَرِ وَيُقِيمُونَ
الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَيُطِيعُونَ
اللَّهَ وَرَسُولَهُ أُولَئِكَ سَيَرْحَمُهُمُ
اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٧١﴾

وَعَدَ اللَّهُ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ
جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
خَالِدِينَ فِيهَا وَمَسْجِدٍ طَيِّبٍ فِيهَا
جَنَّتْ عِذْنُهَا وَرِضْوَانٌ مِنَ اللَّهِ الْأَكْبَرِ
ذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٧٢﴾

يَأَيُّهَا النَّبِيُّ جَاهِدِ الْكُفَّارَ
وَالْمُنَافِقِينَ وَاغْلُظْ عَلَيْهِمْ
مَا أُولَهُمْ جَهَنَّمَ وَبئْسَ الْمَصِيرُ ﴿٧٣﴾
يَخْلِفُونَ بِاللَّهِ مَا قَالُوا
وَلَقَدْ قَالُوا كَلِمَةَ الْكُفْرِ وَكَفَرُوا
بَعْدَ إِسْلَامِهِمْ وَهَمُّوا
بِمَا كَفَرْنَا مِنْ قَبْلُ
وَمَا تَقْمُوا إِلَّا أَنْ
أَغْنَاهُمْ اللَّهُ وَرَسُولُهُ
مِنْ قَوْلِهِمْ أَنْ يَقُولُوا
يَعِزُّهُمْ اللَّهُ
عَذَابًا أَلِيمًا فِي الدُّنْيَا
وَالْآخِرَةِ وَمَا لَهُمْ فِي الْأَرْضِ
مِنْ دَرَجَةٍ وَلَا تَصِيرُ ﴿٧٤﴾

وَمِنْهُمْ مَن عَاهَدَ اللَّهُ لَئِنْ
آتَانَا مِنْ قَوْلِهِمْ لَتَنْصَقُنَّ
وَلَتَكُونَنَّ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٧٥﴾

فَلَمَّا آتَاهُمْ مِنْ قَوْلِهِمْ
بَخَلُوا بِهِ وَتَوَلَّوْا وَهُمْ
مُخْرَضُونَ ﴿٧٦﴾

77. Kale n'abasasula bunnaanfuusi mu mitima gyabwe, okutuusa ku lunaku lwebalisisinkana naye, olw'okubanga baamenya ekisuubizo kye baasuubiza Allah, n'olwebyo bye baalimbanga.

78. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah amanyi ebyaama byabwe n'enkiiko zaabwe ez'enkukutu, era nti ddala Allah y'Asinga okumanya ebitalabika?

79. Abo abageya abo mu bakkiriza abatoola saddaaka mu kweyagalira n'abo abatafuna kye batoola okuggyako obunyiikivu bwabwe ate bo nebabasekerera, Allah alibasasula olw'okuseka kwabwe era balifuna n'ekibonerezo ekirumya.

80. Bw'obasabira okusonyiyibwa oba bw'otabasabira kusonyiyibwa, ky'ekimu; kuba ne bw'obasabira okusonyiyibwa emirundi ensanvu, Allah talibasonyiwa. Ekyo lwa kubanga beegaana Allah n'Omubaka we. Era Allah talung'amyanya bantu boonoonefu.

Ruku 11

81. Abo abeesigaza emabega baasanyuka olw'okusigala kwaabwe emabega w'Omubaka wa Allah, ne bakyaawa okutakabana n'ebiyobugagga bwabwe nabo bennyini mu kkubo lya Allah. Era nebagamba banna-abwe nti: Temutabaala mu bbugumu. Gamba nti: Omuliro gwa Jahannamu gusingira wala ebbugumu okwokya, singa babadde bategeera.

82. Kale basaanye baseke katono naye bakaabe nnyo, kubanga eyo y'empeera y'ebyo bye baakolanga.

83. Kale Allah bw'akuzzangayo eri abamu mu bo nebakusaba okubakkiriza okutabaala naawe, kale gamba nti: Temulitabaala nange ddi na ddi era temulirwanyisa mulabe wamu nange. Ddala mmwe mwasiima kwetuulira ka ku mulundi ogwasooka; kale mweetuulire wamu n'abo abeesigaza emabega.

84. Era tosaaliranga yenna mu bo afudde ddi na ddi, wadde toyimiriranga ku ntaana ye. Mazima abo beegaana Allah n'Omubaka

فَاعْتَبِهِمْ ذَٰلِكُمْ قُلُوبِهِمْ إِلَىٰ
يَوْمٍ يَلْقَوْنَهُ بِمَا أَخْلَفُوا اللَّهَ مَا
وَعَدُوا لَهُ وَيَمَّا كَانَ تَأْوِيلَهُ ۖ ﴿٧٧﴾

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ سِرَّهُمْ
وَ نَجْوَاهُمْ وَأَنَّ اللَّهَ عَلَّامُ
الْغُيُوبِ ۖ ﴿٧٨﴾

الَّذِينَ يَلْمِزُونَ الْمُطَّوِّعِينَ مِنَ
الْمُؤْمِنِينَ فِي الصَّدَقَاتِ وَالَّذِينَ
كَانُوا يَحِيدُونَ وَلَا جِدُوا لِلَّهِ
مِنْهُمْ سَخِرَ اللَّهُ مِنْهُمْ وَلَهُمْ

عَذَابٌ أَلِيمٌ ۖ ﴿٧٩﴾
اسْتَغْفِرْ لَهُمْ أَوْ لَا تَسْتَغْفِرْ لَهُمْ
إِنْ تَسْتَغْفِرْ لَهُمْ سَبْعِينَ مَرَّةً
 فَلَنْ يَغْفِرَ اللَّهُ لَهُمْ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ
كَفَرُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَاللَّهُ
لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ۖ ﴿٨٠﴾

فَرِحَ الْمُخَلَّفُونَ بِمَقْعَدِهِمْ
خَلْفَ رَسُولِ اللَّهِ وَكَرِهُوا أَنْ
يُجَاهِدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ
فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَقَالُوا لَا تَنْفِرُوا
فِي الْحَرِّ قَدْ نَارُ جَهَنَّمَ أَشَدُّ حَرًّا
لَوْ كَانُوا يَفْقَهُونَ ۖ ﴿٨١﴾

فَلْيَضْحَكُوا قَلِيلًا وَلَا يَبْكُوا كَثِيرًا
جَزَاءً بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ۖ ﴿٨٢﴾
فَإِنْ رَجَعْتَ اللَّهُ إِلَىٰ طَائِفَةٍ مِنْهُمْ
فَأَسْتَأذِنُوكَ لِخُرُوجِ فَقُلْ لَنْ
تَخْرُجُوا مَعِيَ أَبَدًا وَلَنْ تُقَاتِلُوا مَعِيَ
عَدُوًّا وَأَمْ تَكُمُ رَضِيئَتُمْ بِالْقُعُودِ
أَوَّلَ مَرَّةٍ فَاقْعُدُوا مَعَ الْخَالِفِينَ ۖ ﴿٨٣﴾

وَلَا تُصَلِّ عَلَىٰ أَحَدٍ مِنْهُمْ مَاتَ
أَبًا وَلَا تَقُمْ عَلَىٰ قَبْرِهِ ۚ إِنَّهُمْ

we era nebafa nga bajeemu.

85. Era eby'obugagga bwabwe n'abaana babwe bireme kukwewuunyisa. Mazima Allah ky'agenderera kwe kubabonereza nabyo ku nsi, n'emyoyo gyabwe givewo *bafe* nga batakiriza.

86. Era awo essuula bw'essibwa nga *eragira* nti mukkirize Allah era mutakabane *mu kkubo lya Allah* wamu n'Omubaka we, ba bifeekera abali mu bo *ate* bakusaba kubakiriza *kusigala*, nga bagamba nti: Tuleke tubeere wamu n'abo abanaatuula *eka*.

87. Baasiima kubeera na *bakazi* abasigala eka, olwo emyoyo gyabwe ne gikoonwako envumbo, bwe batyo tebategera.

88. Naye Omubaka, n'abo abakiriza abali naye abatakabana *mu kkubo lya Allah* n'ebuyobugagga bwabwe n'emyoyo gyabwe, era abo be balifuna ebirungi *ebya buli ngeri*, era abo be b'okuganyulwa.

89. Allah yabategekera ensuku ezikuluku-tamu emigga wansi wa zo ng'omwo mwe balibeera. Okwo nno kwe kuwangula okusuffu.

Ruku 12

90. Era n'abo abawampanya okuva mu Bawarabu b'omu ddungu, bajja *okusaba* bakkirizibwe *okusigalira*. Naye abo abaalimbisa Allah n'Omutumwe we beetuulira bwetuulizi. Naye mangu nnyo abo abeerema mu bo bajja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya.

91. Tewali kunenya kwonna ku bateesobola, oba ku balwadde, oba kw'abo abatasobola kufuna kye batoola, kasita baba abesimbu eri Allah n'Omubaka we. *Era* tewali kunenya ku bakozi b'ebirungi. Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo;

كَفَرُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَمَاتُوا وَهُمْ فَسِقُونَ ﴿٨٤﴾

وَلَا تُعْجِبْكَ أَمْوَالُهُمْ وَأَوْلَادُهُمْ إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ أَنْ يُعَذِّبَهُمْ بِمَا فِي الدُّنْيَا وَتَزْهَقَ أَنْفُسُهُمْ وَهُمْ كَافِرُونَ ﴿٨٥﴾

وَلَمَّا أَنْزَلْتَ سُورَةَ أَنْمَأِ بِاللَّهِ وَجَاهِدْ وَأَمْرَ رَسُولِهِ اسْتَأْذَنَكَ أُولُو الطُّوْلِ مِنْهُمْ وَقَالُوا ذَرْنَا كُنْ مَعَ الْفَجِرِينَ ﴿٨٦﴾

رَضُوا بِأَنْ يَكُونُوا مَعَ الْخَوَالِفِ وَطَبَعَ عَلَى قُلُوبِهِمْ قَهْمٌ لَا يُفْقَهُونَ ﴿٨٧﴾

لِكِنِ الرَّسُولُ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ جَاهِدُوا بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ وَأُولَئِكَ لَهُمُ الْخَيْرَاتُ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٨٨﴾

أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا ذَلِكَ الْقَوْلُ الْعَظِيمُ ﴿٨٩﴾

وَجَاءَ الْمُعَذِّرُونَ مِنَ الْأَعْرَابِ لِيُؤْذَنَ لَهُمْ وَقَعَدَ الَّذِينَ كَذَبُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ سَيُصِيبُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٩٠﴾

لَيْسَ عَلَى الضُّعَفَاءِ وَلَا عَلَى الْمَرْضَى وَلَا عَلَى الَّذِينَ لَا يَجِدُونَ مَا يُنْفِقُونَ حَرَجٌ إِذَا نَصَحُوا لِلَّهِ وَرَسُولِهِ مَا عَلَى الْمُحْسِنِينَ مِنْ سَبِيلٍ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٩١﴾

92. Wadde kw'abo ababa nga bazze gy'oli obawe ekibatwala n'ogamba nti: Sikyalinawo kwembatwaalira; nebaddayo nga amaaso gaabwe gakulukusa amaziga olw'ennaku kubanga tebafunye na kye batoola.

وَلَا عَلَى الَّذِينَ إِذَا مَا أَتَوْكَ لِتَحْمِلَهُمْ قُلْتَ لَا أَحَدٌ مَّا أَحْمِلُكُمْ عَلَيْهِمْ تَوَلَّوْا وَأَعْيُنُهُمْ تَفِيضُ مِنَ الدَّمْعِ حَزَنًا أَلَّا يَجِدُوا مَا يُنْفِقُونَ ﴿١٦﴾

93. Ddala ekinenyo kiri kw'abo abakusaba obakkirize okusigala ng'ate bagagga, naye nebasiiima okusigala emabega n'abakazi. Era Allah yassa envumbo ku mitima gyabwe, kale tebategeera.

إِنَّمَا السَّبِيلُ عَلَى الَّذِينَ يَستَأْذِنُونَكَ وَهُمْ أَغْنِيَاءٌ وَرَضُوا بِأَنْ يَكُونُوا مَعَ الْخَوَالِفِ وَطَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٧﴾

Juzu 11

94. Bajja kuwampanya gye muli nga muzzeeyo gye bali. Gamba nti: Temuwampanya, kuba tetujja kubakkiriza. Mazima Allah yamaze okututegeeza ebibafaako. Era Allah ajja kwetegereza ebikolwa byammwe, n'Omubaka we; n'oluvannyuma mulizzibwa eri Allah Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, olwo Ye abategeeze ebyo bye mwakolanga.

يَعْتَذِرُونَ إِلَيْكُمْ إِذَا رَجَعْتُمْ إِلَيْهِمْ قُلْ لَا تَعْتَذِرُونَ لِي أَن تُوْمنَ لَكُمْ قَدْ نَبَأَ اللَّهُ مِنَ أَخْبَارِكُمْ وَسَيَرَى اللَّهُ عَمَلَكُمْ وَرَسُولُهُ ثُمَّ تُرَدُّونَ إِلَىٰ عِلْمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَيُنبئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

95. Bajja kubalayirira Allah nga muzzeeyo gye bali mbu mubaleke. Kale mubaleke. Ddala abo kyeninyalwa, era amaka gaabwe muliro; ng'eyo y'empeera olw'ebyo bye baakolanga.

سَيَخْلِفُونَ بِاللَّهِ لَكُمْ إِذَا انْقَلَبْتُمْ إِلَيْهِمْ لِتُعْرِضُوا عَنْهُمْ فَأَعْرِضُوا عَنْهُمْ إِنَّهُمْ رَجِسٌ ذٌ وَمَأْوَهُم جَهَنَّمُ جَزَاءٌ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٩﴾

96. Babalayirira mbu mubasiime. Naye ne bwe munaabasiima, mazima Ye Allah tasiima bantu bajeemu.

يَخْلِفُونَ لَكُمْ لِتَرْضُوا عَنْهُمْ فَإِنْ تَرْضَوْا عَنْهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يَرْضَىٰ عَنِ الْقَوْمِ الْفَاسِقِينَ ﴿٢٠﴾

97. Abawarabu b'omu ddungu basukkirivu mu butakkiriza n'obunnanfuusi era batuukana nnyo n'obutamanya nsalo z'ebyo Allah bye yassa ku Mubaka we. Naye Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

أَلَا عَرَابٌ أُشْدُّكُمْ وَأَوْفَقًا وَأَجْدُرُ أَأَلَّا يَعْلَمُوا هُدًىٰ وَمَا أَنْزَلَ اللَّهُ عَلَىٰ رَسُولِهِ ؕ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٢١﴾

98. Ne mu Bawarabu b'omu ddungu mulimu abatwala ebyo bye batoola (saddaaka) ng'omutango, era babalindiriza mitawaana. So nno be baliko emitawaana egy'akabi. Era Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

وَمِنَ الْأَعْرَابِ مَن يَتَّخِذُ مَا يُنْفِقُ مَغْرَمًا وَيَتَرَبَّصُ بِكُمْ الْوَالِدِ وَالْأَبْرَةِ عَلَيْهِمْ دَائِرَةُ السَّوْءِ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٢﴾

99. Naye mu Bawarabu b'omu ddungu, mulimu oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero, n'atwala n'ebyo by'atoola nti bimuyamba okusembera eri Allah n'okusabirwa Omubaka. Mwetegereze, ddala ebyo *bye batoola* bijja kubasembeza eri Allah. Era Allah ajja kubayingiza mu kusaasira kwe. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 13

100. Era abo abaakulembera mu Basenguse ab'olubereberye, n'Abayambi, n'abo abaabagoberera mu *kukola* obulungi, Allah yabasiima nabo nebamusiima; era yabategera n'ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Omwo mwe balibeera olubeerera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

101. Era ne mw'abo abali ebbali wammwe mu Bawarabu b'omu ddungu, mulimu abannanfuusi; era ne mu batuuze b'e Madina. Bagugubira nnyo ku bunnanfuusi. Ggwe tobamanyi, naye Ffe tubamanyi. Tujja kubabonereza enfunda bbiri, n'oluvannyuma balizzibwa eri ekibonerezo ekisukkirivu.

102. Naye abalala bakkiriza ebisobyo byabwe. *Naye* baatabika ebikolwa ebirungi n'ebirala nga bibi. Ob'olyawo abo Allah alibaddiramu. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

103. Jja saddaaka mu bintu byabwe obayonje era obatukuze nayo era obasabire. Mazima okusaba kwo bwe butebenkevu bwabwe. Era Allah y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

104. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah y'akkiriza okwenenya kw'abaweereza be era nti y'akkiriza saddaaka, era nti ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi?

105. Era gamba nti: Kale mukole, Allah ajja kwetegereza ebikolwa byammwe, n'Omubaka we, n'abakkiriza. Era ddala

وَمِنَ الْأَعْرَابِ مَن يُؤْمِنُ بِاللَّهِ
وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَيَتَّخِذُ مَا يُنْفِقُ
قُرْبَاتٍ عِنْدَ اللَّهِ وَصَلَاتِ
الرَّسُولِ ۗ أَلَا لَهَا قُرْبَةٌ لَّهُمْ
سِوَ جِلْهَمِ اللَّهِ فِي رَحْمَتِهِ ۗ إِنَّ
اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿٩٩﴾

وَالشَّيْقُونَ الْأَذْلُونَ مِنَ
الْمُهَاجِرِينَ وَالْأَنْصَارِ وَالَّذِينَ
اتَّبَعُوهُمْ بِإِحْسَانٍ ۗ رَضِيَ اللَّهُ
عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ۗ وَأَعَدَّ لَهُمْ
جَنَّاتٍ تَجْرِي تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۗ ذَٰلِكَ الْفَوْزُ
الْعَظِيمُ ﴿١٠٠﴾

وَمِمَّنْ حَوْلَكُم مِّنَ الْأَعْرَابِ
مُؤْمِنُونَ ۗ وَ مِنْ أَهْلِ الْمَدِينَةِ مَن
مَرَدُّوا عَلَى الْإِنْفَاقِ ۗ لَا تَعْلَمُهُمْ نَحْنُ
نَعْلَمُهُمْ ۗ سَنُعَذِّبُهُمْ مَّرَّتَيْنِ ثُمَّ
يُرَدُّونَ إِلَىٰ عَذَابٍ عَظِيمٍ ﴿١٠١﴾

وَأَخْرَجُوا اعْتَرَفُوا بِذُنُوبِهِمْ خَلَطُوا
عَمَلًا صَالِحًا وَآخَرَ سَيِّئًا ۗ عَسَىٰ اللَّهُ أَن
يَتُوبَ عَلَيْهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٠٢﴾
خُذْ مِنْ أَمْوَالِهِمْ صَدَقَةً تُطَهِّرُهُمْ
وَتُزَكِّيهِمْ بِهَا وَصَلِّ عَلَيْهِمْ ۗ إِنَّ
صَلَاتَكَ سَكَنٌ لَّهُمْ ۗ وَاللَّهُ سَمِيعٌ
عَلِيمٌ ﴿١٠٣﴾

أَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ هُوَ يَقْبَلُ
التَّوْبَةَ عَنْ عِبَادِهِ وَيَأْخُذُ الصَّدَقَاتِ
وَ أَنَّ اللَّهَ هُوَ التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿١٠٤﴾

وَقُلِ اعْمَلُوا فَسَيَرَى اللَّهُ عَمَلَكُمْ وَ
رَسُولُهُ وَالْمُؤْمِنُونَ ۗ وَسَتُرَدُّونَ إِلَىٰ

mugenda kuzizibwa eri oyo Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, kale abategeeze ebyo bye mwakolanga.

106. Waliwo n'abalala abalindirizibwa ekiragiro kya Allah, oba ababonereza oba abaddiramu. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

107. Era mu bannanfuusi mulimu abo abazimba omuzigiti olw'okukosa Obusiramu, n'okuyamba obutakkiriza, n'okwawulayawula wakati w'abakkiriza, n'okuba obuteegero bw'oyo eyalwanyisa Allah n'Omubaka we olubereberye. Era ddala bajja kulayira nti: Tetulina kye twagenderera, okuggyako okukola obulungi. Naye Allah akakasa nti ddala bo balimba.

108. Toguyimirangamu ddi na ddi. Mazima omuzigiti oguzimbibwa ku musingi gw'okutya Allah okuva ku lunaku olubereberye, gwe gusaana ennyo ggwe okuguyimiramu, kuba gwe gulimu abantu abaagala okutukula. Era Allah ayagala nnyo abeetukuza.

109. Abaffe, oyo eyassaawo omusingi gw'ekizimbe kye ku kutya Allah n'okunoonya okusiima kwe y'asinga obulungi oba oyo eyassaawo omusingi gw'ekizimbe kye ku ndebooolebo y'oluwonkowonko lwa mukoka olusebbuuka, bw'atyo neyegonomola nakyo mu muliro gwa Jahannamu? Naye Allah talung'anya bantu boonoonefu.

110. Ekizimbe kyabwe ekyo kye baazimba tekijja kulekera kubakeng'entereza mu myoyo gyabwe, okuggyako nga emyoyo gyabwe gikutuse. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

Ruku 14

111. Mazima Allah yagula ku bakkiriza emyoyo gyabwe n'ebyobugagga bwabwe olw'okubanga balifuna Janna; kuba balwana mu kkubo lya Allah, nebatta era nebattibwa. Ekyo kisuubizo kikakafu ku Ye mu Taurēti ne mu Njiri ne mu Kur'ani. Ye ate ani asinga Allah okutuukiriza ekisuubizo kye? Kale mujaganye olw'okugulaana kwammwe kwe mwagulaanamu naye. Era obwo bwe buwanguzi obusuffu.

عَلِيمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٥٥﴾

وَآخَرُونَ مُرْجُونَ لَدُنِ اللَّهِ إِمَّا يُعَذِّبُهُمْ وَإِمَّا يَتُوبُ عَلَيْهِمْ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٥٦﴾

وَالَّذِينَ اتَّخَذُوا مَسْجِدًا ضِرَارًا وَكُفْرًا وَتَفْرِيقًا بَيْنَ الْمُؤْمِنِينَ وَإِصَادًا لِمَنْ حَارَبَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ مِنْ قَبْلُ، وَكَيُفِئْنَ إِنْ أَرَادْنَا إِلَّا الْحُسْنَىٰ ۗ وَاللَّهُ يَشْهَدُ لَهُمْ لَكُذِبُونَ ﴿٥٧﴾

لَا تَقُمْ فِيهِ أَبَدًا لِمَسْجِدٍ أُسِّسَ عَلَى التَّقْوَىٰ مِنْ أَوَّلِ يَوْمٍ أَحَقُّ أَنْ تَقُومَ فِيهِ ۗ فِيهِ رِجَالٌ يُجِبُّونَ أَنْ يَتَّطَّهَرُوا ۗ وَاللَّهُ يُحِبُّ الْمُطَهَّرِينَ ﴿٥٨﴾

أَفَمَنْ أُسِّسَ بُنْيَانُهُ عَلَى تَقْوَىٰ مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانٍ خَيْرٌ أَمْ مَنْ أُسِّسَ بُنْيَانُهُ عَلَى شَفَا جُرُفٍ هَارٍ فَانْهَارَ بِهِ فِي نَارِ جَهَنَّمَ ۗ وَاللَّهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿٥٩﴾

لَا يَزَالُ بُنْيَانُهُ الَّذِي بَنَوْا رِيبَةً فِي قُلُوبِهِمْ إِلَّا أَنْ تَقَطَّ قُلُوبُهُمْ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٦٠﴾

إِنَّ اللَّهَ اشْتَرَىٰ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ أَنفُسَهُمْ وَأَمْوَالَهُمْ بِأَنْ لَهُمُ الْجَنَّةُ ۗ يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَيَقْتُلُونَ وَيُقْتَلُونَ ۖ وَعْدًا عَلَيْهِ حَقًّا فِي التَّوْرَةِ وَالْإِنْجِيلِ وَالْقُرْآنِ ۗ وَمَنْ أَوْفَىٰ بِعَهْدِهِ مِنَ اللَّهِ فَاسْتَبْشِرُوا بِهِ ۗ بَشِّرِ الَّذِينَ بَايَعْتُمْ بِهِ ۗ وَذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٦١﴾

112. *Be bo* abeenenya, abasinza, abatende-reza ennyo Allah, abaleebuukana, abakutama, abavuunama, abakubiriza ebirungi era abaziyiza ebitalaana, era abakuuma ensalo za Allah. Kale wa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza *abatuukiriza ebyo*.

113. Tekisaana eri Nabbi n'abo abakkiriza okusabira abenkanya Allah n'ebirala okusonyiyibwa, ne bwe baba nga baabwe, nga kimaze okunnyonyoka gye bali nti ddala bantu ba muliro.

114. Era Ibrāhīmu okusabira kitaawe okusonyiyibwa tekwaaliwo wabula lwa kisuubizo ye kye yamusuubiza ku lulwe. Naye bwe yamala okunnyonyokerwa nti ddala yali mulabe wa Allah, yamwebengulako. Mazima Ibrāhīmu yali wa kisa nnyo, nga mukwatampola.

115. Era Allah teyalisalidde bantu kubula oluvannyuma nga amaze okubalung'anya, okutuusa nga amaze kubooleka kye basaana okwekuuma. Mazima Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

116. Mazima Allah ye Nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi. Y'awa obulamu era y'afiisa. Era temulinaayo mukuumi wadde omuyambi ebbali wa Allah.

117. Mazima Allah amaze okulaga ekisa eri Nabbi, n'Abasenguse, n'Abayambi abo abaamugoberera mu kiseera ekizibu ennyo oluvannyuma lw'emyoyo gy'abamu mu bo okusemberera okuwuguka. N'oluvannyuma yabalaga ekisa. Mazima Ye gye bali Musaasizi nnyo, wa kisa nnyo.

118. Era *yalaga ekisa eri* n'abasatu abo abaaalekebwa emabega, okutuusa ensi lwe yabafundirira so nga ngazi, n'emyoyo gyabwe negibeewanika era nebakakasa nti tewakyalibwonerero ku Allah okuggyako *okuddukira* gy'ali. N'oluvannyuma yabaddiramu, balyooke babonerere. Mazima Allah y'Akkiriza okwenenya, ye w'Ekisa ekingi.

التَّائِبُونَ الْعِدُونَ الْحَامِدُونَ
السَّائِحُونَ الرَّاکِعُونَ السَّاجِدُونَ
الْمُرُونَ بِالْمَعْرُوفِ وَالنَّاهُونَ
عَنِ الْمُنْكَرِ وَالْحَافِظُونَ لِحُدُودِ اللَّهِ
وَبَشِّرِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١١٢﴾

مَا كَانَ لِلنَّبِيِّ وَالَّذِينَ آمَنُوا أَنْ
يَسْتَعْفِفُوا لِلْمُشْرِكِينَ وَلَوْ كَانُوا
أُولِي قُرْبَىٰ مِنْ بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمْ
أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿١١٣﴾

وَمَا كَانَ اسْتِغْفَارُ إِبْرَاهِيمَ لِأَبِيهِ
عَنْ مَوْعِدَةٍ وَعَدَهَا إِيَّاهُ فَلَمَّا
تَبَيَّنَ لَهُ أَنَّهُ عَدُوٌّ لِلَّهِ تَبَرَّأَ مِنْهُ
إِنَّ إِبْرَاهِيمَ لَأَوَّاهٌ حَلِيمٌ ﴿١١٤﴾

وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيُضِلَّ قَوْمًا بَعْدَ إِذْ
هَدَاهُمْ حَتَّىٰ يُبَيِّنَ لَهُمْ مَا يَتَّقُونَ
إِنَّ اللَّهَ يَكُلِّ شَيْئًا عَلِيمٌ ﴿١١٥﴾

إِنَّ اللَّهَ لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ
يُحْيِي وَيُمِيتُ ۚ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ
مِنْ دَلِيلٍ وَلَا تَصِيرِ ﴿١١٦﴾

لَقَدْ تَابَ اللَّهُ عَلَى النَّبِيِّ وَالْمُهَاجِرِينَ
وَالْأَنْصَارِ الَّذِينَ اتَّبَعُوهُ فِي سَاعَةِ
الْعُسْرَةِ مِنْ بَعْدِ مَا كَادَ يَزِيغُ قُلُوبَ
فَرِيقٍ مِّنْهُمْ ثُمَّ تَابَ عَلَيْهِمْ إِنَّهُ
بِهِمْ رءُوفٌ رَّحِيمٌ ﴿١١٧﴾

وَعَلَى الثَّلَاثَةِ الَّذِينَ خُلِفُوا ۚ حَتَّىٰ
إِذَا ضَاقَتْ عَلَيْهِمُ الْأَرْضُ بِمَا
رَحَبَتْ وَضَاقَتْ عَلَيْهِمْ أَنفُسُهُمْ
وَوَدَّوْنَ أَنْ لَا مَلْجَأَ مِنَ اللَّهِ إِلَّا إِلَىٰ يَوْمِ
ثُمَّ تَابَ عَلَيْهِمْ لِيَتُوبُوا ۗ إِنَّ اللَّهَ هُوَ
التَّوَّابُ الرَّحِيمُ ﴿١١٨﴾

Ruku 15

119. Abange mmwe abakkiriza, mutye nnyo Allah era mubeerenga mw'abo ab'amazima.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَكُونُوا مَعَ الصَّادِقِينَ ﴿١١٩﴾

120. Tekyali kituufu eri abantu b'e Madina n'abo abaali ebbali waabwe mu Bawarabu b'omu ddungu okwesigaza emabega w'Omubaka wa Allah, wadde tebandisinze kufa ku bulamu bwabwe okusinga ku bulamu bwe. Ekyo lwa kubanga bo tebatuukibwako nnyonta oba okukoowa oba enjala mu kkubo lya Allah, wadde tebalinnya walinyibwa wonna awasunguwaza abatakkiriza era tebatuusa kukosa kwonna ku mulabe, wabula kibawandiikibwako ng'ekikolwa ekirungi. Mazima Allah tafiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

مَا كَانَ لِأَهْلِ الْمَدِينَةِ وَمَنْ حَوْلَهُمْ مِنَ الْأَعْرَابِ أَنْ يَتَخَلَّفُوا عَنْ رَسُولِ اللَّهِ وَلَا يَرْغَبُوا بِأَنفُسِهِمْ عَنْ تَفْسِيهِ ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ لَا يُصِيبُهُمْ ظَمَأٌ وَلَا نَصَبٌ وَلَا مَخْمَصَةٌ فِي سَبِيلِ اللَّهِ وَلَا يَبْطُؤْنَ مَوْطِئًا يَغِيظُ الْكُفَّارَ وَلَا يَنَالُونَ مِنْ عَدُوِّ ثِيلًا إِلَّا كُتِبَ لَهُمْ بِهِ عَمَلٌ صَالِحٌ إِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿١٢٠﴾

121. Era tebatoola kitoolebwa kyonna, ekitono oba ekinene, wadde tebasala kiwonvu kyonna, wabula kibawandiikibwako nga ekirungi, Allah alyooke abasasule empeera esinga obulungi olw'ebyo bye baakolanga.

وَلَا يُنْفِقُونَ نَفَقَةً صَغِيرَةً وَلَا كَبِيرَةً وَلَا يَقْطَعُونَ وَادِئًا إِلَّا كُتِبَ لَهُمْ لِيَجْزِيَهُمُ اللَّهُ أَحْسَنَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٢١﴾

122. Era tekiyinzika eri abakkiriza okugenda olumu bonna okuyigirizibwa. Naye lwaki ekitundu ky'abalondemu okuva mu buli kibinja ky'abakkiriza tebagenda, balyooke bakuguke mu ddiini era balyooke balabule bannaabwe nga bazeeyo gye bali, nabo basobole okwewala ebibi?

وَمَا كَانَ الْمُؤْمِنُونَ لِيَنفِرُوا كَآفَّةً فَلَوْلَا نَفَرْنَا مِنْ كُلِّ فِرْقَةٍ مِنْهُمْ طَائِفَةٌ لِيَتَفَقَّهُوا فِي الدِّينِ وَلِيُنذِرُوا قَوْمَهُمْ إِذَا رَجَعُوا إِلَيْهِمْ لَعَلَّهُمْ يَحْذَرُونَ ﴿١٢٢﴾

Ruku 16

123. Abange mmwe abakkiriza, mulwanyise abo ababasemberera okubalumba mu batakkiriza, era bateekwa babasangemu obugumu. Era mumanye nti ddala Allah ali wamu n'abo abamutya.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا قَاتِلُوا الَّذِينَ يَلُونَكُمْ مِنَ الْكُفَّارِ وَلْيَجِدُوا فِيكُمْ غِلظَةً وَعَلِمُوا أَنَّ اللَّهَ مَعَ الْمُتَّقِينَ ﴿١٢٣﴾

124. Era buli Ssuula yonna lw'essibwa, kale mu bo mulimu abagamba nti: Ani nno mu mmwe Essuula eno gw'eyongedde obukkiriza? Naye bo abakkiriza, ebongera bukkiriza era bajaganya bujaganya.

وَإِذَا مَا أُنزِلَتْ سُورَةٌ فَمِنْهُمْ مَن يَقُولُ آيَةُكُمْ زَادَتْهُ هُذَيْبًا أَيْمَانًا ۗ فَآمَنَ الَّذِينَ آمَنُوا فَزَادَتْهُمْ أَيْمَانًا وَهُمْ يَسْتَبْشِرُونَ ﴿١٢٤﴾

125. Naye abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe, ebongera kugogera ku kugogera kwabwe, ne bafa nga batakkiriza.

وَأَمَّا الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ فَزَادَتْهُمْ رِجْسًا إِلَىٰ رِجْسِهِمْ وَمَاتُوا وَهُمْ كَافِرُونَ ﴿١٢٥﴾

126. Abaffe, tebalaba nga bwe bagezesebwa buli mwaka omulundi gumu oba emirundi ebiri? Naye era tebabonerera wadde tebafumiitiriza!

127. Era buli Ssuula yonna lw'essibwa, batunuliganako bokka na bokka *nebaga-mba nti*: Abaffe, waliwo yenna abalaba? Oluvannyuma bavaawo. Allah yawugula emitima gyabwe olw'okuba be bantu abatategeera.

128. Mazima mwamala okutuukibwako Omubaka ava mu mmwe nga kimunyiga nnyo mmwe okuba mu buzibu; yettanira nnyo eddembe lyammwe, musaasizi nnyo, wa kisa nnyo eri abakkiriza.

129. Kale bwe beekyuusanga, ggwe gamba nti: Nze Allah ammala. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye *yekka*. Nze Ye gwenneesiga era ye Mukama wa Nnamulondo ey'ekitiibwa.

أَوَلَا يَرَوْنَ أَنَّهُمْ يُفْتَنُونَ فِي كُلِّ عَامٍ
مَرَّةً أَوْ مَرَّتَيْنِ ثُمَّ لَا يَتُوبُونَ وَلَا هُمْ
يَذَكَّرُونَ ﴿١٢٦﴾

وَإِذَا مَا أَنْزَلْنَا سُورَةً تَنْظَرِ بَعْضُهُمْ
إِلَى بَعْضٍ هَلْ يَرَاكُمْ مِنْ أَحَدٍ ثُمَّ
انصَرَفُوا ۗ صَرَفَ اللَّهُ قُلُوبَهُمْ
بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَا يَفْقَهُونَ ﴿١٢٧﴾

لَقَدْ جَاءَكُمْ رَسُولٌ مِنْ أَنْفُسِكُمْ عَزِيزٌ
عَلَيْهِ مَا عَنِتُّمْ حَرِيصٌ عَلَيْكُمْ
بِالْمُؤْمِنِينَ رَءُوفٌ رَحِيمٌ ﴿١٢٨﴾

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقُلْ حَسْبِيَ اللَّهُ ۚ لَا
إِلَهَ إِلَّا هُوَ عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَهُوَ رَبُّ
الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ﴿١٢٩﴾

YUNUS

(Yakka tubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Alif Lām Rā.* Zino ze Aya z'Ekitabo Ekituukirivu ekijjudde eby'amagezi.

3. Abaffe, kyali kya kwewuunya nnyo eri abantu olw'okubanga twabikkulira omuntu ava mu bo, nti: Labula abantu era owe amawulire ag'essanyu eri abakkiriza nti balifuna ekitiibwa eky'amazima okuva eri Mukama waabwe? Abatakkiriza bo baagamba nti: Ono ddala mulogo wa lwaatu.

4. Mazima Mukama wammwe ye Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo era y'alabirira buli kimu. Tewali muwolereza yenna *eyetantala okuwolereza* wabula luvannyuma lwa kukkiriza kwe. Oyo nno ye Allah Mukama wammwe, kale gwe muba musinza. Abaffe, temufumiitiriza?

5. Gy'ali y'eri obuddo bwammwe mwenna. Okusuubiza kwa Allah kwa mazima. Ddala Ye y'atandika ekitonde, n'oluvannyuma ate akiddamu, alyooke asasule abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi mu bwenkanya. Naye abo abatakkiriza be balifuna eky'okunywa okuva mu lweje n'ekibonerezo ekirumya olw'ebyo bye batakkirizanga.

6. Ye y'Oyo eyakola enjuba okuba ekyakaayakana, n'omwezi okuba ekita-ngaala era n'agugerekera emitendera, mulyooke mumanye omuwendo gw'emya n'okubala *ebiseera*. Allah teyatonda ebyo wabula lwa mazima. Attottola obubonero eri abantu abalina obumanyi.

7. Mazima mu kukuukakyuuka kw'ekiro n'emisana, ne mw'ebyo Allah bye yatonda mu ggulu ne mu nsi, ddala mulimu obubonero

* Nze Allah alaba byonna.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

قُلْ الرِّسَالَةُ مِثْلُ آيَاتِ الْكِتَابِ الْحَكِيمِ ②

أَكَانَ لِلنَّاسِ عَجَبًا أَنْ أَوْحَيْنَا إِلَى رَجُلٍ مِنْهُمْ أَنْ أَنْذِرِ النَّاسَ وَبَشِّرِ الَّذِينَ آمَنُوا أَنَّ لَهُمْ قَدَمَ صِدْقٍ عِنْدَ رَبِّهِمْ قَالَ الْكٰفِرُونَ إِنَّ هَذَا لَسِحْرٌ مُبِينٌ ③

إِنَّ رَبَّكُمْ اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوٰى عَلَى الْعَرْشِ يُدَبِّرُ الْأَمْرَ مَا مِنْ شَفِيعٍ إِلَّا مِنْ بَعْدِ إِذْ يَبُذَّبُ إِلَيْكُمُ اللَّهُ رَبُّكُمْ فَاَعْبُدُوهُ ۚ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ④

إِلَيْهِ مَرْجِعُكُمْ جَمِيعًا وَعَدَّ اللَّهُ حَقًّا إِنَّهُ يَبْدَأُ الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ لِيَجْزِيَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحٰتِ بِالْقِسْطِ ۗ وَالَّذِينَ كَفَرُوا لَهُمْ شَرَابٌ مِّنْ حَمِيمٍ وَعَذَابٌ أَلِيمٌ بِمَا كَانُوا يَكْفُرُونَ ⑤

هُوَ الَّذِي جَعَلَ الشَّمْسَ ضِيَاءً وَ الْقَمَرَ نُورًا وَقَدَرَهُ مَنَازِلَ لِتَعْلَمُوا عَدَدَ السِّنِينَ وَالْحِسَابَ ۗ مَا خَلَقَ اللَّهُ ذٰلِكَ إِلَّا بِالْحَقِّ ۗ يُفَصِّلُ الْآيٰتِ لِقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ⑥

إِنَّ فِي اخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَمَا خَلَقَ اللَّهُ فِي السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ لآيٰتٍ

eri abantu abatya Allah.

8. Mazima abo abatasuubira kuisinkana naffe era abasanyukira ennyo obulamu bw'ensi era ne bubamatiza, n'abo abatafaayo ku kulabula kwaffe,

9. Abo amaka gaabwe muliro olw'ebyo bye baakolanga.

10. Mazima abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, Mukama waabwe alibalung'amywa olw'okukkiriza kwabwe, n'emigga girikulukuta wansi waabwe mu nsuku ez'amasanyu amajjuvu.

11. Emizira gyabwe mu zo giriba nti: Obutuukirivu bubwo, Ayi Mukama! N'okulamusa kwabwe mu zo kuliba: Mirembe! N'enkomerero y'emizira gyabwe eriba nti: Amatendo gonna ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

Ruku 2

12. Era singa Allah ayanguyiriza okutuusa akabi ku bantu nga okwanguyirira kwabwe eri okufuna ebirungi bwe kuli, mazima entuuko yaabwe yaalibatuusiddwako mangu. Naye tuleka abo abatasuubira kuisinkana naffe mu bujemu bwabwe nga bawunaawuna.

13. Era omuntu bw'atuukibwako obuzibu, olwo atuwanjagira ng'agalamidde ku mbiriizi ze oba ng'atudde oba ng'ayimiridde. Naye bwe tumuggyako obuzibu bwe, akunnumba nga aling'anga atatuwanjagiranganako olw'obuzibu obwamutuukako. Bwe kityo nno byalungiyizibwa eri abeesukkulumya ebyo bye baakolanga.

14. Era ddala Ffe twazikiriza emirembe gy'olubereberye lwammwe nga boononese; era Ababaka baabwe baabatuukako n'obubonero obw'olwaatu, naye tebakkiriza. Bwe tutyo nno bwe tusasula abantu aboononyi.

15. Nate mmwe twabafuula abasika mu nsi oluvannyuma lwabwe, tulyooke tulabe nammwe nga bwe mweyisa.

لَقَوْمٍ يَتَّقُونَ ﴿٧﴾

إِنَّ الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا وَرَضُوا بِالْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَاطْمَأَنَّنُوا بِمَا الَّذِينَ هُمْ عَنْ آيَاتِنَا غَفُلُونَ ﴿٨﴾

أُولَئِكَ مَا لَهُمُ النَّارُ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ يَهْدِيهِمْ رَبُّهُمْ بِإِيمَانِهِمْ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهِمُ الْأَنْهَارُ فِي جَنَّاتِ النَّعِيمِ ﴿١٠﴾

دَعَاؤُهُمْ فِيهَا سُبْحَانَكَ اللَّهُمَّ وَتَحِيَّتُهُمْ فِيهَا سَلَامٌ وَأَخْرَجَ دَعْوَاهُمْ أَنْ الْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١١﴾

وَلَوْ يُعَجِّلُ اللَّهُ لِلنَّاسِ الشَّرَّ اسْتَعْجَلَ لَهُمْ بِالْخَيْرِ لَقَضَى إِلَيْهِمْ أَجَلَهُمْ فَتَذَرُ الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿١٢﴾

وَإِذَا مَسَّ الْإِنْسَانَ الضُّرُّ دَعَا نَجْتِيَهُ أَوْ قَاعِدًا أَوْ قَائِمًا فَلَمَّا كَشَفْنَا عَنْهُ ضُرَّهُ مَرَّ كَأَنْ لَمْ يَدْعُنَا إِلَى ضُرِّ مَسَّهُ كَذَلِكَ زُيِّنَ لِلْمُسْرِفِينَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٣﴾

وَلَقَدْ أَهَلَكْنَا الْقُرُونِ مِنْ قَبْلِكُمْ لَمَّا ظَلَمُوا وَجَاءَتْهُمْ رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ وَمَا كَانُوا لِيُؤْمِنُوا كَذَلِكَ نَجْزِي الْقَوْمَ الْمُجْرِمِينَ ﴿١٤﴾

ثُمَّ جَعَلْنَاكُمْ خَلِيفَ فِي الْأَرْضِ مِنْ بَعْدِهِمْ لِنَنْظُرَ كَيْفَ تَعْمَلُونَ ﴿١٥﴾

16. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, abo abatasuubira kuisinkana naffe bagamba nti: Leetayo Kur'ani endala etali eno oba gikyuuusemu. Gamba nti: Tekiyinzika gyendi okugikyuuusaamu ku lwange. Nze sigoberera, okuggyako ebyo ebimbikkulirwa *byokka*. Mazima nze ntya nnyo ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa, singa mba nga njeemedde Mukama wange.

17. Gamba nti: Singa Allah yayagala, saaligibasomedde wadde teyaaligibama-nyisizza. Naye ddala mbadde mu mmwe obulamu *bwange* bwonna olubereberye lwa yo. Abaffe, temutegeera?

18. Kale ate mujoozi ki asinga kw'oyo apaatiika ku Allah eby'obulimba oba alimbisa Aya ze? Mazima aboononyi tebaganyulwa.

19. Era basinza ebbali wa Allah ebyo ebitayinza kubakosa wadde okubagasa; era bagamba nti: Bano be bawolereza baffe eri Allah. Gamba nti: Abaffe, munaategeezaayo Allah ekyo ky'atamanyi mu ggulu wadde mu nsi? Obutuukirivu bubwe era ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

20. Era abantu tebaali *baawukamu*, wabula baali ekibiina kimu, oluvannyuma ne-baawukanamu. Naye singa si kigambo ekyakulembere ekyava eri Mukama wo, ddala baalisaliddwawo kw'ebyo bye baawukanamu.

21. Era bagamba nti: Lwaki tassizibwako kabonero okuva eri Mukama we? Kale gamba nti: Eby'enkiso bya Allah *yekka*. Kale mulindirire, nange ndi wamu nammwe mu balindirira.

Ruku 3

22. Era bwe tuloza abantu ku kusaasira oluvannyuma lw'obuzibu okubatuukako, okwejjuukiriza nga beekobera Aya zaffe. Gamba nti: Allah nno y'asinga obwangu mu kwekoba. Mazima ababaka baffe bawandiika ebyo bye mwekobamu.

وَرَادَ أَتَشْلَى عَلَيْهِمْ أَيَا تُنَا بَيِّنَتٍ ۗ قَالَ
الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا أَنتَ يَقْدِرُ
عَلَيْهِمْ ۗ أَوْ بَدِّلْ ۗ قُلْ مَا يَكُونُ لِي
أَنْ أُبَدِّلَهُ مِنْ تَلَقَّائِ نَفْسِي ۗ إِنْ
أَتَيْتُهُ إِلَّا مَا يُوْحَىٰ إِلَيَّ ۗ إِنْ يَأْخُذُ
إِن عَصَيْتُ رَبِّي عَذَابٌ يَوْمَ عَظِيمٍ ﴿١٦﴾

قُلْ لَوْ شَاءَ اللَّهُ مَا تَلَوْتُهُ عَلَيْكُمْ وَلَا
أَدْرِكُمْ بِهِ ۗ فَقَدْ لَبِثْتُ فِيكُمْ عُمُرًا
مِن قَبْلِهِ ۗ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١٧﴾

فَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا
أَوْ كَذَّبَ بِآيَاتِهِ ۗ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ
الْمُجْرِمُونَ ﴿١٨﴾

وَيَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَضُرُّهُمْ
وَلَا يَنْفَعُهُمْ ۗ يَقُولُونَ هَؤُلَاءِ
شُفَعَاؤُنَا عِنْدَ اللَّهِ ۗ قُلْ أَتَنْتَعُونَ
اللَّهَ بِمَا لَا يَعْلَمُ فِي السَّمَوَاتِ وَلَا فِي
الْأَرْضِ ۗ سُبْحٰنَهُ وَتَعَالَىٰ عَمَّا
يُشْرِكُونَ ﴿١٩﴾

وَمَا كَانَ النَّاسُ إِلَّا أُمَّةً وَاحِدَةً
فَاخْتَلَفُوا ۗ وَلَوْ لَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ
رَبِّكَ لَفُضِيَ بَيْنَهُمْ فِيمَا فِيهِ
يَخْتَلِفُونَ ﴿٢٠﴾

وَيَقُولُونَ لَوْ لَا أُنزِلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِنْ
رَبِّهِ ۗ قُلْ إِنَّمَا الْعَيْبُ لِلَّهِ فَانظُرُوا ۗ
إِنِّي مَعَكُمْ مِنَ الْمُنْتَظِرِينَ ﴿٢١﴾

وَلَإِنَّا أَذَقْنَا النَّاسَ رَحْمَةً مِنْ بَعْدِ
ضَرَّاءَ مَسَّتْهُمْ إِذَا لَهُمْ مَكْرٌ فِي
آيَاتِنَا ۗ قُلِ اللَّهُ أَشْرَعُ مَكْرًا ۗ إِنْ
رُسُلُنَا يَكْتُمُونَ مَا تَمْكُرُونَ ﴿٢٢﴾

23. Ye y'abatambuza ku lukalu ne ku nnyanja, okutuusa lwe muba mu byombo ne bibaseeyeyesa olw'empewo ennungi era nebabisanyukira, naye bwe bijjirwa omuyaga ogw'akabi era nebijjirwa n'amayengo okuva buli wamu nebalowooza nti bazingizibwa, olwo bawanjagira Allah nga bamalirivu gy'ali mu buwulize, nti: Bw'onotuwonya akabi kano, mazima tujja kuba mw'abo abeebaza.

هُوَ الَّذِي يُسَيِّرُكُمْ فِي الْبَرِّ وَالْبَحْرِ
حَتَّىٰ إِذْ أَكُنْتُمْ فِي الْفُلِكِ وَجَرَبَينَ بِهِمْ
بِرِيحٍ طَيِّبَةٍ وَفَرِحُوا بِهَا جَاءَتْهَا
رِيحٌ عَاصِفٌ وَجَاءَهُمُ الْمَوْجُ مِنْ
كُلِّ مَكَانٍ وَظَنُّوْا أَنَّهُمْ أُحِيطَ بِهِمْ
دَعَوْا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ ۗ لَئِن
أُنْجَيْتَنَا مِنْ هَذِهِ لَنَكُونَنَّ مِنَ

الشَّاكِرِينَ ﴿٢٣﴾

24. Naye bw'abawonya, amangw'ago nga bajagalala mu nsi awatali mazima. Abange mmwe abantu, mazima okujagalala kwammwe olw'amasanyu g'obulamu bw'ensi kukosa mmwe bennyini. N'oluvannyuma gye tuli y'eri obuddo bwammwe; olwo tulibategeza ebyo bye mwakolanga.

فَلَمَّا أَنْجَيْنَاهُمْ إِذْ آهَمُ الْبِغْوَانُ فِي الْآرَضِ
بِغَيْرِ الْحَقِّ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّمَا بَغَيْتُمْ
عَلَىٰ أَنْفُسِكُمْ مَتَاعَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا
ثُمَّ لآئِنَا مَرْجِعُكُمْ فَنُنَبِّئُكُمْ بِمَا
كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٢٤﴾

25. Mazima enfaanana y'obulamu bw'ensi ering'anga amazzi getutonnyesa okuva mu bire, kale ne geetabula wamu n'ebimera by'ensi ebyo abantu bye balyaako n'ebisolo, okutuusa ensi lw'efuna amajolobera ga yo n'erungiwala ne bannyini yo nebalowooza nti bagirinako obuyinza. Naye bw'etuukwako ekiragiro kyaffe ekiro oba emisana, tugifuula nga esaayiddwa n'ebanga jjo etaabaddewo. Bwe tutyo bwe tuttottola obubonero eri abantu abafumiitiriza.

إِنَّمَا مَثَلُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا كَمَاءٍ
أَنْزَلْنَاهُ مِنَ السَّمَاءِ فَاخْتَلَطَ بِهِ
نَبَاتٌ الْآرَضِ مِمَّا يَأْكُلُ النَّاسُ
وَالْأَنْعَامُ ۚ حَتَّىٰ إِذَا أَخَذَتِ الْأَرْضُ
زُخْرُفَهَا وَازَّيَّنَتْ وَظَنَّ أَهْلُهَا أَنَّهُمْ
قَدِ رُوْنٌ عَلَيْهَا ۗ أَنهَامَا أَمْرُنَا لَيْلًا أَوْ
نَهَارًا فَجَعَلْنَاهَا حَصِيدًا ۗ كَانَ لَمْ تَعْنِ
بِالْأَمْسِ ۗ كَذَلِكَ نَقُصُّدُ الْآيَاتِ
لِقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٢٥﴾

26. Era Allah akoowoolera eri amaka ag'emirembe, era y'alung'ama oyo gw'aba asiimye eri ekkubo eggolokofu.

وَاللَّهُ يَدْعُو إِلَىٰ دَارِ السَّلَامِ ۗ وَيَهْدِي
مَنْ يَشَاءُ إِلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٢٦﴾

27. Abo abakola ebirungi, be balifuna ebirungi n'ennyongeza, era amaaso gaabwe tegalisaanikirwa nfuufu wadde obuswaavu. Abo nno be bantu b'omu Janna; bo mu yo mwe balibeera.

لِلَّذِينَ أَحْسَنُوا الْحُسْنَىٰ وَزِيَادَةٌ ۗ وَلَا
يَرْهَقُ وُجُوهُهُمْ قَتَرٌ ۗ وَلَا ذُلٌّ ۗ أُولَٰئِكَ
أَصْحَابُ الْجَنَّةِ ۗ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٧﴾

28. Naye abo abakola ebibi, n'empeera eriba mbi nga byo, era be balisaanikirwa obuswaavu. Tebalifuna alibawonya Allah. Baliba ng'abasaanikiddwa ku maaso gaabwe

وَالَّذِينَ كَسَبُوا السَّيِّئَاتِ جَزَاءُ
سَيِّئَةٍ يَوْمَئِذٍ ۗ وَتَرْهَقُهُمْ ذُلَّةٌ ۗ مَا
لَهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ عَاصِمٍ ۗ كَأَنَّمَا

n'ekitundu ky'ekiro eky'ekizikiza ekikwaafu. Abo nno be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.

29. Era mwerinde olunaku lwe tulibaku- ng'aanya bonna, n'oluvannyuma tuligamba abo abenkanyanga Allah n'ebirala nti: *Muyimirire* mu kifo kyammwe n'abammwe be mwenkanyanga ne Allah. Olwo tulibaawulamu wakati wabwe; era abaabwe be benkanyanga ne Allah baligamba nti: Si ffe be mwasinzanga!

30. Kale Allah amala okuba omujulizi wakati waffe nammwe nti ddala okusinza kwammwe ffe tetwakumanyanako.

31. Olwo buli muntu alitegeera ebyo bye yakulembeza. Era balizzibwa eri Allah, Mukama waabwe Ow'amazima, era n'ebyo bye baali beejingidde biribaabulira.

Ruku 4

32. Gamba nti: Ani abagabula okuva mu ggulu ne mu nsi? Oba ani alina obuyinza kukuwulira n'okulaba? Era ani aggya ekiramu mu kifu era aggya ekifu mu kiramu, era ani ategeka ensonga zonna? Olwo bajja kugamba nti: Allah. Kale gamba nti: Abaffe, era temuutye Allah *nemulekayo ebikyaamu?*

33. Kale oyo nno ye Allah, Mukama wammwe Ow'amazima. Kale ate eriyo ki oluvannyuma lw'amazima okuggyako obubuze? Abaffe, wa gye muwugulirwa?

34. Bwe kityo nno ekigambo kya Mukama wo kyakakata kw'abo abaajeema nti ddala si ba kukkiriza.

35. Gamba nti: Abaffe, waliwo mu bammwe be mwenkanya ne Allah oyo atandika ekitonde n'oluvannyuma n'akiddamu? Gamba nti: Allah *yekka y'atandika ekitonde* n'oluvannyuma n'akiddamu. Kale ate wa gye mukyusizibwa?

36. Gamba nti: Abaffe, waliwo mu bammwe be mwenkanya ne Allah oyo alung'anya eri amazima? Gamba nti: Allah y'alung'anya eri amazima. Ye abaffe, oyo alung'anya eri amazima y'asaana ennyo okugobererwa, oba oyo atasobola na kwerung'anya yekka okuggyako nga alung'amiziddwa? Abaffe, mubadde ki, mulamula mutya?

أَعَشَيْتَ وَجُوهَهُمْ قَطَعًا مِّنَ اللَّيْلِ مُظْلِمًا ۗ أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ ۗ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٨﴾

وَيَوْمَ نَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا ثُمَّ نَقُولُ لِلَّذِينَ أَشْرَكُوا مَكَانَكُمْ أَنْتُمْ وَشُرَكَاءُكُمْ ۖ فَزَيَّلْنَا بَيْنَهُمْ وَقَالَ شُرَكَاءُهُمْ مَا كُنْتُمْ إِلَّا نَا تَعْبُدُونَ ﴿٢٩﴾ فَكَفَى بِاللَّهِ شَهِيدًا ۗ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمُ الْإِنجِيلُ ۗ كُنَّا عَنِ عِبَادَتِكُمْ لَغْفِيلِينَ ﴿٣٠﴾

هٰذَا لِكِ تَبْلُؤًا ۗ كُلُّ نَفْسٍ مَّا أَسْلَفَتْ وَرُدُّوْا إِلَى اللَّهِ مَوْلَاهُمُ الْحَقُّ وَضَلُّوا عَنْهُمْ مَّا كَانُوا يُفْتَرُونَ ﴿٣١﴾

قُلْ مَنْ يَرْزُقُكُمْ مِّنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ أَمَّن يَمْلِكُ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ وَمَنْ يُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَمِيتِ وَيُخْرِجُ الْمَمِيتَ مِنَ الْحَيِّ وَمَنْ يُدْبِرُ الْأُمْرَ فَسَيَقُولُونَ اللَّهُ ۗ فَقُلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٣٢﴾

فَذَلِكُمُ اللَّهُ رَبُّكُمْ الْحَقُّ ۗ فَمَاذَا بَعَدَ الْحَقِّ إِلَّا الضَّلَالُ ۗ فَإِنِّي تُضَرِّفُونَ ﴿٣٣﴾

كَذٰلِكَ حَقَّقْتُ كَلِمٰتِ رَبِّكَ عَلَى الَّذِيْنَ فَسَقُوْا اِنَّهُمْ لَا يُؤْمِنُوْنَ ﴿٣٤﴾ قُلْ هَلْ مِنْ شُرَكَائِكُمْ مَّنْ يَّبْدُوْا الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيْدُكَ ۗ قُلِ اللّٰهُ يَّبْدُوْا الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيْدُكَ ۗ قٰتِلْ تُوَفَّقُوْنَ ﴿٣٥﴾

قُلْ هَلْ مِنْ شُرَكَائِكُمْ مَّنْ يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ ۗ قُلِ اللّٰهُ يَهْدِي لِلْحَقِّ ۗ أَفَمَنْ يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ أَحَقُّ أَنْ يُتَّبَعَ أَمَّنْ لَا يَهْدِي ۗ اِلَّا اَنْ يُهْدٰى ۗ فَمَا لَكُمْ تَكْتُفٍ تَحْكُمُونَ ﴿٣٦﴾

37. Era abasinga obungi mu bo teba-goberera wabula okuteebeeka, so nga okuteebeeka tekugasa wadde akatono awali amazima. Mazima Allah amanyi bulungi ebyo bye bakola.

وَمَا يَتَّبِعُهُ أَكْثَرُهُمْ إِلَّا ظَنًّا إِنَّ الظَّنَّ لَا يُغْنِي مِنَ الْحَقِّ شَيْئًا إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِمَا يَفْعَلُونَ ﴿٣٧﴾

38. Era tekisoboka Kur'ani eno okuyiyizibwa omulala yenna ebbali wa Allah; wabula yo kwe kukakasa ebyo ebyagikulembere, ate kwe kuttottola kw'amateeka. Teriimu kubuusabuusa kwonna. Yaviira ddala eri Omutonzi w'ebitonde byonna.

وَمَا كَانَ هَذَا الْقُرْآنُ أَنْ يُفْتَرَىٰ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلَكِنْ تَصْدِيقَ الَّذِي بَيْنَ يَدَيْهِ وَتَفْصِيلَ الْكِتَابِ لَا رَيْبَ فِيهِ مِنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٣٨﴾

39. Kazzi bagamba nti Nabbi y'eyagiyiyya? Gamba nti: Kale nammwe muleeteyo Essuula emu yokka efaanana nga yo, ate mukoowoole bonna nga bwe musobola, ng'oggyeeko Allah, obanga muli ba mazima.

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ قُلْ فَأْتُوا بِسُورَةٍ مِّثْلِهِ وَإِذْ عُوا مِنِ اسْتَعْطَمْتُمْ مِّنْ دُونِ اللَّهِ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٣٩﴾

40. Naye balimbisa ekyo kye batayinza na kwetooloola kumanya kwa kyo, ate nga tebatuukwangako na nnono yaayo. Bwe batyo n'abaabakulembere bwe baalimbisa amazima, naye laba enkomerero y'aboononyi nga bwe yali.

بَلْ كَذَّبُوا بِمَا لَمْ يُحِيطُوا بِعَلْمِهِ وَلَا لَمَّا بَأْتَاهُمْ تَأْوِيلَهُ كَذَلِكَ كَذَّبَ الَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الظَّالِمِينَ ﴿٤٠﴾

41. Era mu bo mulimu abagikkiriza ne mu bo mulimu abatagikkiriza. Naye Mukama wo abatabuzitabuzi y'asinga okubamanya obulungi.

وَمِنْهُمْ مَّنْ يُّؤْمِنُ بِهِ وَ مِنْهُمْ مَّنْ لَا يُؤْمِنُ بِهِ وَ رَبُّكَ أَعْلَمُ بِالْمُفْسِدِينَ ﴿٤١﴾

Ruku 5

42. Era bwe bakulimbisa, kale gamba nti: Nze nnina ebikolwa ebyange, nammwe mulina ebikolwa ebyammwe. Mmwe temuvunaanyizibwa kw'ebyo bye nkola, nange sivunaanyizibwa kw'ebyo bye mukola.

وَإِن كَذَّبْنَاكَ فَقُلْ لِي عَمَلِي وَ لَكُمْ عَمَلِكُمْ إِنَّا بَرِيءُونَ مِمَّا أَعْمَلُ وَأَنَا بَرِيءٌ مِّمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٤٢﴾

43. Era mu bo mulimu abakuwuliriza. Naye abaffe, ggwe oyinza okuwuliza bakiggala naddala bwe baba nga tebategeera?

وَمِنْهُمْ مَّنْ يَسْتَمِعُونَ إِلَيْكَ إِذْ أَقَانَتْ تَسْمِعُ الضَّمَّرَ وَلَوْ كَانُوا لَا يَعْقِلُونَ ﴿٤٣﴾

44. Era mu bo mulimu abatunula gy'oli. Abaffe, ggwe oyinza okulung'anya bamuzibe ne bwe baba nga tebalaba?

وَمِنْهُمْ مَّنْ يَنْظُرُ إِلَيْكَ إِذْ أَقَانَتْ تَهْدِي الْعُمَىٰ وَلَوْ كَانُوا لَا يُبْصِرُونَ ﴿٤٤﴾

45. Mazima Allah talyazaamaanya bantu kintu kyonna, naye abantu bennyini be beeryazaamaanya.

إِنَّ اللَّهَ لَا يَظْلِمُ النَّاسَ شَيْئًا وَلَكِنَّ النَّاسَ أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٤٥﴾

46. Era olunaku lw'alibakung'aanya baliba nga abataawangaala okuggyako essaawa emu yokka ey'emisana. Era balimanyagana

وَيَوْمَ يَعْسُرُهُمْ كَأَن لَّمْ يَلْبَسُوا إِلَّا سَاعَةً مِنَ النَّهَارِ يَتَعَارَفُونَ

bokka na bokka. Mazima baamala okufiirwa abo abalimbisa okusisinkana ne Allah era si ba kulung'amizibwa.

47. Era ne bwe tukwoleka ebimu ku *bibonerezo* ebyo bye tubalabulako oba ne bwe tukufiisa, *tewaba njawulo*. Kale gye tuli y'eri obuddo bwaabwe, nate era Allah ye Mujulizi kw'ebyo bye bakola.

48. Era buli bantu balina Omubaka. Kale Omubaka waabwe bw'ajja, balamulwa wakati waabwe mu bwenkanya era tebalyazaamaanyizibwa.

49. Era bagamba nti: Ye okusuubiza kuno kwa ddi, obanga muli ba mazima?

50. Gamba nti: Sirina buyinza ku lwange ku buzibu wadde ku mugaso, okuggyako ekyo Allah ky'aba ayagadde. Buli bantu balina entuuko. *Kale* entuuko yaabwe bw'ejja, tebayinza kusigala mabega kaseera n'akamu wadde tebasukkawo.

51. Gamba nti: Mulabye mutya, singa ekibonerezo kye kibatuukako ekiro oba emisana, *abaffe*, aboononyi bayinza batya okukyesumattulako?

52. Abaffe, bwe kirigwawo, olwo lwe muliki-kkiriza? *Muligambibwa nti*: Kaakati *mukitya* ng'ate mmwe mwaali mukiwujjirira?

53. N'oluvannyuma kirigambibwa eri abo aboononyi nti: Mulege ku kibonerezo eky'olutentezi. Abaffe, munaasasulwayo ebitali ebyo bye mwakolanga?

54. Era bakubuuza nti: Abaffe, kyo kya mazima? Gamba nti: Yee, amazima ga Mukama wange, kyo kya mazima; era mmwe temuyinza kukufufuggaza.

Ruku 6

55. Era singa buli muntu ayonoona abeera n'ebiri mu nsi byonna, ddala yaalibiwaddeyo okwenunula. Era balikisa okwejjusa awo nga balabye ekibonerezo. Era baliramulwa mu bwenkanya, era tebaliryazaamaanyizibwa.

بَيْنَهُمْ ۖ قَدْ خَسِرَ الَّذِينَ كَذَّبُوا
بِلِقَاءِ اللَّهِ وَمَا كَانُوا مُهْتَدِينَ ﴿٤٦﴾
وَأَمَّا نُرِّيَنَّكَ بَعْضَ الَّذِي نَعِدُهُمْ
أَوْ نَتَوَقَّئِكَ فَأَلَيْنَا مَزِجَهُمْ ثُمَّ
اللَّهُ شَهِيدٌ عَلَىٰ مَا يَفْعَلُونَ ﴿٤٧﴾

وَلِكُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولٌ ۖ فَإِذَا جَاءَ رَسُولُهُمْ
قَضَىٰ بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ ۖ وَهُمْ لَا
يُظْلَمُونَ ﴿٤٨﴾

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدِ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿٤٩﴾

قُلْ لَا أَمْلِكُ لِنَفْسِي ضَرًّا وَلَا نَفْعًا ۗ إِلَّا
مَا شَاءَ اللَّهُ ۚ لِكُلِّ أُمَّةٍ أَجَلٌ ۖ إِذَا جَاءَ
أَجَلُهُمْ فَلَا يَسْتَأْخِرُونَ سَاعَةً ۚ وَلَا
يَسْتَفْتِمُونَ ﴿٥٠﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَتَاكُمْ عَذَابُهُ بَيِّنَاتًا
أَوْ نَهَارًا ۖ مَاذَا يَسْتَعْجِلُ مِنْهُ
الْمُجْرِمُونَ ﴿٥١﴾

أَنْتُمْ إِذَا مَا وَقَعَتْ مِنْكُمْ بِهِ ۚ الْكُنُوفُ
قَدْ كُنْتُمْ بِهِ تَسْتَعْجِلُونَ ﴿٥٢﴾

ثُمَّ قِيلَ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا ذُوقُوا
عَذَابَ الْخُلْدِ ۖ هَلْ تُجْزَوْنَ إِلَّا بِمَا
كُنْتُمْ تَكْسِبُونَ ﴿٥٣﴾

وَيَسْتَفْتِيُونَكَ أَحَقُّ هُوَ ۖ قُلْ إِي
رَبِّي إِنَّهُ لَحَقٌّ ۖ وَ مَا أَنْتُمْ
بِمُعْجِزِينَ ﴿٥٤﴾

وَلَوْ أَنَّ لِكُلِّ نَفْسٍ ظَلَمَتْ مَا فِي الْأَرْضِ
لَافْتَدَتْ بِهِ ۚ وَأَسْرَوْا النَّدَامَةَ لَمَّا
رَأَوْا الْعَذَابَ ۖ وَ قَضَىٰ بَيْنَهُمْ بِالْقِسْطِ
وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٥٥﴾

56. Muwulirize! Mazima ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Muwulirize! Mazima okusuubiza kwa Allah kwa mazima, naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

57. Ye *yekka* y'awa obulamu era y'afiisa, era gy'ali gye mulizzibwa.

58. Abange mmwe abantu, mazima mwamala okutuukwako okubuulirira okuva eri Mukama wammwe, n'ekiwonya *buli bulwadde* obuli mu bifuba, n'obulung'amu, n'okusaasira eri abakkiriza.

59. Gamba nti: Olw'emikisa gya Allah n'okusaasira kwe, kale kw'ebyo kwe baba basanyukira. Ebyo by'ebsinga n'ebyo bye bakung'aanya.

60. Gamba nti: Abaffe, temulaba nti ebyo Allah bye yabassiza mu bigabulwa, ate mmwe mwabifuulamu eby'omuzizo n'ebikkirizibwa? Gamba nti: Abaffe, *ddala* Allah y'eyabakkiriza oba mukonjera Allah?

61. Abaffe, balina kirowoozo ki ku lunaku lw'okuzuukira abo abakonjera Allah eby'obulimba? Mazima Allah ye Nannyini mikisa eri abantu, naye abasinga obungi mu bo tebeebaza.

Ruku 7

62. Era toba mu nsonga yonna, era tosoma kuva gy'ali kitundu kyonna mu Kur'ani, wadde temukola kikulwa kyonna, wabula tuba bajulizi ku mmwe bwe muba nga muteerukana mu byo. Era tewali kyonna kiyinza kwekweeka Mukama wo mu nsi wadde mu ggulu—ne bwe kiba kizitowa ng'akabu wadde ekisinga obutono ku ko oba ekisingawo obunene—wabula kisangibwa mu Kitabo Ekitangaaza.

63. Mwetegereze! Mazima mikwano gya Allah tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala—

64. Abo abakkiriza era abaali abeekuumi.

65. Balifuna amawulire ag'essanyu mu bulamu bw'oku nsi ne ku nkomerero. Tewali

الْآرَانَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
الْآرَانَ وَعَدَّ اللَّهُ حَقًّا وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٥٦﴾

هُوَ يَخْفَى وَيُمِيتُ وَيُحْيِي ۚ تَرْجِعُونَ ﴿٥٧﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَ ثُكْمُ
مَوْعِظَةٍ مِّن رَّبِّكُمْ وَشِفَاءٌ لِّمَا
فِي الصُّدُورِ وَهُدًى وَرَحْمَةٌ
لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٥٨﴾

قُلْ بِفَضْلِ اللَّهِ وَبِرَحْمَتِهِ فَبِذَلِكَ
فَلْيَفْرَحُوا ۗ هُوَ خَيْرٌ مِّمَّا يَجْمَعُونَ ﴿٥٩﴾

قُلْ أَرَأَيْتُمْ مَا أَنْزَلَ اللَّهُ لَكُمْ مِّن
رِّزْقٍ فَجَعَلْتُم مِّنْهُ حَرَامًا وَحَلَالًا
قُلْ اللَّهُ أَذِنَ لَكُمْ عَلَى اللَّهِ
تَفْتَرُونَ ﴿٦٠﴾

وَمَا ظَنُّ الَّذِينَ يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ
الْكُذِبَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ إِنَّ اللَّهَ لَكَدُ
فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ
لَا يَشْكُرُونَ ﴿٦١﴾

وَمَا تَكُونُ فِي شَأْنٍ وَمَا تَتْلُوا مِنْهُ
مِن قُرْآنٍ وَلَا تَعْمَلُونَ مِنْ عَمَلٍ إِلَّا
كُنَّا عَلَيْكُمْ شُهُودًا إِذْ تُفِيضُونَ فِيهِ ۗ
وَمَا يَخْرُجُ عَنْ رَّبِّكَ مِن مَّثْقَالِ ذَرَّةٍ
فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ وَلَا أَصْغَرَ
مِن ذَلِكَ وَلَا أَكْبَرَ إِلَّا فِي كِتَابٍ
مُّبِينٍ ﴿٦٢﴾

الْآرَانَ أُولِيَاءَ اللَّهِ لَا خَوْفَ عَلَيْهِمْ
وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٦٣﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿٦٤﴾

لَهُمُ الْبُشْرَىٰ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ

kukyuusa kwonna mu bigambo bya Allah. Obwo nno bwe buwanguzi obusukkirivu.

66. Era ebigambo byabwe bireme kunakuwaza. Anti ekitiibwa kyonna kya Allah. Ye y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

67. Mwetegereze! Mazima buli ekiri mu ggulu n'ekiri mu nsi kya Allah. Era abo abalaajanira ebirala ebbali wa Allah tebagoberera ebyo bye benkanya ne Allah, wabula bagoberera kuteebeeka kwokka, era tebali ku kirala wabula bateebeeka buteebeesi.

68. Ye y'eyabakolera ekiri mulyooke muwummulire mu kyo, n'emisana nga bwe butangaavu. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abawulira.

69. Bagamba nti: Allah yeefunira omwana. Obutuukirivu bubwe! Ye yeemala. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bibye. Temulina bukakafu bwonna ku kino. Abaffe, mwogera ne bye mutamanyi ku Allah?

70. Gamba nti: Mazima abo abapaatiika ku Allah eby'obulimba tebaganyulwa.

71. *Balifuna* okweyagala okutonotono mu nsi; n'oluvannyuma gye tuli y'eri obuddo bwabwe, nate tulibaloza ku kibonerezo ekikakali olw'okuba baali beeremye.

Ruku 8

72. Era basomere ebyafa ku Nuhu, bwe yagamba abantu be nti: Abange, obanga mukaluubirirwa lwa ddaala lyange n'okubuulirira kwange Aya za Allah, kale nze Allah gwenneesiga; kale mukung'aanye ensonga zammwe n'abammwe be mwenkanya ne Allah, n'oluvannyuma okwekoba kwamwe kuleme kubaamu nkenyera yonna gye muli, n'oluvannyuma mutuukirize gyendi kye *mwagala* era temumpa kaagaanya.

73. Naye bwe muneekyuusa, *mujjukkire nti* nze sibasaba mpeera yonna, wabula empeera yange eri eri Allah. Era nalagirwa kuba mw'abo abajeemulukufu.

في الأخرقة لا تدبيل لكلمت
الله ذلك هو الفوز العظيم ١٥
ولا يخزئك قولهم إن الحرة
لله جميعا هو السميع العليم ١٦

الآن لله من في السموات ومن في
الأرض وما يتبع الذين يدعون من
دون الله شركاء إن يتبعون إلا
الظن وإن هم إلا يخرسون ١٧

هو الذي جعل لكم الليل لتسكنوا
فيه والتهار مبصرا إن في ذلك
لايت لقوم يسمعون ١٨

قالوا اتخذ الله وكدا سبحانه هو
الغني له ما في السموات وما في
الأرض إن عندكم من سلطان
بهذا أتقولون على الله ما لا
تعلمون ١٩

قل إن الذين يفترون على الله
الكذب لا يفلحون ٢٠

متاع في الدنيا ثم آلتنا مرجعهم
ثم نذيقهم العذاب الشديد بما
كانوا يكفرون ٢١

واتل عليهم نبأ نوح مراد قال لقومه
يقوم إن كان كبر عليكم مقامي و
تدبيرني بإيت الله فعل الله
توكلت فأجمعوا أمركم وشركاءكم
ثم لا يكن أمركم عليكم غمّة ثم
أفضوا إلي ولا تنظرون ٢٢

فإن توليتم فما سألتكم من أجره
إن أجرني إلا على الله وأمرت أن
أكون من المسلمين ٢٣

74. Kale baamulimbisa, ne tumuwonya wamu n'abaali naye mu kyombo era netubafuula abasika *mu nsi*, ne tusaanya-awo abo abaalimbisa obubonero bwaffe. Naye laba enkomerero y'abo abaalabulwa nga bwe yali!

فَكَذَّبُوهُ فَنَبَّيْنَاهُ وَمَنْ مَعَهُ فِي
الْفُلْكِ وَجَعَلْنَاهُمْ خَلِيفَ وَأَعْرَقْنَا
الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا ۖ فَانظُرْ كَيْفَ
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُتَذَرِّينَ ﴿٧٤﴾

75. Nate oluvannyuma lwe twatuma Abatume eri abantu baabwe nebajja gye bali n'obubonero obw'olwaatu; naye era tebakkiriza ebyo bye baalimbisa olubereberye. Bwe tutyo nno bwe tukoono envumbo ku mitima gy'abo abasukka ekigero.

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِ رَسُولًا إِلَىٰ قَوْمِهِمْ
فَجَاءُواهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ فَمَا كَانُوا
لِيُؤْمِنُوا بِمَا كَذَّبُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ ۗ
كَذَلِكَ نَطْبَعُ عَلَىٰ قُلُوبِ الْمُتَعَدِّينَ ﴿٧٥﴾

76. Nate oluvannyuma lwabwe, twatuma Mūsa ne Hārūna n'obubonero bwaffe eri Farāwo n'abakungu be, naye nebeekuza; era bo baali bantu boonoonyi.

ثُمَّ بَعَثْنَا مِنْ بَعْدِهِم مُّوسَىٰ وَهَارُونَ
إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَآلِهِ بِآيَاتِنَا فَاسْتَكْبَرُوا
وَكَانُوا قَوْمًا مُّجْرِمِينَ ﴿٧٦﴾

77. Kale bwe baatuukibwako amazima agava gye tuli, baagamba nti: Mazima buno bulogo bwa nkukunala.

فَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِنَا قَالُوا
إِنَّ هَذَا لَسِحْرٌ مُّبِينٌ ﴿٧٧﴾

78. Mūsa n'agamba nti: Mwogera *bwe muti* ku mazima nga gamaze okubatuukako? *Ddala* buno bulogo? Naye nga abalogo tebaganyulwa!

قَالَ مُوسَىٰ أَتَقُولُونَ لِلْحَقِّ لَمَّا
جَاءَكُمْ ۗ أَسِحْرٌ هَذَا وَلَا يُفْلِحُ
السَّاجِدُونَ ﴿٧٨﴾

79. Nebagamba nti: Otujjiridde otuwugule kw'ebyo bye twasangako bakitaffe, olwo obukulu bulyooke bubeere bwammwe mwembiriri mu nsi? Naye ffe mwembi tetujja kubakkiriza.

قَالُوا أَجِئْتَنَا لِنَلْفِتَنَّا عَمَّا وَجَدْنَا
عَلَيْهِ آبَاءَنَا وَنَكُونَ لَكُمْ الْكِبْرِيَاءِ
فِي الْأَرْضِ ۗ وَمَا نَحْنُ لَكُمْ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٧٩﴾
وَقَالَ فِرْعَوْنُ أَئِنِّي لَبِئْسَ
عَلِيمٌ ﴿٨٠﴾

80. Olwo Farāwo n'agamba nti: Mundeetere buli mulogo omukugu.

فَلَمَّا جَاءَ السَّحَرَةُ قَالَ لَهُمْ مُوسَىٰ
أَلْقُوا مَا أَنْتُمْ مُّلْقُونَ ﴿٨١﴾

81. Awo abalogo bwe bajja, Mūsa n'abagamba nti: Musuulewo ebyo bye munaasuulawo.

فَلَمَّا أَلْقَوْا قَالَ مُوسَىٰ مَا جِئْتُمْ بِهِ
السَّحَرُءَ ۗ إِنَّ اللَّهَ سَابِقُ الْبَطْلَةِ ۗ إِنَّ اللَّهَ
لَا يُضِلُّ عَمَلِ الْمُفْسِدِينَ ﴿٨٢﴾

82. Bwe baamala okusuulawo, Mūsa n'agamba nti: Ebyo bye muleese bya kubuzaabuzi. *Ddala* Allah ajja kubisaanyaawo. Mazima Allah tatereza bikolwa bya batabuzitabuzi.

وَيُحِقُّ اللَّهُ الْحَقَّ بِكَلِمَاتِهِ وَلَوْ كَرِهَ
الْمُجْرِمُونَ ﴿٨٣﴾

83. Era Allah y'akakasa amazima n'ebigambo bye, aboononyi ne bwe baba tebaagala.

Ruku 9

84. Naye tebakkiriza Mūsa okuggyako abavubuka abamu mu bantu be, olw'okutya Farāwo n'abakungu be nti ajja kubabonya-

فَمَا آمَنَ لِمُوسَىٰ إِلَّا ذُرِّيَّةٌ مِنْ
قَوْمِهِ عَلَىٰ خَوْفٍ مِنْ فِرْعَوْنَ ۗ

abonya. Era mazima Farāwo yeekulumbazanga nnyo mu nsi, era ddala yali mw'abo abasukkiridde obubi.

مَلَأْنَاهُمْ أَنْ يَفْتِنَهُمْ، وَإِنَّ فِرْعَوْنَ
لَعَالٍ فِي الْأَرْضِ وَإِنَّهُ لَمِنَ
الْمُشْرِكِينَ ﴿٨٤﴾

85. Era Mūsa yagamba nti: Abange, obanga ddala mukkiriza Allah, kale Ye yekka gwe muba mwesiga, bwe muba nga ddala muli bajeemulukufu.

وَقَالَ مُوسَى يَقُولُونَ كُنْتُمْ أُمَّتَهُمْ
بِاللَّهِ فَعَلَيْهِمْ تَوَكَّلُوا وَإِنَّ كُنْتُمْ
مُتَسَلِّمِينَ ﴿٨٥﴾

86. Kale ne bagamba nti: Allah yekka gwe twesiga. Mukama waffe, totufuula kigezo eri abantu aboononefu.

فَقَالُوا عَلَى اللَّهِ تَوَكَّلْنَا رَبَّنَا لَا تَجْعَلْنَا
فِتْنَةً لِلْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٨٦﴾

87. Era tuwonye olw'okusaasira kwo abantu abatakkiriza.

وَدَجَّنا بِرَحْمَتِكَ مِنَ الْقَوْمِ الْكَافِرِينَ ﴿٨٧﴾

88. Era twabikkulira Musa ne muganda we nti: Mwembi mutegekere abantu bammwe amayumba mu Misiri, era mukole enju zammwe nga zitunudde wamu* era mujjumbire essaala. Era wa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza.

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ وَأَخِيهِ أَنْ تَبَوَّأَا
لِقَوْمِكُمَا بِمِصْرَ بَيْوتًا وَاجْعَلُوا
بِئُوتِكُمْ قِبْلَةً وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ
وَبَشِّرِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٨٨﴾

89. Era Mūsa n'agamba nti: Mukama waffe, mazima Ggwe wawa Farāwo n'abakungu be eby'amajolobera n'ebuyobugagga mu bulamu bw'oku nsi. Mukama waffe, n'ekivuddemu babuza abantu ku kkubo lyo. Mukama waffe, zikiriza eby'obugagga bwabwe era okaluubirize emitima gyabwe kuba kirabika tebajja kukkiriza okutuusa lwe banaalaba ekibonerezo ekirumya.

وَقَالَ مُوسَىٰ رَبَّنَا إِنَّكَ آتَيْتَ فِرْعَوْنَ
وَمَلَآئِكَ زِينَةً وَأَمْوَالًا فِي الْحَيَاةِ
الدُّنْيَا رَبَّنَا لِيُضِلُّوا عَنْ سَبِيلِكَ
رَبَّنَا اطْمِسْ عَلَىٰ أَمْوَالِهِمْ وَاشْدُدْ عَلَىٰ
قُلُوبِهِمْ فَلَا يُؤْمِنُوا حَتَّىٰ يَرَوْا
الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿٨٩﴾

90. Allah n'agamba nti: Okusaba kwamweme mwembi kumaze okwanukulwa. Kale mwembi mwenyweze era temugoberera kkubo ly'abo abatamanyi.

قَالَ قَدْ أُجِيبْتُ دَعْوَتِكُمْ
فَاسْتَقِيمَا وَلَا تَتَّبِعِنَّ سَبِيلَ
الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٩٠﴾

10:88. Ebigambo 'waj 'aluu buyuutakum qiblatan' (وَاجْعَلُوا بُيُوتَكُمْ قِبْلَةً) ebitegeeza 'era mukole enju zammwe nga zitunudde wamu' biyiza okutegeeza: okwolekera mu qibla, okutunuuligana oba okutunula oludda olumu. Amakulu agasooka wano tegakola kubanga mu kiseera ekyogerwako wano, tewaaliwo ludda lutongole baana ba Isirairi gye baayolekeranga nga basinza nga Yeekaalu ya Sulaimani (a.s.) tennazimbwa. Singa kitwalibwa nti amakulu agokubiri ge matuufu, kiba kitegeeza nti wano abaana ba Isirairi baali balagirwa kuzimba mayumba gaabwe nga gatunuuliganye olw'okwerinda. Ffe tututte amakulu ag'okusatu kuba ge gasinga obulungi. Olwo kiba kitegeeza nti abaana ba Isirairi wano baali bakubirizibwa okuzimba amayumba gaabwe gonna nga gatunudde ludda lumu kibasobozese okwanguyirwa mu kusinza Allah nga bonna batunudde ludda lumu. Kino kyaali kijja kubasobozesa okubeera n'obumu mu ndwoozo, mu bikobwa ne mu mpisa. Obujulizi obukakasa nti amakulu ge tututte ge gasaana, bweragira mu kitundu kya Aya yennyini eyo ekyokubiri abaana ba Isirairi webakubirizibwa okuyimirizaawo essaala nebagambibwa nti: 'wa aqimusswala' (وَاقِيمُوا الصَّلَاةَ) ekitegeeza nti 'era muyimirizeewo essaala'. Ekiragiro kino kyaali kikubiriza abaana ba Isirairi bonna okuyimirizangawo essaala eya Jamaa (nga bonna basaalira wamu), so si kusaalanga kinnoomu.

91. Era twasomosa abaana ba Isirairi ennyanja, naye Farāwo n'abawondera n'amagye ge mu bujeemu n'okulumbagana, okutuusa lwe yatuukibwako okusaanawo, n'agamba nti: Nzikirizza nti ddala teri musinzibwa mulala okuggyako Oyo abaana ba Isirairi gwe bakkiriza, era nange ndi mw'abo abajeemulukuse.

92. *Netumuddamu nti*: Abaffe, kati lw'okkiriza ng'ate olubereberye wajeema era obadde mw'abo abatabuzitabuzi?

93. Kale olwa leero tugenda kukuwonya mu mubiri gwo, olyooke obeere akabonero eri ab'oluvannyuma lwo. Anti ddala bangi mu bantu tebafaayo ku bubonero bwaffe.

Ruku 10

94. Era mazima twategekera abaana ba Isirairi ekisulo eky'amazima era netubagabula mu biroongoofu, naye tebaayawukanamu okutuusa lwe bajjirwa obumanyi. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukanangamu.

95. Kale ggwe *omuntu* bw'oba nga olina okubusabuusa kwonna kw'ebyo bye twassa gy'oli, kale buuza abo ababadde basoma Ekitabo olubereberye lwo. Ddala omaze okutuukibwako amazima agava eri Mukama wo, kale toba mw'abo ababuusa-buusa.

96. Era tobanga mw'abo abalimbisa Aya za Allah, kale n'oba mw'abo abookufaafaganirwa.

97. Mazima abo abakakatako ensala ya Mukama wo si baakukkiriza.

98. Era ne bwe batuukibwako obubonero obwa buli ngeri, *tebakkiriza* okutuusa lwe baliraba ekibonerezo ekirumya.

99. Naye lwaki tewaaliwo kibuga *kirala* ekyakkiriza nga *kirabuddwa* nekigasibwa okukkiriza kwa kyo, okuggyako abantu ba Yunusu? Bo bwe bakkiriza, twabaggyako ekibonerezo eky'obuswaavu mu bulamu

وَجَاوَزْنَا بِبَنِي إِسْرَائِيلَ الْبَحْرَ
فَاتَّبَعَهُمْ فِرْعَوْنُ وَجُنُودُهُ بَغِيًّا
وَعَذَابًا حَتَّى إِذَا دَرَكَهُ الْغَرَقُ قَالَ
أَمْنْتُ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا الَّذِي آمَنْتُ
بِهِ بَنُو إِسْرَائِيلَ وَ أَنَا مِنَ
الْمُسْلِمِينَ ①

الَّذِينَ وَقَدِ عَصَيْتَ قَبْلُ وَكُنْتَ مِنَ
الْمُفْسِدِينَ ②

فَالْيَوْمَ نُنَجِّيكَ بِبَدَنِكَ لِتَكُونَ لِمَنْ
خَلَقْنَا آيَةً وَلِتَذَكِّرَ النَّاسَ
عَنْ أَيَّتِنَا كَفَرُوا ③

وَلَقَدْ بَوَّأْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ مَبُوءًا
صَدَقٍ وَرَزَقْنَهُمْ مِنَ الطَّيِّبَاتِ فَمَا
اِخْتَلَفُوا حَتَّى جَاءَهُمُ الْعِلْمُ إِنَّ
رَبَّكَ يَقْضِي بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ④

فَإِنْ كُنْتَ فِي شَكٍّ مِمَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ
فَسْأَلِ الَّذِينَ يَفْقَهُونَ الْكِتَابَ مِنْ
قَبْلِكَ لَقَدْ جَاءَكَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ
فَلَا تَكُونَنَّ مِنَ الْمُتَكِبِينَ ⑤

وَلَا تَكُونَنَّ مِنَ الَّذِينَ كَذَّبُوا بِآيَاتِ
اللَّهِ فَتَكُونُوا مِنَ الْخَاسِرِينَ ⑥

إِنَّ الَّذِينَ حَقَّتْ عَلَيْهِمْ كَلِمَتُ
رَبِّكَ لَا يُؤْمِنُونَ ⑦

وَلَوْ جَاءَهُمْ كُلُّ آيَةٍ حَتَّى يَرَوْا
الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ⑧

فَلَوْلَا كَانَتْ قَرْيَةً أَمْنَتْ فَنَفَعَهَا
إِيمَانُهَا إِلَّا قَوْمَ يُونُسَ لَمَّا آمَنُوا
كَشَفْنَا عَنْهُمْ الْعَذَابَ الْخَذِي فِي

bw'oku nsi era netubeeyagazamu okumala ekiseera. **الْحَيٰوةَ الدُّنْيَا وَتَتَّخِذُهُمۡ اِلٰى حِيۡنٍ ۝۹۹**

100. Era singa Mukama wo yayagala kuwaliriza, ddala abali mu nsi bonna baalikirizza. Abaffe, ggwe onoowaliriza abantu bafuuke bakkiriza? **وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ لَآمَنَ مَنۡ فِي الْاَرْضِ كُلُّهُمۡ جَمِيعًاۗ اَفَاَنۡتَ تَكۡرَهُ النَّاسَ حَتّٰى يَكُوْنُوۡا مُؤۡمِنِيۡنَ ۝۱۰۰**

101. Era tekisoboka muntu kukkiriza okuggyako nga Allah akkirizza. Era obusungu abussa kw'abo abatakozesa magezi. **وَمَا كَانَ لِنَفۡسٍ اَنْ تُوۡمِنَ اِلَّا بِاِذۡنِ اللّٰهِ ۚ وَيَجۡعَلُ الرِّجۡسَ عَلٰى الَّذِيۡنَ لَا يَخۡتَلِبُوۡنَ ۝۱۰۱**

102. Gamba nti: Mwetegereze nnyo ebigenda bibaawo mu ggulu ne mu nsi. Naye nno obubonero n'Abalabuzi tebigasa eri abantu abatakkiriza. **قُلۡ اِنۡظُرُوۡا مَاذَا فِى السَّمٰوٰتِ وَ الْاَرْضِ ۚ وَمَا تُغۡنِى الْاٰيٰتُ وَ التَّنۡذِرُ عَنۡ قَوۡمٍ لَّا يُؤۡمِنُوۡنَ ۝۱۰۲**

103. Abaffe, balindayo ekirala okuggyako ebifaanana n'ebyebiseera by'abo abaafa olubereberye lwabwe? Gamba nti: Kale mulindirire, nange ndi wamu nammwe mu balindirira. **فَهَلۡ يَنْتَظِرُوۡنَ اِلَّا مِثۡلَ اٰيٰتِ الَّذِيۡنَ خَلَقُوۡا مِنۡ قَبۡلِهِمۡ ۗ قُلۡ فَاِنۡتَظِرُوۡا اِلٰىَّ مَعَكُمْ مِنَ الْمُنۡتَظِرِيۡنَ ۝۱۰۳**

104. N'oluvannyuma tujja kuwonya Ababaka baffe n'abo Abakkiriza. Bwe kityo kikakafu ku Ffe okuwonya abakkiriza. **ثُمَّ نُنۡجِى رُسُلَنَا وَالَّذِيۡنَ اٰمَنُوۡا كَذٰلِكَ ۗ حَقًّا عَلَيْنَا نُنۡجِ الْمُؤۡمِنِيۡنَ ۝۱۰۴**

Ruku 11

105. Gamba nti: Abange mmwe abantu, obanga mulinamu okubuusabuusa kwonna ku ddiini yange, kale *mumanye nti* nze sisinza abo be musinza ebbali wa Allah, wabula nsinza Allah oyo abafiisa, era nalagirwa okuba mw'abo abakkiriza. **قُلۡ يٰۤاَيُّهَا النَّاسُ اِنۡ كُنۡتُمۡ فِىۡ شَكٍّ مِّنۡ دِيۡنِيۡ فَاَلۡعَبُدُوۡا الَّذِيۡنَ تَعۡبُدُوۡنَ مِنۡ دُوۡنِ اللّٰهِ ۚ وَ لٰكِنۡ اَعۡبُدِ اللّٰهَ الَّذِيۡ يَتَوَقَّعُكُمۡ ۗ وَ اٰمَرۡتُ اَنْ اَكُوۡنَ مِنَ الْمُؤۡمِنِيۡنَ ۝۱۰۵**

106. Era *nalagirwa okugamba buli omu* nti: Yolekeza obwenyi bwo eri Eddiini ng'oli mwesimbu, era tobanga mw'abo abenkanya Allah n'ebirala. **وَ اَنْ اَقۡمَ وَجْهَكَ لِلدِّيۡنِ حَنِيفًا ۚ وَ لَا تَكُوۡنَ تَنۡ مِنَ الْمُشۡرِكِيۡنَ ۝۱۰۶**

107. Era *nti*: Towanjagiranga kyonna ebbali wa Allah ekitasobola kukugasa wadde okukukosa. Kale bw'olikikola, olwo naawe ddala oliba mw'abo aboonoonefu. **وَ لَا تَدۡءُ مِنۡ دُوۡنِ اللّٰهِ مَا لَا يَنْفَعُكَ وَ لَا يَضُرُّكَ ۚ فَاِنۡ فَعَلۡتَ فَاِنَّكَ اِذَا مِّنَ الظَّالِمِيۡنَ ۝۱۰۷**

108. Era Allah bw'akutuusaako obuzibu, tewali asobola kubuggyawo okuggyako Ye yennyini. Era bw'akwagaliza ekirungi, tewali aziyiza mikisa gye. Agituusa ku gw'aba ayagadde mu bawereza be. Era Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo. **وَ اِنۡ يَّمۡسَسۡكَ اللّٰهُ بِضُرٍّ فَلَا كَاشِفَ لَهُ اِلَّا هُوَ ۚ وَ اِنۡ يُّرۡدِكۡ بِخَيْرٍ فَلَا رَادَّ لِفَضۡلِهِ ۗ يُصِيبُ بِهٖ مَنۡ يَّشَآءُ ۚ وَ مِنۡ عِبَادِهٖ ۗ وَ هُوَ الْغَفُوۡرُ الرَّحِيۡمُ ۝۱۰۸**

109. Gamba nti: Abange mmwe abantu, amazima gamaze okubatuukako nga gava eri Mukama wammwe. Kale oyo alung'ama, mazima aba alung'anye lwa kugasa mwoyo gwe; n'oyo awaba, kale awaba lwa kugufiiriza yekka. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

110. Era goberera ebyo ebikubikkulirwa era ogumiiikirize okutuusa Allah lw'alisalawo. Anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ قَدْ جَاءَكُمْ الْحَقُّ
 مِنْ رَبِّكُمْ ۖ فَمَنِ اهْتَدَىٰ فَإِنَّمَا
 يَهْتَدِي لِنَفْسِهِ ۖ وَمَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا
 يَضِلُّ عَلَيْهَا ۗ وَمَا أَنَا عَلَيْكُمْ بِوَكِيلٍ ﴿١٠٩﴾
 وَاتَّبِعْ مَا يُوحَىٰ إِلَيْكَ وَأَصْبِرْ حَتَّىٰ
 يَحْكُمَ اللَّهُ ۗ وَهُوَ خَيْرُ الْحَاكِمِينَ ﴿١١٠﴾

HÜD

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Alif Lām Rā.* Kino ky'Ekitabo Aya zaakyo ezanywezebwa nga teziriimu bukyaamu nate ne zittottolwa. Kyava eri Nannyini magezi, Ategeera byonna.

3. Kiyigiriza nti: Temusinzanga omulala yenna okuggyako Allah yekka, ddala nange nvudde gy'ali ku lwammwe nga nze Mulabuzi era omuwi w'amawulire ag'essanyu;

4. Era nti: Musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mwenenye gy'ali. Aja kubecyagaza okweyagala okulungi okutuusa ku kiseera ekigere. Era buli agwanira emikisa ajja kumuwa ku mikisa gye. Naye bwe balyekyuusa, gamba nti: Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olonaku olw'entiisa.

5. Eri Allah y'eri obuddo bwammwe; era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.

6. Muwulirize! Ddala baweta ebifuba byabwe mbu bamwekweke. Muwulirize! Ne mu kiseera we beebutikirira engoye zaabwe, era amanya ebyo bye bakisa ne bye booleka. Ddala Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

Juzu 12

7. Era tewali kiramu kyonna mu nsi, wabula okugabulwa kwa kyo kuli ku Allah, era y'amanyi ekisulo kya kyo n'amaka ga kyo. Ebyo byonna biri mu Kitabo ekitangaaza.

8. Era Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, ne Nnamulondo ye eri ku mazzi, alyooke abagezeze amanyise ani mu mmwe asinga okukola ebikolwa ebirungi. Era bw'oyogera nti: Muli ba kuzuukizibwa oluvannyuma lw'okufa, ddala abatakiriza bajja kugamba nti: Kino si kirala wabula kwe kubuzaabuza okw'olwaatu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
الرَّتْ كَتَبْتَ أَحْكَمَتْ آيَتُهُ ثُمَّ
فُصِّلَتْ مِنْ لَدُنْ حَكِيمٍ خَبِيرٍ ②

أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ ۗ إِنِّي لَكُمْ مِنْهُ
نَذِيرٌ وَبَشِيرٌ ③

وَأَن اسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ ثُمَّ تُوبُوا
إِلَيْهِ يُمَتِّعْكُمْ مَتَاعًا حَسَنًا إِلَى
أَجَلٍ مُّسَمًّى وَيُؤْتِ كُلَّ ذِي فَضْلٍ
فَضْلَهُ ۗ وَإِن تَوَلَّوْا فَإِنِّي أَخَافُ
عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ كَبِيرٍ ④

إِلَى اللَّهِ مَرْجِعُكُمْ ۗ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيرٌ ⑤

أَلَا إِنَّهُمْ يَشْتُونَ صُدُورَهُمْ لَيَسْتَخْفُوا
مِنْهُ ۗ أَلَا حِينٍ يَسْتَخْشَوْنَ رَبِّيَا بِهِمْ
يَعْلَمُ مَا يُسِرُّونَ وَمَا يُعْلِنُونَ ۗ إِنَّهُ
عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑥

وَمَا مِنْ دَابَّةٍ فِي الْأَرْضِ إِلَّا عَلَىٰ
اللَّهِ رِزْقُهَا وَيَعْلَمُ مُسْتَقَرَّهَا وَ
مُسْتَوْدَعَهَا ۗ كُلٌّ فِي كِتَابٍ مُّبِينٍ ⑦
وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ
فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ وَكَانَ عَرْشُهُ عَلَى الْمَاءِ
لِيَبْلُوكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا ۗ وَلَئِن
قُلْتُمْ إِنَّكُمْ مَبْعُوثُونَ مِنْ بَعْدِ الْمَوْتِ
لَيَقُولَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ هَذَا إِلَّا
سِحْرٌ مُّبِينٌ ⑧

11:2. Nze Allah alaba byonna.

9. Era bwe tubalwisiza ekibonerezo okutu-
usa ku kiseera ekyabalirirwa, ddala bajja
kugamba nti: Kiki ekikiziyizza? Mwetegereze,
olunaku lwe kiribatuukako, tekiribatakku-
luzibwako era balyebungululwa ebyo bye
baajereganga.

Ruku 2

10. Era bwe tuloza omuntu ku kusaasira
okuva gye tuli n'oluvannyuma netukumug-
gyako, ddala afuuka omuterebufu,
omuteebaza.

11. Ate bwe tumuloza ku bulungi oluva-
nnyuma lw'obuyinike obwamutuukako, ddala
agamba nti: Ebibamba binvuddeko; olwo
nga yeesanyukira, nga yeejabaata;

12. Okuggyako abo abagumiikiriza era ne-
bakola ebikolwa ebirungi. Abo be balifuna
okusonyiyibwa n'empeera ennene.

13. *Basuubira* nti ob'olyawo n'oleka ebimu
kw'ebyo ebikubikkulirwa oba nebukuke-
ng'entereza ekifuba kyo olw'okubanga
bagamba nti: Lwaki teyassizibwa ggwanika
ly'ebyobugagga oba malayika okujja awamu
naye? Mazima ggwe oli Mulabuzi, naye Al-
lah ye mulabirizi wa buli kimu.

14. Kazzi bagamba nti: *Kur'ani* y'eyagiji-
ngajinga? Gamba nti: Kale *nammwe*
muleeteyo Essuula kkumi enjengejinge
ezigifaanana, ate mukoowoole bonna bemu-
sobola, ng'oggyeeko Allah, obanga *ddala*
mwogera mazima.

15. Kale bwe batalibaanukula, olwo nga
mumanya nti mazima yo yabikkulwa na
kumanya kwa Allah *yennyini* era nti teri
musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka.
Abaffe, munaajeemulukuka?

16. Abo abaagala obulamu bw'ensi
n'amatiribona ga yo, tujja kubasasula mu yo
mu bujjuvu ng'emirimu gyabwe bwe giri mu
yo, era bo tebaliseerebwa mu yo.

17. Abo nno be bo abatalifuna kyonna ku
nkomerero okuggyako omuliro,
ne bye baagunja mu yo biribafiirira, ne bye
baakola biribafaafaaganira.

وَلَيْنَ أَخْرَجْنَاهُمُ الْعَذَابَ إِلَىٰ أُمَّةٍ
مَّعْدُودَةٍ لَّيَقُولُنَّ مَا يَحْبِسُهُ ۗ أَلَا يَوْمَ
يَأْتِيهِمْ لَيْسَ مَصْرُوقًا عَنْهُمْ وَحَاقَ
بِهِمْ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٩﴾

وَلَيْنَ أَذَقْنَا الْإِنْسَانَ مِنَّا رَحْمَةً ثُمَّ
نَزَعْنَاهَا مِنْهُ ۗ إِنَّهُ لَكَفُورٌ ﴿١٠﴾

وَلَيْنَ أَذَقْنَاهُ نِعْمَاءَ بَعْدَ ضَرَاءٍ مَّسْتَهْ
لَيَقُولُنَّ ذَهَبَ السَّيِّئَاتِ عَنِّي ۗ إِنَّهُ
لَكَفِيرٌ فَخُورٌ ﴿١١﴾

إِلَّا الَّذِينَ صَبَرُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ ۗ
أُولَٰئِكَ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ ۖ وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ﴿١٢﴾

فَاعْلَمْ أَن تَارِكٌ بَعْضَ مَا يُوْحَىٰ إِلَيْكَ وَ
صَاقِبٌ بِهِ صَدْرُكَ أَن يَقُولُوا لَوْلَا
أُنزِلَ عَلَيْهِ كَنزٌ أَوْ جَاءَ مَعَهُ مَلَكٌ ۗ
إِنَّمَا أَنْتَ نَذِيرٌ ۗ وَاللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ
وَكِيلٌ ﴿١٣﴾

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ ۗ قُلْ فَأْتُوا بِعَشْرِ
سُورٍ مِّثْلِهِ مُفْتَرِيَاتٍ ۖ وَادْعُوا مِن
اشْتِطَعْتُمْ مِّنْ دُونِ اللَّهِ إِن كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿١٤﴾

فَإِنَّمَا يَسْتَحْجِبُونَ لَكُمْ فَاعْلَمُوا أَنَّمَا
أُنزِلَ بِعِلْمِ اللَّهِ وَأَن لَّا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۖ فَهَلْ
أَنْتُمْ مُّسْلِمُونَ ﴿١٥﴾

مَنْ كَانَ يَرْيِدُ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَزَيَّنَّتْهَا
نُوفًا لِّبِهِمْ ۖ أَعْمَأَ لَهُمْ فِيهَا وَهُمْ فِيهَا
لَا يُبْخَسُونَ ﴿١٦﴾

أُولَٰئِكَ الَّذِينَ لَيْسَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ إِلَّا
النَّارُ ۖ وَحَبِطَ مَا صَنَعُوا فِيهَا وَبِطُلَّ مَا
كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

18. Abaffe, Oyo alina obukakafu obw’olwaa-tu obuva eri Mukama we ate nga n’Omujulizi ow’okukakasa amazima ge ava gy’ali (Allah) aija kumugoberera, ate nga n’olubereberye lwe yaliyo Ekitabo kya Mūsa ekyali obulung’amu era nga kwe kusaasira, ayinza okuba omulimba? Abo abakakasa ebyo bo bamukkiriza.* Era buli atakkiriza ekyo okuva mu bibiina by’abeerema, kale omuliro ky’ekisuubizo kye. Bwe kityo nno ggwe omuntu tobaamu kubuusabuusa ku kyo. Ddala ago ge mazima agava eri Mukama wo, naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.

19. Naye ani asinga obujoozi kw’oyo akonjera Allah eby’obulimba? Abo nno be balireetebwa mu maaso ga Mukama waabwe, olwo n’abajulizi baligamba nti: Bano be bo abaayogeranga obulimba ku Mukama wabwe. Mwetegerenze, ekikolimo kya Allah kiri ku boononyi,

20. Abo abeekiika mu kkubo lya Allah ne balyagaliza okuba ekkyamu, era be bo abatakkiriza nkomerero.

21. Abo tebayinza kufufuggaza ntegeka ya Allah ku nsi era tebalifuna bayambi ebbali wa Allah, n’ekibonerezo kyaabwe kirikubisibwamu emirundi ebiri, anti tebaasobola kuwulira wadde tebaasobola kulaba.

22. Abo nno be bo abeefiiriza bokka, n’ebyo bye baajingiriranga biribaabuulira.

23. Tewali kuwannaanya, ddala bo ku nkomerero be balisinga okuffirwa.

24. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi era nebeetowaza eri Mukama waabwe, abo be bannannyini Janna;

أَفَمَنْ كَانَ عَلَىٰ بَيِّنَةٍ مِّن رَّبِّهِ وَيَتْلُوهُ شَاهِدٌ مِّنْهُ وَمِن قَبْلِهِ كُتِبَ مُوسَىٰ إِمَامًا وَرَحْمَةً ۗ أُولَٰئِكَ يُؤْمِنُونَ بِهِ ۗ وَمَنْ يَكْفُرْ بِهِ مِنَ الْأَحْزَابِ فَالنَّارُ مَوْعِدُهُ ۗ فَلَا تَكُ فِي مِرْيَةٍ مِّنْهُ ۗ إِنَّهُ الْحَقُّ مِن رَّبِّكَ ۗ وَلَٰكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿١٨﴾

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ۗ أُولَٰئِكَ يُعْرَضُونَ عَلَىٰ رَبِّهِمْ ۗ وَيَقُولُ الْأَشْهَادُ هَٰؤُلَاءِ الَّذِينَ كَذَبُوا عَلَىٰ رَبِّهِمْ ۗ أَلَا لَعْنَةُ اللَّهِ عَلَى الظَّالِمِينَ ﴿١٩﴾

الَّذِينَ يَصُدُّونَ عَن سَبِيلِ اللَّهِ وَيَبْغُونَهَا عِوَجًا ۗ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ كَافِرُونَ ﴿٢٠﴾

أُولَٰئِكَ لَمْ يَكُونُوا مُعْجِزِينَ فِي الْأَرْضِ ۗ وَمَا كَانَ لَهُمْ مِّن دُونِ اللَّهِ مِن أَوْلِيَاءَ ۗ يَضْعَفُ لَهُمُ الْعَذَابُ ۗ مَا كَانُوا يَشْتَطِيعُونَ السَّمْعَ ۗ وَمَا كَانُوا يُبْصِرُونَ ﴿٢١﴾

أُولَٰئِكَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ ۗ وَضَلَّ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٢٢﴾

لَا جَرَمَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ ۗ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿٢٣﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَآخَبْتُوا إِلَىٰ رَبِّهِمْ ۗ أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ

11:18. Kikulu nnyo okumanya ebigambo ‘Abo abakakasa era ne bamukkiriza’ be bikwataka kubanga mu Aya eno, Nabbi Omutukuvu Muhammad (s.a.w) n’omujulizi aija okumugoberera be bokka aboogerwako. Musa (a.s) tayogervako, wabula Ekitabo kye kyokka kye kyogervako, ate kyo tekiyinza kukakasa ne kikkiriza. N’olwekyo, kyeraga kaati nti wano mu ‘abakakasa era ne bamukkiriza’, mulimu Nabbi Omutukuvu yennyini Muhammad (s.a.w), n’omujulizi aija okumugoberera ng’ali wansi we (s.a.w) era nga akakasa amazima ge, n’abantu abalala. Wano Aya eno eba etegeeza nti Nabbi Muhammad (s.a.w) n’omujulizi si be bokka abakkiriza amazima g’obubaka, wabula n’abagoberezi baabwe. Kitegerekeke bulungi nti ebiseera ebimu, ba Nabbi abakulu boogerwako nga omuntu omu, naye olw’obusobozi bwe baba balina mu kuyingiwaza abagoberezi nebaba bangi, bayitibwa ‘ummah’, (أمة) ekitegeeza ‘kibiina’. Abamu balowooza nti wano ‘abo’ (أولئك) kitegeeza Musa (a.s) n’abantu be.

bo mu yo mwe balibeera.

25. Enfaanana y'ebibiina *ebyo* byombi ering'anga muzibe ng'ate kiggala, n'oyo alaba era ng'awulira. Abaffe, embeera ya bombi yenkanankana? Abaffe, temufumiitiriza?

Ruku 3

26. Era ddala twatuma Nuhu eri abantu be *n'abagamba nti*: Nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu gye muli ,

27. Ntitemusinzangakyonna okuggyako Allah, Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuluma obugigi.

28. Kale abakungu b'abo abatakiriza mu bantu be baagamba nti: Tetukulaba ng'ekirala wabula oli muntu nga ffe, era tetukulaba n'abakugoberera okuggyako abo abaaawansi ennyo mu ffe mu ndabika, era tetubalaba na kyonna kye mutusukkulumamu, era tukakasiza ddala nti muli balimba.

29. *Nuhu* n'agamba nti: Abange, mulabye mutya? Singa mba n'obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era nga ampadde n'okusaasira okuva gy'ali naye mmwe nga *ebyo* mulemereddwa okubiraba, abaffe, tubibakakaatikeko bukakaatisi nga mmwe temubyagala?

30. Era abange, nze sibasaba bya bugagga ku lwa byo, wabula empeera yange eri eri Allah. Era nze siyinja kugoba abo abakkiriza, mazima bo be b'okusisinkana ne Mukama waabwe; naye mmwe mbalaba nga muli bantu abali mu butamanya.

31. Ye abange, ani anannyamba ku Allah singa nnaaba mbagobyey? Abaffe, mmwe temufumiitiriza?

32. Era sibagamba nti amawanika g'ebyobugagga bwa Allah nze ngalina, era simanyi byankiso, era sigamba nti ndi malayika, wadde sigamba abo amaaso gammwe be gagayirira nti Allah talibawa birungi. Allah y'asinga okumanya ebiri mu myoyo gyabwe; *bwe nnikola*, olwo nange mba ndi mu bakyamu.

الْجَنَّةِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٢٤﴾
مَثَلُ الْفَرِيقَيْنِ كَالْأَصْمَى وَالْأَبْصِيرِ وَالسَّمِيعِ هَلْ يَسْتَوِينَ مَثَلًا
أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿٢٥﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ إِذِ ابْتِغَىٰ لِقَوْمِهِ
ذُرِّيَّةً مَّبِينًا ﴿٢٦﴾

أَنْ لَا تَعْبُدُوا إِلَّا اللَّهَ إِذِ ابْتِغَىٰ خَافَ عَلَيْكُمْ
عَذَابَ يَوْمِ الْيَوْمِ ﴿٢٧﴾

فَقَالَ الْمَلَأُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَوْمِهِ
مَا تَرْكُ إِلَّا بَشَرًا مِثْلَنَا وَمَا تَرْكُ
اتَّبَعَكَ إِلَّا الَّذِينَ هُمْ أَرَادُوا لَنَا بَادِي
الرَّأْيِ وَمَا تَرَىٰ لَكُمْ عَلَيْنَا مِنْ فَضْلٍ
بَلْ نَنْظُرُكُمْ كَذِبِينَ ﴿٢٨﴾

قَالَ يَقَوْمِ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كُنْتُ عَلَىٰ بَيِّنَةٍ
مِنْ رَبِّي وَأَنْتُمْ بِنِعْمَةٍ مِنْ عِنْدِهِ
فَعَمِيَتْ عَلَيْكُمْ أَنْزِلُكُمْ مَكْمُوهًا
أَنْتُمْ لَهَا كَرِهُونَ ﴿٢٩﴾

وَيَقَوْمِ لَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مَا لَمْ يَنْزِلْ
بِحُكْمِي إِلَّا عَلَى اللَّهِ وَمَا أَنَا بِطَارِدٍ
الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّهُمْ مُلْقَوُا رَبَّهُمْ
وَلِكَيْتِي أَرْسَلَكُمْ قَوْمًا تَجْهَلُونَ ﴿٣٠﴾

وَيَقَوْمِ مَنْ يَنْصُرُنِي مِنَ اللَّهِ إِنْ
طَرَدْتَهُمْ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿٣١﴾

وَلَا أَقُولُ لَكُمْ عِنْدِي خِزْيَانٌ مِّنْ اللَّهِ
لَا أَعْلَمُ الْغَيْبِ وَلَا أَقُولُ رَبِّي مَلَكٌ
لَّا أَقُولُ لِلَّذِينَ تَزْدَرِي أَعْيُنُكُمْ
لَنْ يُؤْتِيَهُمُ اللَّهُ خَيْرًا اللَّهُ أَعْلَمُ
بِمَا فِي أَنْفُسِهِمْ إِنْ إِيَّاكُمْ لَمَنِ
الظَّالِمِينَ ﴿٣٢﴾

33. Baagamba nti: Owange Nuhu, mazima otuwakanyizza n'okatagga, kale kati tuleetere ebyo by'otutiisatiisa nabyo, obanga ddala oli mu b'amazima.

قَالُوا يٰنُوحُ قَدْ جَاءَ لَنَا نَارٌ فَكَثُرَتْ
جِدَارُنَا فَاٰتِنَا بِمَا تَعِدُنَا اِن كُنْتَ مِنَ
الصّٰدِقِيْنَ ﴿٣٣﴾

34. N'agamba nti: Mazima Allah y'ajja okubibatuusaako, bw'anaaba asazeewo, era mmwe temuyinza kulemesa Allah.

قَالَ اِنَّمَا يٰتِيْكُمْ بِوَاللّٰهِ اِنْ شَاءَ وَمَا
اَنْتُمْ بِمُعْجِزِيْنَ ﴿٣٤﴾

35. Era okubuulirira kwange tekuyinza kubagasa ne bwemba njagadde ntya okubabuulirira, kasita Allah aba nga asazeewo kubazikiriza. Anti Ye ye Mukama wammwe, era gy'ali gye mulizzibwa.

وَلَا يَنْفَعُكُمْ نُصْحِيْ اِنْ اَرَدْتُمْ اَنْ
اَنْصَحَ لَكُمْ اِن كَانَ اللّٰهُ يُرِيْدُ اَنْ
يُّغْوِيَكُمْ هُوَ رَبُّكُمْ تَدْوٰى لَيْلِيْهِ
تُرْجَعُوْنَ ﴿٣٥﴾

36. Kazzi bagambanti: Y'eyagiyiia? Gamba nti: Obanga nze nnagiyiia, kale omusango gwange guli ku nze, era nze nejjeredde ku bibi bye mukola.

اَمْ يَقُوْلُوْنَ اَفْتَرٰهُ ؕ قُلْ اِن
اَفْتَرَيْتُهُ فَعَلِيْ اِجْرًا مِّمِّيْ وَاَنَا بِرَبِّيْ
مِمَّا تَجْحَرُ مُؤْمِنًا ﴿٣٦﴾

Ruku 4

37. Era Nuhu yabikkulirwa nti: Teri balala baja kukkiriza mu bantu bo okuggyako abo abaamala okukkiriza. Kale tewennyamira olw'ebyo bye babadde bakola.

وَاَوْحِيْ اِلَيَّ نُوْحًا اِنَّهُ لَنْ يُؤْمِنَ مِنْ
قَوْمِكَ اِلَّا مَنْ قَدْ اٰمَنَ فَلَا تَبْتَئِسْ
بِمَا كَانُوْا يَفْعَلُوْنَ ﴿٣٧﴾

38. Era kola ekyombo mu maaso gaffe ng'okubikkulirwa kwaffe bwe kuli, naye toyogera nange kw'abo abaayonoona. Mazima bo b'akusaanyizibwawo.

وَاَصْنَعِ الْفُلْكَ بِاَعْيُنِنَا وَاَوْحِيْنَا
لَا تَخَفْ طَبِيْعِيْ فِي الْاَزِيْنِ ظَلَمُوْا
اِنَّهُمْ مُّعْرِضُوْنَ ﴿٣٨﴾

39. Era ng'akola ekyombo, abakungu b'omu bantu be buli lwe baamuyitangako, nga bamusekerera. N'agamba nti: Obanga mutusekerera, kale mazima naffe tulibasekerera nga bwe museka.

وَيَصْنَعِ الْفُلْكَ تَدْوٰى كَلِمًا مَّرَّ عَلَيَّ
مَلَاةٌ مِّنْ قَوْمِيْ سَخِرُوْا مِنْهُ ؕ قَالَ اِن
تَسَخَرُوْا مِنِّيْ فَاِنَّا نَسَخَرُ مِنْكُمْ كَمَا
تَسَخَرُوْنَ ﴿٣٩﴾

40. Naye mangu nnyo mujja kumanya ani w'okutuukibwako ekibonerezo eky'okumu-swaaza era agwiibweko n'ekibonerezo eky'olubeerera.

فَسَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ؕ مِّنْ يّٰتِيْهِ عَذَابٌ
يُّخْزِيْهِ وَيَجْلُدْ عَلَيْهِ عَذَابٌ مُّقِيْمٌ ﴿٤٠﴾

41. Okutuusa ekiragiro kyaffe lwe kyatuuka, ensulo nezifukumuka, netugamba nti: Tikka mu kyo ku buli mugogo gw'ebiba ebibiri (ekisajja n'ekikazi), n'aboomu maka go, ng'oggyeeko oyo eyamaze okwogerwako, osseemu n'abo abakkiriza. Naye tewali bakkiriza wamu naye okuggyako ab'omuswaba.

حَتّٰى اِذَا جَاءَ اَمْرُنَا وَفَارَ التَّنُوْرُ ؕ قُلْنَا
اٰخِمْ فِيْهَا مِنْ كُلِّ زَوْجَيْنِ اٰتَيْنِ وَا
اَهْلِكَ اِلَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ وَمَنْ
اٰمَنَ ؕ وَمَا اٰمَنَ مَعًا اِلَّا قَلِيْلٌ ﴿٤١﴾

42. N'agamba nti: Kale musaabale mu kyo. Okuseyeeya kwa kyo n' okuyimirira kwa kyo kube ku lw'erinnya lya Allah. Mazima Mukama wange ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

43. Era kyaseyeeya nabo mu mayengo agalinga ensozi. Kale Nuhu n'akowoola mutabani we eyali amwesambye nti: Mwana wange, saabala wamu naffe era tobeera wamu n' abatakkiriza.

44. Omwana n'addamu nti: Mangu nnyo nzija kubudama eri olusozzi lujja kumponya amazzi. Nahu n'agamba nti: Olwa leero, tewali kinaawonya muntu yenna ku kiragiyo kya Allah, okuggyako oyo gw'anasaasira. Awo ejjengo lyekiika wakati waabwe, bw'atyo n'aba mw'abo abaasaanyizibwawo.

45. Era nekigambibwa nti: Owange ensi, mira amazzi go. Naawe ebire, lekera awo okutonnyesa amazzi go. Olwo amazzi gaanyunyutibwa; ensonga n'ekomekkerezabwa, n'ekyombo nekitereera ku lusozi Juudi, era nekigambibwa nti: Okuzikirira kubeere ku bantu aboononefu.

46. Era Nuhu yakowoola Mukama we n'agamba nti: Mukama wange, mazima mutabani wange y'omu mu b'omu maka gange ate nga ddala okusuubiza kwo kwa mazima, era Ggwe mulamuzi asinga abalamuzi bonna.

47. Allah n'agamba nti: Owange Nuhu, oyo tali mu ba mu maka go. Ddala Ye yeeyisa mu ngeri etali nnungi. Kale tonsaba by'otalina ky'obimanyiiko. Nze nkubulirira oleme kuba mw'abo abatamanyi.

48. N'agamba nti: Mukama wange, mazima nkusaba onkingirize neme kukusabanga bye sirina kye mbimanyiiko. Era okuggyako nga onsonyiye, n'onsaasira, nzija kuba mw'abo ab'okufaafaaganirwa.

49. Kyagambibwa nti: Owange Nuhu, kka n'emirembe egiva gye tuli n'emikisa gibeere ku ggwe ne ku bantu abaliva mw'abo abali naawe. N'abalala, tujja kubeeyagazaamu, oluvannyuma batuukweko ekibonerezo ekirumya ekiva gye tuli.

وَقَالَ اذْكَبُوا فِيهَا بِسْمِ اللّٰهِ مَجْرٰهَُا
وَمُرْسٰهَُا اِنَّ رَبِّيْ لَغَفُوْرٌ رَّحِيْمٌ ﴿٤٢﴾

وَهِيَ تَجْرِيْ فِيْهِمْ فِي مَوْجٍ كَالْجِبَالِ وَ
تَادِي نُوْحًا بِاِبْنَتِهٖ وَكَانَ فِي مَعْزِلٍ
يُبَيِّنٰى اِذْ كَبَّ مَعَنَا وَلَا تَكُنْ مَعَ
الْكٰفِرِيْنَ ﴿٤٣﴾

قَالَ سَاوِيْٓ اِلٰى جَبَلٍ يَّغْصِمُنِيْ مِنَ
الْمَآءِ ؕ قَالَ لَا عَاصِمَ الْيَوْمَ مِنْ اَمْرِ
اللّٰهِ اِلَّا مَنْ تَجَمَّعَ وَحَالٍ بَيْنَهُمَا
الْمَوْجُ فَكَانَ مِنَ الْمُهْرَقِيْنَ ﴿٤٤﴾

وَقِيْلَ يَا اَرْضُ اِطِيعِيْ مَآءِيْكَ وَ
اَقْلِيْعِيْ وَغِيْضَ الْمَآءِ وَاقْضِيْ
الْاَمْرَ ؕ اسْتَوَتْ عَلَى الْجُوْدِيِّ وَ
قِيْلَ بَعْدًا
لِلْقَوْمِ الظّٰلِمِيْنَ ﴿٤٥﴾

وَتَادٰى نُوْحًا رَّبِّهٖ فَقَالَ رَبِّ اِنَّ ابْنِيْ
مِنْ اَهْلِيْ وَاِنَّ وَعْدَكَ الْحَقُّ وَاَنْتَ
اَحْكَمُ
الْحٰكِمِيْنَ ﴿٤٦﴾

قَالَ يٰ نُوْحُ اِنَّهٗ لَيْسَ مِنْ اَهْلِكَ ؕ اِنَّهٗ
عَمَلٌ غَيْرُ صٰلِحٍ ؕ فَلَا تَتَّخِذْ مٰلِكَ
لَكَ بِهٖ عِلْمًا ؕ اِنَّيْٓ اَعْظَمُكَ اَنْ
تَكُوْنَ
مِنَ الْجٰهِلِيْنَ ﴿٤٧﴾

قَالَ رَبِّ اِنَّيْٓ اَعُوْذُ بِكَ اَنْ اَسْئَلَكَ
مٰلِكَ لَيْسَ لِيْ بِهٖ عِلْمٌ ؕ وَاِلَّا تَغْفِرْ لِيْ
وَتَرْحَمْنِيْٓ اَكُنْ مِنَ الْخٰسِرِيْنَ ﴿٤٨﴾

قِيْلَ يٰ نُوْحُ اهْبِطْ بِسَلٰمٍ مِّنَّا وَ
بَرَكَتٍ عَلٰىكَ وَ عَلَى اُمَّمٍ مِّمَّنْ مَّعَكَ ؕ
وَاُمَّمٌ سَمَّيْتَهُمْ ثُمَّ يَمَسُّهُمْ
مِّنَّا عَذَابٌ اَلِيْمٌ ﴿٤٩﴾

50. Ago ge gamu ku mawulire ag'omunda ge tukubikkulidde. Ggwe obadde togamanyi wadde abantu bo olubereberye lwa bino. Kale gumiikiriza, mazima enkomerero *ennungi* y'abo abatya Allah.

Ruku 5

51. N'eri aba 'Adi, twatumayo muganda waabwe Hüdu. Yagamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinaayo musinzibwa *mulala* atali Ye. Mmwe temuli kirala wabula muli bagunjirizi ba bulimba.

52. Bannange, nze sibasaba mpeera kw'ebyo *bye nkola* wabula empeera yange eri kw'Oyo eyantonda. Abaffe, temutegeera?

53. Era bannange, musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe, n'oluvannyuma mubonerere gy'ali, ajja kuwcezeza enkuba efukumuka gye muli era abongere amaanyi ku maanyi gammwe. Naye temukyukanga nemuba aboononyi.

54. Nebagamba nti: Owange Hüdu, ggwe totuleetedde bukakafu bwonna, era ffe tetujja kulekayo ba katonda baffe olw'okwogera kwo, era tetujja kukukkiriza.

55. Naye kye tugamba kiri nti okwatiddwa abamu ku balubaale baffe mu ngeri embi. N'agamba nti: Nze njuliza Allah era nammwe mujulire *nti* nze nneesambye ebyo bye mwenkanya ne Allah

56. *Ebiri* ebbali we. Kale mwenna munneekobere, n'oluvannyuma temumpa kaagaanya.

57. Nze neesiga Allah, Mukama wange era Mukama wammwe. Tewali kiramu kyonna, wabula Ye y'akikwatiridde mu kawompo ka kyo. Mazima Mukama wange y'ali ku kkubo eggolokofu.

58. Naye bwe muneefuula, kasita nze mmaze okubatuusaako ebyo bye natumwa nabyo gye muli. Era Mukama wange ajja kubasikiza abantu *abalala* abatali nga mmwe, era temuyinza kumulumya n'akatono. Mazima Mukama wange ye Mukuumi wa buli kimu.

59. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Hüdu n'abo abakkiriza abaali naye olw'okusaasira okuva gye tuli, era ne-

تِلْكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهَا إِلَيْكَ مَا كُنْتَ تَعْلَمُهَا أَنْتَ وَلَا قَوْمُكَ مِنْ قَبْلِ هَذَا فَاصْبِرْ إِنَّ الْعَاقِبَةَ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٥٠﴾

وَأَلِي عَادٍ أَخَاهُمْ هُودًا قَالَ يَقَوْمِ اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا مُفْتَرُونَ ﴿٥١﴾

يَقَوْمِ لَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ أَجْرًا إِنْ أَجْرِي إِلَّا عَلَى الَّذِي فَطَرَنِي ؕ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿٥٢﴾ وَيَقَوْمِ اسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ ثُمَّ تُوبُوا إِلَيْهِ يُرْسِلِ السَّمَاءَ عَلَيْكُمْ مِدْرَارًا وَيَزِدْكُمْ قُوَّةً إِلَى قُوَّتِكُمْ وَلَا تَتَوَلَّوْا مُجْرِمِينَ ﴿٥٣﴾

قَالُوا يَا هُودُ مَا جِئْتَنَا بِبَيِّنَةٍ وَمَا نَحْنُ بِتَارِكِي آلِهَتِنَا عَنْ قَوْلِكَ وَمَا نَحْنُ لَكَ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٥٤﴾

إِنْ تَقُولُ إِلَّا اعْتَرَاكَ بَعْضُ آلِهَتِنَا بِسُوءٍ ؕ قَالَ إِنِّي أُشْهِدُ اللَّهَ وَاشْهَدُوا أَنِّي بَرِيءٌ مِمَّا تُشْرِكُونَ ﴿٥٥﴾ مِنْ دُونِهِ فَيَكِيدُونِي جَمِيعًا ثُمَّ لَا تُنظَرُونَ ﴿٥٦﴾

إِنِّي تَوَكَّلْتُ عَلَى اللَّهِ رَبِّي وَرَبِّكُمْ ؕ مَا مِنْ دَابَّةٍ إِلَّا هِيَ آخِذَةٌ بِنَاصِيَتِهَا إِنْ رَبِّي عَلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٥٧﴾

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقَدْ أَبْلَغْتُكُمْ مَا أُرْسِلْتُ بِهِ إِلَيْكُمْ ؕ وَيَسْتَخْلِفُ رَبِّي قَوْمًا غَيْرَكُمْ وَلَا تَضُرُّوهُ شَيْئًا ؕ إِنْ رَبِّي عَلَى كُلِّ شَيْءٍ حَفِيفٌ ﴿٥٨﴾

وَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا نَجَّيْنَا هُودًا وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَنَجَّيْنَاهُمْ

tubawonya ekibonerezo ekikakali.

60. Abo nno be ba ‘Ādi abaagaana obubonero bwa Mukama waabwe mu bugenderevu era nebajeemera Ababaka be, nebagoberera ebiragiro bya buli nnalukalala, ow’emputtu.

61. Era baagoberezebwa ekikolimo ku nsi eno ne ku lunaku lw’okuzuukira. Mwetegereze! Mazima aba ‘Ādi beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze! Okuzikirira kuli ku ba ‘Ādi ab’eggwanga lya Hudu.

Ruku 6

62. N’eri aba Thamūda twatumayo muganda waabwe Swālehe, n’agamba nti: Abange, musinze Allah yekka. Temulinaayo musinzibwa mulala atali Ye. Ye y’eyabasibula mu nsi era n’ababeeza mu yo. Kale mumusabe okusonyiyibwa ate mubonerere gy’ali. Mazima Mukama wange ali kumpi nnyo, era Mwanukuzi wa kusaba.

63. Nebagamba nti: Owange Swālehe, mazima ggwe obadde omu mu ffe gwe twalinamu essuubi nga bino tebinnabaawo. Abaffe, otuziyiza okusinza ebyo bakitaffe bye baasinzanga? Era ddala ffe tulina okubusabuusa okutawaanya kw’ebyo by’otuyitira.

64. N’agamba nti: Bannange, mulabye mutya singa mba nga ndi ku bukakafu obw’olwaatu obuva eri Mukama wange era ng’ampadde n’okusaasira okuva gy’ali, ddala ani anannyamba ku Allah nga mmujeemedde? Kale tewali kye munnyongera okuggyako okuzikirira.

65. Era bannange, eng’amira ya Allah eno enkazi kabonero gye muli. Kale mugireke erye mu nsi ya Allah, naye temugitusanga-ko akabi konna, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo eky’okumpi.

66. Naye baagitemako amagulu; kale n’agamba nti: Mwesanyusemu mu maka gammwe okumala ennaku ssatu; ekyo kisuubizo ekitalimbisibwa.

67. Kale ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Swālehe n’abo abakkiriza abaali awamu naye olw’okusaasira okuva gye tuli, netubawonya n’obuswaavu bw’o-

مِّنْ عَذَابٍ غَلِيظٍ ﴿٥٩﴾

وَتِلْكَ عَادٌ جَحَدُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ وَعَصَوْا رُسُلَهُ وَاتَّبَعُوا أَمْرَ كُلِّ جَبَّارٍ عَنِيدٍ ﴿٦٠﴾

وَأَتَّبِعُوا فِي هَذِهِ الدُّنْيَا لَعْنَةً وَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ إِلَّا إِنَّ عَادًا كَفَرُوا رَبَّهُمْ ۗ أَلَا بُعْدَ لِلْعَادِ قَوْمِ هُودٍ ﴿٦١﴾

وَالِى ثَمُودَ أَخَاهُمْ صَالِحًا قَالَ يَاقَوْمِ اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنِّ إِلَهٍ غَيْرُهُ ۗ هُوَ أَنشَأَكُمْ مِنَ الْأَرْضِ وَاسْتَعْمَرَكُمْ فِيهَا فَاسْتَغْفِرُوا لَهُ ثُمَّ تَوْبُوا إِلَيْهِ ۗ إِنَّ رَبِّي قَرِيبٌ مُّجِيبٌ ﴿٦٢﴾

قَالُوا يَصْلِحْ قَدْ كُنْتَ فِينَا مَرْجُوًّا قَبْلَ هَذَا أَتَنْهَانَا أَنْ نَعْبُدَ مَا يَعْبُدُ آبَاؤُنَا وَإِنَّ لَنَا فِي شِكِّ مِمَّا تَدْعُونَا إِلَيْهِ مَرِيبٌ ﴿٦٣﴾

قَالَ يَاقَوْمِ أَدْعَيْتُمْ إِنْ كُنْتُمْ عَلَىٰ بَيِّنَةٍ مِّنْ رَبِّي وَآتَيْتُمْهُ رَحْمَةً فَمَنْ يَتَّصِرُ مِنِّي مِنَ اللَّهِ إِنْ عَصَيْتُمْ ۗ فَمَا تَزِيدُونَنِي غَيْرَ تَخْسِيرٍ ﴿٦٤﴾

وَيَقَوْمِ هَذِهِ نَاقَةُ اللَّهِ لَكُمْ آيَةٌ فَذُرُّوهَا تَأْكُلُ فِي أَرْضِ اللَّهِ وَلَا تَمْسُوهَا بِسُوءٍ فَيَأْخُذَكُمْ عَذَابٌ قَرِيبٌ ﴿٦٥﴾

فَعَقَرُوهَا فَقَالَ تَمَتَّعُوا فِي دَارِكُمْ ثَلَاثَةَ أَيَّامٍ ۖ ذَٰلِكَ وَعْدٌ غَيْرُ مَكْذُوبٍ ﴿٦٦﴾

فَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا نَجَّيْنَا صَالِحًا وَ الَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَ مِن خِزْيِ يَوْمِئِذٍ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ الْقَوِيُّ

lunaku olwo. Mazima Mukama wo ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

68. Era okubwatuka kwakwata aboonoonefu, kale enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe,

69. Nebaba nga abataagabaddemu. Mwetegereze, mazima aba Thamūda beegaana Mukama waabwe. Mwetegereze, okuzikirira kuli ku ba Thamūda.

Ruku 7

70. Era mazima ababaka baffe bajja eri Ibrāhīmu n'amawulire ag'essanyu, nebagamba nti: Mirembe, n'addamu nti: Mirembe. Kale teyabandaala, n'aleeta ennyama y'ennyana enjokye.

71. Naye bwe yalaba nga emikono gyabwe tegiraga gy'eri, baamulema okutegeera, n'awulira nga abatidde. Nebagamba nti: Totya. Mazima ffe tutumiddwa eri bantu ba Lūtu.

72. Era ne mukyala we yali ayimiride, kale neyeekanga. Kale netumuwa amawulire ag'essanyu ag'okuzaala Isihaka, n'oluvannyuma lwa Isihaka, omuzzukulu Ya'qūbu.

73. Omukyala n'agamba nti: O! nga nkiguddeko! Abaffe, nnaazaala nga ndi mukadde ng'ate n'ono baze mukadde? Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo.

74. Ababaka nebagamba nti: Abaffe, weewuunya ekiragiro kya Allah? Okusaasira kwa Allah n'emikisa gye giri ku mmwe ab'omu nju eno. Mazima Ye y'Atenderezebwa, y'Agulumizibwa.

75. Kale okutya bwe kwayamuka ku Ibrāhīmu n'atuukwako n'amawulire ag'essanyu, yatwegayirira ku lw'abantu ba Lūti.

76. Mazima Ibrāhīmu yali wa kisa nnyo nga alumirwa nnyo banne, nga adda nnyo eri Allah.

77. Netugamba nti: Owange Ibrāhīmu, bino bireke. Mazima ekiragiro kya Mukama wo kimaze okutuuka. Era ddala bajja kutuukwako ekibonerezo ekitazzibwayo.

78. Awo ababaka baffe bwe baatuuka eri Lūti, yabeeralikirira n'awotookerera ku lwaabwe. N'agamba nti: Luno lunaku luka-kali!

العَزِيزُ ﴿١٧﴾

وَ أَخَذَ الَّذِينَ ظَلَمُوا الصَّيْحَةَ فَأَصْبَحُوا فِي دِيَارِهِمْ جثِيمِينَ ﴿١٨﴾

كَانَ لَمْ يَخْتَوِ فِيهَا وَلَا لَانَ ثَمُودًا كَفَرُوا رَبَّهُمْ إِلَّا بَعْدًا لَثَمُودًا ﴿١٩﴾

وَلَقَدْ جَاءَتْ رُسُلْنَا إِبْرَاهِيمَ بِالْبَشْرَى قَالُوا سَلَامًا قَالَ سَلَّمَ فَمَا لَبِثَ أَنْ جَاءَ بِجِبِلِّ حَنِيزٍ ﴿٢٠﴾

فَلَمَّا رَأَى أَيْدِيَهُمْ لَا تَصِلُ إِلَيْهِ نَكِرَهُمْ وَأَوْجَسَ مِنْهُمْ خِيفَةً قَالُوا لَا تَخَفْ إِنَّا أُرْسِلْنَا إِلَى قَوْمِ لُوطٍ ﴿٢١﴾

وَأَمْرَاتُهُ قَائِمَةٌ فَضَحِكَتْ فَبَشَّرْنَاهَا بِإِسْحَقَ ۖ وَمِنْ وَرَاءِ إِسْحَقَ يَحْقُوبُ ﴿٢٢﴾

قَالَتْ لِيُوَيْلَتِي ۖ أَلِدُ وَأَنَا عَجُوزٌ وَهَذَا بَعْلِي شَيْخًا إِنَّ هَذَا لَشَيْءٌ عَجِيبٌ ﴿٢٣﴾

قَالُوا أَتَعْجَبِينَ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ رَحِمَتُ اللَّهِ وَبَرَكَتُهُ عَلَيْكُمْ أَهْلَ الْبَيْتِ ۖ إِنَّهُ حَمِيدٌ مَجِيدٌ ﴿٢٤﴾

فَلَمَّا ذَهَبَ عَنْ إِبْرَاهِيمَ الرَّوْعُ وَجَاءَتْهُ الْبَشْرَى يُجَادِلُنَا فِي قَوْمِ لُوطٍ ﴿٢٥﴾

إِنَّ إِبْرَاهِيمَ لَحَلِيمٌ أَوَّاهٌ مُنِيبٌ ﴿٢٦﴾ يَا إِبْرَاهِيمُ أَعْرِضْ عَنْ هَذَا إِنَّهُ قَدْ جَاءَ أَمْرٌ رَبِّكَ وَإِنَّهُمْ آتِيهِمْ عَذَابٌ غَيْرُ مَرْدُودٍ ﴿٢٧﴾

وَلَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا لُوطًا سِيءًا بِهِمْ وَضَاقَ بِهِمْ ذَرْعًا وَقَالَ هَذَا يَوْمٌ عَصِيبٌ ﴿٢٨﴾

79. Era abantu be baamujjirira nga beeyuna gy'ali nga baswakidde, so n'olubereberye baakolanga ebibi. Yagamba nti: Abange, bawala bange baabo *gwe musingo*; bo batukuvu nnyo gye muli. *N'olwekyo* mutye Allah era temunswaaza eri bagenyi bange. Abaffe, mu mmwe temuliimu muntumu-lamu?*

80. Nebagamba nti: Mazima omanyi bulungi nti ffe tetulina kye tuvunaana bawala bo, era ddala omanyi bulungi kye twagala.

81. N'agamba nti: *Ha!* Singa mbadde mbalinako amaanyi, *mwalindabye!* Naye kambaleke neesigame ku mpagi ennyweevu, *Allah.*

82. Ababaka nebagamba nti: Owange Luti, tofaayo. Mazima ffe tuli babaka ba Mukama wo, *abo* tebajja kukutuukako. Kale genda n'aboomu maka go mu kiseera eky'ekiro, naye tewaba n'omu mu mmwe atunula mabega, okuggyako mukazi wo; kuba ddala ye ekinaamutuukako ky'ekyo ekinaatuuka *ne* ku bali. Mu butuufu, ekiseera kyabwe ekiragaanye kya kumakya. Abaffe, amakya tegali kumpi?*

83. Awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twafuula *ekibuga* waggulu wa kyo newadda wansi wa kyo, era netukitonnyesaako amayinja g'olusennyente oluberekaganye,

84. Olulambiddwako okuviira ddala eri Mukama wo. Ate *ekibonerezo* ekyo tekiri wala n'aboononefu *b'omulembe guno.*

Ruku 8

85. N'eri ab'e Madiyani *twatumayo* muganda waabwe Shu'aibu. N'agamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinaayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Era temukendeezanga ku kipimo ne minzaani.

11:79. Abantu ba Nabbi Luti (a.s) beesanga mu kaseera akazibu awo Luti (a.s) bwe yagamba nti: '..... bawala bange baabo..... batukuvu gye muli'. Abantu bano olw'okuba nti baali boonoonefu, byabakalira ku mimwa kuba baakitegeera nti Nabbi Luti (a.s) yali agezaako kubagamba nti omuze gwabwe ddala gwaali gukontana n'empisa y'obutonde. Bo kwe kwekazakaza ne baddamu mu ngeri eno kirabike nga Nabbi Luti (a.s) eyali abawa bawala be awonye ekitiibwa ky'abagenyi be.

11:82. Okusinziira ku Aya eno, kirabika nti emboozie wakati wa Luti (a.s) n'ababaka yali mu kifo nga abalabe be tebasobola kutuuka gye bali. Kirabika nti oluvannyuma lw'okulemwa okumutuukako omulundi ogwasooka, baali bateekateeka okudda nga beetegese okuwaguza. Olwo ababaka kwe kulabula Luti (a.s) n'abantu be bafulumu ekiro nga tebunnakya, naye mukazi we n'asigalira.

وَجَاءَهُ قَوْمُهُ يُهْرَعُونَ إِلَيْهِ وَقَالَ قَبْلُ كَانُوا يَعْمَلُونَ السَّيِّئَاتِ قَالَ يِقْوَهُمْ هَؤُلَاءِ بَنَاتِي هُنَّ أَطْهَرُ لَكُمْ فَاتَّقُوا اللَّهَ وَلَا تُخْزُونِ فِي ضَيْفِي أَلَيْسَ مِنْكُمْ رَجُلٌ رَشِيدٌ ﴿٧٩﴾

قَالُوا لَقَدْ عَلِمْتَمَا لَكْنَا فِي بَنَاتِكَ مِنْ حَقٍّ وَإِنَّكَ لَتَعْلَمُ مَا نُرِيدُ ﴿٨٠﴾

قَالَ لَوْ أَنَّ لِي بِكُمْ قُوَّةٌ أَوْ آوِي إِلَىٰ رُكْنٍ شَدِيدٍ ﴿٨١﴾

قَالُوا أَلَيْسَ لَنَا رَسُولٌ رَّبِّكَ لَن يَصِلُوا إِلَيْكَ فَأَسْرِ بِأَهْلِكَ بِقِطْعٍ مِنَ اللَّيْلِ وَلَا يَلْتَفِتْ مِنْكُمْ أَحَدٌ وَلَا امْرَأَتَكَ إِنَّهُ مُصِيبُهَا مَا أَصَابَهُمْ إِنَّ مَوْعِدَهُمُ الصُّبْحُ أَلَيْسَ الصُّبْحُ بِقَرِيبٍ ﴿٨٢﴾

فَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا جَعَلْنَا عَالِيَهَا سَافِلَهَا وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهَا حِجَابًا مِّن سَاجِدٍ مِّن مَّنصُودٍ ﴿٨٣﴾

مُسَوَّمَةٌ عِنْدَ رَبِّكَ وَمَا هِيَ مِنَ الظَّالِمِينَ بِبَعِيدٍ ﴿٨٤﴾

وَأَلَىٰ مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا قَالَ يَقْوَهُمْ عِبْدُ وَاللَّهِ مَا لَكُمْ مِنَ اللَّهِ غَيْرُهُ وَلَا تَنْقُصُوا الْمِكْيَالَ وَالْمِيزَانَ إِنِّي أَرَاكُمْ بِخَيْرٍ وَإِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ

Nze mbalaba nga muli bulungi era nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku lw'okuzikirira.

86. Era bannange, mutuusenga ekipimo ne minzaani mu bwenkanya era temukendeerezanga bantu bintu byabwe, era temukolanga bya mbyoone mu nsi n'okuba abatabuzitabuzi.

87. Ebyo Allah bye yaleka *nammwe* by'ebisinga obulungi gye muli, bwe muba nga ddala muli bakkiriza. Era nze siri mukuumi ku mmwe.

88. Nebagamba nti: Owange Shu'aibu, abaffe essaala yo y'ekulagira nti tulekeyo ebyo bakitaffe bye baasinzanga era nti tuleme na kukola mu bya bugagga bwaffe nga bwe twagala? *Wamma* ggwe ddala *wefudde* alumirirwaffe ennyo ate omulabufu!

89. N'agamba nti: Abange, mulabye mutya? Singa mba n'obukakafu obw'olwaatu obuva eri Mukama wange era ng'ampadde n'ebigabibwa ebirungi ebiva gy'ali, era temukkirize? Era nze saagala kutetulanya gye muli kw'ebyo ate bye mbaziyiza, wabula kyeng'enderera kwe kutereza ebyo bye mba nsobodde, era nze ku lwange sirina busobozi okuggyako ku lwaAllah. Ye gwe nneesiga, era gy'ali gye neeyuna.

90. Era bannange, okuwalaggana nange kuleme kubaleetera kutuukibwako ebifaanana n'ebyo ebyatuuka ku bantu ba Nuhu oba abantu ba Hüdu oba abantu ba Swälehe. So abantu ba Lüti tebali wala nammwe.

91. Era musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe; nate era mubonerere gy'ali. Mazima Mukama wange Wa kisa nnyo, Wa mukwano nnyo.

92. Ne bagamba nti: Owange Shu'aibu, bingi mu by'oyogera tetubitegeera, era ddala ffe tukulaba nga mu ffe oli munafu. Naye singa si kika kyo, mazima twalikussizza mayinja. Era ggwe *wekka* totusobola.

93. N'agamba nti: Abange! Ekika kyange ky'ekyamaanyi ennyo gye muli okusinga Allah gwe musudde emabega wammwe

عَذَابَ يَوْمٍ مُّحِيطٍ ﴿٤٥﴾

وَيَقُومُوا أَوْفُوا الْمِكْيَالَ وَالْمِيزَانَ بِالْقِسْطِ وَلَا تَبْخَسُوا النَّاسَ أَشْيَاءَهُمْ وَلَا تَعْتُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٤٦﴾

بَقِيَّتُ اللَّهِ خَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ۗ وَمَا أَنَا عَلَيْكُمْ بِحَفِيظٍ ﴿٤٧﴾

قَالُوا يَشْعَبُ أَصَلُوا تَكَ تَأْمُرُكَ أَنْ تَكُتُكَ مَا يَعْبُدُ آبَاؤَنَا أَوْ أَنْ تَفْعَلَ فِي أَمْوَالِنَا مَا نَشَاءُ إِنَّكَ لَا أَنْتَ الْحَلِيمُ الرَّشِيدُ ﴿٤٨﴾

قَالَ يَقُومُوا أَرَأَيْتُمْ إِنْ كُنْتُمْ عَلَى بَيْتَةٍ مِنْ رَبِّي وَرَزَقْنِي مِنْهُ رِزْقًا حَسَنًا وَمَا أُرِيدُ أَنْ أُخَالِفَكُمْ إِلَىٰ مَا أَنهَلِكُمْ عَنْهُ إِنْ أُرِيدُ إِلَّا الْإِصْلَاحَ مَا اسْتَطَعْتُ ۗ وَمَا تَوْفِيقِي إِلَّا بِاللَّهِ عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَإِلَيْهِ أُنِيبُ ﴿٤٩﴾

وَيَقُومُوا لَا يَجْرِمَنَّكُمْ شِقَاقِي ۗ أَنْ يُصِيبَكُمْ مِثْلُ مَا أَصَابَ قَوْمَ نُوحٍ أَوْ قَوْمَ هُودٍ أَوْ قَوْمَ صَالِحٍ ۗ وَمَا قَوْمُ لُوطٍ مِنْكُمْ بِبَعِيدٍ ﴿٥٠﴾

وَاسْتَغْفِرُوا رَبَّكُمْ ثُمَّ تُوبُوا إِلَيْهِ ۗ إِنَّ رَبِّي رَحِيمٌ وَدُودٌ ﴿٥١﴾

قَالُوا يَشْعَبُ مَا تَفْقَهُ كَثِيرًا مِمَّا تَقُولُ وَإِنَّا لَنَرُكَ فِينَا ضَعِيفًا ۗ وَلَوْ لَا رَهْطُكَ لَرَجَمْنَاكَ ۗ وَمَا أَنْتَ عَلَيْنَا بِعَزِيزٍ ﴿٥٢﴾

قَالَ يَقُومُوا أَرَهْطِي ۗ أَعَزُّ عَلَيْكُمْ مِنَ اللَّهِ ۗ وَاتَّخَذُ ثَمُودَ وَإِرَاءَ كُمْ ظَهْرِيًّا إِنَّ رَبِّي

amagalabanja? Mazima bye mukola, Mukama wange abyetooloodde.

94. Era bannange, mukole *kyonna* nga bwe musobola, nange nkole. Mangu nnyo mujja kumanya ani anaatuukibwako ekibonerezo ekimuswaaza, n'oyo alimba. Era mulindirire, nange ndi wamu nammwe nninda.

95. Era awo ekiragiro kyaffe bwe kyatuuka, twawonya Shu'aibu n'abo abakkiriza awamu naye olw'okusaasira okuva gye tuli; era ekibonerezo nekikwata abo abaayoonona, enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe,

96. Ne baba nga abataagabaddenamu. Mwetegereze, Abamadiyani baazikirira nga aba Thamūda bwe baazikirira.

Ruku 9

97. Era ddala twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe n'obukakafu obw'olwaatu,

98. Eri Farāwo n'abakungu be; naye nebagoberera kiragiro kya Farāwo, songa ekiragiro kya Farāwo tekyali kituufu.

99. Alikulembera abantu be ku lunaku lw'okuzuukira kale abatwale eri ekyesero ky'omuliro. Nga kibi nnyo ekyesero ekyo ekirituukibwako!

100. Era baagoberezebwa ekikolimo ku *nsi* kuno ne ku lunaku lw'okuzuukira. Nga kirabo kibi nnyo ekiritonebwa!

101. Ebyo nno by'ebimu ku byafa ku bibuga *ebyazikirizibwa* bye tukunnyonyodde. Mu byo mulimu ebikyakangabadde n'ebyo ebyasaanyizibwawo.

102. Naye tetwabalyazaamaanya, wabula beryazaamaanyanga bokka; era bakatonda baabwe abo be baalaajaniranga mu kifo kya Allah tebaabagasa n'akatono awo nga ekiragiro kya Mukama wo kituuse; era tebaabongera *kirala* okuggyako okuzikirira.

103. Era bwe lutyo olukwaata lwa Mukama wo bwe luba bw'aba akutte mu bibuga nga byoononese. Mazima olukwaata lwe luluma nnyo *ate* lukakali nnyo.

بِمَا تَعْمَلُونَ مَحِيطٌ ﴿١٣﴾

وَيَقُولُ اعْمَلُوا عَلَيَّ مَا تَعْمَلُونَ لِي
عَامِلٌ سَوْفَ تَعْلَمُونَ ۗ مَنْ يَأْتِيهِ
عَذَابٌ يُخْزِيهِ وَ مَنْ هُوَ كَاذِبٌ ۙ

وَأَرْتَقِبُ إِلَيْكَ رَبِّ ۙ

وَلَمَّا جَاءَ أَمْرُنَا نَجَّيْنَا شُعَيْبًا وَ
الَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ بِرَحْمَةٍ مِنَّا وَ
أَخَذَتِ الَّذِينَ ظَلَمُوا الصَّيْحَةَ
فَأَصْبَحُوا فِي دِيَارِهِمْ جِثْمِينَ ﴿١٤﴾

كَانَ لَمْ يَغْنَوْا فِيهَا ۗ آلَا بُعْدًا
لِلْمُذِينَ كَمَا بَعَدَتْ ثَمُودُ ﴿١٥﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا وَسُلْطٰنٍ
مُّبِينٍ ﴿١٦﴾

إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَ مَلَائِكِهِ فَاتَّبَعُوا أَمْرَ
فِرْعَوْنَ ۗ وَمَا أَمْرُ فِرْعَوْنَ بِرَشِيدٍ ﴿١٧﴾

يَقْدُمُ قَوْمَهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
فَأَوْرَدَهُمُ النَّارَ وَيُسَّ الوُرْدُ
المُؤْرَدُ ﴿١٨﴾

وَ اتَّبَعُوا فِي هَذِهِ لَعْنَةً وَ يَوْمَ
الْقِيَامَةِ ۗ يُسَّ الرِّفْدِ المُرْدُ ﴿١٩﴾

ذٰلِكَ مِنْ آثَاءِ الْقُرَىٰ نَقِصَةٌ
عَلَيْكَ مِنْهَا قَائِمٌ وَ حَصِيدٌ ﴿٢٠﴾

وَ مَا ظَلَمْنَهُمْ وَلٰكِنْ ظَلَمُوا أَنفُسَهُمْ
فَمَا أَغْنَتْ عَنْهُمْ آلِهَتُهُمُ الَّتِي يَدْعُونَ
مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ لَمَّا جَاءَ أَمْرُ
رَبِّكَ ۗ وَ مَا زَادُوهُمْ غَيْرَ تَشْيِيْبٍ ﴿٢١﴾

وَ كَذٰلِكَ أَخَذُ رَبِّكَ إِذَا أَخَذَ الْقُرَىٰ وَ
هِيَ ظَالِمَةٌ ۗ إِنَّ أَخَذَهُ أَلِيمٌ شَدِيدٌ ﴿٢٢﴾

104. Ddala mw'ekyo mulimu okulabula eri oyo atya ekibonerezo ky'enkomerero. Olwo lwe lunaku olulikung'aanyirizibwako abantu, era olwo lwe lunaku olulirabibwa.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّمَن خَافَ عَذَابَ
الْآخِرَةِ ۗ ذَٰلِكَ يَوْمَ مَجْمُوعٍ ۗ لَهُ
النَّاسُ وَذَٰلِكَ يَوْمَ مَشْهُودٍ ۝١٠٤

105. Era tetululwiisa bulwiisa wabula lwa kiseera *kya lwo* ekyabalirirwa.

وَمَا نُؤَخِّرُهُ إِلَّا لِأَجَلٍ مُّعَدٍّ ۝١٠٥
يَوْمَ يَأْتِ لَا تَكَلِّمُ نَفْسٌ إِلَّا بِذُرِّيَّتِهَا
فَمِنْهُمْ شَقِيئٌ وَسَعِيدٌ ۝١٠٦

106. Olunaku *olwo* bwe lulituuka, tewali muntu yenna alyoogera wabula olw'okukkiriza kwe (Allah). Kale mu bo mulibaamu ab'ekikwa ne bannamukisa.

فَأَمَّا الَّذِينَ شَقُوا فَوَيْ النَّارِ لَهُمْ فِيهَا
زَفِيرٌ ۝١٠٧

107. Kale abo ab'ekikwa be b'okuba mu muliro, balibaamu n'okusinda n'okusikondoka,

خَالِدِينَ فِيهَا مَا دَامَتِ السَّمَوَاتُ وَ
الْأَرْضُ إِلَّا مَا شَاءَ رَبُّكَ ۗ إِنَّ رَبَّكَ
فَعَّالٌ لِّمَا يُرِيدُ ۝١٠٨

108. Omwo mwe balibeera ekiseera eggulu n'ensi kye birimala, okuggyako nga Mukama wo bw'aliba ayagadde. Mazima mukama wo akola nga bw'aba ayagadde.

وَأَمَّا الَّذِينَ سَعِدُوا فَوَيْ الْجَنَّةِ
خَالِدِينَ فِيهَا مَا دَامَتِ السَّمَوَاتُ وَ
الْأَرْضُ إِلَّا مَا شَاءَ رَبُّكَ ۗ عَطَاءٌ غَيْرُ
مَجْدُودٍ ۝١٠٩

109. Naye abo bannamukisa, be balibeera mu Janna; omwo mwe balibeera ekiseera eggulu n'ensi kye birimala, okuggyako nga Mukama wo bw'aliba ayagadde, *anti Janna* ky'ekirabo ekitasalikako.

110. Kale tobeeramu kutankana kw'ebyo bano bye basinza. Tebasinza wabula *basinza* nga bakitaabwe bwe baasinzanga olubereberye. Era mazima tulibasasula omutemwa gwabwe mu bujjuvu awatali kukendeezaako.

فَلَا تَكُ فِي مِرْيَةٍ مِّمَّا يَعْبُدُ هَٰؤُلَاءِ
مَا يَعْبُدُونَ إِلَّا كَمَا يَعْبُدُ آبَاءَهُمْ مِن
قَبْلُ ۗ وَإِنَّا لَمُوقِنُونَ ۝١١٠
مُنْقُوصٍ ۝١١٠

Ruku 10

111. Era mazima twawa Mūsa Ekitabo naye nekissibwamu ebitatabagana. Era singa tekyali kigambo ekyakulembera okuva eri Mukama wo, mazima singa kyasalibwawo dda wakati waabwe. Era ddala *bano* bali mu kubuusabuusa ku kyo okutawaanya.

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَخْتَلِفَ
فِيهِ ۗ وَكُلًّا كَلِمَةً سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ
لِقَضِي بَيْنَهُمْ ۗ وَإِنَّهُمْ لَفِي شَكٍّ مِنْهُ
مُرِيْبٍ ۝١١١

112. Era tewali kuwannaanya, bonna tebannaba *kusasulwa*, ddala Mukama wo alibasasula mu bujjuvu ebikolwa byabwe. Mazima Ye bye bakola abitegeera bulungi.

وَأَنَّ كُلًّا لَّمَّا لِيُوقِيَهُمْ رَبُّكَ
أَعْمًا لَهُمْ ۗ إِنَّهُ بِمَا يَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ۝١١٢

113. Kale ba mwesimbu nga bw'olagiddwa, era n'abo ababonerera awamu naawe; naye temubuukanga nsalo. Mazima Ye bye mukola abiraba.

فَاسْتَقِمُّ كَمَا أُمِرْتَ وَمِن تَابٍ مَعَكَ
وَلَا تَطْغَوْا ۗ إِنَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ۝١١٣

114. Era temwekubiranga eri abo abakyaamu, si kulwa nga *nammwe* mutuukibwako

وَلَا تَتْرَكْنُوهُ إِلَى الَّذِينَ ظَلَمُوا
فَنَمَسَّكُمُ النَّارُ ۗ وَمَا لَكُم مِّن دُونِ اللَّهِ

omuliro. Era temulifunayo bakuumi balala ebbali wa Allah, nate era temuliyambibwa.

115. Era jjumbiranga essaala ku njuyi z'emisana zombi, ne mu kiro nga buli kumpi okukya. Mazima ebirungi biggyawo ebibi. Kuno kwe kubuulirira eri abajjukira.

116. Era gumiikirizanga; mazima Allah tafiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

117. Naye lwaki tewaaliwo balina magezi mu mirembe egyabakulembera nga baziyiza okukola ebyambyoone mu nsi, okuggyako abatono ennyo mw'abo be twawonya mu bo? Naye abo abakyaamu, bo baagoberera ebyo eby'ensi bye baatebenkezebwamu, nebafuuka aboononefu.

118. Era Mukama wo teyaalizikirizza bibuga mu bukuusa nga ababirimu bakozi ba birungi.

119. Era singa Mukama wo yayagala kukaka, mazima yaalifudde abantu bonna ekibiina kimu; naye tebajja kulekayo kwawukanayawukanamu,

120. Okuggyako abo Mukama wo baalisasira, n'olwekyo kye yava abatonda. Era ekigambo kya Mukama wo ddala kya kutuukirira ekigamba nti: Mazima nzija kujjuza Jahannamu okuva mu Majinni n'abantu abajeemu bonna.

121. Era byonna bye tukutegeeza ku byaafa ku Babaka, bye tunywezesesa omutima gwo. Era otuukiddwako amazima mu Kur'ani eno n'okubuulirira n'okujjukiza eri abakkiriza.

122. Era gamba abo abatakkiriza nti: Kale mukole kyonna kye musobola, naffe tukole,

123. Era mulindirire, naffe tulindirira.

124. Era ebyekusifu byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah era gy'ali ensonga zonna gye zirizzibwa. Kale Ye gw'oba osinza era weesigenga Ye yekka. Era Mukama wo si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

مِنْ أَوْلِيَاءِ ثُمَّ لَا تُنصِرُونَ ﴿١١٥﴾
 وَأَقِمِ الصَّلَاةَ طَرَفِي النَّهَارِ وَزُلْفًا
 مِّنَ اللَّيْلِ إِنَّ الْحَسَنَاتِ يُذْهِبْنَ
 السَّيِّئَاتِ ذَلِكَ ذِكْرَى لِلذَّاكِرِينَ ﴿١١٦﴾
 وَاصْبِرْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُضِيعُ أَجْرَ
 الْمُحْسِنِينَ ﴿١١٧﴾
 فَلَوْ لَا كَانَ مِنَ الْقُرُونِ مِن قَبْلِكُمْ
 أُولُوا بَقِيَّةً يَبْغُونَ عَنِ الْفَسَادِ فِي
 الْأَرْضِ إِلَّا قَلِيلًا مِّمَّنْ أَنجَيْنَا مِنْهُمْ
 وَاتَّبَعَ الَّذِينَ ظَلَمُوا مَا أُتْرِفُوا فِيهِ وَ
 كَانُوا مُجْرِمِينَ ﴿١١٧﴾
 وَمَا كَانَ رَبُّكَ لِيُهْلِكَ الْقُرَى بِظُلْمٍ
 وَأَهْلُهَا مُصْلِحُونَ ﴿١١٨﴾
 وَلَوْ شَاءَ رَبُّكَ لَجَعَلَ النَّاسَ أُمَّةً
 وَاحِدَةً وَلَا يَزَالُ الَّذِينَ مُخْتَلِفِينَ ﴿١١٩﴾
 إِلَّا مَن رَّحِمَ رَبُّكَ وَلَئِنَّكَ لَخَلْقُهُمْ
 وَتَمَّتْ كَلِمَةَ رَبِّكَ لَا مَلَكَنَ جَهَنَّمَ
 مِنَ الْإِنْسَانِ أَجْمَعِينَ ﴿١٢٠﴾
 وَكَلَّا تَقْصُ عَنكَ مِن آثَابِ الرُّسُلِ
 مَا نُنشِئُ بِهِ فُؤَادَكَ وَجَاءَكَ فِي
 هَذِهِ الْحَقِّ وَمَوْعظةٌ وَذِكْرَى
 لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿١٢١﴾
 وَقُلْ لِلَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ اَعْمَلُوا
 عَلَىٰ مَكَانَتِكُمْ إِنَّا عَمِلُونَ ﴿١٢٢﴾
 وَانظُرُوا إِنَّا مُنتظِرُونَ ﴿١٢٣﴾
 وَيَلَهُ غَيْبُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ
 إِلَيْهِ يُرْجَعُ الْأُمُورُ كُلُّهَا فاعْبُدْهُ وَ
 تَوَكَّلْ عَلَيْهِ وَمَا رَبُّكَ بِغَافِلٍ
 عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿١٢٤﴾

١٢٤

YUSUF

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. ALif Lām Rā.*Zino ze Aya z'Ekitabo ekitangaaza.

3. Mazima Ffe Kur'āni *esomebwa olunye* twagissa nga eri mu Luwarabu *olwanju-lukufu*, mulyooke mutegeere.

4. Ffe tukunyonnyola okunyonnyola okusingira ddala obulungi *nga tuyita* mu kukubikkulira Kur'āni eno, newaakubadde nga olubereberye Iwa yo wali mw'abo abatamanyi *bino*.

5. *Jjukira* nga Yūsufu bwe yagamba kitaawe nti: Ssebo kitange, mazima nnalabye *mu kirooto* emmunyee nye kkumi n'emu n'enjuba n'omwezi, nabirabye nga binvuunamira.

6. N'agamba nti: Mwana wange, tolootolola baganda bo ekirooto kyo, *si kulwa* nga bakwekobera olwekoba. Mazima Sitaani mulabe wa nkukunala eri omuntu.

7. Era bwe kityo, Mukama wo agenda kukulonda era akuyigirize amakulu g'ebigambo, era atuukirize ebyengerā bye ku ggwe, ne ku b'omu maka ga Ya'qūbu, nga bwe yabituukiriza olubereberye ku bajjajja bo —Ibrāhimu ne Isihāka. Mazima Mukama wo ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

Ruku 2

8. Mazima ebyaali ku Yūsufu ne baganda be byaalimu eby' okulabirako eri abeebuuza.

9. Awo *baganda be* bwe baagamba nti: Mazima Yūsufu ne muganda we, be batusinga obuganzi eri kitaffe, so nga ffe kibiina eky'amaanyi. Mazima kitaffe ali mu kuwubwa kwa lwaatu.

10. Kale mutte Yūsufu oba mumusuule mu nsi *ey'ewala* olwo omwoyo gwa kitammwe gubeere ku mmwe *mwekka*, n'oluvannyuma

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الرَّحْمٰنُ تِلْكَ آيٰتُ الْكِتٰبِ الْمُبِينِ ②

إِنَّا أَنْزَلْنَاهُ قُرْءَانًا عَرَبِيًّا لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ③

نَحْنُ نَقُصُّ عَلَيْكَ أَحْسَنَ الْقَصَصِ بِمَا أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ هَٰذَا الْقُرْءَانَ ۗ وَإِن كُنْتَ مِن قَبْلِهِ لَمِنَ الْغٰفِلِينَ ④

إِذْ قَالَ يُوسُفُ لِأَبِيهِ يَا أَبَتِ إِنِّي رَأَيْتُ أَحَدَ عَشَرَ كَوْكَبًا وَالشَّمْسَ وَالْقَمَرَ رَأَيْتُهُمْ لِي سٰجِدِينَ ⑤

قَالَ يَبْنَیَّ لَا تَقْصُصْ رُءْيَاكَ عَلٰی إِخْوَتِكَ فَيَكِيدُوا لَكَ كَيْدًا ۗ إِنَّ الشَّيْطَانَ لِلنَّاسِ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ⑥

وَكَذٰلِكَ يَجْتَبِيْكَ رَبُّكَ وَيُعَلِّمُكَ مِن تَأْوِيلِ الْاَحَادِيثِ وَيُرِيْكَ نِعْمَتَهُ عَلَيْكَ وَعَلٰى اٰلِ يٰعْقُوْبَ كَمَا اَتَمَّهَا عَلٰى اَبَوَيْكَ مِن قَبْلُ ۗ اِبْرٰهِيْمَ وَاِسْحٰقَ ۗ

ۙ اِنَّ رَبَّكَ عَلِيْمٌ حَكِيْمٌ ⑦

لَقَدْ كَانَ فِيْ يُوسُفَ وَإِخْوَتِهِ آيٰتٍ لِّلنَّاسِ اٰلِيْنَ ⑧

إِذْ قَالُوا لِيُوسُفُ وَأَخُوهُ أَحَبُّ إِلَيْنَا أَيْتِنَا مِنَّا وَنَحْنُ عُصْبَةٌ ۗ إِنَّ آبَاءَنَا لَفِي ضَلٰلٍ مُّبِينٍ ⑨

يٰقَتُلُوا يُوسُفَ وَأَطْرَحُوهُ أَرْضًا يَخُدُّ لَكُمْ وَجْهَ اٰيٰتِكُمْ وَتَكُونُوْنَ مِنْ بَعْدِهِ

Iw'ekyo muliba bantu balungi.

11. Omwogezi omu mu bo n'agamba nti: Temutta Yūsufu, naye bwe muba nga munaakola *ekintu kyonna*, mumusuule wansi mu luzzi oluwanvu, abatambuze abamu bajja kumulonda.

12. Nebagamba nti: Ssebo kitaffe, Iwaaki totwesiga ku Yūsufu so nga ddala naffe tumwagaliza birungi?

13. Enkya musindike wamu naffe yeesan-yuseeko era azannyeko, era ddala tujja kumulabirira nnyo.

14. N'agamba nti: Ddala kinneeraliikiriza nnyo nga mugenze naye era ntya nti si kulwa nga omusege gumulya nga mumulaga-jjalidde.

15. Nebagamba nti: Ddala singa omusege gunaamulya ng'ate ffe tuli kibiina kya maanyi, mazima olwo ffe tunaaba tufiiriddwa.

16. Awo bwe baagenda naye, nebeekoba bamuteeke wansi mu luzzi oluwanvu, kale netumubikkulira nti: Mazima *lumu* olibate-geeza ensonga yaabwe eno naye nga tebakyakutegeera.

17. Era bajja eri kitaabwe akawungeezi nga beekaabya.

18. Nebagamba nti: Ssebo kitaffe, mazima twagenze netuwakana mu mbiro netuleka Yūsufu awali ebintu byaffe, kale omusege negumulya. Naye tojja kutukkiriza ne bwe tunaaba nga twogera mazima.

19. Nebaleeta n'ekkanzu ye ng'eriko omusaayi ogw'obulimba. *Kitaabwe* n'agamba nti: Nedda! Emyoyo gyammwe gibalungiyirizza ensonga *eno*. Naye okugumikiriza okulungi *kwe kwetaagibwa*. Era Allah yekka y'asabibwa obuyambi kw'ebyo bye mwoogera.

20. Kale entwaala y'abatambuze bwe yajja nebatuma omukimi w'amazzi waabwe, bw'atyo n'assa endobo ye *mu luzzi*. N'agamba nti: Nga mawulire ga ssanyu, omuvubuka wuuno! Era baamukweka nga eky'obusuubuzi. Era Allah yamanya bulungi kye baakola.

21. Era baamutunda omuwendo mpa we-guzira—Dirham za munyoto, era tebaamuli-namu bwetaavu bwa kumufunamu *nsimbi*.

تَوَمَا صَاحِبِينَ ١٠

قَالَ قَائِلٌ مِنْهُمْ لَا تَثْقُلُوا يُوسُفَ وَالْقَوْهَ فِي غَيْبَتِ الْجُبِّ يَلْتَقِطُهُ بَعْضُ السَّيَّارَةِ إِنْ كُنْتُمْ فَاعِلِينَ ١١

قَالُوا يَا أَبَا نَا مَا لَكَ لَا تَأْمَنَّا عَلَى يُوسُفَ وَإِنَّا لَنَا صَحُونَ ١٢

أَرْسَلَهُ مَعَنَا غَدًا يَئْتِنَا وَنَلْعَبُ وَإِنَّا لَهُ لَحَفُوظُونَ ١٣

قَالَ رَبِّي لِيَجْزُنِي بِهَ أَنْ تَهْبُوا بِهِ وَآخَافُ أَنْ يَأْكُلَهُ الذِّئْبُ وَأَنْتُمْ عَنْهُ غَافِلُونَ ١٤

قَالُوا لَئِن آكَلَهُ الذِّئْبُ وَنَحْنُ عُصْبَةٌ إِنَّا إِذًا لَآخِسُونَ ١٥

فَلَمَّا ذَهَبُوا بِهِ وَآجَمَعُوا أَن يَجْعَلُوهُ فِي غَيْبَتِ الْجُبِّ وَأَوْحَيْنَا إِلَيْهِ لَتُنَبِّئَنَّهُمْ بِأَمْرِهِمْ هَذَا وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ١٦

وَجَاءَ وَآبَاؤُهُمْ عِشَاءً يَبْكُونَ ١٧

قَالُوا يَا أَبَا نَا إِنَّا ذَهَبْنَا نَسْتَبِقُ وَتَرَكْنَا يُوسُفَ عِنْدَ مَتَاعِنَا فَأَكَلَهُ الذِّئْبُ وَمَا أَنْتَ بِمُؤْمِنٍ لَنَا وَلَوْ كُنَّا صَادِقِينَ ١٨

وَجَاءَ وَ عَلَى قَمِيصِهِ يَدٍ كَذِبٍ قَالَ بَلْ سَوَّلَتْ لَكُمْ أَنْفُسُكُمْ أَمْرًا فَصَبْرًا جَمِيلًا وَاللَّهُ الْمُسْتَعَانُ عَلَى مَا تَصِفُونَ ١٩

وَجَاءَتْ سَيَّارَةٌ فَأَرْسَلُوا وَارِدَهُمْ فَأَدْلَى دَلْوَةً قَالَ يَبْشُرِي هَذَا غُلَامًا وَأَسْرَوهُ بَضَاعَةً وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِمَا يَعْمَلُونَ ٢٠

وَشَرَوْهُ بِثَمَنٍ بَخِيسٍ دَرَاهِمَ مَعْدُودَةٍ وَكَانُوا فِيهِ مِنَ الرَّاغِبِينَ ٢١

Ruku 3

22. Era oli ow'e Misiri eyamugula yagamba mukyala we nti: Okubeera kwe *naffe* kusseemu ekitiibwa, ob'olyawo alitugasa oba tulimutwala ng'omwana. Bwe tutyo bwe twatebenkeza Yūsufu mu nsi, tulyooke tumuyigirize amakulu g'ebigambo. Era Allah ye Muwanguzi ku nsonga ye, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَقَالَ الَّذِي اشْتَرَاهُ مِنْ مِصْرَ
لَا مَرَاتِمَ أَكْرَمِي مَثْوَاهُ عَسَىٰ أَن
يَنْفَعَنَا أَوْ نَتَّخِذَهُ وَكَدَاءً وَكَذَلِكَ
مَنَّ اللَّهُ يُوَسِّفُ فِي الْأَرْضِ لِنُعَلِّمَهُ
مِن تَأْوِيلِ الْأَحَادِيثِ وَاللَّهُ غَالِبٌ
عَلَىٰ أَمْرِهِ وَلَئِن كُنْتَ إِلَّا تَائِبًا لَّا
يَعْلَمُونَ ﴿١٧﴾

23. Awo bwe yatuuka mu buvubuka bwe, twamuwa obulamuzi n'obumanyi. Era bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi.

وَلَمَّا بَلَغَ أَشُدَّهُ آتَيْنَاهُ حُكْمًا وَ
عِلْمًا وَكَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿١٨﴾

24. Era omukyala w'omu nju mwe yali, yagezaako okumwegwaanyiza nga ye (Yūsufu) tayagadde. N'aggalawo enzigi, n'agamba nti: Kale jangu. *Yūsufu* n'agamba nti: Neewogoma eri Allah, ddala Ye ye Mukama wange eyannungiyiza obutuulo bwange. Mazima aboononyi tebaganyulwa.

وَرَأَوْنَاهُ الَّتِي هُوَ فِي بَيْتِهَا عَنْ
نَفْسِهِ وَعَلَّقَتِ الْأَبْوَابَ وَقَالَتْ هَيْتَ
لَكَ قَالَ مَعَاذَ اللَّهِ إِنَّهُ رَبِّي أَحْسَنَ
مَثْوَايَ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ الظَّالِمُونَ ﴿١٩﴾

25. Era omukyala yamalirira ku ye *okumwegwaanyiza* ne Yūsufu n'amalirira ku ye *okumwekuuma*. Singa Yūsufu yali tannalaba bubonero bwa Mukama we obw'olwaatu, *teyaalimaliridde atyo*. Bwe kityo *twakola tutyo*, tulyooke tumwewaze ebibi n'ebyekivve. Mazima yali mu baweereza baffe abalondemu.

وَلَقَدْ هَمَّتْ بِهِ وَهَمَّ بِهَا لَوْلَا أَن
رَأَاهَا رَبِّي لَكُنَّ مِنَ الْكَاذِبِينَ
عَنهُ السُّوءُ وَالْفَحْشَاءُ إِنَّهُ مِن
عِبَادِنَا الْمُخْلَصِينَ ﴿٢٠﴾

26. Era bombi baafubutuka okulaga eri oluggi, omukyala n'ayuza ekkanzu ye emabega, naye nebasangiriza omwami we ku luggi. Omukyala n'agamba nti: Kibonerezo ki ekisaanira oyo ayagaliza mukyala wo ekibi okuggyako nti asibwe oba *aweebwe* ekibonerezo ekirumya ennyo?

وَاسْتَبَقَا الْبَابَ وَقَدَّتْ قَمِيصَهُ مِن
دُبُرٍ وَأَلْفِيَا سَيِّدَهَا لَدَا الْبَابِ
قَالَتْ مَا جَزَاءُ مَنْ أَرَادَ بِأَهْلِكَ سُوءًا إِلَّا
أَن يُسْجَنَ أَوْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢١﴾

27. *Yūsufu* n'agamba nti: Omukyala y'abadde anneegwanyizza nga nze saagala. Naye omujulizi omu mu b'omu maka g'omukyala kwe kuwa obujulizi nti: Obanga ekkanzu ye eyulise mu maaso, kale omukyala ayogedde mazima, ye y'ali mu balimba.

قَالَ هِيَ رَأَوْنِي عَنْ نَفْسِي وَشَهِدَ
شَاهِدٌ مِّنْ أَهْلِهَا إِن كَانَ قَمِيصَهُ
قَدْ مِّنْ قَبْلِ فَصَدَقْتَ وَهُوَ مِنَ
الْكَاذِبِينَ ﴿٢٢﴾

28. Naye obanga ekkanzu ye eyulise mabega, kale omukyala alimbye, ye ali mu boogera amazima.

وَرَأَىٰ لَوَاقِحَ قَمِيصِهِ قَدْ مِّنْ دُبُرٍ
فَكَذَّبَتْ وَهُوَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٢٣﴾

29. Kale *bba* bwe yalaba nga ekkanzu ye eyulise mabega, yagamba nti: Mazima luno lukwe lwammwe abakazi. Mazima enkwe zammwe nsuffu.

فَلَمَّا رَأَىٰ قَمِيصَهُ قَدْ مِّنْ دُبُرٍ قَالَ إِنَّهُ
مِن كَيْدِكُنَّ إِنَّ كَيْدَكُنَّ عَظِيمٌ ﴿٢٤﴾

30. Ggwe Ynsufu bino tobifaako. Naye ggwe omukyala saba okusonyiyibwa olw'ekibi kyo. Mazima ddala ggwe obadde mu basobya.

Ruku 4

31. Era abakazi b'omu kibuga baagamba nti: Muka 'Aziizi agezaako okwegwaanyiza omuddu we nga ye takkirizza! Ddala amumazeemu nnyo olw'obwagazi. Mazima ffe tumulaba nga ali mu kuwubwa kwa lwaatu.

32. Awo omukyala bwe yawulira okujeeja kwabwe n'abatumira n'abategekera ekijjulo, n'awa buli omu mu bo ekiso, olwo n'agamba Yūsufu nti: Fuluma gye bali. Kale bwe baamulaba ne bamukungiriza nnyo nebeesala n'engalo zaabwe*, ne bagamba nti: Allah atenderezebwe. Mazima ono si muntu wabula malayika ow'ekitiibwa!

33. Omukyala kwe kugamba nti: Y'oyo nno gwe mwannenyezangako. Ddala nze namwegwaanyiza nga tayagadde, kyokka ne yeekuuma. Naye bw'ataakole kye mmulagira, mazima ajja kusibibwa era ddala ajja kuba mw'abo abanyoomoofu.

34. Yūsufu n'agamba nti: Mukama wange, nsiima nnyo ekkomera okusinga ebyo bye bampitira. Naye bw'otompuguleko nkwe zaabwe, ntya nti nyinza okuwugukira gye bali namba mw'abo abatategeera.

35. Kale Mukama we n'amwanukula n'amuwugulako enkwe zaabwe. Anti Ye ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

36. Oluvannyuma, kyeraga gye bali nga bamaze okulaba obubonero bw'obutuukirivu bwe nti okusigaza elinnya, bateekwa kumu-ggalira okumala akaseera.

يُوسُفُ أَعْرَضَ عَنْ هَذَا ۖ وَاسْتَغْفِرِي لِذَنبِكِ ۖ إِنَّكَ كُنْتِ مِنَ الْخَاطِئِينَ ﴿٣٠﴾

وَقَالَ نِسْوَةٌ فِي الْمَدِينَةِ امْرَأَتُ الْعَزِيزِ تُرَاوِدُ فَتَاهَا عَنْ نَفْسِهِ ۗ قَدْ شَغَفَهَا حُبًّا ۗ إِنَّا لَنَرَاهَا فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣١﴾

فَلَمَّا سَمِعَتْ بِمَكْرِهِنَّ أَرْسَلَتْ إِلَيْهِنَّ وَأَعْتَدَتْ لَهُنَّ مُتَكًا ۖ وَآتَتْ كُلَّ وَاحِدَةٍ مِّنْهُنَّ سِكِّينًا ۖ وَقَالَتِ اخْرُجْ عَلَيْهِنَّ ۗ فَلَمَّا رَأَيْنَهُ أَكْبَرْنَهُ وَقَطَّعْنَ أَيْدِيَهُنَّ وَقُلْنَ حَاشَ لِلَّهِ مَا هَذَا بَشَرًا ۖ إِنْ هَذَا إِلَّا مَلَكٌ كَرِيمٌ ﴿٣٢﴾

قَالَتْ فَذَلِكُنَّ الَّذِي لُمْتُنَّنِي فِيهِ ۚ وَلَقَدْ رَاوَدْتُهُ عَنْ نَفْسِهِ فَاسْتَعْصَمَ ۚ وَلَئِن لَّمْ يَفْعَلْ مَا أَمَرَهُ لَيَسْجَنَنَّ ۖ وَكَيْسُونَ تَائِمِنَ الصُّغْرَيْنِ ﴿٣٣﴾

قَالَ رَبِّ السِّجْنُ أَحَبُّ إِلَيَّ مِمَّا يَدْعُونَنِي إِلَيْهِ ۗ وَإِلَّا تَصْرِفْ عَنِّي كَيْدَهُنَّ أَصْبُ إِلَيْهِنَّ ۖ وَأَكُن مِّنَ الْجَاهِلِينَ ﴿٣٤﴾

فَاسْتَجَابَ لَهُ رَبُّهُ فَصَرَفَ عَنْهُ كَيْدَهُنَّ ۗ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٣٥﴾

ثُمَّ بَدَأَ لَهُمْ مِن بَعْدِ مَا رَأَوُا الْآيَاتِ لَيَسْجَنُنَّهُ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٣٦﴾

12:32. Ebigambo 'Qatta'ana aidiyahunna' (قَطَّعْنَ أَيْدِيَهُنَّ) nga Hazrat Imam Raaghib (r.a) bw'annyonnyola, biyinza okukozesebwa mu lugero oba obutereevu. Obutereevu kitegeeza okusala engalo n'ekintu kyonna ekyoogi. Naye ekyo wano Kur'ani Entukuvu si ky'elubirira. Abannyonnyozi abamu baagezaako okukiggyamu amakulu amafunda nga bagamba nti kitegeeza okwesalako akatono. Naye okusinziira ku nnono y'ekigambo kino, ago amakulu nago si matuufu. Amakulu ag'olugero ge gokka agayinza okutangaza obulungi ku kyafaayo ekyo nti bakkiriza okulemwa kwabwe okumweddiza, era ensonga ne zibava mu ngalo.

Ruku 5

37. Era abavubuka babiri baayingira wamu naye mu kkomera. Omu ku bo kwe kugamba nti: Neerabye mu kirooto nga nsogola omwenge. N'omulala n'agamba nti: Neerabye mu kirooto nga netisse emigaati ku mutwe gwange, naye nga ennyonyi zirya ku gyō. Kale tutegezeze amakulu ga byo, mazima tukulaba nga oli mu bakozi b'ebirungi.

38. Yūsufu n'agamba nti: Temuutuukibweko mmere gye mugabulwa wabula nnaaba mbategeezezza amakulu ga byo nga n'emmere tennabatuukako. Ekyo lwa nsonga y'ebyo Mukama wange bye yanjigiriza. Mazima nze naleka enzikiriza y'abantu abatakiriza Allah era bo n'enkomerero tebagikkiriza.

39. Nengoberera enzikiriza ya ba kitange Ibrāhīmu ne Isihāka ne Ya'qūbu. Tekitusaanira kwenkanya Allah ne kyonna. Ogwo gwe gumu mu mikisa gya Allah egiri ku ffe ne ku bantu bonna, naye abantu abasinga obungi tebeebaza.

40. Abange basibe bannange, bakatonda ab'enjawulo be basinga oba Allah Omu, Omukasi?

41. Ebyo bye musinza ebbali we si birala wabula mannya bunya ge mweetuumira, mmwe ne bakitammwe. Allah tagassizangako bujulizi bwonna. Anti okulamula kwonna kwa Allah yekka. Yalagira nti: Temusinzanga kyonna okuggyako Ye yekka. Eyo y'eddiini ennesimbu, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

42. Abange basibe bannange, omu ku mmwe ajja kufukira Mukama we omwenge gw'okunywa. Naye omulala ajja kuttirwa ku musaalaba, kale ennyonyi zirya ku mutwe gwe. Ensonga gye mubadde mwebuzaako esaliddwawo.

12:41: Ekigambo 'Qayyim' (قَيِّمٌ) okusinziira ku nkozesa ya kyo mu Kur'ani Entukuvu kitegeeza: ow'amaanyi, obutuufu, obwesimbu n'obuyinza. Ekigambo ky'ekimu era kitegeeza obusobozi bw'okutereza n'okugolola ensobi. N'olwekyo, enjigiriza ennesimbu etakyuukakyuuka era etekubiira, mu Kur'ani Entukuvu y'eyogerwako nga 'Al-Deen al Qayyim' (الدين القويم). Soma ne 98:6.

وَدَخَلَ مَعَهُ السَّجْنَ فَتَيْنِ ۖ قَالَ
أَحَدُهُمَا إِنِّي أَرَانِي أَعْصِرُ خَمْرًا ۖ وَ
قَالَ الْآخَرُ إِنِّي أَرَانِي أَحْمِلُ فَوْقَ
رَأْسِي حُبْرًا تَأْكُلُ الطَّيْرُ مِنْهُ ۚ نَبِّئْنَا
بِتَأْوِيلِهِ ۗ إِنَّا نَرَاكَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٧﴾
قَالَ لَا يَأْتِيكُمَا طَعَامٌ تُرْزَقُنِيهِ
إِلَّا نَبَّأْتُكُمَا بِتَأْوِيلِهِ قَبْلَ أَنْ
يَأْتِيَكُمَا ۚ ذَلِكُمَا مِمَّا عَلَّمَنِي رَبِّي ۗ
إِنِّي تَرَكْتُ مِلَّةَ قَوْمٍ لَا يُؤْمِنُونَ
بِاللَّهِ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ كَافِرُونَ ﴿٣٨﴾
وَاتَّبَعْتُ مِلَّةَ آبَائِي لِإِبْرَاهِيمَ ۚ
لِاسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ ۗ مَا كَانَ لَنَا أَنْ
نُشْرِكَ بِاللَّهِ مِنْ شَيْءٍ ۗ ذَلِكُمْ مِنْ فَضْلِ
اللَّهِ عَلَيْنَا وَعَلَى النَّاسِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ
النَّاسِ لَا يَشْكُرُونَ ﴿٣٩﴾

يُصَاحِبِي السَّجْنَ ۗ أَرَبَاكَ مُتَّفَعُونَ
خَيْرًا ۗ أَمِ اللَّهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ﴿٤٠﴾
مَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِهِ إِلَّا أَسْمَاءُ
سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَآبَاؤُكُمْ مَا أَنْزَلَ
اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ ۗ إِنْ الْكُفْرُ إِلَّا لِلَّهِ ۗ
أَمْرٌ إِلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ ۗ ذَلِكُمْ
الَّذِينَ الْفَقِهُمُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٤١﴾

يُصَاحِبِي السَّجْنَ ۗ أَمَّا أَحَدُكُمَا فَيَسْقِي
رَبَّهُ خَمْرًا ۚ وَأَمَّا الْآخَرُ فَيُصَلِّبُ
فَتَاكُلُ الطَّيْرُ مِنْ رَأْسِهِ ۗ قِصِي
الْأَمْرَ الَّذِي فِيهِ تَسْتَفْتِينَ ﴿٤٢﴾

43. Era yagamba oyo gwe yalowooza ku bombi nti anaawona, nti: Onjogerangako eri Mukama wo. Naye Sitaani yamwerabiza okumwogerako eri Mukama we, bw'atyo *Yusufu* n'abeera mu kkomera okumala emyaka nga giigyo.

Ruku 6

44. Naye *lumu* kabaka n'agamba nti: Mazima ndaba *mu kirooto* ente musanvu engevvu ng'enkovvu musanvu zizirya, n'ebirimba musanvu ebibisi n'ebirala nga bikalu! Abange abakungu, muntegeeze amakulu g'ekirooto kyange, obanga musobola okunnyonyola ebirooto.

45. Nebagamba nti: Nga birooto bitabufu-tabufu, era ffe okunnyonyola ebirooto *ng'ebyo* tetukumanyi.

46. Olwo oli eyawonawo ku babiri kwe kujju-kira olwo nga wayiseewo n'ekiseera, n'agamba nti: Nze nzija kubabuulira amakulu ga byo. Kale muntume *mu kkomera*.

47. Owange *Yusufu* ow'amazima, tunnyonyole amakulu g'ente omusanvu engevvu nga ziriibwa enkovvu musanvu, n'ebirimba musanvu ebibisi n'ebirala nga bikalu, ndyooke nzire eri abantu balyooke bamanye.

48. N'agamba nti : Mujja kusiga okumala emyaka musanvu egiddiring'ana nga mufaabiina nnyo. Kale ebyo bye mulikungula, mubirekanga mu birimba bya byo, okuggyako ebitonotono bye mulyaako.

49. N'oluvannyuma lwa gyo, emyaka emikakali musanvu girituuka egirirya ebyo bye mwagitegekera okusooka, okuggyako ebitonotono kw'ebyo bye muliterekako.

50. N'oluvannyuma omwaka gulijja oluvannyuma lw'egyo, mu gwo abantu balitonnyesezebwa enkuba nnyingi era mu gwo *balifuna ebibala bye* baja okusogolamu *omubisi* n'okukamulamu *omuzigo*.

Ruku 7

51. Kabaka n'agamba nti: Mumunde-eterere. Kale omubaka bwe yamutuukako, *Yusufu* yagamba nti: Ddayo eri Mukama wo omubuuze nti abakyala abeesala engalo

وَقَالَ لِلَّذِي ظَنَّ أَنَّهُ نَاجٍ مِّنْهُمَا
اذْكُرْنِي عِنْدَ رَبِّكَ فَأَنَسَهُ الشَّيْطَانُ
ذِكْرَ رَبِّهِ فَلَبِثَ فِي السِّجْنِ بِضْعَ
سِنِينَ ﴿٤٣﴾

وَقَالَ الْمَلِكُ لِيَا أَرَمِ سَبِعَ بَقَرَاتٍ
سِمَانٍ يَأْكُلُهُنَّ سَبْعٌ عِجَافٌ وَسَبْعَ
سُنْبُلَاتٍ خَضْرَاءٍ وَأَخْرَجَ يَبْسُتًا
يَأْتِيهَا الْمَلَائِكَةُ فِي نِيءِ اللَّيْلِ
إِنْ كُنْتُمْ لِلرُّؤْيَا تَعْبُرُونَ ﴿٤٤﴾

قَالُوا أَضْعَافٌ أُخْلَافٌ وَمَا نَحْنُ
بِتَأْوِيلِ الْأُخْلَافِ بِعِلْمَيْنِ ﴿٤٥﴾

وَقَالَ الَّذِي نَجَا مِنْهُمَا وَادَّكَرَ بَعْدَ
أُمَّةٍ أَنَا أُنْتِزِكُمْ بِتَأْوِيلِهِ فَأَرْسِلُونِ ﴿٤٦﴾

يُوسُفُ أَيُّهَا الصِّدِّيقُ أَفْتِنَا فِي سَبْعِ
بَقَرَاتٍ سِمَانٍ يَأْكُلُهُنَّ سَبْعٌ عِجَافٌ
وَسَبْعِ سُنْبُلَاتٍ خَضْرَاءٍ وَأَخْرَجَ
يَبْسُتًا لِّعَلِّي أَرْجِعُ إِلَى النَّاسِ لَعَلَّهُمْ
يَعْلَمُونَ ﴿٤٧﴾

قَالَ تَزْرَعُونَ سَبْعَ سِنِينَ دَأْبًا
فَمَا حَصَدْتُمْ فَذَرُّوهُ فِي سُنْبُلِهِ إِلَّا
قَلِيلًا مِّمَّا تَأْكُلُونَ ﴿٤٨﴾

ثُمَّ يَأْتِي مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ سَبْعٌ شِدَادٌ
يَأْكُلْنَ مَا قَدَّمْتُمْ لَهُنَّ إِلَّا قَلِيلًا
مِّمَّا تُخْصِنُونَ ﴿٤٩﴾

ثُمَّ يَأْتِي مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ عَامٌ فِيهِ
يَجْعَلُ النَّاسُ وَفِيهِ يَعْرِضُونَ ﴿٥٠﴾

وَقَالَ الْمَلِكُ اسْتَوْفِينِي بِهِ فَلَمَّا
جَاءَهُ الرَّسُولُ قَالَ ارْجِعْ إِلَى رَبِّكَ
فَسأَلَهُ مَا بَأْسُ الرِّسْوَةِ الَّتِي قَطَعْنَا

zaabwe baali batya? Mazima Mukama wange enkwe zaabwe azimanyi bulungi.

52. *Kabaka n'agamba abakyala nti: Mwaali mutya bwe mwagezaako okwegwanyiza Yūsufu nga takkirizza? Nebagamba nti: Allah atenderezebwe olw'okumutonda! Naye tetumumanyangako kibi kyonna. Muka t'Azizi n'agamba nti: Kati amazima geeyolese. Ddala nze nagezaako okumwegwanyiza nga takkirizza, era ddala ali mw'abo aboogera amazima.*

53. *Yūsufu n'agamba nti: Ekyo njagadde kibabuuzibwe, ye ('Azizi) alyooke amanye nti saamukumpanyanga mu nkukutu era balyooke bakitegeere nti mazima Allah talung'amyamba nkwe za bakumpanya.*

Juzu 13

54. Era nze seetukuza kuba ddala omwoyo ye ssabalagizi w'ebibi, okuggyako eri oyo Mukama wange gw'aba asaasidde. Mazima Mukama wange ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

55. Era kabaka yagamba nti: Mumundeetere mmuntongoze ku lwange. Kale bwe yamala okwogera naye, n'agamba nti: Mazima okuva olwa leero, oli wa kituibwa eyesigibwa ennyo gye tuli.

56. *Yūsufu n'agamba nti: Nteeka ku mawanika g'ensi. Ddala nze ndi mukuumi alina okumanya.*

57. Era bwe tutyo twatebenkeza Yūsufu mu nsi. N'atuula mu yo wonna nga bw'ayagala. Tutuusa okusaasira kwaffe kw'oyo gwe tuba twagadde, era tetufiiriza mpeera ya bakozi ba birungi.

58. Naye ddala empeera y'oku nkomerero y'esinga obulungi eri abo abakkiriza ng'ate batya Allah.

Ruku 8

59. Era baganda ba Yūsufu bajja nebayingira gy'ali, ye n'abategeera naye nga bo tebamutegedde.

60. Naye bwe yamala okubategekera ebibategekera byabwe, n'agamba nti: Mundeetera muganda wammwe ku ludda lwa kitammwe. Abaffe, temulaba nga bwe ntukiriza ekipimo ate nga ndi omu mu basinga

أَيَدِيَهُمْ إِنَّ رَبِّي بِكَيْدِهِمْ عَلِيمٌ ⑤١
 قَالَ مَا خَطْبُكَ إِذْ رَأَدْتُنَّ يُوسُفُ
 عَنْ نَفْسِهِ قُلْنَ حَاشَ لِلَّهِ مَا عَلِمْنَا
 عَلَيْهِ مِنْ سُوءٍ وَقَالَتِ امْرَأَتُ
 الْعَزِيزِ إِنِّي حَصَحَصَ الْحَقُّ زَأَنَا
 رَأَدْتُهُ عَنْ نَفْسِهِ وَإِنَّهُ لَمِنَ
 الصَّادِقِينَ ⑤٢

ذَلِكَ لِيَعْلَمَ أَنِّي لَمْ أَخُنْهُ بِالْغَيْبِ
 وَأَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي كَيْدَ الْخَائِبِينَ ⑤٣

وَمَا أَبْرَأُ نَفْسِي إِنَّ النَّفْسَ
 لَأَمَّارَةٌ بِالسُّوءِ إِلَّا مَا رَحِمَ رَبِّي إِنَّ رَبِّي
 غَفُورٌ رَحِيمٌ ⑤٤

وَقَالَ الْمَلِكُ ائْتُونِي بِهِ أَسْتَخْلِصُهُ
 لِنَفْسِي فَلَمَّا كَلَّمَهُ قَالَ إِنَّكَ الْيَوْمَ
 لَدَيْنَا مَكِينٌ أَمِينٌ ⑤٥

قَالَ اجْعَلْنِي عَلَى خَزَائِنِ الْأَرْضِ إِنِّي
 حَفِيظٌ عَلِيمٌ ⑤٦

وَكَذَلِكَ مَكَّنَّا لِيُوسُفَ فِي الْأَرْضِ
 يَتَّبِعُونَ مِنْهَا حَيْثُ يَشَاءُ وَنُصِيبُ
 بِرَحْمَتِنَا مَنْ نَشَاءُ وَلَا نُضِيعُ أَجْرَ
 الْمُحْسِنِينَ ⑤٧

وَلَا جُرْأَلِجَاةَ خَيْرٌ لِلَّذِينَ آمَنُوا وَ
 كَانُوا يَتَّقُونَ ⑤٨

وَجَاءَ إِخْوَةُ يُوسُفَ فَدَخَلُوا عَلَيْهِ
 فَعَرَفَهُمْ وَهُمْ لَهُ مُتْكِرُونَ ⑤٩

وَلَمَّا جَهَّزَهُمْ بِجَهَّازِهِمْ قَالَ
 ائْتُونِي بِأَخٍ لَكُمْ مِنَ أَبِيكُمْ أَلَا
 تَرَوْنَ أَنِّي أُوفِي الْكَيْلَ وَأَنَا خَيْرُ

okusembeza *abagenyi*?

61. Naye bwe mutalimundeetera, tewaliba kipimo ku lwammwe okuva gyendi wadde temulinseemberera.

62. Baddamu nti: Ddala tujja kugezaako okusendasenda kitaawe ku ye, era ddala tujja kukikola.

63. N'agamba abaweezeza be nti: Muteeke ensimbi zaabwe mu nsawo zaabwe, balyooke bazimanyireko *ekisa kyange* nga bazeeyo eri ab'ewaabwe, ob'olyawo nebakomawo.

64. Awo bwe baddayo eri kitaabwe baagamba nti: Ssebo kitaffe, tugaaniddwa okupimirwa *emmere nate*, naye tuma muganda waffe wamu naffe tufune okupimirwa era ddala tujja kumukuuma.

65. N'agamba nti: Abaffe, mbeesige ku ye okuggyako nti era *kinaaba nga* bwe nnabeesiga ku muganda we olubereberye? Naye Allah ye Mukuumi Omulungi era Ye y'asinga abasaasizi bonna.

66. Era bwe baasumulula ebintu byabwe, baasanga nga ensimbi zaabwe zibaddizibwa. Nebagamba nti: Ssebo kitaffe, ye ate twetaagayo ki? Ensimbi zaffe ziizino zituddizibwa. Kale tujja kuleetera ab'ewaffe emmere era tukuume ne muganda waffe, nate tujja kwongerayo ekigero kya ng'amira namba. Ekyo kipimo kyangu nnyo *okufuna*.

67. *Kitaabwe* n'agamba nti: Sijja kumutuma wamu nammwe okutuusa lwe munampa obweyamo mu linnya lya Allah *nti* ddala mulimundeetera, okuggyako nga mwetooloddwa *obuzibu*. Awo bwe baamala okumuwa obweyamo bwaabwe, n'agamba nti: Allah ye Muyima kw'ebyo bye twoogera.

68. N'agamba nti: Baana bange, temuyingiriranga mu mulyango ogumu, naye muyingiriranga mu milyango gya njawulo. Naye nze sirina kyonna kye nnyinza kubagasaamu ku Allah. Anti okusalawo kwonna kwa Allah *yekka*. Ye gwe nneesiga, era abeesiga beesigenga Ye *yekka*.

الْمُنْزِلِينَ ﴿٦١﴾

فَإِنْ لَّمْ تَأْتُونِي بِهِ فَلَا كَيْدَ لَكُمْ عِنْدِي وَلَا تَقْرَبُونِ ﴿٦١﴾

قَالُوا سُرُرَادُ عَنْهُ أَبَاهُ وَإِنَّا لَفَاعِلُونَ ﴿٦٢﴾

وَقَالَ لِفِتْيَانِهِ اجْعَلُوا بِضَاعَهُمْ فِي رِحَالِهِمْ لَعَلَّهُمْ يَعْرِفُونَهَا إِذَا انْقَلَبُوا إِلَىٰ أَهْلِهِمْ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٦٣﴾

فَلَمَّا رَجَعُوا إِلَىٰ أَبِيهِمْ قَالُوا يَا بَنَاتَا مِينِعْ مِنَّا الْكَيْدَ فَارْسِلْ مَعَنَا آخَانَا نَكْتَلْ وَإِنَّا لَهُ لَحَافِظُونَ ﴿٦٤﴾

قَالَ هَلْ أَمْنُكُمْ عَلَيْهِ إِلَّا كَمَا أَمْنْتُمْكُمْ عَلَىٰ أَخِيهِ مِنْ قَبْلُ، قَالَتْهُ خَيْرٌ حِفْظًا وَهُوَ أَرْحَمُ الرَّحِيمِينَ ﴿٦٥﴾

وَلَمَّا فَتَحُوا مَتَاعَهُمْ وَجَدُوا بِضَاعَهُمْ رُدَّتْ إِلَيْهِمْ، قَالُوا يَا بَنَاتَا مَا نَبْغِي هَذِهِ بِضَاعَنَا رُدَّتْ إِلَيْنَا وَ نَمِيرُ أَهْلَنَا وَ نَحْفَظُ آخَانَا وَ نَزِدَادُ كَيْدَ بَعِيرٍ، ذَلِكَ كَيْدٌ يَسِيرٌ ﴿٦٦﴾

قَالَ لَنْ أُرْسِلَهُ مَعَكُمْ حَتَّىٰ تُؤْتُونِ مَوْثِقًا مِنَ اللَّهِ لَتَأْتُنَّنِي بِهِ إِلَّا أَنْ يُحَاطَ بِكُمْ، فَلَمَّا اتَّوَّهُ مَوْثِقَهُمْ قَالَ اللَّهُ عَلَىٰ مَا نَقُولُ وَكِيلٌ ﴿٦٧﴾

وَقَالَ يَبْنَئِي لَا تَدْخُلُوا مِنِّي بَابٍ وَاحِدٍ وَاذْخُلُوا مِن أَبْوَابِ مُتَفَرِّقَةٍ، وَمَا أُعْطِي عَنْكُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ، إِنْ الْحُكْمُ إِلَّا لِلَّهِ عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ وَ عَلَيْهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿٦٨﴾

69. Era bwe baayingira nga kitaabwe bwe yabalagira, tekyasobola kubagasa n'akatono ku Allah, wabula *kyatuukiriza* nsonga eyali mu mwoyo gwa Ya'qubu. Era ddala *Ya'qubu* yalina okumanya kungi olw'ebyo bye twamuyigiriza, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

Ruku 9

70. Awo bwe baayingira eri Yūsufu, n'atuuza muganda we w'ali, n'agamba nti: Ddala nze muganda wo, kale tonakuwala olw'ebyo bye babadde bakola.

71. Era bwe yamala okubategekera ebitegekera byabwe, yassa ekikopo ekinyweerwamu amazzi mu nsawo ya muganda we, oluvannyuma omukoowozi yakoowoola nti: Abange mmwe ab'entwaala, ddala muli babbi!

72. Nebaddamu ng'eno bwe boolekedde gye bali nti: Kiki kye mubuliddwako?

73. Nebagamba nti: Tubuliddwako ekikopo kya kabaka ekipima, era yenna anaakireeta ajja kufuna ekipimo *ky'emmere* eky'etikwa eng'amira, era *ekyo* nze nkyeyimiridde.

74. Nebagamba nti: Mu linnya lya Allah, mumanyi bulungi nti ffe tetwajjirira kutabulatabula mu nsi era tetuli babbi.

75. Nebagamba nti: Kale ekibonerezo kya kyo kinaaba ki bwe munaaba nga muli balimba?

76. Nebagamba nti: Ekibonerezo kya kyo kinaaba kw'oyo anaasangibwa nakyo mu nsawo ye, era ye yennyini y'anaaba engassi ya kyo. Ffe bwe tutyo bwe tusasula aboononyi.

77. Kale *eyayaza* yatandikira ku nsawo zaabwe nga tannatuuka ku nsawo ya muganda we, n'oluvannyuma n'akijja mu nsawo ya muganda we. Bwe tutyo nno bwe twaakola entegeka ku lwa Yūsufu. Kuba teyandisigazza muganda we mu mateeka ga kabaka *agaaliwo* okuggyako Allah nga y'asazewo. Tugulumiza ekitiibwa ky'oyo gwe tuba twagadde. Era waggulu wa buli alina okumanya eriyo Oyo Asinga bonna okumanya.

78. Nebagamba nti: Obanga abbye, ne muganda we edda yabbako. Naye Yūsufu yakimira mu mwoyo gwe n'atakibooleka,

وَلَمَّا دَخَلُوا مِنْ حَيْثُ أَمَرَهُمْ أَبُوهُمْ مَا كَانَ يُغْنِي عَنْهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ إِلَّا حَاجَةً فِي نَفْسِ يَعْقُوبَ قَضَاهَا وَإِنَّهُ لَذُو عِلْمٍ لِمَا عَلَّمْنَاهُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٦٩﴾

وَلَمَّا دَخَلُوا عَلَى يُوسُفَ أَوْى إِلَيْهِ أَخَاهُ قَالَ إِنِّي أَنَا أَخُوكَ فَلَا تَبْتَئِسْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٧٠﴾

فَلَمَّا جَهَّزَهُم بِجَهَّازِهِمْ جَعَلَ السَّقَايَةَ فِي رَحْلِ أَخِيهِ ثُمَّ أَذَّنَ مُؤَذِّنٌ أَيَّتَهَا الْعِزْرَ إِنَّكُمْ لَسَارِقُونَ ﴿٧١﴾

قَالُوا وَأَقْبَلُوا عَلَيْهِمْ مَاذَا تَفْقِدُونَ ﴿٧٢﴾

قَالُوا نَفَقْدُ صَوَاءَ الْمَلِكِ وَ لِمَنْ جَاءَ بِهِ حِمْلُ بَعِيرٍ وَأَنَا بِهِ زَعِيمٌ ﴿٧٣﴾

قَالُوا تَاللَّهِ لَقَدْ عَلِمْتُمْ مَا جِئْنَا لِنُفِيسَ فِي الْأَرْضِ وَمَا كُنَّا سَارِقِينَ ﴿٧٤﴾

قَالُوا فَمَا جَزَاؤُهُ إِنْ كُنْتُمْ كَاذِبِينَ ﴿٧٥﴾

قَالُوا جَزَاؤُهُ مَنْ وُجِدَ فِي رَحْلِهِ فَهُوَ جَزَاؤُهُ كَذَلِكَ نَجْزِي الظَّالِمِينَ ﴿٧٦﴾

فَبَدَأَ بِأَوْعِيَّتِهِمْ قَبْلَ وِعَاءِ أَخِيهِ ثُمَّ اسْتَخْرَجَهَا مِنْ وِعَاءِ أَخِيهِ كَذَلِكَ كِدْنَا لِيُوسُفَ مَا كَانَ لِيَأْخُذَ أَخَاهُ فِي دِينِ الْمَلِكِ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ نَرْفَعُ دَرَجَاتٍ مَن نَّشَاءُ وَفَوْقَ كُلِّ ذِي عِلْمٍ عَلِيمٌ ﴿٧٧﴾

قَالُوا إِنْ يَسْرِقْ فَقَدْ سَرَقَ أَخٌ لَّهُ مِنْ قَبْلِهِ فَأَسَرَّهَا يُوسُفَ فِي نَفْسِهِ وَ

n'agamba nti: Mmwe muli mu mbeera embi ennyo, naye Allah y'asinga okumanya obulungi ebyo bye mwogera.

79. Nebagamba nti: Ssebo ow'ekitiibwa, mazima oyo alina kitaawe mukadde nnyo, kale twaala omu ku ffe mu kifo kye. Mazima tukulaba ng'oli mu b'ekisa.

80. Nagamba nti: Allah atukingirize ffe okutwaala *omulala* okuggyako oyo gwe tusanze n'ekyaffe. Ddala *bwe tukikola*, olwo naffe tuba mu batali benkanya.

Ruku 10

81. Awo bwe baggweebwamu essuubi ku ye, badda ebbali okwegyamu. Omukulu waabwe n'agamba nti: Abaffe, temumanyi nga ddala kitammwe yamala okutwala obweyamo gye muli mu linnya lya Allah, ate nga n'olubereberye mwalemwa okutuukiriza *ekisuubizo kyammwe* ku bya Yūsufu? Kale nze sijja kuva mu nsi eno okutuusa kitange lw'alinzikiriza, oba Allah okunsalirawo, anti Ye y'asinga abalamuzi bonna.

82. *Mmwe* muddeyo eri kitammwe kale mu-mugambe nti: Ssebo kitaffe, mazima mutabani wo yabbye, naye ffe tetuwadde bujulizi okuggyako ebyo bye tutegedde *okuva ku balala* era tetwandisobodde kulabirira bya mu nkukutu.

83. Era buuzaako ne mu kibuga kye tubaddemu, n'abentwaala gye tujjiddemu. Era ddala twogera mazima.

84. *Kitaabwe* n'agamba nti: Nedda, emyoyo gyammwe gibalimbye negibalungiyiriza ensonga eno. Naye okugumiikiriza okulungi *kwe kwetagibwa*. Ob'olyawo *abaana bange Allah* n'abandeetera bonna. Mazima Ye y'Amanyi byonna, Omugezi ennyo.

85. Olwo yabaviira n'agamba nti: Kya ku-saalirwa nnyo olwa Yūsufu! N'amaaso ge negajjamu ebiyengeyenge olw'ennaku, naye neyegumya.

86. Nebagamba nti: Amazima ga Allah, togenda kulekayo kujjukira Yūsufu okutuusa lw'olirwaala oba lw'olifa.

لَمْ يُبْهَرِكَا لَهُمْ ۖ قَالَ أَنْتُمْ شَرٌّ مَّكَانًا ۗ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا تَصِفُونَ ﴿٧٨﴾
 قَالُوا يَا أَيُّهَا الْعَزِيزُ إِنَّ لَكَ أبا
 شَيْخًا كَبِيرًا فَخُذْ أَحَدَنَا مَكَانَهُ
 إِنَّا نُرَاكَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٧٩﴾
 قَالَ مَعَاذَ اللَّهِ أَنْ نَأْخُذَ إِلَّا مَنْ وَجَدْنَا
 مَتَاعَنَا عِنْدَهُ ۗ إِنَّا إِذًا لَظَالِمُونَ ﴿٨٠﴾

فَلَمَّا اسْتَأْذِنْتَهُ خَلَصُوا نَجِيًّا ۗ
 قَالَ كَبِيرُهُمْ أَلَمْ تَعْلَمُوا أَنَّ آبَاءَكُمْ
 قَدْ أَخَذَ عَلَيْكُمْ مَوْثِقًا مِنَ اللَّهِ ۗ
 مِنْ قَبْلُ مَا فَرَّطْتُمْ فِي يُوسُفَ ۗ
 فَلَنْ أَبْرَحَ الْأَرْضَ حَتَّى يَأْذَنَ لِي
 أَبِي أَوْ يَحْكُمَ اللَّهُ لِي ۗ وَهُوَ خَيْرُ
 الْحَاكِمِينَ ﴿٨١﴾

رَاجِعُوا إِلَىٰ آبَائِكُمْ فَقُولُوا يَا بَنِي آدَمَ
 ابْنُكَ سَرَقَ ۗ وَ مَا شَهِدْنَا إِلَّا بِمَا
 عَلَّمْنَا ۚ وَمَا كُنَّا لِلْغَيْبِ حَافِظِينَ ﴿٨٢﴾

وَسَأَلَ الْقَرْيَةَ الَّتِي كُنَّا فِيهَا وَالْعَيْرَ
 الَّتِي أَقْبَلْنَا فِيهَا ۗ وَإِنَّا لَصَادِقُونَ ﴿٨٣﴾
 قَالَ بَلْ سَوَّيْتُ لَكُمْ أَنْفُسَكُمْ أَمرَاءَ
 فَصَبْرٌ جَمِيلٌ ۗ عَسَى اللَّهُ أَنْ
 يَأْتِيَنِي بِهِمْ جَمِيعًا ۗ إِنَّهُ هُوَ الْعَلِيمُ
 الْحَكِيمُ ﴿٨٤﴾

وَتَوَلَّىٰ عَنْهُمْ وَقَالَ يَا سَفَىٰ عَلَىٰ
 يُوسُفَ ۖ وَابْيَضَّتْ عَيْنُهُ مِنَ الْحَزَنِ
 فَهُوَ كَظِيمٌ ﴿٨٥﴾

قَالُوا تَاللَّهِ تَفْتُونَ ۗ تَدْ كُرِيُوسُفَ
 حَتَّىٰ تَكُونَ حَرَضًا أَوْ تَكُونَ مِنَ
 الْهَارِكِينَ ﴿٨٦﴾

87. N’agamba nti: Ddala nze newanjagira buyinike bwange na nnaku yange eri Allah era nze mmanyi okuva eri Allah mmwe bye mutamanyi.

قَالَ إِنَّمَا أَشْكُوا بَثِّي وَحُزْنِي إِلَى اللَّهِ وَأَعْلَمُ مِنَ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٨٧﴾

88. Abange baana bange, mugende mu-buulirize ku Yūsufu ne muganda we, naye temuggweebwamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah. Mazima teri aggweebwamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah okuggyako abantu abatakkiriza.

يُبَيِّنِي ۖ إِذْ هَبُوا فِتْحَاسُوا مِنْ يُونُسَ وَأَخِيهِ وَلَا تَأْتِيَسُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ ۚ إِنَّهُ لَا يَأْتِيَسُ مِنْ دُونِ اللَّهِ إِلَّا الْقَوْمُ الْكَافِرُونَ ﴿٨٨﴾

89. Awo *baganda ba Yūsufu* bwe baayingira gy’ali, nebagamba nti: Ssebo ow’ekitiibwa, tutuukiddwaako obuzibu n’abewaffe era tuzze n’ensimbi mpa wezizira naye tuwe ekipimo ekijjuvu ate otusaddaakire. Mazima Allah اساسula abatoola saddaaka.

فَلَمَّا دَخَلُوا عَلَيْو قَالُوا يَا أَيُّهَا الْعَزِيزُ مَسَّنَا وَأَهْلَنَّا الصَّرَّ وَحِثْنَا بِبِضَاعَةٍ مُزْجَاةٍ فَأَوْفِ لَنَا الْكَيْلَ وَتَصَدَّقْ عَلَيْنَا ۚ إِنَّ اللَّهَ يَجْزِي الْمُتَصَدِّقِينَ ﴿٨٩﴾

90. N’agamba nti: Abange, ye mumanyi kye mwaakola Yūsufu ne muganda we nga muli mu butamanya?

قَالَ هَلْ عَلِمْتُمْ مَا فَعَلْتُمْ بِيُونُسَ وَأَخِيهِ إِذْ أَنْتُمْ جَاهِلُونَ ﴿٩٠﴾

91. Nebagamba nti: Abaffe, ddala ggwe Yūsufu? N’addamu nti: Nze Yūsufu, n’ono ye muganda wange. Ddala Allah yatusaasira. Ddala oyo atya era n’agumiikiriza, ddala Allah tafiiriza mpeera ya bakozi ba bulungi.

قَالُوا ۖ إِنَّكَ لَأَنْتَ يُونُسَ ۚ قَالَ أَنَا يُونُسَ ۖ وَهَذَا أَخِي زَقْنَانَ ۖ قَالَ مَنْ اللَّهُ عَلَيْنَا ۖ إِنَّهُ مَنْ يَشَاقِقُ وَيَصْبِرُ فَإِنَّ اللَّهَ لَا يُضَيِّعُ أَجْرَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٩١﴾

92. Nebagamba nti: Amazima ga Allah, Ddala Allah yakusukkulumya ku ffe era ddala twaali basoby.

قَالُوا تَأْتِيَنَا اللَّهُ لَقَدْ أَشْرَكَ اللَّهُ عَلَيْنَا ۚ إِنَّ كُنَّا لَظَالِمِينَ ﴿٩٢﴾

93. *Yūsufu* n’agamba nti: Olwa leero, tewali kunenya *kwonna* ku mmwe. Allah abasonyiwe. Anti Ye ye Musaasizi asinga abasaasizi bonna.

قَالَ لَا تَثْرِبَ عَلَيْنَا يَوْمَ يَعْتَبِرُ ۚ اللَّهُ لَكُمْ رَوْهُوَ الرَّحِيمِينَ ﴿٩٣﴾

94. Kale mugende n’ekkanzu yange eno mugisse mu maaso ga kitange, ajja kutegeera. Era mundeetere ab’ewammwe bonna.

إِذْ هَبُوا بِقَمِيصِي هَذَا فَالْقُوهُ عَلَى وَجْهِ أَبِي يَأْتِ بَصِيرًا ۚ وَأَتُونِي بِأَهْلِكُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٩٤﴾

Ruku 11

95. Awo ab’entwaala bwe baasitula *okuva e Misiri*, kitaabwe n’agamba *be yali nabo* nti: Mazima mpulira olusu lwa Yūsufu newaakubadde nga mmwe muntwaala ng’awusse.

وَلَمَّا فَصَلَتِ الْعِيرُ قَالَ أَبُوهُمْ إِنِّي لَأَجِدُ رِيحَ يُونُسَ لَوْلَا أَنْ تُفِيدُونِ ﴿٩٥﴾

96. Nebagamba nti: Amazima ga Allah, ddala oli mu kuwubisibwa kwo okw’edda.

قَالُوا تَأْتِيَنَا اللَّهُ لَقَدْ لَبِئْنَا لَكَ الْقَدِيمِينَ ﴿٩٦﴾

97. Awo omuwi w'amawulire ag'essanyu bwe yatuuka, *ekkanzu* n'agissa mu maaso ge, kale n'ategeera. N'agamba nti: Abaffe, ssaabagambye nti mazima nze mmanyi okuva eri Allah mmwe bye mutamanyi?

98. Nebagamba nti: Ssebo kitaffe, tusabire okusonyiyibwa olw'ebibi byaffe; mazima ddala twaali basobya.

99. N'agamba nti: Ddala nzija kubasabira okusonyiyibwa eri Mukama wange. Mazima Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

100. Awo bwe baayingira eri Yusufu, yasembeza bazadde be w'ali, n'agamba nti: Musingire Misiri nga muli mirembe, Allah ng'ayagadde.

101. Era yagulumiza bazadde be eri nnamulondo, bonna nebagwa nebavuunama eri Allah ku lulwe. N'agamba nti: Ssebo kitange, gano ge makulu g'ekirooto kyange eky'edda. Mazima Mukama wange akituukirizza. Era y'eyansaasira bwe yanzija mu kkomera ate nammw n'abaleeta okuva mu ddungu oluvannyuma lwa Sitaani okutabulatabula wakati wange ne baganda bange. Mazima Mukama wange wa kisa nnyo ku gw'aba ayagadde. Ddala Ye ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

102. Mukama wange, mazima wampa obufuzi era n'onjigiriza amakulu g'ebigambo. Ayi Omutonzi w'eggulu n'ensi, Ggwe Mukuumi wange mu nsi ne ku nkomerero. Nfiisa nga ndi muwulize *gy'oli* era onnyunge ku batuukirivu.

103. Ebyo by'ebimu ku byafaayo ebyoomunda bye tukubikkulidde. Era ggwe tewali nabo awo nga bakkaanya ku nsonga yaabwe nga bwe basala n'enkwe.

104. Era abantu abasinga obungi si ba kukkiriza ne bw'onooba ng'oyagala nnyo.

105. So nno tobasaba mpeera yonna ku lwa yo. Wabula yo *Kur'ani* kwe kubuulirira eri abantu bonna.

فَلَمَّا أَنْ جَاءَ الْبَشِيرُ أَلْفَهُ عَلَى وَجْهِهِ
فَارْتَدَّ بِصَيْرٍ ۗ قَالَ أَلَمْ أَقُلْ لَكُمْ ۗ
رَبِّيَ أَعْلَمُ مِنَ اللَّهِ مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٧٧﴾

قَالُوا يَا بَنَاتَنَا اسْتَغْفِرْ لَنَا ذُنُوبَنَا
إِنَّا كُنَّا خَاطِئِينَ ﴿٧٨﴾

قَالَ سَوْفَ أَسْتَغْفِرُ لَكُمْ رَبِّيَ إِنَّهُ هُوَ
الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿٧٩﴾

فَلَمَّا دَخَلُوا عَلَى يُوسُفَ أَوْى إِلَيْهِ
أَبْوَاهُ ۖ وَقَالَ ادْخُلُوا مِصْرَ لِنَا
اللَّهُ أَمِينٌ ﴿٨٠﴾

وَرَفَعَ أَبْوَاهُ عَلَى الْعَرْشِ وَخَرُّوا لَهُ
سُجَّدًا ۗ وَقَالَ يَا بَنَاتِ هَذَا تَأْوِيلُ
رُءْيَايَ مِنْ قَبْلُ ۖ قَدْ جَعَلْنَا لِرَبِّي
حَقًّا ۖ وَقَدْ أَحْسَنَ بِي إِذْ أَخْرَجَنِي مِنَ
السِّجْنِ وَجَاءَ بِكُمْ مِنَ الْبَدْوِ مِنْ بَعْدِ
أَنْ تَزْعُمَ الشَّيْطَانُ بَيْنِي وَبَيْنَ إِخْوَتِي ۗ
إِنَّ رَبِّي لَطِيفٌ لِمَا يَشَاءُ ۗ إِنَّهُ هُوَ
الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ﴿٨١﴾

رَبِّ قَدْ آتَيْتَنِي مِنَ الْمُلْكِ وَعَلَّمْتَنِي
مِنْ تَأْوِيلِ الْأَحَادِيثِ ۗ فَاطْرَ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ تَدْنُتَ فِي
الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ۗ تَوَقَّنِي مُسْلِمًا
ذَ الْخَفِيِّ بِالضَّلِيلِينَ ﴿٨٢﴾

ذَلِكَ مِنْ أَنْبَاءِ الْغَيْبِ نُوحِيهِ إِلَيْكَ ۗ وَ
مَا كُنْتَ لَدَيْهِمْ إِذْ أَجْمَعُوا أَمْرَهُمْ وَ
هُمْ يَمْكُرُونَ ﴿٨٣﴾

وَمَا أَكْثَرُ النَّاسِ وَلَوْ حَرَصْتَ
يَمُومِنِينَ ﴿٨٤﴾

وَمَا تَسْأَلُهُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ ۗ إِنْ هُوَ إِلَّا
ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٨٥﴾

Ruku 12

106. Ye eby'okulabirako bimeka mu ggulu ne mu nsi bye bayitako naye nga tebabifaako?

107. Era abasinga obungi mu bo tebakkiriza Allah wabula ng'ate eno bwe bamwenkanya n'ebirala.

108. Abaffe, bali mirembe tebaatuukibweko kabenje ka kibonerezo kya Allah oba essaawa ey'akabi okubatuukako ekibwatukira nga tebategedde?

109. Gamba nti: Eno y'enkola yange: Nkoowoolera eri Allah nga nsinziira ku kumanya okukakafu, nze n'abo abangoberera. Era Omutuukirivu ye Allah era nze siri mw'abo abenkenya Allah n'ebirala.

110. Era tetutumanga lubereberye Iwo Mubaka yenna wabula basajja nga betubikkulira okuva mu bantu b'omu bibuga. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaasooka nga bwe yali? Era ddala amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi eri abo abee kuuma. Abaffe, temukozeza magezi?

111. Baajeema okutuusa n'Ababaka Iwe baggwebwamu essuubi ku batakkiriza nebalowooza nti balimbisiddwa, olwo Ababaka nebajjirwa obuyambi bwaffe, kale oyo gwe twasiima n'awonyezebwa. Era ekibonerezo kyaffe tekijjika ku bantu aboonoonyi.

112. Mazima ebyafaayo byabwe birimu eky'okuyiga eri abo abalina amagezi. Bino si bigambo bijingirire, naye kwe kukakasa ebyo ebyabikulembera, era kwe kunnyonyola kwa buli kimu, era bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abakkiriza.

وَكَايْنٍ مِّنْ آيَةٍ فِي السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ
يَمْرُؤُنَ عَلَيْهِمْ ؕ وَهُمْ عَنْهَا مُعْرِضُونَ ﴿١٠٦﴾

وَمَا يُؤْمِنُ اَكْثَرُهُمْ بِاللّٰهِ اِلَّا وَهُمْ
مُشْرِكُونَ ﴿١٠٧﴾

اَفَاَمِنُوْا اَنْ تَاْتِيَهُمْ غَاشِيَةٌ مِّنْ
عَذَابِ اللّٰهِ اَوْ تَاْتِيَهُمُ السَّاعَةُ
بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُوْنَ ﴿١٠٨﴾

قُلْ هٰذِهِ سَبِيْلِيْ اَدْعُوْا اِلَى اللّٰهِ تَدَعَى
بَصِيْرَةٌ اَنَا وَ مَنِ اتَّبَعْنِيْ ؕ وَ سُبْحٰنَ
اللّٰهِ وَ مَا اَنَا مِنَ الْمُشْرِكِيْنَ ﴿١٠٩﴾

وَمَا اَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ اِلَّا رِجَالًا نُّوحِيْ
اِلَيْهِمْ مِّنْ اَهْلِ الْقُرٰى ؕ اَقْلَمَ يَسِيْرُوْا
فِي الْاَرْضِ فَيَنْظُرُوْا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ
الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ ؕ وَ كَذٰلِكَ اُخْرِجَةُ
خَيْرًا لِّلَّذِيْنَ اتَّقَوْا ؕ اَفَلَا تَعْقِلُوْنَ ﴿١١٠﴾

حَتّٰى اِذَا اسْتَيْسَسَ الرُّسُلُ وَظَنُّوْا اَنَّهُمْ
قَدْ كُذِّبُوْا جَآءَهُمْ نَصْرُنَا فَنُجِّيْ مِّنْ
تَّشَاؤُهُمْ وَ لَا يَرُدُّ بِاسْتِنَاعِنَا الْقَوْمَ
الْمُجْرِمِيْنَ ﴿١١١﴾

لَقَدْ كَانَ فِي قَصَصِهِمْ عِبْرَةٌ لِّاُولِي
الْاَلْبَابِ ؕ مَا كَانَ حَدِيْثًا يُفْتَرٰى
وَلٰكِنْ تَصْدِيْقَ الَّذِيْ بَيْنَ يَدَيْهِ وَ
تَفْصِيْلَ كُلِّ شَيْءٍ ۗ وَ هُدًى وَ رَحْمَةً
لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُوْنَ ﴿١١٢﴾

AL-RA'D

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. ALif Lām Mim Rā*. Zino ze Aya z'Ekitabo *Ekituukirivu*. Era ebyo ebyakubikkulirwa okuva eri Mukama wo ge mazima, naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.

3. Allah y'Oyo eyawanika eggulu awatali mpagi ze mulaba, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo, n'assa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kitambula ku *bwa kyo* okutuusa ekiseera ekigere. Y'atereeza ensonga *zonna*. Y'attotola obubonero, mulyooke mukakase okusisinkana ne Mukama wammwe.

4. Era y'Oyo eyayaliira ensi n'ateeka mu yo ensozi n'emigga, ne mu bibala ebya buli ngeri, yakola mu byo emigogo gy'ebibiri (ekisajja n'ekikazi). Y'abuutikira ekiro ku misana. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza.

5. Ne mu nsi mulimu ebitundu ebiriraanaganye, n'ensuku z'emizabibu, n'ennimiro z'*ebibala eby'empeke*, n'emitende, egy'oku kikolo ekimu n'egitali gya ku kikolo kimu, *songa gyonna* ginywekerezabwa n'amazzi ge gamu, naye tugikirang'anya ku ginnaagyo mu bibala. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abategeera.

6. Era obanga weewuunya, kale ekyewuunyizibwa *ekisinga* kwe kwoogera kwabwe nti: Abaffe, bwe tulifuuka enfuufu, nate tuliba mu ntonda empya? Abo nno be batakkiriza Mukama waabwe era abo be baliba n'enjegere mu bulago bwaabwe, era abo be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.

7. Era banguwa okukusaba *obaleetere* ekibi mu kifo ky'ekirungi, so nga ebibone-

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الْمُرْتَدَّةِ تِلْكَ آيَةُ الْكِتَابِ وَالَّذِي أُنزِلَ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ الْحَقُّ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ ②

اللَّهُ الَّذِي رَفَعَ السَّمَوَاتِ بِغَيْرِ عَمَدٍ تَرَوْنَهَا ثُمَّ اسْتَوَى عَلَى الْعَرْشِ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ كُلٌّ يَجْرِي لِأَجَلٍ مُّسَمًّى يُدَبِّرُهَا لَمَّا يَفْصِلُ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ يَلْقَاءُ رَبَّكُمْ تَوَقُّنُونَ ③

وَهُوَ الَّذِي مَدَّ الْأَرْضَ وَجَعَلَ فِيهَا رَوَاسِي وَأَنْهَارًا وَمِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ جَعَلَ فِيهَا زَوْجَيْنِ اثْنَيْنِ يُغْشَى الْبَيْدَ النَّهَارَ إِذَا فِي ذَلِكَ لَأَيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ④

وَفِي الْأَرْضِ قِطْعٌ مُّتَجَوِّزَاتٌ وَجَنَّتْ مِنْ عُنُقَابٍ وَرِزْقٌ وَنَخِيلٌ صُنُوفٌ وَغَيْرُ صُنُوفٍ يُسْقَى بِمَاءٍ وَاجِدَتْ وَنُفُضِلُ بَعْضُهَا عَلَى بَعْضٍ فِي الْأَكْلِ إِذْ فِي ذَلِكَ لَأَيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ⑤

وَإِنْ تَعْجَبَ فَعَجَبٌ قَوْلُهُمْ إِذَا كُنَّا تُرَابًا إِنَّا لَفِي خَلْقٍ جَدِيدٍ أَوَلَيْكَ الَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ أُولَئِكَ الْأَغْلُلُ فِي أَعْنَاقِهِمْ وَأُولَئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ⑥

وَيَسْتَعْجِلُونَكَ بِالسَّيِّئَةِ قَبْلَ

erezo eby'okulabirako byaamala okuyita olubereberye lwabwe. Era ddala Mukama wo ye Nannyini kusonyiwa eri abantu ku byonoono byabwe, era ddala Mukama wo mukakali mu kubonereza.

الْحَسَنَةَ وَقَدْ خَلْتُمْ مِنْ قَبْلِهِمُ
الْمَثَلُ وَإِنَّ رَبَّكَ لَذُو مَغْفِرَةٍ
لِلنَّاسِ عَلَى ظُلْمِهِمْ وَإِنَّ رَبَّكَ
لَشَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿٧﴾

8. Era abo abeerema bagamba nti: Lwaaki tassizibwa kabonero okuva eri Mukama we? Mazima ggwe oli Mulabuzi. Era buli bantu balina Omulung'anya.

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ
آيَةٌ مِنْ رَبِّهِ إِنَّمَا أَنْتَ مُنذِرٌ وَلكلِّ
عَاقِبَةٍ عَاقِبٌ ﴿٨﴾

Ruku 2

9. Allah y'amanyi buli kikazi kye kisitula mu nnabaana, n'ekyo nnabaana kyawandula oba ky'akuza. Era buli kimu gy'ali kirina ekigero.

اللَّهُ يَعْلَمُ مَا تَحْمِلُ كُلُّ أُنْثَىٰ وَمَا
تَحْمِلُ الْأَرْحَامُ وَمَا تَزِدُّهُنَّ مِنْ شَيْءٍ
عِنْدَهُ يَمُقَدِّرُ ﴿٩﴾

10. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika. Ye Mukulu ennyo, Omugulumivu.

عِلْمِ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ الْكَبِيرِ
الْمُتَعَالِ ﴿١٠﴾

11. Kyenkana gy'ali oyo mu mmwe akisa ekigambo n'oyo akyoogera akaati, era n'oyo eyekukuma mu kiro n'oyo atambula emisana.

سَوَاءٌ مِنْكُمْ مَنْ أَسَرَ الْقَوْلَ وَمَنْ
جَهَرَ بِهِ وَمَنْ هُوَ مُسْتَخْفٍ بِاللَّيْلِ
وَ سَارٍ بِالنَّهَارِ ﴿١١﴾

12. Omubaka alina olukalala lwa ba malayika mu maaso ge n'emabega we abamukuuma olw'okulagira kwa Allah. Mazima Allah takyuusa mbeera ya bantu okutuusa bo lwe bakyuusa ebiri mu myoyo gyabwe. Era bw'ayagaliza eggwanga ekibonerezo, kale tewabaawo akiziyiza, wadde tebafunayo muyambi ebbali we.

لَهُ مَعْقِبَتٌ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمَنْ
خَلْفَهُ يَحْفَظُونَهُ مِنْ أَمْرِ اللَّهِ وَإِنَّ
اللَّهَ لَا يُغَيِّرُ مَا بِقَوْمٍ حَتَّىٰ يُغَيِّرُوا مَا
بِأَنْفُسِهِمْ وَإِذَا أَرَادَ اللَّهُ بِقَوْمٍ سُوءَ
فَلَا مَرَدَّ لَهُ وَمَا لَهُمْ مِنْ دُونِهِ مِنْ
شَيْءٍ ﴿١٢﴾

13. Ye y'Oyo abalaga okumyansa kw'eggulu okuleeta ensisi n'essuubi ly'enkuba era y'asitula ebire ebizitowa ennyo.

هُوَ الَّذِي يُرِيكُمْ الْبَرْقَ خَوْفًا وَ
طَمَعًا وَيُنشِئُ السَّحَابَ الثِّقَالَ ﴿١٣﴾

14. Ne laddu etendereza Ye n'amatendo ge, bwe batyo ne ba malayika, olw'okumutya. Era y'asindika laddu n'azikubisa oyo gw'aba ayagadde, naye era bo bawakana ku bifa ku Allah, so nga Ye ye musukkirivu mu kubonereza.

وَيَسِيحُ الرِّعْدُ بِحَمْدِهِ وَالْمَلَائِكَةُ
مِنْ خِيفَتِهِ وَ يُرْسِلُ السَّوَاقِقَ
فَيُصِيبُ بِهَا مَنْ يَشَاءُ وَهُمْ يُجَادِلُونَ
فِي اللَّهِ وَهُوَ شَدِيدُ الْمِحَالِ ﴿١٤﴾

15. Okusaba okutuufu kuweerezebwa eri Ye yekka. Naye abo be basaba ebbali we tebaabanukula mu kyonna, wabula bafa-

لَهُ دَعْوَةُ الْحَقِّ وَالَّذِينَ يَدْعُونَ مِنْ
دُونِهِ لَا يَسْتَجِيبُونَ لَهُمْ بِشَيْءٍ

anana ng'oyo agolola ebibatu bye byombi *okwolekera* eri amazzi mbu *gajje* gatuuke ku mumwa gwe,so nga tegayinza kugutuukako. Era okusaba kw'abatakkiriza si kirala wabula kufa ttogge.

16. Era bonna abali mu ggulu ne mu nsi bagondera Allah mu kwagala ne mu butaya-gala, n'ebisiikirize byaabwe *nabyo bwe bityo*, enkya n'eggulo.

17. Gamba nti: Ani Nannyini ggulu n'ensi? Ddamu nti: Allah. Gamba nti: Abaffe, munatwaala abakuumi abalala ebbali we abo abatalina na busobozi kwegasa bennyini wadde *okweggyako* obuzibu? Gamba nti: Abaffe, omuzibu w'amaaso n'oyo alaba benkanankana? Ye ekizikiza n'obutangaavu byenkanankana? Nandiki bateerawo Allah abenkana naye nabo nga bayinza okutonda ebifaanagana n'ebitonde bye, kale ebitonde bya bombi nebibafaanaganira ddala? Gamba nti: Allah ye mutonzi wa buli kimu era Ye ali Omu *yekka*, ye Mukasi.

18. Y'atonnyesa amazzi okuva mu bire, olwo ebiwonvu nebukulukusa *amazzi* ku kigero kya byo, kale mukoka neyeetikka ebyoovu ebibimbye. Era ne mw'ebyo bye basaanuusa ku muliro olw'okunoonya eby'amatiribona oba ebikozesebwa, *mubaamu* ebyoovu ebibifaanana. Bw'atyo nno Allah bw'agerageranya amazima n'obulimba. Kale byo ebyoovu biggwaawo ng'ebisasiro, naye ebyo ebigasa abantu bisigala mu nsi. Bw'atyo nno Allah bw'agerageranya eby'okula-birako.

19. Obulungi bw'abo abaayanukula Mukama waabwe. Naye abo abataamwanukula, ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nebigattibwako n'ebirala ebibyenkana, mazima baalibiwaddeyo *okw'enunula* nabyo. Abo be baliba n'okubala okubi, n'obutuulo bwaabwe muliro. Naye nga kiwummulo kibi nnyo!

لَا كَبَّاسٍ كَفَيْهِ إِلَى الْمَاءِ لِيَسْبَغُ
فَأَهُ وَ مَا هُوَ بِبَالِغِهِ ۗ وَ مَا دُعَاءُ
الْكُفْرَيْنِ إِلَّا فِي ضَلَالٍ ۝١٥

وَاللَّهُ يَسْجُدُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَ
الْأَرْضِ طَوْعًا وَ كَرْهًا وَ ظِلُّهُمُ
بِالْغُدُوِّ وَ الْأَصَالِ ۝١٦

قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ ۗ قُلِ
اللَّهُ ۗ قُلْ أَفَاتَّخَذْتُمْ مِنْ دُونِهِ
أَوْلِيَاءَ لَا يَمْلِكُونَ لِأَنْفُسِهِمْ نَفْعًا
وَ لَا ضَرًّا ۗ قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الْأَعْمَى
وَ الْبَصِيرُ ۗ أَمْ هَلْ تَسْتَوِي الظُّلُمَاتُ
وَ النُّورُ ۗ أَمْ جَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ خَلَقُوا
كَخَلْقِهِ فَتَشَابَهَ الْخَلْقُ عَلَيْهِمْ ۗ
قُلِ اللَّهُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ ۗ وَ هُوَ الْوَاحِدُ
الْقَهَّارُ ۝١٧

أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَسَالَتْ
أَوْدِيَةٌ بِقَدَرِهَا فَاحْتَمَلَ السَّيْلُ
زَبَدًا رَابِيًا ۗ وَ مِمَّا يُوقَدُونَ
عَلَيْهِ فِي النَّارِ ابْتِغَاءَ حُلِيَّةٍ أَوْ مَتَاعٍ
زَبَدٌ مِثْلُهُ ۗ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ الْحَقَّ
وَ الْبَاطِلَ ۗ فَامَّا الزَّبَدُ فَيَذْهَبُ
جُفَاءً ۗ وَ امَّا مَا يَنْفَعُ النَّاسَ فَيَمُكِّثُ
فِي الْأَرْضِ ۗ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ
الْأَمْثَالَ ۝١٨

الَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِرَبِّهِمْ الْحُسْنَىٰ
وَ الَّذِينَ لَمْ يَسْتَجِيبُوا لَهُ لَوْ أَنَّ لَهُمْ
مَّا فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَ مِثْلَهُ مَعَهُ
لَافْتَدَوْا بِهِ ۗ أُولَئِكَ لَهُمْ سُوءُ
الْحِسَابِ ۗ وَ مَا أُولَئِكَ بِهِمْ جَهَنَّمَ ۗ وَ يَبْسُ
الْمُهَادُ ۝١٩

Ruku 3

20. Abaffe, oyo amanyi nti ddala ebyo ebyassibwa gy'oli okuva eri Mukama wo ge mazima, afaanana n'oyo omuzibu w'amaaso? Mazima ddala abalina amagezi be bafumiitiriza:

أَفَمَنْ يَعْلَمُ أَمَّا أَنْزَلَ إِلَيْكَ مِنَ
ذَلِكَ الْحَقِّ كَمَنْ هُوَ أَعْمَىٰ ۗ إِنَّمَّا
يَتَذَكَّرُ أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿٢٠﴾

21. Abo abatuukiriza endagaano ya Allah era abatamenya ndagaano;

الَّذِينَ يُؤْفُونَ بِعَهْدِ اللَّهِ وَلَا
يُنْقِضُونَ الْمِيثَاقَ ﴿٢١﴾

22. Era be bo abayunga ebyo Allah bye yalagira nti biyungibwe, nebatya Mukama waabwe era nga batya n'okubalwa okubi;

وَالَّذِينَ يَصِلُونَ مَا أَمَرَ اللَّهُ بِهِ أَنْ
يُوصَلَ وَيَخْشَوْنَ رَبَّهُمْ وَيَخَافُونَ
سُوءَ الْحِسَابِ ﴿٢٢﴾

23. Era be bo abagumiikiriza olw'okunoonya okusiima kwa Mukama waabwe era ne-bajjumbira essaala nebatoola ne mw'ebyo bye twabawa mu kyaama ne mu lwaatu era ne-baggyawo ekibi nga bakola ekirungi. Abo be balifuna empeera *ennungi* ey'amaka g'enkomerero —

وَالَّذِينَ صَبَرُوا ابْتِغَاءَ وَجْهِ رَبِّهِمْ
وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ وَأَنْفَقُوا مِمَّا رَزَقْنَاهُمْ
سِرًّا وَعَلَانِيَةً وَيَذَرُونَ بِالْحَسَنَةِ
السَّيِّئَةِ أُولَئِكَ لَهُمْ عُقْبَى الدَّارِ ﴿٢٣﴾

24. Ey'ensuku ez'olubeerera mwe baliyingira era n'abo abaakola ebirungi mu bakitaabwe ne be baafumbiriganwa nabo n'ezzadde lyaabwe. Era ba malayika baliyingira gye bali mu buli mulyango,

جَنَّتْ عَدْنٍ يَدْخُلُونَهَا وَمَنْ صَلَحَ
مِنْ آبَائِهِمْ وَازْدَاجِهِمْ وَذُرِّيَّاتِهِمْ
وَالْمَلَائِكَةُ يَدْخُلُونَ عَلَيْهِمْ مِنْ كُلِّ
بَابٍ ﴿٢٤﴾

25. Nga babagamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe olw'okugumiikiriza kwammwe; naye empeera y'amaka g'enkomerero si nnungi ggero!

سَلَّمَ عَلَيْكُمْ بِمَا صَبَرْتُمْ فَنِعْمَ
عُقْبَى الدَّارِ ﴿٢٥﴾

26. Naye abo abaamenya endagaano ya Allah oluvannyuma lw'okugikakasa ne-bakutula n'ebyo bye yalagira ku byo nti biyungibwe era nebatatabulatabula mu nsi, abo be baliko ekikolimo era be balifuna amaka amabi.

وَالَّذِينَ يَنْقُضُونَ عَهْدَ اللَّهِ مِنْ بَعْدِ
مِيثَاقِهِ وَيَقْطَعُونَ مَا أَمَرَ اللَّهُ بِهِ
أَنْ يُوصَلَ وَيُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ ۗ
أُولَئِكَ لَهُمُ اللَّعْنَةُ وَلَهُمْ سُوءُ
الدَّارِ ﴿٢٦﴾

27. Allah y'ayanjululiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Naye basanyukira nnyo obulamu bw'ensi, so nga obulamu bw'ensi *si kintu* ku bw'enkomerero wabula go masanyu ga kiseera buseera.

اللَّهُ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ وَ
يَقْدِرُ ۗ وَفَرِحُوا بِالْحَيَاةِ الدُّنْيَا
وَمَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا فِي الْآخِرَةِ إِلَّا
مَتَاعٌ ﴿٢٧﴾

Ruku 4

28. Era abo abatakiriza bagamba nti: Lwaki tassizibwako kabonero okuva eri Mukama we? Gamba nti: Allah asalira okubula oyo

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا
أُنزِلَ عَلَيْهِ آيَةٌ مِنْ رَبِّهِ ۗ قُلْ إِنَّ اللَّهَ

gw'aba ayagadde ate n'alung'anya gy'ali oyo akyuukira gy'ali:

29. Be bo abakkiriza era nga emitima gyabwe gitebenkera na kujjukira Allah. Muwulirize: Emitima gitebenkera na kujjukira Allah.

30. Abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi balifuna ebisanyusa n'obuddo obulungi ennyo.

31. Bwe kityo twakutuma eri abantu ng'abantu abaabakulembere baggwaawo, olyooke obasomere ebyo bye twakubikkulira, naye bo beegaana Allah Omusaasizi ennyo. Gamba nti: Ye ye Mukama wange. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye gwe nneesiga, n'obuddo bwange buli gy'ali.

32. Era ddala Kur'ani ne bwe yaalibadde nga ensozi zitambuzibwa nayo oba ng'ensi ekutulwakutulwa nayo oba abafu nga boogezesebwa nayo, era tebaaligikkirizza. Ddala ensonga zonna ziri eri Allah. Abaffe, era abakkiriza tebannamanya nti singa Allah yayagala kukaka, ddala abantu bonna yaalibalung'amizza? Era abo abatakkiriza, olw'ebyo bye bakola, obubenje tebujja kulekera kubatuukako oba okugwa okumpi n'amaka gaabwe okutuusa okusuubiza kwa Allah lwe kulituuka. Mazima Allah tamenya kisuubizo.

Ruku 5

33. Era ddala n'olubereberye Ababaka baasekererwa, naye nawa akaagaanya abo abatakkiriza; oluvannyuma nendyooka mbakwatamu. Naye okubonereza kwange kwaali kutya?

34. Abaffe, oyo alabirira buli mwoyo bye gukola talibabonereza? Era bateekerawo Allah abenkanankana naye. Gamba nti: Kale ggwe mubatuume amannya. Naye Allah waliwo mmwe kye mumutegezayo ky'atamanyi mu nsi oba muli ku bigambo bugambo? Ddala abo abatakkiriza baalungiyizibwa entegeka zaabwe, nebaziyizibwa eri ekkubo

يُضِلُّ مَنْ يَشَاءُ وَيَهْدِي إِلَيْهِ مَنْ
أَنَابَ ۗ ﴿٢٨﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَتَطْمَئِنُّ قُلُوبُهُمْ
بِذِكْرِ اللَّهِ ۗ أَلَا بِذِكْرِ اللَّهِ تَطْمَئِنُّ
الْقُلُوبُ ۗ ﴿٢٩﴾

الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
طُوبَى لَهُمْ وَحَسُنَ مَا فِي
﴿٣٠﴾

كَذَلِكَ أَرْسَلْنَاكَ فِي أُمَّةٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ
قَبْلِهِمَا أُمَّةٌ لِّتَشَلُّوا عَلَيْهِمْ الَّذِي
أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ وَهُمْ يَكْفُرُونَ بِالرَّحْمَنِ ۗ
قُلْ هُوَ رَبِّي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عَلَيْهِ
تَوَكَّلْتُ وَإِلَيْهِ مَتَابٌ ۗ ﴿٣١﴾

وَلَوْ أَنَّ قُرْآنًا سُيِّرَتْ بِهِ الْجِبَالُ أَوْ
قُطِعَتْ بِهِ الْأَرْضُ أَوْ كَلِمَةٌ بِهِ الْمَوْتُ ۗ
بَلْ لَلَّهُ الْأَمْرُ جَمِيعًا أَقَلَّمْ يَأْيَسُ
الَّذِينَ آمَنُوا أَنْ لَوْ يَشَاءُ اللَّهُ لَهَدَى
النَّاسَ جَمِيعًا وَلَا يَزَالُ الَّذِينَ
كَفَرُوا تُصَيِّبُهُمْ بِمَا صَنَعُوا قَارِعَةً
أَوْ تَحُلُّ قَرِيبًا مِنْ دَارِهِمْ حَتَّى يَأْتِيَ
وَعْدُ اللَّهِ ۗ إِنَّ اللَّهَ لَا يُخْلِفُ
عِلْمَ الْمِيعَادِ ۗ ﴿٣٢﴾

وَلَقَدْ اسْتَهْزَيْتَ بِرُسُلٍ مِنْ قَبْلِكَ
فَأَمَلَيْتَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا ثُمَّ
أَخَذْتَهُمْ فَكَيْفَ كَانَ عِقَابِ ۗ ﴿٣٣﴾

أَقَمَنْ هُوَ قَارِعَةً عَلَى كُلِّ نَفْسٍ بِمَا
كَسَبَتْ ۗ وَجَعَلُوا لِلَّهِ شُرَكَاءَ قُلْ
سَمُّوهُمْ أَمْ تُنَبِّئُونَهُ بِمَا لَا يَعْلَمُ
فِي الْأَرْضِ أَمْ يَبْقَا هِرٍ مِنَ الْقَوْلِ ۗ بَلْ
رُئِينَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا مَكْرَهُمْ وَصَدُّوا

ettuufu. Era oyo Allah gw'alekulira, tafuna mulung'amyamulala.

35. Balifuna ekibonerezo mu bulamu bw'oku nsi; naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obukakali, era tebaliba n'abataasa yenna ku Allah.

36. Enfaanana y'e Janna eyasuubizibwa abatya Allah, ering'anga olusuku olukuluku-tamu emigga wansi wa lwo. Ebibala bya lwo n'ebisiikirize bya lwo nga bya lubeerera. Eyo nno y'empeera y'abeekuuni. Naye ekibonerezo ky'abeerema guliba muliro.

37. Era abo be twaawa Ekitabo basanyukira nnyo ebyo ebyassibwa gy'oli. Naye mu bibiina ebimu, mulimu abagaana ebimu ku byo. Gamba nti: Ddala nze nalagirwa kusinzanga Allah yekka, era nti simwenkanyanga ne kyonna. Gy'ali gye nkoowolera era gy'ali y'eri obuddo bwange.

38. Era bwe kityo Kur'ani twagissa nga kwe kulamula okutegeerekeka. Naye bw'onoo-goberera okwagala kwabwe oluvannyuma ng'omaze okutuukibwako okumanya, olwo toobe na mukuumi yenna wadde omutaasa ku Allah.

Ruku 6

39. Era mazima twatuma Ababaka olubereberye lwo era netubawa abakyala n'ezzadde. Naye tekibangawo eri Omubaka okuleeta akabonero konna, okuggyako nga Allah y'alagidde. Buli ntuuko ebaako ekiragiyo kya Allah.

40. Allah asangulawo ekyo ky'aba ayagadde, n'anyweza ekyo ky'aba ayagadde era gy'ali y'eri ensibuko y'amateeka.

41. Era ne bwe tukulaga ebimu kw'ebyo bye tubalabulako oba ne bwe tukufiisa, tewaba kikyuka. Ddala ekiri ku ggwe kutuusa bubaka, ate okubalirira kuli ku Ffe.

42. Abaffe, tebalaba nga bwe tujja tufunza ensi nga tugiva ku njegoyego za yo? Ate Allah bw'alamula, tewali n'omu akyuusa

عَنِ السَّيِّئِينَ وَمَنْ يُضْلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ هَادٍ ۖ ﴿٣٤﴾

لَهُمْ عَذَابٌ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ لَعَذَابُ الْآخِرَةِ أَشَقُّ وَمَا لَهُمْ مِنَ اللَّهِ مِنْ وَاقٍ ﴿٣٥﴾

مَثَلُ الْجَنَّةِ الَّتِي وَعَدَ الْمُتَّقُونَ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ أُكْلِهَا دَائِمٌ وَظِلُّهَا تِلْكَ عُقْبَى الَّذِينَ اتَّقَوْا وَعُقْبَى الْكَافِرِينَ النَّارُ ﴿٣٦﴾

وَالَّذِينَ اتَيْنَهُمُ الْكِتَابَ يَفْرَحُونَ بِمَا أُنزِلَ إِلَيْكَ وَمِنَ الْأَحْزَابِ مَنْ يُنْكِرُ بَعْضَهُ قُلْ إِنَّمَا أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ اللَّهَ وَلَا أُشْرِكَ بِهِ إِلَيْهِ أَدْعُوا وَإِلَيْهِ مَآبٍ ﴿٣٧﴾

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ حُكْمًا وَعَرَبِيًّا وَ لَئِنْ اتَّبَعْتَ أَهْوَاءَهُمْ بَعْدَ مَا جَاءَكَ مِنَ الْعِلْمِ مَا لَكَ مِنَ اللَّهِ مِنْ وَّالٍ وَلَا عِوَجٍ ۗ ﴿٣٨﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلًا مِنْ قَبْلِكَ وَ جَعَلْنَا لَهُمْ آزْوَاجًا وَذُرِّيَّةً وَ مَا كَانَ لِرَسُولٍ أَنْ يَأْتِيَ بِآيَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ وَ لِكُلِّ أَجَلٍ كِتَابٌ ﴿٣٩﴾

يَمْحُوا اللَّهُ مَا يَشَاءُ وَ يَشِيدُ ۗ وَ عِنْدَهُ أُمُّ الْكِتَابِ ﴿٤٠﴾

وَ إِنْ مَّا نُرِيَنَّكَ بَعْضَ الَّذِي نَعِدُهُمْ أَوْ تَتَوَقَّيَنَّكَ فَإِنَّمَا عَلَيْكَ الْبَلْغُ وَ عَلَيْنَا الْحِسَابُ ﴿٤١﴾

أَوْ لَمْ يَرَوْا أَنَّا نَأْتِي الْأَرْضَ نَنْقُصُهَا مِنْ أَطْرَافِهَا وَ اللَّهُ يَحْكُمُ لَا مَعْقِبَ

kulamula kwe. Era Ye mwangu nnyo mu kubala.

43. Era ddala n'abaabakulembere beekoba, naye okwekoba kwonna *okutalemwa* kuli eri Allah *yekka*. Y'amanyi buli mwoyo kye gukola. Era mangu nnyo abeerema bajja kumanya ani w'okufuna empeera y'amaka g'enkomerero.

44. Era abatakiriza bagamba nti: Toli Mubaka. Gamba nti: Allah amala okuba omujulizi wakati wange nammwe, n'oyo alina obumanyi bw'Ekitabo.

لِحُكْمِهِ ۖ وَهُوَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٤٣﴾

وَقَدْ مَكَرَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَئِنْ
الْمَكْرُ جَمِيعًا ۖ يَعْلَمُ مَا تَكْسِبُ
كُلُّ نَفْسٍ ۖ وَسَيَعْلَمُ الْكُفْرُ لِمَنْ
عُقِبَى الدَّارِ ﴿٤٣﴾

وَيَقُولُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَسْتَ مُرْسَلًا ۗ
قُلْ كَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ ۗ
وَمَنْ عِنْدَآءِ عِلْمِ الْكِتَابِ ﴿٤٤﴾

IBRĀHĪM

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. ALif Lām Rā* *Kino ky'* Ekitabo kye twassa gy'oli olyooke ojje abantu mu kizikiza, badde eri obutangaavu—ku lw'okulagira kwa Mukama waabwe—eri ekkubo lya Luwangula, Atenderezebwa ennyo,

3. Allah Oyo Nannyini biri mu ggulu n'ebiri mu nsi. Naye abeerema zibasanze olw'ekibonerezo ekikakali:

4. Be bo abasinga okwagala obulamu bw'ensi ku bw'enkomerero era abeekiika ne mu kkubo lya Allah nga balyagaliza obukyaamu. Abo nno be bali mu kubula okw'ewala.

5. Era tetutumanga Mubaka yenna, wabula *tumuwa obubaka* mu lulimi lw'abeggwanga lye alyooke abannyonyole kaati. Olwo Allah akakasa okubula kw'oyo gw'aba asalidde era n'alung'anya oyo gw'aba asiimye. Era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

6. Era ddala twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe nti: Jja abantu bo mu kizikiza badde eri obutangaavu era bajjukize ebiseera bya Allah. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula eri oyo agumiikiriza ennyo, omwebaza ennyo.

7. Era *jjukira* awo Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe awo bwe yabawonya abantu ba Farāwo abaababonyaabonyanga embonyaabonya embi, nga batta batabani bammwe nebakawo bakazi bammwe. Era mw'ekyo mwalimu ekigezo kisuffu okuva eri Mukama wammwe.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
الَّذِينَ كَفَرُوا أَتَىٰ لَّهُمُ الْآيَاتُ لِيُخْرِجَ
النَّاسَ مِنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ
بِإِذْنِ رَبِّهِمْ إِلَى صِرَاطِ الْعَزِيزِ
الْحَمِيدِ ②

اللَّهُ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي
الْاَرْضِ ؕ وَوَيْلٌ لِّلْكَافِرِيْنَ مِنْ عَذَابِ
شَرِيْدٍ ③

الَّذِيْنَ يَسْتَجِيبُوْنَ الْحَيٰوةَ الدُّنْيَا
عَلَى الْاٰخِرَةِ وَ يَصُدُوْنَ عَنِ سَبِيْلِ
اللّٰهِ وَيَبْغُوْنَهَا عَوْجًا ؕ اُولٰٓئِكَ فِي
صَلٰٓئٍ بَعِيْدٍ ④

وَمَا اَرْسَلْنَا مِنْ رَّسُوْلٍ اِلَّا بِلِسٰنٍ
قَوْمِهِ لِيُبَيِّنَ لَهُمْ ؕ فَيُضِلُّ اللّٰهُ مَنْ
يَشَآءُ وَيَهْدِيْ مَنْ يَشَآءُ ؕ وَهُوَ الْعَزِيزُ
الْحَكِيْمُ ⑤

وَلَقَدْ اَرْسَلْنَا مُوسٰٓى بِآيٰتِنَا اَنْ اَخْرِجْ
قَوْمَكَ مِنَ الظُّلُمٰتِ اِلَى النُّوْرِ
وَدَعٰهُمْ بِآيٰمِ اللّٰهِ ؕ اِنَّ فِيْ ذٰلِكَ
لَاٰيَةً لِّقَلِيْبٍ صٰبِرٍ شٰكُوْرٍ ⑥

وَاِذْ قَالَ مُوسٰٓى لِقَوْمِهِ اذْكُرُوْا
نِعْمَةَ اللّٰهِ عَلٰيْكُمْ اِذْ اَنْجٰكُمْ مِنْ اِلٍ
فِرْعَوْنَ يَسُوْمُوْنَكُمْ سُوْءَ الْعَذَابِ
وَيَذٰبِحُوْنَ اِبْنَآءَكُمْ وَيَسْتَحْيُوْنَ
نِسَآءَكُمْ ؕ وَفِيْ ذٰلِكُمْ بَلَاٌۢءٌ مِّنْ رَّبِّكُمْ

عَظِيْمٌ ⑦

Ruku 2

8. Era *mujjukire* nga Mukama wammwe bwe yalangirira nti: Bwe muneebazanga, mazima nnaabongeranga *emikisa*. Naye bwe muteebazenga, *olwo* ekibonerezo kyange kinaabanga kikakali.

9. Era Mūsa yagamba nti: Mmwe ne bwe mwerema, n'abali mu nsi bonna, *Allah talumwa*. Mazima Allah Yeemala, y'Ate-nderezebwa.

10. Abaffe, temutuukwangako ebyaafa kw'abo abaabakulembera—abantu ba Nūhu ne 'Ādi, ne Thamūda, n'abo ab'oluvannyuma lwabwe? *Kati* tewali abamanyi okuggyako Allah *yekka*. Baatuukwako Ababaka baabwe n'obubonero obw'olwaatu, naye bassa mikono gyabwe ku mimwa gyabwe,* nebagamba nti: Ffe tugaanyi ebyo bye mwatumibwa na byo era ddala tuli mu kubuusabuusa okutawaanya kw'ebyo bye mutuyitira.

11. Ababaka baabwe nebagamba nti: Abaffe, Allah Omutonzi w'eggulu n'ensi gwe mubuusabuusamu ng'abakoowoola alyooke abasonyiwe ebibi byammwe era abawe akaagaanya okumala ekiseera ekigere? Nebagamba nti: Mmwe temuli kirala wabula muli bantu nga ffe, kye mwagala kwe kutuziyiza kw'ebyo bakitaffe bye baasinzanga. Kale mutuleetere obukakafu obw'olwaatu.

12. Ababaka baabwe nebagamba nti: *Kituufu* ffe tetuli kirala wabula tuli bantu nga mmwe, naye Allah y'abunduggula emikisa kw'oyo gw'aba ayagadde mu bawereza be. Era tekiri

وَإِذْ تَأَذَّنَ رَبُّكُمْ لَئِن شَكَرْتُمْ
لَأَزِيدَنَّكُمْ وَكَفَرْتُمْ إِنَّ عَذَابِي
لَشَدِيدٌ ⑧

وَقَالَ مُوسَى إِنَّ تَكْفُرُوكُمْ أَنْتُمْ وَمَنْ
فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا فَإِنَّ اللَّهَ لَغَرِيْبٌ
حَمِيْدٌ ⑨

أَلَمْ يَأْتِكُمْ نَبُوءُ الَّذِينَ مِن قَبْلِكُمْ
قَوْمِ نُوحٍ وَعَادٍ وَثَمُودَ وَالَّذِينَ مِن
بَعْدِهِمْ لَا يَعْلَمُهُمْ إِلَّا اللَّهُ جَاءَتْهُمْ
رُسُلُهُم بِالْبَيِّنَاتِ فَرَدُّوا أَيْدِيَهُمْ
فِي أَفْوَاهِهِمْ وَقَالُوا إِنَّا كَفَرْنَا بِمَا
أُرْسِلْتُمْ بِهِ وَإِنَّا لَفِي شَكٍّ مِّمَّا
تَدْعُونَنَا لَيْسَ مَرِيْبٌ ⑩

قَالَتْ رُسُلُهُمْ أَلِى اللَّهِ شَكٌّ فَأَطِرِ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۖ يَدْعُوكُمْ
لِيَغْفِرَ لَكُمْ مِّنْ ذُنُوبِكُمْ وَيُؤَخَّرَكُمْ
إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى وَقَالُوا إِنَّا أَنْتُمْ إِلَّا
بَشَرٌ مِّثْلُنَا تُرِيدُونَ أَن تَصُدُّونَا
عَمَّا كَانَ يَعْبُدُ آبَاؤُنَا فَأْتُونَا
بِسُلْطٰنٍ مُّبِيْنٍ ⑪

قَالَتْ لَهُمْ رُسُلُهُمْ إِنْ تَحْنُوا لَأَلَا
بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ وَلَئِن اللَّهَ يَمُنُّ عَلَىٰ
مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ ۖ وَمَا كَانَ لَنَا أَنْ

14:10 Ebigambo bya Kur'āni Entukuvu 'Faradduu - aidiyahum fii afwahihim' (كَرُواؤَا أَيَّدِيَهُمْ فِي أَفْوَاهِهِمْ) ebitegeeza nti '...naye bassa mikono gyabwe ku mimwa gyabwe' biwa ekifaananyi ky'omuntu agaana. Olw'okuba nti aboogewako wano batakkiriza, n'olwekyo ebigambo bino biyinzā okutegeeza agamu ku makulu abiri: Amakulu agasooka gali nti abatakkiriza bassa emikono gyabwe ku mimwa gyabwe nga kino kitegeeza nti bagaana okukubaganya ebirowoozo n'Ababaka ba Allah awamu n'abagoberezi baabwe oluvannyuma lw'Ababaka okubafufuggaza mu kukubaganya ebirowoozo olw'obukakafu nantamegga bwe babaleitera ate nga bo (abatakkiriza) tebakyalina bukakafu.

Amakulu agokubiri gali nti '(abatakkiriza) bassa emikono gyabwe ku mimwa gy'Ababaka'. Kino nakyo kijja oluvannyuma lw'okumeggebwa mu nsike y'okukubaganya ebirowoozo ku musingi gw'obujulizi n'obukakafu obutasiguukululwa. Amakulu gano galaga nti abatakkiriza bwe balaba nti bawanguddwa mu nsike y'okulaga amazima n'obukakafu, baba tebakyalina kya kukola okuggyako okukozesa eryanyi nga bagaana ababaka okubuilira ekigambo kya Allah mu ddembe.

ku ffe okubaleetera obukakafu, okuggyako nga Allah y'akkiriza. Era abakkiriza beesigenga Allah yekka.

13. Y'ate kiki ekinatuyinula obutesiga Allah ng'ate yamala okutulaga amakubo gaffe *amatuufu*? Era ddala tujja kugumiikiriza kw'ebyo bye mutubonyaabonyaamu. Era abeesiga, beesigenga Allah yekka.

Ruku 3

14. Era abo abatakkiriza baagamba Abatume baabwe nti: Mazima tujja kubagoba mu nsi yaffe oba *si kyo*, muteekwa okukomawo mu nzikiriza yaffe. Olwo Mukama waabwe n'ababikkulira nti: Mazima tugenda kuzikiriza aboononefu.

15. Era ddala mmwe be tujja okubeeza mu nsi oluvannyuma lwaabwe. Ekyo ky'oyo atya embuga yange n'atya n'okulabula kwange.

16. Era *Ababaka* baasaba obuwanguzi, okukkakkana nga buli nnalukalala, omulabe w'amazima afufugazibwa.

17. Mu maaso ge eriyu omuliro, era alinywesebwa ku mazzi ageesera.

18. Aliganywa nkambi nkambi era talisobola kugamira ku bwangu. N'okufa kulimujjira okuva buli wamu, so ate talifa. Era n'ebali w'ekyo eribaayo ekibonerezo *ekirala* ekikakali.

19. Enfaana y'abo abatakkiriza Mukama waabwe, ebikolwa byabwe biring'anga evvu empewo ly'efuumudde mu lunaku olw'embuyaga. Tebaliba na buyinza n'akatono kw'ebyo bye baafuna. Okwo nno kwe kuzikirira okw'ewala.

20. Abaffe, tolaba nga Allah bwe yatonda eggulu n'ensi mu butuufu? Bw'aba ng'ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleeta ebitonde ebiggya,

21. Ate ekyo eri Allah si kizibu n'akatono.

تَأْتِيَكُمْ بِسُلْطَنٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٧﴾

وَمَا لَنَا أَلَّا نَتَوَكَّلَ عَلَى اللَّهِ وَقَدْ هَدَانَا سُبُلَنَا وَوَعَدَ اللَّهُ عَلَى مَا أَدَّيْتُمُونَا وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿١٨﴾

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِرُسُلِهِمْ لَنُخْرِجَنَّكُمْ مِنْ أَرْضِنَا أَوْ لَتَعُوذُنَّ فِيهَا مِنَّا إِنَّا كَانُوا إِتِّبَاعًا لِلظَّالِمِينَ ﴿١٩﴾

وَلَنُكْسِبَنَّكُمْ الْأَرْضَ مِنْ بَعْدِهِمْ ذَلِكَ لِمَنْ خَافَ مَقَامِي وَخَافَ وَعَبَدَ ﴿٢٠﴾

وَاسْتَفْتَحُوا وَخَابَ كُلَّ جَبَّارٍ عَنِيدٍ ﴿٢١﴾

مَنْ ذَرَأَهُ جَهَنَّمَ وَيَسْقِي مِنْ مَاءٍ صَدِيدٍ ﴿٢٢﴾

يَتَجَرَّعُهُ وَلَا يَكَادُ يُسِغُهُ وَيَأْتِيهِ الْمَوْتُ مِنْ كُلِّ مَكَانٍ وَمَا هُوَ بِمَيِّتٍ وَمِنْ وَرَائِهِ عَذَابٌ غَلِيظٌ ﴿٢٣﴾

مِثْلُ الَّذِينَ كَفَرُوا بِرَبِّهِمْ أَعْمَالُهُمْ كَرَمَادٍ اشْتَدَّتْ بِهِ الرِّيحُ فِي يَوْمٍ عَاصِفٍ لَا يَقْدِرُونَ مِمَّا كَسَبُوا عَلَى شَيْءٍ ذَلِكَ هُوَ الضَّلَلُ الْبَعِيدُ ﴿٢٤﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ إِنَّ يَئُودُ هَيْبَتِكُمْ يَأْتِي بِخَلْقٍ جَدِيدٍ ﴿٢٥﴾

وَمَا ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ بِعَزِيزٍ ﴿٢٦﴾

22. Era bonna balikiika eri Allah. Kale abateesobolanga baligamba abo abeekuzanga nti: Mazima ffe twali bagoberezi bammwe. Naye abaffe, munaatugasa mu ngeri yonna ku kibonerezo kya Allah? Baliddamu nti: Singa Allah yatulung' amya, ddala nammwe twalibalung' amizza. *Kati* ky' ekimu gye tuli bwe twaziirana oba bwe tugumiikiriza, tetukyalinawo buddukiro bwonna.

وَبَرَزُوا لِلَّهِ جَمِيعًا فَقَالَ الضُّعَفَاءُ لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُنَّا لَكُمْ تَبَعًا فَهَلْ أَنْتُمْ مُغْنُونَ عَنَّا مِنْ عَذَابِ اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ قَالُوا لَوْ هَدَّنا اللَّهُ لَهَدَيْنَاكُمْ سِوَاءَ عَلَيْنَا أَجْرٌ عَلْنَا أَمْ صَبَرْنَا مَا لَنَا مِنْ مَّحِيصٍ ١٦

Ruku 4

23. Era awo nga ensonga ewedde okusala, Sitaani aligamba nti: Ddala Allah yabasuubiza okusuubiza nga kwa mazima, nange nembasuubiza naye nembayiwa. Kyokka nze saalina buyinza bwonna ku mmwe wabula bwe nnabakoowoola, nemunyanukula! Bwe kityo nno temunnya, naye mwenenye mwekka. Nze siyinza kubaddukirira, ate nammwe temuyinza kunziruukirira. Nze nagaanirawo olubereberye okunnenkanya kwammwe ne Allah. Mazima aboononyi be baliba n'ekibonerezo ky' okuluma obugigi.

وَقَالَ الشَّيْطَانُ لَمَّا قُضِيَ الْأَمْرَانِ اللَّهُ وَعَدَكُمْ وَعَدَ الْحَقُّ وَوَعَدْتُكُمْ فَأَخْلَفْتُكُمْ وَمَا كَانَ لِي عَلَيْكُمْ مِنْ سُلْطَانٍ إِلَّا أَنْ دَعَوْتُكُمْ فَاسْتَجَبْتُمْ لِي فَلَا تَلُمُونِي وَلَوْلَمْوَ أَنْفُسَكُمْ مَا أَنَا بِمُصْرِخِكُمْ وَمَا أَنَا بِمُصْرِخِيَّ إِنِّي كَفَرْتُ بِمَا أَشْرَكْتُمُونِ مِنْ قَبْلُ إِنَّ الظَّالِمِينَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ١٧

24. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, baliyingizibwa mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera olw'ekiragiro kya Mukama waabwe. N' okulamusaganya kwabwe mu zo kuliba: Salaamu.

وَأَدْخَلَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا بِإِذْنِ رَبِّهِمْ تَحِيَّتُهُمْ فِيهَا سَلَامٌ ١٨

25. Abaffe, tolaba nga Allah bwe yaleeta eky' okulabirako eky' ekigambo ekirungi? Kiring' anga omuti omulungi nga omulandira gwa gwo munyweevu nnyo, n'amatabi ga gwo nga *gatuuka* mu ggulu.

أَلَمْ تَرَ كَيْفَ ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا كَلِمَةً طَيِّبَةً كَشَجَرَةٍ طَيِّبَةٍ أَصْلُهَا ثَابِتٌ وَفَرْعُهَا فِي السَّمَاءِ ١٩

26. Nga gubaza ebibala bya gwo buli kiseera olw' okulagira kwa Mukama wa gwo. Era Allah awa eby' okulabirako eri abantu, balyooke bafumiitirize.

تُؤْتِي أُمَّهَاتٍ كَلًّا حِينَ يَأْذُنَ رَبِّهَا وَمَا يَصْرِبُ اللَّهُ الْأَمْثَالَ لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ٢٠

27. Ate enfaanana y' ekigambo ekibi, ering' anga omuti omubi ogukuuliddwa mu taka ogutalina bunyweevu bwonna.

وَمَثَلُ كَلِمَةٍ خَبِيثَةٍ كَشَجَرَةٍ خَبِيثَةٍ اجْتُثَّتْ مِنْ فَوْقِ الْأَرْضِ مَا لَهَا مِنْ قَرَارٍ ٢١

28. Allah anyweeza abakkiriza n' ekigambo ekinyweevu mu bulamu bw' oku nsi ne ku

nkomerero, era Allah asalira aboonyi okubula. Era Allah akola ky'aba ayagadde.

Ruku 5

29. Abaffe, tolaba abo abaakyuusa ekyengera kya Allah *okuba* obuteebaza nebayingiza bannaabwe mu maka g'okuzikirira —

30. *Mu* Jahannamu? Omwo mwe balyokerwa. Ye ekyo nga kifo kibi nnyo mwe balibeera!

31. Era bateerawo Allah abavuganya naye mbu balyooke babuze *abantu* ku kkubo lye. Gamba nti: Mweyagaleko akaseera, mazima obuddo bwammwe buli eri muliro.

32. Gamba abaweereza bange abo abakkiriza *nti* bajjumbirenga essaala era batoolenga ne mw'ebyo bye twabawa mu kyaama ne mu lwaatu nga olunaku olutaliimu kugulaana wadde omukwano terunnatuuka.

33. Allah y'Oyo eyakola eggulu n'ensi era n'assa amazzi okuva mu bire, kale n'agamezesesa ebibala nga by'ebyokulya byammwe; era n'abagondeza ebyombo biryooke biddukire ku nyanja olw'okulagira kwe, n'emigga *nagy*o yagibagondeza.

34. Era yassa enjuba n'omwezi ku kubaweereza *nga bikola* ntakera era n'assa ekiro n'emisana ku kubaweereza.

35. Era yabawa buli kimu kye mwaali mujja okumwetaagako. Era singa *mwagala* okubala ebyengera bya Allah, temuyinza kubibala *ne mubimalayo*. Mazima omuntu mukumpanya nnyo, muteebaza mukulu.

Ruku 6

36. Era *mujjukire* nga Ibrahimu bwe yagamba nti: Mukama wange, ekibuga kino kifuule eky'emirembe era onneewaze nze n'abaana bange tuleme kusinza masanamu.

37. Mukama wange, mazima go gabuzizza bangi mu bantu. Kale oyo anangoberera, ddala oyo ye wange. N'oyo ananjeemera,

النَّاسِ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ
وَيُضِلُّ اللَّهُ الظَّالِمِينَ ۖ وَيَفْعَلُ اللَّهُ
مَا يَشَاءُ ﴿٢٨﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ بَدَّلُوا نِعْمَتَ
اللَّهِ كُفْرًا ۖ وَآخَلَوْا قَوْمَهُمْ دَارَ الْبُورِ ﴿٢٩﴾
جَهَنَّمَ ۖ يَصْلَوْنَ نَهَاۗءَ رِبِّئِنَّ الْقَرَارُ ﴿٣٠﴾

وَجَعَلُوا لِلَّهِ أَدَاۗءًا لِّيُضِلُّوْا عَنْ
سَبِيلِهِ ۗ قُلْ تَمَتَّعُوا فَإِن مَّصِيرَكُمْ
إِلَى النَّارِ ﴿٣١﴾

قُلْ لِّعِبَادِي الَّذِينَ آمَنُوا يُقِيمُوا
الصَّلَاةَ وَيُنْفِقُوا مِمَّا رَزَقْنَاهُمْ سِرًّا
وَعَلَانِيَةً ۖ مِّن قَبْلِ أَن يَأْتِيَهُمُ الْيَوْمَ لَا
بَيْعَ فِيهِ وَلَا خِلَافٌ ﴿٣٢﴾

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضَ
وَاَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَآءً فَاَخْرَجَ بِهٖ
مِنَ الشَّجَرِ رِزْقًا لَّكُمْ ۖ وَسَخَّرَ لَكُمْ
الْفُلْكَ لِتَجْرِيَ فِي الْبَحْرِ بِاَمْرِهٖ ۚ
سَخَّرَ لَكُمْ الْاَنْهَارَ ﴿٣٣﴾

وَسَخَّرَ لَكُمْ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ دَآئِبَيْنِ ۚ
وَسَخَّرَ لَكُمْ الَّيْلَ وَالنَّهَارَ ﴿٣٤﴾
وَاَتَاكُمْ مِّن كُلِّ مَآءٍ سَآئِغًا ۚ وَرَآنَ
تَعَدُّوا نِعْمَتَ اللّٰهِ لَا تُحْصُوْهَا ۗ اِنَّ
الْاِنْسَانَ لِرَبِّهٖ لَكَفَّارٌ ﴿٣٥﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ رَبِّ اجْعَلْ هَذَا
الْبَلَدَ آمِنًا وَاجْنُبْنِي وَبَنِيَّ أَنْ نَعْبُدَ
الْأَصْنَامَ ﴿٣٦﴾

رَبِّ إِنَّهُنَّ أَضَلَلْنَ كَثِيرًا مِّنَ النَّاسِ
فَمَنْ تَبِعَنِي فَإِنَّهُ مِنِّي ۚ وَمَنْ

kale ddala Ggwe Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

38. Mukama waffe, ddala ntuuzizza abamu ku b'ezadde lyange mu kiwonvu ekita-sigibwamu awali Enju yo Entukuvu. Mukama waffe, *ekyo nkikoze* balyooke bajjumbirenga essaala. Kale ddira emyoyo gy'abantu gy'olekere gye bali era obagabule ku bibala balyooke beebaze.

39. Mukama waffe, ddala Ggwe omanyi bye tukisa ne bye twooleka. Era tewali kyonna kyekisa Allah mu nsi wadde mu ggulu.

40. Amatendo gonna ga Allah oyo eyampa mu bukadde *bwange* Isma'ili ne Isihaka. Mazima Mukama wange ye Muwulizi w'okusaba.

41. Mukama wange, nfuula omujjumbizi w'essaala n'aboomu zzadde lyange. Mukama waffe, kkiriza okusaba kwange.

42. Mukama waffe, onsonyiwanga n'abazadde bange n'abakkiriza ku lunaku okubala lwe kuliyimirawo.

Ruku 7

43. Era tolowoozanga nti Allah mugayaalirivu kw'ebyo aboononyi bye bakola. Mazima abalekawo okutuusa ku lunaku amaaso lwe galitunuliramu enkaliririza,

44. Nga bagenda kiyumba anaagwa, nga bamagalazza n'emitwe gyaabwe, n'entunula yaabwe teribaddira nate, n'emitima gyabwe nga biwongole.

45. Era labula abantu ku lunaku lwe balituukibwako ekibonerezo, olwo aboononyi baligamba nti: Mukama waffe, tulwiseewoko okumala akaseera akampimpi, tujja kwanukula okukoowola kwo era tujja kugoberera Abatume. *Baligambibwa nti* Abaffe, temwerayirira olubereberye nti ddala temugenda kugwa?

46. Songa mwabeeranga mu maka *agaali* ag'abo abeekotoggera bennyini, n'engeri gye twabayisaamu n'ennyonnyoka bulungi gye muli, ate netubaleetera n'ebiyokulabirako.

عَصَابِي فَأَنْتَ عَفْوٌ رَّحِيمٌ ﴿٣٧﴾

رَبَّنَا إِنِّي أَسْكَنْتُ مِنْ ذُرِّيَّتِي بِوَادٍ غَيْرِ ذِي زَرْعٍ عِنْدَ بَيْتِكَ الْمُحَرَّمِ رَبَّنَا لِيُقِيمُوا الصَّلَاةَ فَاجْعَلْ أَفْئِدَةً مِنَ النَّاسِ تَهْوِي إِلَيْهِمْ وَارْزُقْهُمْ مِنَ الثَّمَرَاتِ لَعَلَّهُمْ يَشْكُرُونَ ﴿٣٨﴾

رَبَّنَا إِنَّكَ تَعْلَمُ مَا نُخْفِي وَمَا نُعْلِنُ وَمَا يَخْفَى عَلَى اللَّهِ مِنْ شَيْءٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ ﴿٣٩﴾

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي وَهَبَ لِي عَلَى الْكِبَرِ إِسْمَاعِيلَ وَإِسْحَاقَ إِنَّ رَبِّي لَسَمِيعُ الدُّعَاءِ ﴿٤٠﴾

رَبِّ اجْعَلْ لِي مَقِيمَ الصَّلَاةِ وَ مِنْ ذُرِّيَّتِي رَبَّنَا وَتَقَبَّلْ دُعَاءِ ﴿٤١﴾

رَبَّنَا اغْفِرْ لِي وَلِوَالِدَيَّ وَ لِلْمُؤْمِنِينَ يَوْمَ يَقُومُ الْحِسَابُ ﴿٤٢﴾

وَلَا تَحْسَبَنَّ اللَّهُ عَاقِلًا عَمَّا يَعْمَلُ الظَّالِمُونَ إِنَّمَا يُؤَخَّرُهُمْ لِيَوْمَ تَشْخَصُ فِيهِ الْأَبْصَارُ ﴿٤٣﴾

مُهْطِعِينَ مُقْنِعِي رُءُوسِهِمْ لَا يَرْتَدُّ إِلَيْهِمْ طَرْفُهُمْ وَأَفْئِدَتُهُمْ هَوَاءٌ ﴿٤٤﴾

وَ أَنْذِرِ النَّاسَ يَوْمَ يَأْتِيهِمُ الْعَذَابُ فَيَقُولُ الَّذِينَ ظَلَمُوا رَبَّنَا أَخْرِجْنَا مِنْ هَذَا أَجَلٍ قَرِيبٍ نَحْنُ نَدْعُوكَ وَ نَتَّبِعِ الرُّسُلَ أَوْ لَمْ تَكُونُوا أَقْسَمْتُمْ مِنْ قَبْلِ مَا لَكُمْ مِنْ ذَوَالِ ﴿٤٥﴾

وَ سَكَنْتُمْ فِي مَسْكِينَ الَّذِينَ ظَلَمُوا أَنْفُسَهُمْ وَ تَبَيَّنَ لَكُمْ كَيْفَ فَعَلْنَا بِهِمْ وَ ضَرَبْنَا لَكُمْ الْأَمْثَالَ ﴿٤٦﴾

47. Era ddala beekoba okwekoba kwabwe, naye nno *ekibonerezo* ky'okwekoba kwabwe kiri eri Allah. Era okwekoba kwabwe ne bwe kwalibadde nga ensozi zivaawo ku lwa kwo, era *tebaaliwangudde*.

وَقَدْ مَكَرُوا مَكَرَهُمْ وَعِنْدَ اللَّهِ مَكَرُهُمْ وَإِنْ كَانَ مَكَرُهُمْ لِتَزُولَ مِنْهُ الْجِبَالُ ﴿٤٧﴾

48. Kale tolowooza nti Allah talituukiriza kusuubiza kwe eri Ababaka be. Mazima Allah ye Luwangula, Nnyini kukangavvula,

فَلَا تَحْسَبَنَّ اللَّهَ مُخْلِيفًا وَعْدِهِ رُسُلَهُ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ ذُو انْتِقَامٍ ﴿٤٨﴾

49. Olunaku ensi lw'erikyusibwamu ensi endala, *bwe lityo* n'eggulu; era balikiika eri Allah Omu, Omukasi.

يَوْمَ تُبَدَّلُ الْأَرْضُ غَيْرَ الْأَرْضِ وَالسَّمَوَاتُ وَبَرَزُوا لِلَّهِ الْوَاحِدِ الْقَهَّارِ ﴿٤٩﴾

50. Era oliraba aboonoonyi ku lunaku olwo nga basibiddwa mu njegere.

وَتَرَى الْمُجْرِمِينَ يَوْمَئِذٍ مُقَرَّنِينَ فِي الْأَصْفَادِ ﴿٥٠﴾

51. Ebyambalo byaabwe biriba bya kkolaasi, n'omuliro gulibuutikira obweenyi bwaabwe.

سَرَّابِلُهُمْ مِنْ قَطْرَانٍ وَتَغْشَى وُجُوهُهُمْ النَّارُ ﴿٥١﴾

52. *Olunaku olwo ddala lulibaawo*, Allah alyooke asasule buli muntu okusinziira kw'ebyo bye yakola. Mazima Allah mwangu nnyo mu kubala.

لِيَجْزِيَ اللَّهُ كُلَّ نَفْسٍ مَا كَسَبَتْ إِنَّ اللَّهَ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٥٢﴾

53. Kuno kwe kubuulirira okumatiza ku lw'okugasa abantu era balyooke balabulwe nakwo era balyooke bamanye nti ddala Ye ye musinzibwa Omu *yekka*, era n'abalina amagezi balyooke bafumiitirize.

هَذَا بَلَاءٌ لِلنَّاسِ وَلِيُنذَرُوا بِهِ وَيَعْلَمُوا أَنَّمَا هُوَ إِلَهُ وَاحِدٌ وَ لِيَذُكَّرَ أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿٥٣﴾

AL-HIJR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. ALif Lām Rā* Zino ze Aya z'Ekitabo Ekituukirivu era ye Kur'āni etangaaza.

الرَّحْمٰنِ تِلْكَ اٰیٰتُ الْكِتٰبِ وَقُرْاٰنٍ مُّبٰیْنٍ ②

Juzu 14

3. Emirundi mingi abo abatakkiriza beegomba nti kale singa baali Basiraamu.

رُبَّمَا يُوَدُّ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَوْ كَانُوْا مُسْلِمِيْنَ ③

4. Ggwe baleke balye era beeyagale, babuzibwebuzibwe okusuubira okutaliimu nsa, naye mangu nnyo baja kumanya.

ذٰرَهُمْ يٰۤاَكْفُوْا وَايْتَمَتَّعُوْا وَيُلٰهِمُ الْاَمَلُ فَسَوْفَ يَعْلَمُوْنَ ④

5. Era tetuzikirizangako kibuga kyonna wabula kibaako ekiragiro ekimanyiddwa.

وَمَا اَهْلَكْنَا مِنْ قَرْيَةٍ اِلَّا وَاَلٰهَا كِتٰبٌ مَّعْلُوْمٌ ⑤

6. Tewali bantu bayinza kuyita ku ntuuko yaabwe, wadde tebayinza kwerwiisa mabega.

مَا تَشِيْقُ مِنْ اُمَّةٍ اَجَلَهَا وَا مَا يَسْتَاخِرُوْنَ ⑥

7. Era bagamba nti: Owange ggwe eyassibwako Okubuulirira (Kur'āni), mazima ddala oli mulalu.

وَقَالُوْا يَاۤاَيُّهَا الَّذِيْ نُنزِلُ عَلٰیهِ الذِّكْرَ اِنَّكَ لَمَجْنُوْنٌ ⑦

8. Kale Iwaaki totuleetera ba malayika, obanga oli mw'abo aboogera amazima?

لَوْ مَا تَاْتِيْنَا بِالْمَلٰٓئِكَةِ اِنْ كُنْتَ مِنَ الصّٰدِقِيْنَ ⑧

9. Tetussa ba malayika okuggyako olw'ensonga, era olwo tebaweebwa na kaagaanya.

مَا نُنزِلُ الْمَلٰٓئِكَةَ اِلَّا بِالْحَقِّ وَا مَا كَانُوْا رَآءًا مُنظَرِيْنَ ⑨

10. Mazima Ffe twassa Okubuulira kuno era ddala Ffe bakuumi ba kwo.

اِنَّا نَحْنُ نَرٰنَا الذِّكْرَ وَاِنَّا لَهٗ لٰخٰفِظُوْنَ ⑩

11. Era ddala twatuma Ababaka olube-reberye lwo mu mijiji gy'abaasooka.

وَلَقَدْ اَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ فِي شِيْعِ الْاَوَّلِيْنَ ⑪

12. Naye tewaali Mubaka yabatuukako wabula baamujereganga bujerezi.

وَمَا يٰۤاَتِيْهِمْ مِنْ رَّسُوْلٍ اِلَّا كَانُوْا بِهٖ يَسْتَهْزِءُوْنَ ⑫

13. Era okujerega bwe kutyo bwe tukwefuza emitima gy'aboonyoni.

كَذٰلِكَ نَسْلُكُهٗ فِي قُلُوْبِ الْمُجْرِمِيْنَ ⑬

14. *Kur'ani* tebagikkiriza newaakubadde nga eky'okulabirako ky'abaabasooka kyamala okubaawo.

15. Era ne bwe twalibagguliddewo oluggi ku ggulu ne baba nga balinnyira mu lwo,

16. Era ddala baaligambye nti: Amaaso gaffe ge gawubisibbwa; nedda, tuli bantu abalogeddwa.

Ruku 2

17. Era ddala twateeka ku ggulu enkulungo z'emmunyaenye era netuliwunda olw'abalabi.

18. Era netulikuuma ku buli Sitaani ago-baganyizibwa.

19. Wabula buli awuliriza mu bubba, kale alondoolwa kibonoomu amyamyansa.

20. N'ensi twagyalira netussa mu yo ensozi enywevu era netumeza mu yo buli kimu nga kya kigero.

21. Era netubateera mu yo ebibeezaawo obulamu *netugabula* n'oyo mmwe gwe mutagabirira.

22. Era tewali kintu kyonna wabula gye tuli y'eri eggwanika lya kyo, era tetukissa wabula mu kigero ekimanyifu.

23. Era tutuma empewo eziwakisa *ebisimbe*, olwo netussa amazzi okuva mu bire; kale netubanywesa ku go era si mmwe bateresi ba go.

24. Era ddala Ffe tuwa obulamu era *Ffe* tufiisa era Ffe b'okusigalawo.

25. Era ddala tumanyi abakulembedde mu mmwe era tumanyi *n'abo* abasigadde emabega.

26. Era ddala Mukama wo y'alibakung'anya. Mazima Ye ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

Ruku 3

27. Era mazima twatonda omuntu mu budongo obudoodooma, mu ttaka eriddu-gavu eribumbiddwa.

لَا يُؤْمِنُونَ بِهِ وَقَدْ خَلَتْ سُنَّةُ
الْأَوَّلِينَ ﴿١٤﴾

وَلَوْ فَتَحْنَا عَلَيْهِم بَابًا مِّنَ السَّمَاءِ
فَلَقَالُوا إِنَّمَا سُكَّرَتْ أَبْصَارُنَا
﴿١٥﴾

بَلْ نَحْنُ قَوْمٌ مَّسْحُورُونَ ﴿١٦﴾

وَلَقَدْ جَعَلْنَا فِي السَّمَاءِ بُرُوجًا وَوَجَّهْنَا
رِيشَهَا لِنُنْظِرَ بِهِ

وَنَحْفَظَهَا مِنْ كُلِّ شَيْطَانٍ رَّجِيمٍ ﴿١٨﴾

إِلَّا مَنِ اسْتَرَقَ السَّمْعَ فَاتَّبَعَهُ
شَهَابٌ مُّبِينٌ ﴿١٩﴾

وَالْأَرْضَ مَدَدْنَاهَا وَأَلْقَيْنَا فِيهَا رَوَاسِيَ
وَأَنْبَثْنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ شَيْءٍ مَّوَدُّونَ ﴿٢٠﴾

وَجَعَلْنَا لَكُمْ فِيهَا مَعَاشٍ وَمَنْ
لَّسْتُمْ لَهُ بِرَازِقِينَ ﴿٢١﴾

وَإِنْ مِنْ شَيْءٍ إِلَّا عِنْدَنَا خَزَائِنُهُ وَمَا
نُنزِّلُهُ إِلَّا بِقَدَرٍ مَّعْلُومٍ ﴿٢٢﴾

وَأَرْسَلْنَا الرِّيحَ لَوَاقِحَ فَأَنْزَلْنَا مِنَ
السَّمَاءِ مَاءً فَأَسْقَيْنَاكُمُوهُ وَمَا أَنْتُمْ
لَهُ بِخَازِنِينَ ﴿٢٣﴾

وَأَنَّا لَنَحْنُ نُحْيِي وَنُمِيتُ وَنَحْنُ
الْوَارِثُونَ ﴿٢٤﴾

وَلَقَدْ عَلِمْنَا الْمُسْتَقْدِمِينَ مِنْكُمْ
وَلَقَدْ عَلِمْنَا الْمُسْتَأْخِرِينَ ﴿٢٥﴾

وَإِنَّ رَبَّكَ هُوَ يُحْشِرُهُمْ لِرَأْتِهِ
﴿٢٦﴾

وَلَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ مِنْ صَلْصَالٍ مِّنْ
حَمِيمٍ مَّسْنُونٍ ﴿٢٧﴾

28. N'amajinni twagatonda lubereberye mu muliro gw'empewo ezookya.

وَالْحَيَاتِ خَلَقْنَاهُ مِنْ قَبْلُ مِنْ تَارِ
السَّمُورِ ٢٨

29. Era *jjukira* nga Mukama wo bwe yagamba ba malayika nti: Mazima ng'enda kutonda omuntu mu budongo obudoodooma, mu ttaka eriddugavu eribumbiddwa.

وَاذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلَائِكَةِ إِنِّي خَالِقٌ
بَشَرًا مِنْ صَلْصَالٍ مِنْ حَمِيمٍ
مَسْنُونٍ ٢٩

30. Kale bwe nnaamala okumutereeza nemufuuwamu Ekigambo kyange, olwo mugwe wansi mumugondere.

فَإِذَا سَوَّيْتُهُ وَتَفَخْتُ فِيهِ مِنْ
رُوحِي فَفَعُوْا لَهُ سُجُودًا ٣٠

31. Kale ba malayika bonna wamu baamugondera,

فَسَجَدَ الْمَلَائِكَةُ كُلُّهُمْ أَجْمَعُونَ ٣١

32. Okuggyako Ibilisi; ye yagaana okuba mw'abo abawulize.

إِلَّا إِبْلِيسَ أَبَى أَنْ يَكُونَ مَعَ
السَّاجِدِينَ ٣٢

33. *Allah* n'agamba nti: Owange Ibilisi, obadde ki obutaba mw'abo abawulize?

قَالَ يَا إِبْلِيسُ مَا لَكَ إِلَّا تَكُونُ
مَعَ السَّاجِدِينَ ٣٣

34. N'agamba nti: Siri wa kugondera muntu gwe watonda mu budongo obudoodooma, obuva mu ttaka eriddugavu eribumbiddwa.

قَالَ لَمْ أَكُنْ لِأَسْجُدَ لِبَشَرٍ خَلَقْتَهُ مِنْ
صَلْصَالٍ مِنْ حَمِيمٍ مَسْنُونٍ ٣٤

35. *Allah* n'agamba nti: Kale vaamu, mazima oli wa kugobaganyizibwa.

قَالَ فَأَخْرِجْ مِنْهَا فَإِنَّكَ رَجِيمٌ ٣٥

36. Era ddala olibaako ekikolimo *kyange* okutuusiza ddala ku lunaku lw'okulamulirwako.

وَأَنَّ عَلَيْكَ اللَّعْنَةَ إِلَى يَوْمِ الدِّينِ ٣٦

37. N'agamba nti: Mukama wange, mpa akaagaanya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.

قَالَ رَبِّ فَأَنْظِرْنِي إِلَى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ٣٧

38. *Allah* n'agamba nti: Kale ddala oli mw'abo abaweereddwa akaagaanya,

قَالَ فَإِنَّكَ مِنَ الْمُنْظَرِينَ ٣٨

39. Okutuusa ku lunaku lw'ekiseera ekyategekebwa.

إِلَى يَوْمِ الْوَقْتِ الْمَعْلُومِ ٣٩

40. N'agamba nti: Mukama wange, nga bw'onsalidde okuba omubuze, mazima nzija kubalungiyiza *ebibi* mu nsi, era ddala ng'enda kubawabya bonna,

قَالَ رَبِّ بِمَا أَغْوَيْتَنِي لَأُزَيِّنَنَّ لَهُمْ
فِي الْأَرْضِ وَلَا أَغْوِيَنَّهُمْ أَجْمَعِينَ ٤٠

41. Okuggyako abaweereza bo mw'abo abalondemu.

إِلَّا عِبَادَكَ مِنْهُمُ الْمُخْلَصِينَ ٤١

42. *Allah* n'agamba nti: Lino ly'ekkubo eggolokofu gyendi.

قَالَ هَذَا صِرَاطٌ عَلَيَّ مُسْتَقِيمٌ ٤٢

43. Mazima abaweereza bange tojja kuba na buyinza ku bo, okuggyako oyo alikugoberera mu babuze.

إِنَّ عِبَادِي لَيْسَ لَكَ عَلَيْهِمْ سُلْطَنٌ
إِلَّا مَنْ اتَّبَعَكَ مِنَ الْغَاوِينَ ٤٣

44. Era ddala Jahannamu ky'ekifo ekyabasuubizibwa abo bonna.

وَأَنَّ جَهَنَّمَ لَمَوْعِدُهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٤٤﴾

45. Eriko emiryango musanvu, nga buli mulyango gulina omutemwa mu bo omugereke.

لَهَا سَبْعَةُ أَبْوَابٍ لِكُلِّ بَابٍ مِّنْهُمْ جُزْءٌ مَّفْسُومٌ ﴿٤٥﴾

Ruku 4

46. Mazima abeekuumi be balibeera mu nsuku n'ensulo.

إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ﴿٤٦﴾

47. *Baligambibwa nti:* Muziyingire mu mirembe nga muli mu ddembe.

أَدْخُلُوهَا بِسَلَامٍ آمِنِينَ ﴿٤٧﴾

48. Era tulibaggyamu effutwa eriri mu mitima gyabwe *babeere* ba luganda, baliba ku nnamulondo ezoolekaganye.

وَنَرَعْنَا مَا فِي صُدُورِهِمْ مِن غَيْبٍ رَّاخْوَانًا عَلَى سُرُرٍ مُّتَقَابِلِينَ ﴿٤٨﴾

49. Mu zo, tebalituukibwako bukoowu wadde tebaliziggyibwaamu.

لَا يَمَسُّهُمْ فِيهَا نَصَبٌ وَمَا هُمْ مِنْهَا بِمُخْرَجِينَ ﴿٤٩﴾

50. Tegeeza abaweereza bange nti ddala Nze Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo;

نَبِيُّ عَبَادِي أَنِّي أَنَا الْعَفْوَ الرَّحِيمُ ﴿٥٠﴾

51. Era nti ddala ekibonerezo kyange ky'ekibonerezo ekirumya ennyo.

وَأَنَّ عَذَابِي هُوَ الْعَذَابُ الْأَلِيمُ ﴿٥١﴾

52. Era bategeeze n'ebyaafa ku bagenyi ba Ibrahimu.

وَتَبَّعْتُمُوهُمْ عَنِ ضَيْفِ إِبْرَاهِيمَ ﴿٥٢﴾

53. Awo bwe baayingira gy'ali nebagamba nti: Mirembe, n'agamba nti: Mazima ffe tubatidde.

إِذْ دَخَلُوا عَلَيْهِ فَقَالُوا سَلَامًا قَالَ إِنَّا مِنكُمْ وَجِلُونَ ﴿٥٣﴾

54. Nebagamba nti: Totya, mazima tukuwa amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi aliba omumanyi ennyo.

قَالُوا لَا تَوْجَلْ إِنَّا نُبَشِّرُكَ بِغُلَامٍ عَلَيْكَ ﴿٥٤﴾

55. N'agamba nti: Abaffe, mumpa amawulire ag'essanyu nga n'obukadde bumaze okuntuukako? Ate olwo mawulire ki ag'essanyu ge mumpa?

قَالَ أَبَشِّرْهُمُوعَلَىٰ أَن مَّسَّنِي الْكِبَرُ فِيمَا تَبَشَّرُونَ ﴿٥٥﴾

56. Nebagamba nti: Tukuwadde amawulire ag'essanyu mu butongole, kale tobeera mw'abo abaweddemu essuubi.

قَالُوا بَشِّرْنَاكَ بِالْحَقِّ فَلَا تَكُن مِّنَ الْقَارِطِينَ ﴿٥٦﴾

57. N'agamba nti: Ani aggweebwamu essuubi ku kusaasira kwa Mukama we okuggyako ababuze?

قَالَ وَمَنْ يَّقْنَطُ مِن رَّحْمَةِ رَبِّهِ إِلَّا الصَّاَلُونَ ﴿٥٧﴾

58. *Ibrahimu* n'agamba nti: Abange mmwe ababaka, ensonga yammwe yenyini gye *mujjiridde* y'eruwa?

قَالَ فَمَا خَطْبُكُمْ أَيُّهَا الْمُرْسَلُونَ ﴿٥٨﴾

59. Nebagamba nti: Tutumiddwa eri abantu aboonyi,

قَالُوا إِنَّا أُرْسِلْنَا إِلَىٰ قَوْمٍ مُّجْرِمِينَ ﴿٥٩﴾

60. Nga oggyeeko abagoberezi ba Lūti, mazima bo tujja kubawonya bonna,

61. Okuggyako mukazi we; tukakasa nti ddala ye waakuba mw'abo abanasigala emabega.

Ruku 5

62. Awo Ababaka bwe baatuuka eri ab'ewa Lūti,

63. Lūti n'agamba nti: Mazima muli bantu abatamanyiddwa.

64. Nebagamba nti: Ddala tukuleetedde obubaka bw'ekibonerezo ekyo kye babadde babuusabuusa.

65. Era tuzze gy'oli n'obukakafu, era ddala tuli ba mazima.

66. Kale genda n'abewuwo mu kitundu ekisembayo mu kiro era ggw'oba okoobera emabega waabwe; naye tewaba yenna mu mmwe atunula mabega, era mugende gye mulagiddwa.

67. Era twamutegeeza ensonga eyo amanye nti ddala omulandira gwa bano gwa kukutulwa nga bukya.

68. Era abantu b'omu kibuga bajja nga bajaganya.

69. Lūti n'agamba nti: Mazima bano bagenyi bange, kale temumpeebuula;

70. Era mutye Allah era temunswaaza.

71. Nebagamba nti: Owange, tetwakuziyiza okukyazanga abantu abagwiira?

72. N'agamba nti: Bawala bange nabo baabano webali. Mwegendereze bwe muba nga mulina ekibi kye mwagala okukola.

73. Ggwe Lūti, amazima g'obulamu bwo! Ddala abo bali mu ttamiro lyaabwe bavuya.

74. Olwo ekibonerezo nekibavumbagira awo nga enjuba evaayo.

75. Kale ekibuga netukifuula, waggulu wa kyo newadda wansi wa kyo, era netubatonnyeseza enkuba ey'amayinja ag'olusennyente.

76. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abalabufu.

لَا أَل لُّوْطٍ إِنَّا لَمُرْجُوهُمُ أَجْمَعِينَ ﴿٦٠﴾

إِلَّا امْرَأَتَهُ قَدَرْنَا إِنَّمَا لَمِينُ الْغَابِرِينَ ﴿٦١﴾

فَلَمَّا جَاءَ آلَ لُوطٍ بِالْمُرْسَلُونَ ﴿٦٢﴾

قَالَ إِنَّكُمْ قَوْمٌ مُنْكَرُونَ ﴿٦٣﴾

قَالُوا بَلْ جِئْنَاكَ بِمَا كَانُوا فِيهِ يَمْتَرُونَ ﴿٦٤﴾

وَآتَيْنَكَ بِالْحَقِّ وَإِنَّا لَصَدِيقُونَ ﴿٦٥﴾

فَأَسْرِبْ بِأَهْلِكَ يَبْطِغْ مِنَ الْيَلِيلِ وَاتَّبِعْ أَذْيَابَهُمْ وَلَا يَلْتَفِتْ مِنْكُمْ أَحَدٌ وَامْضُوا حَيْثُ تُؤْمَرُونَ ﴿٦٦﴾

وَقَضَيْنَا إِلَيْهِ ذَلِكَ الْأَمَرَ أَنَّ دَابِرَ هَؤُلَاءِ مَقْطُوعٌ مُضْرِبِينَ ﴿٦٧﴾

وَجَاءَ أَهْلَ الْمَدِينَةِ يَسْتَبْشِرُونَ ﴿٦٨﴾

قَالَ إِنَّ هَؤُلَاءِ صَائِفِينَ فَلَا تَفْضَحُونِ ﴿٦٩﴾

وَاتَّقُوا اللَّهَ وَلَا تُخْرُؤُونَ ﴿٧٠﴾

قَالُوا أَوَلَمْ نُنهَك عَنِ الْعُلَمِينَ ﴿٧١﴾

قَالَ هَؤُلَاءِ بَنَاتِي إِنْ كُنْتُمْ فاعِلِينَ ﴿٧٢﴾

لَعَمْرُكَ إِنَّهُمْ لَفِي سَكْرَتِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿٧٣﴾

فَأَخَذَتْهُمُ الصَّيْحَةُ مُشْرِقِينَ ﴿٧٤﴾

فَجَعَلْنَا عَلَيْهِمْ سَافِلَهَا وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ حِجَارَةً مِنْ سِجِّيلٍ ﴿٧٥﴾

إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَاتٍ لِّمَنْ يَسْمَعُونَ ﴿٧٦﴾

77. Era *ekibuga ekyo* kiri ku luguudo olukyaliwo.

78. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abakkiriza.

79. Era ddala abantu b'omu kibira *nabo* baali bakozi ba bibi.

80. Kale twababonereza. Era *ebibuga* byombi *biziikiddwa* ku luguudo olwetadde.

Ruku 6

81. Era ddala n'abantu b'e Hijiri *nabo* baalimbisa Abatume.

82. Era twabawa obubonero bwaffe, naye nga babukuba mabega.

83. Era baawookoolanga amayumba mu nsozi nga bali ntende.

84. Kale ekibonerezo nekibavumbagira nga bukya.

85. Naye ebyo bye baakola tebyabagasa.

86. Era tetwatonda ggulu na nsi n'ebiri wakati wa byombi wabula lwa mazima. Era ddala Essaawa *eyalagaanyizibwa* ejja kutuuka. Kale ggwe leka endeka ennungi.

87. Mazima Mukama wo ye Ssaabatonzi, Omumanyi wa byonna.

88. Era mazima twakuwa Aya omusanvu ezidding'anwa entakera, ne Kur'ani ensukkirivu.

89. Era tolambululanga maaso go eri ebyo bye tweyagalizaamu ebibiina ebimu mu bo era tonakuwala ku lwabwe; naye budaabuda abakkiriza.

90. Era gamba nti: Mazima nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

91. *Tujja kubabonereza* okufaananako nga bwe twassa *ekibonerezo* ku beekutula-kutulamu.

92. Abo abafuula Kur'ani okuba ensense-bufu.*

وَرَاتَهَا لَيْسَ بِيَلٍ مُّقِيمٍ ﴿٧٧﴾

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٧٨﴾

وَإِنْ كَانَ أَصْحَابُ الْأَيْكَةِ

لَظَالِمِينَ ﴿٧٩﴾

فَأَنْتَقَمْنَا مِنْهُمْ وَإِنَّهُمْ لِبِأْسٍ

مُحِينٍ ﴿٨٠﴾

وَلَقَدْ كَذَّبَ أَصْحَابُ الْحِجْرِ

الْمُرْسَلِينَ ﴿٨١﴾

وَآتَيْنَهُم آيَاتِنَا فَكَانُوا عَنْهَا

مُعْرِضِينَ ﴿٨٢﴾

وَكَانُوا يَنْحِتُونَ مِنَ الْجِبَالِ بُيُوتًا

أُمْنِينَ ﴿٨٣﴾

فَأَخَذَتْهُمُ الصَّيْحَةُ مُصْرِحِينَ ﴿٨٤﴾

فَمَا أَغْنَىٰ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٨٥﴾

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَ

مَا بَيْنَهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَإِنَّ السَّاعَةَ

لَآتِيَةٌ فَاصْفَحِ الصَّفْحَ الْجَمِيلَ ﴿٨٦﴾

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ الْخَلْقُ الْعَلِيمُ ﴿٨٧﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَكَ سَبْعًا مِنَ الْمَثَانِي وَ

الْقُرْآنَ الْعَظِيمَ ﴿٨٨﴾

لَا تَمُدَّنَّ عَيْنَيْكَ إِلَىٰ مَا مَتَّعْنَا بِهِ

أَزْوَاجًا مِنْهُمْ وَلَا تَحْزَنْ عَلَيْهِمْ وَ

اخْفُضْ جَنَاحَكَ لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٨٩﴾

وَقُلْ إِنِّي أَنَا النَّذِيرُ الْمُبِينُ ﴿٩٠﴾

كَمَا أَنْزَلْنَا عَلَى الْمُقْتَسِمِينَ ﴿٩١﴾

الَّذِينَ جَعَلُوا الْقُرْآنَ عِضِينَ ﴿٩٢﴾

15:88-92. Aya 88-92 tuziwadde amakulu ag'ebiseera eby'omu maaso (future tense) olw'okuba zirimu okulabula kwa maanyi eri Abasiraamu. Kino tekyewuunyisa kubanga mu Kur'ani Entukukuvu okulanga ebisuubizo ebyo ebiba biteekwa okutuukirira mu

93. Kale mu mazima ga Mukama wo, ddala bonna tulibabuza,

فَوَدَّ رَبُّكَ لِنَسْأَلَنَّ لَهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٩٣﴾

94. Kw'ebyo bye baakolanga.

﴿٩٤﴾ عَمَّا كَانُوا يَحْمَلُونَ ﴿٩٤﴾

95. Kale langirira kaati ebyo by'olagirwa era weesambe *abo* abenkanya Allah n'ebirala.

فَأَصْدَقَ بِمَا تُؤْمَرُ وَأَعْرَضَ عَنِ
الْمُشْرِكِينَ ﴿٩٥﴾

96. Mazima Ffe tujja okukumalira ku bakudaazi:

إِنَّا كَفَيْنَاكَ الْمُسْتَهْزِئِينَ ﴿٩٦﴾

97. Abo abassaawo omusinzibwa omulala awamu ne Allah. Kale mangu nnyo baja kumanya.

الَّذِينَ يَجْعَلُونَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ
فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ ﴿٩٧﴾

98. Era ddala tumanyi *bulungi* nga ddala omutima gwo gukeng'entererwa olw'ebyo bye boogera.

وَلَقَدْ نَعْلَمُ أَنَّكَ يَضِيقُ صَدْرُكَ بِمَا
يَقُولُونَ ﴿٩٨﴾

99. Naye *ggwe* tendereza n'amatendo ga Mukama wo era obeere mw'abo abavuunama.

فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَكُن مِّنَ
السَّاجِدِينَ ﴿٩٩﴾

100. Era sinza Mukama wo okutuusa lw'olituukibwako okufa.

﴿١٠٠﴾ وَإِعْبُدْ رَبَّكَ حَتَّىٰ يَأْتِيَكَ الْيَقِينُ ﴿١٠٠﴾

biseera ebyomu maaso kusinga kuba mu biseera eby'emabega (past tense). Ekintu ekibaddewo ne kiyitako n'ekiseera ate tekibaako kubuusibwabuusibwa era kiba tekikyasoboka kukuusibwa. Katonda okukola ebisuubizo bino ng'ayogerera mu biseera eby'emabega, kabonero akalaga nti mu buli ngeri ebisuubizo ebyo bya kutuukirira.

AL-NAHL

(Yakka luberebereye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ekiragiro kya Allah kituuse, kale temu-kiwujjirira. Obutuukirivu bubwe era wa waggulu nnyo okusinga ebyo bye bamwenkanya nabyo.

3. Y'assa ba malayika n'okubikkulirwa olw'okulagira kwe kw'abo b'aba asiimye mu baweereza be nti mulabule *abantu* nti: Teri musinzibwa mulala okuggyako Nze. Kale mutye Nze *nzekka*.

4. Y'eyatonda eggulu n'ensi mu mazima *n'amagezi amasuffu*. Ali waggulu nnyo kw'ebyo bye bamwenkanya na byo.

5. Yatonda omuntu mu ttondo ly'amazzi agazaala, naye okwejjuuririza nga ye muwakanyi ow'olwaatu.

6. Era n'ebisolo y'eyabitonda; mubirinamu ebibugumya n'ebyumugaso ebirala *bingi* era ku byo kwe mulya.

7. Era mubirinamu eby'okwewunda *n'essanyu* awo nga mubikomyawo eka akawungeezi, n'awo nga mubitwaala ku ttale ku makya.

8. Era byetikka ebizito byammwe okutuuka mu bifo bye mutaaluuseeko, okuggyako nga mwekakaabirizza. Mazima Mukama wammwe Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo.

9. Era y'eyatonda n'embalaasi, n'ennyumbu, n'endogoyi, mulyooke mubyebagale era *bibeere* ebyewundo. Era alitondayo n'ebirala *kati* bye mutamanyi.

10. Era okwoleka ekkubo *eggolokofu* kuli ku Allah, kuba mu go mulimu amakyaamu. Era singa Allah yayagala *kukaka*, ddala mwenna yaalibalung'amizza.

Ruku 2

11. Ye y'eyabassiza amazzi okuva mu bire gemufunako ag'okunywa era gegavaamu emiti kwe mulundira.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

أَتَىٰ أَمْرُ اللَّهِ فَلَا تَسْتَعْجِلُوهُ ۗ
سُبْحٰنَهُ وَتَعَلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ②

يُنزِلُ الْمَلَكَةَ بِالرُّوحِ مِنْ أَمْرِهِ
عَلَىٰ مَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ أَنْ أَنْزِلُوا
أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا فَاتَّقُونِ ③

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ ۗ
تَعَلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ④

خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ نُطْفَةٍ فَإِذَا هُوَ
خَصِيمٌ مُّبِينٌ ⑤

وَالْأَنْعَامَ خَلَقَهَا لَكُمْ فِيهَا دِفْءٌ وَ
مَنَافِعُ وَمِنْهَا تَأْكُلُونَ ⑥

وَلَكُمْ فِيهَا جَمَالٌ حِينَ تُرِيحُونَ وَ
حِينَ تَسْرَحُونَ ⑦

وَتَحْمِلُ أَوْثِقَ كُمْ إِلَىٰ بَلَدٍ لَمْ تَكُونُوا بِلِغِيهِ
إِلَّا يَشِقُّ الْإِنفُسَ إِنَّ رَبَّكُمْ لَرُدُوفٌ
رَّحِيمٌ ⑧

وَالْخَيْلَ وَالْبِغَالَ وَالْحَمِيرَ لِتَرْكَبُوهَا وَ
زِينَةً ۗ وَيَخْلُقُ مَا لَا تَعْلَمُونَ ⑨

وَعَلَى اللَّهِ قَصْدُ السَّبِيلِ وَ مِنْهَا
جَارٌ مُدٌ وَلَوْ شَاءَ لَهَدَاكُمْ أَجْمَعِينَ ⑩

هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً لَكُمْ
مِنْهُ شَرَابٌ وَمِنْهُ شَجَرٌ فِيهِ
تُسِيمُونَ ⑪

12. Agabamerezezeza ebimera eby' empeke, n'emizayituuni, n'emitende, n'emizabibu, n'ebibala ebya buli ngeri. Mazima mu kyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza.

يُنْبِتُ لَكُمْ مِنَ الزَّرْعِ وَالرَّيْتُونَ وَ
التَّخِيلَ وَالْأَعْنَابَ وَمِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿١٧﴾

13. Era y'eyateeka ekiro n'emisana ku kubaweereza, n'enjuba n'omwezi n'emmunyeenye ebyassibwa ku kuweereza mmwe olw'okulagira kwe. Mazima mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abakozesa amagezi

وَسَخَّرَ لَكُمْ الَّيْلَ وَالنَّهَارَ وَالشَّمْسَ
وَالْقَمَرَ وَالنُّجُومَ مُسَخَّرَاتٌ بِأَمْرِ
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿١٨﴾

14. Era n'ebyo bye yabatondera mu nsi eby'erangi ez'enjawulo biweereza byammwe. Mazima mw'ebyo mulimu okulabula eri abantu ababuulirirwa.

وَمَا ذَرَأْتُمْ فِي الْأَرْضِ مُخْتَلِفًا أَلْوَانُهُ
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَذَّكَّرُونَ ﴿١٩﴾

15. Era Ye y'eyabagondeza ennyanja mulyooke mulye mu yo ennyama ensu era muggye muy oeby'amajolobera bye mwambala. Era olaba ebyombo ku yo nga bisala amazzi, mulyooke munoonye ku mikisa gye era mulyooke mwebaze.

وَهُوَ الَّذِي سَخَّرَ الْبَحْرَ لِنَا كَلْوَامُهُ
لَحْمًا طَرِيًّا وَتَسَخَّرَ جُؤَامُهُ حَلِيَّةً
تَلْبَسُونَهَا وَتَرَى الْفُلْكَ مَوَاجِرَ
فِيهِ وَرَلْتَبَتُّعُوا مِنْ قَضَلِهِ وَلَعَلَّكُمْ
تَشْكُرُونَ ﴿٢٠﴾

16. Era y'eyassa mu nsi ensozi enyweevu ziryooke zibabeezeewo* era y'eyassaamu n'emigga n'amakubo mulyooke mukwate ekkubo ettuufu.

وَالْقَى فِي الْأَرْضِ رَوَاسِيًا أَنْ تَمِيدَ بِكُمْ
وَأَنْهَارًا وَسُبُلًا لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ﴿٢١﴾

17. Era yassaamu n'obubonero obulala. N'olwemmunyeenye bo bazuula amakubo gaabwe.

وَعَلَّمَتْهُ وَرَالْتَجْمِهِمْ يَهْتَدُونَ ﴿٢٢﴾

16:16. Bangi balowooza nti 'an tamiida bikum' (أَنْ تَمِيدَ بِكُمْ) bitegeeza 'eryooke ebayuuugumye'. Kino si kituufu kubanga olwo kyalibadde kitegeeza nti mu byengera Allah by'ajjukiza abantu mwe muli n'ensozi ezireetera ensi okuyuuuguma olwa musisi ate nga kino kireetera obulamu n'ebintu okutokomoka. Bangi tebakirowoozako nti ekigambo 'tamiida' (تَمِيدَ) kisibuka mu kigambo 'maada' (مَادَ) jekitegeeza 'okuwa ebibeesaawo obulamu bw'omuntu, okugeza nga emmere, amazzi, n'ebirala. Mu butuufu, n'ekigambo 'maaidah' (مَائِدَة) ekikozesebwa mu Kur'ani era nga kitegeeza 'ekijjulo' naky'o kisibuka mu nnono y'emu eya 'maada'.

Okusenziira ku makulu 'ag'okubeesaawo' ge tuggye mu kigambo kino, Aya etutegeeza nti Allah yatutondera ensozi nazo zituyambe mu kufuna ebintu ebitali bimbu bye twaataaga okubeerawo, okugeza nga: emmere, amazzi, n'ebirala bingi nnyo. Kimanyiddwa bulungi nti enkuba eva mu mazzi agafuumuuka mu ngeri y'omukka negagenda mu bwengula, omukka ate ne gukung'aanyizibwa, neguwola, olwo ate ne gudda ku nsi mu ngeri y'enkuba. Ensozi zizannya ekifo kya maanyi nnyo mu kuwoza empewo eno eryooke edde mu ngeri y'enkuba etonnya n'emezesa ebibala, emiti n'omuddo kwe tufuna emmere era n'ebisolo nabyo bwe bityo. Enzivunnula eno ekwatagana bulungi n'ensonga eyogerwako mu Aya eno n'endala ezigifaanana.

18. Abaffe, oyo atonda afaanana n’oyo atonda? Abaffe, temufumiitiriza?

أَفَمَنْ يَخْلُقُ كَمَنْ لَا يَخْلُقُ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٨﴾

19. Era bwe *mugezaako* okubala ebyengera bya Allah, temuyinza kubibala *kubimalayo*. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow’ekisa ekingi.

وَأِنَّ تَعْدُوا نِعْمَةَ اللَّهِ لَا تُحْصَوْنَهَا إِنَّ اللَّهَ لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٩﴾

20. Era Allah y’amanyi ebyo bye mukisa ne bye mwooleka.

وَاللَّهُ يَعْلَمُ مَا تُسْرُونَ وَمَا تُعْلِنُونَ ﴿٢٠﴾

21. Era abo be bwanjagira ebbali wa Allah tebatonda kintu kyonna, wabula nabo batondebwa butondebwa.

وَالَّذِينَ يَدْعُونَ مِن دُونِ اللَّهِ لَا يَخْلُقُونَ شَيْئًا وَهُمْ يُخْلَقُونَ ﴿٢١﴾

22. Bafu, si balamu; era tebategeera na ddi lwe balizuukizibwa.

أَمْوَاتٌ غَيْرٌ أَحْيَاءَ وَمَا يَشْعُرُونَ أَيَّانَ يُبْعَثُونَ ﴿٢٢﴾

Ruku 3

23. Omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu *yekka*. Kale abo abatakkiriza nkomerero, emyoyo gyaabwe migwiira *eri amazima* era bo beekuza nnyo.

إِلَهُكُمْ إِلَهٌ وَاحِدٌ فَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ قُلُوبُهُم مُّنكِرَةٌ وَهُمْ مُسْتَكْبِرُونَ ﴿٢٣﴾

24. Tewali kuwannaanya, ddala Allah amanyi bulungi ebyo bye bakisa n’ebyo bye booleka. Mazima Ye tayagala beekuza.

لَا جَرَمَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُسْرُونَ وَمَا يُعْلِنُونَ إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْمُسْتَكْبِرِينَ ﴿٢٤﴾

25. Era bwe bagambibwa nti: *Mulowooza ki kw’ebyo Mukama wammwe bye yassa?* Bagamba nti: *Ezo ngero z’abedda.*

وَإِذَا قِيلَ لَهُمَ مَاذَا أَنْزَلَ رَبُّكُمْ قَالُوا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٢٥﴾

26. N’ekivaamu balyetikka obuzito bwabwe obujjuvu ku lunaku lw’okuzuukira, n’obumu ku buzito bw’abo be baabuzamu butamanya. Mwetegereze! Nga bibi nnyo ebyo bye beetisse.

لِيَحْمِلُوا أَوْزَارَهُمْ كَامِلَةً يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَهُمْ أَوْزَارِ الَّذِينَ يُضِلُّوهُمْ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَلَا سَاءَ مَا يَزِرُونَ ﴿٢٦﴾

Ruku 4

27. Ddala n’abo abaabasooka baasala enkwe, naye Allah n’ajjira ekizimbe kyabwe okuva mu misingi, kale akasolya nekabagwako nga kava waggulu waabwe; era nebatuukibwako n’ekibonerezo okuva gye bataamanya.

قَدْ مَكَرَ الَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ فَإِنَّ اللَّهَ بُنِيَانُهُم مِّنَ الْقَوَاعِدِ فَخَرَّ عَلَيْهِمُ السَّقْفُ مِن فَوْقِهِمْ وَأَتَاهُمُ الْعَذَابُ مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٢٧﴾

28. Nate ne ku lunaku lw’okuzuukira alibaswaaza era aligamba nti: Baluwa abo abenkana nange be mwasinziirangako okuwakanya *Ababaka?* Abo abaaweebwa okumanya baligamba nti: Olwa leero obuswaavu n’obubi biri ku batakkiriza.

ثُمَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ يُخْزِيهِمْ وَيَقُولُ آيِنَ شُرَكَاءِي الَّذِينَ كُنْتُمْ تُشَاقِقُونَ فِيهِمْ قَالَ الَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ مِنَ الْخِزْيِ الْيَوْمَ وَالسُّوءَ عَلَى الْكُفْرِينَ ﴿٢٨﴾

29. Abo ba malayika be baafiisa nga be-ryazaamanyizza. Olwo balissaawo okwe-ryanya *bagambe nti*: Tetwakola kibi kyonna. Nedda, mazima Allah amanyi bulungi bye mwakolanga.

30. Kale muyingire mu miryango gya Jahannamu mubeere omwo. Naye ddala amaka g'abeekuza mabi nnyo!

31. Naye abeekuumi bwe bagambibwa nti: *Mulowooza ki kw'ebyo* Mukama wammwe bye yassa? Baddamu nti: Birungi nnyo. Abo abakola ebirungi ku nsi kuno, be balifuna ebirungi. Naye amaka g'enkomerero ge gasinga obulungi. Era amaka g'abeekuumi si malungi ggero!

32. *Balifuna* ensuku ez'olubeerera ze baliyngiramu, nga zikulukutamu emigga wansi wa zo. Balifuniramu buli kye balyaagala. Bw'atyoo nno Allah bw'asasula abeekuumi,

33. Abo ba malayika be bafiisa nga balongoofu, *ba malayika* bagamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe! Muyingire mu Janna olw'ebyo bye mwakolanga.

34. Abaffe, balindayo *ki nate* okuggyako okujirwa ba malayika *okubabonereza* oba ekiragiro kya Mukama wo okujja? Bwe batyo n'abaabasooka bwe baakolanga. Era Allah teyabalyazaamaanya naye beeryazaamaanya bokka.

35. Kale baatuukibwako akabi olw'ebyo bye baakola, era nebeetooloolwa ebyo bye baakudaaliranga.

Ruku 5

36. Era abo abenkanya Allah n'ebirala bagamba nti: Singa Allah yayagala *tuleme kusinza birala*, tetwaalisinzizza kintu kyonna ebbali we—ffe wadde bakitaffe—wadde tetwandizizizza kintu kyonna ebbali we. Bwe batyo n'abaabasooka bwe baakola. Naye abaffe, Ababaka bavunaanyizibwayo *ekirala* okuggyako okutuusa *obubaka* akaati?

الَّذِينَ تَتَوَكَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ ظَاكِرِي
أَنْفُسِهِمْ فَأَلْقُوا السَّلَامَ مَا كُنَّا نَعْمَلُ
مِنْ سُوءٍ بَلَى إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِمَا
كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٢٩﴾

فَأَدْخَلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا
فَلَيْسَ مَثْوًى الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٣٠﴾

وَقِيلَ لِلَّذِينَ اتَّقَوْا مَاذَا أَنْزَل
رَبُّكُمْ قَالُوا خَيْرٌ وَاللَّذِينَ
أَحْسَنُوا فِي هَذِهِ أُنْثِيَآ حَسَنَةٌ وَ
كَذَآرُ الْآخِرَةِ خَيْرٌ وَ لَنَعْمَ دَآرُ
الْمُتَّقِينَ ﴿٣١﴾

جِئْتُ عَذَابٍ يَدْخُلُونَهَا تَجْرِي مِنْ
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ لَهُمْ فِيهَا مَا يَشَاءُونَ
كَذَآلِكَ يَجْزِي اللَّهُ الْمُتَّقِينَ ﴿٣٢﴾

الَّذِينَ تَتَوَكَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ طَيِّبِينَ
يَقُولُونَ سَلَامٌ عَلَيْكُمْ إِذْ خَلُوا الْجَنَّةَ
بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٣٣﴾

هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا أَنْ تَأْتِيَهُمُ
الْمَلَائِكَةُ أَوْ يَأْتِي أَمْرٌ رَبِّكَ كَذَآلِكَ
فَعَلَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ وَ مَا
ظَلَمَهُمُ اللَّهُ وَلَكِنْ كَانُوا أَنْفُسَهُمْ
يَظْلِمُونَ ﴿٣٤﴾

فَاصْبِرْ لَهُمْ صَبَآتٍ مَا عَمَلُوا أَوْ حَاقَ
بِهِمْ مَا كَانُوا يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٣٥﴾

وَقَالَ الَّذِينَ أَشْرَكُوا لَوْ شَاءَ اللَّهُ مَا
عَبَدْنَا مِنْ دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ نَحْنُ وَآلَآءُ
آبَاؤُنَا وَ لَآ حَرَمٌ مَتَانٍ دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ
كَذَآلِكَ فَعَلَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ
فَهَلْ عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ ﴿٣٦﴾

37. Era ddala buli bantu twabatumamu Omubaka *okubategeeza* nti: Musinze Allah *yekka* era mwewale omujeemu *Sitaani*. Kale mu bo mulimu Allah be yalung'anya ne mu bo mulimu abaakakatako obubuze. Kale mutambuleko mu nsi mulabe enkomerero y'abaalimbisa *Ababaka* nga bwe yali!

وَلَقَدْ بَعَثْنَا فِي كُلِّ أُمَّةٍ رَّسُولًا أَنْ
اعْبُدُوا اللَّهَ وَاجْتَنِبُوا الطَّاغُوتَ ۗ
فَمِنْهُمْ مَن هَدَى اللَّهُ وَمِنْهُمْ مَن
حَقَّتْ عَلَيْهِ الضَّلَالَةُ ۖ فَسِيرُوا فِي
الْأَرْضِ فَانظُرُوا كَيْفَ كَانَ
عَاقِبَةُ الْمُكَذِّبِينَ ﴿٣٧﴾

38. Obanga oyaayaanira kulung'ama kwabwe, kale ddala Allah talung'anya abo ababuza *abantu*. Era *abo* tebalina na bayambi.

إِنْ تَحَرَّضَ عَلَىٰ هُدَاهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ لَا
يَهْدِي مَن يُبْضِلُ ۖ وَمَا لَهُم مِّن
نَّصِيرِينَ ﴿٣٨﴾

39. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza *nti*: Allah tagenda kuzuukiza oyo afudde. Si bwekiri, *ekyo* kisuubizo kikakafu ku Ye; naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَاقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لَا
يَبْعَثَ اللَّهُ مَن يَمُوتُ ۖ بَلَىٰ وَعَدَا
عَلَيْهِ حَقًّا ۚ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا
يَعْلَمُونَ ﴿٣٩﴾

40. *Alibazuukiza* alyooke abannyonyole ebyo bye batakkiriziganyangamu, n'abo abatakiriza balyooke bamanye nti ddala baali balimba.

لِيُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِي يُخْتَلِفُونَ فِيهِ ۚ
لِيَعْلَمَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنَّهُمْ كَانُوا
كَذِبِينَ ﴿٤٠﴾

41. Mazima ekigambo kyaffe ku kintu kyonna bwe tuba nga tukyagadde, kale tukigamba bugambi nti: Ba! olwo nekiba.

إِنَّمَا قَوْلُنَا لِشَيْءٍ إِذَا أَرَدْنَاهُ أَنْ
نَقُولَ لَهُ كُنْ فَيَكُونُ ﴿٤١﴾

Ruku 6

42. Era abo abasenguka ku lwa Allah oluvannyuma lw'okukijjanyizibwa, mazima tugenda kubawa amaka amalungi ku nsi; naye ddala empeera y'enkomerero y'esinga obukulu, singa babadde bamanyi —

وَالَّذِينَ هَاجَرُوا فِي اللَّهِ مِنْ بَعْدِ
مَا ظَلَمُوا لَنُبَوِّئَنَّهُمْ فِي الدُّنْيَا
حَسَنَةً ۗ وَلَا جُرْأَلُومًا الْآخِرَةِ ۖ أَكْبَرُ مِمَّا
كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٤٢﴾

43. *Tuwe* n'abo abagumiikiriza era abeesiga Mukama waabwe.

الَّذِينَ صَبَرُوا ۚ وَعَلَىٰ رَبِّهِمْ
يَتَوَكَّلُونَ ﴿٤٣﴾

44. Era tetutumanga *Mutume* yenna olubereberye lwo wabula basajja be twabikkuliranga, kale mubuuze ba nannyini Kijjukiza, mmwe bwe muba nga temumanyi.

وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ إِلَّا رَجُلًا نُوحِي
إِلَيْهِمْ فَسَأَلُوا أَهْلَ الذِّكْرِ إِنْ كُنْتُمْ
تَعْلَمُونَ ﴿٤٤﴾

45. *Twatuma Ababaka* n'obubonero obwetadde n'ebiwandiiko. Era twassa gy'oli Okubuulirira olyooke onnyonyole abantu ebyo ebyassibwa gye bali era balyooke bafumiitirize.

بِالْبَيِّنَاتِ ۚ وَالزُّبُرِ ۗ وَآتَيْنَا لِيَاكِلَ
الذِّكْرِ لِيُتَّبِعِينَ لِلنَّاسِ مَا نُزِّلَ إِلَيْهِمْ
ۚ وَلَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٤٥﴾

46. Abaffe, abo abasala enkwe embi *balowoza nti* bali mirembe, Allah taabamizise ensi oba ekibonerezo okubatuukako okuva awantu we batamanyi?

أَفَأَمِنَ الَّذِينَ مَكَرُوا السَّيِّئَاتِ أَنْ يَخْسِفَ اللَّهُ بِهِمُ الْأَرْضَ أَوْ يَأْتِيَهُمُ الْعَذَابُ مِنْ حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٤٦﴾

47. Oba *nti* taabakwate nga bali mu kutawuka kwabwe? Kale tebayinza kulemesa *nitegeka ya Allah*.

أَوْ يَأْخُذَهُمْ فِي تَقْلِبِهِمْ فَمَا هُمْ بِمُعْجِزِينَ ﴿٤٧﴾

48. Oba *nti* taababonereze n'okuzikirira okw'empolampola? Mazima Mukama wammwe mukwatampola, wa kisa nnyo.

أَوْ يَأْخُذَهُمْ عَلَى تَخَوُّفٍ فَإِنَّ رَبَّكُمْ لَكَرِيمٌ ﴿٤٨﴾

49. Abaffe, tebalaba nti ebisiikirize bya buli kimu Allah kye yatonda bikiyuukira ku ddyo ne ku kkono mu bwetoowaze eri Allah, so ng'ate bo baswaazibwa buswaazibwa?

أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَى مَا خَلَقَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ يَتَفَتَّيُونَ ظِلُّهُ عَنِ الْيَمِينِ وَالشَّمَائِلِ سُجَّدًا لِلَّهِ وَهُمْ دَاخِرُونَ ﴿٤٩﴾

50. Era byonna ebirina obulamu ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bigondera Allah, ne ba malayika bwe batyo, ate bo tebeekuzza.

وَاللَّهُ يَسْجُدُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ مِنْ دَابَّةٍ وَالْمَلَائِكَةِ وَهُمْ لَا يَسْتَكْبِرُونَ ﴿٥٠﴾

51. Batya nnyo Mukama waabwe ali waggulu waabwe era bakola ebyo *byokka* ebibalagirwa.

يَخَافُونَ رَبَّهُمْ مِنْ فَوْقِهِمْ وَيَفْعَلُونَ مَا يُؤْمَرُونَ ﴿٥١﴾

Ruku 7

52. Era Allah yagamba *nti*: Temutwalanga abasinzibwa ababiri. Mazima oyo asinzibwa *omutuufu* ali Omu *yekka*. Kale mutye Nze nzekka.

وَقَالَ اللَّهُ لَا تَتَّخِذُوا إِلَهِينَ اثْنَيْنِ ۚ إِنَّمَا هُوَ إِلَهُ وَاحِدٌ ۚ فَإِيتَايَ فَآهَبُونَ ﴿٥٢﴾

53. Era byonna ebiri mu ggulu ne *mu* nsi bibye, *n'okusalawo* ekkubo ettuufu kukwe ddi na ddi. Abaffe, era atali Allah gwe munaatya?

وَلَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلَهُ الدِّينُ وَاصْبَاءُ أَعْيُنِنَا ۗ وَاللَّهُ تَتَّقُونَ ﴿٥٣﴾

54. Era ebyengera byonna bye mulina, kale biva eri Allah. Nate era bwe mutuukibwako obuzibu, kale gy'ali gye muwanjagira.

وَمَا بِكُمْ مِنْ رِعْمَةٍ مِنَ اللَّهِ تُمْ إِذَا مَسَّكُمُ الضُّرُّ فَإِلَيْهِ تَجْعَرُونَ ﴿٥٤﴾

55. N'oluvannyuma bw'abaggyako obuzibu, amangu ago ng'abamu mu mmwe benkanya Mukama waabwe n'ebirala,

ثُمَّ إِذَا كَشَفَ الضُّرَّ عَنْكُمْ إِذَا فَرِيقٌ مِّنْكُمْ يَرِيهَ يَشْرِكُونَ ﴿٥٥﴾

56. N'ekivaamu beegaana ebyo bye twabawa. Kale ggwe mwesanyusemu *akaseera*, naye mangu nnyo mujja kumanya.

لِيَكْفُرُوا بِمَا آتَيْنَاهُمْ ۖ فَتَمَتَّعُوا فَسَوْفَ تَعْلَمُونَ ﴿٥٦﴾

57. Era bateekawo emitemwa olw'ebyo bye batamanyi okuva mw'ebyo bye twabawa. Mu mazima ga Allah, ddala mulibuuzibwa kw'ebyo bye mwajingajinganga.

وَيَجْعَلُونَ لِمَا لَا يَعْلَمُونَ نَصِيبًا مِّمَّا رَزَقْنَاهُمْ ۗ تَاللَّهِ لَتَسْأَلَنَّ عَمَّا كُنْتُمْ تَفْتَرُونَ ﴿٥٧﴾

58. Era bateerawo Allah *abaana* abawala. Obutuukurivu bubwe! So nga bo balina abo be baagala.

وَيَجْعَلُونَ لِلَّهِ الْبَنَاتِ سُبْحٰنَهُ ۗ
وَالَهُمْ مَا يَشْتَهُونَ ﴿٥٨﴾

59. Era omu mu bo bw'aweebwa amawulire g'omwana ow'obuwala *nti gw'azadde*, amaaso ge gafuuka agafumye, ng'eno afa ekiniga.

وَإِذَا بُشِّرَ أَحَدُهُم بِالْأُنثَىٰ ظَلَّ
وَجْهَهُ مُسْوَدًّا وَهُوَ كَظِيمٌ ﴿٥٩﴾

60. Yekweeka n'abantu olw'amawulire g'ategeezeddwa g'atwala *okuba* amabi ng'akubaganyamu nti amusigaze agumire obuswaavu oba amuziike mu ttaka? Muwulirize, kibi nnyo ekyo kye basalawo.

يَتَوَارَىٰ مِنَ الْقَوْمِ مِنْ سُوءِ مَا
بُشِّرَ بِهِ ۗ أَيُمْسِكُهُ عَلَىٰ هُونٍ أَمْ
يَدُسُّهُ فِي التُّرَابِ ۗ أَلَا سَاءَ مَا
يَحْكُمُونَ ﴿٦٠﴾

61. Abo abatakkiriza nkomerero be ba-weebwako eky'okulabirako ekisinga obubi, so ng'ate Allah aweebwako kya kulabirako ekisinga okuba ekya waggulu; anti Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

لَيَذَرِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ ۗ
مِثْلُ السُّوءِ ۗ وَوَلِيَ الْمَثَلُ الْأَعْلَىٰ ۗ
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٦١﴾

Ruku 8

62. Era singa Allah abanereza abantu *buli mulundi* olw'obukyaamu bwabwe, *ensi* teyaaligireseeko kiramu kyonna, naye abalekawo okutuusa ku kiseera ekyagerekebwa. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, tebayinza kwerwiisa mabega kaseera n'akamu, wadde tebasukkawo.

وَلَوْ يُوٓأْخِذُ اللَّهُ النَّاسَ بِظُلْمِهِمْ
مَا تَرَكَ عَلَيْهَا مِنْ دَابَّةٍ وَّلٰكِنْ
يُؤَخِّرُهُمْ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ۗ فَإِذَا جَاءَ
أَجَلُهُمْ لَا يَسْتَأْخِرُونَ سَاعَةً وَّ لَا
يَسْتَفْتِدُونَ ﴿٦٢﴾

63. Era bateerawo Allah ebyo bye batayagala, n'ennimi zaabwe zoogera obulimba nti bo be balifuna ebisinga obulungi. Tewali kuwannaanya, ddala balifuna muliro, era ddala bo be balisuulirirwa.

وَيَجْعَلُونَ لِلَّهِ مَا يَكْرَهُونَ وَتَصِفُ
أَلْسِنَتُهُمُ الْكُذِبَ أَنَّ لَهُمُ الْحُسْنَىٰ ۗ
لَا جَرَمَ أَنَّ لَهُمُ النَّارَ وَأَنَّهُمْ
مُفْرَطُونَ ﴿٦٣﴾

64. Amazima ga Allah, twatuma *Ababaka* eri abantu ab'olubereberye lwo, naye Sitaani n'abalungiyiza ebikolwa byabwe. Kale ye ne leero ye mukwano gwabwe, era balifuna ekibonerezo ekirumya.

تَاللَّهِ لَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَىٰ أُمَمٍ مِّن قَبْلِكَ
فَرَيْنَ لَهُمُ الشَّيْطٰنُ أَعْمَالَ لَهُمْ فَهُوَ
وَلِيُّهُمْ لِيُؤْمَرُوا لَهُمْ عَذَابَ آلِيْمٍ ﴿٦٤﴾

65. Era tetwassa Kitabo ku ggwe wabula olyooke obannyonyole ebyo bye batakkirizaganyaamu, era nga bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abakkiriza.

وَمَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ إِلَّا
لِتُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِي اخْتَلَفُوا فِيهِ ۗ وَ
هُدًى وَرَحْمَةً لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٦٥﴾

66. Era Allah y'assa amazzi okuva mu bire n'agalamusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero eri abantu abawulira.

وَاللَّهُ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَحْيَا بِهِ
الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا ۗ إِنَّ فِي ذٰلِكَ
لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَسْمَعُونَ ﴿٦٦﴾

Ruku 9

67. Era ddala mulina eky' okuyiga mu bisolo. Tubanywesa amata amatuufu agali mu mbuto za byo nga gava wakati w' obusa n' omusaayi, agawoomera abanywi.

وَإِنَّ لَكُمْ فِي الْأَنْعَامِ لَعِبْرَةً ۗ
نُسْقِيكُمْ مِمَّا فِي بُطُونِهِمْ مِنْ بَيْنِ
فَرْثٍ وَدَمِهِ لَبَنًا خَالِصًا سَائِغًا
لِلشَّارِبِينَ ﴿٧٧﴾

68. Ne mu bibala by'emitende n'emizabibu mmwe bye mukolamu ebitamiiza n' ebiriibwa ebirungi. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero akannamaddala eri abantu abakozesa amagezi.

وَمِنْ ثَمَرَاتِ النَّخِيلِ وَالْأَعْنَابِ
تَتَّخِذُونَ مِنْهُ سَكَرًا وَرِزْقًا حَسَنًا
إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿٧٨﴾

69. Era Mukama wo yabikkulira enjuki nti: Kola enju mu nsozi ne mu miti ne kw'ebyo bye batindiira,

وَأَوْحَى رَبُّكَ إِلَى النَّحْلِ أَنْ اتَّخِذِي
مِنَ الْجِبَالِ بُيُوتًا ۖ وَمِنَ الشَّجَرِ وَمِمَّا
يَعْرِشُونَ ﴿٧٩﴾

70. N' oluvannyuma lya ku bibala ebya buli ngeri, era yita mu makubo ga Mukama wo n' obuwulize. *Oluvannyuma* mu mbuto za zo muvaamu eky' okunywa eky'erangi ez'enjawulo ekirimu okuwonya eri abantu. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero eri abantu abafumiitiriza.

ثُمَّ كَلِمَ مِنْ كُلِّ النَّمَلِ فَأَسْلُمِي
سُبُلَ رَبِّكِ ذُلُلًا يَخْرُجُ مِنْ بُطُونِهَا
شَرَابٌ مُخْتَلِفٌ أَلْوَانُهُ فِيهِ شِفَاءٌ
لِلنَّاسِ ۚ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِقَوْمٍ
يَتَفَكَّرُونَ ﴿٨٠﴾

71. Era Allah y'eyabatonda n' oluvannyuma y' abafisa. Ne mu mmwe mulimu oyo *akaddiva* n' azzibwayo mu bulamu obw'okukekejana, n' ekivaamu aba takyategeera kintu kyonna oluvannyuma lw'okumanya *kwe yalina*. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omuyinza wa byonna.

وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ ثُمَّ يَتَوَفَّاكُمْ ۗ وَ
مِنْكُمْ مَنْ يُرَدُّ إِلَىٰ أَرْدَلِ الْعُمُرِ لِكَيْ
لَا يَعْلَمَ بَعْدَ عِلْمٍ شَيْئًا ۚ إِنَّ اللَّهَ
عَلِيمٌ قَدِيرٌ ﴿٨١﴾

Ruku 10

72. Era Allah y'eyasukkulumya abamu mu mmwe ku balala mu bigabibwa. Naye abo abasukkulumizibwa tebaddiza ku bibaweebwa byabwe eri abo abali wansi w'emikono gyabwe egya ddyo, nabo *balyooke* basobole okwenkanankana nabo mu byo. Abaffe, ebyengera bya Allah bye beegaana mu bugenderevu?

وَاللَّهُ فَضَّلَ بَعْضَكُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ فِي
الرِّزْقِ ۗ فَمَا الَّذِينَ فُضِّلُوا بِرَادِّي
رِزْقِهِمْ عَلَىٰ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ
فَهُمْ فِيهِ سَوَاءٌ ۚ أَفَتِنِعْمَتِ اللَّهِ
يَجْحَدُونَ ﴿٨٢﴾

73. Era Allah yabakolera abakyala nga bava mu mmwe era n' abakolera abaana n' abazuku ngu nga bava mu bakyala bammwe era n' abagabula ku birongoofu *ebya buli ngeri*. Abaffe, ebitaliimu nsa bye bakkiriza ate ebyengera bya Allah bo nebagigaana?

وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمْ مِنْ أَنْفُسِكُمْ أَزْوَاجًا
وَجَعَلَ لَكُمْ مِنْ أَنْفُسِكُمْ بَيْنِينَ وَ
حَفَدَةً ۚ وَرَزَقَكُمْ مِنَ الطَّيِّبَاتِ ۗ
أَقْبَابًا يُبَاطِلُ يُؤْمِنُونَ وَيَنْعَمَتِ اللَّهُ
هُمُ يَكْفُرُونَ ﴿٨٣﴾

74. Era basinza ebbali wa Allah ebyo ebitabalinaako buyinza ku kubawa kyonna okuva mu ggulu wadde mu nsi ate nga tebirina na kye bisobola *kukola*.

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَمْلِكُ لَهُمْ رِزْقًا مِّنَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ شَيْئًا وَلَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٧٤﴾

75. Kale temuteerawo Allah ebigerageranyizibwa *naye*. Mazima Allah y'amanyi byonna, *naye mmwe temumanyi*.

فَلَا تَضُرُّوا اللَّهَ مَا مِثَالُ مَا اتَّاتَى اللَّهَ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٧٥﴾

76. Allah aleeta *gye muli eky' okulabirako* ky'omuddu afugibwa, atalina buyinza ku kyonna; *n'amugeza* kw'oyo gwe twaawa ebigabibwa ebirungi ebiva gye tuli era ng'asaasanya ku byo *nga bwe kisaana* mu kyaama ne mu lwaatu. Abaffe, *bombi* benkanankana? Amatendo gonna ga Allah. *Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi*.

ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا عَبْدًا مَّمْلُوكًا لَا يَقْدِرُ عَلَى شَيْءٍ وَمَن رَزَقْنَاهُ مِثْرًا رِزْقًا حَسَنًا فَهُوَ يُنْفِقُ مِنْهُ سِرًّا وَجَهْرًا هَلْ يَسْتَوُونَ هَلْ يَحْمَدُ اللَّهَ بَلْ كَثُرُوا لَا يَعْلَمُونَ ﴿٧٦﴾

77. Era Allah aleeta eky' okulabirako ku bantu babiri: nga omu ku bo kasiru talina busobozi ku kintu kyonna era nga azitoowerera nnyo Mukama we; nga ne buli gy'amutuma, taleetayo kalungi n'akamu. Abaffe, oyo yenkana n'oyo akubiriza obwenkanya ate ng'ali na ku kkubo ggolokofu?

وَضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِّرَجُلَيْنِ أَحَدُهُمَا أَبَيْكُمُ لَا يَقْدِرُ عَلَى شَيْءٍ وَهُوَ كَلٌّ عَلَى مَوْلَاهُ أَيْنَمَا يُوَجِّههُ لَا يَأْتِ بِخَيْرٍ هَلْ يَسْتَوِي هُوَ وَمَن يَأْمُرُ بِالْعَدْلِ وَهُوَ عَلَى صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٧٧﴾

Ruku 11

78. Era ebitalabika ebiri mu ggulu ne mu nsi bya Allah. Era ensonga y'Essaawa *eyalaganizibwa* teri *wala* wabula ering'anga okutemya kw'eriiso oba yo esinga nawo okuba okumpi. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَاللَّهُ غَيْبُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا أَمْرُ السَّاعَةِ إِلَّا كَلَمْحِ الْبَصَرِ أَوْ هُوَ أَقْرَبُ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٧٨﴾

79. Era Allah y'eyabaggya mu mbuto za bannyammwe nga temulina kye mumanyi, era yabakolera amatu n'amaaso n'emitima, mulyooke mwebaze.

وَاللَّهُ أَخْرَجَكُم مِّن بُطُونِ أُمَّهَاتِكُمْ لَا تَعْلَمُونَ شَيْئًا وَجَعَلَ لَكُمُ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ وَالْأَفْئِدَةَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٧٩﴾

80. Abaffe, tebatunulako eri ennyonyi eziri mu bbanga ly'eggulu? Tewali aziwanirira wabula Allah. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

أَلَمْ يَرَوْا إِلَى الطَّيْرِ مُسَخَّرَاتٍ فِي جَوِّ السَّمَاءِ مَا يُمَسِّكُهُنَّ إِلَّا اللَّهُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٨٠﴾

81. Era Allah yabatekera mu mayumba gammwe obuwummuliro, era n'abakolera mu maliba g'ebisolo obuyu obuanguyira mu kiseera ky'olugendo lwammwe ne mu kiseera ky'ekiwummulo kyammwe; mu byoya bya zo

وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُم مِّن بُيُوتِكُمْ سَكَنًا وَجَعَلَ لَكُم مِّن جُلُودِ الْأَنْعَامِ بُيُوتًا تَسْتَخِفُّونَهَا يَوْمَ ظَعْنِكُمْ وَيَوْمَ

ne mu mboobo za zo, ne mu bwoya bwa zo mukolamu eby'omu maka n'ebyeeyambisi-bwa okumala ekiseera.

82. Era Allah yabakolera ebisiikirize mw'ebyo bye yatonda era n'abakolera obwewogomo mu nsozi era n'abakolera ebyambalo ebibawonya ebugumu, n'ebyambalo ebibawonya mu ntalo zammwe. Bw'atyo nno bw'atuukiriza ebyengera bye ku mmwe, mulyooke mujeemulukuke.

83. Kale bwe baneekyuusa, *totya*; mazima obuvunaanyizibwa bwo kutuusa *bubaka* mu lwaatu.

84. Bamanyi *bulungi* ebyengera bya Allah, naye ate nebabyegaana; era abasinga obungi mu bo tebasiima.

Ruku 12

85. Era *jjukira* olunaku lwe tulisitula omujulizi okuva mu buli bantu, n'oluvannyuma abo aberema tebalikkirizibwa *kuwoza*, so tebalikkirizibwa kusembera.

86. Era aboonoonyi bwe baliraba ekibonerezo, tekiribakendeerezebwo wadde tebaliweebwa kaagaanya.

87. Era abo abenkanya Allah n'ebirala bwe baliraba bakatonda baabwe, baligamba nti: Mukama waffe, bano be bakatonda baffe abo be twasabanga mu kifo kyo. Olwo *bakatonda* balibakangukira nti: Mazima muli balimba.

88. Era ku lunaku olwo balissaawo obu-jeemulukufu eri Allah, n'ebyo bye baajinganga biribaabulira.

89. Abo abatakkiriza era nebaziya *abantu okugenda* mu kkubo lya Allah, tulibongera ekibonerezo ku kibonerezo olw'okubanga baatabulatabulanga.

90. Era *jjukira* olunaku lwe tulisitula mu buli bantu ow'okubawaako obujulizi ng'ava mu bo bennyini, era naawe tulikuleeta obe omujulizi ku bano. Era twassa gy'oli Ekitabo ekittotola buli kimu, nga bwe bulung'amu n'okusaasira era nga ge mawulire

إِنَّمَا مَعَكُمْ، وَمِنْ أَصْوَابِهَا وَأَوْبَارِهَا
وَأَشْعَارِهَا أَفَانَا وَمَتَاعًا إِلَىٰ حِينٍ ﴿٨٦﴾

وَاللَّهُ جَعَلَ لَكُمْ مِمَّا خَلَقَ ظِلَالًا
وَجَعَلَ لَكُمْ مِنَ الْجِبَالِ أَكْنَانًا وَجَعَلَ
لَكُمْ سَرَائِجَ لَيْلٍ يُقِيمُ الْحَرَّ وَسَرَائِجَ
نَهَارٍ يُقِيمُ الْبُرْدَ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ
لَكُمْ آيَاتِهِ لَعَلَّكُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٨٧﴾

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْكَ الْبَلْغُ
الْمُيِّنُ ﴿٨٧﴾

يَعْرِفُونَ نِعْمَتَ اللَّهِ ثُمَّ يُنْكِرُونَهَا
وَكَثُرَ هُمُ الْكَافِرُونَ ﴿٨٨﴾

وَيَوْمَ نَبْعَثُ فِي كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا
لَهُمْ لَأُبْذُنَ لِلَّذِينَ كَفَرُوا وَلَا هُمْ
يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٨٩﴾

وَإِذَا رَأَى الَّذِينَ ظَلَمُوا الْعَذَابَ فَلَا
يُخَفِّفُ عَنْهُمْ وَلَا هُمْ يُنظَرُونَ ﴿٩٠﴾

وَإِذَا رَأَى الَّذِينَ أَشْرَكُوا شُرَكَاءَهُمْ
قَالُوا رَبَّنَا هَؤُلَاءِ شُرَكَائُنَا الَّذِينَ
كُنَّا نَدْعُوا مِنْ دُونِكَ فَأَلْقَوْا
إِلَيْهِمُ الْقَوْلَ إِنَّكُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٩١﴾

وَأَلْقَوْا إِلَى اللَّهِ يَوْمَئِذٍ يَسْتَلِمُونَ
وَضَلَّ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٩٢﴾

الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِ
اللَّهِ زِدْنَاهُمْ عَذَابًا فَوْقَ الْعَذَابِ
بِمَا كَانُوا يَفْسِدُونَ ﴿٩٣﴾

وَيَوْمَ نَبْعَثُ فِي كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا
عَلَيْهِمْ مِنْ أَنفُسِهِمْ وَجُنَّا بِلِكِّ
شَهِيدًا أَعْلَىٰ هَؤُلَاءِ وَنَزَّلْنَا عَلَيْكَ
الْكِتَابَ تِبْيَانًا لِّكُلِّ شَيْءٍ وَهُدًى وَ

ag'essanyu eri Abasiraamu.

Ruku 13

91. Mazima Allah alagira bwenkanya, n'ekisa, n'okugaba nga bw'ogabira ababo, era awera ebyambyoone n'ebitasaana n'obujeemu; ababuulirira mulyooke mufumiitirize.

92. Era mutuukirizenga endagaano ya Allah bwe mubanga mulagaanye era temumenyanga birayiro oluvannyuma lw'okubikakasa ng'ate Allah gwe mufudde omuyima ku mmwe. Mazima Allah amanyi bye mukola.

93. Era temuba ng'omukazi eyakutulakutula ewuuzi ye ebitundutundu oluvannyuma lw'okugiranga n'eguma, nga mufuula ebirayiro byammwe eky'okubuzaabuza wakati wammwe nga mutya nti wajja kubaawo ekibiina ekisinga amaanyi ku kirala. Mazima ddala Allah ebyo abagezesa bugezesa nabyo. Era ddala ku lunaku lw'okuzuukira alibannyonyola ebyo bye mutakirizaganyangamu.

94. Era singa Allah yayagala kukaka, ddala yaalibafudde ekibiina kimu, naye abuza oyo gw'aba asalidde era n'alung'anya oyo gw'aba asiimye. Era ddala mulibuuzebwa kw'ebyo bye mwakolanga.

95. Era temufuulanga birayiro byammwe okuba eky'okubuzaabuza wakati wammwe, si kulwa nga ekigere kiseerera oluvannyuma lw'okunyweera kwa kyo; nemulega ku kibi olw'okwekiika kwammwe mu kkubo lya Allah, olwo nemufuna ekibonerezo ekisukkirivu.

96. Era endagaano ya Allah temugiwananyisangamu omuwendo omutono. Ddala ekiri eri Allah ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

97. Ebyo bye mulina byonna bya kuggwaawo, naye ebiri eri Allah by'ebyokusigalawo olubeerera. Era ddala abo abagumiikiriza tulibasasula empeera yaabwe okusinziira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

رَحْمَةً وَبُشْرَىٰ لِلْمُسْلِمِينَ ﴿١٠﴾

إِنَّ اللَّهَ يَأْمُرُ بِالْعَدْلِ وَالْإِحْسَانِ
رَأْيَتَائِي ذِي الْقُرْبَىٰ وَيَنْهَىٰ عَنِ
الْفَحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ وَالْبَغْيِ ۗ يَعِظُكُمْ
لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿١١﴾

وَأَوْفُوا بِعَهْدِ اللَّهِ إِذَا عَاهَدْتُمْ
وَلَا تَنْقُضُوا الْأَيْمَانَ بَعْدَ تَوْكِيدِهَا
وَقَدْ جَعَلْتُمُ اللَّهَ عَلَيْكُمْ كَفِيلًا ۗ إِنَّ
اللَّهَ يَعْلَمُ مَا تَفْعَلُونَ ﴿١٢﴾

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَقَصَتْ
غَزْلَهُمَا مِنْ بَعْدِ قُوَّةٍ أَنْكَاثًا
تَتَّخِذُونَ أَيْمَانَكُمْ دَخَلًا
بَيْنَكُمْ أَنْ تَكُونَ أُمَّةٌ هِيَ
أَرْبَىٰ مِنْ أُمَّةٍ ۗ إِنَّمَا يَبْلُوكُمُ
اللَّهُ بِمَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٣﴾

وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَعَلَكُمْ أُمَّةً
وَّاحِدَةً وَ لَٰكِن يُّضِلُّ مَن يَشَاءُ
وَيَهْدِي مَن يَشَاءُ ۗ وَلَٰكِن تَعْلَمُونَ ﴿١٤﴾

وَلَا تَتَّخِذُوا أَيْمَانَكُمْ دَخَلًا
بَيْنَكُمْ فَتَزِلَّ قَدَمٌ بَعْدَ ثُبُوتِهَا
وَتَذُوقُوا الشَّوْءَ بِمَا صَدَدْتُمْ
عَن سَبِيلِ اللَّهِ ۗ وَلَٰكُمُ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٥﴾

وَلَا تَشْتَرُوا بِعَهْدِ اللَّهِ ثَمَنًا
قَلِيلًا ۗ إِنَّمَا عِندَ اللَّهِ هُوَ
خَيْرٌ لَّكُمْ إِن كُنتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٦﴾

مَا عِندَكُمْ يَنْفَدُ وَمَا عِندَ اللَّهِ
بَاقٍ ۗ وَلَنَجْزِيَنَّهُنَّ الَّذِينَ
صَبَرُوا ۗ أَجْرَهُمْ بِأَحْسَنِ
مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

98. Oyo akola obulungi nga musajja oba nga mukazi era nga mukkiriza, kale ddala tulimuwa obulamu obulungi; era ddala tulibasasula empeera yaabwe okusinzira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

مَنْ عَمِلْ صَالِحًا مِّنْ ذَكَرٍ أَوْ أُنْثَىٰ وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَلَنُحْيِيَنَّهٗ حَيٰوةً طَيِّبَةً ۗ وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَجْرَهُمْ بِأَحْسَنِ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

99. Era bw'obanga *ogenda* okusoma Kur'ani, kale wewogomenga eri Allah akukingirize Sitaani agobaganyizibwa.

فَإِذَا قَرَأْتَ الْقُرْآنَ فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ مِنَ الشَّيْطَانِ الرَّجِيمِ ﴿١٩﴾

100. Mazima ddala *Sitaani* talina buyinza kw'abo abakkiriza era abeesiga Mukama waabwe.

إِنَّهٗ لَيْسَ لَهُ سُلْطٰنٌ عَلَى الَّذِينَ آمَنُوا وَعَلَىٰ رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ﴿٢٠﴾

101. Mazima ddala obuyinza bwe buli kw'abo bokka abakwanagana naye era n'abo abamwenkanya ne Allah.

إِنَّمَا سُلْطٰنُهٗ عَلَى الَّذِينَ يَتَوَكَّلُوْنَ وَالَّذِينَ هُمْ بِهِ مُشْرِكُونَ ﴿٢١﴾

Ruku 14

102. Era bwe tuleeta akabonero mu kifo ky'akabonero—ng'ate Allah y'asinga okumanya *obulungi* ebyo by'aba assizza—bagamba nti: Gwe oli mujinzijinzi. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

وَإِذَا بَدَّلْنَا آيَةً مَّكَانَ آيَةٍ ۗ وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا يُنزِّلُ قَالُوا إِنَّمَا آتَتْ مُفْتَرٍ ۗ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٢٢﴾

103. Gamba nti: Mwoyo Mutukuvu y'e-yagissa okuva eri Mukama wo n'amazima alyooke anyweeze abo abakkiriza, nga bwe bulung'amu era nga ge mawulire ag'essanyu eri Abasiraamu.

قُلْ نَزَّلَهُ رُوحُ الْقُدُسِ مِنْ رَبِّكَ بِالْحَقِّ لِيُثَبِّتَ الَّذِينَ آمَنُوا وَهُدًى وَبُشْرَىٰ لِلْمُسْلِمِينَ ﴿٢٣﴾

104. Era ddala tumanyi nti bo bagamba nti mazima muntu buntu y'amuyigiriza. Naye olulimi lw'oyo gwe babambira lugwiira, ate nga luno *lwo* lulimi Luwarabu olunnyonyofu.

وَلَقَدْ نَحَلَمُ أَنَّهُمْ يَقُولُونَ إِنَّمَا يُعَلِّمُهُ بَشَرٌ ۗ لِّسَانُ الَّذِي يُلْحِدُونَ إِلَيْهِ أَعْجَوِبٌ ۖ وَهَذَا لِّسَانُ عَرَبِيٍّ مُّبِينٍ ﴿٢٤﴾

105. Mazima abo abatakkiriza bubonero bwa Allah, Allah talibalung'ama, era balifuna ekibonerezo ekirumya.

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ ۗ لَا يَهْدِيَهُمُ اللَّهُ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢٥﴾

106. Mazima ddala abagunja obulimba be bo abatakkiriza bubonero bwa Allah, era abo be balimba.

إِنَّمَا يَفْتَرِي الْكٰذِبُ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِآيَاتِ اللَّهِ ۗ وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْكٰذِبُونَ ﴿٢٦﴾

107. Oyo eyeegaana Allah oluvannyuma lw'okukkiriza kwe y'*alibonerezebwa*—okuggyako oyo akakibwa *okukaka okusukkiridde* naye nga omutima gwe mumativu mu bukkiriza. Naye oyo ayanjuluza ekifuba kye eri obujeemu, kale abo be baliko obusungu obuva eri Allah era be

مَنْ كَفَرَ بِاللَّهِ مِنْ بَعْدِ إِيمَانِهِ ۗ لَا مَنَ أُكْرَهٗ ۗ وَقَلْبُهُ مُطْمَئِنٌّ بِالْإِيمَانِ وَلٰكِن مِّنْ شَرَحٍ بِالْكَفْرِ صَدْرًا ۗ فَعَلَيْهِمْ غَضَبٌ مِّنَ اللَّهِ ۗ وَلَهُمْ

balifuna ekibonerezo ekisukkirivu.

108. Ekyo lwa kubanga basinga kwagala bulamu bwa nsi okusinga obw'oluvannyuma, era ddala Allah talung' amya bantu beeremye.

109. Abo be bo Allah be yassaako envumbo ku mitima gyaabwe ne ku matu gaabwe ne ku maaso gaabwe, era abo be balagajjavu.

110. Tewali kubuusaabuusa, ddala abo ku nkomerero be b'okufaafaaganirwa.

111. Nate ddala Mukama wo eri abo abasenguka nga bamaze okubonyabonye-zebwa, nate nebanyiikira era nebagumiikiriza, mazima Mukama wo oluvannyuma lw'ebyo Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo.

Ruku 15

112. Era jjukira olunaku buli muntu lw'alijja okwewozaako yekka, era buli muntu alisasulwa mu bujjuvu olw'ebyo bye yakola, era tebaliryaazaamaanyizibwa.

113. Era Allah aleeta eky'okulabirako ky'ekibuga ekyaali emirembe nga kitebenkevu, nga kituukwako okugabulwa kwa kyo mu bungi okuva buli wamu; naye bwe kiteebaza byengera bya Allah, olwo Allah yakiroza ku kubuutikirwa enjala n'ensisi olw'ebyo bye baakolanga.

114. Era ddala bajjirwa Omubaka ava mu bo naye nebamulimbisa, olwo ekibonerezo ne-kibakwaata nga boononese.

115. Kale mulye kw'ebyo Allah by'abagabula ebyakkirizibwa, ebirongoofu era mwebaze ebyengera bya Allah, bwe muba nga Ye gwe musinza.

116. Mazima ddala yabaziyiza okulya kalannamyeye, n'omusaayi, n'ennyama y'embizzi, n'ekyo ekiraamiriziddwako atali Allah. Naye oyo awalirizibwa nga si mujeemu era nga tasusse kigero, amanye nti mazima

عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿١٧﴾

ذَلِكَ يَأْتُهُمْ اسْتَحَبُّوا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا عَلَى الْآخِرَةِ ۗ وَ أَنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْكَافِرِينَ ﴿١٨﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ طَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِهِمْ وَ سَمَعِهِمْ وَ أَبْصَارِهِمْ ۖ وَ أُولَئِكَ هُمُ الْغَافِلُونَ ﴿١٩﴾

لَا جَزَاءَ لَهُمْ فِي الْآخِرَةِ هُمْ الْخَاسِرُونَ ﴿٢٠﴾

ثُمَّ إِنَّ رَبَّكَ لِلَّذِينَ هَاجَرُوا مِنَّا بَعْدَ مَا قُتِلُوا لَكُمْ جَاهِدُوا وَ صَبَرُوا ۗ إِنَّ رَبَّكَ مِنْ بَعْدِهَا لَغَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢١﴾

يَوْمَ تَأْتِي كُلُّ نَفْسٍ تُجَادِلُ عَنْ نَفْسِهَا وَ تُؤْفَىٰ كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ وَ هُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٢٢﴾

وَ ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا قَرْيَةً كَانَتْ آمِنَةً مُّطْمَئِنَّةً يَأْتِيهَا رِزْقُهَا رَغَدًا مِنْ كُلِّ مَكَانٍ فَكَفَرَتْ بِأَنْعُمِ اللَّهِ فَأَذَاقَهَا اللَّهُ لِبَاسَ الْجُوعِ وَ الْخَوْفِ بِمَا كَانُوا يَصْتَحُونَ ﴿٢٣﴾

وَ لَقَدْ جَاءَهُمْ رَسُولٌ مِنْهُمْ فَكَذَّبُوهُ فَأَخَذَهُمُ الْعَذَابُ وَ هُمْ ظَالِمُونَ ﴿٢٤﴾

فَقُلُوا مِمَّا رَزَقَكُمُ اللَّهُ حَلَالًا طَيِّبًا ۗ وَ أَشْكُرُوا ۗ نِعْمَتَ اللَّهِ ۗ إِنَّ كُنتُمْ لِآيَاتِهِ تَعْبُدُونَ ﴿٢٥﴾

إِنَّمَا حَرَّمَ عَلَيْكُمُ الْمَيْتَةَ وَ الدَّمَ وَ لَحْمَ الْخِنْزِيرِ وَ مَا أُهْلِيَ لِيَعْبُدَ اللَّهُ بِهِ ۖ فَمَنْ اضْطُرَّ غَيْرَ بَاغٍ وَ لَا عَادٍ

Allah Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

117. Era temwogeranga kw'ebyo ennimi zammwe bye zoogera eby'obulimba nti: Kino kyakkirizibwa ate kino kyaziyizibwa, nga mukonjera Allah eby'obulimba. Mazima abo abakonjera Allah obulimba tebaganyulwa.

118. *Bafuna* okuganyulwa okutonotono, naye *oluvannyuma* balifuna ekibonerezo ekirumya.

119. Ne kw'abo Abayudaaya, olubereberye twabaziyiza ebyo bye tukutegeezezzaako, naye tetwabalyazaamaanya, wabula beeryazaamaanya bokka.

120. Nate mazima Mukama wo — eri abo abakola ebibi olw'obutamanya n'oluvannyuma lwa byo nebabonerera ate nebatereerera ddala — mazima Mukama wo oluvannyuma lwa byo Musonyiyi nnyo, Musaasizi nnyo.

Ruku 16

121. Mazima Ibrahimu yaling'anga eggwanga eddamba*, nga muwulize eri Allah, nga mwesimbu gy'ali, era teyabeerako mw'abo abenkanya Allah n'ebirala,

122. Nga musiiimi wa byengera bye. *Allah* yamulonda n'amulung'amyia eri ekkubo eggolokofu.

123. Era twamuwa ebirungi ku nsi, ne ku nkomerero ddala aliba mu batuukirivu.

124. Nate tukubikkulidde nti goberera eddiini ya Ibrahimu *eyali* omwesimbu era teyali mw'abo abenkanya ebirala ne Allah.

125. Mazima *ekiragiyo* kya Sabbiiti kya-teekebwa kw'abo *bokka* abaayawukana ku ye (Ibrahimu n'eddiini ye). Era ddala Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku

فَإِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١١٦﴾

وَلَا تَقُولُوا لِمَا تَصِفُ أَلْسِنَتُكُمُ
الْكَذِبَ هَذَا حَلَلٌ وَ هَذَا حَرَامٌ
لِتَفْتَرُوا عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ ۗ إِنَّ
الَّذِينَ يَفْتَرُونَ عَلَى اللَّهِ الْكَذِبَ
لَا يُفْلِحُونَ ﴿١١٧﴾

مَتَاعٌ قَلِيلٌ ۖ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١١٨﴾
وَعَلَى الَّذِينَ هَادُوا حَرَمًا
مَا قَصَصْنَا عَلَيْكَ مِنْ قَبْلُ ۗ وَمَا
ظَلَمْنَاهُمْ وَلَٰكِن كَانُوا أَنفُسَهُمْ
يُظْلِمُونَ ﴿١١٩﴾

ثُمَّ إِنَّ رَبَّكَ لِلَّذِينَ عَمِلُوا
السُّوءَ بِجَهَالَةٍ ثُمَّ تَابُوا مِنْ
بَعْدِ ذَلِكَ وَأَصْلَحُوا إِنَّ رَبَّكَ مِنْ
بَعْدِهَا لَعَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٢٠﴾

إِنَّ إِبْرَاهِيمَ كَانَ أُمَّةً قَانِتًا
لِلَّهِ حَنِيفًا ۖ وَ لَمْ يَكُ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ﴿١٢١﴾

شَاكِرًا ۖ إِذْ نَعَّمَهُ ۖ وَاجْتَبَاهُ وَهَدَاهُ إِلَى
صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿١٢٢﴾

وَآتَيْنَاهُ فِي الدُّنْيَا حَسَنَةً ۖ وَإِنَّا
فِي الْآخِرَةِ لَمِنَ الصَّٰلِحِينَ ﴿١٢٣﴾

ثُمَّ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ أَنِ اتَّبِعْ
مِلَّةَ إِبْرَاهِيمَ حَنِيفًا ۖ وَ مَا كَانَ مِنَ
الْمُشْرِكِينَ ﴿١٢٤﴾

إِنَّمَا جَعَلَ السَّبْتُ عَلَى الَّذِينَ
اٰخْتَلَفُوْا فِيْهِ ۗ وَ اِنَّ رَبَّكَ لَيَحْكُمُ
بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيٰمَةِ فَيَمَا كَانُوْا

16:121 Ibrahimu(a.s) yalina obusobozi bw'okuvaamu eggwanga eryamusuubizibwa.

Iw'okuzuukira mw'ebyo bye baayawukangamu.*

126. Koowoola *abantu* eri ekkubo lya Mukama wo na magezi, n'embuulirira ennungi. Era *b'obuulira* kubaganya nabo ebirowoozo mu ngeri esinga obulungi. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya oyo abuze ku kkubo lye era y'asinga okumanya abalung'amu.

127. Era bwe mubanga mubonereza *olw'okwesasuzza*, kale mubonerezenga kyenkanyi nga bwe mwabonerezebwa. Naye bwe mugumiikiriza, ddala ekyo ky'ekisingira ddala obulungi eri abagumiikiriza

128. Era gumiikiriza, anti okugumiikiriza kwo *tekubaawo* wabula lwa *buyambi* bwa Allah. Era tonakuwala ku lwaabwe wadde tobaamu kukeng'entererwa olw'ebyo bye beekobamu.

129. Mazima Allah ali wamu n'abo abamutya era *ali wamu* n'abo abakola ebirungi.

فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿١٢٥﴾

أَدْعُرْ إِلَى سَبِيلِ رَبِّكَ بِالْحِكْمَةِ وَالْمَوْعِظَةِ الْحَسَنَةِ وَجَادِلْهُمْ بِالَّتِي هِيَ أَحْسَنُ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ﴿١٢٦﴾

وَإِنْ عَاقَبْتُمْ فَعَاقِبُوا بِمِثْلِ مَا عُوقِبْتُمْ بِهِ ۗ وَلَا تَكُنْ صَابرًا لَهُمْ خَيْرٌ لِلصَّابِرِينَ ﴿١٢٧﴾

وَاصْبِرْ وَمَا صَبْرُكَ إِلَّا بِاللَّهِ وَلَا تَحْزَنْ عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُ فِي ضَلٰٓئِقٍ مِّمَّا يَمْكُرُونَ ﴿١٢٨﴾

إِنَّ اللَّهَ مَعَ الَّذِينَ اتَّقَوْا وَالَّذِينَ هُمْ مُحْسِنُونَ ﴿١٢٩﴾

16:125. Wano ayogerwaako ye Nabbi Ibrahīmu (a.s), obwesimbu bwe ku bwannamunigina bwa Allah n'enjawukana mu ba Isirairi ku bimufaako. Bangi mu ba Isirairi baayingirirwa obusamize. Kale mu kwagala okufuna ekyekwaso, kisoboka okuba nti baagezaako okubipaatiika ku Ibrahīmu(a.s). Wano Sabath kirabika lwaali lunaku lwa kuwummula, kwetukuza awamu n'okwetangirira.

BANĪ ISRĀ'ĪL

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

Juzu 15

2. Omutukuvu y'Oyo eyatwaala Omuweereza we ekiro okuva eri Omuzigiti Omutukuvu okulaga eri Omuzigiti Ogw'ewala ogwo ebigwetoolodde bye twawa omukisa, tulyooke tumulage obumu ku bubonero bwaffe. Mazima Ye y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

سُبْحَانَ الَّذِي أَسْرَى بِعَبْدِهِ لَيْلًا مِّنَ الْمَسْجِدِ الْحَرَامِ إِلَى الْمَسْجِدِ الْأَقْصَا الَّذِي بَرَكْنَا حَوْلَهُ لِنُرِيَهُ مِنَ السَّمَاءِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ②

3. Era twawa Mūsa Ekitabō era netukifuula obulung'amu eri abaana ba Isirairi *netubagamba* nti: Temutwalanga omulabirizi *yenna* okuggyako Nze.

وَآتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ وَجَعَلْنَاهُ هُدًى لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ آلَا تَتَّخِذُوا مِن دُونِي وَكَيْلًا ③

4. *Abange mmwe ezzadde* ly'abo be twasabaza *mu kyombo* ne Nūhu, ddala ye yali muweereza eyeebaza.

ذُرِّيَّةً مِّن حَمَلْنَا مَمْعَ نُوحٍ إِنَّهُ كَانَ عَبْدًا شَكُورًا ④

5. Era twannyonnyola eri abaana ba Isirairi mu Kitabo nti: Ddala mulitabulatabula mu nsi emirundi ebiri, era ddala mulijagalala okujagalala okusuffu.

وَقَضَيْنَا إِلَى بَنِي إِسْرَائِيلَ فِي الْكِتَابِ لَتُفْسِدُنَّ فِي الْأَرْضِ مَرَّتَيْنِ وَلَتَعْلُنَّ عُلُوقَ كَبِيرًا ⑤

6. Kale awo ekisuubizo ekisooka ku byombi bwe kyaatuuka, twabasindikira abaweereza baffe abalwaanyi kasiggu, nebeevumbira ddala amaka *gaabwe* era kyaali kisuubizo ekyaaali kiteekwa okutuukirizibwa.

فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ أُولَاهُمَا بَعَثْنَا عَلَيْكُمْ عِبَادًا لَّنَا أُولِي بَأْسٍ شَرِيدٍ فَجَاءُوا خِلْلَ الْوَيْتَارِ وَكَانَ وَعْدًا مَّفْعُولًا ⑥

7. N'oluvannyuma mmwe twabaddiza amaanyi ku bo, era netubongera eby'obugagga n'abaana era netubafuula abantu enkuyanja.

ثُمَّ رَدَدْنَا لَكُمُ الْكَرَّةَ عَلَيْهِمْ وَأَمْدَدْنَاكُمْ بِأَمْوَالٍ وَبَنِينَ وَجَعَلْنَاكُمْ أَكْثَرَ نَفِيرًا ⑦

8. Kale bwe mweyisa obulungi, mugasa myoyo gyammwe. Ate bwe mweyisa obubi, mukosa gyo. Naye ekiseera ky'ekisuubizo ky'oluvannyuma bwe kirituuka, *tulibateera abalabe* balyooke babayise bubi era bayingire mu Muzigiti nga bwe baaguyingira omulundi ogwasooka, era bazikirize n'ebyo bye bawangudde oluzikiriza.

إِن أَحْسَنْتُمْ أَحْسَنْتُمْ لَا تَفْسُدْتُمْ وَلَا إِن سَأَلْتُمْ فَلَهَا فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ الْآخِرَةِ لِيَسُوءَ وُجُوهَكُمْ وَلِيَدْخُلُوا الْمَسْجِدَ كَمَا دَخَلُوهُ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَ لِيُتَبَدَّلُوا مَا عَلَّوْا تَتَّخِذُوا ⑧

9. Ob'olyawo *kati* Mukama wammwe anaabasaasira. Naye bwe muliddira *okujagalala*, naffe tuliddira *okubonereza*. Era

عَلَى رُبُّكُمْ أَن يَزْحَمَكُمْ وَإِن عُدْتُمْ عُدْنَا وَجَعَلْنَا جَهَنَّمَ لِلْكَافِرِينَ حَصِيرًا ⑨

twafuula Jahannamu okuba ekkomera ly'abeecerema.

10. Mazima Kur'ani eno y'erung'amyera erikyokisinga okuba ekyesimbu era y'ewa amawulire ag'essanyu eri abakkiriza abo abakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna empeera nnene.

11. Era *erabula* nti ddala abo abatakkiriza nkomerero, twabategekera ekibonerezo ekirumya.

Ruku 2

12. Era omuntu asaba ekibi nga bwe yandisabye ekirungi; era omuntu mupapi.

13. Era twakola ekiro n'emisana okuba obubonero obubiri. Kale tusangulawo akabonero k'ekiro *netuleetawo emisana*, netufuula akabonero k'emisana okuba ekitangaala, mulyooke munoonye emikisa egiva eri Mukama wammwe, era mulyooke mumanye omuwendo gw'emyaka, *mufune n'amagezi* g'okubala. Era buli kimu twakittottola oluttottola.

14. Era buli muntu twamusiba mu bulago bwe obulambe bw'ebikolwa bye. Era ku lunaku lw'okuzuukira tulimuggyirayo ekitabo ky'alisanga nga kibikkuddwa.

15. *Tulimugamba nti*: Soma ekitabo kyo. Olwa leero omwoyo gwo gumala okuba omubalirizi ku gwe.

16. Oyo alung'ama, kale ddala alung'ama lwa *kugasa* mwoyo gwe; n'oyo awaba, ddala awaba lwa kufiiriza gwo. Era teri mwetissi alyetikka buzito bwa mulala. Era tetubonereza *bantu* okutuusa nga tumaze kutuma Mubaka.

17. Era bwe tuba twagadde okuzikiriza ekibuga, *tuleka* bannaggagga ba kyo *ne-beeyisa nga bwe balaba*. Kale bwe bakijeemeramu, olwo ensala ekikakatako, netulyooka tukizikiriza oluzikiriza.

18. Ye emirembe emeka gye twazikiriza oluvannyuma lwa Nuhu! Era Mukama wo amala okuba Omumanyi, *era amala okuba Omulabi* w'ebyonoono by'abaweereza be.

19. Oyo ayagala obulamu bw'ensi eno, tumwanguyiza mu yo bye tuba twagadde —eri

إِنَّ هَذَا الْقُرْآنَ يَهْدِي لِلَّذِينَ هِيَ أَقْوَمُ وَ
يُبَشِّرُ الْمُؤْمِنِينَ الَّذِينَ يَعْمَلُونَ
الصَّالِحَاتِ أَنَّ لَهُمْ أَجْرًا كَبِيرًا ﴿١١﴾

وَ أَنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ
أَخْتَدُوا لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٢﴾

وَيَذُرُ النَّاسَ بِالشَّرِّ دُعَاءَهُ
بِالْخَيْرِ وَكَانَ الْإِنْسَانُ عَجُولًا ﴿١٣﴾

وَجَعَلْنَا اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ آيَاتٍ فَمَنْ حَوَّكَا
آيَةَ اللَّيْلِ وَجَعَلْنَا آيَةَ النَّهَارِ مُبْصِرَةً
لِتَبْتَغُوا أَفْضَالًا مِنْ رَبِّكُمْ وَارْتَعَمُوا
عَدَدَ السِّنِينَ وَالْحِسَابِ وَكُلُّ شَيْءٍ
فَعَلْنَاهُ تَفْصِيلًا ﴿١٤﴾

وَ كُلُّ إِنْسَانٍ أَلْرَمْنَهُ طَرَفَهُ فِي عُنُقِهِ
وَ نُخْرِجُ لَهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ كِتَابًا يَلْقَاهُ
مَنْشُورًا ﴿١٥﴾

إِقْرَأْ كِتَابَكَ ۖ كَفَى بِتَفْسِكَ الْيَوْمَ
عَلَيْكَ حَسِيبًا ﴿١٦﴾

مَنْ أَهْتَدَى قَبْلًا تَمَّ يَهْتَدِي لِتَفْسِهِ ۖ
مَنْ ضَلَّ قَبْلًا تَمَّ يَضِلْ عَلَيْهَا ۖ وَ لَا تَزِرُ
وَأَزْرَةً ۖ وَ ذُرُّهُ أُخْرَى ۖ وَ مَا كُنَّا مُعَذِّبِينَ
حَتَّى تَبْعَثَ رَسُولًا ﴿١٧﴾

وَ إِذْ آرَدْنَا أَنْ نُهْلِكَ قَرْيَةً أَمَرْنَا
مُتْرَفِيهَا فَفَسَقُوا فِيهَا وَ حَقَّقْنَا عَلَيْهَا
الْقَوْلَ فَدَمَّرْنَاهَا تَدْمِيرًا ﴿١٨﴾

وَ كَمْ أَهْلَكْنَا مِنَ الْقُرُونِ مِنْ بَعْدِ نُوحٍ ۖ
وَ كَفَى بِرَبِّكَ بِذُنُوبِ عِبَادِهِ خَبِيرًا
بَصِيرًا ﴿١٩﴾

مَنْ كَانَ يُرِيدُ الْعَاقِبَةَ جَعَلْنَا لَهُ
فِيهَا مَا نَشَاءُ لِمَنْ نُرِيدُ ثُمَّ جَعَلْنَا

oyo gwe tuba twagadde — n'oluvannyuma tumuteerawo Jahannamu gw'alyokerwamu ng'anenyezebwa, ng'agobaganyizibwa.

لَهُ جَهَنَّمَ يَصْلَحُهَا مَذْمُومًا
مَذْمُورًا ⑩

20. N'oyo ayagala enkomerero era n'agifuubaanira mu nfuubana ya yo *entuufu* era nga mukkiriza, kale abo okulafuubana kwabwe kwe kulisiimibwa *Allah*.

وَمَنْ أَرَادَ الْآخِرَةَ وَسَعَى لَهَا سَعْيَهَا
وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَئِكَ كَتَبَ لَنَا سَعْيُهُمْ
مَشْكُورًا ⑪

21. *Kyokka* bonna tubayamba—bano na bali—*nga tubagabira* ku bigabibwa bya Mukama wo. Era ebigabibwa bya Mukama wo tebigugirwa.

كُلًّا نُمِدُّهُمُوهُؤَلَاءَ وَهُؤَلَاءُ مِنْ عَطَاءِ رَبِّكَ
وَمَا كَانَتْ عَطَاءِ رَبِّكَ مَحْظُورًا ⑫

22. Kale laba engeri gye tusukkulumyamu abamu ku balala *mu bulamu bw'ensi*. Naye ddala ate yo enkomerero erisukkirira mu madaala era eriyitirira mu kusukkulumya.

أَنْظُرْ كَيْفَ فَضَّلْنَا بَعْضَهُمْ عَلَى بَعْضٍ
وَلَا خَيْرَ لَكَ الْبَرْذَاجِثِ وَالْكَبْرِ تَفْضِيلًا ⑬

23. Kale tossangawo musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga otuula nga okomerezebwa, nga olekeddwa awo nnagalaale.

لَا تَجْعَلْ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ فَتُعَذِّبَ
مَذْمُومًا مَّحْذُومًا ⑭

Ruku 3

24. Era Mukama wo yalagira nti: Temusinzanga omulala okuggyako Ye *yekka*, n'abazadde bombiriri bayisibwenga bulungi. Naye omu ku bo bw'atuukanga mu bukadde nga w'oli oba bombiriri, kale tobeekanyanga era tobakangukiranga; wabula oyogeranga nabo mu njogera ebaweesa ekitiibwa.

وَقَضَى رَبُّكَ أَلَّا تَعْبُدُوا إِلَّا إِيَّاهُ
وَإِلَى الْوَالِدِينَ إِحْسَانًا وَإِمَّا يَنْبَغَتْ
عِنْدَكَ الْجَبَرُ أَحَدُهُمَا أَوْ كِلَيْهِمَا فَلَا
تَقُلْ لَهُمَا آيَةً وَلَا تَنْهَرْهُمَا وَقُلْ لَهُمَا
قَوْلًا كَرِيمًا ⑮

25. Era bagonderenga *era* obabudebude-nga n'obusaasizi. Era gambanga nti: Mukama wange, basaasire nga bwe bandera mu buto.

وَخُوفٌ لَهُمَا جَتَا الذُّلِّ مِنَ الرَّحْمَةِ
قُلْ رَبِّ ارْحَمْهُمَا كَمَا رَبَّيْنِي صَغِيرًا ⑯

26. Mukama wammwe y'asinga okumanya ebyo ebiri mu myoyo gyammwe. Bwe muba abakozi b'ebirungi, ddala Ye ye Musonyiyi eri abo abadding'ana gy'ali.

رَبُّكُمْ أَعْلَمُ بِمَا فِي نُفُوسِكُمْ إِنْ
تَكُونُوا صَادِقِينَ فَإِنَّهُ كَانَ لِلْآوَابِينَ
عَفُورًا ⑰

27. Era wa owuwo ekituukana naye, n'omunkuseere, n'omutamuzze, naye tidiibuudanga budiibuuzi.

وَأْتِ ذَا الْقُرْبَى حَقَّهُ وَالْمَشْكِينِ وَإِنَّ
السَّبِيلِ وَلَا تَبْذُرْ تَبْذِيرًا ⑱

28. Mazima abadiibuuzi baganda ba Sitaani, ate Sitaani teyeebaliza ddala Mukama we.

إِنَّ الْمُبْذَرِينَ كَانُوا إِخْوَانَ الشَّيْطَانِ
وَكَانَ الشَّيْطَانُ لِرَبِّهِ كَفُورًا ⑲

29. Era bw'obalekanga *nga tobawadde* nga okyanoonya okusaasira kw'osubira okuva eri Mukama wo, kale *era* oyogeranga nabo enjogera ey'eggonjebwa.

وَلَمَّا تَخَرَّصَتْ عَنْهُمْ أَبْعَاءَ رَحْمَةٍ مِنْ
رَبِّكَ تَرْجُوهَا فَقُلْ لَهُمْ قَوْلًا
مَيْسُورًا ⑳

30. Era toddiranga omukono gwo n'oguzingira mu bulago bwo n'okodowala, wadde togwanjuluzanga okwanjuluza kwonna n'oyiwaayiwa, si kulwa nga otuula ng'onenyezebwa, ng'oweddemu ensa.

وَلَا تَجْعَلْ يَدَكَ مَغْلُوبَةً إِلَىٰ عُنُقِكَ
وَلَا تَبْسُطْهَا كُلَّ الْبَسِطِ فَتَقْعُدَ مَلُومًا
مَّحْسُورًا ﴿٣٠﴾

31. Mazima Mukama wo y'ayanjululiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Mazima Ye ategeera bulungi era alaba bulungi ebifa ku baweezeza be.

إِنَّ رَبَّكَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ
وَيَقْدِرُ إِنَّهُ كَانَ بِعِبَادِهِ خَبِيرًا
بَصِيرًا ﴿٣١﴾

Ruku. 4

32. Era temuttanga abaana bammwe olw'okutya obwaavu. Bo Ffe tubagabirira era nammwe. Mazima okubatta kibi kinene nnyo.

وَلَا تَقْتُلُوا أَوْلَادَكُمْ خَشْيَةَ إِمْلَاقٍ
نَّحْنُ نَزِدُّ لَهُمْ وَأَيْتَانًا وَإِنَّ قَتْلَهُمْ
كَانَ خَطَاً كَبِيرًا ﴿٣٢﴾

33. Era temusembereranga obwenzi; ddala bwo kya buwemu era kkubo bbi nnyo.

وَلَا تَقْرَبُوا الرِّزْقَ إِنَّهُ كَانَ فَاحِشَةً
سَاءَ سَبِيلًا ﴿٣٣﴾

34. Era temuttanga omuntu oyo Allah gwe yaziyiwa okutta, wabula mu butongole. Era oyo alittibwa mu butali butuufu, kale ddala twaawa omusika we obuyinza okusaba okwesasuzza; naye mu kutta, tasukkanga ekigero kye battamu owuwe. Mazima ddala mu tteeka waakuyambibwa.

وَلَا تَقْتُلُوا النَّفْسَ الَّتِي حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا
بِالْحَقِّ وَأَمَن قَتْلَ مَظْلُومًا فَقَدْ جَعَلْنَا
لِرَبِّهِ سُلْطَانًا فَلَا يَسْرِفُ فِي الْقَتْلِ إِنَّهُ
كَانَ مُتَّوِّدًا ﴿٣٤﴾

35. Era temusembereranga ebintu bya mulekwa, wabula mu ngeri eyo esinga obulungi, okutuusa lw'alituuka mu kuvubuka kwe, era mutuukirizenga endagaano. Mazima endagaano yaakubuzibwa.

وَلَا تَقْرَبُوا مَالَ الْيَتِيمِ إِلَّا بِالَّتِي هِيَ
أَحْسَنُ حَتَّىٰ يَبْلُغَ أَشُدَّهُ وَأَوْفُوا
بِالعَهْدِ إِنَّ العَهْدَ كَانَ مَسْئُولًا ﴿٣٥﴾

36. Era bwe mubanga mupima, mutuukirizenga ebipimo era mupimenga n'ebipimisibwa ebitereevu; ekyo ky'ekirungi ennyo era ky'ekisinga mu kumaliriza obulungi ensonga.

وَأَوْفُوا الكَيْلَ إِذَا كِلْتُمْ وَزِنُوا
بِالْقِسْطِ أيس المُسْتَقِيمِ ذَلِكَ خَيْرٌ
أَحْسَنُ تَأْوِيلًا ﴿٣٦﴾

37. Era togobereranga ekyo ky'otolina ky'okimanyiiko. Mazima amatu, n'amaaso, n'omutima — ebyo byonna bya kubuzibwa ku kyo.

وَلَا تَقْفُ مَا لَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمٌ إِنَّ
السَّمْعَ وَالْبَصَرَ وَالْفُؤَادَ كُلُّ أُولَئِكَ
عِنْدَهُ مَسْئُولًا ﴿٣٧﴾

38. Era totambulanga mu nsi nga weejaabaata, ddala ggwe toyinza kuyuzza nsi wadde toyinza kutuuka ku buwanvu bwa nsozi.

وَلَا تَمْشِ فِي الْأَرْضِ مَرَحًا إِنَّكَ لَن
تَعْرِقَ الْأَرْضَ وَلَن تَبْلُغَ الْجِبَالَ طُولًا ﴿٣٨﴾

39. Ebyo byonna obubi bwa byo bukyayibwa nnyo mu maaso ga Mukama wo.

كُلُّ ذَلِكَ كَانَ سَيِّئُهُ عِندَ رَبِّكَ
مَكْرُوهًا ﴿٣٩﴾

40. Ebyo by'ebimu ku by'amagezi Mukama wo by'akubikkulidde. Kale tossangawo

ذَلِكَ وَمِمَّا أَوْحَىٰ إِلَيْكَ رَبُّكَ مِنَ

musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga osuulibwa mu Jahannamu nga onenyeze-bwa, nga ogobaganyizibwa.

41. Abaffe, Mukama wammwe mmwe be-yalondera abaana ab'obulenzi, Ye n'atwala ab'obuwala okuva mu ba malayika? Mazima ddala kye mwogera kigambo kisukkirivu *mu bubu!*

Ruku 5

42. Era ddala twannyonyola *eby'amagezi* mu ngeri ezitali zimu mu Kur'ani eno balyooke bafumiitirize, naye tekirina kye kibongerako okuggyako obukyayi.

43. Gamba nti: Singa *ddala* waaliwo bakatonda *abalala* awamu naye, nga bwe bagamba, era nabo baalinoonyezza ekkubo ely'okubatuusa ku Nannyini Nnamulondo.

44. Obutuukirivu bubwe era yagulumira olugulumira olusuffu kw'ebyo bye boogera.

45. *Emigigi* gy'eggulu omusanvu gimugulu-miza, n'ensi, n'ebigirimu. Era tewali kintu *kyonna* wabula kimutendereza n'amatendo ge, naye mmwe temutegeera ntendereza ya byo. Mazima Ye y'Alumirwa ennyo *abaweereza be*, Omusonyiyi ennyo.

46. Era bw'oba ng'osoma Kur'ani, tussa olutimbe olutalabika wakati wo n'abo abatakkiriza nkomerero.

47. Era twassa ebibikka ku mitima gyaabwe baleme kugitegeera, ne mu matu gaabwe twassaamu obuggavu. Era bw'oyogera ku Mukama wo mu Kur'ani nga bw'ali Omu yekka, bakyuukira mabega waabwe olw'obukyaayi.

48. Ffe tumanyi bulungi ebyo bye bawuliriza bwe baba ng'abakuwuliriza, ne bwe baba mu kafubo awo nga aboonyoni bagamba nti: Temugoberera mulala wabula *mugoberera* muntu eyalobegbwa.

49. Kale laba engeri gye bakugeraagera-nyaamu! Bwe kityo nno babulidde ddala, tebakyayinza *kulaba* kkubo.

الْحِكْمَةَ، وَلَا تَتَّخِذْ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ
فَتُخَلَّفَى فِي جَهَنَّمَ مَلُومًا مَدْحُورًا ﴿٤١﴾

أَفَأَصْفُكُمْ رَبُّكُمُ بِالْبَنِينَ وَاتَّخَذَ مِنَ
الْمَلَائِكَةِ إِنَاثًا إِنَّكُمْ لَتَقُولُونَ
قَوْلًا عَظِيمًا ﴿٤٢﴾

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا فِي هَذَا الْقُرْآنِ
لِيَذَكَّرُوا، وَمَا يَزِيدُهُمْ إِلَّا نُفُورًا ﴿٤٣﴾

قُلْ لَوْ كَانَتْ مَعَهُ إِلَهَةٌ كَمَا يَقُولُونَ
إِذَا لَا بُدَّ لَهُمْ مِنَ الْعَرْشِ سَبِيلًا ﴿٤٤﴾

سُبْحَانَهُ وَتَعَالَى عَمَّا يُقُولُونَ عُلُوقًا
كَبِيرًا ﴿٤٥﴾

تُسَبِّحُ لَهُ السَّمَوَاتُ السَّبْعُ وَالْأَرْضُ وَ
مَنْ فِيهِنَّ، وَإِنْ مِنْ شَيْءٍ إِلَّا يُسَبِّحُ
بِحَمْدِهِ، وَلَكِنْ لَا تَفْقَهُونَ
تَسْبِيحَهُمْ، إِنَّهُ كَانَ حَلِيمًا غَفُورًا ﴿٤٦﴾

وَإِذَا قَرَأْتَ الْقُرْآنَ فَجَعَلْنَا بِمِثْقَلِ
وَبَيْنَ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ
جِجَابًا مَسْجُورًا ﴿٤٧﴾

وَجَعَلْنَا عَلَى قُلُوبِهِمْ أَكِنَّةً أَنْ
يَفْقَهُوهُ، وَفِي آذَانِهِمْ وَقْرًا، وَإِذَا
ذَكَرْتَ رَبَّكَ فِي الْقُرْآنِ وَحْدَهُ، وَلَوْ عَلَى
أَذْبَانِهِمْ نُفُورًا ﴿٤٨﴾

تَحُنُّ أَعْلَمُ بِمَا يَسْتَمِعُونَ بِهِ، إِذْ
يَسْتَمِعُونَ إِلَيْكَ، وَإِذْ هُمْ نَجْوَى إِذْ
يَقُولُ الظَّالِمُونَ إِنَّ تَتَّبِعُونَ إِلَّا رَجُلًا
مَشْحُورًا ﴿٤٩﴾

أَنْظُرْ كَيْفَ صَرَّبُوا لَكَ الْأَمْثَالَ فَظَلُّوا
رَبَّنَا فَلَا يَسْتَطِيعُونَ سَبِيلًا ﴿٥٠﴾

50. Era bagamba nti: Abaffe, bwe tulifuuka amagumba era nga tusegenyuse, ddala era tulizuukizibwa nga *tuli* bitonde bipya?

51. Gamba nti: Ka mubeere mayinja oba kyuuma,

52. Oba ekitonde *ekirala* kyonna mw'ebyo *ebirabika* nga bikakanyavu nnyo mu ndowooza yammwe, era *mulizuukizibwa*. Kale baja kuddamu nti: Ng'ani nno atuzzaawo? Gamba nti: Oyo eyabatonda omulundi ogwasooka. Olwo baja kukunyenzeza mitwe gyaabwe era bagambe nti: Ye ekyo kya ddi? Gamba nti: Kyandiba n'okumpi ennyo,

53. Ku lunaku lw'alibakoowoola, olwo mulyanukula ng'eno bwe mumutendereza n'amatendo ge, nga mulwoowa nti muwanga-dde akaseera mpa wekazira.

Ruku 6

54. Era gamba abawereza bange boogerenga ebyo ebisinga obulungi. Mazima Sitaani y'atabulatabula wakati waabwe. Mazima Sitaani mulabe wa lwaatu eri omuntu.

55. Mukama wammwe y'asinga okubamanya obulungi *mwenna*. Bw'aliba ayagadde alibasaasira, oba bw'aliba nga asazeewo, alibabonereza. Era ggwe tetwakutuma kuba mulabirizi ku bo.

56. Era Mukama wo y'asinga okumanya obulungi abo abali mu ggulu ne mu nsi. Era ddala twasukkulumya ba Nabbi abamu ku balala era netuwa Daudi Zabuli.

57. Gamba nti: Kale mulaajanire abo be mu-twaala nti be ba katonda ebbali we; naye nno tebalina buyinza kubaggyako bizibu wadde okubiwugula.

58. Abo be balaajanira, nabo *bennyini* banoonya kusembera eri Mukama waabwe *Allah — ka babe* abo abasinga okuba okumpi ne *Allah —* era basuubira busuubizi okusaasira kwe, era batya ekibonerezo kye. Mazima ekibonerezo kya Mukama wo kya ntiisa.

59. Era tewali kibuga nakimu *kirisigalawo*, wabula tugenda kukizikiriza nga olunaku lw'okuzuukira telunnatuuka, oba okukibonereza n'ekibonerezo ekikakali. Ekyo kyawandiiki-bwa mu Kitabo.

وَقَالُوا إِذْ أَنْتُمْ عِظَامًا وَرُفَاتًا إِنْ نَحْنُ إِلَّا جَسَدٌ مَسْكُونٌ فَجُدِّبُوا لَهُمْ جَسَدًا خَيْرًا مِنْ أُولَئِكَ لِيُنزِلُوا فِيهِ الرُّوحَ قَالُوا إِنَّكُمْ لَأَبْرَارٌ فَأَجَابُوا لَهُمْ قَوْلَهُمْ هَيْبَا فَاحْبَسُوا فِي سِجِّينَ

قُلْ كُونُوا حِجَابًا أَوْ حُرِّيقًا

أَوْ خَلْقًا مِمَّا يَكْفُرُ فِي صُدُورِكُمْ فَسَيَقُولُونَ مَنْ يُعِيدُنَا قُلِ الَّذِي فَطَرَكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ فَسَيُنْزِلُونَ عَلَيْكُمْ رُءُوسَهُمْ وَيَقُولُونَ مَتَى هُوَ قُلْ عَسَى أَنْ يَكُونَ قَرِيبًا

يَوْمَ يَدْعُوكُمْ فَتَسْتَجِيبُونَ بِحَمْدِهِمْ وَتَقُولُونَ إِنْ لَيْسَ إِلَّا قَلِيلًا

وَقُلْ لِلْعِبَادِ يَسْمُوكُوا الَّذِي هِيَ أَحْسَنُ إِنَّ الشَّيْطَانَ يَنْزِعُ بَيْنَهُمْ وَإِنَّ الشَّيْطَانَ كَانَ لِلْإِنْسَانِ عَدُوًّا مُبِينًا رَبُّكُمْ أَعْلَمُ بِكُمْ إِنَّ يَسْأَلُكُمْ عَنْ أَسْمَائِكُمْ فَاذْكُرُونَهَا وَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْكُمْ حِكْمًا

وَرَبُّكَ أَعْلَمُ بِمَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلَقَدْ فَضَّلْنَا بَعْضَ النَّبِيِّينَ عَلَى بَعْضٍ وَآتَيْنَا دَاوُدَ رِبُّورًا

قُلِ ادْعُوا الَّذِينَ زَعَمْتُمْ مِنْ دُونِهِمْ فَلَا يَمْلِكُونَ كَشْفِ الضُّرِّ عَنْكُمْ وَلَا يَخُونُوا

أُولَئِكَ الَّذِينَ يَدْعُونَ يَبْتَغُونَ إِلَى رَبِّهِمُ الْوَسِيلَةَ أَيُّهُمْ أَقْرَبُ وَيَرْجُونَ رَحْمَتَهُ وَيَخْتَفُونَ عَلَيْهِ إِذْ جَاءَ عَذَابَ رَبِّكَ كَانَ مَحْذُورًا

وَإِنْ مِنْ قَرِيبٍ إِلَّا يَخُنْ مِنْهُ لَوْ كَانَتْ قَبْلَ يَوْمِ الْعَيْتَةِ أَوْ مَعَهُ يُوْهَا عَذَابًا شَدِيدًا إِنَّكَ فِي الْكِتَابِ مَسْطُورًا

60. Era tekyandituziyizza kuweereza bubonero olw'okuba nti abaasooka baabulimbisa. Era twawa aba Thamüda eng'amira enkazi nga ke kabonero akeetadde, naye nebagiyisa bubu. Era tetuweereza bubonero wabula lwa kulabula.

61. Era *jjukira* nga bwe twakugamba nti: Mazima Mukama wo yeetoolodde abantu. Era tetwassaawo kulabikirwa kwe twakulaga, n'omuti ogwakolimirwa mu Kur'ani, wabula lwa kugezesa eri abantu. Era tubalabula, naye tekirina kye kibongerako okuggyako obujeemu obusukkirivu.

Ruku 7

62. Era *jjukira* nga bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Adamu, kale baamugondera, okuggyako Ibilisi. Yagamba nti: Abaffe, ng'ondere oyo gwe watonda mu budongo?

63. N'agamba nti: Gwe olabye otya? Ono gw'owadde ekitiibwa okusinga ku nze? Singa onompa ekiseera okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, mazima ng'enda kwefuga ezzadde lye, okuggyako ab'omuswaaba.

64. Allah n'agamba nti: Vaawo! Kale buli alikugoberera mu bo, mazima Jahannamu y'empeera yammwe, empeera enzijuvu.

65. Era sendasenda abo b'onosobola mu bo n'eddoboozi lyo, era obakung'anyize *amaje* go ag'abeffalaasi n'abebigere era obeere bumu nabo mu by'obugagga n'abaana era obasuubize. Naye nno Sitaani tabasuubiza *kirala* okuggyako okubuzaa-buza.

66. Naye mazima abaweereza bange *abatuufu* tojja kuba na buyinza ku bo. Era Mukama wo amala okuba omulabirizi *ku bo*.

67. Mukama wammwe y'Oyo abatambuliza ebyombo ku nnyanja, mulyooke munoonye ku mikisa gye. Mazima Ye ye Musaasizi ennyo gye muli.

68. Era bwe mutuukibwako obuzibu nga muli mu nnyanja, abo be mulaajanira ebbali we *bonna* babaabulira, okuggyako Ye *yekka*. Naye bw'amala okubawonya n'abatuusa ku lukalu, *olwo* nga mwekyuusa. Naye omuntu muteebaza nnyo!

وَمَا مَنَعَنَا أَنْ نُرْسِلَ بِالْأَيِّتِ إِلَّا أَنْ كَذَّبَ بِهَا الْأَعْمَىٰ وَالنَّوْنُ ۗ وَآتَيْنَا ثَمُودَ النَّاقَةَ مُبْصِرَةً فَظَلَمُوا بِهَا ۗ وَمَا نُرْسِلُ بِالْأَيِّتِ إِلَّا تَخَوِّفًا ۝

وَإِذْ قُلْنَا لَكَ إِنَّ رَبَّكَ أَحَاطَ بِالنَّاسِ ۗ وَمَا جَعَلْنَا الرَّهْءِيَآلِيَّكَ إِلَّا فِتْنَةً لِلنَّاسِ ۗ وَالشَّجَرَةَ الْمَلْعُونَةَ فِي الْقُرْآنِ ۗ وَنُحُوٍّ فُهِمَ ۗ فَمَا يَزِيدُهُمْ إِلَّا طُغْيَانًا كَبِيرًا ۝

وَإِذْ قُلْنَا لِلْمَلٰٓئِكَةِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ ۗ قَالَ ءَأَسْجُدُ لِمَنْ خَلَقْتُ طِينًا ۝

قَالَ أَرَأَيْتَكَ هَذَا الَّذِي كَرَّمْتَ عَلَيَّ لَئِنِ أَحْرَمْتَنِي إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيٰمَةِ لَأَحْتَنِكَنَّ ذُرِّيَّتَهُ إِلَّا قَلِيلًا ۝

قَالَ أَذْهَبَ فَمَنْ تَبِعَكَ مِنْهُمْ فَإِنَّ جَهَنَّمَ جَزَاءُكُمْ جَزَاءً مَّوْفُورًا ۝

وَاسْتَفْزَمَ الَّذِينَ اسْتَطَّغَتْ مِنْهُمْ بِصَوْتِكَ وَأَجْلِبَ عَلَيْهِمُ بِحَبْلِكَ وَرَجِلِكَ وَشَارَهُمْ فِي الْأَمْوَالِ وَالْأَوْلَادِ وَعَدَّهُمْ مَا يُعَدُّهُمُ الشَّيْطٰنُ إِلَّا عُرُورًا ۝

إِنَّ عِبَادِي لَيْسَ لَكَ عَلَيْهِمْ سُلْطٰنٌ ۗ وَكَفَىٰ بِرَبِّكَ وَحِيلًا ۝

رَبُّكُمْ الَّذِي يُرْجِي لَكُمْ الْفُلْكَ فِي الْبَحْرِ لِتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ ۗ إِنَّهُ كَانَ بِكُمْ رَحِيمًا ۝

وَإِذَا مَسَّكُمُ الضُّرُّ فِي الْبَحْرِ ضَلَّ مَنْ تَدْعُونَ إِلَّا إِلٰهَآءٌ فَلَمَّا نَجَّكُمْ إِلَى الْبَرِّ أَعْرَضْتُمْ ۗ وَكَانَ الْإِنْسَانُ كَفُورًا ۝

69. Abaffe, mulwooza nti muli mirembe nnyo taabasaanyizeewo eyo ebbali ku lukalu gye muli oba taabasindikire kibuyaga w'omusenyu ow'akabi? Nate olwo temuyinza kufunayo mulabirizi ku lwammwe.

70. Nandiki, mulwooza nti muli mirembe nnyo talibazza nate mu nnyanja omwo omulundi omulala, olwo n'abasindikira omuyaga ogw'akabi, kale n'abasaanyaawo olw'obutakkiriza bwammwe? Nate olwo temulifunayo muyambi yenna ku Ffe.

71. Era mazima twawa abaana ba Adamu ekitiibwa, era netubasitula ku lukalu ne ku nnyanja, era netubagabula mu birongoofu, era netubasukkulumya okusinga ku bingi mw'ebyo bye twatonda olusukkulumya.

Ruku 8

72. *Mwetegekere* olunaku lwe tulikowoola buli bantu n'omukulembeze waabwe. Kale oyo aliweebwa ekitabo kye mu ddyo we, kale abo be balisoma ekitabo kyaabwe n'essanyu era tebaliryazaamaanyizibwa wadde akasirikitu.

73. Era oyo aliba muzibe wano ku nsi, kale ye ne ku nkomerero era aliba muzibe, era y'alinga okuwaba ku kkubo.

74. Era ddala kaabula kata bakusaanyeeewo nga bakubonyabonya mbu bakuggye kw'ebyo bye twakubikkulira, nga baagala otupaatiikeko ebirala ebitali byo, era olwo ddala lwe baalikututte ng'owomukwano ennyo.

75. Era singa tetwakugumya ne Kur'ani eno, osanga walyekubiddeko gye bali akatonotono.

76. Olwo nno ddala naawe twalikulozezza ku kibonerezo ekisuffu mu bulamu bw'oku nsi, n'ekibonerezo ekisuffu mu kufa, n'oluvannyuma tewaalifunyeeyo muyambi yenna ku Ffe.

77. Era ddala baali kumpi okukukijjanya mu nsi balyooke bagikugobemu; naye era nabo tebaaligibaddemu oluvannyuma lwo, okuggyako akatono ennyo.

78. Y'empisa gye twayisaamu n'abo be twatuma olubereberye lwo mu Babaka baffe, era tojja kusangawo nkyuukakyuuka yonna ku mpisa yaffe.

أَفَأَمِنْتُمْ أَنْ يُخَسِفَ بِكُمْ جَانِبَ الْبَرِّ أَوْ يُرْسِلَ عَلَيْكُمْ حَاصِبًا ثُمَّ لَا تَجِدُوا لَكُمْ وَيْلًا ۝١٦

أَمْ أَمِنْتُمْ أَنْ يُعِينِدَكُمْ فِيهِ تَارَةً أُخْرَى فَيُرْسِلَ عَلَيْكُمْ قَاصِفًا مِّنَ الرِّيحِ فَيَغْرِقَكُمْ بِمَا كَفَرْتُمْ ثُمَّ لَا تَجِدُوا لَكُمْ عَلَيْكُمْ تَبِيعًا ۝١٧

وَلَقَدْ كَرَّمْنَا بَنِي آدَمَ وَحَمَلْنَاهُمْ فِي الْبَرِّ وَالْبَحْرِ وَرَزَقْنَاهُم مِّنَ الطَّيِّبَاتِ وَفَضَّلْنَاهُمْ عَلَى كَثِيرٍ مِّمَّنْ خَلَقْنَا تَفْضِيلًا ۝١٨

يَوْمَ نَدْعُوا كُلَّ أُنثَىٰ بِمَا مَهَّمْنَاهَا فَمَنْ أُوذِيَ كِتَابَةٌ بِسَيِّئِهَا قَالُوا لِيكِتَافٌ يُفْرءُونَ كِتَابَهُمْ وَلَا يُظْلَمُونَ فِيهِ شَيْئًا ۝١٩

وَمَنْ كَانَ فِي هَذِهِ أَعْمَىٰ فَهُوَ فِي الْآخِرَةِ أَعْمَىٰ وَأَضَلُّ سَبِيلًا ۝٢٠

وَإِنْ كَادُوا لَيَفْتِنُونَكَ عَنِ الَّذِي أُوتِيتَ إِلَيْكَ لِتُفْتَرِي عَلَيْنَا غَيْرَةَ ۝٢١ وَإِذْ آتَىٰكَ وَكٌ خَلِيلًا ۝٢٢

وَلَوْ لَا أَنْ تَبَثُّنَا لَقَدْ كِدْتَ تَرْكَنُ إِلَيْهِمْ شَيْئًا قَلِيلًا ۝٢٣

إِذَا كَادَ فَنَّاكَ فِي الْوَحْيِ وَضَعَفَ الْمَوَاتِ ثُمَّ لَا تَجِدُ لَكَ عَلَيْهَا نُصِيرًا ۝٢٤

وَإِنْ كَادُوا لَيَشْتَرِيَنَّكَ مِنَ الْأَرْضِ لِيُخْرِجُوكَ مِنْهَا وَإِذْ لَا يَلْبَثُونَ خَلْقَكَ إِلَّا قَلِيلًا ۝٢٥

سَنَّةٍ مِّنْ قَدْ أَرْسَلْنَا قَبْلَكَ مِنْ رُّسُلِنَا وَلَا تَجِدُ لِسُنَّتِنَا تَحْوِيلًا ۝٢٦

Ruku 9

79. Kale ssa omwoyo ku ssaala nga enjuba etandise okukkirira okutuusa nga enzikiza y'ekiro ekutte, ne ku kusoma Kur'ani nga bukya. Mazima okusoma Kur'ani nga bukya kukkirizibwa nnyo eri Allah.

80. Ne mu kiro gigolokokerenga ogisome, nga kwe kusinza okw'ennyongeza gy'oli, ob'olya wo Mukama wo n'akugulumiza mu kifo ekitenderezebwa ennyo.

81. Era gamba nti: Mukama wange, nyingiza okuyingiza okulungi era onfulumye okufulumya okulungi era ompe obuyinza obuyamba okuva gy'oli.

82. Era gamba nti: Amazima gazze era obulimba busaanyee wo. Mazima obulimba bwe buteekwa okusaanawo.

83. Era tussa mu Kur'ani ekyo ekiwonya era nga kwe kusaasira eri abakkiriza; naye aboononyi tekibongera kirala okuggyako okufirwa.

84. Era awo bwe tuwa omuntu ebyengera, akyuuka neyeerattira; naye bw'atuukibwako akabi, nga essuubi limuggwamu.

85. Gamba nti: Buli omu akolera ku ngeri ye, naye Mukama wammwe y'asinga okumanya oyo asinga okuba omulung'amu mu kkubo.

Ruku 10

86. Era bakubuuza ebifa ku mwoyo. Gamba nti: Omwoyo gubaawo lwa kiragiyo kya Mukama wange; naye temwaweebwa kumanya bigufaako, okuggyako okutono ennyo.

87. Era singa twayagala, ddala twaliggyeewo ebyo bye twakubikkulira, n'oluvannyuma lwa byo tewaalifunyeewo mulabirizi ku Ffe,

88. Okuggyako nga ofunye okusaasira okuva eri Mukama wo. Mazima emikisa gye ku ggwe minene nnyo.

89. Gamba nti: Abantu n'Amajinni ne bwe bekung'aanya awamu nti baleeteyo ekitabo ekifaanana ne Kur'ani eno, tebasobola

أَقِمِ الصَّلَاةَ لِذِكْرِ الشَّمْسِ إِلَى عَسَى
الْيَلِيلِ وَ قُرْآنَ الْفَجْرِ إِنَّ قُرْآنَ الْفَجْرِ
كَانَ مَشْهُودًا ﴿٧٩﴾

وَمِنَ اللَّيْلِ فَتَهَجَّدْ بِهِ نَافِلَةً لَكَ تُبَيِّنُ
عَنِّي أَن يَبْعَثَكَ رَبُّكَ مَقَامًا
مَّحْمُودًا ﴿٨٠﴾

وَقُلْ رَبِّ آذِنْ لِي مَدْخَلَ صِدْقِي وَأَخْرِجْ
مِنْهُ صِدْقِي وَأَجْعَلْ لِي مِنْ لَدُنْكَ
سُلْطَانًا نَصِيرًا ﴿٨١﴾

وَقُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَرَهَقَ الْبَاطِلُ إِنَّ
الْبَاطِلَ كَانَ زَهُوقًا ﴿٨٢﴾

وَنُنزِّلُ مِنَ الْقُرْآنِ مَا هُوَ شِفَاءٌ
وَ رَحْمَةٌ لِّلْمُؤْمِنِينَ ۗ وَلَا يَزِيدُ
الظَّالِمِينَ إِلَّا حَسْرًا ﴿٨٣﴾

وَإِذَا أَنْعَمْنَا عَلَى الْوَالِدِ فَكَانَ
وَدَّاعًا بَيْنَهُمَا ۗ وَإِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ كَانَ
يَكُوسًا ﴿٨٤﴾

قُلْ كُلٌّ يَعْمَلُ عَلَى شَاكِلَتِهِ فَمَنْ قَرَّبَكُمْ
أَعْلَمُ بِمَنْ هُوَ أَهْدَى سَبِيلًا ﴿٨٥﴾

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الرُّؤْيَا قُلِ الرُّؤْيَا
أَمْرٌ رَّبِّي وَمَا أُوْتِيْتُمْ مِنَ الْحُلُمِ إِلَّا
قَلِيلًا ﴿٨٦﴾

وَلَكِنَّ شَأْنًا لَنَدْهَبَنَّ بِالَّذِي
أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ ثُمَّ لَا تَجِدُ لَكَ بِهِ
عَلَيْنَا وَكَيْلًا ﴿٨٧﴾

إِلَّا رَحْمَةً مِن رَّبِّكَ ۗ إِنَّ فَضْلَهُ كَانَ
عَلَيْكَ كَثِيرًا ﴿٨٨﴾

قُلْ لَنْ أَجْتَمَعَتِ الْوَالِدُ وَالْأَبْنَاءُ
عَلَىٰ أَن يَأْتُوا بِمِثْلِ هَذَا الْقُرْآنِ

kuleetayo *kitabo* kigifaanana, ne bwe bayambagana bokka na bokka.

90. Era ddala twannyonyola mu ngeri ezitali zimu eri abantu eby'okulabirako ebya buli ngeri mu Kur'ani eno, naye abantu abasinga obungi baagaana *ebigirimu*, okuggyako *okugoberera* obutakkiriza.

91. Era baagamba nti: Tetujja kukukkiriza okutuusa lw'onotutiirisiza ensulo okuva mu ttaka,

92. Oba obeere n'essamba y'emitende n'emizabibu; kale ofukumule emigga wakati wa zo olufukumula,

93. Oba otusuuleko eggulu mu bitundutundu nga bwe wagamba oba oleete Allah ne ba malayika *tubalabe* obuling'aana,

94. Oba obeere n'enju eya zaabu oba olinnye mu ggulu. Naye era tetujja kukkiriza kulinyya kwo, okutuusa lw'onootussiza ekitabo netukisoma. Gamba nti: Omutuukurivu ye Mukama wange, naye nze *siri kirala* wabula ndi muntu buntu *eyatumwa nga* Omubaka

Ruku 11

95. Era tewali kiziyiza bantu kukkiriza awo nga bajjiddwa obulung'amu, wabula okugambanga nti: Abaffe, omuntu obuntu Allah gw'atumye ng'Omubaka?

96. Gamba nti: Singa ku nsi kwaliko ba malayika abatambula nga bakkalivu, ddala nabo twalibatumidde malayika okuva mu ggulu nga ye mubaka gye bali.

97. Gamba nti: Allah amala okuba omujulizi wakati wange nammwe. Ddala Ye y'ategeera obulungi *era* y'alaba obulungi abaweereza be.

98. Era oyo Allah gw'alung'anya, y'aba alung'amidde ddala. Naye abo b'aleka, kale ggwe toyinza kubazuulirayo bayambi balala ebbali we. Era tulibakung'aanya ku lunaku lw'okuzuukira *nga beevuunise* ku bwenyi bwabwe nga bamuzibe, nga bakasiru, nga bakigigala. N'obutuulo bwabwe muliro. Buli

لَا يَأْتُونَ بِمِثْلِهِمْ وَلَوْ كَانَ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ ظَهِيرًا ﴿٨٩﴾

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ مِنْ كُلِّ مَثَلٍ فَاقْبَلْ آيَاتِنَا أَنْتَ وَالرَّاسِخُونَ فِي الْعِلْمِ ﴿٩٠﴾

وَقَالُوا لَنْ نُؤْمِنَ بِكَ حَتَّى تُفْجَرَ لَنَا مِنَ الْأَرْضِ يَنْبُوعًا ﴿٩١﴾

أَوْ تَكُونَ لَكَ جَنَّةٌ مِنْ نَجِيلٍ وَعَنْبٍ فَتَقْجِرَ الْآلَافَ مِنْهَا فَتَجِيرَ ﴿٩٢﴾

أَوْ تُسْقِطَ السَّمَاءَ كَمَا زَعَمْتِ عَلَيْنَا كِسْفًا أَوْ تَأْتِي بِلُحْيَةٍ وَالْمَلَكِ كَقَبِيلٍ ﴿٩٣﴾

أَوْ يَكُونَ لَكَ بَيْتٌ مِنْ ذُخْرٍ أَوْ تَنْزِي فِي السَّمَاءِ وَلَنْ نُؤْمِنَ بِرُقِيِّكَ حَتَّى تُنَزِّلَ عَلَيْنَا كِتَابًا نَقْرُوهُ ۚ قُلْ سُبْحَانَ رَبِّيَ هَلْ كُنْتُ إِلَّا بَشَرًا رَسُولًا ﴿٩٤﴾

وَمَا مَنَعَ النَّاسَ أَنْ يُؤْمِنُوا إِذْ جَاءَهُمْ الْهُدَىٰ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَبَعَثَ اللَّهُ بَشَرًا رَسُولًا ﴿٩٥﴾

قُلْ لَوْ كَانَ فِي الْأَرْضِ مَلَائِكَةٌ يَمشُونَ مُطْمَئِنِّينَ لَنَزَّلْنَا عَلَيْهِمْ مِنَ السَّمَاءِ مَلَكًا رَسُولًا ﴿٩٦﴾

قُلْ كَفَىٰ بِاللَّهِ شَهِيدًا بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ ۗ إِنَّهُ كَانَ يُعْبَادُهُ خَيْرًا بَصِيرًا ﴿٩٧﴾

وَمَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَهُوَ الْمُهْتَدِ ۖ وَمَنْ يُضِلِلْ فَلَنْ تَجِدَ لَهُمْ أَوْلِيَاءَ مِنْ دُونِهِ ۗ وَنَحْشُرُهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ عَلَىٰ وُجُوهِهِمْ عُمِمًّا ۗ وَبُكْمًا ۗ وَصُمًّا ۗ مَا أَوْهَمَهُمْ جَهَنَّمَ ۗ كُلَّمَا حَبَسَتْ رُدُنُهُمْ

Iwe guliggwereranga, tulibongeranga omuliro ogubumbujja.

99. Okwo kwe kusalwa kwabwe olw'okuba baagaana obubonero bwaffe nebagamba nti: Abaffe, bwe tulifuuka amagumba nga tusegenyuse, abaffe era tulizuukizibwa nga *tuli* bitonde bipya?

100. Abaffe, tebalaba nti ddala Allah Oyo eyatonda eggulu n'ensi alina obuyinza okutondayo abalinga bo? Era yabategekera entuuko etabuusibwabuusibwamu. Naye aboonyi baagaana *buli kimu*, okuggyako obutakkiriza.

101. Gamba nti: Singa mmwe mulina obuyinza ku mawanika g'okusaasira kwa Mukama wange, olwo nno ddala mwalikwatiridde olw'okutya okuggweesa, kubanga omuntu mukodo nnyo.

Ruku 12

102. Era mazima twawa Mūsa obubonero mwenda obwenkukunala. Kale buuza abaana ba Isirairi awo bwe yajja gye bali, Farāwo n'amugamba nti: Owange Mūsa, nze nkakasa nti oli muloge.

103. Mūsa n'agamba nti: Mazima otegedde bulungi nti tewali yassa *bubonero* buno wabula Mukama w'eggulu n'ensi nga bwe bukakafu gye *muli*, era ggwe Farāwo nze nkubala nti ozikiridde.

104. Kale Farāwo n'amalirira okubagoba mu nsi; naye netumusaanyawo ne be yali nabo bonna.

105. N'oluvannyuma Iwe twagamba abaana ba Isirairi nti: Mutuule mu nsi *eyabalagaa-nyizibwa*. Kale *ekiseera* ky'ekisuubizo eky'oluvannyuma bwe kirituuka, mwenna tulibaleeta nemuba wamu nate.

106. Era Kur'āni twagissa mu mazima era yakka Iwa mazima *gokka*. Era ggwe tetwakutuma wabula Iwa kuba muwi w'amawulire ag'essanyu era Omulabuzi.

107. Era Kur'āni twagyawulayawulamu ebitundu olyooke ogisomere abantu nga *ogoberera* ebiwummulo era twagissa mu bitundutundu.

سَعِيرًا ١٨

ذَلِكَ جَزَاءُ هُمْ بِأَنَّهُمْ كَفَرُوا
بِآيَاتِنَا وَقَالُوا إِذَا كُنَّا عِظَامًا
رُفَاتًا إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ خَلْقًا
جَدِيدًا ١٩

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ قَادِرٌ عَلَىٰ أَنْ
يَخْلُقَ مِثْلَهُمْ وَجَعَلَ لَهُمْ أَجَلًا
لَّا رَيْبَ فِيهِ قَابِئِ الظَّالِمُونَ إِلَّا
كُفُورًا ٢٠

قُلْ لَوِ أَنْتُمْ تَمْلِكُونَ خَزَائِنَ رَحْمَةِ
رَبِّي إِذًا لَمْ تَسْكُنْمْ خَشْيَةَ الْإِنْفَاقِ
وَكَانَ الْإِنْسَانُ قَتُورًا ٢١

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَىٰ تِسْعَ آيَاتٍ
بَيِّنَاتٍ فَسَعَلَ بَنِي إِسْرَائِيلَ إِذْ
جَاءَهُمْ فَقَالَ لَهُ فِرْعَوْنُ إِنِّي لَأَظُنُّكَ
يَمُوسَىٰ مَسْحُورًا ٢٢

قَالَ لَقَدْ عَلِمْتُمْ مَا أَنْزَلَ هَؤُلَاءِ إِلَّا
رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ بِصَافِرٍ وَرَائِي
لَأَظُنُّكَ يَفِرُّعُونَ مَثْبُورًا ٢٣

فَأَرَادَ أَنْ يَشْتَفِيَهُمْ مِنَ الْأَرْضِ
فَأَغْرَقْنَاهُ وَمَنْ مَعَهُ جَمِيعًا ٢٤

وَقُلْنَا مِنْ بَعْدِهِ لِبَنِي إِسْرَائِيلَ
اشْكُوا الْأَرْضَ فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ الْآخِرَةِ
جِئْنَا بِكُمْ لَفِيفًا ٢٥

وَبِالْحَقِّ أَنْزَلْنَاهُ وَبِالْحَقِّ نَزَّلَهُ وَمَا
أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا مُبَشِّرًا وَنَذِيرًا ٢٦

وَقُرْآنًا فَرَقْنَاهُ لِتَقْرَأَهُ عَلَى النَّاسِ
عَلَىٰ مَكْتَبٍ وَنَزَّلْنَاهُ تَنْزِيلًا ٢٧

108. Gamba nti: Mugikkirize oba mugigane, mazima abo abaaweebwa okumanya olubereberye lwa yo bw'ebasomerwa, bo bagwa wansi ku bwenyi bwabwe nebavuu-nama,

قُلْ امْتُوايَةٌ أَوْ لَا تُؤْمِنُوا إِنَّ الَّذِينَ
أَوْتُوا الْعِلْمَ مِنْ قَبْلِهِ إِذَا يُثْلَى
عَلَيْهِمْ يَخِرُّونَ لِلْأَذْقَانِ سُجَّدًا ﴿١٠٨﴾

109. Nga bwe bagamba nti: Omutuukirivu Allah ye Mukama waffe. Mazima ekisuubizo kya Mukama waffe kiteekwa okutuukirira.

وَيَقُولُونَ سُبْحَانَ رَبِّنَا إِنْ كَانَ وَعْدُ
رَبِّنَا لَمَفْعُولًا ﴿١٠٩﴾

110. Era bagwa wansi ku bwenyi bwa-bwe nga bwe bakaaba, nekibongera obwetoowaze.

وَيَخِرُّونَ لِلْأَذْقَانِ يَبْكُونَ وَ
يَزِيدُهُمْ خُشُوعًا ﴿١١٠﴾

111. Gamba nti: Mukoowoole 'Allah' oba mukoowoole 'Rahmān', buli *ttendo lye mumukoowoola nalyo aliwulira*. Y'alina amannya agasingira ddala obulungi. Era toleekaaniranga mu ssaala yo wadde togimuumuunyanga, wabula okwatanga ekkubo eliri wakati w'ebyo *byombi*.

قُلْ إِذْ عَاوَا اللَّهَ أَوْ إِذْ عَاوَا الرَّحْمَنَ
أَيَّامًا تَدْعُوا فَلَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى
وَلَا تَجْهَرُوا بِصَلَاتِكُمْ وَلَا تَخَافُوهَا
وَابْتَغِ بَيْنَ ذَلِكَ سَبِيلًا ﴿١١١﴾

112. Era gamba nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo ateefunira mwana era atalina yenkana naye mu bwakabaka era atalina muyambi olw'obuteesobola. Era tendereza-nga obukulu bwe olutendereza.

وَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي لَمْ يَتَّخِذْ
وَلَدًا وَلَمْ يَكُنْ لَهُ شَرِيكٌ فِي الْمُلْكِ
وَلَمْ يَكُنْ لَهُ وِليٌّ مِنَ الذَّلِّ وَكَثِيرٌ
مِّنْ كِبَرِهِ ﴿١١٢﴾

AL-KAHF

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Amatendo gonna ga Allah Oyo eyassa Ekitabo ku Muweereza we, n'atakissaamu* (naye n'atamussaamu) bukyaaamu bwonna .

3. Nga ky'ekiribirizi, kiryooke kirabule abantu ku kibonerezo ekikakali ekiva gy'ali era kiwe amawulire ag'essanyu eri abakkiriza abo abakola ebikolwa ebirungi nti ddala balifuna empeera amakula,

4. Omwo mwe balibeera olubeerera;

5. Era kirabule n'abo abagamba nti Allah yeefunira omwana.

6. Tebalina kye bakimanyiiko wadde bakitaabwe. Nga kigambo kinene nnyo ekiva mu bumwa bwabwe! Teboogera kirala wabula bulimba.

7. Kale ob'olyawo newessa ennaku olw'okubalumirwa singa tebakkirize kigambo kino.

8. Mazima ebiri mu nsi byonna twabifuula majolobera ga yo, tulyooke tubagezese tumanyise ani mu bo asinga okukola obulungi.

9. Era ddala Ffe tujja okufuula ebyo ebigiriko ettaka ejjereere.

10. Abaffe, olowooza nti abantu b'omu mpuku n'ebiwandiiko byaali mu bubonero bwaffe obw'ekyewuunyo ennyo ?

11. Awo abavubuka bwe baabudama eri empuku nebagamba nti: Mukama waffe, tuwe okusaasira okuva gy'oli era tuwe

يَسْأَلُ اللّٰهُ الرَّحْمٰنَ الرَّحِیْمَ ①

الْحَمْدُ لِلّٰهِ الَّذِیْ اَنْزَلَ عَلٰی عَبْدِهِ الْكِتٰبَ وَكَمْ یَجْعَلُ لَهٗ ؕ اُجُوًّا ②

قَدِیْمًا لَّیْسَ ذَرِیَّةٌ رَبَّآ سَآءَ یَدِیْنٰ لَدُنْهُ وَیُبَشِّرُ الْمُؤْمِنِیْنَ الَّذِیْنَ یَعْمَلُوْنَ الصّٰلِحٰتِ اَنَّ لَهُمْ اَجْرًا حَسَنًا ③

مَآ كَرِیْمٍ فِیْهِۗ اَبَدًا ④

وَیُنذِرَ الَّذِیْنَ قَالُوْا اتَّخَذَ اللّٰهُ وَلَدًا ⑤

مَا لَهُمْ بِهٖ مِنْ عِلْمٍ وَّ لَا یَاْتُوْهُمْ كُتُبٌ كَلِیْمَةٌ یَّخْرُبُ مِنْ اَفْوَاهِهِمْ اِنْ یَقُوْلُوْنَ اِلَّا كَذِبًا ⑥

فَلَعَلَّكَ بَآخِعٌ نَّفْسَكَ عَلٰی اٰثَارِهِمْ اِنْ لَّمْ یُؤْمِنُوْا بِهٰذَا الْحَدِیْثِ اَسْفًا ⑦

اِنَّا جَعَلْنَا مَا عَلٰی الْاَرْضِ زِیْنَةً لَّهَا لِیَنْبَؤْهُمْ اَیُّهُمْ اَحْسَنُ عَمَلًا ⑧

وَ اِنَّا لَجَاعِلُوْنَ مَا عَلَیْهَا صَعِیْدًا جُرُزًا ⑨

اَمْ حَسِبْتَ اَنَّ اَصْحٰبَ الْكُهْفِ وَ الرَّقِیْمِ ۗ كَانُوْا مِنْ اٰیٰتِنَا عَجَبًا ⑩

اِذْ اَوٰی الْفِثِیَّةُ اِلٰی الْكُهْفِ فَقَالُوْا رَبَّنَا اِنَّا مِن لَّدُنْكَ رَحْمَةً وَهَیْثُ

18:2. Pronoun 'hu' (هُوَ) mu kigambo 'lahu' (لَهُ) egwa ku njuyi zombi i.e. ku Mubaka Muhammad (s.a.w.) ne ku Kitabo (Kur'ani). Olw'okuba nti wano kizibu mu Luganda okukozesa pronoun emu okugatta Omubaka n'Ekitabo — so nga ate ekyo kyennyini ky'ekigendererwa ky'ekigambo 'lahu' mu Luwarabu — mu kuvvuunula tuwaliriziddwa okuteekawo ebigambo byombi (Omubaka n'Ekitabo) butereevu olw'okutuukiriza ekigendererwa kya Aya eno.

obulung'amu mu nsonga yaffe.

12. Kale twakonera amatu gaabwe nga bali mu mpuku ne batamanya bifa bweru okumala emyaka emibalirire.

13. N'oluvannyuma twabagelokosa tulyooke tumanyise kibiina ki ku byombi ekyaaali kisinga okubalirira ekiseera kye bamaze.

Ruku 2

14. Ffe tukunnyonyola ekyafaayo kya-bwe mu butuufu. Abo be bavubuka abakkiririza mu Mukama waabwe era ne-tubongera obulung'amu.

15. Era twanyweeza emitima gyabwe, awo bwe baayimuka nebagamba nti: Mukama waffe ye Mukama w'eggulu n'ensi. Tetulikoowoola musinzibwa mulala yenna ebbali we; bwe tulikikola, mazima tuliba twogedde obulimba obusingira ddala.

16. Bannaffe bano be baatwala abasinzibwa abalala ebbali we. Naye lwaki tebabaleetako bukakafu bwa Iwaatu? Kale ani asinga obwonoonefu kw'oyo apaatiika ku Allah obulimba?

17. Kale nga bwe mumaze okubeebengulako n'ebyo bye basinza ebitali Allah, kale mubudame eri empuku; Mukama wammwe ajja kubanjululiza okusaasira kwe era abategekere obwangu mu nsonga yammwe.

18. Era ng'olaba enjuba bw'eyita ewala n'empuku yaabwe ku ludda olwa ddyo awo ng'evaayo, era nga bw'eba egwa, ebayita ku ludda olwa kkono, naye nga mu yo bali wagazi. Kano ke kamu ku bubonero bwa Allah. Oyo Allah gw'alung'amyaa, ye mulung'amu owa ddala; n'oyo gw'alekulira, ggwe toyinza kumuzuulirayo muyambi, omulung'amyaa.

Ruku 3

19. Era ng'obaloowooza nti bagolokose, so nga beebase; era tulibakyuusiza ku ludda olwa ddyo ne ku ludda olwa kkono, n'embwa yaabwe ng'egolodde emikono gya yo ku mulyango. Singa wabatunulako,

لَنَا مِنْ أَمْرِنَا رَشَدًا ﴿١١﴾

فَضَرَبْنَا عَلَىٰ أَدَانِهِمْ فِي الْكَهْفِ سِنِينَ عَدَدًا ﴿١١﴾

ثُمَّ بَعَثْنَاهُمْ لِنَعْلَمَ أَيُّ الْجِبْتَيْنِ أَحْصَىٰ لِمَا لَبِثُوا أَمَدًا ﴿١٣﴾

نَحْنُ نَقُصُّ عَلَيْكَ نَبَأَهُم بِالْحَقِّ ۗ إِنَّهُمْ فِتْيَةٌ آمَنُوا بِرَبِّهِمْ وَزِدْنَاهُمْ هُدًى ﴿١٤﴾

وَ رَبَطْنَا عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ إِذْ قَامُوا فَقَالُوا رَبُّنَا رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لَنْ نَدْعُوهُ مِنْ دُونِهِ ۗ إِلَهًا لَقَدْ قُلْنَا إِذًا شَطَطًا ﴿١٥﴾

هُؤُلَاءِ قَوْمُنَا اتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ آلِهَةً ۗ لَوْلَا يَأْتُونَ عَلَيْهِم بِسُلْطٰنٍ بَيِّنٍ ۖ قَمِنَ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ﴿١٦﴾

وَ إِذِ اعْتَزَلْتُمُوهُمْ وَ مَا يَعْبُدُونَ إِلَّا اللَّهَ فَأَوْأَىٰ إِلَىٰ الْكَهْفِ يَنْشُرْكُمْ رَبُّكُمْ مِنْ رَحْمَتِهِ وَيَهَيِّئْ لَكُمْ مِنْ أَمْرِكُمْ مَخْرَجًا ﴿١٧﴾

وَ تَرَى السَّمْسَ إِذَا طَلَعَتْ تَزَّاورُ عَنْ كَهْفِهِمْ ذَاتَ الْيَمِينِ ۖ وَإِذَا غَرَبَتْ تَقَرَّبَتْ إِلَيْهِمْ ذَاتَ الشِّمَالِ ۖ وَ هُمْ فِي وَجْوهٍ مِّنْهُ ۗ ذَٰلِكَ مِنْ آيَاتِ اللَّهِ ۗ يَهْدِي اللَّهُ لِقَوْمٍ يُهْتَدُونَ ۚ وَ مَنْ يُضِلِلْ فَلَنْ تَجِدَ لَهُ وَلِيًّا مُّرْشِدًا ﴿١٨﴾

وَ يَحْسَبُهُمْ آيَاتُنَا وَ هُمْ رُكُودٌ ۖ وَ نُقَلِّبُهُمْ ذَاتَ الْيَمِينِ وَ ذَاتَ الشِّمَالِ ۖ وَ كَلْبُهُمْ بَاسِطٌ وَّرَاعِيهِ ۖ بِالْوَصِيهِ ۖ لَوْ أَطَّلَعْتَ عَلَيْهِمْ لَوَلَّيْتَ

waalibakubye amabega n'odduka era ddala waalijjudde ensisi ku lwabwe.

20. Era bwe kityo twabagolokosa balyooke beebuuzaganye bokka na bokka. Omwogezi omu mu bo yagamba nti: Mumaze banga ki? Nebagamba nti: Tumaze lunaku oba kitundu kya lunaku. *Abalala* nebagamba nti: Mukama wammwe y'asinga okumanya ekiseera kye mumaze. Kale mutume omu ku mmwe n'essente zammwe zino mu kibuga, kale alabe mmere y'ani mu kyo esinga okuba ennungi, kale abaleetere ku yo eky'okulya. Naye abeere mwegendereza era aleme kubamanyisa eri omuntu yenna.

21. Kuba ddala bwe banaabawangula, bajja kubakuba amayinja oba bajja kubazzaayo mu nzikiriza yaabwe era olwo temuliddayo kuganyulwa ddi na ddi.

22. Era bwe kityo *oluvannyuma* twabamanyisa eri *abantu* balyooke bamanye nti ddala ekisuubizo kya Allah kya mazima era nti ddala Essaawa *eyalagaanyizibwa* teriimu kubuusabuusa. *Jjukira* awo *abantu* bwe baakaayana bokka na bokka ku nsonga yaabwe, kale nebagamba nti: Mubazimbeko ekizimbe.* Mukama waabwe y'asinga okubamanya. Abo abaawangula ku nsonga yaabwe baagamba nti: Ddala tujja kubazimbako essinzizo.

23. Bajja kugamba nti: Baali basatu, owokuna ku bo y'embwa yaabwe. Era *abalala* bagambe nti: Bataano, ow'omukaaga ku bo y'embwa yaabwe, mu kuteebereza okw'ekimpumpu. Era *abalala bagambe nti*: Baali musanvu, ow'omunaana ku bo y'embwa yaabwe. Gamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya omuwendo gwabwe. Tewali abamanyi, okuggyako abatono ennyo. Kale ggwe towakana ku bibafaako wabula mu mpakana eyeetadde era tobuulirizanga bibafaako eri *omuntu* yenna mu bo.

Ruku 4

24. Era toyogeranga ku kintu kyonna nti: Mazima ekyo nzija kukikola enkya,

25. Wabula *ojulizanga nti*: 'Nga Allah

مِنْهُمْ فَرَارًا وَكَلِمَاتٍ مِنْهُمْ رُءُوبًا ﴿١٩﴾

وَكَذَلِكَ بَعَثْنَاهُمْ لِيَتَسَاءَلُوا بَيْنَهُمْ
قَالَ قَائِلٌ مِنْهُمْ كَمْ لَبِثْتُمْ قَالُوا
لَبِثْنَا يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ قَالُوا
رَبُّكُمْ أَعْلَمُ بِمَا لَبِثْتُمْ فَابْعَثُوا
أَحَدَكُمْ بِوَرِقِكُمْ هَذِهِ إِلَى الْمَدِينَةِ
فَلْيَنْظُرْ آيَّتَهَا أَزَلَىٰ طَعْمًا مَا فُلِيَ آتِكُمْ
بِرِزْقٍ مِنْهُ وَلِيَتَلَطَّفَ وَلَا يَشْعِرَ
بِكُمْ أَحَدًا ﴿٢٠﴾

تفسير القرآن

إِنَّهُمْ إِنْ يَظْهَرُوا عَلَيْكُمْ يَرْجُمُوكُمْ
أَوْ يُعَذِّبُوكُمْ فِي مِلَّتِهِمْ وَلَنْ تُفْرِحُوا
إِذَا أَبَدًا ﴿٢١﴾

وَكَذَلِكَ أَعْتَدْنَا عَلَيْهِمْ لِيَعْلَمُوا أَنَّ
وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَأَنَّ السَّاعَةَ لَا رَيْبَ
فِيهَا إِذْ يَتَنَادَوْنَ بَيْنَهُمْ أَمْرُهُمْ
فَقَالُوا ابْنُوا عَلَيْهِمْ بُنْيَانًا رَبُّهُمْ
أَعْلَمُ بِهِمْ قَالَ الَّذِينَ غَلَبُوا عَلَىٰ
أَمْرِهِمْ لَنَتَّخِذَنَّ عَلَيْهِمْ مَسْجِدًا ﴿٢٢﴾

سَيَقُولُونَ ثَلَاثَةٌ رَأَيْنَاهُمْ كَلْبُهُمْ
وَيَقُولُونَ خَمْسَةٌ سَادِسُهُمْ كَلْبُهُمْ
رَجْمًا بِالْغَيْبِ وَيَقُولُونَ سَبْعَةٌ
وَثَامُنُهُمْ كَلْبُهُمْ قُل رَّبِّي أَعْلَمُ
بِعِدَّتِهِمْ مَا يَعْلَمُهُمْ إِلَّا قَلِيلٌ فَلَا
تُمَارِ فِيهِمْ إِلَّا مِرَاءً ظَاهِرًا وَلَا
تَسْتَفْتِ فِيهِمْ مِنْهُمْ أَحَدًا ﴿٢٣﴾

تفسير القرآن

وَلَا تَقُولَنَّ لِشَايٍ إِذَا كَانَ قَائِلٌ ذَلِكَ
عَدَا ﴿٢٤﴾

إِنَّمَا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ وَإِذْ كَرَّرْنَا إِلَيْكَ إِذَا

18:22. Kino kyaali kitegeeza kuzimba kijjukizo ku mpuku yaabwe.

ayagadde'. Era ojjukiranga Mukama wo nga weerabidde *ekintu kyonna* era ogambanganga nti: Ob'olyawo Mukama wange n'annung'amywa eri ekisinga okuba okumpi ku kino mu bulung'amu.

26. Era baamala mu mpuku yaabwe emyaka ebikumi bisatu, ate nebongerako mwenda.

27. Gamba nti: Allah yekka y'amanyi obulungi ekiseera kye baamala. Ebyaama by'omu ggulu ne mu nsi bibye. Nga alaba era nga awulira! Tebalinaayo wa mukwano mulala ebbali we era tewali gw'aganya kuba bumu naye mu buyinza bwe.

28. Era soma ebyo ebikubikkulirwa mu Kitabo kya Mukama wo. Tewali ayinza kukyuusa bigambo bye era tojja kuzuulayo buddukiro bulala ebbali we.

29. Naye beera bumu n'abo abasaba Mukama waabwe ku makya n'eggulo nga banoonya okusiima kwe era tobabuuusanga maaso go ng'onoonya amajolobera g'obulamu bw'ensi; era togonderanga oyo omwoyo gwe gwe twalagajja okutujjukira n'agoberera kwagala kwe, n'ensonga ye n'esukka *ekigero*.

30. Era gamba nti: Amazima gavudde eri Mukama wammwe. Kale oyo ayagala, akkirize; n'oyo ayagala, kale agaane. Mazima twategekera aboononyi omuliro, ekidaala kya gwo kiribeetoolola. Era bwe banaawanjanga, banadduukirirwanga n'amazzi agali ng'ekikomo ekisaanuuse agalyokya obwenyi. *Ekyo* nga kya kunywa kibi nnyo, era *omuliro* nga kiwummulo kibi nnyo!

31. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, mazima Ffe tetufiiriza mpeera y'oyo akola ebikolwa ebirungi.

32. Abo nno be balifuna ensuku ez'olubeerera nga emigga gikulukuta wansi waabwe. Baliwundirwamu n'ebikomo ebya zaabu, era balyambala engoye za kiragala eza liiri ow'oluwewere ne liiri omuzito, nga bagalaamiridde mu zo (ensuku) ku ntebe ez'emitto empunde. *Eyo* si mpeera ggero era si kiwummulo makula!

تَسَيِّتَ وَقُلْ عَسَىٰ أَن يَهْدِيَنَّا رَبِّنَا
لَا قَرْبَ مِنْ هَذَا أَرْشَدًا ﴿٢٥﴾

وَأَلَيْسُوا فِي كُفْرِهِمْ ثَلَاثَ مِائَةٍ سِنِينَ
وَأَزْدَادًا وَارْتِسَاعًا ﴿٢٦﴾

قُلِ اللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا لَيْسُوا لَهُ غَيْبٌ
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَأَبْصُرُ بِهِ وَأَسْمِعُ
مَا لَهُمْ مِنْ دُونِهِ مِنْ وَلِيٍّ وَلَا يُشْرِكُ
فِي حُكْمِهِ أَحَدًا ﴿٢٧﴾

وَإِثْلُ مَا أُوحِيَ إِلَيْكَ مِنْ كِتَابِ
رَبِّكَ ۚ لَا يُبَدِّلُ كَلِمَتِهِ ۖ وَكَانَ
تَجِدَ مِنْ دُونِهِ مُلْتَحَدًا ﴿٢٨﴾

وَاصْبِرْ نَفْسَكَ مَعَ الَّذِينَ يَدْعُونَ
رَبَّهُمْ بِالْعَدْوَىٰ وَالْحَيْثِي يُمِرُّونَ
وَجِهَهُ وَلَا تَعْدُ عَيْنَاكَ عَنْهُمْ
تُرِيدُ زِينَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلَا تَطْعَمُ
مَنْ أَغْفَلْنَا قَلْبَهُ عَن ذِكْرِنَا وَاتَّبَعَ
تَوْبَةً هُوَ وَمَا كَانَ أَمْرُهُ فُرْطًا ﴿٢٩﴾

وَقُلِ الْحَقُّ مِن رَّبِّكُمْ فَمَنْ شَاءَ
فَلْيُؤْمِرْ وَمَنْ شَاءَ فَلْيُكْفُرْ ۗ إِنَّا
أَعْتَدْنَا لِلظَّالِمِينَ نَارًا ۗ أَحَاطَ بِهِمْ
سُرَادِقُهَا ۗ وَإِن يَسْتَغِيثُوا يُغَاثُوا
بِمَاءٍ كَالْمُهْلِ يَشْوِي الْوُجُوهَ ۗ
بِئْسَ الشَّرَابُ ۗ وَسَاءَتْ مَزَافِقًا ﴿٣٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ إِنَّا
لَا نُضِيعُهُمْ أَجْرًا مِّنْ أَحْسَنِ عَمَلٍ ﴿٣١﴾

أُولَٰئِكَ لَهُمْ جَنَّاتُ عَدْنٍ تَجْرِي مِنْ
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ يُحَلَّوْنَ فِيهَا مِنْ
أَسَاوِرَ مِنْ ذَهَبٍ وَيَلْبَسُونَ ثِيَابًا
خُضْرًا مِّنْ سُندُسٍ وَرِاشَاتِبْرَقٍ
مُّتَّعِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرَائِكِ ۗ وَنِعْمَ

الثَّوَابِ وَوَحَسَّتْ مُرْتَفَقًا ﴿٣٧﴾

Ruku 5

33. Era baleetere eky' okulabirako eky' abantu ababiri: Omu ku bo twamuwa essamba bbiri ez'emizabibu era netuzebunguluza emitende era netuteeka wakati wa zo ebirime eby'empeke.

وَاضْرِبْ لَهُم مَّثَلًا رَّجُلَيْنِ جَعَلْنَا لِأَحَدِهِمَا جَنَّتَيْنِ مِنْ أَعْنَابٍ وَحَفَفْنَاهُمَا بِنَخْلٍ وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمَا زَبْزَعًا ﴿٣٧﴾

34. Buli emu ku ssamba zombiriri nga ebaza ebibala bya yo *mu bungu* era nga tezikendeenza ku byo n'akatonu. Era nga tufukumula omugga wakati wa zombi.

كُلْتَا الْجَنَّتَيْنِ آتَتْهُمَا وَكَمْ تَظْلِمُ مِنْهُ شَيْئًا وَفَجَّرْنَا خِلْفَهُمَا نَهْرًا ﴿٣٨﴾

35. Era nga alina ebibala *mu bungu*. Kale n'agamba munne ng'amuduulira nti: Nze nkusinza eby'obugagga era nze w'amaanyi ennyo olw'abantu *bennina*.

وَكَانَ لَهُ ثَمَرٌ فَقَالَ لِصَاحِبِهِ وَهُوَ يُحَاوِرُهُ أَنَا أَكْثَرُ مِنْكَ مَالًا وَأَعَزُّ نَفَرًا ﴿٣٨﴾

36. Olwo n'ayingira mu ssamba ye nga yeeryazaamaanyizza yekka. N'agamba nti: Sirowooza nti bino birizikirira ddi na ddi,

وَدَخَلَ جَنَّتَهُ وَهُوَ ظَالِمٌ لِنَفْسِهِ ۗ قَالَ مَا أَظُنُّ أَن تَبِيدَ هَذِهِ أَبَدًا ﴿٣٩﴾

37. Era sirowooza nti ekiseera *ekyasuubizi-bwa* kirituuka. Era ne bwe ndizzibwayo eri Mukama wange, mazima ndisangayo obuddo obusinga ne ku buno obulungi.

وَمَا أَظُنُّ السَّاعَةَ قَائِمَةً ۗ وَلَئِن رُّدِدْتُ إِلَىٰ رَبِّي لَأَجِدَنَّ خَيْرًا مِنْهَا مُنْقَلَبًا ﴿٣٩﴾

38. Munne n'amugamba ng'ayogeraganya naye nti: Abaffe, weegaana Oyo eyakutonda mu ttaka n'oluvannyuma mu mani, n'oluvannyuma n'akwenkanyankanya n'oba omuntu?

قَالَ لَهُ صَاحِبُهُ وَهُوَ يُحَاوِرُهُ أَكَفَرْتَ بِالَّذِي خَلَقْتَهُ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ مِنْ نُطْفَةٍ ثُمَّ سَوَّاهُ رَجُلًا ﴿٤٠﴾

39. Naye nze *nzikiriza nti* ye Allah ye Mukama wange era senkanyankanya Mukama wange ne yenna.

لَيْتَنَىٰ هُوَ اللَّهُ رَبِّي وَلَا أُشْرِكُ بِرَبِّي أَحَدًا ﴿٤٠﴾

40. Naye lwaki bwe wayingidde mu ssamba yo tewagambye nti: Ekyo Allah ky'aba ayagadde *ky'ekibaawo*. Tewali maanyi *walala* okuggyako eri Allah. Nawaakubadde nga ondaba nti nze nnina eby'obugagga bitono nnyo ku ggwe n'abaana,

وَلَوْ لَا إِذْ دَخَلْتَ جَنَّتَكَ قُلْتَ مَا شَاءَ اللَّهُ ۗ لَا قُوَّةَ إِلَّا بِاللَّهِ ۗ إِن تَرَنِ أَنَا أَقَلُّ مِنْكَ مَالًا وَوَلَدًا ﴿٤١﴾

41. Naye ob'olyawa Mukama wange n'ampa ekirungi ekisinga essamba yo, *essamba eyiyo* n'agisindikira ekibonerezo okuva mu ggulu, kale n'efuuka ettaka ejjereere esseerevu,

فَعَلَىٰ رَبِّي أَن يَأْتِيَنَّ خَيْرًا مِنْ بَنَاتِكِ ۗ وَيُرْسِلَ عَلَيْهَا حُسْبَانًا مِنَ السَّمَاءِ فَنُصِصَ صَوْبَهُ آذَانًا ﴿٤١﴾

42. Oba amazzi ga yo n'agafuula agakalidde, n'otosobola kugazuula nate.

أَوْ يُصِصَ مَا وَهَىٰ غَوْرًا فَلَن تَسْتَطِيعَ لَهُ طَلَبًا ﴿٤٢﴾

43. Kale ebibala bye byazikirizibwa, olwo n'aba nga ayanjala ngalo ze olw'ebyo bye yasaasaanya ku yo era nga yonna yeeyaze wansi w'ebitindiuro bya yo. N'agamba nti: Woowe! Singa kale senkanya Mukama wange ne yenna.

وَ أَحِيطَ بِشَمْرِهِ فَاصْبِرْ يَقْلِبْ كَفَيْهِ عَلَى مَا أَنْفَقَ فِيهَا وَ هِيَ خَاوِيَةٌ عَلَى عُرُوشِهَا وَ يَقُولُ يَا لَيْتَنِي لَمْ أُشْرِكْ بِرَبِّي أَحَدًا ﴿٤٣﴾

44. Naye teyalina kibiina kyamuyamba ku Allah, wadde teyasobola kwerwanako.

وَ لَمْ تَكُنْ لَهُ فِتْنَةً يَتَخَصَّمُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَ مَا كَانَتْ مُنْتَصِرًا ﴿٤٤﴾

45. Awo nno obudduukirize *obutuufu* buva eri Allah, Ow'amazima. Ye mulungi ennyo mu *kugaba* empeera era y'asinga mu *kwoleka* ebisembayo.

هُنَالِكَ الْوَلَايَةُ لِلَّهِ الْحَقِّ هُوَ خَيْرٌ ثَوَابًا وَ خَيْرٌ عُقْبًا ﴿٤٥﴾

Ruku 6

46. Era baleetere eky'okulabirako ky'obulamu bw'ensi: Bufaana ng'amazzi ge tussa okuva mu bire, kale negeetabika n'ebimera by'oku nsi, n'oluvannyuma *ne-bikala* nebifuuka ebikutusekutuse empewo by'efuumuula. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَ اضْرِبْ لَهُمْ مَثَلِ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا كَمَا أَنْزَلْنَاهُ مِنَ السَّمَاءِ فَاخْتَلَطَ بِهِ نَبَاتُ الْأَرْضِ فَأَصْبَحَ هَشِيمًا تَذْرُوعًا الرِّيحِ وَ كَانَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ مُقْتَدِرًا ﴿٤٦﴾

47. Eby'obugagga n'abaana majolobera ga bulamu bwa nsi. Naye ebikolwa eburungi ebisigalawo by'ebisinga obulungi mu kusasulwa *okw'obuliwo* eri mukama wo era by'ebisinga obulungi mu kusuubira *okw'oluvannyuma*.

الْمَالِ وَ الْبَنُونَ زِينَةُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ الْبَقِيَّةُ الصَّالِحَاتُ خَيْرٌ عِنْدَ رَبِّكَ ثَوَابًا وَ خَيْرٌ أَمَلًا ﴿٤٧﴾

48. Era olunaku lwe tuliggyawo ensozi, kale oliraba ensi bwe zirumbagana *zinaazo* era tulibakung'aanya wamu, era tetulirekayo n'omu.

وَ يَوْمَ نَسِيتَ الْجِبَالَ وَ تَرَى الْأَرْضَ بَارِزَةً وَ حَشَرْنَاهُمْ فَلَمْ نُغَادِرْ مِنْهُمْ أَحَدًا ﴿٤٨﴾

49. Era balireetebwa mu maaso ga Mukama wo mu nnyiriri *bagambibwe nti*: Ddala muzze gye tuli nga bwe twabatonda omulundi ogwasooka, anti mwalowoozanga nti tetulibateerawo kiseera *kya kutuukiriza* kisuubizo.

وَ عَرِضُوا عَلَيَّ رَبِّكَ صَفَاءً لَقَدْ جِئْتُمُونَا كَمَا خَلَقْنَاكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ بَلْ زَعَمْتُمْ أَلَّنْ نَجْعَلَ لَكُمْ مَوْعِدًا ﴿٤٩﴾

50. Era ekitabo *ky'ebikolwa byabwe* kiriteekebwawo, olwo oliraba aboononyi bwe bakankana olw'ebyo ebikirimu nga bagamba nti: Zitusanze! Ye kino kitabo kya ngeri ki ekitalekayo kitono wadde ekinene, wabula nakyo kikibala? Era byonna bye baakola balibisangawo. Era Mukama wo talyazaamanya muntu yenna.

وَ وَضِعَ الْكِتَابَ فَتَرَى الْمُجْرِمِينَ مُشْفِقِينَ مَقَامًا فِيهِ وَ يَقُولُونَ يَا لَيْتَنَّا مَا لَنَا هَذَا الْكِتَابُ لَا يُغَادِرُ صَغِيرَةً وَ لَا كَبِيرَةً إِلَّا أَحْصَاهَا وَ وَجَدُوا مَا عَمِلُوا حَاضِرًا وَ لَا يَظْلِمُ رَبُّكَ أَحَدًا ﴿٥٠﴾

Ruku 7

51. Era *jjukira nga* bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Adamu, kale baamugondera, okuggyako Ibilisi. Yali *omu* mu Majinni; kale yajeemera ekiragiyo kya Mukama we. Abaffe, ate mmwe ye

وَ إِذْ قُلْنَا لِلْمَلَكِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا إِلَّا إِبْلِيسَ كَانَ مِنَ الْجِنِّ فَفَسَقَ عَنْ أَمْرِ رَبِّهِ فَآتَخَذَ وَتَهُ وَ دُرَيْتَهُ

n'ezzadde lye be mutwala nga ab'emikwano ebbali wange so nga be balabe bammwe? Okuwaanyisa kw'aboonoonyi nga kubi nnyo!

52. Nze sibafuulangako bajulizi ku kutondebwa kw'eggulu n'ensi wadde ku kutondebwa kwabwe bennyini, era sibangako atwaala abawabya *abantu* nti be bayambi.

53. Era *jjukira* olunaku lw'aligamba nti: Mukoowoole abo be mwabalanga nti benkana nange. Kale balibakoowoola naye tebalibaanukula era tuliteeka wakati waabwe olukomera.

54. Era aboonoonyi oluliraba omuliro, balitegeera nti ddala bagenda kugugwamu; naye tebalizuulayo buwonoero ku gwo.

Ruku 8

55. Era ddala tunnyonyodde eri abantu mu Kur'ani eno eby'okulabirako ebya buli ngeri, naye omuntu y'asinga ebintu byonna okuwakana.

56. Era tewali kiziyiza bantu kukkiriza n'okusaba okusonyiyibwa eri Mukama waabwe nga batuukiddwako obulung'amu, wabula *baba balinda* kutuukibwako empisa *eyayisibwamu* abantu abaabasooka oba batuukibweko ekibonerezo obuling'aana.

57. Era tetutuma Babaka wabula lwa kuba bawi ba mawulire ag'essanyu era abalabuzi. Naye abo abatakkiriza bavuganyisa obulimba mbu balyooke babusanguzisewo amazima. Era obubonero bwange n'ebyo bye balabulwako babitwala nga eky'okubalaata.

58. Naye ani asinga obwononefu kw'oyo ajjukizibwa Aya za Mukama we naye n'azikuba amabega, neyeerabira ebyo emikono gye bye gyakulembeza? Mazima twassa ebisaanikira ku mitima gyabwe baleme kugitegeera, ne mu matu gaabwe mulimu obuggavu. Era bw'obayita eri obulung'amu, *tebafaayo*; kale abo si baakulung'ama ddi na ddi.

59. Era Mukama wo ye Musonyiyi ennyo, Nannyini kusaasira. Singa yali wa kubabonererezaawo olw'ebyo bye bakola *buli mulundi*, yaalibanguyirizza ekibonerezo. Naye balina ekiseera ekyasuubizibwa kye

أُولِيَاءٍ مِنْ دُونِهِمْ لَكُمْ عَذَابٌ يُنْسَلُونَ
لِلظَّالِمِينَ بَدَلًا ٥١

مَا أَشْهَدْتُهُمْ خَلْقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَلَا خَلْقَ أَنْفُسِهِمْ وَمَا كُنْتُمْ مَتَّخِذِينَ
الْمُضِلِّينَ عَضُدًا ٥٢

وَيَوْمَ يَقُولُ نَادُوا شُرَكَائِيَ الَّذِينَ
رَعِمْتُمْ فَوَدَّعَوْهُمْ فَلَمْ يَسْتَجِيبُوا لَهُمْ
وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمْ مَوْبِقًا ٥٣

وَرَأَى الْمُجْرِمُونَ النَّارَ فَظَنُّوا أَنَّهُمْ
مُتَوَاعِظُونَ وَلَمْ يَجِدُوا عِنْدَهَا مَصْرِفًا ٥٤

وَلَقَدْ صَرَّفْنَا فِي هَذَا الْقُرْآنِ لِلنَّاسِ مِنْ
كُلِّ مَثَلٍ، وَكَانَ الْإِنْسَانُ أَكْثَرَ شَيْءٍ
جَدَلًا ٥٥

وَمَا مَنَعَ النَّاسَ أَنْ يُؤْمِنُوا إِذْ
جَاءَهُمُ الْهُدَىٰ وَيَسْتَغْفِرُوا رَبَّهُمْ
إِلَّا أَنْ تَأْتِيَهُمْ سُنَّةٌ مِنَ الْآلِ وَالرَّسُلِ أَوْ
يَأْتِيَهُمُ الْعَذَابُ قُبُلًا ٥٦

وَمَا نُرْسِلُ الْمُرْسَلِينَ إِلَّا مُبَشِّرِينَ
وَمُنذِرِينَ وَيَجَادِلُ الَّذِينَ كَفَرُوا
بِالْبَاطِلِ لِيُنذِرَ لِمَنْ حِضْوَاهِ الْحَقَّ وَاتَّخَذُوا
آيَاتِي وَمَا أَنْزَرُوا أَهْرَؤًا ٥٧

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ ذُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ فَأَعْرَضَ
عَنْهَا وَنَسِيَ مَا قَدَّمَتْ يَدُهُ إِلَّا نَآجِعَلْنَا عَلَىٰ
قُلُوبِهِمْ كِتَابًا أَنْ يَفْقَهُوهُ وَفِي آذَانِهِمْ
وَقْرًا وَإِنْ تَذَعَّهُمْ إِلَى الْهُدَىٰ فَلَنْ
يَهْتَدُوا إِذًا أَبَدًا ٥٨

وَرَبُّكَ الْعَفُورُ ذُو الرَّحْمَةِ لَوْ يُؤَاخِذُهُمْ
بِمَا كَسَبُوا لَعَجَّلَ لَهُمُ الْعَذَابَ بَلْ
لَهُمْ مَوْعِدٌ لَنْ يَجْعُدُوا مِنْ دُونِهِ

batayinza kuzuulako buddukiro *bulala* ebbali we.

60. Era ebibuga ebyo twabizikiriza nga boonoonese. Era twasangawo ekiseera ekigereke eky'okuzikirizibwa kwabwe.

Ruku 9

61. Era *jjukira* nga Mūsa bwe yagamba omuvubuka we nti: Sijja kulekayo *kutambula* okutuusa lwe nnaatuuka ennyanja ebbiri we zisisinkanira, waakiri nnaatambula emyaka n'emyaka.

62. Kale bombi bwe baatuuka *ennyanja* zombi we zisisinkanira, nebeerabira eky'ennyanja kyabwe, olwo nekikwata ekkubo lya kyo mu nnyanja ku bwangu.

63. Kale bwe beeyongerayo, *Mūsa* n'agamba omuvubuka we nti: Tuwe eky'enky kyaffe. Mazima tufunye nnyo obukoowu mu lugendo lwaffe luno.

64. N'agamba nti: Olabye! Awo bwe twawummudde ku lwaazi, kale eky'ennyanja nenkyerabira, naye tewali yakinneerabizza okukyogerako *gy'oli* wabula Sitaani era kyakutte ekkubo lya kyo mu nnyanja mu ngeri ey'ekyewuunyo.

65. *Mūsa* n'agamba nti: Ekyo kye twabadde tunoonya. Kale bombi nebaddayo nga bagoba obuwufu bwabwe.

66. Kale nebasanga omuweereza omu mu bawereza baffe gwe twawa okusaasira okuva gye tuli era netumuyigiriza n'amagezi okuva gye tuli.

67. *Mūsa* n'amugamba nti: Abaffe, nkugoberere olw'okunjigiriza ku bulung'amu bwe wayigirizibwa?

68. N'agamba nti: Mazima ggwe tosobola kugumiikiriza ng'oli nange.

69. Ye oyinza otya okugumiikiriza kw'ebyo by'otetooloola kumanya kwa byo?

70. N'agamba nti: Allah bw'anaaba ayagadde, oija kusanga nga ndi mugumiikiriza era sijja kukujeemera mu kiragiro kyonna.

71. N'agamba nti: Bw'onooba ongoberedde, kale tombuuzza ebifa ku kintu kyonna okutuusa lwe ndisookereza nze kennyini

مُؤْمِلًا ٥٩

وَتِلْكَ الْقُرَىٰ أَهْلَكْنَاهُمْ لَمَّا ظَلَمُوا وَ
جَعَلْنَا لِمَهْلِكِهِمْ مَوْعِدًا ٦٠

ع

وَإِذْ قَالَ مُوسَىٰ لِفَتَاهُ لَا أَبْرَحُ حَتَّىٰ أَبْلُغَ
مَجْمَعَ الْبَحْرَيْنِ أَوْ أَمْضِيَ حُقُبًا ٦١

فَلَمَّا بَلَغَا مَجْمَعَ بَيْنَهُمَا نَسِيَا حُوتَهُمَا
فَاتَّخَذَ سَبِيلَهُ فِي الْبَحْرِ سَرَبًا ٦٢

فَلَمَّا جَاوَزَا قَالَ لِفَتَاهُ اجْتِنَا غَدَاءَ نَارٍ
لَقَدْ لَقِينَا مِنْ سَفَرِنَا هَذَا نَصَبًا ٦٣

قَالَ أَرَأَيْتَ إِذْ أَوَيْنَا إِلَى الصَّخْرَةِ فَإِنِّي
نَسِيتُ الْحُوتَ وَمَا أَنسِيئُهُ إِلَّا
الشَّيْطَانُ أَنْ أَذْكُرَهُ وَاتَّخَذَ سَبِيلَهُ
فِي الْبَحْرِ عَجَبًا ٦٤

قَالَ ذَلِكَ مَا كُنَّا نُبِغُّهُ فَازْتَدَا عَلَيَّ
إِنَارِهِمَا قَصَصًا ٦٥

فَوَجَدَا عَبْدًا مِنْ عِبَادِنَا آتَيْنَهُ رَحْمَةً مِنْ
عِنْدِنَا وَعَلَّمْنَاهُ مِنْ لَدُنَّا عِلْمًا ٦٦

قَالَ لَهُ مُوسَىٰ هَلْ آتَيْتُكَ عَلَىٰ أَن
تُعَلِّمَنِي وَمِمَّا عَلَّمْتَنِي لُشْدًا ٦٧

قَالَ إِنَّكَ لَن تَسْتَطِيعَ مَعِيَ صَبْرًا ٦٨

وَكَيفَ تَصْبِرُ عَلَىٰ مَا لَمْ تُحِطْ بِهِ خُبْرًا ٦٩

قَالَ سَتَجِدُنِي إِن شَاءَ اللَّهُ صَابِرًا وَلَا
أَعْصِي لَكَ أَمْرًا ٧٠

قَالَ فَإِنِ اتَّبَعْتَنِي فَلَا تَسْأَلْنِي عَنْ شَيْءٍ
حَتَّىٰ أَحْدِثَ لَكَ مِنْهُ ذِكْرًا ٧١

ع

okukyogerako gy'oli.

Ruku 10

72. Kale bombi baagenda, okutuusa lwe baasaabala mu kyombo, *oli* n'akiwummula. *Musa* n'agamba nti: Okiwummudde olyooke osaanyeewo abakirimu? Mazima okoze ekintu kibi nnyo.

73. N'agamba nti: Abaffe, saagambye nti ddala ggwe toyinza kugumiikiriza nga oli nange?

74. N'agamba nti: Tonvunaana olw'ebyo bye nneerabidde era tonkaluubiriza olw'akaso-nga kange.

75. Olwo bombi baagenda, okutuusa lwe baasanga omulenzi, *oli* n'amutta. *Musa* n'agamba nti: Osse omuntu atalina musango awatali na muntu gw'asse? Mazima okoze ekintu kibi nnyo.

Juzu 16

76. *Oli* n'agamba nti: Saakugambye nti mazima ggwe toosobole kugumiikiriza nga oli nange?

77. *Musa* N'agamba nti: Bwe nnaakubuza ekintu kyonna oluvannyuma lwa kino, toddayo okuyita nange kuba onooba onfunyeeke ensonga ezimala.

78. Olwo bombi baagenda, okutuusa lwe baatuuka ku bantu b'omu kibuga nebasaba emmere eri abatuuze baamu, naye nebagaana okubagenyiwaza. Nebasangamu ekisenge nga kyagala kugwa, olwo *oli* n'akitereeza. *Musa* n'agamba nti: Singa oyagadde, walikituttekko empeera.

79. *Oli* n'agamba nti: Eno y'enjawukana wakati wange naawe. Kati ng'enda kukutegeeza amakulu g'ebyo by'otaasobodde kugumiikirizaako:

80. Kyo ekyombo kyabadde kya bankuseere abakolera ku nnyanja; naye nayagadde okukiteekako akamogo kubanga emabega waabwe yabaddeyo kabaka nga atwala buli kyombo na maanyi.

81. Ate omulenzi, bakadde be bombiriri baabadde bakkiriza, kale twatidde nti ajja kubatawaanya n'obujeemu n'obutakkiriza.

82. Kale twayagadde Mukama waabwe abakuyisizeemu *omwana* amusinga obulongo-

فَانطَلَقَا وَدَحْشَىٰ إِذَا رَكِبَا فِي السَّفِينَةِ خَرَقَهَا قَالَ أَخَرَقْتَهَا لِتُغْرِقَ أَهْلَهَا لَقَدْ جِئْتُمْ شَيْئًا إِمْرًا ﴿٧٢﴾

قَالَ أَلَمْ أَقُلْ لَكَ لَنْ تَسْتَطِيعَ مَعِيَ صَابِرًا ﴿٧٣﴾

قَالَ لَا تُوَاجِدُنِي بِمَا نَسِيتُ وَلَا تَزِدْهُنِي مِنْ أَمْرِي عُسْرًا ﴿٧٤﴾

فَانطَلَقَا وَدَحْشَىٰ إِذَا اتَّيَا عُلَمَاءَ فَقَعَلَهُ قَالَ أَقْتَلْتُمْ نَفْسًا زَكِيَّةً بِغَيْرِ نَفْسٍ لَقَدْ جِئْتُمْ شَيْئًا نُكْرًا ﴿٧٥﴾

قَالَ أَلَمْ أَقُلْ لَكَ لَنْ تَسْتَطِيعَ مَعِيَ صَابِرًا ﴿٧٦﴾

قَالَ إِنْ سَأَلْتِكِ عَنْ شَيْءٍ بَعْدَهَا فَلَا تُصْرِحِي بِهِ قَدْ بَلَغْتَ مِنْ لَدُنِّي عُذْرًا ﴿٧٧﴾

فَانطَلَقَا وَدَحْشَىٰ إِذَا اتَّيَا أَهْلَ قَرْيَةٍ بِاسْتِطْعَمَاءِ أَهْلَهَا فَأَبْوَأَ أَنْ يُضَيَّفُوهُمَهَا فَوَجَدَا فِيهَا جِدَارًا يُرِيدُ أَنْ يَنْقَضَ فَأَقَامَهُ قَالَ لَوْ شِئْتَ لَتَّخَذْتَ عَلَيْهِ أَجْرًا ﴿٧٨﴾

قَالَ هَذَا فِرَاقِي بَيْنِي وَبَيْنَكَ سَأَنْتَبِعُكَ بِتَأْوِيلِ مَا لَمْ تَسْتَطِعْ عَلَيْهِ صَابِرًا ﴿٧٩﴾

أَمَّا السَّفِينَةُ فَكَانَتْ لِمَسْكِينٍ يَخْمَلُونَ فِي الْبَحْرِ فَأَرَدَتْ أَنْ تَطْغِبَهُمْ وَرَأَاهُمْ مَلِكًا يَأْخُذُ كُلَّ سَفِينَةٍ غَصْبًا ﴿٨٠﴾

وَأَمَّا الْعُلَمَاءُ فَكَانَ أَبُوهُمُ الْمُؤْمِنِينَ فَخَشِينَا أَنْ يُرْهِقَهُمُ طُغْيَانًا وَكُفْرًا ﴿٨١﴾

فَأَرَدْنَا أَنْ يُبَدِّلَهُمَا رَبُّهُمَا خَيْرًا مِنْهُ

ofu era ali okumpi ennyo n'okusaasira.

83. Ate ekisenge, kyabadde kya balenzi babiri bamulekwa abali mu kibuga nga wansi wa kyo eriyo eby'obugagga bwaabwe ate nga kitaabwe yali mutuukirivu. Kale Mukama wo yayagadde batuuke ku kuvubuka kwabwe era baggyeyo eby'obugagga bwaabwe, nga kwe kusaasira okuva eri Mukama wo; era saakikoze ku lwange. Ago nno ge makulu g'ebyo by'otaasobodde kugumiikirizaako.

Ruku 11

84. Era bakubuuzza ebifa ku Dhul-Qarnain. Gamba nti: Mazima nzija kubasomera ebimufaako.

85. Mazima twamutebenkeza mu nsi era netumuwa ekkubo *elimutuusa* ku buli kimu.

86. Bw'atyo yagoberera ekkubo.

87. Okutuusa lwe yatuuka enjuba gy'egwa, n'agisanga ng'egwa mu nsulo y'amazzi agaddugala, n'asanga okumpi nayo abantu. Netugamba nti: Owange ggwe Dhul-Qarnain, oyinza okubabonereza oba okubayisa mu ngeri y'ekisa.

88. N'agamba nti: Naye oyo akola ekibi, kale ddala tujja kumubonereza n'oluvannyuma alizibwa eri Mukama we n'amubonereza ekibonerezo eky'entiisa.

89. Naye oyo alikiriza era n'akola ebikolwa ebirungi, kale y'alifuna empeera ennungi era tulimutegeeza *ekigambo* ekyangu ku kiragiro kyaffe.

90. N'oluvannyuma yagoberera ekkubo *eddala*.

91. Okutuusa lwe yatuuka enjuba gy'eva n'agisanga ng'eviirayo awali abantu be tutaakolerawo kigibasiikiriza.

92. Bwe kityo *bwe kyali*. Era ddala twetooloola okumanya byonna ebyali w'ali.

رُكُوءًا وَأَقْرَبَ رُحْمًا ﴿٨٧﴾

وَأَمَّا الْجِدَارُ فَكَانَ لِغُلَامَيْنِ يَتِيمَيْنِ فِي الْمَدِينَةِ وَكَانَ تَحْتَهُ كَنْزٌ لَهُمَا وَكَانَ أَبُوهُمَا صَالِحًا فَأَرَادَ رَبُّكَ أَنْ يَبْلُغَا أَشُدَّهُمَا وَيَسْتَخْرِجَا كَنْزَهُمَا رَحْمَةً مِّن رَّبِّكَ وَوَمَا فَعَلْتَهُ عَن أَمْرِي ؕ ذَٰلِكَ تَأْوِيلُ مَا لَمْ تَسْطِعْ عَلَيْهِ صَبْرًا ﴿٨٨﴾

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْقَرْنَيْنِ ؕ قُلْ سَأَلْتُمُونِي عَن شَيْءٍ سَبَبًا ﴿٨٩﴾

إِنَّمَا مَكَّنَّا لَهُ فِي الْأَرْضِ وَاتَّيْنَهُ مِنَ كُلِّ شَيْءٍ سَبَبًا ﴿٩٠﴾

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ مَغْرِبَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا تَغْرُبُ فِي عَيْنٍ حَمِئَةٍ وَوَجَدَ عِنْدَهَا قَوْمًا قُلْنَا يَأْكُلُ الْقَرْنَيْنِ إِنَّمَا أَنْ تَعْبُدَ وَإِنَّمَا أَنْ تَتَّخِذَ فِيهِمْ حُسْنًا ﴿٩١﴾

قَالَ إِنَّمَا مَن ظَلَمَ فَسَوْفَ نَعَذِّبُهُ ثُمَّ يُرَدُّ إِلَىٰ رَبِّهِ فَيُعَذِّبُهُ عَذَابًا نُكَرًا ﴿٩٢﴾

وَأَمَّا مَن أَمَنَ وَآمَلَ صَالِحًا فَلَهُ جَزَاءٌ بِالْحُسْنِ ؕ وَسَنَقُولُ لَهُ مِن أَمْرِنَا يُسْرًا ﴿٩٣﴾

ثُمَّ اتَّبَعَهُ سَبَبًا ﴿٩٤﴾

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ مَطْلِعَ الشَّمْسِ وَجَدَهَا تَطْلُعُ عَلَىٰ قَوْمٍ لَّمْ نَجْعَلْ لَهُم مِّن دُونِهَا سِتْرًا ﴿٩٥﴾

كَذَٰلِكَ ؕ وَقَدْ أَحَطْنَا بِمَا لَدَيْهِ خُبْرًا ﴿٩٦﴾

93. N'oluvannyuma yakwata ekkubo eddala.

94. Okutuusa lwe yatuuka wakati w'ensozi ebbiri, n'asanga ebbali wa zo abantu abaali kumpi nga tebategeera kigambo *kyonna*.

95. Nebagamba nti: Owange Dhul-Qarnain, mazima Gog ne Magog batabulatabula mu nsi. Abaffe, tukuwe omusolo ku kakalu nti onookola olukomera wakati waffe nabo?

96. N'agamba nti: Obuyinza obwampeebwa Mukama wange kw'ekyo bwe busingira ddala; kale munnyambe n'amaanyi nkole ekyawula wakati wammwe nabo.

97. Mundeetere ebitundu by'ekyuuma. *Kale baabisomba* okutuusa lwe yajjuza *ebbanga elyali* wakati w'entikko z'ensozi zombi, n'agamba nti: Kale mufukute. *Baafukuta omuliro* okutuusa *olukomera* lwe yalufuula olwengeredde, n'agamba nti: Mundeetere ekikomo ekisaanuuse nkiyiweko.

98. *Bwe kityo, Gog ne Magog* tebaasobola kuluyitako wadde tebaasobola kulubotola.

99. N'agamba nti: Kuno kwe kusaasira okuva eri Mukama wange. Naye ekisuubizo kya Mukama wange bwe kirituuka, alirufuula olukutufukutufu. Era ekisuubizo kya Mukama wange ddala kya kutuukirira.

100. Era olunaku olwo tulireka abamu mu bo nebeefuukira abalala, naye eng'ombe bw'erifuuyibwa, olwo bonna tulibakung'aanyiza wamu.

101. Era ku lunaku olwo, tulyoleka Jahannamu olwoleka eri abatakkiriza—

102. Abo amaaso gaabwe agaali mu lutimbe nga *tebafa* ku kulabula kwange era abataasobola kuwulira.

Ruku 12

103. Abaffe, abo abatakkiriza balwooza nti bajja kutwala abaweereza bange okuba abakuumi *baabwe* mu kifo kyange? Mazima twategekera abatakkiriza Jahannamu nga kwe kusembezebwa *kwabwe*.

ثُمَّ أَثْبَتَهُ سَبَبًا ۝٩٣

حَتَّىٰ إِذَا بَلَغَ بَيْنَ السَّدَّيْنِ وَجَدَ مِنْ دُونِهِمَا قَوْمًا لَّا يَكَادُونَ يَفْقَهُونَ قَوْلًا ۝٩٤

قَالُوا إِذْ أَقْرَبْتِنَا لَنَنبَأَنَّهُمْ مَّا جُوبِحَ مُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ فَهَلْ تَجْعَلُ لَكَ خَرْجًا عَلَىٰ أَنْ تَجْعَلَ بَيْنَنَا وَبَيْنَهُمْ سَدًّا ۝٩٥

قَالَ مَا مَكِّيِّ فِيهِ رَبِّي خَيْرٌ فَأَعِينُونِي بِقُوَّةٍ أَجْعَلْ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَهُمْ رَدْمًا ۝٩٦

أَتُونِي زُبَرَ الْحَدِيدِ حَتَّىٰ إِذَا سَاوَىٰ بَيْنَ الصَّدَّيْنِ قَالَ انْفُخُوا هِ حَتَّىٰ إِذَا جَعَلَهُ نَارًا قَالَ أَتُونِي أُفْرِغْ عَلَيْهِ قَطْرًا ۝٩٧

فَمَا اسْطَاعُوا أَن يَظْهَرُوهُ وَ مَا اسْتَطَاعُوا لَهُ نَقْبًا ۝٩٨

قَالَ هَذَا رَحْمَةٌ مِنِّي فَإِذَا جَاءَ وَعْدُ رَبِّي جَعَلَهُ دَكَّاءَ وَكَانَ وَعْدُ رَبِّي حَقًّا ۝٩٩

وَ تَرَكْنَا بَعْضَهُمْ يَوْمَئِذٍ يَمُوجُ فِي بَعْضٍ وَ نُفِخَ فِي الصُّورِ وَ جَمَعْنَاهُمْ جَمْعًا ۝١٠٠

وَ عَرَضْنَا جَهَنَّمَ يَوْمَئِذٍ لِلْكَافِرِينَ عَرْضًا ۝١٠١

الَّذِينَ كَانَتْ أَعْيُنُهُمْ فِي غَطَاءٍ عَن ذِكْرِي وَ كَانُوا لَا يَسْتَطِيعُونَ سَمْعًا ۝١٠٢

أَفَحَسِبَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَن يَتَّخِذُوا عِبَادِي مِن دُونِي أَوْلِيَاءَ إِنَّا أَعْتَدْنَا جَهَنَّمَ لِلْكَافِرِينَ نُزُلًا ۝١٠٣

104. Gamba nti: Abaffe, tubategeeze abasingira ddala okufaafaaganirwa ebikolwa byabwe?

105. Be bo abaamalira okulafuubana kwabwe mu bulamu bw'oku nsi naye nga bo balowooza nti ddala bakola bikolwa birungi.

106. Abo nno be bo abaagaana obubonero bwa Mukama wabwe n'okusisinkana naye, kale ebikolwa byabwe byafaafaagana; era abo tetulibayimirizaawo kipimo kyonna ku lunaku lw'okuzuukira.

107. Bwe kityo empeera yaabwe Jahanamu olw'okubanga beerema era baatwalanga obubonero bwange n'Abatume bange nga eky'okubalaata.

108. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, be balifuna Janna ya Firidausi nga ge maka.

109. Omwo mwe balibeera; tebalyagala nakukyuusa kugivaamu

110. Gamba nti: Singa ennyanja eba nga ye bwiino w'okuwandiika ebigambo bya Mukama wange, mazima ennyanja yaaliweddemu naye nga ebigambo bya Mukama wange tebinnagwayo, ne bwe twalireeseyo ennyanja endala egyenkana okugyongerako.

111. Gamba nti: Mazima nange ndi muntu nga mmwe; wabula nga nze mbikkulirwa nti ddala Omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu yekka. Kale oyo asubira okusisinkana ne Mukama we, akole ebikolwa ebirungi ate mu kusinza Mukama we, aleme kumwenkanyankanya na mulala yenna.

قُلْ هَلْ نُنَبِّئُكُمْ بِالْأَخْسَرِينَ أَعْمَالًا ﴿١٤٤﴾

الَّذِينَ ضَلَّ سَعْيُهُمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَهُمْ يَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ يُحْسِنُونَ صُنْعًا ﴿١٤٥﴾

أُولَئِكَ الَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ وَرِقَابِهِمْ فَحَبِطَتْ أَعْمَالُهُمْ فَلَا نُقِيمُ لَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَزْنًا ﴿١٤٦﴾

ذَلِكَ جَزَاءُ هُمُ جَهَنَّمَ بِمَا كَفَرُوا وَتَّخَذُوا آيَاتِي وَرُسُلِي هُزُوًا ﴿١٤٧﴾

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ كَانَتْ لَهُمْ جَنَّاتُ الْفِرْدَوْسِ نُزُلًا ﴿١٤٨﴾

خَالِدِينَ فِيهَا لَا يَبْغُونَ عَنْهَا حِوًّا ﴿١٤٩﴾

قُلْ لَوْ كَانَ الْبَحْرُ مَدَادًا لَكَلِمَتِ رَبِّي لَنَفَذَ الْبَحْرُ قَبْلَ أَنْ تَنْفَذَ كَلِمَتُ رَبِّي وَلَوْ جِئْنَا بِمِثْلِهِ مَدَدًا ﴿١٥٠﴾

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ يُوحَى إِلَيَّ أَنَّمَا إِلَهُكُمْ إِلَهٌ وَاحِدٌ فَمَن كَانَ يَرْجُوا لِقَاءَ رَبِّهِ فَلْيَعْمَلْ عَمَلًا صَادِقًا وَ لَا يُشْرِكْ بِوَعْدِ رَبِّهِ أَحَدًا ﴿١٥١﴾

MARYAM

(Yakka lubereberye bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Kāf Hā Yā 'Āin Swād*

كَلِمَاتٍ ②

3. *Bino* by'ebyafa ku kusaasira kwa Mukama wo *kwe yalaga* omuweereza we Zakariyya.

ذِكْرًا رَحِمْتَ رَبِّكَ عَبْدًا زَكِرْتًا ③

4. Awo bwe yakoooola Mukama we okukoowoola okw'ekyaama.

إِذْ نَادَى رَبَّهُ نِدَاءً خَفِيًّا ④

5. N'agamba nti: Mukama wange, mazima amagumba gange gayenjebuse n'omutwe gwange gumasamasa olw'envi, naye Mukama wange, sibangako wa kikwa mu kukuwanjagira.

قَالَ رَبِّ إِنِّي وَهَنَ الْعَظْمُ مِنِّي وَ

اشْتَعَلَ الرَّأْسُ شَيْبًا وَلَمْ أَكُنْ

بِدُعَاؤِكَ رَبِّ شَقِيًّا ⑤

6. Era nze nnina okutya eri abeng'anda zange oluvannyuma lwange, ate nga ne mukyala wange mugumba; kale mpa omusika okuva gy'oli,

وَإِنِّي خِفْتُ الْمَوَالِيَ مِنْ وَرَائِي

وَكَأَنِّي أَمْرَأَتِي عَاقِرًا فَهَبْ لِي مِنْ

لَدُنْكَ وَلِيًّا ⑥

7. Ansikire era asikire n'ab'omu nju ya Ya'qubu. Era, Mukama wange, mufuule asiimwa mu *maaso go*.

يَرْثُنِي وَيُرثُ مِنَ آلِ يَعْقُوبَ مِنْ

أَجْعَلْهُ رَبِّ رَضِيًّا ⑦

8. *Allah n'agamba nti*: Owange Zakariyya, mazima tukuwa amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi erinnya Iye ye Yahya; tetukolanga wa linnya elyo mulala emabega we.

يَذَكِّرْنَا إِتَابًا بَشَرًا لِيُعَلِّمَ بِاسْمِهِ يَحْيَىٰ

لَمْ نَجْعَلْ لَهُ مِنْ قَبْلُ سَمِيًّا ⑧

9. N'addamu nti: Mukama wange, nnaafuna ntya omwana ng'ate mukyala wange mugumba ate nga nange ntuuse mu bukadde obusukkiridde?

قَالَ رَبِّ أَنَّى يَكُونُ لِي غُلَامٌ وَكَأَنِّي

أَمْرَأَتِي عَاقِرًا وَقَدْ بَلَغْتُ مِنَ الْكِبَرِ

عِتِيًّا ⑨

10. N'agamba nti: Bwe kityo bwe kiri. *Naye* Mukama wo agamba nti: Ekyo gyendi kyangu nnyo, era ddala nze nnakutonda olubereberye songa ggwe tewali kintu.

قَالَ كَذَلِكَ قَالَ رَبُّكَ هُوَ عَلَيَّ هَيِّئٌ

وَقَدْ خَلَقْتُكَ مِنْ قَبْلُ وَلَمْ تَكْ شَيْئًا ⑩

11. N'agamba nti: Mukama wange, nteeraawo akabonero. *Allah n'agamba nti*: Akabonero ko, tojja kwogera na bantu okumala ebiro bisatu ebijjuvu.

قَالَ رَبِّ اجْعَلْ لِي آيَةً قَالَ آيَتُكَ

أَلَّا يُكَلِّمَهُ النَّاسُ لَيْلًا سَوِيًّا ⑪

12. Kale yafuluma eri abantu be okuva

فَخَرَجَ عَلَى قَوْمِهِ مِنَ الْمِحْرَابِ فَأَوَّحَىٰ

19:2. Allah ye Mukulu, ye Mulung'anya, ye Muwi w'emirembe, ye W'obuyinza, ye W'amazima.

mu kisenge n'abagereza mu bubonero nti: Mutendereze Allah enkya n'eggulo.

إِلَيْهِمْ أَنْ سَبِّحُوا بُكْرَةً وَعَشِيًّا ۝١٧

13. Owange ggwe Yahya, kwata Ekitabo n'amaanyi. Era twamuwa amagezi ng'akyali na muto.

يُخَيِّبُ خِزْيَ الْكِتَابِ بِقُوَّةٍ وَأَتَيْنَهُ الْحُكْمَ صَبِيًّا ۝١٣

14. Era twamuwa omutima omusaasizi okuva gye tuli n'obutukuvu era yali mutuukirivu.

وَحَنَانًا مِّنْ لَّدُنَّا وَزَكُورَةً ۚ وَكَانَ تَقِيًّا ۝١٤

15. Era nga ayisa bulungi bakkadde be, era teyali nnalukalala, omujeemu.

وَبَرًّا بِوَالِدَيْهِ وَلَمْ يَكُنْ جَبَّارًا عَصِيًّا ۝١٥

16. Era emirembe gyali ku ye olunaku lwe yazaalibwa ne ku lunaku lwe yafa ne ku lunaku lw'alizuukizibwa mu bulamu nate.

وَسَلَّمَ عَلَيْهِ يَوْمَ وُلِدَ وَ يَوْمَ يَمُوتُ وَ يَوْمَ يُبْعَثُ حَيًّا ۝١٦

Ruku 2

17. Era yogera ebifa ku Maryamu nga bwe biri mu Kitabo kino nga bwe yeeyawula ku b'ewaabwe n'agenda mu kifo ku ludda lw'ebugwanjuba.

وَأَذْكُرُ فِي الْكِتَابِ مَرْيَمَ إِذِ اتَّخَذَتْ مِنْ أَهْلِهَا مَكَانًا شَرْقِيًّا ۝١٧

18. N'assaawo olutimbe okubeesiikiriza, kale netumutumira malayika waffe eyamufaanira ng'omusajja owa ddala.

فَاتَّخَذَتْ مِنْ دُونِهِمْ حِجَابًا فَأَرْسَلْنَا إِلَيْهَا رُوحَنَا فَتَمَثَّلَ لَهَا بَشَرًا سَوِيًّا ۝١٨

19. Maryamu n'agamba nti: Nsaba obukuumi bwa Allah Omusaasizi ennyo ku ggwe, obanga otya Allah.

قَالَتْ إِنِّي أَعُوذُ بِالرَّحْمَنِ مِنْكَ إِنْ كُنْتُ تَقِيًّا ۝١٩

20. Malayika n'agamba nti: Mazima nze ndi mubaka wa Mukama wo, nzize ndyooke nkuwe amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi omutukuvu.

قَالَ إِنَّمَا أَنَا رَسُولُ رَبِّكِ لِأَهَبَ لَكِ غُلَامًا زَكِيًّا ۝٢٠

21. Maryamu n'agamba nti: Nnaafuna ntya omwana nga tewali musajja ankoonyeko ate nga siri mwonoonefu?

قَالَتْ أَنَّى يَكُونُ لِي غُلَامٌ وَلَمْ يَمْسَسْ بِي بَشَرٌ وَلَمْ أَكْ بِزَكِيًّا ۝٢١

22. Malayika n'agamba nti: Bwe kityo bwe kiri. Naye Mukama wo agamba nti: Ekyo gyendi kyangu nnyo; ekyo tunaakikola tulyooke tumufuule akabonero eri abantu era abe okusaasira okuva gye tuli, era ensonga eyo esaliddwawo.

قَالَ كَذَلِكَ قَالَ رَبُّكِ هُوَ عَلِيمٌ هَدِيدٌ ۚ وَلِنَجْعَلَ آيَةً لِلنَّاسِ وَرَحْمَةً وَمَنَّا وَكَانَ أَمْرًا مَّقْضِيًّا ۝٢٢

23. Olwo kwe kuba olubuto lwe ('Isa) era ne yeeyawula nalwo n'agenda mu kifo eky'ewala.

وَحَمَلَتْهُ فَاتَّخَذَتْ بِهِ مَكَانًا قَصِيًّا ۝٢٣

24. Ng'atuuse okuzaala, kale ebisa byamulaza eri ekikolo ky'omutende. N'agamba nti: O! Nga zinsanze! Singa kale nafa nga kino tekinnabaawo, naalibadde n'okwerabirwa neerabirwa dda!

فَأَجَاءَهَا الْمَخَاضُ إِلَى جِذْعِ النَّخْلَةِ ۚ قَالَتْ لَيْتَنِي مِتُّ قَبْلَ هَذَا وَكُنْتُ نَسِيًّا مَّنْسِيًّا ۝٢٤

25. Kale *bwe yazaala, malayika* n'amuko-
owoola okuva wansinsi we, nti: Teweeralii-
kirira. Mazima Mukama wo akuteereddewo
akaala wansinsi wo.

26. Era nyeenya ekikolo ky'omutende
ng'ozza gy'oli, gujja kukusuulira entende
ezibuulukuse, ennungi.

27. Kale lya era nywa era oweweze
amaaso. Naye bw'olaba omuntu yenna,
kale gamba nti: Neeyamyee eri Allah
Omusaasizi ennyo okusiiba nga soogedde:
N'olwekyo, olwa leero sija kwogera na
muntu yenna.

28. Oluvannyuma *omwana* yamutwala eri
ab'ewaabwe ng'amusitudde. Baagamba nti:
Owange Maryamu, okoze ekintu ekitali kya
bulijjo.

29. Owange mwannyina Hārūna, kitaawo
teyali muntu mubi, wadde nnyoko teyali
mwonoonefu!

30. Olwo *Maryamu* n'amusongako. Ne-
bagamba nti: Tunaayogera tutya n'omwana
ali mu kibaya?

31. 'Isa n'agamba nti : Nze ndi muweereza
wa Allah, yampa Ekitabo era nanfuula Nabbi.

32. Era yanfuula ow'omukisa wonna
wemba, era yankuutira ku ssaala ne zaka
ekiseera kye ndimala nga nkyali mulamu.

33. Era yanfuula ayisa obulungi mmange,
era teyanfuula nnalukalala, ow'ekikwa.

34. Era emirembe *gyali* ku nze olunaku lwe
nazaalibwa, era *giriba ku nze* ku lunaku lwe
ndifa ne ku lunaku lwe ndizuukizibwa mu
bulamu *nate*.

35. Oyo nno ye 'Isa Mutabani wa Maryamu.
Era bino by'e bigambo eby'amazima bo
bye batankanamu.

36. Tekisaana eri Allah okwefunira omwana.
Obutukuvu bwonna bubwe. Bw'asalawo
ensonga, kale ddala agamba ng'ambe nti:
Ba! n'eba.

فَنَادَاهَا مِنْ تَحْتِهَا أَلَّا تَحْزَنِي قَدْ
جَعَلَ رَبُّكِ تَحْتَكِ سَرِيًّا ٥٥

وَهُرِّي إِلَيْكِ بِجِذْرِ النَّخْلَةِ تُسْقِطُ
عَلَيْكِ رُطَبًا جَنِيًّا ٥٦

فَكَلِمَ وَاشْرَيْبِ وَ قَرِي عَيْنًا ۚ فَمَا
تَرَيْسِ مِنَ الْبَشْرِ أَحَدًا ۖ فَقُولِي رِنِي
تَذَرْتُ لِلرَّحْمَنِ صَوْمًا فَلَنْ أُكَلِّمَ
الْيَوْمَ إِنْسِيًّا ٥٧

فَأْتَتْ بِهِ قَوْمَهَا تَحْوِلُهُ ۚ قَالُوا
يَمْرُؤِمُ لَقَدْ جِئْتَ شَيْئًا فَرِيًّا ٥٨

يَأُخْتِ هُرُونَ مَا كَانَ أَبُوكَ أَمْرًا سَوْءَ
وَمَا كَانَتْ أُمُّكَ بَغِيًّا ٥٩

فَأَشَارَتْ إِلَيْهِ ۚ قَالُوا كَيْفَ نُكَلِّمُ مَنْ
كَانَ فِي الْمَهْدِ صَبِيًّا ٦٠

قَالَ إِنِّي عَبْدُ اللَّهِ ۖ آتَانِي الْكِتَابَ وَ
جَعَلَنِي نَبِيًّا ٦١

وَجَعَلَنِي مُبْرَكًا آيِنَ مَا كُنْتُ ۚ وَ
أَوْصَانِي بِالصَّلَاةِ وَ الرُّكُوعِ مَا دُمْتُ
حَيًّا ٦٢

وَ بَرًّا بِوَالِدَيْنِ ۚ وَ لَمْ يَجْعَلْنِي جَبَّارًا
شَقِيًّا ٦٣

وَ السَّلَامُ عَلَيَّ يَوْمَ وُلِدْتُ ۚ وَ يَوْمَ أُمُوتُ وَ
يَوْمَ أُبْعَثُ حَيًّا ٦٤

ذَلِكَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ ۚ قَوْلَ الْحَقِّ الَّذِي
فِيهِ يَمْتَرُونَ ٦٥

مَا كَانَ لِلَّهِ أَنْ يَتَّخِذَ مِنْ وَلَدٍ ۚ سُبْحٰنَهُ ۚ
إِذَا قَضَىٰ أَمْرًا فَإِنَّمَا يَقُولُ لَهُ كُنْ
فَيَكُونُ ٦٦

37. 'Isa yagamba nti: Mazima Allah ye Mukama wange era ye Mukama wammwe, kale Ye yekka gwe muba musinza; lino ly'ekkubo eggolokofu.

38. Naye ab'ebibiina beyawulamu wakati waabwe; kale ziribasanga abo abatakkiriza olw'olukiiko lw'olunaku olw'ekitiibwa.

39. Nga baliba bawulira nnyo era nga baliba balaba nnyo ku lunaku lwe balijja gye tuli! Naye aboonoonyi olwa leero bali mu kubula kwa lwaatu.

40. Era balabule ku lunaku lw'okwejjusa awo nga ensonga esaliddwawo. Naye kati bali mu kulatta, n'olwekyo tebakkiriza.

41. Mazima Ffe tulisikira ensi n'abo abagiriko era gye tuli gye balizibwa.

Ruku 3

42. Era tegeeza ebifa ku Ibrāhīmu nga bwe biri mu Kitabo kino. Mazima yali wa mazima nnyo era yali Nabbi.

43. Awo bwe yagamba kitaawe nti: Ssebo kitange, lwaki osinza ebyo ebitawulira era ebitalaba era ebitayinza kukugasa mu kyonna?

44. Ssebo kitange, mazima nze natuukwako okumanya ebyo ggwe ebitakutuukangako; kale ngoberera, nzija kukulaga ekkubo ettuufu.

45. Ssebo kitange, tosinzanga Sitaani. Mazima Sitaani mujeemu nnyo eri Allah, Omusaasizi ennyo.

46. Ssebo kitange, mazima nze ntya ggwe okutuukibwako ekibonerezo ekiva eri Allah Omusaasizi ennyo, kale n'obeera mukwano gwa Sitaani.

47. N'agamba nti: Owange Ibrāhīmu, ddala okyaye bakatonda bange? Singa tolekera awo kuboogerako bubu, mazima nzija kukuboola, era nsegulira okumala ekiseera.

48. Ibrāhīmu n'agamba nti: Emirembe gibeere ku ggwe. Nzija kukusabira okusonyiyibwa eri Mukama wange. Mazima Ye gyendi wa kisa nnyo.

وَرَأَى اللَّهَ رَبِّي وَرَبُّكُمْ قَاعِبُدُوا هَذَا صِرَاطَ مُسْتَقِيمٍ ﴿٣٧﴾

فَاخْتَلَفَ الْأَحْزَابُ مِنْ بَيْنِهِمْ فَوَيْلٌ لِلَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ مَّشْهَدِ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٣٨﴾

أَسْمِعْ بِهِمْ وَأَبْصُرْ يَوْمَ يَأْتُوَنَّا لِكِنِ الظَّالِمُونَ الْيَوْمَ فِي ضَلَالٍ مُبِينٍ ﴿٣٩﴾

وَأَنْذِرْهُمْ يَوْمَ الْحَسْرَةِ إِذْ قُضِيَ الْأَمْرُ وَهُمْ فِي غَفْلَةٍ وَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٤٠﴾

إِنَّا نَحْنُ نَرِثُ الْأَرْضَ وَمَنْ عَلَيْهَا وَإِلَيْنَا يُرْجَعُونَ ﴿٤١﴾

وَأَذْكُرُ فِي الْكِتَابِ إِبْرَاهِيمَ إِذْ كَانَ صَدِيقًا نَبِيًّا ﴿٤٢﴾

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ يَا أَبَتِ لِمَ تَعْبُدُ مَا لَا يَسْمَعُ وَلَا يُبْصِرُ وَلَا يُغْنِي عَنْكَ شَيْئًا ﴿٤٣﴾

يَا أَبَتِ إِنِّي قَدْ جَاءَنِي مِنَ الْعِلْمِ مَا لَمْ يَأْتِكَ فَاتَّبِعْنِي أَهْدِكَ صِرَاطًا سَوِيًّا ﴿٤٤﴾

يَا أَبَتِ لَا تَعْبُدِ الشَّيْطَانَ إِنَّ الشَّيْطَانَ كَانَ لِلرَّحْمَنِ عَصِيًّا ﴿٤٥﴾

يَا أَبَتِ إِنِّي أَخَافُ أَنْ يَمَسَّكَ عَذَابٌ مِنَ الرَّحْمَنِ فَتَكُونَ لِلشَّيْطَانِ وَلِيًّا ﴿٤٦﴾

قَالَ أَرَأَيْتَ إِنْ عَلَّمْتُكَ لِيَابِسَ الْعُيُوبُ لَنْ لَمْ تَنْتَهُ كَأَنْ تُجَمِّتَ وَاهْجُرَنِي مَلِيًّا ﴿٤٧﴾

قَالَ سَلِمَ عَلَيْكَ سَأَسْتَغْفِرُكَ رَبِّي إِنَّهُ كَانَ بِن حَافِيًّا ﴿٤٨﴾

49. Era nzija kubeeyawulako n'ebyo bye musinza ebbali wa Allah era nzija kusaba Mukama wange ob'olyawo nessiba wa kikwa mu kusaba eri Mukama wange.

50. Awo bwe yabeeyawulako n'ebyo bye baali basinza ebbali wa Allah, twamuwa Isihaka ne Ya'qubu era bombi netubafuula ba Nabbi.

51. Era netubawa ku kusaasira kwaffe, era netubawa n'ettutumu elya waggulu.

Ruku 4

52. Era tegeeza *ebifa* ku Musa nga bwe biri mu Kitabo *kino*. Mazima yali mulondemu era yali Mubaka, Nabbi.

53. Era twamukoowoola okusinziira ku ludda olwa ddyo olw'olusozi, Tūr netumusembeza mu kafubo.

54. Era olw'okusaasira kwaffe, twamuwa muganda we Hārūna okuba Nabbi.

55. Era tegeeza *ebifa* ku Ismāili nga bwe biri mu Kitabo *kino*. Ddala yali wa mazima mu kukuuma ebisuubizo era yali Mubaka, Nabbi

56. Era yakubirizanga nnyo abantu be ku ssaala ne zaka, era yasiimwanga nnyo eri Makama we.

57. Era tegeeza *ebifa* ku Idirisi nga bwe biri mu Kitabo *kino*. Ddala yali wa mazima nnyo era yali Nabbi.

58. Era twamugulumiza mu kifo ekya waggulu.

59. Abo nno be bo Allah be yawa ebyengera bye mu ba Nabbi abava mu zza-dde Iya Adamu, ne mw'abo be twasitula mu *kyombo* awamu ne Nuhu ne mu zadde Iya Ibrāhīmu, ne Isirairi ne mw'abo be twalung'amyā era netubalonda mu *balala*. Bo nga bwe basomerwa Aya z'Omusaasizi ennyo, bagwa wansi nebavuunama ng'eno bwe bakaaba.

60. Naye baagobererwa oluvannyuma lwabwe omulembe ogwagayaalirira essaala, nebagoberera kwagala kwabwe. Kale mangu

وَأَعْتَزَلَكُمْ وَمَا تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ
وَادْعُوا رَبِّي عَلَىٰ آلَاءِ الْكَوْنِ يَدْعَاءِ
رَبِّي شَقِيحًا ٤٩

فَلَمَّا اعْتَزَلْتَهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ
اللَّهِ وَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَ
كُلًّا جَعَلْنَا نَبِيًّا ٥٠

وَوَهَبْنَا لَهُم مِّن رَّحْمَتِنَا وَجَعَلْنَا لَهُم
لِسَانَ صِدْقٍ عَلِيمًا ٥١

وَإِذْ كُنَّا فِي الْكِتَابِ مُوسَىٰ إِنَّهُ كَانَ
مُخْلِصًا وَقَانَ رَسُولًا نَّبِيًّا ٥٢

وَكَادَيْتُهُ مِنْ جَانِبِ الطُّورِ الْأَيْمَنِ
وَقَرَّبْتُهُ نَبِيًّا ٥٣

وَوَهَبْنَا لَهُ مِنْ رَّحْمَتِنَا أَخَاهُ هَارُونَ
نَبِيًّا ٥٤

وَإِذْ كُنَّا فِي الْكِتَابِ إِسْمَاعِيلَ إِنَّهُ كَانَ
صَادِقَ الْوَعْدِ وَكَانَ رَسُولًا نَّبِيًّا ٥٥

وَكَانَ يَأْمُرُ أَهْلَهُ بِالصَّلَاةِ وَالزَّكَاةِ
وَكَانَ عِنْدَ رَبِّهِ مَرْضِيًّا ٥٦

وَإِذْ كُنَّا فِي الْكِتَابِ إِدْرِيسَ إِنَّهُ كَانَ
صِدِّيقًا نَّبِيًّا ٥٧

وَرَفَعْنَاهُ مَكَانًا عَلِيمًا ٥٨

أُولَئِكَ الَّذِينَ أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مِنَ
النَّبِيِّينَ مِنْ ذُرِّيَةِ آدَمَ وَنُوحٍ وَمِمَّنْ
حَمَلْنَا مَعَ نُوحٍ رَوْثًا مِنْ ذُرِّيَةِ إِبْرَاهِيمَ
وَإِسْرَائِيلَ وَنُوحًا هَدَيْنَا وَاجْتَبَيْنَاهُ
إِذَا تَثَلَىٰ عَلَيْهِمْ أَيُّهُمُ الرَّحْمَنُ
خَرُّوا سُجَّدًا بُكِيًّا ٥٩

وَيَخْلَفُ مِنْ بَعْدِهِمْ خَلْفٌ أَضَاعُوا
الصَّلَاةَ وَاتَّبَعُوا الشَّهْوَاتِ فَسَوْفَ

nnyo bajja kuisinkana okuzikirira,

يَلْقَوْنَ عَمِيًّا ١٠

61. Okuggyako oyo anaabonerera n'akkiriza era n'akola ebikolwa eburungi. Kale abo be baliyingira mu Janna era tebaliryazaamaanyizibwa kantu konna.

رَأَى مِنْ تَابٍ وَ أَمَنَ وَ عَمِلَ صَالِحًا
قَادِرٌ لِيَكْ يَدْخُلُونَ الْجَنَّةَ وَ لَا
يُظَلَمُونَ شَيْئًا ١١

62. Balibeera mu nsuku ez'olubeerera ezo Allah Omusaasizi ennyo zeyasuubiza abawereza be nga tebazirabyeko. Mazima okusuubiza kwe kuteekwa buteekwa okutuukirira.

جَنَّتِ عَذِي وَ اللَّيْنِ وَ عَدَّ الرَّحْمَنُ
عِبَادَهُ بِالْغَيْبِ إِنَّهُ كَانَ وَعْدُهُ
مَأْتِيًّا ١٢

63. Tebaliwuliriramu bya swakaba, okuggyako ebramuso by'emirembe era balifuniramu okugabulwa kwabwe enkya n'eggulo.

لَا يَسْمَعُونَ فِيهَا لَغْوًا إِلَّا سَلَامًا وَ
لَهُمْ رِزْقُهُمْ فِيهَا بُحْرَةً وَاعْتِشَاءً ١٣

64. Eyo nno y'e Janna gye tusikiza abamu ku bawereza baffe abaali abeekuumi.

تِلْكَ الْجَنَّةُ الَّتِي نُورِثُ مِنْ عِبَادِنَا
مَنْ كَانَ تَقِيًّا ١٤

65. Era ba malayika bagamba nti: Tetukka wansi wabula lwa kiragiwo kya Mukama wo. Ebyo ebiri mu maaso gaffe n'ebyo ebiri emabega waffe n'ebyo ebiri wakati wa byo bibye. Era Mukama wo si mwerabize.

وَ مَا تَعْتَذِرُونَ إِلَّا بِآمْرِ رَبِّكَ لَهُ مَا بَيْنَ
أَيْدِينَا وَ مَا خَلْفَنَا وَ مَا بَيْنَ ذَلِكَ
وَ مَا كَانَ رَبُّكَ نَسِيًّا ١٥

66. Ye Mukama w'eggulo n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi, kale mumusinze era munywerere ku kusinza Ye. Abaffe, mumanyiyo omulala amwenkana?

رَبِّ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ وَ مَا بَيْنَهُمَا
فَاعْبُدْهُ وَ اضْطَرِّبْ لِعِبَادَتِهِ هَلْ
تَعْلَمُ لَهُ سَمِيًّا ١٦

Ruku 5

67. Era omuntu agamba nti: Abaffe, bwe ndiba nfudde, nate era ndizuukizibwa nennamuka?

وَ يَقُولُ الْإِنْسَانُ إِذَا مَا مِتَّ لَسَوْفَ
أُخْرَجُ حَيًّا ١٧

68. Abaffe, omuntu tajjukira nti Ffe twamutonda olubereberye ate nga teyali kintu?

أَوْ لَا يَذْكُرُ الْإِنْسَانُ أَنَّا خَلَقْنَاهُ مِنْ قَبْلُ
وَ لَمْ يَكُ شَيْئًا ١٨

69. Kale, amazima ga Mukama wo, ddala tugenda kubakung'aanya ne ba Sitaani bonna, n'oluvannyuma ddala tulibaleeta nga bafukamidde okwetooloola Jahannamu.

فَوَرَبِّكَ لَنَحْشُرَنَّهُمْ وَالشَّيَاطِينَ ثُمَّ
لَنَنْحَضِرَنَّهُمْ حَوْلَ جَهَنَّمَ جِثِيًّا ١٩

70. N'oluvannyuma ddala tulirobola mu buli kibinja abo mu bo abaasingira ddala okujeemera Allah Omusaasizi ennyo.

ثُمَّ لَنَنْزِعَنَّ مِنْ كُلِّ شِيعَةٍ أَيُّهُمْ
أَشَدُّ عَلَى الرَّحْمَنِ عِتِيًّا ٢٠

71. Era ddala Ffe tusinga okumanya abo abagusaanira okugwokebwamu.

ثُمَّ لَنَخْنُاعِلْمُ بِالذَّيْنِ هُمْ أُولَى بِهَا
صِلِيًّا ٢١

72. Era tewali yenna mu mmwe ataligutuukako. *Eno* eri Mukama wo nsala eya nnamaddala.

73. Oluvannyuma tuliwonya abo abeekuuma, naye tulireka aboonoonyi mu gwo nga bafukamidde

74. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Abaffe, kibiina ki ku byombi ekiri mu kifo ekisinga obulungi era ekisinga ekitiibwa mu nkiiko?

75. Naye emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe, abaali babasinza eby'obugagga n'endabika!

76. Gamba nti: Oyo ali mu bubuze, *Allah* Ow'ekisa ennyo amuwa akaaganya, okutuusa lwe baliraba ebyo bye balabulwako oba ekibonerezo oba *Essaawa eyalagaanyizibwa*, olwo mangu nnyo balitegeera ani ali mu kifo ekisinga obubi, era alina eggye erinafu ennyo.

77. Era Allah abo abalung'ama b'ayongera obulung'amu. Era ebikolwa ebirungi ebisigalawo by'ebisinga okusasulwa obulungi eri Mukama wo era by'ebisinga obuddo obulungi.

78. Abaffe, omulabye oyo agaana okulabula kwaffe n'agamba nti: *Bwe nzikiriza*, ddala ndiwebwa eby'obugagga n'abaana?

79. Abaffe, amaze kumanya bya nkiso, nandiki yafuna endagaano eri *Allah* Omusaasizi ennyo?

80. Si kyo! Mazima tujja kuwandiika ebyo by'ayogera era tumwongere ekibonerezo olwongera.

81. Era tumusikize ebyo by'ayogerako, naye gye tuli alijja bwa nnamunigina.

82. Era batwala bakatonda abalala ebbali wa Allah mbu balyooke babeere *ensibuko* y'amaanyi gaabwe.

83. Si kyo! *Bakatonda* abo bagenda kwegaana okusinzibwa kwabwe era bafuuke abakuubagana nabo.

Ruku. 6

84. Abaffe, tolaba nti abatakkiriza bwe

وَاِنْ مِنْكُمْ رَجُلٌ وَّارِدٌهَا كَانَ عَلَى رَجَبِكَ حَتْمًا مَفْضِيًّا ﴿٧٦﴾

ثُمَّ نُنَجِّي الَّذِينَ اتَّقَوْا وَ نَذُرُ الظَّالِمِينَ فِيهَا جِثْمًا ﴿٧٧﴾

وَإِذَا تُثْلَى عَلَيْهِمْ أَيْتُنَا بِبَيِّنَاتٍ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلَّذِينَ آمَنُوا أَيُّ الْفَرِيقَيْنِ خَيْرٌ مَقَامًا وَأَحْسَنُ نَدِيرًا ﴿٧٨﴾

وَكَم أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هُمْ أَحْسَنُ أَثْنًا وَرِعًا ﴿٧٩﴾

قُلْ مَنْ كَانَ فِي الضَّلَالَةِ فَلْيَمْدُدْ لَهُ الرَّحْمَنُ مَدًّا حَتَّى إِذَا رَأَوْا مَا يُوعَدُونَ إِذَا الْعَذَابُ وَإِنَّمَا السَّاعَةُ ط فَنَسِيَ عُلْمُونَ مَنْ هُوَ شَرٌّ مَكَانًا وَأَضْعَفُ جُنْدًا ﴿٨٠﴾

وَ يَزِيدُ اللَّهُ الَّذِينَ اهْتَدَوْا هُدًى وَالْبُقِيئَاتُ الصَّالِحَاتُ خَيْرٌ عِنْدَ رَبِّكَ ثَوَابًا وَ خَيْرٌ مَرَدًّا ﴿٨١﴾

أَفَرَأَيْتَ الَّذِي كَفَرَ بِآيَاتِنَا وَ قَالَ لَأُوتِيَنَّ مَالًا وَ وَلَدًا ﴿٨٢﴾

أَطْلَعْنَا الْعَذَابَ إِذَا اتَّخَذَ عِنْدَ الرَّحْمَنِ عَهْدًا ﴿٨٣﴾

كَلَّا سَنَكْتُبُ مَا يَقُولُ وَ نَمُدُّ لَهُ مِنَ الْعَذَابِ مَدًّا ﴿٨٤﴾

وَ تَرَاهُ مَا يَقُولُ وَ يَأْتِينَا فَزْدًا ﴿٨٥﴾

وَ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ آلِهَةً لِيَكُونُوا لَهُمْ عِزًّا ﴿٨٦﴾

كَلَّا سَيَكْفُرُونَ بِعِبَادَتِهِمْ وَ يَكُونُونَ عَلَيْهِمْ ضِدًّا ﴿٨٧﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّا أَرْسَلْنَا الشَّيَاطِينَ عَلَى

twabateera Sitaani zibapikiriza bupikiriza?

الْكَافِرِينَ تَوَرَّوهُمْ أَزًّا ﴿٨٤﴾

85. Kale ggwe tobabuguutanira. Ddala Ffe tubabalirira olubalirira. ﴿٨٥﴾ فَلَا تَعْجَلْ عَلَيْهِمْ إِنَّمَا نَعُدُّ لَهُمْ عَدًّا

86. Jjukira olunaku lwe tulikung'aanya abatuukirivu ng'abagenyi eri Allah Omusaasizi ennyo. ﴿٨٦﴾ يَوْمَ نَحْشُرُ الْمُتَّقِينَ إِلَى الرَّحْمَنِ وَفَدًّا

87. Era tuligobera aboonoonyi eri omuliro nga *eggana* bwe litwalibwa eri ekyesero. ﴿٨٧﴾ وَتَسْؤَى الْمُجْرِمِينَ إِلَى جَهَنَّمَ وَرِدًّا

88. Tebaliba na buyinza kwewolereza, okuggyako oyo eyafuna ekisuubizo okuva eri Allah Omusaasizi ennyo. ﴿٨٨﴾ لَا يَمْلِكُونَ الشَّفَاعَةَ إِلَّا مَنِ اتَّخَذَ عِنْدَ الرَّحْمَنِ عَهْدًا

89. Era bagamba nti: Allah Omusaasizi ennyo yeetwalira omwana. ﴿٨٩﴾ وَقَالُوا اتَّخَذَ الرَّحْمَنُ وَلَدًا

90. Mazima mukoze ekintu kibi nnyo! ﴿٩٠﴾ لَقَدْ جِئْتُمْ شَيْئًا إِدًّا

91. Kumpi eggulu lyabike ku lwa kyo, n'ensi yeeyuzeemu, n'ensozi zerindiggule eri zibetenteke, ﴿٩١﴾ تَكَادُ السَّمَوَاتُ يَتَفَطَّرْنَ مِنْهُ وَتَنْشَقُّ الْأَرْضُ وَتَخِرُّ الْجِبَالُ هَدًّا

92. Olw'okubanga bateebeza Allah, Omusaasizi ennyo omwana. ﴿٩٢﴾ أَن دَعَا لِلرَّحْمَنِ وَلَدًا

93. So nga Allah Omusaasizi ennyo tasaanira kufuna mwana. ﴿٩٣﴾ وَمَا يَنْبَغِي لِلرَّحْمَنِ أَنْ يَتَّخِذَ وَلَدًا

94. Anti tewali kiri mu ggulu ne mu nsi wabula kya kujja eri Allah Omusaasizi ennyo nga omuweereza. ﴿٩٤﴾ إِنَّ كُلَّ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ إِلَّا آتِيَ الرَّحْمَنِ عَبْدًا

95. Mazima Allah yabeetooloola era n'ababalirira olubalirira. ﴿٩٥﴾ لَقَدْ أَخْطَأْتُمْ وَعَدَّاهُمْ عَدًّا

96. Era buli omu mu bo wa kujja gy'ali ku lunaku lw'okuzuukira bwa nnamunigina. ﴿٩٦﴾ وَكُلُّهُمْ آتِيهِ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فَرْدًا

97. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, ddala Allah Omusaasizi ennyo aliteeka okwagalana mu mitima gyabwe. ﴿٩٧﴾ إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ سَيَجْعَلُ لَهُمُ الرَّحْمَنُ وُدًّا

98. Kale mazima Kur'ani twagifuula nnyangu mu lulimi lwo olyooke ogiweese amawulire amalungi eri abeekuumi era ogirabuze abantu abatotoogana. ﴿٩٨﴾ فَإِنَّمَا يَسْرُنَهُ بِلِسَانِكَ لِتُبَشِّرَ بِهِ الْمُتَّقِينَ وَتُنذِرَ بِهِ قَوْمًا لُدًّا

99. Ye emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe! Abaffe, okyalinawo yenna gw'owuliza ku bo wadde okuwulira akanyego *konna* akava gye bali? ﴿٩٩﴾ وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هَلْ يُحِشُّ مِنْهُمْ مِنْ أَحَدٍ أَوْ تَسْمَعُ لَهُمْ رِكْزًا

TĀ HĀ

(Yakka lubereberye Iwa Hijira)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①
2. Tā Hā.* طه ②
3. Tetwassa ku ggwe Kur'āni nti okeng'entererwe, مَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ لِتَشْفَى ③
لَا تَذَكَّرْهُ لِمَنِ يَخْشَى ④
4. Wabula nga kwe kubuulirira eri oyo atya Allah, تَنْزِيلًا مِّمَّنْ خَلَقَ الْأَرْضَ وَالسَّمٰوٰتِ الْعُلٰی ⑤
5. Era kwe kubikkulirwa okuviira ddala eri Oyo eyatonda ensi n'eggulu ettumbiivu ennyo. اَلرَّحْمٰنِ عَلٰی الْعَرْشِ اِسْتَوٰی ⑥
6. Ye Allah, Omusaasizi ennyo atebenkedde obulungi ku Nnamulondo. لَهُ مَا فِی السَّمٰوٰتِ وَمَا فِی الْاَرْضِ وَمَا بَیْنَهُمَا وَمَا تَحْتَ الثَّرٰی ⑦
7. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bibye, n'ebiri wakati wa byombi, n'ebiri wansi w'ettaka ettobu. وَاِنْ تَجَهَّرْ بِاَلْقَوْلِ فَاِنَّهُ یَعْلَمُ السِّرَّ وَآخْفٰی ⑧
8. Era bw'oyogera eddoboosi erya waggulu oba erya wansi, era awulira, kuba Ye y'amanyi ebyaama n'ebikukuliddwa. اَللّٰهُ لَا اِلٰهَ اِلَّا هُوَ لَهُ الْاَسْمَاءُ الْحُسْنٰی ⑨
9. Allah ye yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye nannyini matendo amakula. وَهَلْ اَتٰكَ حَدِیْثُ مُوسٰی ⑩
10. Ye abaffe, watuukwako ebyafa ku Mūsa? اِذْ رَا نَارًا فَقَالَ لِاَهْلِهِ امْكُثُوْا رَیْتِیْ اَنْسُتُ نَارًا اَلْحَیِّیْ اَتَیْنَكُمْ مِنْهَا بِقَبَسٍ اَوْ اَجْدَعًا عَلٰی النَّارِ هَدٰی ⑪
11. Awo bwe yalaba omuliro, kale n'agamba ab'ewuwe nti: Mubeere wano, ddala nnengedde omuliro; ob'olyawo nembaleetera ku gwo ekitawuliro oba nensanga obulung'amu awali omuliro. فَلَمَّا اَتٰهَا نُودِیْ یٰمُوسٰی ⑫
12. Kale bwe yagutuukako, yakoooolwa nti: Owange Mūsa, رَیْتِیْ اَنَا رَبُّكَ فَاخْلَمْ تَعْلَمُكَ ۚ اِنَّكَ بِاَلْوَادِ الْمُقَدَّسِیْنَ طُوٰی ⑬
13. Mazima Nze Mukama wo. Kale ggyamu engato zo, ddala oli mu kiwonvu Tuwa ekitukuvu. وَاَنَا اَخْتَرْتُكَ فَاَسْتَمِعْ لِمَا یُوحٰی ⑭
14. Era Nze nkulonze obeere Omubaka; kale wuliriza nnyo ebyo ebibikkulwa gy'oli. رَیْتِیْ اَنَا اللّٰهُ لَا اِلٰهَ اِلَّا اَنَا فَاعْبُدْنِیْ ۝ وَ
15. Mazima Nze Allah. Teri musinzibwa mulala okuggyako Nze, kale sinza Nze nzekka era

20:2. Owange ggwe omuntu omutuukirivu.

jjumbiranga nnyo essaala olw'okunzijukira.

16. Mazima Essaawa *eyalagaanizibwa* ejja; mangu nnyo nzija kugyoleka, buli mwoyo gulyooke gusasulwe nga bwe gwafuubaana.

17. Kale oyo atagikkiriza era agoberera okwagala kwe, aleme kukuziyiza ku yo; si kulwa ng'ozikirira.

18. Owange Mūsa, ki ekyo ekiri mu ddyo wo?

19. N'addamu nti: Guno muggo gwange gwe neesigaamirizako, era gwe nkunkumuzisa ebikoola by'endiga zange, era ngulinamu n'emigaso emirala.

20. N'agamba nti: Owange Mūsa, gusuule wansi.

21. Kale n'agusuula wansi, okwejjuukiriza nga gwe musota ogudduka.

22. N'agamba nti: Kale gukwate, era totya. Tujja kuguzzaayo mu mbeera ya gwo eyasoose.

23. Era ssa omukono gwo mu nkwawa zo. Gujja kuvaayo nga mweru *mu ngeri* etali ya kabi— ako kabonero kalala,

24. Tulyooke tukulage obumu ku bubonero bwaffe obukulu.

25. Genda eri Farāwo; mazima ddala asusse ekigero *mu bujeemu*.

Ruku 2

26. Mūsa n'agamba nti: Mukama wange, nnyanjululiza omutima gwange,

27. Era ompewulire omulimu gwange,

28. Era osumulule ekifundikwa ekiri ku lulimi lwange,

29. Bategeere ebigambo byange,

30. Era nteerawo omubeezi ava mu bange—

31. Hārūna, muganda wange;

32. Onyweze amaanyi gange naye,

33. Era mugatte mu mulimu gwange,

34. Tulyooke tukutendereze nnyo,

أَقِمِ الصَّلَاةَ لِذِكْرِي ⑩

إِنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ أَكَادُ أَخْفِيهَا يُتَجَدَّى

كُلُّ نَفْسٍ بِمَا تَسْعَى ⑪

فَلَا يَصُدُّكَ عَنْهَا مَنْ لَا يُؤْمِنُ بِهَا

وَاتَّبَعَهُ هَوَاهُ فَتَزِدِي ⑫

وَمَا تِلْكَ بِرَيْمِيكَ يَمُوسَى ⑬

قَالَ هِيَ عَصَايَ جَاءَتْهُ عَلَيْهَا وَاهْسُ

بِهَا عَلَى عَنُومِي وَلِي فِيهَا مَا رَبُّ أُخْرَى ⑭

قَالَ أَلْقِهَا يَمُوسَى ⑮

فَالْقَهَا قَادًا هِيَ حَيَّةٌ تَسْعَى ⑯

قَالَ خُذْهَا وَلَا تَخَفْ تَدَّ سَتَعِيدُهَا

سَيَّرَتْهَا الْأُولَى ⑰

وَاضْمُرْ يَدَكَ إِلَى جَنَاحِكَ تَخْرُجْ

بَيْضَاءَ مِنْ غَيْرِ سَوْءٍ آيَةٌ أُخْرَى ⑱

لِنُرَيْكَ مِنْ آيَاتِنَا الْكُبْرَى ⑲

ع ١٤٠ إِذْ هَبَّ رَأْيِي فَزَعَمْتُ رَبِّي أَنِّي طَغَى ⑳

قَالَ رَبِّ اشْرَحْ لِي صَدْرِي ㉑

وَيَسِّرْ لِي أَمْرِي ㉒

وَاحْلُلْ عُقْدَةً مِنْ لِسَانِي ㉓

يَفْقَهُوا قَوْلِي ㉔

وَاجْعَلْ لِي زَوْجًا مِنَ الْأَهْلِ ㉕

هُرُونَ آخِي ㉖

أَشْدُّ بِهِ أَمْرِي ㉗

وَاشْرِكْهُ فِي أَمْرِي ㉘

كَيْ نَسِيحَكَ كَثِيرًا ㉙

35. Era tukujjukire nnyo.

وَتَذَكَّرَكَ كَثِيرًا ٣٥

36. Ddala Ggwe mulabirizi ku ffe.

إِنَّكَ كُنْتَ بِنَا بَصِيرًا ٣٦

37. Allah n'agamba nti: Owange Mūsa, ddala oweereddwa ky'osabye.

قَالَ قَدْ أُوتِيتَ سُؤْلَكَ يَمُوسَى ٣٧

38. Era ddala Ffe twakukolera ekisa ne ku mulundi omulala,

وَلَقَدْ مَنَّا عَلَيْكَ مَرَّةً أُخْرَى ٣٨

39. Bwe twabikkulira nnyoko ebyo ebyalina okubikkulwa,

إِذَا وَحْيِنَا إِلَىٰ أُمَّكَ مَا يُوحَىٰ ٣٩

40. Nti: Muteeke mu kibaya, n'oluvannyuma kisuule mu mugga, omugga gukigobye ku lubalama, omulabe wange era omulabe we ajja kumutwaala. Era nakussaako okwagala okuva gyendi; era ekyo nakikola olyooke olererwe mu maaso gange.

أَنْ أَقْذِرِيهِ فِي التَّابُوتِ قَاضٍ فِيهِ
فِي النَّيْمِ قَلِيلُهُ الَيْمُ بِالسَّاحِلِ
يَأْخُذُ عَدُوِّي وَعَدُوِّي وَأَلْقَيْتُ
عَلَيْكَ مَحَبَّةً يَتَّبِعِي ٤٠ وَرَلْتَصْنَعَ عَلَىٰ

41. Awo mwannyoko bwe yatambula, n'agamba nti: Abaffe, mbalage anaamulera? Kale twakuzzaayo eri nnyoko amaaso ge galyooke gakkakkane era aleme kunakuwala. Era watta omuntu, naye netukuwonya ennaku era netukugezesa olugezesa. Era wamala emyaka mu bantu b'e Madiyani; n'oluvannyuma, ggwe Mūsa, watuuka ku kigero ekyetaagisa.

رَأَىٰ تَمْشِي أُمَّتِكَ فَتَقُولُ هَلْ أَدُلُّكُمْ
عَلَىٰ مَنْ يَكْفُلُهُ، فَرَجَعْنَا إِلَىٰ أُمَّكَ كَيْ
تَقَرَّرَ عَيْنُهَا وَلَا تَحْزَنَ ٤١ وَ قَتَلْتَ نَفْسًا
فَنَجَّيْنَاكَ مِنَ الْغَمِّ وَفَتَنَّاكَ فُتُونًا
فَلَبِثْتَ سِنِينَ فِي أَهْلِ مَدْيَنَ ٤٢ ثُمَّ
جِئْتَ عَلَىٰ قَدَرٍ يَمُوسَىٰ ٤١

42. Era nkweronedde ku lwange.

وَأَضْطَنَعْنَاكَ لِنَفْسِي ٤٢

43. Genda, ggwe ne muganda wo, n'obubonero bwange, naye temugayaalirira okuntendereza.

إِذْ هَبَّ آتَتْ وَ أَخْوَكُ بِأَيْتِي وَلَا تَنِيَا
فِي ذِكْرِي ٤٣

44. Mugende mwembi eri Farāwo, mazima asusse obujeemu.

إِذْ هَبَّ إِلَىٰ فِرْعَوْنَ إِنَّهُ طَغَىٰ ٤٤

45. Kale mwembi mumutegeeze ebigambo eby'eggonjebwa, ob'olyawo aneddamu oba anaatya.

فَقُولَا لَهُ قَوْلًا لَّيْسًا لَّعَلَّهُ يَتَذَكَّرُ أَوْ
يُنْشَىٰ ٤٥

46. Nebagamba nti: Mukama waffe, mazima tutya nti ajja kutuyisa bubi oba nti ajja kwesukkulumya.

فَالَا رَبَّنَا إِنَّنَا نَخَافُ أَنْ يَفْرُطَ
عَلَيْنَا أَوْ أَنْ يَطْغَىٰ ٤٦

47. Allah N'agamba nti: Temutya, mazima ndi wamu nammwe, mpulira era ndaba.

قَالَ لَا تَخَافَا إِنِّي مَعَكُمْ آسَمِعُ وَ
أَرَىٰ ٤٧

48. Kale mugende gy'ali mugambe nti: Ddala tuli babaka ba Mukama wo, kale leka abaana ba Isirairi bagende naffe era

فَأْتِيهِ فَقُولَا إِنَّا رَسُولَا رَبِّكَ فَأَرْسِلْ
مَعَنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ وَلَا تُعَذِّبْهُمْ

tobabonyabonya. Mazima tukuleetedde n'akabonero okuva eri Mukama wo, era emirembe giri kw'oyo agoberera obulung'amu.

49. Mazima tumaze okubikkulirwa nti: Ddala ekibonerezo kijja kuba kw'oyo anaalimbisa *obubaka* n'akubayo amabega.

50. *Farāwo* n'agamba nti: Owange Mūsa, kazzi Mukama wammwe y'ani?

51. N'agamba nti: Mukama waffe y'Oyo eyawa buli kimu entonda ya kyo n'oluvannyuma nakirung'anya *ku nkola ya kyo*.

52. *Farāwo* n'agamba nti: Olwo embeera y'emirembe egyasooka eriba etya?

53. N'agamba nti: Okumanya kw'ekyo kuli eri Mukama wange mu Kitabo. Mukama wange tabulankana wadde teyeerabira.

54. Y'oyo eyabakolera ensi okuba ekyaliiro, n'abakubira mu yo amakubo era n'assa amazzi okuva mu bire, kale ne-tugamezesesa ebimera ebya buli ngeri *nga biri mu migogo gy'ekisajja n'ekikazi*.

55. Mulye era mulunde ebisolo byammwe. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abalina amagezi.

Ruku 3

56. Mu yo mwe twabatonda, era mu yo mwe tubazza, era mu yo mwe tulibajja omulundi omulala.

57. Era mazima *Farāwo* twamulaga obubonero bwaffe bwonna; naye n'alimbisa era n'agaana.

58. N'agamba nti: Owange Mūsa, otujjiridde otujje mu nsi yaffe n'eddogo lyo?

59. Kale naffe tujja kukuleetera eddogo eririfaanana. Kale teeka wakati waffe naawe ekiseera eky'ensisinkano n'ekifo eky'enkamun-kamu, ffe kye tutaamenye wadde ggwe.

60. *Mūsa* n'agamba nti: Ekiseera kya-mmwe ekiragaanye kibeere ku lunaku lw'ekijaguzo, n'abantu bakung'aanyizibwe mu kalasamayanzi.

قَدْ جِئْنَاكَ بِآيَةٍ مِنْ رَبِّكَ وَالسَّلَامُ عَلَىٰ مَنْ اتَّبَعَ الْهُدَىٰ ﴿٤٨﴾

إِنَّا قَدْ أُوحِيَ إِلَيْنَا أَنَّ الْعَذَابَ عَلَىٰ مَنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ﴿٤٩﴾

قَالَ قَمَنْ رَبُّكُمْ يَا مُوسَىٰ ﴿٥٠﴾

قَالَ رَبُّنَا الَّذِي أَعْطَىٰ كُلَّ شَيْءٍ خَلْقَهُ ثُمَّ هَدَىٰ ﴿٥١﴾

قَالَ فَمَا بَالُ الْقُرُونِ الْأُولَىٰ ﴿٥٢﴾

قَالَ عِنَّمَا هِنْدَ رَبِّي فِي كِتَابٍ لَا يَضِلُّ رَبِّي وَلَا يَنْسَىٰ ﴿٥٣﴾

الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ الْأَرْضَ مَهْدًا وَأَسْلَكَ لَكُمْ فِيهَا سُبُلًا وَأَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَخَرَجْنَا بِهَا أَزْوَاجًا مِنْ تِبْيَاتٍ شَتَّىٰ ﴿٥٤﴾

كُلُّوا وَارْعَوْا أَنْعَامَكُمْ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَآيَاتٍ لِّأُولِي النَّهْيِ ﴿٥٥﴾

وَمِنهَا خَلَقْنَاكُمْ وَفِيهَا نُعِيدُكُمْ وَمِنْهَا نُخْرِجُكُمْ تَارَةً أُخْرَىٰ ﴿٥٦﴾

وَلَقَدْ آرَيْنَهُ آيَاتِنَا كُلَّهَا فَكَذَّبَ وَابْتَدَىٰ ﴿٥٧﴾

قَالَ أَجِئْتَنَا لِنُخْرِجَنَّكَ مِنْ أَرْضِنَا بِسِحْرِكَ يَا مُوسَىٰ ﴿٥٨﴾

فَلَمَّا تَرَيْتَكَ بِسِحْرٍ مُّثْلِهِمْ فَاجْعَلْ بَيْنَنَا وَبَيْنَكَ مَوْعِدًا لَا نُخْلِفُهُ نَحْنُ وَلَا أَنْتَ مَكَانًا سَوِيًّا ﴿٥٩﴾

قَالَ مَوْعِدُكُمْ يَوْمَ الزَّيْنَةِ وَأَنْ يُخَشِّرَ النَّاسَ ضَحَّىٰ ﴿٦٠﴾

61. Olwo Farāwo yaddayo neyeekoba ku ntegeka ze n'oluvannyuma n'ajja nga bwe baalagaana.

62. Mūsa n'abagamba nti: Zibasanze! Temupaatiikanga ku Allah bya bulimba, si kulwa nga abasaanyizaawo ddala n'ekibonerezo. Era ddala oyo akonjera amaze okuzikirira.

63. Kale Farāwo n'abantu be baakubaganya ku nsonga zaabwe bokka na bokka era nebadda mu kafubo.

64. Nebagamba nti: Mazima bano bombi balogo, kye baagala kubagoba mu nsi yammwe n'eddogo lyabwe era bazikirize n'obuwangwa bwammwe amakula.

65. Kale mwekobe ku ntegeka zammwe, n'oluvannyuma mujje nga muli mu nnyiriri. Era ddala oyo anaawangula olwa leero ye w'okuganyulwa.

66. Bwe bajja, baagamba nti: Owange Mūsa, abaffe ggwe osooka okusuulawo oba ffe tuba tuba ababereberye okusuulawo?

67. N'agamba nti: Nedda, mmwe musooke musuulewo. Okwejuukiriza nga emiguwa gyabwe n'emiggo gyabwe gimulabikira nga egisattira olw'eddogo lyabwe.

68. Olwo Mūsa n'awulira okutya mu mwoyo gwe.

69. Netugamba nti: Totya, mazima ggwe w'okuwangula.

70. Era suulawo ekyo ekiri mu ddyo wo; kijja kumira bye bakoze byonna. Mazima bye bakoze bukodyo bwa mulogo. Era omulogo wonna w'aba, taganyulwa.

71. Kale bwe gwabimira, abalogo baawalirizibwa okugwa wansi nebavuunama. Nebagamba nti: Tukkirizza Mukama wa Hārūna ne Mūsa.

72. Farāwo n'agamba nti: Mumukkirizza nga sinnaba na kubakkiriza? Mazima ono atekwa kuba nga ye mukulu wammwe eyabayigiriza obulogo. N'olwekyo ddala ng'enda kubasalako emikono gyammwe n'amagulu gammwe mu mpulinkanya, era ddala ng'enda kubattira ku bikolo

فَتَوَلَّى فِرْعَوْنُ فَجَمَعَ كَيْدَهُ ثُمَّ أَتَى ١١

قَالَ لَهُمْ مُوسَىٰ وَيْلَكُمْ لَا تَفْتَرُوا عَلَيَّ
اللَّهُ كَذِبًا فَيُسْحِتَكُمْ بِعَذَابٍ ۚ وَقَدْ خَابَ مَنِ افْتَرَىٰ ١٢

فَقَتَا زَعْوًا أَمَرَهُمْ بَيْنَهُمْ وَاسْرَوْا
النَّجْوَىٰ ١٣

قَالُوا إِنْ هَذَا سِجْرَانِ يَرِيدُنَا
أَنْ نُخْرِجَكُم مِّنْ أَرْضِكُمْ بِسِحْرِهِمَا
وَيَذُحَنَا بِطَرِيقِكُمُ الْمُثَلِّ ١٤

فَأَجْمِعُوا كَيْدَكُمْ ثُمَّ آتُوا صَفَاءً
وَقَدْ أَفْلَحَ الْيَوْمَ مَنِ اشْتَعَلَ ١٥

قَالُوا يَا مُوسَىٰ إِمَّا أَنْ تُلْقِيَ وَإِمَّا أَنْ
نَكُونَ أَوَّلَ مَنْ أَلْقَىٰ ١٦

قَالَ بَلْ أَلْقُوا فَإِذَا حِجَابٌ لَّهُمْ وَوَعِيَتْهُمُ
يُحْيِيْلُ إِلَيْهِ مِنْ سِحْرِهِمْ أَنَّهَا
تَسْحَىٰ ١٧

فَأَوْجَسَ فِي نَفْسِهِ خِيفَةً مُّوسَىٰ ١٨
فَلَمَّا لَا يَتَخَفَ لِأَنَّكَ أَنْتَ الْأَعْلَىٰ ١٩

وَأَلْقَى مَا فِي يَمِينِكْ تَلْقَفَ مَا صَنَعُوا
رَأْمًا صَنَعُوا كَيْدُ سِحْرٍ ۚ وَلَا يُفْلِحُ
السَّحْرُ حَيْثُ أَتَىٰ ٢٠

قَالِقِيَ السَّحْرَةَ سُجَّدًا قَالُوا أَمَّا بِرَبِّ
هُرُونَ وَمُوسَىٰ ٢١

قَالَ أَمَنْتُمْ لَهُ قَبْلَ أَنْ أَدْعَاكُمْ إِنَّهُ
لَكُبَيْرٌ كَبُورٌ الَّذِي عَلَّمَكُمُ السِّحْرَ ۚ
فَلَا قِطْعَانَ أَتِدَّ بِكُمْ وَأَرْجُلُكُمْ مِنْ
خِلَافٍ ۚ وَلَا وَصَلْتُمْ فِي جُدُوعِ
التَّخْلِ زُولْتَعْلَمَنَّ أَيُّنَا أَشَدُّ عَذَابًا ۚ

by'emitende; era ddala mujja kumanya ani ku fembi asinga obukambwe mu kubonereza era *abonereza* olutentezi.

73. *Abalogo* baagamba nti: Tetukyazzeeyo kukusukkulumya nate olw'obubonero obw'olwaatu obututuuseeko, wadde *okukusukkulumya* kw'oyo eyatutonda. Kale ggwe salawo kyonna ky'osalawo. Anti ggwe olamulira wano *mu* bulamu bwa ku nsi *wokka*.

74. Mazima ffe tukkirizza Mukama waffe alyooke atusonyiwe ebyoonono byaffe n'ebubulogo bye watukakaatiseeko. Era Allah y'asinga obulungi era ye w'olubeerera.

75. Mazima oyo aligenda eri Mukama we nga mwonoonyi, kale oyo y'alifuna Jahannamu; talifiiramu wadde taliba mulamu.

76. Naye oyo aligenda gy'ali nga mukkirizza nga yakola ebikolwa ebirungi, kale abo be balifuna ebitiibwa ebya waggulu—

77. Eby'ensuku ez'olubeerera ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera; era eyo y'empeera y'oyo eyetukuza.

Ruku 4

78. Era ddala twabikkulira Mūsa nti: Twala abaweereza bange ekiro, era bakubire ekkubo ekkalu mu nnyanja. Totya kukwatibwa era teweeekanga.

79. Kale Farāwo yabawondera n'amagye ge, olwo nekibabbika mu nnyanja ekyo ekyababbikira ddala.

80. Era Farāwo yabuza abantu be era teyabawabula.

81. Abange mmwe abaana ba Isirairi, ddala twabawonya omulabe wammwe, netulagaa-na nammwe ebbali w'olusozi Tūr ku ddyo, era netubassiza Manna ne Saliwā.

82. *Netubagamba nti*: Mulye ku birongoofu bye twabagabula, naye temusukkanga ekigero ku byo, si kulwa nga obusungu bwange bubakkira; era oyo akkirwa obusungu bwange, mazima aba azikiridde.

أَبْقَى ٧٦

قَالُوا لَنْ نُؤْثِرَكَ عَلَى مَا جَاءَنَا مِنَ
الْبَيِّنَاتِ وَالَّذِي فَطَرَنَا فَاقْضِ مَا
أَنْتَ قَاضٍ ء إِنَّمَا تَقْضِي هَذِهِ
الْحَيَاةَ الدُّنْيَا ٧٦

إِنَّا أَمَّا بِرَبِّنَا لَبِغْفِرٍ لَنَا خَطِينًا وَ
مَا أَكْرَهْتَنَا عَلَيْهِ مِنَ السِّحْرِ ء وَاللَّهُ
خَبِيرٌ وَأَبْقَى ٧٥

إِنَّهُ مَنْ يَأْتِ رَبَّهُ مُجْرِمًا فَإِنَّ لَهُ
جَهَنَّمَ ء لَا يَمُوتُ فِيهَا وَلَا يَحْيَى ٧٥
وَمَنْ يَأْتِهِ مُؤْمِنًا قَدْ عَمِلَ الصَّالِحَاتِ
قَالَ لِيَكْ لَهُمُ الدَّرَجَاتُ الْعُلَى ٧٦

جَعَلْتُ عَدْنٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
خَالِدِينَ فِيهَا ء وَذَلِكَ جَزَاءُ مَنْ
تَرَكَنِي ٧٧

وَلَقَدْ أَوْحَيْنَا إِلَى مُوسَى ء أَنْ أَسْرِ
بِعَبَادِي فَاضْرِبْ لَهُمْ طَرِيقًا فِي
الْبَحْرِ يَبَسًا ء لَا تَخَفْ دَرَكًا وَ
لَا يَتَخَشَى ٧٨

فَاتَّبَعَهُمْ فَوَضَعُوا بِجُنُودِهِ فَعَشِيَهُمْ
مِنَ اللَّيْلِ مَا عَشَيْتَهُمْ ٧٩
وَأَضَلَّ فَوَضَعُوا قَوْمَهُ وَمَا هَدَى ٨٠

يَبْنَينَ إِسْرَائِيلَ قَدْ أَنْجَيْنَاكَ مِنْ
عَذَابِكُمْ ء وَوَعَدْنَاكَ جَارِبَ الطُّورِ
الْأَيْمَنَ وَنَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْمَنَّاءَ وَالسَّلْوَى ٨١

كُلُوا مِنْ طَيِّبَاتِ مَا رَزَقْنَاكُمْ وَلَا تَطْغَوْا
فِيهِ فَيَحْبِلَ عَلَيْكُمْ غَضَبِي ٨٢ وَمَنْ يَحْبِلْ
عَلَيْهِ غَضَبِي فَقَدْ هَوَى ٨٣

83. Era ddala ndi Musonyiyi nnyo eri oyo eyeenenya n'akkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi n'oluvannyuma n'anywerera ku bulung'amu.

84. Owange Mūsa, kiki ekyakwanguyirizza okujja n'olekayo abantu bo ?

85. Mūsa n'agamba nti: Bo bali mu buwufu bwange, naye Mukama wange neeyunye gy'oli olyooke osiime.

86. Allah n'agamba nti: Mazima tugezesezza abantu bo ng'ovuddewo, era Sāmīri abawabizza.

87. Olwo Mūsa yaddayo eri abantu be nga musunguwavu era nga munakuwavu. N'agamba nti: Abange, ddala Mukama wammwe teyabalagaanya okulagaanya okulungi? Abaffe, ekiseera ekyalagaanyizibwa ky'ekibawanvuyidde, nandiki mwagadde busungu obuva eri Mukama wammwe kubakkako, kye muvudde mumenya bye mwandagaanya ?

88. Nebagamba nti: Tetwamenye bye twakulagaanya ku lwaffe; naye twatikibwa obuzito bw'amajolobera g'abantu, bwe kityo netugakasuka ne Sāmīri bw'atyo n'akasuka agage.

89. Kale Sāmīri n'abakolera ennyana nga kifaananyi bufaananyi ekirimu okung'ong'a. Ye ne banne nebagamba nti: Ono ye musinzibwa wammwe era ye musinzibwa wa Mūsa, naye Mūsa yeerabira bwerabizi okumubagamba.

90. Abaffe, baali tebalaba nti ennyana yali tebaddamu kigambo kyonna era nti terina buyinza kubakosa wadde okubagasa?

Ruku 5

91. So ddala Hārūna yabagambirawo oluber eberye nti: Abange, mazima mugezesebbwa bugezesebwa n'ennyana eno. Naye ddala Allah Omusaasizi ennyo ye Mukama wammwe; kale mungoberere era mugondere ekiragiro kyange.

92. Nebagamba nti: Tetujja kulekayo kugisinja okutuusa Mūsa lw'alikomawo gye tuli.

93. Mūsa n'agamba nti: Owange Hārūna, kiki ekyakulobera awo ng'obalabye bawabye,

وَرَأَيْتَ لَتَفْقَارِ لِّمَن تَابَ وَآمَنَ وَعَمِلَ صَالِحًا ثُمَّ اهْتَدَىٰ ﴿٨٣﴾

وَمَا أَعْمَلُكَ عَن قَوْمِكَ يَمُوسَىٰ ﴿٨٤﴾

قَالَ هُمْ أَوْلَاءُ عَلَىٰ أَثَرِي وَعَجِلْتُ إِلَيْكَ رَبِّ لِتَرْضَىٰ ﴿٨٥﴾

قَالَ فَإِنَّا كَدَفْتَنَّا قَوْمَكَ مِن بَعْدِكَ وَأَضَلَّهُمُ السَّامِرِيُّ ﴿٨٦﴾

فَرَجَعَ مُوسَىٰ إِلَىٰ قَوْمِهِ غَضْبَانَ أَسِفًا قَالَ يَقُولُونَ آلَمْ يَحْدِكُمْ رَبِّكُمْ وَعَدَا حَسَنًا هَٰ أَفَطَالَ عَلَيْكُمُ الْعَهْدُ أَمْ أَرَدْتُمْ أَن يَجِلَّ عَلَيْكُمْ غَضَبٌ مِّن رَّبِّكُمْ فَاخْلَفْتُمْ مَّوْعِدِي ﴿٨٧﴾

قَالُوا مَا أَخْلَفْنَا مَوْعِدَكَ بِمَلِكِنَا وَلَكِنَّا حَمَلْنَا آوَارًا مِّن زِينَةِ الْقَوْمِ فَقَدَفْنَاهَا فَكَذَلِكَ أَلْقَى السَّامِرِيُّ ﴿٨٨﴾

فَأَخْرَجَ لَهُمْ عَجَلًا جَسَدًا لَهُ خُورٌ فَقَالُوا هَٰذَا إِلَهُكُمْ وَإِلَهُ مُوسَىٰ ۗ قَنَسِي ﴿٨٩﴾

أَفَلَا يَرَوْنَ أَنَّهُمْ قَوْلًا ۗ وَلَا يَمْلِكُ لَهُمْ صَدْرًا وَلَا تَفْعًا ﴿٩٠﴾

وَلَقَدْ قَالَ لَهُمْ هُرُونٌ مِّن قَبْلِ يَقُولُوا إِنَّمَا فُتِنْتُمْ بِهِ وَإِنَّ رَبَّكُمُ الرَّحْمَنُ فَاتَّبِعُونِي وَأَطِيعُوا أَمْرِي ﴿٩١﴾

قَالُوا لَنْ نَّبْرَحَ عَلَيْكَ عِيفِينَ حَتَّىٰ يَرْجِعَ إِلَيْنَا مُوسَىٰ ﴿٩٢﴾

قَالَ يَهُرُونَ مَا مَتَعْتُكَ إِذْ رَأَيْتَهُمْ صَلُّوا ﴿٩٣﴾

94. N’otangoberera? Abaffe, wajeemera ekiragiro kyange?

95. N’agamba nti: Mwana wa nnyabo, tokwata ebirevu byange wadde omutwe gwange.* Nze natya nti ojja kugamba nti: Oleese enjawukana mu baana ba Isirairi, n’otalinda na kigambo kyange.

96. Mūsa n’agamba nti: Owange Sāmiri, ddala wagenderera ki?

97. N’agamba nti: Nze nalaba bo bye bataalaba. Kale nakwata obumu ku buwufu bw’Omubaka olukwata, oluvannyuma nembusuula eri. Era omwoyo gwange bwe gutyo bwe gwampikiriza.

98. Mūsa n’agamba nti: Kale genda. Naye ddala ekibonerezo ky’olina mu bulamu bwo, ojja kwogeranga nti: ‘Tonkwatako’; era ddala olinayo n’ekisuubizo ky’ekibonerezo kyotayinza kwesumattulako. Kale tunulako eri omusinzibwa wo gwe weesibyeko okusinza. Ddala tujja kumwokya n’oluvannyuma nga afuuse vvu tumumanse mu nnyanja olumansa.

99. Tewali kubusabuusa, Omusinzibwa wammwe ye Allah Oyo ali Omu yekka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Allah, okumanya kwe kwabuna buli kimu.

100. Bwe tutyo bwe tukunnyonnyola ebimu ku byafaayo ebyo ebyayita. Era ddala twakuwa Okubuulirira okuviira ddala gye tuli.

101. Oyo akukuba amabega, kale ddala oyo y’alyetikka omugugu omuzito ku lunaku lw’okuzuukira.

102. Baliba wansi wa gwo lubeerera. Naye okwetikka kuliba kubi nnyo gye bali ku lunaku lw’okuzuukira!

103. Olunaku eng’ombe lw’elifuuyibwamu. Era ku lunaku olwo tulikung’anya aboononyi nga batunuza bbululu.

104. Balikubagana obwaama bokka na bokka nti: Temuwangadde wabula nnaku kkumi zokka.

أَلَا تَتَّبِعِينَ أَفْعَصَيْتَ أَمْرِي ۖ ﴿١٤﴾

قَالَ يَبْنَؤُمْ لَا تَأْتَا حُذْبِي وَلا بَرَأْسِي ۚ
رَأَيْتِي حَشِيئَتُ أَنْ تَقُولَ قَرَّتْ بَيْنَ
بَنِي إِسْرَائِيلَ وَكَمْ تَرْتَقِبُ قَوْلِي ۖ ﴿١٥﴾

قَالَ فَمَا حَطْبُكَ يَا سَامِرِيُّ ۖ ﴿١٦﴾

قَالَ بَصُرْتُ بِمَا لَمْ يَبْصُرُوا بِهِ
فَقَبَضْتُ قَبْضَةً مِّنْ أَثَرِ الرَّسُولِ
فَنَبَذْتُهَا وَكَذَلِكَ سَوَّكْتُ لِي نَفْسِي ۖ ﴿١٧﴾

قَالَ فَأَذْهَبَ فَإِنَّ لَكَ فِي الْحَيَاةِ أَنْ
تَقُولَ لَا مِسَاسَ ۖ وَإِنَّ لَكَ مَوْعِدًا لَّنْ
نُخْلِقَهُ ۚ وَأَنْظُرْ إِلَى إِلْهِكَ الَّذِي ظَلْتَ
عَلَيْهِ عَاكِفًا لَّنُحَرِّقَنَّهُ ثُمَّ لَنَنْسِفَنَّهُ
فِي الْيَمِّ نَسْفًا ۖ ﴿١٨﴾

إِنَّمَا إِلْهُكُمُ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ
وَسِعَ كُلَّ شَيْءٍ عِلْمًا ۖ ﴿١٩﴾

كَذَلِكَ نَقُصُّ عَلَيْكَ مِنْ أَنْبَاءِ مَا قَدْ
سَبَقَ ۚ وَقَدْ آتَيْنَاكَ مِنْ لَدُنَّا ذِكْرًا ۖ ﴿٢٠﴾

مَنْ أَعْرَضَ عَنْهُ فَإِنَّهُ يَحْمِلُ يَوْمَ
الْقِيَامَةِ وِزْرًا ۖ ﴿٢١﴾

خُلِدِينَ فِيهِ ۚ وَسَاءَ لَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
حِمْلًا ۖ ﴿٢٢﴾

يَوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّورِ وَنَحْشُرُ الْمُجْرِمِينَ
يَوْمَئِذٍ زُرْقًا ۖ ﴿٢٣﴾

يَتَخَفَتُونَ بَيْنَهُمْ إِنْ لَبِثْتُمْ إِلَّا
عَشْرًا ۖ ﴿٢٤﴾

20:95. Ebigambo ‘tokwata birevu byange wadde omutwe gwange’ tebitegeza nti Musa (a.s) ddala ekyo kye yakola. Ebigambo ebyo biyinza okutegeza nti ‘tonswaaza’.

105. Ffe tumanyi bulungi bye balyogera awo nga eyabasinga okuba obulungi mu mbeera ayogera nti: Temwawangaala wabula olunaku lumu lwokka.

Ruku. 6

106. Era bakubuuza ebifa ku nsozi nga bwe ziribeera. Kale gamba nti: Mukama wange alizimulungula olumulungula,

107. Azifuule museetwe oguseetedde,

108. Nga tolaba ku zo kikko wadde akagulumu.

109. Olunaku olwo baligoberera Omukoo-woozi atalina bukyamu bwonna; era amaloboozi gonna galisiriikirira mu maaso g'Omusaasizi ennyo nga towulirayo kirala okuggyako enswagiro.

110. Ku lunaku olwo, okuwolereza tekuligasa okuggyako oyo Allah Omusaasizi ennyo gw'alikkiriza era nga asiimye ekigambo ky'okwegayirira ku lulwe.

111. Y'amanyi ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe, naye bo tebayinza kubyetooloola mu kumanya.

112. Era amaaso gonna galyewombeeka mu maaso g'Omulumu, Eyeebzezaawo yekka, Abeezaawo buli kimu. Era ddala buli eyeetikka omugugu gw'ebibi wa kufaafaaganirwa.

113. Naye oyo akola ebikolwa ebirungi era nga mukkiriza, kale ye talitya nti aliryazaamanyizibwa wadde okufiirwa.

114. Era bwe kityo twassa Kur'ani mu Luwarabu era netuttottola mu yo okulabula okwa buli ngeri, balyooke batye Allah oba ebaleetere okujjukira Allah.

115. Kale Omugulumivu ye Allah, Kabaka Ow'amazima! Era tobuguutanira Kur'ani nga okubikkulirwa kwa yo tekunnakomek-kerezebwa gy'oli, naye gamba nti: Mukama wange, nnyongerera okumanya.

116. Era mazima twakola ne Adamu endagaano olubereberye naye neyeerabira, era tetwamusangamu kugenderera kujeema.

Ruku 7

117. Era jjukira nga bwe twagamba ba malayika nti: Mugondere Adamu, kale

نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يَقُولُونَ إِذْ يَقُولُ
أَمْثَلُهُمْ طَرِيقَةً إِنْ لَيْسَتْ لَهُمْ إِلَّا يَوْمًا ١٠٥

وَيَسْأَلُونَكَ عَنِ الْجِبَالِ فَقُلْ يَنْسِفُهَا رَبِّي
نَسْفًا ١٠٦

فَيَذَرُهَا قَاعًا صَفْصَفًا ١٠٧

لَا تَرَى فِيهَا عِوَجًا وَلَا أَمْتًا ١٠٨

يَوْمَ مِيْذٍ يَتَّبِعُونَ الدَّاعِيَ لَا عِوَجَ لَهُ وَ
خَشَعَتِ الْأَصْوَاتُ لِلرَّحْمَنِ فَلَا تَسْمَعُ
إِلَّا أَلْهَمَسًا ١٠٩

يَوْمَ مِيْذٍ لَا تَنْفَعُ الشِّفَاعَةُ إِلَّا مَنْ أَذِنَ
لَهُ الرَّحْمَنُ وَرَضِيَ لَهُ قَوْلًا ١١٠

يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا
يُحِيطُونَ بِهِ عِلْمًا ١١١

وَعَنَتِ الْوُجُوهُ لِلْحَيِّ الْقَيُّومِ وَقَدْ خَابَ
مَنْ حَمَلَ ظُلْمًا ١١٢

وَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ وَهُوَ مُؤْمِنٌ
فَلَا يُخَفْ ظُلْمًا وَلَا هَضْمًا ١١٣

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا وَ
صَرَّفْنَا فِيهِ مِنَ الْوَعِيدِ لَعَلَّهُمْ
يَتَّقُونَ أَوْ يُحَدِّثُ لَهُمْ وُحْيًا ١١٤

فَتَعَلَى اللَّهِ الْمَلِكُ الْحَقُّ وَ لَا تَعْجَلْ
بِالْقُرْآنِ مِنْ قَبْلِ أَنْ يُقْضَى إِلَيْكَ
وَحْيُهُ وَ قُلْ رَبِّ زِدْنِي عِلْمًا ١١٥

وَ لَقَدْ عَاهَدْنَا إِلَى آدَمَ مِنْ قَبْلِ فَنَسِيَ
وَ لَمْ تَجِدْ لَهُ عِزْمًا ١١٦

وَ لَقَدْ قُلْنَا لِلْمَلَائِكَةِ اسْجُدُوا لِآدَمَ فَسَجَدُوا

baagonda, okuggyako Ibilisi y'eyagaana.

118. Kale netugamba nti: Owange Adamu, mazima ono mulabe gy'oli n'eri mukyala wo; *mumwerinde* si kulwa nga mwembi abaggya mu lusuku nemubonaabona.

119. Ddala *luliwo* ku lulwo oleme kulumirwamu njala era oleme kuba bukunya.

120. Era ddala ggwe oleme kulumirwamu nnyonta, wadde t'oyokebweko musana.

121. Naye Sitaani yamusendasenda n'agamba nti: Owange Adamu, abaffe nkulage omuti gw'obulamu obw'olubeerera n'obwakabaka obutaggwawo?

122. Kale bombi kwe kugulyako; kale obunafu bwabwe nebubeeyoleka. Nebatandika okwetungirirako ebikoola by'omu lusuku. *Bw'atyo Adamu mu butanwa* n'atatuukiriza kiragiyo kya Mukama we, kale n'awaba.*

123. N'oluvannyuma Mukama we yamulonda n'amuddiramamu n'amulung'anya.

124. *Allah* N'agamba nti: Mwembi muluveemu, muli balabe mwekka na mwekka. Naye bwe mutuukwangako obulung'amu obuva gyendi, kale oyo aligoberera obulung'amu bwange, taliwaba wadde taliba wa kikwa.

125. Naye oyo alikuba amabega eri Okub-uulirira kwange, kale ddala y'aliba mu bulamu obunyiga, era tulimuuzukiza ku lunaku lw'okuzuukira nga muzibe.

126. Aligamba nti: Mukama wange, lwaki onzuukizza nga ndi muzibe, so nga nali ndaba?

إِلَّا إِبْلِيسَ ؕ ۝١١٧

فَقُلْنَا يَا آدَمُ إِنَّ هَذَا عَدُوٌّ لَكَ وَ
لِرِزْقِكَ فَلَا يُغْرِجَنَّكَ مَا مِنَ الْجَنَّةِ
فَتَشْتَى ۝١١٨

إِنَّ لَكَ أَلًا تَجُوعُ فِيهَا وَلَا تَعْرِى ۝١١٩

وَأَنَّكَ لَا تَظْمَأُ فِيهَا وَلَا تَصْحَى ۝١٢٠

قَوَّسَ إِلَيْهِ الشَّيْطَانُ قَالَ يَا آدَمُ هَلْ
أَدُلُّكَ عَلَى شَجَرَةٍ الْعُلْمِ وَمَلِكٌ لَا يُبَلَى ۝١٢١

فَأَكَلَا مِنْهَا فَبَدَتْ لَهُمَا سَوْآتُهُمَا وَ
طَفِقَا يَخْصِفْنَ عَلَيْهِمَا مِنْ ذَرَقِ الْجَنَّةِ
وَءَصَى آدَمُ رَبَّهُ فَغَوَى ۝١٢٢

ثُمَّ اجْتَبَاهُ رَبُّهُ فَتَابَ عَلَيْهِ وَهَدَى ۝١٢٣

قَالَ اهْبِطَا مِنْهَا جَمِيعًا بَعْضُكُمْ
لِبَعْضٍ عَدُوٌّ قَائِمًا يَأْتِيَنَّكُمْ وَتُنِي
هُدًى ۝ فَمَنِ اتَّبَعَ هُدَايَ فَلَا يَضِلْ
وَلَا يَشْفَى ۝١٢٤

وَمَنْ أَعْرَضَ عَنْ ذِكْرِي فَإِنَّ لَهُ
مَعِيشَةً ضَنْكًا وَنَحْشُرُكَ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
أَعْمَى ۝١٢٥

قَالَ رَبِّ لِمَ حَشَرْتَنِي أَعْمَى وَقَدْ كُنْتُ
بَصِيرًا ۝١٢٦

20:122. Bangi balowooza nti ebiri mu Aya eno byali bya ddala, songa Aya yennyini eraga nti ekwata ku mbeera ya mwoyo so si ya mubiri kubanga n'ekigambo 'sauaatuhumaa' (سَوَاتُهَا) kiraga nti baamanyisibwa bunafu bwabwe. Kiba kuba nti wano obunafu obwogerwako bwali kuba bukunya, kyalisobose kitya okuba nti baali bantu bakulu naye nga okuva obuto bwabwe baali tebamanyi bwereere bwabwe, baabumanya luvannyuma lwa kyafaayo ekyo kubaawo? N'olwekyo, okuvvuunula ekigambo 'sauat' (سَوَا) nti kitegeeza 'bwereere bwa mubiri', kuba kukyamya makulu ga Kur'ani Entukuvu — kubanga n'ekigambo kyennyini mu nnono ya kyo kitegeeza 'buswaavu' na 'ndowooza mbi'. Omuntu amala kusobya n'alyooka aswaala oba n'alyooka azuula oba n'alyooka amanya obunafu bwe. Obuswaavu n'obunafu biba mu mutima na mu birowoozo, n'olwekyo okwetungirirako amakoola tekiyinzza kubikweka. Ensobi yonna, Adamu(a.s) ne Hawā bwe baba balina ensobi yonna e baakola, ensobi eyo yali erina kuggyibwawo na kusaba kusonyiyibwa na kwewogoma eri Allah, so si na kwetungirirako makoola ga miti. Okwetungirirako amakoola ga Janna (olusuku) kitegeeza kusaba kusonyiyibwa na kwewogoma eri Allah. Okusenziira ku Kur'ani kino kyennyini Adamu(a.s) kye yakola, n'ayiga ebigambo by'okusaba okusonyiyibwa okuva eri Allah (2:38; 20:123).

127. Allah aligamba nti: Kiri bwe kityo lwa kubanga watuukibwako okulabula kwaffe n'okusuulirira; bwe kityo nno olwa leero naawe ojja kusuulirirwa.

قَالَ كَذَلِكَ أَتَتْكَ آيَاتُنَا فَنَسِيتَهَا
وَكَذَلِكَ الْيَوْمَ تُنسى ﴿١٢٧﴾

128. Era bwe tutyo bwe tulasula oyo eyesukkulumya n'atakkiriza bubonero bwa Mukama we. Era ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obukakali era ky'ekiwangaazi ennyo.

وَكَذَلِكَ تَجْزِي مَنْ أَسْرَفَ وَلَمْ يُؤْمِنْ
بِآيَاتِ رَبِّهِ ۗ وَلَعَذَابُ الْآخِرَةِ أَشَدُّ
أَبْقَى ﴿١٢٨﴾

129. Abaffe, tekibawabula okumanya nti emirembe mingi gye twazikiriza olubereberye lwabwe ng'ate bo kati mu maka gaabwe mwe batambulira? Mazima mw'ebyo mulimu okulabula eri abo abalina amagezi.

أَفَلَمْ يَهْدِ لَهُمْ كَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنَ
الْقُرُونِ يَمْشُونَ فِي مَسْجِدِهِمْ إِنَّ فِي
ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّأُولِي النُّهَى ﴿١٢٩﴾

Ruku 8

130. Singa si kigambo ekyakulemba okuva eri Mukama wo n'ekiseera ekyagerekebwa, mazima ekibonerezo kyaaliteekeddwa buteekwa okujja.

وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ لَكَانَ لِزَمَانَ
وَأَجَلٍ مُّسَمًّى ﴿١٣٠﴾

131. Kale gumiikiriza kw'ebyo bye boogera era otendereze n'amatendo ga Mukama wo nga enjuba tennavaayo n'awo nga tennagwa; era ne mu biseera ebimu eby'ekiro tenderezanga Allah ne mu bitundu by'emisana, olwo ojja kufuna essanyu elya nnamaddala.

قَاصِرٌ عَلَىٰ مَا يَقُولُونَ وَسِيَخٍ بِحَمْدِ
رَبِّكَ قَبْلَ طُلُوعِ الشَّمْسِ وَقَبْلَ
عُرُوبِهَا ۚ وَمِنْ أَنَاءِ الْيَلِيلِ فَسِيَخٌ
أَطْرَافِ النَّهَارِ لَعَلَّكَ تَرْضَى ﴿١٣١﴾

132. Era tokalirizanga maaso go eri ebyo bye tweyagalizaamu abamu mu bo eby'amajolobera g'obulamu bw'ensi nga tugenderera okubagezesa na byo. Naye okugaba kwa Mukama wo kwe kusinga obulungi era kwe kuwangaazi.

وَلَا تَمُدَّنَّ عَيْنَيْكَ إِلَىٰ مَا مَتَّعْنَا بِهِ
أَزْوَاجًا مِنْهُمْ زَهْرَةَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۗ
لِنَفْتِنَهُمْ فِيهِ ۚ وَرِزْقُ رَبِّكَ خَيْرٌ
أَبْقَى ﴿١٣٢﴾

133. Era kubirizanga abantu bo ku ssaala era naawe onywerer ku yo. Ffe tetukusaba kutugabira, wabula Ffe tukugabira. Era enkomerero ennungi eri mu kutya Allah.

وَأْمُرْ أَهْلَكَ بِالصَّلَاةِ وَاصْطَبِرْ عَلَيْهَا ۖ لَا
تَسْأَلْكَ رِزْقًا ۚ وَنَحْنُ نَرْزُقُكَ ۗ وَالْعَاقِبَةُ
لِلتَّقْوَى ﴿١٣٣﴾

134. Era bagamba nti: Lwaki tatuleterayo kabonero okuva eri Mukama we? Abaffe, tebaatuukwako bukakafu obw'olwaatu obwo obuli mu biwandiiko ebyasooka?

وَقَالُوا لَوْلَا يَأْتِينَنَا بِآيَةٍ مِنْ رَبِّهِ
أَوْ لَمْ تَأْتِهِمْ بَيِّنَةٌ مَّا فِي الصُّحُفِ
الْأُولَىٰ ﴿١٣٤﴾

135. Era singa twabazikiriza n'ekibonerezo olubereberye lwa kyo, ddala baaligambye nti: Mukama waffe, lwaki tewatutumira Mubaka netugoberera ebiragiro byo nga tetunnafuuka banyoomoofu era abaswaavu?

وَلَوْ أَنَّا أَهْلَكْنَاهُمْ بِعَذَابٍ مِنْ قَبْلِهِمْ
لَقَالُوا إِنَّا لَوْلَا أَرْسَلْتَ إِلَيْنَا رَسُولًا
فَنُنشِئُ آيَاتِكَ مِنْ قَبْلِ أَنْ نُنزِلَ
نَحْنُ ﴿١٣٥﴾

136. Gamba nti: Buli omu alinda, kale nammwe mulinde; naye mangu nnyo mujja kumanya ani ali ku kkubo ettuufu n'oyo ali ku bulung'amu.

قُلْ كُلٌّ مُتَرَبِّصٌ فَتَرَبَّصُوا فَسَتَعْلَمُونَ
 مَنْ أَصْحَابُ الصِّرَاطِ السَّوِيِّ وَ مَنِ
 اهْتَدَى ۝

AL-ANBIYĀ'

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Juzu 17

2. Okubalirirwa kw'abantu kusembedde gye bali, naye bo bali mu kulatta bakubyeyo mabega.

3. Tebatuukibwako kubuulirira kwonna okuggya okuva eri Mukama waabwe, wabula bakuwuliriza ng'eno bwe beezannyira.

4. Emitima gyabwe migayaalirvu. Abo abakola ebibi bateeseza mu nkukutu nga bagamba nti: Ono si mulala wabula muntu buntu nga mmwe. Abaffe, munaagenda eri obulogo nga mulaba?

5. Nabbi n'agamba nti: Mukama wange y'amanyi ebyogerwa mu ggulu ne mu nsi era y'Awulira byonna, y'Amanyi buli kimu.

6. Naye baagamba nti: Bino birooto bitabufutabufu, abalala nti: Si kyo, y'e-yabijingajinga; n'abamu nti: Nedda, muyiyya wa bitontome. Kale atuleeterayo akabonero nga Ababaka abaasooka bwe baatumwa n'obubonero.

7. Tewali kibuga kyonna kye twazikiriza olubereberye lwabwe nga kikkirizza. Abaffe, bo be banakkiriza?

8. Era tetwatuma olubereberye lwo wabula basajja be twabikkuliranga. Kale mubuuze abalina Ekijjukiza mmwe bwe muba nga temumanyi

9. Era tetwabakola nga ba mibiri egitalya mmere era tebaalinga ba nkalakkalira.

10. Nate twabatuukiririza ekisuubizo; kale netubawonya wamu n'abo be twayagala, netuzikiriza abasukkiridde obubi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

اِقْتَرَبَ لِلنَّاسِ حِسَابُهُمْ وَ هُمْ فِي غَفْلَةٍ مُّعْرِضُونَ ②

مَا يَأْتِيهِمْ مِنْ ذِكْرٍ مِنْ رَبِّهِمْ مُحَدَّثٍ إِلَّا اسْتَمَعُوهُ وَ هُمْ يَلْعَبُونَ ③

لَاهِيَةً قُلُوبُهُمْ وَأَسْرُوا النَّجْوَى ④
الَّذِينَ ظَلَمُوا ۗ هَلْ هَذَا إِلَّا بَشَرٌ مِثْلُكُمْ ۖ أَفَتَأْتُونَ السَّحَرَةَ وَ أَنْتُمْ تُبْصِرُونَ ⑤

قُلْ رَبِّي يَخْلُقُ الْقَوْلَ فِي السَّمَاءِ وَ الْأَرْضِ وَ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ⑥

بَلْ قَالُوا أَضْعَافٌ أُخْلَامٍ بَلْ افْتَرَاهُ بَلْ هُوَ شَاعِرٌ ۖ فَلْيَأْتِنَا بِآيَةٍ كَمَا أُرْسِلَ الْأَوْلُونَ ⑦

مَا آمَنَتْ قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْيَةٍ أَهْلَكْنَاهَا ۗ أَفَهُمْ يُؤْمِنُونَ ⑧

وَمَا أَرْسَلْنَا قَبْلِكَ إِلَّا رِجَالًا نُوْحِي إِلَيْهِمْ فَشَءَلُوا أَهْلَ الذِّكْرِ إِنْ كُنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ⑨

وَمَا جَعَلْنَاهُمْ جَسَدًا إِلَّا يَأْكُلُونَ الطَّعَامَ وَ مَا كَانُوا خَالِدِينَ ⑩

ثُمَّ صَدَقْنَاهُمُ الْوَعْدَ فَأَنْجَيْنَاهُمْ وَ مَنْ نَشَاءُ وَ أَهْلَكْنَا الْمُسْرِفِينَ ⑪

11. Mazima tussizza gye muli Ekitabo ekirimu okubuulirirwa kwammwe kwonna kwe mwetaaga. Abaffe, temukozesa magezi?

لَقَدْ أَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ كِتَابًا فِيهِ ذِكْرُكُمْ أَفَلَا تَعْقِلُونَ ﴿١١﴾

Ruku 2

12. Ye ebibuga bimeka ebyali ebyonoonyi bye twazikiririza ddala n'oluvannyuma Iwa byo netusibulawo abantu abalala?

وَكَمْ قَصَمْنَا مِنْ قَبْلِكَ صَاحَاتٍ ظَالِمَةً ۖ وَأَنْشَأْنَا بَعْدَهَا قَوْمًا آخَرِينَ ﴿١٢﴾

13. Kale bwe baawulira okubonereza kwaffe, okwejuukiriza nga batandise okubiddukamu.

فَلَمَّا أَحْشَوْا بَأْسَنَا إِذَا هُمْ مِنْهَا يَرْتَدُّونَ ﴿١٣﴾

14. Twabagamba nti: Temudduka, wabula muddeeyo eri ebyo bye mwejalabizangamu n'amaka gammwe, mulyooke mubuuzibwe ekyabajeemya.

لَا تَرْكُضُوا وَارْجِعُوا إِلَى مَا أُتْرِفْتُمْ فِيهِ وَمَسْكَنِكُمْ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٤﴾

15. Baagamba nti: Zitusanze! Mazima ddala tubadde boononyi.

قَالُوا يَا وَيْلَنَا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿١٥﴾

16. Kale emiranga gyabwe egyo tegyakoma, okutuusa lwe twabafuula nga abasaayiddwa, nebafuuka vvu.

فَمَا زَالَتْ تِلْكَ دَعْوَاهُمْ حَتَّى جَعَلْنَاهُمْ حَصِيدًا خَامِدِينَ ﴿١٦﴾

17. Era tetwatonda ggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi Iwa muzannyo.

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَاءَ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا لِعِبَادٍ ﴿١٧﴾

18. Singa twayagala kufuna bya kuzannyisa, ddala twalibiggye mw'ebyo bye tuli nabyo, singa nga ddala twaali ba kukola tutyo.

لَوْ أَرَدْنَا أَنْ نَتَّخِذَ لَهُمْ آيَةً تَتَّخِذُوهَا مِنْ لَدُنَّا ۗ إِنَّ كُنَّا لَفَاعِلِينَ ﴿١٨﴾

19. Ddala tumegguza amazima ku bulimba negabubetenta, kale okwejuukiriza nga busaanyewo. Naye zibasanze olw'ebyo bye mwogera.

بَلْ نَقْذِفُ بِالْحَقِّ عَلَى الْبَاطِلِ فَيَدْمَغُهُ فَإِذَا هُوَ زَاهِقٌ ۚ وَلكُمْ الْوَيْلُ مِمَّا تَصِفُونَ ﴿١٩﴾

20. Era abali mu ggulu ne mu nsi babe. Era abali w'ali tebeekuliza ku kumusinja wadde tebakoowa.

وَلَهُ مَنْ فِي السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ ۚ وَمَنْ عِنْدَهُ لَا يَسْتَكْبِرُونَ عَنْ عِبَادَتِهِ ۚ وَلَا يَسْتَحْسِرُونَ ﴿٢٠﴾

21. Bagulumiza Allah ekiro n'emisana, era tebaddirira.

يُسَبِّحُونَ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ لَا يَفْتُرُونَ ﴿٢١﴾

22. Abaffe, bafunyeeyo bakatonda mu nsi nga nabo bazuukiza?

أَمْ اتَّخَذُوا إِلَهًا مِّنَ الْأَرْضِ هُمْ يُنشِرُونَ ﴿٢٢﴾

23. Ddala singa mu byombi (mu ggulu ne mu nsi) mwalimu abasinzibwa abalala ebbali wa Allah, ddala byombi byalifaafaaganye. Kale obutuukirivu bwa Allah, Nannyini Nnamulondo, ali ewala ennyo n'ebyo bye boogera.

لَوْ كَانَ فِيهِمَا آلَ اللَّهِ لَفَسَدَتَا ۗ فَسُبْحٰنَ اللَّهِ رَبِّ الْعَرْشِ عَمَّا يَصِفُونَ ﴿٢٣﴾

24. Ye tabuuzibwa kw'ebyo by'akola, naye bo ba kubuuzibwa. لَا يُسْأَلُ عَمَّا يَفْعَلُ وَهُمْ يُسْأَلُونَ ﴿٢٤﴾
25. Abaffe, baafunayo abasinzibwa abalala ebbali we? Gamba nti: Kale muleete obukakafu bwammwe. *Kur'āni* eno y'ensibuko y'ekitiibwa eri abo abali awamu nange era ky'ekitiibwa eri ob'olubereberye lwange. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi mazima, bwe batyo bakubayo mabega. أَمْ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ آلِهَةً ۗ قُلْ هَاتُوا بُرْهَانَ كُمْ هَذَا ۚ كُرْ مِنْ مَعِيَ وَذِكْرٌ مِنْ قَبْلِهِ ۗ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ الْحَقَّ لَهُمْ مَعْزُوتُونَ ﴿٢٥﴾
26. Era tetutumanga lubereberye Iwo Mubaka yenna, wabula nga tumubikkulira nti: Ddala teri musinzibwa mulala okuggyako Nze; kale Nze *nzekka* gwe muba musinza. وَمَا أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ رُسُولٍ إِلَّا نُوْحِي إِلَيْهِ ۗ إِنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنَا ۚ قَاعِبُدُونِ ﴿٢٦﴾
27. Era bagamba nti: *Allah* Omusaasizi ennyo yeetwalira omwana. Obutukuvu bubwe! *Nedda*, wabula *abo* baweereza buweereza abaawebwa ebitiibwa. وَقَالُوا اتَّخَذَ الرَّحْمَنُ وَلَدًا ۗ سُبْحٰنَهُ ۗ بَلْ عِبَادٌ مُكْرَمُونَ ﴿٢٧﴾
28. Tebamukulembere kwogera, era bo bakolera ku biragiro bye. لَا يَشْفِقُونَ بِالْقَوْلِ ۗ وَهُمْ بِأَمْرِهِ يَعْمَلُونَ ﴿٢٨﴾
29. Y'amanyi ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe, era tebawolereza yenna okuggyako Ye gw'aba asiimye, era bo bakankana olw'entiisa ye. يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَلَا يُشْفَعُونَ ۗ إِلَّا لِمَنْ أِذِنَ لَهُمْ ۗ وَهُمْ مِنْ خَشْيَتِهِ مُشْفِقُونَ ﴿٢٩﴾
30. Era yenna mw'abo agamba nti: 'Nze ndi Katonda' mu kifo kye, kale oyo tulimusasula Jahannamu. Bwe tutyo bwe tusasula abajoozi. وَمَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا ۗ وَمِنْ دُونِهِ فَذٰلِكَ نَجْزِي الْجَاهِنِينَ ۗ فَذٰلِكَ نَجْزِي الظَّالِمِينَ ﴿٣٠﴾
- Ruku 3**
31. Abaffe, abo abatakkiriza tebalaba nti ddala eggulu n'ensi byali bikwataganye, naye netubigambulula? Era twakola mu mazzi buli kintu ekiramu. Abaffe, era tebakkirize? أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا جَعَلْنَا فِي الْأَرْضِ مَخْرَجًا ۗ وَمَا جَعَلْنَا مِنَ الْمَاءِ حُلًّا شَيْءًا ۗ سِوَىٰ أَقْلَامٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٣١﴾
32. Era twakola ku nsi ensozi enyweevu ereme kubayuugumya; era netukola ku yo amakubo ageetadde, balyooke balung'ame. وَجَعَلْنَا فِي الْأَرْضِ رَوَاسِيًا أَنْ تَمِيدَ بِهِمْ ۗ وَجَعَلْنَا فِيهَا رِجَاجًا ۗ سُبُلًا لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُونَ ﴿٣٢﴾
33. Era netukola eggulu nga ke kasolya akakuumbwa obutiribiri; naye bo obubonero bwa Iyo babukuba mabega. وَجَعَلْنَا السَّمَاءَ سَفًّا مَحْفُوظًا ۗ وَهُمْ عَنْ أَيْتِمَائِهِمْ مَعْزُوتُونَ ﴿٣٣﴾
34. Era Ye y'eyakola ekiro n'emisana, n'enjuba, n'omwezi, nga byonna biri ku وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ النَّيْلَ وَالنَّمَارَ

nkulungo biseeyeeya.

35. Era tetukolangayo muntu yenna olubereberye lwo nga wa nkalakkalira. Abaffe, bw'onoofa, ddala bo be b'enkalakkalira?

36. Buli mwoyo gwa kulega ku kufa; era tubagezesa n'ebibi n'ebirungi nga kigezo. Era gye tuli gye mulizzibwa.

37. Era abatakkiriza bwe bakulaba bakutwala ng'ekyokuzannyisa, nga bagamba nti: Ono nno y'oyo ayogera ku bakatonda bammwe? So ng'ate bo be bagaana okujjukira Allah Omusaasizi ennyo.

38. Omuntu yatondebwa nga mupapi. Mangu nnyo nzija kubalaga obubonero bwange, kale temumbuguutanya.

39. Era bagamba nti: Ye ekisuubizo kino kya ddi, obanga mwogera mazima?

40. Singa abatakkiriza bamanyi nga mu kiseera ekyo bwe bataliziyiza muliro kutuuka ku maaso gaabwe wadde ku migongo gyabwe era nga tebaliyambibwa, tebaalikye-buuzizza.

41. Naye kiribatuukako kibwatukira, kale kibasamaalirize; ate nga tebalisobola kukiziyiza era tebaliweebwa na kaagaanya.

42. Era ddala n'Ababaka olubereberye lwo baajeregbwanga. Naye abo mu bo abaabajereganga, ate bye baajereganga byennyini by'ebyaabebungulula.

Ruku 4

43. Gamba nti: Ani abalabirira ekiro n'emisana ku Allah Omusaasizi ennyo? Naye era bo okutendereza Mukama waabwe bakukuba mabega.

44. Kazzi mbu balinayo abasinzibwa abalala ababakuuma ebbali waffe? Kale, kasita nabo bennyini tebasobola kweyamba bokka, wadde tebalina mukwano gwonna gubayamba ku Ffe.

وَالشَّمْسِ وَالْقَمَرِ كُلِّ فِي فَلَكٍ
يَسْبَحُونَ ﴿٣٥﴾

وَمَا جَعَلْنَا لِبَشَرٍ مِنْ قَبْلِكَ الْخُلْدَ
أَقَابِينَ مَتَّ فَهُمُ الْخَالِدُونَ ﴿٣٥﴾

كُلُّ نَفْسٍ ذَائِقَةُ الْمَوْتِ ۗ وَ
تَبْلُغُوكُمْ بِالسَّرِّ وَالْعَيْرِ قِثْنَةً ۗ وَ
إِلَيْنَا تُرْجَعُونَ ﴿٣٦﴾

وَإِذَا رَأَى الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ
يَتَّخِذُ وَتَكَ إِلَّا هُزُوءًا ۗ أَهَذَا الَّذِي
يَذُكَّرُ إِلَيْكُمْ ۗ وَهُمْ يَذُكَّرُ
الرَّحْمَنِ هُمْ كَافِرُونَ ﴿٣٧﴾

خُلِقَ الْإِنسَانُ مِنْ عَجَلٍ ۗ
سَأُورِيكُمْ آيَاتِي فَلَا تَسْتَعْجِلُونِ ﴿٣٨﴾

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿٣٩﴾

لَوْ يَعْلَمُ الَّذِينَ كَفَرُوا حِينَ لَا
يَكْفُؤُونَ عَنْ وُجُوهِهِمُ النَّارَ وَلَا
عَنْ ظُهُورِهِمْ وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٤٠﴾

بَلْ تَأْتِيهِمْ بَغْتَةً فَتَبَهِتَهُمْ فَلَا
يَسْتَطِيعُونَ رَدًّا ۗ وَآلَهُمْ يُنظَرُونَ ﴿٤١﴾

وَلَقَدْ اسْتَهْزَيْ بِرُسُلِ مِنَ قَبْلِكَ
فَخَاتَبَ بِاللَّذِينَ سَخِرُوا مِنْهُمْ مَا
كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٤٢﴾

قُلْ مَنْ يَكْلَأُكُمْ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ
مِنَ الرَّحْمَنِ ۗ بَلْ هُمْ عَنْ ذِكْرِ
رَبِّهِمْ مُخْرِضُونَ ﴿٤٣﴾

أَمْ لَهُمُ إِلَهَةٌ تَمْتَعُهُمْ مِنْ دُونِنَا
لَا يَسْتَطِيعُونَ نَصْرَ أَنْفُسِهِمْ وَلَا هُمْ
مَتَّايَضِعُونَ ﴿٤٤﴾

45. Si bwe kiri, wabula abo Ffe twabeyazaamu ne bakitaabwe okutuusa obulamu obw'eddembe lwe bwabawanvuyira. Abaffe, tebalaba nti ensi tugenda tugifunza okuva ku njegoyogo za yo? Abaffe, bo era be bawanguzi?

46. Gamba nti: Nze mbalabula na kubikku-lirwa okuva eri Allah, naye abazibu b'amatu tebawulira kukoowoola bwe baba nga balabulwa.

47. Era ne bwe batuukibwako olufuuwa oluva ku kibonerezo kya Mukama wo, ddala era bajja kugamba kimu nti: Nga zitusanze! Mazima twaali bakyaamu.

48. Era tuliteekawo minzaani ennenkamu olw'olunaku lw'okuzuukira, kale tewali muntu aliryazaamanyizibwa kantu konna. Ne bwe kaliba nga kazitowa ng'empeke y'akalo, era tulikaleeta. Era Ffe tumala okuba ababazi.

49. Era ddala twawa Mūsa ne Hārūna ekyawula amazima n'obulimba, n'obuta-nngaavu n'okubuulirira eri abeeukuuma,

50. Abo abatya Mukama waabwe munda ddala, era bo Essaawa eyalagaanyizibwa bagitya nnyo.

51. Era Kur'āni eno kwe Kubuulirira kwe twassa okujjudde emikisa; abaffe era nakwo munaakugaana?

Ruku 5

52. Era ddala twawa Ibrāhīmu obulung'amu bwe dda nnyo era twali tumumanyi bulungi.

53. Awo bwe yagamba kitaawe n'abantu be, nti: Bibumbe ki bino bye mwemaliddeko?

54. Baddamu, nti: Twasanga nga ne bakitaffe bye basinza.

55. N'agamba nti: Mazima mmwe ne bakitammwe muli mu kubula kwa lwaatu.

بَلِّ مَتَّعْنَا هَؤُلَاءِ وَآبَاءَهُمْ
حَتَّى طَالَ عَلَيْهِمُ الْعُمُرُ أَفَلَا
يَسْرُونَ أَتَأْتَانِي الْأَرْضَ تَنْقُضُهَا مِنْ
أَطْرَافِهَا أَقَهُمُ الْغَالِبُونَ ﴿٤٥﴾

قُلْ إِنَّمَا أُنزِرُكُمْ بِالْوَعْدِ وَلَا
يَسْمَعُ الصَّمُّ الدُّعَاءَ إِذَا مَا
يُنذَرُونَ ﴿٤٦﴾

وَلَمَّا مَسَّتْهُمُ نَفْحَةٌ مِنْ عَذَابِ
رَبِّكَ لَيَقُولُنَّ يُوَيْلَنَا إِنَّا كُنَّا
ظَالِمِينَ ﴿٤٧﴾

وَتَضَعُ الْمَوَازِينَ الْقِسْطَ لِيَوْمِ
الْقِيَامَةِ فَلَا تُظْلَمُ نَفْسٌ شَيْئًا وَإِنْ كَانَ
مِثْقَالَ حَبَّةٍ مِنْ حَرْدَلٍ آتَيْنَا بِهَا وَ
كَفَىٰ بِنَا حَاسِبِينَ ﴿٤٨﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَىٰ وَهَارُونَ الْفُرْقَانَ
وَضِيَاءً وَذِكْرًا لِلْمُتَّقِينَ ﴿٤٩﴾

الَّذِينَ يَخْشَوْنَ رَبَّهُم بِالْغَيْبِ وَ
هُمْ مِنَ السَّاعَةِ مُشْفِقُونَ ﴿٥٠﴾
وَهَذَا ذِكْرٌ مُبَارَكٌ أَنْزَلْنَاهُ أَفَأَنْتُمْ
لَهُ مُنْكَرُونَ ﴿٥١﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا إِبْرَاهِيمَ رُشْدَهُ مِنْ
قَبْلُ وَكُنَّا بِهِ عَالِمِينَ ﴿٥٢﴾

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ مَا هَذِهِ
الَّتَمَائِمُ الَّتِي أَنْتُمْ لَهَا
عَاجِفُونَ ﴿٥٣﴾

قَالُوا وَجَدْنَا آبَاءَنَا لَهَا عِبَادِينَ ﴿٥٤﴾

قَالَ لَقَدْ كُنْتُمْ أَنْتُمْ وَآبَاؤُكُمْ
فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٥٥﴾

56. Nebagamba nti: Abaffe, ggwe otuleete-ddeyo eky'amazima oba naawe oli mw'abo abazannya obuzannyi?

قَالُوا أَجِئْتَنَا بِالْحَقِّ أَمْ آتَتْ مِنَ
الطُّغْيَانِ ﴿٥٦﴾

57. N'addamu nti: Ddala Mukama wammwe, Mukama w'eggulu n'ensi, y'Oyo eyabito-nda; era nange kw'ekyo ndi omu ku bajulizi.

قَالَ بَلْ رَبُّكُمْ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ الَّذِي فَطَرَهُنَّ وَ أَنَا عَلَىٰ ذِكْرِكُمْ مِنَ الشُّهَدَاءِ ﴿٥٧﴾

58. Era amazima ga Allah, ddala nzija kwekobera amasanamu gammwe nga mumaze okukyuusa okuddayo.

وَ تَاللَّهِ لَا كَيْدَ لَنَا أَصْنَأَمَكُم بَعْدَ أَنْ تُولَّوْا مُدْبِرِينَ ﴿٥٨﴾

59. Kale amasanamu yagafuula bulere, okuggyako ekkulu lya go, balyooke badde gye liri.

فَجَعَلَهُمْ جُزَاءً إِلَّا كَثِيرًا أَلْهَمُوا لَعْنَهُمْ لِأَنَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٥٩﴾

60. Nebagamba nti: Aniy akoze kino ku bakalonda baffe? Mazima ddala yo o ali mu boononefu.

قَالُوا مَنْ فَعَلَ هَذَا بِإِلَهِنَا إِنَّهُ لَمِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٦٠﴾

61. Nebagamba nti: Twawulirako omu-vubuka omu ayitibwa Ibrahimu nga aboogerako mu ngeri embi.

قَالُوا سَمِعْنَا فَتًى يَذُكُرُهُمْ يُقَالُ لَهُ إِبْرَاهِيمُ ﴿٦١﴾

62. Nebagamba nti: Kale mumuleete mu maaso g'abantu balyooke bakakase.

قَالُوا قَاتُوا بِهِ عَلَىٰ عَيْنِ النَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَشْهَدُونَ ﴿٦٢﴾

63. Nebagamba nti: Abaffe Ibrahimu, ggwe wakoze kino ku bakatonda baffe?

قَالُوا ءَأَنْتَ فَعَلْتَ هَذَا بِإِلَهِنَا يَا بَرَهِيمُ ﴿٦٣﴾

64. N'addamu nti: Wewaawo walina okubaawo eyakikoze, kasita omukulu waabwe wuuno. Kale mubabuuzi, obanga basobola boogere.*

قَالَ بَلْ فَعَلَهُ بَعْضُ كَثِيرِهِمْ هَذَا فَسَخَّرُوهُمْ إِنْ كَانُوا يَنْطِقُونَ ﴿٦٤﴾

65. Olwo kwe kukyuukiragana bokka na bokka, nebagamba nti: Mazima ddala muli bakyamu.

فَرَجَعُوا إِلَىٰ أَنفُسِهِمْ فَقَالُوا إِنَّكُمْ أَنْتُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٦٥﴾

21:64. Abavvunuzi abamu batya okuvvunula Aya eno obutereevu olw'okwekengera nti ob'olyawo jjajja w'abakkirizza Ibrahimu(a.s) ayinza okufuulibwa omulimba. Awatali kubuusabuusa, essanamu eddene si ly'elyabetenta amasanamu gali. N'olwekyo mbu okugamba nti: 'omukulu waabwe wuuno' kuba kufuula Ibrahimu(a.s) mulimba. Kitegeerekeke bulungi nti enjogera eyo Ibrahimu(a.s) gye yakozesa teyali ya bulimba, wabula yali agenderera kwoleka buyenjebufu bwa masanamu n'obutalwoozu bw'abo abagasinza. Enjogera bw'etyo etera okukozesebwa abantu abagezi olw'okwoleka ekyo ekyalibadde ekyangu okutegeera, naye nga abaliwo tebakitegeera. Era okusinziira ku Kur'ani Entukuvu, abaaliwo bategeera bulungi kye yabagamba nebakyukiragana nga buli omu akiraba nti babadde mu bakyamu, kuba ddala amasanamu singa gaalina obwa katonda, tegaalibetentuddwa, ne ssenkaggale eyasigalawo gwe baalibuuzizza n'abaanukula, so si kuteganya Ibrahimu(a.s) kumubuuzza ebyo. Kino kyeraga kaati mu Aya eziddirira (65-68). Ate nga oggyeeko ekyo, Ibrahimu(a.s) yennyini mu Aya 58 yali yeewerera dda amasanamu ago mu lujjudde.

66. Oluvannyuma baakoteka emitwe gyabwe *nebagamba nti*: Ddala naawe omanyi bulungi nti bano teboogera.

67. *Ibrāhīmu* n'agamba nti: Abaffe, musinza ebbali wa Allah ebyo ebitabagasa mu kyonna wadde okubakosa?

68. Kya buswaavu gye muli n'eri ebyo bye musinza ebbali wa Allah! Abaffe, temukozesa magezi?

69. *Nebagamba nti*: Bwe muba nga mulina eky'okukola, mumwokye bwokya muyambe ba katonda bammwe.

70. *Netugamba nti*: Owange muliro, beera bunnyogovu era ba wa mirembe eri *Ibrāhīmu*!

71. Baamwagaliza ekibi, naye netubafuula abaasinga okufaafaaganirwa.

72. Era twamuwonya ye ne Lūti *netu-batuusa* eri ensi gye twassaamu emikisa olw'abantu bonna.

73. Era netumuwa Isihāka, n'omuzzukulu Ya'qūbu, era bonna twabafuula batuukirivu.

74. Era netubafuula abakulembeze abalung'amyā olw'okulagira kwaffe era netubabikkulira *okukubiriza abantu* okukola ebirungi, n'okujjumbiranga essaala, n'okutoola zaka. Era baasinzanga Ffe fekka.

75. Ne Lūti twamuwa obulamuzi n'obumanyi. Era twamuwonya ekibuga ekyali kikola eby'ekivve. Mazima baali bantu babi, nga bajeemu.

76. Era netumuyingiza mu kusaasira kwaffe; mazima yali mu batuukirivu.

Ruku 6

77. Era awo Nūhu edda bwe yalaajana, kale twamwanukula netumuwonya n'abantu be ekizibu eky'entiisa.

ثُمَّ نَكِسُوا عَلَى رُءُوسِهِمْ لَقَدْ عَلِمْتُمْ مَا هُوَ لَا يَنْطِقُونَ ﴿٦٦﴾

قَالَ أَفَتَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُكُمْ شَيْئًا وَلَا يَضُرُّكُمْ ﴿٦٧﴾

أَفِ لَكُمْ وَ لِمَا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ أَ قَلًّا تَعْقِلُونَ ﴿٦٨﴾

قَالُوا حَرِّقُوهُ وَانصُرُوا آلِهَتَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ فَعِلِينَ ﴿٦٩﴾

قُلْنَا يَا كُفْرَانِ بَرِّءٌ أَسَلَّمَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ ﴿٧٠﴾

وَ أَرَادُوا بِهِ كَيْدًا فَجَعَلْنَاهُمُ الْأَخْسَرِينَ ﴿٧١﴾

وَنَجَّيْنَاهُ وَ لُوطًا إِلَى الْأَرْضِ الَّتِي بَرَكْنَا فِيهَا لِلْعَالَمِينَ ﴿٧٢﴾

وَ وَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَ يَعْقُوبَ تَأْفِكَةً وَكَلَّا جَعَلْنَا صَالِحِينَ ﴿٧٣﴾

وَ جَعَلْنَاهُمْ أَيْمَةً يَهْتَدُونَ بِأَمْرِنَا وَ أَوْحَيْنَا إِلَيْهِمْ فِعْلَ الْخَيْرَاتِ وَ إِقَامَ الصَّلَاةِ وَ آتَاءَ الزَّكَاةِ وَ كَانُوا لَنَا عَابِدِينَ ﴿٧٤﴾

وَ لُوطًا أَتَيْنَاهُ حُكْمًا وَ عِلْمًا وَ نَجَّيْنَاهُ مِنَ الْقَرْيَةِ الَّتِي كَانَتْ تَعْمَلُ الْخَبِيثَاتِ وَ إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمَ سَوْءٍ فَوَسِّقِينَ ﴿٧٥﴾

وَ أَدْخَلْنَاهُ فِي رَحْمَتِنَا إِنَّهُ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٧٦﴾

وَ نُوحًا إِذْ نَادَىٰ مِن قَبْلِ قَا سَتَجِدُنَا لَكَ فَتَجِيْنَاهُ وَ آهْلَهُ مِنَ الْكَرْبِ الْعَظِيمِ ﴿٧٧﴾

78. Era netumuyamba ku bantu abo abaalimbisa obubonero bwaffe. Mazima baali bantu babi; kale bonna netubasaanyawo.

وَصَرْنَاهُ مِنَ الْقَوْمِ الَّذِينَ كَذَبُوا
بِآيَاتِنَا إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمَ سَوْءٍ
فَاعْرَفْنَاهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٧٨﴾

79. Ne Dāūda ne Sulaimāni awo bwe baali nga balamula ku by'ennimiro nga eliiriddwamu endiga z'abantu ekiro; era twaali bajulizi ku kulamula kwabwe.

وَ دَاوُدَ وَ سُلَيْمَانَ إِذْ يَحْكُمَانِ فِي
الْحَرْبِ إِذْ نَفَخَتْ فِيهِ عَنَمُ الْقَوْمِ
وَ كُنَّا يَحْكُمُهُمْ شَهِدِينَ ﴿٧٩﴾

80. Kale netubimatiza Sulaimāni, era buli omu ku bo twamuwa obulamuzi n'obumanyi, era netugonza ensozi n'ennyonyi nga bitendereza wamu ne Dāūda. Era ekyo Ffe twakikola.

فَقَهَّمْنَاهَا سُلَيْمَانَ وَ كَلَّا
أَتَيْنَا حُكْمًا وَ عِلْمًا وَ سَخَّرْنَا مَعَ دَاوُدَ
الْجِبَالَ يُسَبِّحْنَ وَ الطَّيْرَ وَ كُنَّا
فَاعِلِينَ ﴿٨٠﴾

81. Era netumuyigiriza okubakolera ekyambalo ky'ekyuuma, kiryooke kibakuume mu kulwaana kwammwe. Abaffe, muneebaza?

وَ عَلَّمْنَاهُ صِنْعَةَ الْبُؤْسِ لَكُمْ
لِيُخْصِنَكُمْ وَنُ بِأَسْكُمْ فَهَلْ أَنْتُمْ
شَاكِرُونَ ﴿٨١﴾

82. Era ne Sulaimāni twamugondeza empewo ey'amaanyi nga efumuuka olw'okulagira kwe okulaga eri ensi gye twassaamu emikisa. Era Ffe tumanyi buli kimu.

وَ لِسُلَيْمَانَ الرِّيحَ عَاصِفَةً تَجْرِي
بِأَمْرٍ إِلَى الْأَرْضِ الَّتِي بَرَكْنَا فِيهَا
وَ كُنَّا يَكْفُلُ شَيْءٍ عَلِيمِينَ ﴿٨٢﴾

83. Era twamugondeza n'abakugu ababbiranga ebuziba ku lulwe, era nga bakola n'emirimu emirala ebbali w'ogwo; era Ffe twabakuumanga.

وَ مِنَ الشَّيْطَانِ مَنْ يَغْوِصُونَ لَهُ وَ
يَعْمَلُونَ عَمَلًا دُونَ ذَلِكَ وَ كُنَّا لَهُمْ
حَافِظِينَ ﴿٨٣﴾

84. Era ne Ayyūbu awo bwe yalaaanira Mukama we nti: Ddala ntuukiddwako akabi; naye Ggwe Musaasizi asinga abasaasizi bonna.

وَ أَيُّوبَ إِذْ نَادَى رَبَّهُ أَنِّي مَسَّنِيَ
الضَّرُّ وَ أَنْتَ أَرْحَمُ الرَّحِيمِينَ ﴿٨٤﴾

85. Kale twamwanukula netumuggyako akabi akaamuliko era netumuwa ab'omu maka ge n'ababenkana nga bali wamu nabo, nga kwe kusaasira okuva gye tuli era nga kwe kujjukiza eri abasinza Allah.

فَاسْتَجَبْنَا لَهُ فَكَشَفْنَا مَا بِهِ مِنْ
ضُرِّهِ وَ أَتَيْنَاهُ أَهْلَهُ وَ مَثَلَهُمْ مَعَهُمْ
رَحْمَةً مِّنْ عِنْدِنَا وَ ذَكَرَى لِلْعَالَمِينَ ﴿٨٥﴾

86. Ne Ismāili ne Idirīsa ne Dhul-kiful. Bonna baali mu bagumiikiriza.

وَ إِسْمَاعِيلَ وَ إِدْرِيسَ وَ ذَا الْكُفْلِ
كُلٌّ مِّنَ الصَّابِرِينَ ﴿٨٦﴾

87. Era twabayingiza mu kusaasira kwaffe. Ddala baali mu batuukirivu.

وَ آذَحْلُنَّهُمْ فِي رَحْمَتِنَا إِنَّهُمْ مِّنَ
الصَّالِحِينَ ﴿٨٧﴾

88. Ne Dhun-Nuun, awo bwe yagenda nga musunguwavu. Kale yalwooza nti tetujja kumuletera buzibu. Naye yalaajana nga ali mu kizikiza nti: Mazima teri musinzibwa mulala okuggyako Ggwe, obutukuvu bubwo. Mazima mbadde mu basobya.

89. Kale twamwanukula netumuwonya ennaku. Era bwe tutyo bwe tuwonya abakiriza.

90. Ne Zakariyya, awo bwe yawanjagira Mukama we nti: Mukama wange, tondeka bw'omu, anti Ggwe osinga abasika.

91. Kale twamwanukula netumuwa Yahaya era netumuwonyeza ne mukyala we. Mazima baavuganyanga nnyo mu kukola ebirungi era nga batusaba nga balina essuubi n'okutya, era nga beetowaze gye tuli.

92. Era jjukira n'omukazi eyeekuuma, kale netumufuwamu ekigambo kyaffe, era netumufuula ye ne mutabani we akabonero eri abantu bonna.

93. Mazima ekibiina kyammwe kino kibiina kimu, ate Nze nze Mukama wammwe; kale Nze gwe muba musinza.

94. Naye abantu beekutulakutulamu wakati waabwe ku nsonga yaabwe; era bonna gye tuli gye balidda.

Ruku 7

95. Naye oyo alikola ebikolwa ebirungi era nga mukkiriza, kale okufuubaana kwe tekuligaanibwa era ddala tuli ba kukuwandiika.

96. Era kya muzizo eri ekibuga kye twazikiriza nti ddala bo si ba kudda,

97. Wadde nga Gog ne Magog basumu-luddwa, era balyeyuna nnyo eri buli watumbiivu.

98. Era okutuukirira kw'ekisuubizo eky'amazima kulisembera, okwejuukiriza nga amaaso g'abo abatakkiriza gatunula nkalariza nga bagamba nti: Nga zitusanze! Mazima twaali tetufaayo ku kino, ddala twaali

وَذَٰلِكَ التَّنْوِينُ إِذْ ذَهَبَ مُعَا ضَبًّا قَطَنَ
أَنْ لَنْ نَقْدِرَ عَلَيْهِ فَنَادَى فِي
الظُّلُمَاتِ أَنْ لَا إِلَهَ إِلَّا أَنْتَ
سُبْحَانَكَ ۗ إِنَّي كُنْتُ مِنَ الظَّالِمِينَ ﴿٨٨﴾

فَاسْتَجَبْنَا لَهُ ۖ وَنَخَّيْنَاهُ مِنَ الْعَذَابِ
كَذَلِكَ نُفَصِّلُ الْوَعْدَ لِلْمُؤْمِنِينَ ﴿٨٩﴾

وَذَكَرْنَا إِذْ نَادَى رَبَّهُ رَبِّ لَا تَذَرْنِي
فَرْدًا ۖ وَأَنْتَ خَيْرُ الْوَارِثِينَ ﴿٩٠﴾

فَاسْتَجَبْنَا لَهُ ۖ وَوَهَبْنَا لَهُ يَحْيَىٰ
وَآصَلْحَيْنَاهُ ۖ وَوَجَّهْنَا إِيَّاهُمْ فَكَانُوا
يُسْرِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ وَيَدْعُونَنَا
رِعْبًا وَرَهْبًا ۖ وَكَانُوا الْتَاخِشِعِينَ ﴿٩١﴾

وَالتِّي أَحْصَيْتَ فَرْجَهَا فَنَفَخْنَا
فِيهَا مِنْ رُوحِنَا وَجَعَلْنَاهَا
ابْنَهَا آيَةً لِلْعَالَمِينَ ﴿٩٢﴾

إِنَّ هَذِهِ أُمَّتُكُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً ۖ وَأَنَا
رَبُّكُمْ فَاعْبُدُونِ ﴿٩٣﴾

وَتَقَطَّعُوا أَمْرَهُمْ بَيْنَهُمْ ۖ كُلٌّ
إِلَيْتَا رِجْعُونَ ﴿٩٤﴾

فَمَنْ يَعْمَلْ مِنَ الصَّالِحَاتِ وَهُوَ
مُؤْمِنٌ فَلَا كُفْرَانَ لِسَعْيِهِ ۖ وَإِنَّا
لَعَنَّا كَاتِبُونَ ﴿٩٥﴾

وَحَرَّمَ عَلَىٰ قَرِيْبَةٍ أَهْلَكْنَاهَا أَنَّهُمْ
لَا يَرْجِعُونَ ﴿٩٦﴾

حَتَّىٰ إِذَا فُتِحَتْ يَا حُجُوبٌ وَمَا حُجُوبٌ
هُمْ مِنْ كُلِّ حَدَبٍ يَنْسِلُونَ ﴿٩٧﴾

وَاقْتَرَبَ الْوَعْدُ الْحَقُّ فَإِذَا هِيَ
شَاخِصَةٌ أَبْصَارُ الَّذِينَ كَفَرُوا ۖ

يُؤَيِّنَاتُ قُدُوكُنَّ فِي غَمَلَةٍ مِّنْ هَٰذَا

boononyi.

99. Mazima mmwe n'ebyo bye musinza ebbali wa Allah nku za muliro. Gye guli, gye muliraga.

100. Ddala singa bano baali ba katonda nga bwe mugamba, bo tebaaliguyingidde-mu; naye bonna mu gwo mwe balibeera.

101. Baliba mu gwo nga basinda, era bo mu gwo baliba nga tebawulira kirala.

102. Mazima abo abaamala okutuukibwako okusuubiza kw'empeera ennungi eva gye tuli, abo be b'okugwewazibwa.

103. Tebaliwulira na kubumbujja kwa gwo n'akatono, era bo balibeera mw'ebyo emyoyo gyabwe bye gyagala.

104. Ekikangabwa ekinene tekiribanakuwaza, era ba malayika balibasisinkana nebabagamba nti: Luno lwe lunaku lwammwe olwo lwe mwasuubizibwanga.

105. Jjukira nti lwe lunaku lwe tulizingako eggulu okufaanana n'okuzingako kw'omuwandisi emiko gy'ebiwandiiko. Nga bwe twatandika okutonda olubereberye, era bwe tulikuddamu— ekyo kisuubizo kikakafu ku Ffe, mazima tuli ba kukituukiriza.

106. Era mazima twawandiika mu Zabuli oluvannyuma lw'okubuulirira, nti: Mazima ensi abaweereza bange abatuukirivu be baligisikira.

107. Ddala mu kino mulimu obubaka bukulu eri abantu abasinza Allah.

108. Era tetwakutuma wabula ng'oli kusaasira eri abantu bonna.

109. Gamba nti: Mazima mbikkulirwa nti: Ddala Omusinziw wammwe asinziw ali Omu yekka. Abaffe, munaajeemulukuka?

110. Kale bwe beefuula, ggwe gamba nti: Mbalabudde mwenna kyenkanyi, era nze simanyi oba kye mwasuubizibwa kiri kumpi oba wala.

بَلْ كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿١٨﴾

رَأَيْتُمْ مَا تَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ حَصَبُ جَهَنَّمَ أَ أَنْتُمْ لَهَا وَارِدُونَ ﴿١٩﴾

لَوْ كَانَ هُوَ آلَ اللَّهِ أَ إِلَهَةً مَا وَرَدُوا هَآءَ وَكَلَّ فِيهَا خِلْدُونَ ﴿٢٠﴾

لَهُمْ فِيهَا زَفِيرٌ وَهُمْ فِيهَا لَا يَسْمَعُونَ ﴿٢١﴾

إِنَّ الَّذِينَ سَبَقَتْ لَهُمْ مِنَّا الْحُسْنَىٰ أُولَٰئِكَ عَنْهَا مُبْعَدُونَ ﴿٢٢﴾

لَا يَسْمَعُونَ حَسِيسَةً وَهُمْ فِي مَا اشْتَهَتْ أَنفُسُهُمْ خِلْدُونَ ﴿٢٣﴾

لَا يَحْزَنُهُمُ الْفَزَعُ الْأَكْبَرُ وَتَتَلَقَّوهُمْ الْمَلَائِكَةُ هَٰذَا يَوْمُكُمْ الَّذِي كُنْتُمْ تُوعَدُونَ ﴿٢٤﴾

يَوْمَ نَطْوِي السَّمَاءَ كَطَيِّ السِّجِّيلِ لِيَكْتُبَ كَمَا بَدَأْنَا أَوَّلَ خَلْقٍ يُعِيدُهُ وَعِدًا عَلَيْنَا ؕ وَإِنَّا كُنَّا لَفَاعِلِينَ ﴿٢٥﴾

وَلَقَدْ كَتَبْنَا فِي الزَّبُورِ مِنْ بَعْدِ الذِّكْرِ أَنَّ الْأَرْضَ يَرِثُهَا عِبَادِيَ الصَّالِحُونَ ﴿٢٦﴾

إِنَّ فِي هَٰذَا بَلَاغًا لِقَوْمٍ عَابِدِينَ ﴿٢٧﴾

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا رَحْمَةً لِّلْعَالَمِينَ ﴿٢٨﴾

قُلْ إِنَّمَا يُوحِي إِلَيَّ أَنَّمَا إِلَهُكُمُ اللَّهُ وَاحِدٌ هَلْ أَنْتُمْ مُّسْلِمُونَ ﴿٢٩﴾

فَإِنْ تَوَلَّوْا فَقُلْ آذَنْتُكُمْ عَلَىٰ سَوَاءٍ وَإِنِ آذَرْتَنِي أَقْرَبُكُمْ أَمْ بَعِيدٌ مَا تُوعَدُونَ ﴿٣٠﴾

111. Mazima Ye y'amanyi eby'olwaatu mu byogerwa, era y'amanyi n'ebyo bye mukisa. لَا تَعْلَمُ الْجَهْرَمِنَ الْقَوْلَ وَيَعْلَمُ مَا تَكْتُمُونَ ﴿١١١﴾

112. Era simanyi, wabula nti kyo kyandiba nga kigezo gye muli era nga kusanyukamu kwa kaseera kagere. وَإِنْ أَدْرِي لَعَلَّهٗ فِتْنَةٌ لَّكُمْ وَ مَتَاعٌ إِلَىٰ حِينٍ ﴿١١٢﴾

113. Omubaka era yagamba nti: Mukama wange, lamula na mazima. Era Mukama waffe ye Musaasizi ennyo, Asabibwa obuyambi kw'ebyo bye mwogera. قُلْ رَبِّ احْكُم بِالْحَقِّ ۗ وَ رَبُّنَا الرَّحْمَنُ الْمُسْتَعَانُ عَلَىٰ مَا تَصِفُونَ ﴿١١٣﴾

AL-HAJJ

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abantu, mutye Mukama wammwe. Mazima musisi w'Essaawa eyalagaanyizibwa kintu kya ntiisa nnyo.

3. Olunaku lwe mulimulaba, buli ayonsa alyerabira gw'ayonsa era buli aliba olubuto alisuula olubuto lwe; era oliraba abantu nga batamidde so nga tebatamidde, naye nga kyo ekibonerezo kya Allah kikakali nnyo.

4. Era mu bantu mulimu abo abawakana ku bifa ku Allah nga tebalina bumanyi bwonna era nebagoberera buli Sitaani omujeemu.

5. Kyawandiikibwa ku ye nti: Oyo alimufuula ow'omukwano, kale ddala oyo gw'alibuza era gw'aliragirira *ekkubo* eliraga eri omuliro ogubumbujja.

6. Abange mmwe abantu, obanga mulinamu okubuusabuusa kwonna ku kuzuukira, kale *mujjukire nti* Ffe twabatonda mu ttaka, n'oluvannyuma mu ttondo ly'amazzi agazaala, n'oluvannyuma mu kitole ky'omusaayi, n'oluvannyuma mu kinyamanyama *erudda nga* kitondeddwa *n'erudda* nga tekinnatondebwa; *ekyo tukikola* tulyooke tubalage *obuyinza bwaffe*. Era Ffe tutebenkeza mu nnabaana *ekyo kye* tuba twagadde kituuke ku kiseera *ekyagerekebwa*; n'oluvannyuma tubafulumya *mu nnabaana* nga muli bawere. Nate *tubakuza* mulyooke mutuuke mu kuvubuka kwammwe. Era mu mmwe mulimu atuusibwako okufa *amangu*, ate mu mmwe mulimu *akaddiwa* n'azzibwa* mu bulamu obw'oku-kekejana, n'ekivaamu aleme kumanya kyonna oluvannyuma lw'okumanya. Era olaba ensi nga eweddemu obulam. Naye bwe

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
يَا أَيُّهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمُ إِنَّ
ذَلِكَ السَّاعَةَ شَيْءٌ عَظِيمٌ ②
يَوْمَ تَرَوُنَّهَا تُذْهِلُ كُلَّ مُرْضِعَةٍ
عَمَّا أَرْضَعَتْ وَتَضَعُ كُلُّ ذَاتِ
حَمْلٍ حَمْلَهَا وَتَرَى النَّاسَ سُكَرَى
وَمَا هُمْ بِسُكَرَى وَلَكِنَّ عَذَابَ اللَّهِ
شَدِيدٌ ③

وَمِنَ النَّاسِ مَن يُجَادِلُ فِي اللَّهِ
يُغَيِّرُ عِلْمَهُ وَيَتَّبِعُ كُلَّ شَيْطَانٍ
مَّرِيدٍ ④
كُتِبَ عَلَيْهِ أَنَّهُ مَن تَوَلَّى هَٰ فَاِنَّهُ
يُضِلُّهُ وَ يَهْدِيهِ إِلَىٰ عَذَابِ
السَّعِيرِ ⑤

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِن كُنْتُمْ فِي رَيْبٍ مِّنَ
الْبَعْثِ فَإِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِّن تُرَابٍ
ثُمَّ مِّن نُّطْفَةٍ ثُمَّ مِّن عَلَقَةٍ ثُمَّ مِّن
مُّضْغَةٍ مُّخَلَّقَةٍ وَ غَيْرِ مُّخَلَّقَةٍ
لِّنُبَيِّنَ لَكُمْ وَ نُقَرِّ فِي الْآيَاتِ
مَا نَشَاءُ إِلَىٰ آجَلٍ مُّسَمًّى ثُمَّ
نُخْرِجُكُمْ طِفْلًا ثُمَّ لِتَبْلُغُوا
أَشَدَّ كُمْ مِّن مِّنكُمْ مَّن يُتَوَفَّىٰ وَ
مِنكُمْ مَّن يُرَدُّ إِلَىٰ أَرْدَلِ الْعُمُرِ
لِكَيْلَا يَعْلَمَ مَن بَعْدَ عِلْمٍ شَيْئًا وَ
تَرَى الْآرِضَ هَامِيَةً قِيَادًا أَنْزَلْنَا

22:6. Ekigambo 'n'azzibwa' wano kitegeeza nti nga omwana omuwere bw'atasobola kwerabirira, bw'atyo n'omukadde akekejana bw'abeera.

tugitonnyesaako amazzi, ennyulukuka n'egimuka, n'emeza ebimera ebya buli ngeri ebirungi.

7. Ekyo lwa kubanga ddala Allah ye w'Amazima, n'olwokubanga ddala y'alamusa abafu, n'olwokubanga ddala y'alina obuyinza ku buli kimu.

8. N'olwokuba nti ddala Essaawa eyalagaanyizibwa ejja kutuuka — tewali kubuusabuusa mu kyo — n'olwokuba nti ddala Allah alizuukiza abo abali mu ntaana.

9. Era mu bantu mulimu oyo awakana ku bikwata ku Allah so nga talina bumanyi bwonna wadde obulung'amu wadde Ekitabo ekitangaaza,

10. Nga yekubiira ku ludda lwe lwokka, mbu alyooke awabye abantu bave ku kkubo lya Allah. Oyo alifuna obuswaavu mu nsi, ne ku lunaku lw'okuzuukira tulimuloza ku kibonerezo ky'okubengeya.

11. Ekyo *olifikuna*, olw'ebyo emikono gyo gyombi bye gyakulembeza, era ddala Allah si mukumpanya eri abawereza *be*.

Ruku 2

12. Era mu bantu mulimu asinza Allah naye nga ali ku ndebolebo y'*obukkiriza*: Kale bw'atuukibwako ekirungi, nga amatira ku lwa kyo; naye bw'atuukibwako ekigezo, nga akyuukira eri ennonno ye. *Kale* afiirwa ku nsi ne ku nkomerero. Okwo nno kwe kufiirwa okwenkukunala.

13. *Amangu ago nga* awanjagira ebiri ebbali wa Allah, ebitayinza kumukosa era ebitayinza kumugasa; okwo nno kwe kubula okw'ewala.

14. Nga alaaanira oyo akabi ke akali okumpi okusinga okugasa kwe. Mazima oyo mukuumi mubi nnyo, era wa mukwano mubi nnyo!

15. Mazima Allah aliyingiza abo abakkiriza nebakola n'ebikolwa ebirungi mu nsuku ezikululutamamu emigga wansi wa zo. Mazima Allah akola nga bw'ayagala.

عَلَيْهَا الْمَاءَ اهْتَرَّتْ وَ رَبَّتْ وَ
أَنْبَتَتْ مِنْ حُلٍّ زَوْجٍ بَهِيحٍ ﴿٦﴾

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّهُ يُخَيِّ
الْمَوْئِي وَأَنَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٧﴾

وَ أَنَّ السَّاعَةَ آتِيَةٌ لَا رَيْبَ فِيهَا وَ
أَنَّ اللَّهَ يَنْبَعِثُ مَنْ فِي الْقُبُورِ ﴿٨﴾

وَمَنْ النَّاسِ مَنْ يُجَادِلُ فِي اللَّهِ
يُغَيِّرُ عِلْمَهُ وَ لَا هُدًى وَ لَا كِتَابَ
مُنِيرٍ ﴿٩﴾

ثَانِيًا عَطْفَهُ لِيُضِلَّ عَنْ سَبِيلِ
اللَّهِ لَعَلَّ فِي الدُّنْيَا حِزْبٌ وَ
نُذِيقُهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ عَذَابَ
الْحَرِيقِ ﴿١٠﴾

ذَلِكَ بِمَا قَدَّمْت يَدَكَ وَ أَنَّ اللَّهَ
لَيْسَ بِظَلَّامٍ لِّلْعَبِيدِ ﴿١١﴾

وَمَنْ النَّاسِ مَنْ يَتَّعِبُ اللَّهَ عَلَى
حَرْفٍ فَإِنْ أَصَابَهُ خَيْرٌ طَمَعَاتٍ
بِهِ وَ إِنْ أَصَابَتْهُ فِتْنَةٌ أُنْقَلَبَ
عَلَى وَجْهِهِ تَخْسِرَ الدُّنْيَا وَ الْآخِرَةَ
ذَلِكَ هُوَ الْخُسْرَانُ الْمُبِينُ ﴿١٢﴾

يَدْعُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَضُرُّهُ مَا
لَا يَنْفَعُهُ ذَٰلِكَ هُوَ الضَّلَالُ الْبَعِيدُ ﴿١٣﴾

يَدْعُوا لِمَنْ صَرُّهُ أَقْرَبُ مِنْ تَفْوِهِ
لَيْسَ الْمَوْلَى وَ لَيْسَ الْعَشِيرُ ﴿١٤﴾

إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَ
عَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ إِنَّ اللَّهَ يَفْعَلُ مَا
يُرِيدُ ﴿١٥﴾

16. Oyo alowooza nti Allah tajja kuwa Nabbi buyambi ku nsi ne ku nkomerero, kale alandulule omuguwa gutuuke ku ggulu, n'oluvannyuma akutule obuyambi, kale alabe obanga ddala entegeka ye eneggyawo ebyo ebimunyiiza.

مَنْ كَانَ يَظُنُّ أَنْ لَنْ يَنْصُرَهُ اللَّهُ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ فَلْيَمْدُدْ بِسَبَبٍ إِلَى السَّمَاءِ ثُمَّ لِيَقْطَعْ فَلْيَنْظُرْ هَلْ يُذْهِبَنَّ كَيْدَهُ مَا يَغِيظُ ﴿١٦﴾

17. Era bwe kityo Kur'ani twagissa nga bwe bubonero obw'olwaatu, era ddala Allah alung'ama oyo gw'aba asiimyeye.

وَكَذَلِكَ أَنْزَلْنَاهُ آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ وَأَنَّ اللَّهَ يَهْدِي مَنْ يُرِيدُ ﴿١٧﴾

18. Mazima abo abakkiriza n'abo Abayudaaya, n'Abasabiyi, n'Abakulisitaya, ne ba Majuusi, n'abo abenkanya Allah n'ebirala, ddala Allah aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira. Mazima Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَالَّذِينَ هَادُوا وَالصَّالِحِينَ وَالنَّصَارَى وَالْمَجُوسَ وَالَّذِينَ أَشْرَكُوا إِنَّ اللَّهَ يَفْصِلُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿١٨﴾

19. Abaffe, tolaba nti Allah, byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bimugondera; n'enjuba, n'omwezi, n'emmunyeenye, n'ensozi, n'emiti, n'ebisolo, n'abasinga obungi mu bantu? Naye bangi baakakatako ekibonerezo. Era Allah gw'afeebya, tafunayo amuwa kitiibwa. Mazima Allah akola nga bw'aba ayagadde.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يَسْجُدُ لَهُ مَنْ فِي السَّمَاوَاتِ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ وَالشَّمْسُ وَالْقَمَرُ وَالنُّجُومُ وَالْجِبَالُ وَالشَّجَرُ وَالدَّوَابُّ وَكَثِيرٌ مِّنَ النَّاسِ وَكَثِيرٌ حَقَّ عَلَيْهِ الْعَذَابُ وَمَنْ يُهِنِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِن مُّكْرِمٍ إِنَّ اللَّهَ يَفْعَلُ مَا يَشَاءُ ﴿١٩﴾

20. Bano bombi (akkiriza n'atakkiriza) be bakaayana ababiri abakaayana ku Mukama waabwe. Naye abo abatakkiriza baakomolerwa engoye ez'omuliro; era be balifukibwako olweje ku mitwe gyabwe,

هَذِينَ خَضَمْنَا اخْتَصَمُوا فِي رَبِّهِمْ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا قُطِعَتْ لَهُمْ رِيَابٌ مِّن تَارٍ يُصَبُّ مِنْ فَوْقِ رُءُوسِهِمُ الْحَمِيمُ ﴿٢٠﴾

21. Olulisaanuusa ebyo ebiri mu mbuto zaabwe n'endibaliba zaabwe;

يُضْهِرُّ بِهِ مَآئِنَ بُطُونِهِمْ وَالْجُلُودُ ﴿٢١﴾

22. Era ku lwabwe walibawo embuukuuli ez'ebyuuma.

وَلَهُمْ مَقَامٌ مِّنْ حَرِيدٍ ﴿٢٢﴾

23. Buli Iwe balyagalanga okuguvaamu olw'obulumi, baliguzibwangamu nate, era baligambibwanga nti: Muloze ku kibonerezo ky'okubengeya!

كَلِمًا أَرَادُوا أَنْ يَخْرِجُوا مِنْهَا مِنْ عَمِّ أَعْيُنُوا وَإِنَّهَا ذُو نُقُورٍ أَعْدَابِ الْحَرِيقِ ﴿٢٣﴾

Ruku 3

24. Mazima Allah aliyizingiza abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi mu nsuku ezikulutamu emigga wansi wa zo. Baliwundi-

إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ

rwamu n'ebikomo ebya zaabu ne luulu, n'engoye zaabwe mu zo ziriba za liiri.

25. Era balirung'amizibwa eri ebigambo ebirongoofu, era balung'amizibwe n'eri ekkubo ery'Atenderezebwa, Allah.

26. Mazima abo abatakiriza nebeekiika mu kkubo lya Allah n'Omuzigiti Omutukuvu, ogwo gwe twassaawo ku lw'abantu bonna kyenkanyi, abagubeeramu n'abava mu ddungu, era buli ayagala okugukoleramu ebikyaamu olw'obujoozi, tulimuloza ku kibonerezo ekirumya.

Ruku 4

27. Era *jjukira* nga bwe twayoleka Ibrāhīmu ekifo ky'Enju *netumugamba* nti: Tonnenkanyanga na kintu kyonna, era yonja Enju yange ku lw'abo abeetooloola *Ka'bah* n'abayimirira *mu swala*, n'abakutama nebavuunama.

28. Era langirira Hijja eri abantu bonna. Bajja kukutuukako ku bigere ne ku buli ng'amira ezikozze, nga bava mu buli kkubo ery'ewala,

29. Balyooke bakakase emigaso gyabwe gye *bagifunamu* era balaamirize erinnya lya Allah ku bisolo ebyo bye yabawa eby'amagulu ana nga *babisala* mu nnaku ezaategekebwa. Kale mulye ku byo era muliise n'abali mu buzibu n'abaavu.

30. N'oluvannyuma beemaleko ekko lyabwe, era batuukirize obweyamo bwabwe, era beetoolole Ennyumba Ey'edda.

31. Ekyo *kiragi*ro kya Allah. Era oyo assa ekitiibwa mu bintu bya Allah ebitukuvu, kale ekyo ky'ekisinga obulungi gy'ali mu maaso ga Mukama we. Era mwakkirizibwa *okulya* ebisolo, okuggyako ebyo ebyalangirirwa gye muli *ni tebiribwa*. Kale mwewale ekyenyinyalwa ky'*okusinza* ebifaananyi, era mwewalenga n'ebigambo by'obulimba,

تَحْتِهَا إِلَّا نَهْرٌ يُّجْرِي فِيهَا مِنْ
أَسْوَدَ مِنْ ذَهَبٍ وَ لَوْلَا
لَبَأْسُهُمْ فِيهَا حَرِيرٌ ﴿٢٤﴾

وَهُذُو إِلَى الطَّيِّبِ مِنَ الْقَوْلِ
وَهُذُو إِلَى صِرَاطِ الْحَمِيدِ ﴿٢٥﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَيَصُدُّونَ عَن
سَبِيلِ اللَّهِ وَالْمَسْجِدِ الْحَرَامِ
الَّذِي جَعَلْنَاهُ لِلنَّاسِ سَوَاءٍ
فِيهِ وَالْبَيْتِ الَّذِي يُبْرِئُ فِيهِ
بِالْحَاكِمِ يَظْلِمُونَ ﴿٢٦﴾

وَإِذْ بَوَّأْنَا لِإِبْرَاهِيمَ مَكَانَ
الْبَيْتِ أَنْ لَا تُشْرِكَ بِي شَيْئًا
وَأَنَّ طَهْرَ بَيْتِي لِلطَّائِفِينَ
وَالْقَائِمِينَ وَالرُّكَّعِ السُّجُودِ ﴿٢٧﴾

وَإِذْ نَادَى فِي النَّاسِ بِالْحَجِّ
يَأْتُوكَ رِجَالًا وَ عَلَى كُلِّ
مَنْجَبٍ يَأْتِيَنَّ مِنْ
كُلِّ مَجْمَعٍ عَمِيقٍ ﴿٢٨﴾

لِيَشْهَدُوا مَنَافِعَ لَهُمْ
وَيَذْكُرُوا اسْمَ اللَّهِ فِي
آيَاتٍ مَّعْلُومَاتٍ عَلَى مَا
رَزَقْتَهُمْ مِنْ بَهِيمَةٍ
الْأَنْعَامِ فَكُلُوا مِنْهَا
وَاطْعَمُوا النَّاسَ الْفَقِيرَ ﴿٢٩﴾

ثُمَّ لِيَقْضُوا تَفَثَهُمْ
وَلِيُوفُوا نُدُورَهُمْ
وَلِيُطَوِّفُوا بِالْبَيْتِ
الْعَتِيقِ ﴿٣٠﴾

ذَلِكَ هُوَ الَّذِي كَفَرْتُمْ
عَنْ رَبِّهِمْ وَأُجِّلْتُمْ
عَنْ رَبِّهِمْ فَاصْتَبِرُوا
إِنَّ أَعْيُنَكُمْ عَلَى الْغَنَمِ
الْمَرْجَسِ مِنَ الْأَوْثَانِ
وَاجْتَنِبُوا قَوْلَ
الزُّورِ ﴿٣١﴾

32. Mubeere beesimbu eri Allah, so si kumwenkanyankanya na kyonna. Era oyo eyenkanya Allah n'ebirala, kale abang'awanattuse okuva waggulu, ate ennyonyi nezimukwakkula, oba embuyaga nezimufuumuulira mu kifo eky'ewala.

حَقَّاءَ لِلَّهِ غَيْرَ مُشْرِكِينَ بِهِ ۗ وَمَنْ يُشْرِكْ بِاللَّهِ فَكَأَنَّمَا خَرَّ مِنَ السَّمَاءِ فَتَخَطَفُهُ الطَّيْرُ أَوْ تَهْوِي بِهِ الرِّيحُ فِي مَكَانٍ سَحِيقٍ ﴿٢٢﴾

33. Bwe kityo. Era oyo assa ekitiibwa mu bubonero bwa Allah obutukuvu, mazima ekyo kiva mu butuukirivu bwa mitima.

ذَلِكَ ۗ وَمَنْ يُعَظِّمْ شَعَائِرَ اللَّهِ فَإِنَّهَا مِنْ تَقْوَى الْقُلُوبِ ﴿٢٣﴾

34. Mulina emigaso mw'ebyo *bye musaddaaka* okumala ekiseera ekigere, nate ekifo ky'okubisaddaakiramu kiri awali Enju Ey'edda.

لَكُمْ فِيهَا مَنَافِعُ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ۖ ثُمَّ مَحِلُّهَا إِلَىٰ الْبَيْتِ الْعَتِيقِ ﴿٢٤﴾

Ruku 5

35. Era buli bantu twabateerawo engeri y'okusaddaaka balyooke balaamirize erinnya lya Allah ku bisolo eby'amagulu ana bye yabawa. Era omusinzibwa wammwe asinzibwa ali Omu yekka; kale mujeemulukuke gy'ali. Era wa amawulire ag'essanyu eri abeetoowaza,

وَلِكُلِّ أُمَّةٍ جَعَلْنَا مَنَسَكًا ۖ لِيَذُكُرُوا اسْمَ اللَّهِ عَلَىٰ مَا رَزَقَهُمْ مِنْ بَهِيمَةِ الْأَنْعَامِ ۗ قَالَ لَهُمْ إِلَهُهُ وَوَاحِدٌ ۗ فَلَهُ أَسْلِمُوا ۗ وَبَشِّرِ الْمُخْبِتِينَ ﴿٢٥﴾

36. Abo abeesisiwala mu mitima gyabwe nga Allah ayogeddwako, n'abagumiikiriza kw'ebyo ebiba bibatuuseeko, n'abajumbira essaala era nebatoola ne mw'ebyo bye twabawa.

الَّذِينَ إِذَا ذُكِرَ اللَّهُ وَجِلَتْ قُلُوبُهُمْ وَالصَّادِقِينَ عَلَىٰ مَا آصَابَهُمُ الْمُقِيمِي الصَّلَاةِ ۗ وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنفِقُونَ ﴿٢٦﴾

37. Era eng'amira za saddaaka twazibateerawo nga ke kamu ku bubonero bwa Allah gye muli. Muzirinamu ebirungi *nfaafa*. Kale muziraamirizangako erinnya lya Allah nga ziyimiridde mu nnyiriri. Kale bwe zigwanga wansi ku mbiriizi za zo, olwo mulye ku zo era muliise *n'ali mu bwetaavu* atasaba, n'asaba. Bwe kityo twazibagondeza mulyooke mwebaze.

وَالَّذِينَ جَعَلْنَا لَكُمْ مِنْ شَعَائِرِ اللَّهِ لَكُمْ فِيهَا خَيْرٌ ۗ فَأَذْكُرُوا اسْمَ اللَّهِ عَلَيْهَا صَوَافٍ ۚ فَإِذَا وَجِئْتَ مِنْ جَنْبِهَا فَكُلْ مِنْهَا ۗ وَأَطِيعُوا أَمْرَ الْقَانِعِ ۗ وَالْمُعْتَرَّ ۗ كَذَلِكَ سَخَّرْنَاهَا لَكُمْ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٢٧﴾

38. Ennyama ya zo wadde omusaayi gwa zo tebituuka ku Allah, wabula obuwalize obuva gye muli bwe bumutuukako. Bwe kityo nno kyeyava azibagondeza, mulyooke mugulumize Allah olw'okubalung'anya. Era wa amawulire ag'essanyu eri abakozi b'ebirungi.

لَنْ يَنَالَ اللَّهُ لُحُومَهَا وَلَا دِمَآؤُهَا ۗ وَلَكِنْ يَنَالُهُ التَّقْوَىٰ مِنْكُمْ ۗ كَذَلِكَ سَخَّرَهَا لَكُمْ لِتُكَبِّرُوا اللَّهَ عَلَىٰ مَا هَدَاكُمْ ۗ وَبَشِّرِ الْمُحْسِنِينَ ﴿٢٨﴾

39. Mazima Allah y'alwanirira abo abakkiriza. Era ddala Allah tayagala buli mukumpanya, ateebaza.

إِنَّ اللَّهَ يُدْفِعُ عَنِ الَّذِينَ آمَنُوا ۗ إِنَّ اللَّهَ لَا يُجِيبُ كُلَّ حَوَآنٍ كَفُورٍ ﴿٢٩﴾

Ruku 6

40. *Okwerwanako* kwakkirizibwa eri abo abalwanyisibwa mu *bukyaamu*, olw'okubanga be baba balumbaganiddwa — era ddala Allah asobola nnyo okubayamba —

41. Be bo abaagobebwa mu maka gaabwe awatali nsonga, wabula olw'okubanga baagamba nti: Mukama waffe ye Allah. Era singa si kukubirira kwa Allah eri abantu abamu ku balala, mazima ebifo bya bakabona, n'amasinzizo g'Abakulisitaayo, nag'Abayudaaya, n'emizigiti omutenderezebwa ennyo erinnya lya Allah byalimenyeddwamenyedwa. Era ddala Allah ajja kuyamba abo abamuyamba. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula—

42. Be bo bwe tuba tubatebenkezza mu nsi, abajjumbira essaala nebatoola zaka nebakubiriza okukola eburungi era nebaziyiza ebitasaana. Era eri Allah y'eri enkomerero y'ensonga zonna.

43. Naye bwe banaakulimbisa, *manya nti* n'olubereberye lwabwe abantu ba Nuhu n'aba 'Adi n'aba Thamüda nabo baalimbisa *Abatume baabwe*.

44. N'abantu ba Ibrāhīmu, n'abantu ba Lūti.

45. N'abatuuze b'e Madiyani. Era ne Mūsa yalimbisibwa. Kale abatakkiriza nabawa akaagaanya, oluvannyuma nendyooka mbabonereza. Naye *ebyava* mu kung'aana byali bitya?

46. Ye ebibuga bimeka bye twazikiriza nga byonoonese, bwe bityo nebigwa ku busolya bwa byo! Ye enzizi *mmeke* n'ebigo ebinywevu *bimeka* ebyalekebwa awo ettayo!

47. Abaffe, tebatambulako mu nsi neba-funa emitima gye bakozesa okutegeera, oba *neba-funa* amatu ge bawuliza? Kuba ddala amaaso si ge gaziba, wabula emitima egiri mu bifuba gy'egiwunaawuna.

أَذِنَ لِلَّذِينَ يُقْتَلُونَ بِأَنَّهُمْ ظَلِمُوا
وَرَأَى اللَّهُ عَلَىٰ تَصْرِيهِمْ لَقْدِيرًا ﴿٤٠﴾

الَّذِينَ أُخْرِجُوا مِنْ دِيَارِهِمْ بِغَيْرِ
حَقٍّ إِلَّا أَنْ يَقُولُوا رَبُّنَا اللَّهُ وَلَوْ
لَا دَفْعُ اللَّهِ النَّاسَ بَعْضَهُمْ
بِبَعْضٍ لَهَدِمَتْ صَوَامِعُ وَبِيَعٌ وَ
صَلُوكٌ وَمَسْجِدٌ يُذَكَّرُ فِيهَا اسْمُ
اللَّهِ كَثِيرًا ۗ وَاللَّذِينَ آمَنُوا لَمَنْ
يُنصِرُوا ۗ إِنَّ اللَّهَ لَقَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿٤١﴾

الَّذِينَ إِنْ مَكَّنَّهُمْ فِي الْأَرْضِ
أَقَامُوا الصَّلَاةَ وَآتَوُا الزَّكَاةَ وَ
أَمَرُوا بِالْمَعْرُوفِ وَنَهَوْا عَنِ
الْمُنْكَرِ ۗ وَاللَّهُ عَاقِبَةُ الْأُمُورِ ﴿٤٢﴾

وَأَنْ يُكْفَرُوا لَكَ فَكَذَّبْتَ قَبْلَهُمْ
قَوْمًا نُوحًا وَعَادًا وَثَمُودًا ﴿٤٣﴾

وَقَوْمًا إِبْرَاهِيمَ وَقَوْمًا لُوطًا ﴿٤٤﴾

وَأَضْحَبُ مَدْيَنَ ۚ وَكَرَّبَ مُوسَىٰ
فَأَمَلَيْتَ لِلْكَافِرِينَ ثُمَّ أَخَذْتَهُمْ ۚ
فَكَيْفَ كَانَ نَجْدِي ﴿٤٥﴾

فَكَأَيِّنْ مِنْ قَرْيَةٍ أَهْلَكْنَاهَا وَهِيَ
ظَالِمَةٌ فَهِيَ خَاوِيَةٌ عَلَىٰ عُرُوشِهَا
وَبيِّنٌ مُعْتَلَةٌ ۗ وَقَصْرِ مَشِيدٍ ﴿٤٦﴾

أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَتَكُونُ
لَهُمْ قُلُوبٌ يَعْقِلُونَ بِهَا أَوْ آذَانٌ
يَسْمَعُونَ بِهَا ۚ فَإِنَّهَا لَا تَعْمَى
الْأَبْصَارَ وَلَكِنْ تَعْمَى الْقُلُوبُ الَّتِي
فِي الصُّدُورِ ﴿٤٧﴾

48. Era bakupikiriza mbu oyanguyirize ekibonerezo, naye Allah tajja kumenya kisuubizo kye. Era ddala olunaku olumu eri Mukama wo lwenkana n'emyaka lukumi egyo gye mubala.

وَيَسْتَعْمِلُونَكَ بِالْعَدَابِ وَ لَنْ يُخْلِفَ اللَّهُ وَعْدَهُ وَإِنَّ يَوْمًا عِنْدَ رَبِّكَ كَأَن لَّيْلَ سَنَةٍ يَمَّا تَعُدُّونَ ﴿٤٨﴾

49. Ye ebibuga bimeka bye nnawa akaagaanya so nga byali byoononyi, oluvannyuma nendyooka mbibonereza! Era gyendi y'eri obuddo.

وَكَأَيِّن مِّن قَدِيحَةٍ آمَلتْ لَهَا وَ هِيَ ظَالِمَةٌ ثُمَّ أَخَذتُهَا بِرَأْسِهَا الْمَصِيرُ ﴿٤٩﴾

Ruku 7

50. Gamba nti: Abange mmwe abantu, mazima nze ndi Mulabuzi gye muli ow'olwaatu.

قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٥٠﴾

51. Kale abo abakkiriza era nebakola ebirungi be balifuna okusonyiyibwa n'ebigabi-bwa eby'ekitiibwa.

فَالَّذِينَ آمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَرِيمٌ ﴿٥١﴾

52. Naye abo abafuba okufufuggaza Aya zaffe, abo nno be bantu b'omuliro.

وَالَّذِينَ سَعَوْا فِي آيَاتِنَا مُعْجِرِينَ أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿٥٢﴾

53. Era olubereberye lwo tetutumangayo Mubaka yenna wadde Nabbi, wabula buli lwe yayagalanga okutuukiriza omulimu gwe, Sitaani ng'asuula emisanvu mu kkubo ly'okwagala kwe. Kale Allah yaggyangawo emisanvu egyo Sitaani gy'asuula; oluvannyuma Allah yatebenkezanga Aya ze. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

وَمَا أَرْسَلْنَا مِن قَبْلِكَ مِن رَّسُولٍ وَلَا نَبِيٍّ إِلَّا إِذًا تَمَّتْ آيَةُ الشَّيْطَانِ فِي أُمْنِيَّتِهِمْ فَيَنسَخُ اللَّهُ مَا يُلْقِي الشَّيْطَانُ ثُمَّ يُحْكُمُ اللَّهُ آيَتِهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٥٣﴾

54. Akikola bw'atyo alyooke afuule emisanvu Sitaani gy'asuula okuba ekigezo eri abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'abakakanyavu b'emitima. Era ddala aboononyi be bali mu butakkaanya obw'ewala.

لِيَجْعَلَ مَا يُلْقِي الشَّيْطَانُ فِتْنَةً لِّلَّذِينَ فِي قُلُوبِهِم مَّرَضٌ وَ الْقَاسِيَةِ قُلُوبُهُمْ وَإِنَّ الظَّالِمِينَ لَفِي شِقَاقٍ بَعِيدٍ ﴿٥٤﴾

55. Era twakikola, abo abaaweebwa amagezi balyooke bamanye nti ddala ago ge mazima agava eri Mukama wo era bagakkirize, olwo emitima gyabwe giryooke gimwetoowalize. Era ddala Allah y'alu-ng'anya abo abakkiriza eri ekkubo eggolokofu.

وَالَّذِينَ آمَنُوا أُوْتُوا الْعِلْمَ أَنَّهُ الْحَقُّ مِن رَّبِّكَ فَيُؤْمِنُوا بِهِ فَتُخْبِتُ لَهُ قُلُوبُهُمْ وَإِنَّ اللَّهَ لَهَادِ الَّذِينَ آمَنُوا إِلَى صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٥٥﴾

56. Era abo abatakkiriza, Kur'ani tebajja kulekayo kugibusuabuusa okutuusa lwe balituukibwako Essaawa eyalaganyizibwa kibwatuukira oba batuukibweko ekibonerezo ky'olunaku lw'okuzikirira.

وَلَا يَزَالُ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي مِرْيَةٍ مِّنْهُ حَتَّى تَأْتِيَهُمُ السَّاعَةُ بَغْتَةً أَوْ يَأْتِيَهُمْ عَذَابٌ يَوْمَ عَقِيبِهِمْ ﴿٥٦﴾

57. Obwakabaka ku lunaku olwo buliba bwa Allah *yekka*. Y'aliramula wakati waabwe. Kale abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, *be baliba* mu Janna ezirimu amasanyu amajjuvu.

58. Naye abo abatakkiriza era abalimbisa obubonero bwaffe, kale abo be balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

Ruku 8

59. Era n'abo abasengukira mu kkubo lya Allah n'oluvannyuma nebatibwa oba ne-bafa, mazima Allah alibawa ebigabibwa amakula. Era ddala Allah y'Asinga abagabi bonna.

60. Mazima alibayingiza awayingirwa awalibasanyusa. Era ddala Allah ye Mumanyi wa byonna, Alumirwa ennyo *abaweereza* be.

61. Bwe kityo nno, oyo yenna eyesasuzza ekyenkanyi nga bwe yabonerezebwa naye oluvannyuma naalumbaganibwa, mazima ddala Allah agenda kumuyamba. Mazima Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

62. Ekyo *akikola* olw'okubanga ddala Allah y'ayingiza ekiro mu misana, era y'ayingiza emisana mu kiro, era ddala Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

63. Ekyo lwa kubanga ddala Allah ye w'Amazima, ate nga ebyo bye balaajanira ebbali we ddala bya bulimba; era ddala Allah ye Mugulumivu, Omunene ennyo.

64. Abaffe, tolaba nga Allah bw'assa amazzi okuva mu bire, olwo ensi n'efuuka eya kiragala? Mazima Allah y'Amanyi ebyekusifu, y'Ategeera byonna.

65. Ebiri mu ggulu byonna n'ebiri mu nsi bibye. Era ddala Allah ye Yeemala, y'Atenderezebwa.

Ruku 9

66. Abaffe, tolaba nga Allah bwe yabagondeza byonna ebiri mu nsi, n'ebombo nebiseeyeeya ku nnyanja lwa kulagira kwe? Era y'akwatirira eggulu lireme kwerindiggula ku nsi, wabula olw'ekiragiroye. Mazima Allah Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo eri abantu.

أَمْ لَمْ تَكُنْ يَوْمَ مَعْدِي لِلَّذِينَ هُمْ يُحْكَمُ بَيْنَهُمْ
فَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فِي
حَبَّتِ النَّوْمِ ﴿٥٧﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا
فَأُولَٰئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ﴿٥٨﴾

وَالَّذِينَ هَا جَرُّوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ ثُمَّ
فَقِيلُوا أَوْ مَا تُوَاوَيْتُمْ فَغَنَّمُوا اللَّهُ رِزْقًا
حَسَنًا وَإِنَّ اللَّهَ لَهُوَ خَيْرُ الرَّزُقِينَ ﴿٥٩﴾

لِيُدْخِلَنَّهُمْ مُّدْخَلًا يَرْضَوْنَهُ وَإِنَّ
اللَّهَ لَعَلِيمٌ حَلِيمٌ ﴿٦٠﴾

ذَٰلِكَ وَمَنْ عَاقَبْ بِمِثْلِ مَا عُوقِبَ بِهِ
ثُمَّ بَغَىٰ عَلَيْهِ لَيَصْرَثَهُ اللَّهُ إِنَّ اللَّهَ
لَعَفُوفٌ عَفِيمٌ ﴿٦١﴾

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ يُوَلِّجُ النِّيلَ فِي النَّهَارِ
وَيُوَلِّجُ النَّهَارَ فِي النِّيلِ وَأَنَّ اللَّهَ
سَمِيعٌ بَصِيرٌ ﴿٦٢﴾

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا
يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ هُوَ الْبَاطِلُ وَأَنَّ
اللَّهَ هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿٦٣﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ أَنْزَلَ مِنَ السَّمَاءِ
مَاءً فَتُصْبِحُ الْأَرْضُ مُخْضَرَّةً إِنَّ
اللَّهَ لَطِيفٌ خَبِيرٌ ﴿٦٤﴾

لَهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ ؕ
إِنَّ اللَّهَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَمِيدُ ﴿٦٥﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ سَخَّرَ لَكُمْ مِمَّا فِي
الْأَرْضِ وَالْفُلْكَ تَجْرِي فِي الْبَحْرِ
بِأَمْرِهِ ؕ وَيُمَسِّكُ السَّمَاءَ أَنْ تَقَعَ عَلَى
الْأَرْضِ لِأَنَّهَا بِإِذْنِهِ إِنَّ اللَّهَ بِالنَّاسِ
لَرَءُوفٌ رَحِيمٌ ﴿٦٦﴾

67. Era y'Oyo abawa obulamu n'oluva-
nnyuma y'alibafiisa, nate y'alibazuukiza.
Naye ddala omuntu mu buteebaza
yeekansa!

وَهُوَ الَّذِي أَحْيَاكُمْ ثُمَّ يُمِيتُكُمْ
ثُمَّ يُحْيِيكُمْ إِنَّ الْإِنْسَانَ
لَكَفُورٌ ﴿٦٧﴾

68. Buli bantu twabaterangawo engeri
y'okusinza bo gye baasinzangamu; kale
baleme kukuwakanya ku nsonga y'okusinza
kwo, era ggwe koowoolera eri Mukama wo.
Mazima ddala ggwe oli ku bulung'amu
obutereevu.

لِكُلِّ أُمَّةٍ جَعَلْنَا مَنْسَكًا هُمْ نَاسِكُوهُ
فَلَا يَتَاذَعْتَكُ فِي الْأَمْرِ وَاذْعُرْ إِلَىٰ رَبِّكَ
إِنَّكَ لَعَلَىٰ هُدًى مُّسْتَقِيمٍ ﴿٦٨﴾

69. Naye bwe banaakuwakanya, kale gamba
nti: Allah y'asinga okumanya ebyo bye mukola.

وَإِنْ جَادَلُوكَ فَقُلِ اللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا
تَعْمَلُونَ ﴿٦٩﴾

70. Allah aliramula wakati wammwe ku
lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye mwali
mutakkiriziganyaamu.

اللَّهُ يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
فِيمَا كُنْتُمْ فِيهِ تَخْتَلِفُونَ ﴿٧٠﴾

71. Abaffe, tomanyi nti ddala Allah
y'amanyi byonna ebiri mu ggulu n'ebiri mu
nsi? Mazima ebyo byonna biri mu Kitabo.
Era ddala ekyo eri Allah kyangu nnyo.

أَلَمْ تَخْلَمْ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَاءِ
وَالْأَرْضِ إِنَّ ذَلِكَ فِي كِتَابٍ إِنَّ
ذَلِكَ عَلَىٰ اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿٧١﴾

72. Era basinza ebbali wa Allah ebyo
Allah by'atassizangako buyinza bwonna
ate nga nabo bennyini tebalina kye
babimanyiiko. Naye aboononyi tebalina
muyambi yenna.

وَيَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ مَا لَمْ يَنْزَلْ
بِهِ سُلْطَانًا وَمَا لَيْسَ لَهُمْ بِهِ عِلْمٌ
وَمَا يَلْظِمُونَهُ مِنْ تَصْدِيرٍ ﴿٧٢﴾

73. Era bwe basomerwa Aya zaffe
ez'olwaatu, ojja kulaba okwenyinyimbwa mu
maaso g'abatakkiriza. Baba na kumpi
kulumba abo ababasomera Aya zaffe. Gamba
nti: Abaffe, mbategeeze ekibi ennyo
okusinga kw'ekyo? Gwe muliro Allah gwe
yasuubiza abo abatakkiriza. Era obwo
buddo bubu nnyo.

وَإِذَا تَنَلَّ عَلَيْهِمْ آيَاتُنَا بِبَيِّنَاتٍ
تَعْرِفُ فِي دُجُومِ الَّذِينَ كَفَرُوا
الْمُنْكَرَ يَكَاذُونَ يَسْطُونَ بِالَّذِينَ
يَتْلُونَ عَلَيْهِمْ آيَاتِنَا قُلْ أَقَاتِيكُمْ
بِشَرِّ مِمَّنْ ذُكِرْتُمْ فِي النَّارِ وَعَدَّهَا
اللَّهُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَرَبُّسُ الْمَصِيرِ ﴿٧٣﴾

Ruku 10

74. Abange mmwe abantu, eky'okulabirako
kireeteddwa, kale mukiwulirize nnyo. Mazima
abo be mulaajanira ebbali wa Allah, tebayinza
na kutonda nsowera ne bwe bagyekung'a-
anyizaako bonna. Ate ensowera ne
bw'ebanyagako ekintu kyonna, tebayinza
kugikiggyako. Omusabi n'omusabibwa
bombi bayenjebufu.

يَا أَيُّهَا النَّاسُ صُربِ مَثَلٌ فَاسْتَمِعُوا
لَهُ إِنَّ الَّذِينَ تَدْعُونَ مِنْ دُونِ اللَّهِ
لَنْ يَخْلُقُوا ذُبَابًا وَلَوْ اجْتَمَعُوا لَهُ
وَإِنَّ يَسْلُبُهُمُ الذُّبَابُ شَيْعًا
لَا يَشْتَرِقُونَ لَهُ مِنْهُ ضَعْفُ
الطَّارِبِ وَالْمَطْلُوبِ ﴿٧٤﴾

75. Tebawa Allah kitiibwa kituukana na kigero kye ekituufu. Mazima Allah Wa maanyi nnyo, ye Luwangula.

مَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِ ؕ إِنَّ اللَّهَ
لَقَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿٧٥﴾

76. Allah alonda Ababaka mu bamalayika ne mu bantu. Mazima Allah y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

اللَّهُ يَضْطَفِي مِنَ الْمَلَائِكَةِ رُسُلًا وَأَرْمَن
النَّاسِ ؕ إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ﴿٧٦﴾

77. Y'amanyi ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe. Era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

يَعْلَمُ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ ؕ وَ
إِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ﴿٧٧﴾

78. Abange mmwe abakkiriza, mukutame era muvuunname era musinze Mukama wammwe era mukole ebikolwa ebirungi, lwe mujja okuganyulwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا ارْكَعُوا وَ
اسْجُدُوا وَاعْبُدُوا رَبَّكُمْ وَافْعَلُوا
الْخَيْرَ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٧٨﴾

79. Era mutakabane nnyo ku lwa Allah mu kutakabana okutuufu ku lulwe. Ye y'eyabalonda era teyabassaako buzibu bwonna mu ddiini. Kale mugoberere eddiini ya kitammwe Ibrahimu. Ye (Allah) mmwe y'eyabatuuma Abasiraamu olubereberye ne mu (Kur'āni) eno, Omubaka alyooke abeere omujulizi ku mmwe, ate nammwe mubeere abajulizi ku bantu. Kale mujjumbirenga nnyo essaala, era mutooole zaka, era mwekwate ku Allah yekka. Ye ye Mukama wammwe. Kale Mukama wammwe si mulungi ggero era si Muyambi ggero!

وَجَا هُدُوا فِي اللَّهِ حَقَّ حَقَّ هُدَاهُ ؕ هُوَ
اجْتَبَاكُمْ وَمَا جَعَلَ عَلَيْكُمْ فِي الدِّينِ
مِنْ حَرَجٍ ؕ مِلَّةَ أَبِيكُمْ إِبْرَاهِيمَ ؕ
هُوَ سَمَّكُمْ الْمُسْلِمِينَ ؕ مِنْ قَبْلُ
وَفِي هَذَا لِيَكُونَ الرَّسُولُ شَهِيدًا
عَلَيْكُمْ وَتَكُونُوا شُهَدَاءَ عَلَى
النَّاسِ ۚ فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا
الزَّكَاةَ وَاعْتَصِمُوا بِاللَّهِ هُوَ
مَوْلَاكُمْ ۖ فَنِعْمَ الْمَوْلَى وَنِعْمَ
النَّصِيرُ ﴿٧٩﴾

AL-MU'MINÜN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

Juzu 18

2. Mazima abakkiriza bamaze okuganyulwa,

قَدْ أَفْلَحَ الْمُؤْمِنُونَ ②

3. Abo ababa mu ssaala zaabwe nga beetoowaze,

الَّذِينَ هُمْ فِي صَلَاتِهِمْ خَاشِعُونَ ③

4. Era abo abeewala ebyo ebitaliimu nsa,

وَالَّذِينَ هُمْ عَنِ اللَّغْوِ مُعْرِضُونَ ④

5. Era abo abanyikivu mu kutoola zaka,

وَالَّذِينَ هُمْ لِلرَّكُوعِ قَائِمُونَ ⑤

6. Era abo abakuuma obwereere bwabwe —

وَالَّذِينَ هُمْ لِغُرُوحِهِمْ حَافِظُونَ ⑥

7. Okuggyako eri bakyala baabwe oba eri abakazi abawambe abali mu mikono gyabwe egya ddyo; kale ddala abo tebanenyezebwa.

إِلَّا عَلَىٰ أَرْوَاحِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ فَإِنَّهُمْ غَيْرُ مَلُومِينَ ⑦

8. Naye abo abanoonya ebiri ebbali w'ebyo, kale abo be bajeemu —

فَمَنْ ابْتَدَعَ وَرَاءَ ذَلِكَ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْخٰذِلُونَ ⑧

9. Era abo abalabirira ebibasigiddwa, n'endagaano zaabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ لِأَمْتِنَتِهِمْ وَعَهْدِهِمْ رَاعُونَ ⑨

10. Era abo abakuuma obutiribiri essaala zaabwe.

وَالَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَوَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ ⑩

11. Abo nno be basika,

أُولَٰئِكَ هُمُ الْوَارِثُونَ ⑪

12. Abalisikira Janna ya Firidausi; bo mu yo mwe balibeera.

الَّذِينَ يَرِثُونَ الْفِرْدَوْسَ هُمْ فِيهَا خٰلِدُونَ ⑫

13. Era ddala twatonda omuntu okuva mu budongo obukenenule;

وَلَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنسَانَ مِنْ سُلٰلَةٍ مِنْ طِينٍ ⑬

14. N'oluvannyuma twamufuula ettondo ly'amazzi agazaala mu butuulo obwekusifu;

ثُمَّ جَعَلْنَاهُ نُطْقَةً فِي فَرْجِ مَكِينٍ ⑭

15. Oluvannyuma twafuula amazzi ekitole ky'omusaayi; n'oluvannyuma twafuula ekitole ky'omusaayi ekinyamanyama; kale

ثُمَّ خَلَقْنَا النَّطْقَةَ عَٰلِقَةً وَخَلَقْنَا الْعَٰلِقَةَ مُضْغَةً وَخَلَقْنَا الْمُضْغَةَ

ekinyamanyama netukitondamu amagumba; olwo netubikka ennyama ku magumba; n'oluvannyuma netukiggyamu ekitonde ekirala. Kale nannyini mikisa ye Allah, Asinga abatonzi bonna.

عَظْمًا فَكَسُونَا الْعِظَمَ كَحَمَانٍ ثُمَّ
أَنْشَأْنَاهُ خَلْقًا آخَرَ فَتَبَارَكَ اللَّهُ
أَحْسَنُ الْخَالِقِينَ ﴿١٥﴾

16. N'oluvannyuma lw'ekyo ddala muteekwa okufa.

ثُمَّ رَاتَكُمْ بَعْدَ ذَلِكَ لَمَّا تَمِيتُكُمْ ﴿١٦﴾

17. N'oluvannyuma ddala mulizuukizibwa ku lunaku lw'okuzuukira.

ثُمَّ رَاتَكُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ تُوبِعْتُونُ ﴿١٧﴾

18. Era ddala twatonda waggulu wammwe emigigi gy'eggulu musanvu, era Ffe tetusuula bitonde muguluka.

وَلَقَدْ خَلَقْنَا فَوْقَكُمْ سَبْعَ طَرَائِقَ ۗ وَ
مَا كُنَّا مِنَ الْخَلْقِ غَافِلِينَ ﴿١٨﴾

19. Era twassa amazzi ag'ekigero okuva mu bire, kale netugabeeza mu ttaka, era ddala Ffe tulina obuyinza okugaggyawo.

وَ أَنْزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً بِقَدَرٍ
فَأَسْكَبْتُهُ فِي الْأَرْضِ ۗ وَ إِنَّا عَلَى
ذَهَابٍ بِمَ لَعْنَةِ رُؤُوسِهِ ﴿١٩﴾

20. Era twabakolera nago essamba z'emitende n'emizabibu ze mufunamu ebibala ebingi; ne ku byo kwe mulya.

فَأَنْشَأْنَا لَكُمْ بِهِ جَنَّتٍ مِّنْ تَنْجِيلٍ ۗ
أَعْتَابَ لَكُمْ فِيهَا فَوَاحِشٌ كَثِيرَةٌ ۗ
مِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٢٠﴾

21. N'omuti oguva mu lusozi Sināyi; oguvaamu omuzigo n'enva olw'abali.

وَ شَجَرَةً تَخْرُجُ مِنْ طُورِ سَيْنَاءَ ۗ
تَنْبُتُ بِالدُّهْنِ وَصَنِيعٍ ۗ لِلْأَكْلِيلِينَ ﴿٢١﴾

22. Era ddala mulina eky'okuyigirako mu bisolo. Tubanywesa kw'ebyo ebiri mu mbuto za byo era mubirinamu n'emigaso emirala mingi, era ku byo kwe mulya;

وَ إِنَّا لَكُمْ فِي الْأَنْعَامِ لَعِبْرَةٌ ۗ نَسُوقِيكُمْ
مِمَّا فِي بُطُونِهَا ۗ وَ لَكُمْ فِيهَا مَنَافِعُ
كَثِيرَةٌ ۗ وَمِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٢٢﴾

23. Era ku byo ne ku byombo kwe musitulirwa.

وَ عَلَيْهَا وَعَلَى الْفَالِكِ لَحْمٌ مُّكُونٌ ﴿٢٣﴾

Ruku 2

24. Era ddala twatuma Nuhu eri abantu be n'agamba nti: Abange, musinze Allah. Temulinayo musinzibwa mulala okuggyako Ye. Abaffe, era temwekuume?

وَ لَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَقَالَ
يَقَوْمِ اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنِّ إِلَهٍ
غَيْرُهُ ۗ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٢٤﴾

25. Kale abakungu b'abatakkiriza mu bantu be nebagamba nti: Ono si mulala wabula muntu nga mmwe; ky'ayagala kwe kubeesukkulumizaako. Naye singa Allah yayagala kutuma Mubaka, yandissizza ba malayika. Ffe kino tetukiwulirangako mu ba kitaffe ab'edda.

فَقَالَ الْمَلَأُو الْأَيْمَنَ كَفَرُوا ۗ
وَ قَوْمِهِ مَا هَذَا إِلَّا بَشْرٌ مِّثْلُكُمْ ۗ يُرِيدُ
أَنْ يَتَفَضَّلَ عَلَيْكُمْ ۗ وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَأَنْزَلَ
مَلَائِكَةً ۗ مَا سَمِعْنَا بِهَذَا فِي آبَائِنَا
الْأَوَّلِينَ ﴿٢٥﴾

26. Ono si mulala wabula ye muntu agudde eddalu; kale ggwe mumulindeko okumala akaseera, mujja kulaba.

إِنْ هُوَ إِلَّا رَجُلٌ بِهِ جِنَّةٌ فَمَا تَبْصُرُونَ
حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٢٦﴾

27. *Nuhu* n'agamba nti: Mukama wange, nnyamba kuba bannimbisizza.

قَالَ رَبِّ انصُرْنِي بِمَا كَذَّبْتُونِ ﴿٢٧﴾

28. Kale twamubikkulira nti: Kola ekyombo mu maaso gaffe, era *nga ogoberera* okubikkulirwa kwaffe. Kale ekiragiro kyaffe bwe kirituuka ensulo nezifukumuka, olwo oyingizanga mu kyo omugogo okuva mu buli ebiba ebibiri (ekisajja n'ekikazi) n'abewuwo, okuggyako oyo eyamala okwogerwako mu bo. Naye tobangako ky'ong'amba kw'abo aboononefu; mazima bo ba kusaanyizibwawo.

فَأَوْحَيْنَا إِلَيْهِ أَنْ اصْنَعِ الْفُلَكَ بِأَعْيُنِنَا
وَوَحَيْنَا قِيَادًا آمْرًا وَقَارًا لَتَنْوُرُ ۖ
فَأَسْلَكَ فِيهَا مِنْ كُلِّ زَوْجَيْنِ اثْنَيْنِ
وَأَهْلَكَ إِلَّا مَنْ سَبَقَ عَلَيْهِ الْقَوْلُ
مِنْهُمْ ۖ وَلَا تَجْحَدْ طِبْنِي فِي الَّذِينَ ظَلَمُوا ۗ
إِنَّهُمْ مُّعْرِضُونَ ﴿٢٨﴾

29. Kale bw'olimala okutereera mu kyombo, ggwe n'abo b'oliba nabo, olwo ogambanga nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo atuwonyezza abantu aboononyi:

فَإِذَا اسْتَوَيْتَ أَنْتَ وَمَنْ مَعَكَ عَلَى
الْفُلِكَ فَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي نَجَّسَنَا
مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٢٩﴾

30. Era *mu kukka wansi* ogambanga nti: Mukama wange, ntuusa okutuusa okw'omukisa, anti Ggwe osinga bonna abatuusa.

وَقُلْ رَبِّ أَنْزِلْنِي مُنْزَلًا مُبْرَكًا وَأَنْتَ
خَيْرُ الْمُنْزِلِينَ ﴿٣٠﴾

31. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero. Era ddala *bulijjo* Ffe tugezesa *abantu*.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّرَبِّكَ لِمَنْ يَتْلُو
تِلْكَ آيَاتِنَا مِنْ بَعْدِهِمْ قَدْ نَأْتِيهِمْ آيَاتٌ

32. N'oluvannyuma twasibulawo omulembe omulala oluvannyuma lwabwe.

فَأَرْسَلْنَا فِيهِمْ رَسُولًا مِنْهُمْ أَنْ
اعْبُدُوا اللَّهَ مَا لَكُمْ مِنْ إِلَهٍ غَيْرُهُ ۖ أَفَلَا
تَتَّقُونَ ﴿٣١﴾

33. Kale netutuma mu bo Omubaka nga aviira ddala mu bo *abategeeze nti*: Musinze Allah yekka. Temulinayo musinzibwa mulala atali Ye. Abaffe, era temuutye Allah?

Ruku 3

34. Era abakungu b'abo abatakkiriza mu bantu be, abo abaalimbisa okusisinkana kw'enkomerero era be twagaggawaza mu bulamu bw'ensi, baagamba nti: Ono si mulala wabula muntu buntu nga mmwe. Alya kw'ebyo bye mulyako, era anywa kw'ebyo bye munywako.

وَقَالَ الْمَلَأُ مِنْ قَوْمِ الَّذِينَ كَفَرُوا
وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا الْأُخْرَى ۗ وَأَثَرُ
فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۗ مَا هَذَا إِلَّا بَشْرٌ
مِثْلُكُمْ ۗ يَأْكُلُ مِمَّا تَأْكُلُونَ مِنْهُ
وَيشْرَبُ مِمَّا تَشْرَبُونَ ﴿٣٢﴾

35. Naye bwe munagondera omuntu afaanana nga mmwe, olwo mmwe mujja okufaafaaganirwa.

وَلَكِنْ أَطَعْتُمْ بَشْرًا مِثْلَكُمْ ۗ إِنَّكُمْ
إِذَا الْخَسِرُونَ ﴿٣٣﴾

36. Kazzi abasuubiza nti bwe mulifa era nga mufuuse taka nga muli magumba, nti nate era ddala mulizuukizibwa?

أَيَعِدُكُمْ أَنَّكُمْ إِذَا مِتُّمْ وَكُنْتُمْ
تُرَابًا وَعِظًا مَا أَنَّكُمْ مُخْرَجُونَ ﴿٣٤﴾

37. Kiri wala, biri wala nnyo *n'amagezi* ebyo bye musuubizibwa!

هِيَ هَاتِ هَيْهَاتَ لِمَا تُوعَدُونَ ﴿٣٥﴾

38. Teriiyo kirala okuggyako obulamu bwaffe *buno* obw'oku nsi, tufa era netuba abalamu *wano ku nsi*, era tetuli ba kuzuukizibwa.

إِنَّ هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا نَمُوتُ
وَبخِيَا وَمَاتَحْنُ بِمَبْعُوثِينَ ﴿٣٨﴾

39. Ono si mulala wabula ye muntu agunjagunja ku Allah eby'obulimba, era ffe tetujja kumukkiriza.

إِنَّ هُوَ إِلَّا رَجُلٌ افْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا
وَمَا تَحْنُ لَهُ بِمُؤْمِنِينَ ﴿٣٩﴾

40. N'agamba nti: Mukama wange nnyamba, kubanga bannimbisizza.

قَالَ رَبِّ انصُرْنِي بِمَا كَذَّبْتَنِي ﴿٤٠﴾

41. Allah n'agamba nti: Mu kiseera kitono, mazima bajja kuba nga bejjusa.

قَالَ عَمَّا قَلِيلٍ لَيُصْحَبَنَّ نِدْمِينَ ﴿٤١﴾

42. Kale ekibonerezo kyabakwata mu butuufu, netubafuula ng'ebisasiro. Kale ekikolimo kibeere ku bantu aboononefu!

فَأَخَذَتْهُمُ الصَّيْحَةُ بِالْحَقِّ فَجَعَلْنَاهُمْ
عُقَابًا ۚ فَبَعْدَ اللَّقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٤٢﴾

43. N'oluvannyuma lwabwe twasibulawo emigigi emirala.

ثُمَّ أَنشَأْنَا مِنْ بَعْدِهِمْ قُرُونًا
آخَرِينَ ﴿٤٣﴾

44. Tewali bantu bayinza kuyita ku ntuuko yaabwe, wadde tebayinza kwerwiisa mabega *wa yo*.

مَا تَسْبِقُ مِنْ أُمَّةٍ أَجَلَهَا وَمَا
يَسْتَأْخِرُونَ ﴿٤٤﴾

45. N'oluvannyuma twatuma Ababaka baffe nga ba muddiring'anwa. Naye buli bantu bwe bajjirwanga Omubaka waabwe, baamulimbisanga. Olwo abamu mu bo netubagobereza abalala *mu kuzikirira* era netubafuula nfumo. Kale ekikolimo kibeere ku bantu abatakkiriza!

ثُمَّ أَرْسَلْنَا رُسُلَنَا تَتْرَاءَ كُلَّمَا جَاءَ
أُمَّةٌ رَسُولَهَا كَذَّبُوهُ فَاتَّبَعْنَا
بَعْضَهُمْ بَعْضًا وَجَعَلْنَاهُمْ آحَادٍ ۚ
فَبَعْدَ الرَّقْمِ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٤٥﴾

46. N'oluvannyuma twatuma Mūsa ne muganda we Hārūna n'obubonero bwaffe n'obuyinza obw'olwaatu,

ثُمَّ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ وَ أَخَاهُ هَارُونَ
بِآيَاتِنَا وَ سُلْطٰنٍ مُّبِينٍ ﴿٤٦﴾

47. Eri Farāwo n'abakungu be; naye ne-beekuza, era baali bantu abeegulumiza.

إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَ مَلَائِكِهِمْ فَأَسْتَكْبَرُوا وَ
كَانُوا قَوْمًا عٰلِينَ ﴿٤٧﴾

48. Kale nebagamba nti: Abaffe, tukkirize abantu ababiri obubiri abalinga ffe, ate nga ne bannaabwe baddu baffe?

فَقَالُوا أَنُؤْمِنُ لِبَشَرَيْنِ مِثْلِنَا
وَ قَوْمُهُمَا لَنَا عِبْدُونَ ﴿٤٨﴾

49. Kale baabalimbisa era ne baba mw'abo abaazikirizibwa.

فَكَذَّبُوهُمَا فَكَانُوا مِنَ الْمُهْلَكِينَ ﴿٤٩﴾

50. Era ddala twawa Mūsa Ekitabo balyooke balung'ame.

وَ لَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ لَعَلَّهُمْ
يَهْتَدُونَ ﴿٥٠﴾

51. Era twafuula mutabani wa Maryamu ne nnyina okuba akabonero, era bombi netubawa obubudamo *netubayamba* okutuuka mu

وَ جَعَلْنَا ابْنَ مَرْيَمَ وَ أُمَّةً آيَةً وَ
أَوَيْنَاهُمَا إِلَىٰ رَبْوَةٍ ذَاتِ قَرَارٍ وَ

kifo ekigulumivu ekirimu obutebenkevu
n'ensulo z'amazzi agakulukuta.

مَعِينٍ ﴿٥١﴾

Ruku 3

52. Abange mmwe Abatume, mulye ku
birongoofu era mukole ebikolwa ebirungi.
Mazima Nze bye mukola mbimanyi.

يَا أَيُّهَا الرُّسُلُ كُلُّوَا مِنَ الطَّيِّبَاتِ
وَاعْمَلُوا صَالِحًا إِنِّي بِمَا تَعْمَلُونَ
عَلِيمٌ ﴿٥٢﴾

53. Era ddala ekibiina kyammwe kino kibiina
kimu, ate Nze nze Mukama wammwe.
Kale mutye Nze nzekka.

وَإِنَّ هَذِهِ أُمَّتُكُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً
وَ أَنَا رَبُّكُمْ فَاتَّقُونِ ﴿٥٣﴾

54. Naye *abantu be* baakutulakutula mu
nsonga zaabwe bokka na bokka mu
bitundutundu, buli kiwayi nekisanyukira
ebyo bye kirina.

فَتَقَطَّعُوا أَمْرَهُمْ بَيْنَهُمْ زُبُرًا
كُلَّ حِزْبٍ بِمَا لَدَيْهِمْ فَرِحُونَ ﴿٥٤﴾

55. Kale ggwe baleke mu kutabukatabuka
kwabwe okumala akaseera.

فَدَرَاهُمْ فِي عَمَرَئِهِمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٥٥﴾

56. Abaffe, balowooza nti ebyo bye
tubayamba nabyo mu by'obugagga n'abaana,

أَيَحْسَبُونَ أَنَّمَا نُمِدُّهُمْ بِهِ مِنْ مَّالٍ
وَ بَنِينَ ﴿٥٦﴾

57. Tubibanguyiza lwa bulungi? Nedda,
naye tebategeera.

نَسَارِعُ لَهُمْ فِي الْخَيْرَاتِ بَلَىٰ لَا
يَشْعُرُونَ ﴿٥٧﴾

58. Mazima abo abeesisiwala olw'okutya
Mukama waabwe *nebeekuuma ebibi*,

إِنَّ الَّذِينَ هُمْ مِنْ خَشِيَةِ رَبِّهِمْ
مَشْفِقُونَ ﴿٥٨﴾

59. N'abo abakkiriza obubonero bwa
Mukama waabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ يَا بَنِي رَبِّهِمْ لِيُؤْمِنُوا
﴿٥٩﴾

60. N'abo abatenkanya Mukama waabwe
n'ebirala,

وَالَّذِينَ هُمْ بِرَبِّهِمْ لَا يُشْرِكُونَ ﴿٦٠﴾

61. N'abo abatoola ebyo bye batoola nga
emitima gyabwe gitya nti ddala ba kuddayo
eri Mukama waabwe,

وَالَّذِينَ يُؤْتُونَ مَا آتَوْا وَقَلُوبُهُمْ
وَجِلَةٌ أَنَّهُمْ إِلَىٰ رَبِّهِمْ رَاجِعُونَ ﴿٦١﴾

62. Abo nno be banguyira eri *okukola*
ebirungi, era abo ku byo be bakulembeze.

أُولَٰئِكَ يُسَارِعُونَ فِي الْخَيْرَاتِ وَ هُمْ
لَهَا سَاقِطُونَ ﴿٦٢﴾

63. Era Ffe tetutikka muntu buvunaanyizi-
bwa wabula nga okusobola kwe bwe kuba,
era tulina Ekitabo ekyogera amazima, era
tebaliryazaamaanyizibwa.

وَلَا يُكَلِّفُ نَفْسًا إِلَّا وُسْعَهَا وَلَدَيْنَا
كِتَابٌ يَنْطِقُ بِالْحَقِّ وَ هُمْ لَا
يُظَلِّمُونَ ﴿٦٣﴾

64. Naye *abantu emyoyo* gyabwe
tegifaayo ku *Kitabo* kino, ate ng'oggyeeko
ekyo, balinayo n'ebikolwa ebirala *ebibi*
bye bakola;

بَلَىٰ قَلُوبُهُمْ فِي عَمْرَةٍ مِّنْ هَذَا وَ
لَهُمْ أَعْمَالٌ مِّنْ دُونِ ذَٰلِكَ هُمْ لَهَا
عَامِلُونَ ﴿٦٤﴾

65. Okutuusa lwe tulikangavvula abejalabya mu bo n'ekibonerezo, okwejjjuukiriza nga bawanjaga.

حَتَّىٰ إِذَا أَخَذْنَا مُتْرَفِيهِمْ بِالْعَذَابِ
إِذَآ هُمْ يُجْرُونَ ﴿١٥﴾

66. Temuwanjaga olwa leero, mazima temujsa kufuna buyambi gye tuli.

لَا تَجْعَرُوا أَلْيَوْمَ تَرَىٰ إِنَّكُمْ وَمَنَّا لَا
نُنصِرُونَ ﴿١٦﴾

67. Mazima Aya zange zaabasomerwanga naye nga mukyuukira ku bisinziro byammwe,

قَدْ كَانَتْ آيَاتِي تُثَلِّثُ عَلَيْكُمْ فَكُنْتُمْ
عَلَىٰ أَعْقَابِكُمْ تَنكِصُونَ ﴿١٧﴾

68. Nga mwekuza ku yo era nga mwogera n'ebya sswaakaba ku Kur'ani ekiro.

مُسْتَكْبِرِينَ ۗ بِهِ سِمِرَاتُ فَنَجْرُونَ ﴿١٨﴾

69. Abaffe, bo tebafumiitiriza ku kigambo kya Allah, nandiki batuukiddwako ekyo ekitaatuuka ku bakitaabwe ab'edda?

أَفَلَمْ يَدَّبَّرُوا الْقَوْلَ أَمْ جَاءَهُمْ مَا
كَانَ يَأْتِ آبَاءَهُمُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٩﴾

70. Nandiki tebategeera butegeezi Mutume waabwe, kale kyebava bamugaana?

أَمْ لَمْ يَعْرِفُوا رَسُولَهُمْ فَهُمْ لَهُ
مُنْكَرُونَ ﴿٢٠﴾

71. Kazzi bagamba nti agudde ddalu? Nedda, ye y'eyabaleetera amazima; naye abasinga obungi mu bo amazima bagakyawa.

أَمْ يَقُولُونَ بِهِ حِجَّةٌ ۗ بَلْ جَاءَهُمْ
بِالْحَقِّ وَآكْثَرُهُمْ لِالْحَقِّ كَرِهُونَ ﴿٢١﴾

72. Era singa amazima gaali gagoberera kwagala kwabwe, ddala eggulu n'ensi ne bonna ababirimu byandyoonese. Era tubaleetedde Okubuulirira kwabwe, naye bo Okubuulirira kwabwe bakukubye mabega.

وَلَوْ اتَّبَعَ الْحَقُّ أَهْوَاءَهُمْ
لَفَسَدَتِ السَّمَاوَاتُ وَالْأَرْضُ وَمَن
فِيهِنَّ ۗ بَلْ أَتَيْنَهُمْ بِذِكْرِهِمْ فَهُمْ
عَن ذِكْرِهِمْ مُعْرِضُونَ ﴿٢٢﴾

73. Ye, obasabye mpeera? Kale nno bategeere nti yo empeera ya Mukama wo y'esinga obulungi, era Ye y'asinga abagabi bonna.

أَمْ تَسْأَلُهُمْ خَرْجًا ۖ وَخَرَجَ رَبِّكَ خَيْرٌ
وَّهُوَ خَيْرُ الرَّزَاقِينَ ﴿٢٣﴾

74. Era tewali kubuusabuusa, ddala ggwe obakoowolera eri kkubo ggolokofu.

وَإِنَّكَ لَتَدْعُوهُمْ إِلَىٰ صِرَاطٍ
مُّسْتَقِيمٍ ﴿٢٤﴾

75. Era mazima abo abatakkiriza nkomerero, ddala be bawuguka ku kkubo.

وَإِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ
عَنِ الصِّرَاطِ لَنَّا كِبُؤُونَ ﴿٢٥﴾

76. Era singa twabasaasira netubaggyako obuzibu bwe baalimu, mazima era baaligugubidde mu bujemu bwabwe, nga bawunaa-wuna.

وَلَوْ رَحِمْنَاهُمْ وَكَشَفْنَا مَا بِهِم مِّنْ ضُرٍّ
لَلَّجُوا فِي طُغْيَانِهِمْ يَعْمَهُونَ ﴿٢٦﴾

77. Era mazima twabakangavvula n'ekibonerezo, naye era tebeetoowaza eri Mukama waabwe wadde tebeewombeeka.

وَلَقَدْ أَخَذْنَا لَهُم بِالْعَذَابِ فَمَا اسْتَعَاذُوا
بِرَبِّهِمْ وَمَا يَتَضَرَّعُونَ ﴿٢٧﴾

78. Okutuusa lwe twabaggulira omulyango gw'ekibonerezo eky'amaanyi, okwejjukiriza nga baweddemu essuubi ku kyo.

حَتَّىٰ إِذَا فَتَحْنَا عَلَيْهِم بَابًا
ذَا عَذَابٍ شَدِيدٍ إِذَا هُمْ فِيهِ
مُبْلِسُونَ ﴿٧٨﴾

Ruku 5

79. Era Ye y'eyabakolera amatu n'amaaso n'emitima, naye mwebaza katono nnyo.

وَهُوَ الَّذِي أَنشَأَ لَكُمُ السَّمْعَ
وَ الْإِبْصَارَ وَ الْآفِئِدَةَ قَلِيلًا مَّا
تَشْكُرُونَ ﴿٧٩﴾

80. Era Ye y'eyababunya mu nsi era gy'ali gye mulikung'aanyizibwa.

وَهُوَ الَّذِي ذَرَأَكُمْ فِي الْأَرْضِ وَ رَبُّهُ
يُخَشِّرُونَ ﴿٨٠﴾

81. Era Ye y'awa obulamu era y'afiisa, n'okukyuusakyuusa ekiro n'emisana kukwe. Abaffe, temutegeera?

وَهُوَ الَّذِي يُحْيِي وَ يُمِيتُ وَ لَهُ
اِخْتِلَافُ اللَّيْلِ وَ النَّهَارِ أَفَلَا
تَعْقِلُونَ ﴿٨١﴾

82. Naye nabo boogera ky'ekimu nga abaabasooka bwe baayogeranga.

بَلْ قَالُوا مِثْلَ مَا قَالَ الْأَوَّلُونَ ﴿٨٢﴾

83. Baagamba nti: Abaffe, bwe tulifa ne-tufuuka enfuufu era nga tuli magumba, abaffe era tulizuukizibwa?

قَالُوا ءِذَا دَرَأْنَاهُ أَكُنَّا تُرَابًا وَ عِظْمًا
ءِ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ﴿٨٣﴾

84. Mazima kino twakisubizibwa dda, ffe ne bakitaffe. Kino si kirala wabula ngero z'abedda.

لَقَدْ وَعَدْنَا نَحْنُ وَ آبَاؤُنَا هَذَا مِنْ
قَبْلُ إِنْ هَذَا إِلَّا أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٨٤﴾

85. Gamba nti: Ensi y'ani n'abagirimu, obanga mumanyi?

قُلْ لِمَنْ الْأَرْضُ وَ مَنْ فِيهَا إِنْ
كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿٨٥﴾

86. Bajja kugamba nti: Bya Allah. Gamba nti: Abaffe, era temuufumiitirize?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿٨٦﴾

87. Gamba nti: Ani Mukama w'emigigi gy'eggulu omusanvu era Mukama wa Nnamulondo Ensukkirivu?

قُلْ مَنْ رَبُّ السَّمَاوَاتِ السَّبْعِ وَ رَبُّ الْعَرْشِ
الْعَظِيمِ ﴿٨٧﴾

88. Bajja kugamba nti: Bya Allah. Gamba nti: Abaffe, era temuuteye Allah?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ أَفَلَا تَتَّقُونَ ﴿٨٨﴾

89. Gamba nti: Obanga mumanyi, muntegeeze obufuzi bwa buli kimu buli mu mikono gy'ani? Era oyo awa obuddukiro, so nga tewali mulala asobola kuwa buddukiro ku Ye, y'ani?

قُلْ مَنْ بِيَدِهِ مَلَكُوتُ كُلِّ شَيْءٍ وَ هُوَ
يُحْيِيهِ وَ لَا يُجَارُ عَلَيْهِ إِنْ كُنْتُمْ
تَعْلَمُونَ ﴿٨٩﴾

90. Bajja kugamba nti: Bya Allah. Gamba nti: Ate mubuzibwabuzibwa mutya?

سَيَقُولُونَ لِلَّهِ قُلْ فَأَنَّى تُشْكِرُونَ ﴿٩٠﴾

91. Ddala twabaleetera amazima, naye tewali kuwannaanya, ddala bo balimba.

بَلْ آتَيْنَهُم بِالْحَقِّ وَ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿٩١﴾

92. Allah tatwalanga mwana yenna era tewabangawo musinzibwa mulala awamu naye. *Singa bwe kyali*, olwo buli musinzibwa yaaliggyeewo ebyo bye yatonda, n'abamu ku bo ddala baalisukkulumye ku balala. Obutuukirivu bwa Allah, ali ewala ennyo n'ebyo bye boogera!

مَا تَتَّخِذُ اللَّهُ مِنْ وَلَدٍ وَمَا كَانَ مَعَهُ
مِنْ آلٍ إِذْ أَتَاهَا ذَهَابَ كُلُّ أَلْبَابٍ مَخْلَقٍ
وَكَعَلَا بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ سُبْحَانَ اللَّهِ
عَمَّا يُصِفُونَ ﴿١٦﴾

93. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika. Kale ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya na byo.

عَلِيمِ الْغَيْبِ وَ الشَّهَادَةِ فَتَعَلَّ عَمَّا
يُشْرِكُونَ ﴿١٧﴾

Ruku 6

94. Gamba nti: Mukama wange, obanga onondaga ebyo bye balabulwako,

قُلْ رَبِّ إِنَّمَا تَرِيئِي مَا يُوعَدُونَ ﴿١٨﴾

95. Mukama wange, tonteeka mu bantu aboonoonefu.

رَبِّ فَلَا تَجْعَلْنِي فِي الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿١٩﴾

96. Era mazima Ffe tulina obuyinza okukulaga ebyo bye tubalabulako.

وَرَأَى عَلَى أَنْ تَرِيكَ مَا نَعَدُهُمْ
لَقَدْ رُؤُونَ ﴿٢٠﴾

97. Era sindiikirizanga *ekibi* nga weeyambisa ekyo ekisinga obulungi. Ffe tusinga okumanya ebyo bye boogera.

إِذْفَعُ بِأَلَّتِي هِيَ أَحْسَنُ السَّيِّئَةِ
تَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يُصِفُونَ ﴿٢١﴾

98. Era gambangana nti: Mukama wange, newogoma gy'oli omponye okusendasenda kwa ba Sitaani.

وَقُلْ رَبِّ أَعُوذُ بِكَ مِنْ هَمَزَاتِ
الشَّيْطَانِ ﴿٢٢﴾

99. Era newogoma gy'oli, Mukama wange, baleme kunsemerera.

وَأَعُوذُ بِكَ رَبِّ أَنْ يَحْضُرُونَ ﴿٢٣﴾

100. Okutuusa omu ku bo lw'atuukibwako okufa, *olwo* n'agamba nti: Mukama wange, nzizaayo,

حَتَّى إِذَا جَاءَ أَحَدَهُمُ الْمَوْتُ قَالَ
رَبِّ ارْجِعُونِ ﴿٢٤﴾

101. Ndyooke nkole *ebikolwa* ebirungi mu *bulamu* bwendese *emabega*. Tekiyinzika, ddala ekyo kigambo bugambo ky'alyogera. Anti emabega waabwe ebaayo ekiziya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.

لَعَلِّي أَعْمَلُ صَالِحًا فِيمَا تَرَكْتُ كَلَّا
إِنَّهَا كَلِمَةٌ هُوَ قَائِلُهَا وَمِنْ
وَدَائِبِهِمْ بَدْرًا خ إِلَى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ﴿٢٥﴾

102. Kale awo eng'ombe bw'erifuuyibwa, kw'olwo tewaliba luganda wakati waabwe wadde tebalibuzaganya.

فَإِذَا نُفِخَ فِي الصُّورِ فَلَا أَنْسَابَ بَيْنَهُمْ
يَوْمَئِذٍ وَلَا يَتَسَاءَلُونَ ﴿٢٦﴾

103. Kale abo ebipimibwa byabwe ebiritowa, abo be baliganyulwa;

فَمَنْ تَقَلَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ هُمُ
المُفْلِحُونَ ﴿٢٧﴾

104. Naye abo ebipimibwa byabwe ebiriwewuka, kale abo be beezikiriza bokka; bo be b'okubeera mu Jahannamu.

وَمَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ فَأُولَئِكَ الَّذِينَ
خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ فِي جَهَنَّمَ خَالِدُونَ ﴿٢٨﴾

105. Omuliro gulibababula obwenyi bwabwe, era baligubeeramu nga bafungaladde.

تَلْفَحُ وَجُوهَهُمُ النَّارُ وَ هُمْ فِيهَا
كَالِحُونَ ﴿٢٩﴾

106. Abaffe, Aya zange tezaabasomerwanga naye ne muzirimbisa?
 أَلَمْ تَكُنْ أَيْتِي تُشَلِّ عَلَيْكُمْ فَكُنْتُمْ بِهَا تُكْذِبُونَ ﴿١٦١﴾
107. Baligamba nti: Mukama waffe, ekikwa kyaffe kyatusinza amaanyi, era twali bantu babuze.
 قَالُوا رَبَّنَا عَلَبْتَ عَلَيْنَا شَقِوْنَا وَ كُنَّا قَوْمًا صَٰلِّينَ ﴿١٦٢﴾
108. Mukama waffe, tuggye mu gwo leero. Bwe tuliddira, olwo ddala tuliba boonoonyi.
 رَبَّنَا أَخْرِجْنَا مِنْهَا فَإِن عُدْنَا فَإِنَّا ظَالِمُونَ ﴿١٦٣﴾
109. Allah Aligamba nti: Muguyingire muguggweremu era temwogera gyendi.
 قَالَ احْسَبُوا فِيهَا وَلَا تُكْفِرُوا ﴿١٦٤﴾
110. Ddala waaliwo ekibiina mu baweereza bange abaagambanga nti: Mukama waffe, tukkirizza; kale tusonyiwe era otusaasire, anti Ggwe osinga abasaasizi bonna.
 إِنَّهُ كَانَ فَرِيقٌ مِّنْ عِبَادِي يَقُولُونَ رَبَّنَا آمَنَّا فَاغْفِرْ لَنَا وَارْحَمْنَا وَأَنْتَ خَبِيرُ الرَّحِيمِينَ ﴿١٦٥﴾
111. Kyokka mmwe mwabatwalanga ng'ekyokuzannyisa, okutuusa lwe babafuukira ensonga y'okwerabira okunzijukira nga mmwe muli mu kubasekerera.
 فَاتَّخَذُوا لَهُمْ سَخِرِيًّا حَتَّىٰ أَنْسَوْكُمْ ذِكْرِي وَكُنْتُمْ مِنْهُمْ تَضْحَكُونَ ﴿١٦٦﴾
112. Mazima olwa leero nange mbasasudde olw'ebyo bye baagumiikirizaako, ddala bo be b'okuganyulwa.
 رَبِّي جَزَيْتُهُمُ الْيَوْمَ بِمَا صَبَرُوا ۗ إِنَّهُمْ هُمُ الْفَٰرِزُونَ ﴿١٦٧﴾
113. Aligamba nti: Ye kazzi mwamala mu nsi emyaka omuwendo gwenkana wa?
 فَلَكُمْ لِيُثَبِّتُمْ فِي الْأَرْضِ عَدَّةَ سِنِينَ ﴿١٦٨﴾
114. Baliddamu nti: Twamala olunaku lumu oba ekitundu kimu eky'olunaku, naye buuzaako ku babalirizi?
 قَالُوا لَيْسَ لَنَا يَوْمًا أَوْ بَعْضَ يَوْمٍ فَسَعَلَ الْعَادِينَ ﴿١٦٩﴾
115. Aligamba nti: Ddala mwamala ekiseera kitono, singa mwali mumanyi.
 فَلْإِن لَّبِثْتُمْ إِلَّا قَلِيلًا لَّوْ أَنْكُمْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٧٠﴾
116. Abaffe, mwalowooza nti ddala Ffe twabatondera bweereere era nti ddala temulizzibwa gye tuli?
 أَوْحَسِبْتُمْ أَنْمَّا خَلَقْنَاكُمْ عَبَثًا وَ أَنْكُمْ إِلَيْنَا لَا تُرْجَعُونَ ﴿١٧١﴾
117. Kale Omugulumivu ennyo ye Allah, Kabaka Ow'amazima. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka, Nannyini Nnamulondo ey'ekitiibwa.
 فَتَطَّلَىٰ اللَّهُ الْمَلِكُ الْحَقُّ ۗ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ ۗ رَبُّ الْعَرْشِ الْكَرِيمِ ﴿١٧٢﴾
118. Era oyo alaajanira omusinziibwa omulala awamu ne Allah, talinaayo bukakafu bwonna ku ye, kale ddala okubalirirwa kwe kuli eri Mukama we. Mazima abatakkiriza tebaliganyulwa.
 وَمَنْ يَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ ۗ لَا يَرْهَقَنَّهُ لَهُ مِنْ شَيْءٍ فَاتِمًا حَسَابُهُ عِنْدَ رَبِّهِ ۗ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ الْكَافِرُونَ ﴿١٧٣﴾
119. Era gamba nti: Mukama wange, sonyiwa era osaasire, anti Ggwe osinga abasaasizi bonna.
 وَقُلْ رَبِّ اغْفِرْ وَارْحَمْ وَأَنْتَ خَيْرُ الرَّحِيمِينَ ﴿١٧٤﴾

AL-NÛR

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'elinyya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Eno y'Essuula gye twassa era ne-tugirimiriza eri abantu, netussa mu yo ebiragiro eby'olwaatu, mulyooke mufumiitirize.

3. Omukazi omwenzi n'omusajja omwenzi, kale buli omu ku bo mumukube kibooko kikumi. Era bombi temubakwatirwanga kisa ku kutuukiriza etteeka lya Allah, bwe muba nga mukkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Era wabangawo ekibiina ky'abakkiriza balabe okubonerezebwa kwabwe.

4. Omusajja omwenzi y'oyo aba tagasse na mukyala we, wabula n'omukazi omwenzi oba n'omukazi eyenkanya Allah n'ebirala. N'omukazi omwenzi y'oyo aba nga bba si y'agasse naye, wabula nga agasse na musajja mwenzi oba omusajja eyenkanya Allah n'ebirala. Ng'ate ekyo kyaziyizibwa eri abakkiriza.

5. Era n'abo abawaayiriza abakazi abeekuumi n'oluvannyuma nebaalemwa okuleeta abajulizi abana, kale mubakube kibooko kinaana. Era oluvannyuma temukkirizanga bujulizi bwabwe ddi na ddi, era abo ddala be bajemu,

6. Okuggyako abo ababonerera oluvannyuma lw'ekyo era nebatereerera ddala, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

7. Era n'abo abawaayiriza bakyala baabwe nga tebalina bajulizi, okuggyako bo bennyini, kale obujulizi bwa yenna mu bo kwe kukakasa emirundi ena mu linnya lya Allah nti mazima ye ali mw'abo aboogera amazima.

8. N'ogwokutaano agambe nti ekikolimo kya Allah kimubeereko, singa aba nga ali mu balimba.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

سُورَةٌ اَنْزَلْنٰهَا وَفَرَضْنٰهَا وَاَنْزَلْنَا فِيْهَا آيٰتٍ بَيِّنٰتٍ لِّعَلَّكُمْ تَذَكَّرُوْنَ ②

الزّٰنِيَةُ وَالزّٰنِي فَاجْلِدُوا كُلَّ وَاحِدٍ مِّنْهُمَا مِائَةً جَلْدَةٍ وَلَا تَأْخُذْكُمْ بِهِمَا رَأْفَةٌ فِي دِيْنِ اللّٰهِ اِنْ كُنْتُمْ تُؤْمِنُوْنَ بِاللّٰهِ وَالْيَوْمِ الْاٰخِرِ ؕ وَلْيَشْهَدْ عَذَابَهُمَا طَآئِفَةٌ مِّنَ الْمُؤْمِنِيْنَ ③

الزّٰنِي لَا يَنْكِحُ اِلَّا زَانِيَةً اَوْ مُشْرِكَةً وَالزّٰنِيَةُ لَا يَنْكِحُهَا اِلَّا زَانٍ اَوْ مُشْرِكٌ ؕ وَحِرْمٌ ذٰلِكَ عَلَى الْمُؤْمِنِيْنَ ④

وَالَّذِيْنَ يَزْمُوْنَ الْمُحْصَنٰتِ ثُمَّ لَمْ يَأْتُوْا بِاَرْبَعَةِ شُهَدَآءٍ فَاجْلِدُوْهُمْ ثَمٰنِيْنَ جَلْدَةً وَلَا تَقْبَلُوْا لَهُمْ شَهَادَةً اَبَدًا ؕ وَاُولٰٓئِكَ هُمُ الْفٰسِقُوْنَ ⑤

اِلَّا الَّذِيْنَ تَابُوْا مِنْ بَعْدِ ذٰلِكَ وَاصْلَحُوْا ؕ فَاِنَّ اللّٰهَ غَفُوْرٌ رّحِيْمٌ ⑥

وَالَّذِيْنَ يَزْمُوْنَ اَزْوَاجَهُمْ وَ لَمْ يَكُنْ لَهُمْ شُهَدَآءٌ اِلَّا اَنْفُسُهُمْ فَشَهَادَةُ اَحَدِهِمْ اَرْبَعَةٌ شَهَدِيْتٌ بِاللّٰهِ اِنَّهُ لَمِنَ الصّٰدِقِيْنَ ⑦

وَالْعَامِسَةُ اَنَّ لَعْنَتَ اللّٰهِ عَلَيْهِ اِنْ كَانَ مِنَ الْكٰذِبِيْنَ ⑧

9. Era omukyala ekibonerezo kimuggyibwako bw'akakasa emirundi ena mu linnya lya Allah nti mazima ddala bba ali mu balimba.

10. N'ogwokutaano agambe nti obusungu bwa Allah bumubeereko singa bba aba nga ali mu boogera amazima.

11. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, n'okuba nti ddala Allah Musonyiyi nnyo, Mugezi nnyo, mwalibonyebonye nnyo.

Ruku 2

12. Mazima abo abaaleeta obulimba, kabiina kaava mu mmwe. Naye temukitwala nti kibi gye muli; nedda, wabula kirungi gye muli. Buli omu mu bo alifuna ekibonerezo ekyenkana n'ebibi bye yakola; naye oyo mu bo eyali lukulwe ku bwo, y'alifuna ekibonerezo ekisukkiridde.

13. Awo nga mubiwalidde, lwaaki abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi tebaalowooleza bannaabwe birungi, nebagamba nti: Kuno kuwaayiriza kwa lwaatu?

14. Ye lwaaki tebaakireetako bajulizi bana?. Kale okuva lwe bataaleeta bajulizi, kale abo eri Allah be balimba!

15. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, mu nsi ne ku nkomerero, mazima mwaalituukiddwako ekibonerezo ekisuffu olw'ebyo bye mwalaalaasa.

16. Awo bwe mwakifuna mwakyogerako n'ennimi zammwe nemwogera n'emimwa gyammwe ekyo kye mutaalina kye mukimanyiko, nga mukibala nti kitono, so nga ekyo eri Allah kibi kinene nnyo.

17. Awo nga mubiwalidde, lwaaki temwagamba nti: Bino tetusaana na kubyogerako. Obutuukirivu bubwo, Ayi Allah, kuno kuwaayiriza kusukkirivu!

18. Allah ababuulirira nti temuddiranga nate kukola ekiri ng'ekyo ddi na ddi, bwe muba

وَيَذَرُوهَا الْعَذَابَ أَنْ تَشْهَدَ آذَانَهُ
شَهِدَتْ بِاللَّهِ إِنَّهُ لَمِنَ الْكٰذِبِيْنَ ۝٩

وَالْحٰكِمِۤسَّةَ اَنْ عَضِبَ اللّٰهُ عَلَيْهِۤمَ اِنْ كَانَ
مِنَ الصّٰدِقِيْنَ ۝١٠

وَلَوْلَا فَضْلُ اللّٰهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ وَاَنَّ
اللّٰهَ تَوَّابٌ حَكِيْمٌ ۝١١

اِنَّ الَّذِيْنَ جَآءُوْا بِاَلۡفَاكِ عَضِبَةُ
مِّنْكُمْ لَا تَحْسَبُوْهُ شَرًّا لَّكُمۡ بَلْ هُوَ
خَيْرٌ لَّكُمۡ لِكُلِّ اٰمِرٍ مِّنْهُمۡ مَّا
اٰكْتَسَبَ مِنَ الْاَرۡثِ ثُمَّ وَالَّذِيْ تَوَلّٰى
كِبْرًا مِّنْهُمۡ لَهٗ عَذَابٌ عَظِيْمٌ ۝١٢

لَوْلَا اِذَا سَمِعْتُمُوْهُ ظَنَّ الْمُؤْمِنُوْنَ وَ
الْمُؤْمِنٰتُ بِاَنۡفُسِهِنَّ خَيْرًا وَّ قَالُوْا
هٰذَا اِلۡفَاكٌ مُّبِيْنٌ ۝١٣

لَوْلَا جَآءُوْا عَلَيْهِۤمَ بِاَرْبَعَةِ شُهَدَآءٍ
فَاِذَا لَمْ يَأْتُوْا بِالشُّهَدَآءِ فَأُولٰٓئِكَ
عِنۡدَ اللّٰهِ هُمُ الْكٰذِبُوْنَ ۝١٤

وَلَوْلَا فَضْلُ اللّٰهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ فِي
الدُّنْيَا وَاٰخِرَةِ لَمَسَّكُمْ فِيۤ مَا اَفۡضَضْتُمْ
فِيۤهِ عَذَابٌ عَظِيْمٌ ۝١٥

اِذَا تَلَقَّوۡنَهُۥ بِالسِّيۡتِكُمْ وَ تَقُوۡلُوۡنَ
بِاَفۡوَآهِكُمْۤ مَا لَيْسَ لَكُمۡ بِهٖ عِلۡمٌ وَّ
تَحْسَبُوۡنَهُۥ هَيَۡٔتًا وَّ هُوَ عِنۡدَ اللّٰهِ
عَظِيْمٌ ۝١٦

وَلَوْلَا اِذَا سَمِعْتُمُوْهُ قُلْتُمْ مَا يَكُوۡنُ لَنَا
اَنْ نَّتَكَلَّمَ بِهٰذَا سُبۡحٰنَكَ هٰذَا
بُهۡتٰنٌ عَظِيْمٌ ۝١٧

يَعۡظُمُ اللّٰهُ اَنْ تَعُوۡدُوۡا لِلمِثۡلِۤهٗۤ اَبَدًا اِنَّ

nga muli bakkiriza.

19. Era Allah abannyonnyola amateeka. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

20. Mazima abo abaagala eby'obuwemu bisaasaane mw'abo abakkiriza, balifuna ekibonerezo ekirumya ku nsi ne ku nkomerero. Era Allah y'amanyi, naye mmwe temumanyi.

21. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, n'olwokuba nti ddala Allah Musaasizi nnyo, wa kisa nnyo, mwalizikiriziddwa.

Ruku 3

22. Abange mmwe abakkiriza, temugobereranga buwufu bwa Sitaani. Era oyo agoberera obuwufu bwa Sitaani, kale ddala ye (Sitaani) y'akubiriza okukola eby'obuwemu n'ebitasaana. Era singa si mikisa gya Allah egiri ku mmwe n'okusaasira kwe, tewaalibaddewo yenna mu mmwe atukula ddi na ddi; naye Allah atukuza oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

23. Era abo mu mmwe abalina obutitimbe n'okwetaaya baleme kwerayirira butaddayo kuwa baabwe n'abankuseere n'abasengukira mu kkubo lya Allah. Kale basaanye basonyiwe era babaddiremu. Abaffe, mmwe temwagala Allah kubasonyiwa? Anti Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

24. Mazima abo abawaayiriza abakazi abekuumi, abatafa ku bya nsi, abakkiriza, baakolimirwa ku nsi ne ku nkomerero; era balifuna ekibonerezo ekisukkirivu,

25. Ku lunaku ennimi zaabwe lwe ziribawaako obujulizi n'emikono gyabwe n'ebigere byabwe kw'ebyo bye baakolanga.

26. Kw'olwo Allah lw'alibasasula empeera yaabwe mu bujjuvu, era balimanya nti ddala Allah ye w'Amazima agategerekeka.

كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٨﴾

وَيُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمُ الْآيَاتِ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿١٩﴾

إِنَّ الَّذِينَ يُجِبُّونَ أَنْ تَشِيعَ الْفَاحِشَةُ فِي الَّذِينَ آمَنُوا لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ۗ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ۗ وَاللَّهُ يَعْلَمُ وَأَنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٢٠﴾

وَلَوْلَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ وَأَنَّ اللَّهَ رَوْفٌ رَحِيمٌ ﴿٢١﴾

﴿٢١﴾

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَّبِعُوا خُطُوَاتِ الشَّيْطَانِ ۗ وَمَنْ يَتَّبِعْ خُطُوَاتِ الشَّيْطَانِ فَإِنَّهُ يَأْمُرُ بِالْفَحْشَاءِ وَالْمُنْكَرِ ۗ وَلَوْلَا فَضْلُ اللَّهِ عَلَيْكُمْ وَرَحْمَتُهُ مَا زَكَا مِنْكُمْ مِنْ أَحَدٍ أَبَدًا ۗ وَلَئِنْ اللَّهُ يُرِيدْ مِنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٢٢﴾

وَلَا يَأْتِلْ أُولُو الْقُرْبَىٰ وَالسَّعَةِ أَنْ يُؤْتُوا أُولَى الْقُرْبَىٰ وَالْمَسْكِينِ وَ الْمُهَاجِرِينَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ۗ وَ لِيَعْلَمُوا ۗ وَ لِيَضْفَحُوا ۗ أَلَا تُحِبُّونَ أَنْ يَخْفَرَ اللَّهُ لَكُمْ ۗ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٣﴾

إِنَّ الَّذِينَ يَرْمُونَ الْمُحْصَنَاتِ الْغُفْلَاتِ الْمُؤْمِنَاتِ لُعُنُوا فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ ۗ وَ لَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ﴿٢٤﴾

يَوْمَ تَشْهَدُ عَلَيْهِمْ أَلْسِنَتُهُمْ وَ أَيْدِيهِمْ وَ أَرْجُلُهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٥﴾

يَوْمَئِذٍ يُؤْفِكِهِمُ اللَّهُ ۗ وَ يَبْنُهُمُ الْحَقُّ ۗ وَ يَعْلَمُونَ أَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ الْمُبِينُ ﴿٢٦﴾

27. Ebibi *biba* bya bantu babi, n'abantu ababi *baba* ba bibi. N'ebirungi *biba* bya bantu balungi, n'abantu abalungi *baba* ba birungi; abo nno be bejjeerera kw'ebyo *abawaayiriza* bye boogera. Balifuna okusonyiyibwa n'ebigabibwa eby'ekitiibwa.

Ruku 4

28. Abange mmwe abakkiriza, temuyingiranga mu nnyumba ezitali zammwe, okutuusa nga musabye okukkirizibwa nemutoola ne 'Salaamu' eri abazirimu. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, mulyooke mulabuke.

29. Era bwe mutazisangangamu muntu yenna, kale temuziyingirangamu okutuusa nga mukkirizibwa. Era bwe mugambibwanga nti muddeyo, kale muddangayo; ekyo ky'ekisinga obutukuvu gye muli. Era bye mukola byonna, Allah abimanyi.

30. Temubaako kisobyoye bwe muyingira mu nnyumba ezitasulwamu nga mulinamu ebintu byammwe *bye mwagala*. Era Allah amanyi bye mwoleka ne bye mukisa.

31. Gamba abakkiriza abasajja bakkakanyenga ku maaso gaabwe era bakuumenga obweereere bwabwe. Ekyo ky'ekisinga okuba ekitukuvu gye bali. Mazima Allah ategeera bulungi ebyo bye bakola.

32. Era gamba abakkiriza abakazi bakkakanyenga ku maaso gaabwe era bakuumenga obweereere bwabwe era balemenga kulaga bisikiriza byabwe, okuggyako ebyo eby'enkukunala *ebiteebeereka* era bassenga ebibikka byabwe ebyooku mutwe ku bifuba byabwe, era balemenga kulaga bisikiriza byabwe, okuggyako eri ba bbaabwe, oba bakitaabwe, oba bazezaala baabwe, oba abaana babwe, oba abaana ba babbaabwe, oba bannyinaabwe, oba abaana ba bannyinaabwe, oba abaana ba baganda baabwe abakazi, oba bakazi bannaabwe *ab'empisa*, oba abo abali mu mikono gyabwe egya ddyo, oba abaweereza abasajja abatali ku bya bakazi, oba abaana abato abatannamanya bya bwereere bwa bakazi. Era abakyala balemenga kusambagaza bigere byabwe olw'okumanyisa ebyo bye

الْحَمِيثُونَ وَالْحَمِيثِينَ وَ الْحَمِيثُونَ
لِلْحَمِيثَاتِ ۚ وَ الطَّيِّبَاتِ لِلطَّيِّبِينَ وَ
الطَّيِّبُونَ لِلطَّيِّبَاتِ ۚ أُولَئِكَ مُبَرَّءُونَ
مِمَّا يَقُولُونَ ؕ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَ رِزْقٌ
كَرِيمٌ ﴿٢٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَدْخُلُوا بُيُوتًا
غَيْرَ بُيُوتِكُمْ حَتَّى تَسْتَأْذِنُوا ؕ وَسَلِّمُوا
عَلَىٰ أَهْلِهَا ؕ ذَٰلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ لَعَلَّكُمْ
تَذَكَّرُونَ ﴿٢٨﴾

فَإِن لَّمْ تَجِدُوا فِيهَا أَحَدًا فَلَا
تَدْخُلُوهَا حَتَّىٰ يُؤْذَنَ لَكُمْ ۚ وَإِن قِيلَ
لَكُمْ ارْجِعُوا فَارْجِعُوا ۗ هُوَ أَزْهَىٰ لَكُمْ ؕ
وَٱللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ عَلِيمٌ ﴿٢٩﴾

لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَن تَدْخُلُوا بُيُوتًا
غَيْرَ مَسْكُونَةٍ فِيهَا مَتَاعٌ لَّكُمْ ؕ وَٱللَّهُ
بِعِلْمِ مَا تُبْدُونَ وَ مَا تَكْتُمُونَ ﴿٣٠﴾

قُلْ لِلْمُؤْمِنِينَ يَغُضُّوا مِنْ أَبْصَارِهِمْ
وَ يَحْفَظُوا أَرْوَاحَهُمْ ذَٰلِكَ أَدْرَأَىٰ لَهُمْ
إِنَّ ٱللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا يَصْنَعُونَ ﴿٣١﴾

وَ قُلْ لِلْمُؤْمِنَاتِ يَغْضُضْنَ مِنْ أَبْصَارِهِنَّ
وَ يَحْفَظْنَ أَرْوَاحَهُنَّ وَ لَا يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ
إِلَّا مَا ظَهَرَ مِنْهَا وَ لِيَضْرِبْنَ بِخُمُرِهِنَّ عَلَىٰ
رُءُوسِهِنَّ ۚ وَ لَا يُبْدِينَ زِينَتَهُنَّ إِلَّا
بِبُحُولِهِنَّ أَوْ إِبْرَاهِيْنَ أَوْ أَبَائِهِنَّ أَوْ
بُعُولَتِهِنَّ أَوْ آبَائِهِنَّ أَوْ أَبْنَاءِهِنَّ أَوْ
أَخْوَانِهِنَّ أَوْ بَنِي أَخْوَانِهِنَّ أَوْ بَنِي
أَخْوَاتِهِنَّ أَوْ نِسَائِهِنَّ أَوْ مَا مَلَكَتْ
أَيْمَانُهُنَّ أَوْ التَّابِعِينَ غَيْرِ أُولِي
الْأَرْوَاحِ مِنَ الرِّجَالِ أَوِ الطِّفْلِ الَّذِينَ
لَمْ يَظْهَرُوا عَلَىٰ عَوْرَتِ النِّسَاءِ ۚ وَ لَا

bakisa mu by'amajolobera gaabwe. Era, abange mmwe abakkiriza mwenna, mubonerere eri Allah, mulyooke muganyulwe.

33. Era mufumbizenga ba nnamwandu abali mu mmwe, n'abantu balamu mu baddu bwamwe, n'abazaana bammwe *abeetuuse*. Bwe baliba abaavu, Allah alibawa ebimala ku butitimbe bwe; era Allah ye Lugaba, Omumanyi wa byonna.

34. Era abo abatannafuna *busobozi bwa* bufumbo beekuume, okutuusa Allah lw'alibawa ebimala ku mikisa gye. N'abo *abaddu* mw'abo abali mu buyinza bwammwe bwe baagalanga ebbaluwa *ez'okubata*, kale mukolenga nabo endagaano *ez'okwenunula* bwe mubanga mumanyi nti balimu akalungi; era mubawenga ne ku by'obugagga bya Allah ebyo mmwe bye yabawaako. Era temuwalirizanga bazaana bammwe butaba beekuume *nga mubagaana okufumbirwa* olw'okunoonya amagoba g'obulamu bw'ensi, bo bwe babanga baagala okuba abeekuume *mu bufumbo*. Naye oyo alibawaliriza, oluvannyuma lw'okuwalirizibwa kwabwe, ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi gye *bali*.

35. Era mazima twabassiza obubonero obw'olwaatu n'eb yokulabirako ebiva kw'abo abaayita olubereberye lwammwe n'okubuulirira eri abatya Allah.

Ruku 5

36. Allah ky'ekitangaala ky'eggulu n'ensi. Enfaanana y'ekitangaala kye, ering'anga essa elirimu ettaala. Nga ettaala eri mu kirawuli. Nga ekirawuli kiring'anga emmunyee nye emyamyansa. *Ettaala* eyasibwa *amafuta* agava mu muti ogw'omukisa— Omuzayituuni— ogutali gw'ebuvanjuba wadde ogw'ebugwanjuba, amafuta ga gwo nga kumpi gakoleere ne bwe gaba nga tegatuu kiddwako muliro. Kitangaala ku kitangaala! Allah alung'anya eri obutangaavu bwe oyo gw'aba asiimye. Era Allah aleeta eby'okulabirako eri abantu *balyooke balabuke*. Era Allah ye Mumanyi wa buli kimu.

يَضْرِبْنَ بِأَرْجُلِهِنَّ لِيُعْلَمَ مَا يُخْفِينَ مِنَ زِينَتِهِنَّ ۗ وَتُوبُوا إِلَى اللَّهِ جَمِيعًا أَيُّهَ الْمُؤْمِنُونَ لَعَلَّكُمْ تُفْلِحُونَ ﴿٣٧﴾

وَأَنْكِحُوا الْأَيَامَىٰ مِنْكُمْ وَالصَّالِحِينَ مِنْ عِبَادِكُمْ ۖ وَإِمَائِكُمْ ۗ إِنَّ يَكُونُوا فُقَرَاءَ يُغْنِيهِمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ۗ وَاللَّهُ وَاسِعٌ عَلِيمٌ ﴿٣٨﴾

وَأَلَيْسَتْ خُوفَ الَّذِينَ لَا يُحِذُونَ زَكَحًا حَتَّىٰ يُغْنِيَهُمُ اللَّهُ مِنْ فَضْلِهِ ۗ وَالَّذِينَ يَبْتِغُونَ الْكِتَابَ وَمِمَّا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ فَكَارِبُوهُمْ إِنْ عَلِمْتُمْ فِيهِمْ خَيْرًا ۗ فَأَتَوْهُم مِّن مَّالِ اللَّهِ الَّذِي أَنْزَلْنَا وَلَا تَكْرِهُوا ۗ فَتَبَيَّنْكُمْ عَلَىٰ الْبِعَاءِ ۗ إِنْ أَرَدْتُمْ تَحَصُّنًا لِّتَبْتَعُوا عَرَضَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۗ وَمَنْ يُكْرِهْهُنَّ فَإِنَّ اللَّهَ مِنْ بَعْدِ إِكْرَاهِهِنَّ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿٣٩﴾

وَلَقَدْ أَنْزَلْنَا إِلَيْكُمْ آيَاتٍ مُّبَيِّنَاتٍ وَمَثَلًا لِّمَنَّاتٍ مِنَ الَّذِينَ خَلَوْا مِن قَبْلِكُمْ وَمَوْعِظَةً لِّلْمُتَّقِينَ ﴿٤٠﴾

اللَّهُ نُورُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ مَثَلُ نُورٍ كَمِشْكُوتٍ فِيهَا مِصْبَاحٌ ۗ وَالْمِصْبَاحُ فِي رُجَاةٍ ۗ الرَّجَاةُ كَأَنَّهَا كَوْكَبٌ دُرِّيٌّ يُوقَدُ مِن شَجَرَةٍ مُّبَارَكَةٍ زَيْتُونَةٍ لَّا شَرْقِيَّةٍ وَلَا غَرْبِيَّةٍ ۗ يَكَادُ زَيْتُهَا يُضِيءُ ۖ وَلَوْ لَمْ تَمْسَسْهُ نَارٌ ۖ نُورٌ عَلَىٰ نُورٍ ۗ يَهْدِي اللَّهُ لِنُورِهِ مَن يَشَاءُ ۗ وَيَضْرِبُ اللَّهُ الْأَمْثَالَ لِلنَّاسِ ۗ وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٤١﴾

37. Ekitangaala ekyo kiri mu nnyumba ezo Allah ze yalagira zigulumizibwe era zijjukirirwemu erinnya lye nga bamutenderereza mu zo ku makya n'eggulo;

فِي بُيُوتِ الَّذِينَ تُرْفَعُ وَيَدْعُكُمْ فِيهَا اسْمُهُ ۖ وَسِيحَ لَهُ فِيهَا بِالْعُدْوَةِ وَالْأَصَارِ ﴿٣٧﴾

38. Abantu abatawugulwa na bya busuubuzi wadde eby'amaguzi okubaggya ku kujjukira Allah n'okujjumbira essaala, n'okutoola zaka, nga batya olunaku emyoyo n'amaaso lwe birizung'ana,

رِجَالٌ لَا تُلْهِيمُهُمْ تِجَارَةً وَلَا بَيْعًا عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ وَإِقَامِ الصَّلَاةِ وَإِيتَاءِ الزَّكَاةِ ۖ يَخَافُونَ يَوْمًا تَتَقَلَّبُ فِيهِ الْقُلُوبُ وَالْأَبْصَارُ ﴿٣٨﴾

39. Allah alyooke abasasule empeera esingira ddala ey'ebyo bye baakola, era abongere ne ku mikisa gye. Era Allah agabira oyo gw'aba ayagadde awatali kubalirira.

لِيُخْزِيَهُمُ اللَّهُ أَحْسَنَ مَا عَمِلُوا وَ يَزِيدَهُم مِّن فَضْلِهِ ۗ وَاللَّهُ يَزِدُّكَ مَن يَشَاءُ بِعَدْرِ حِسَابٍ ﴿٣٩﴾

40. Naye abo abatakkiriza, ebikolwa byabwe biring'anga bw'olengera mu kyanda ekimyanso ekiri ng'amazzi ku museetwe. Omuyonta alwooleza ddala nti mazzi, okutuusa lw'atuukawo n'akisanga nga si kintu, naye n'asanga Allah wekibadde, n'amusasula mu bujjuvu okubalirirwa kwe. Era Allah Mwangu nnyo mu kubalirira.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا أَعْمَالُهُمْ كَسَرَابٍ يَفِيحَةٍ يَّخْسَبُهَا الظَّمَانُ مَاءً ۗ حَتَّىٰ إِذَا جَاءَهُ لَمْ يَجِدْهُ شَيْئًا وَ وَجَدَ اللَّهَ عِنْدَهُ فَوَقَّعَهُ حِسَابَهُ ۗ وَاللَّهُ سَرِيعُ الْحِسَابِ ﴿٤٠﴾

41. Oba ebikolwa byabwe biring'anga ekizikiza ekikwafu ekiri ku nnyanja ennene ennyo ey'ebuziba, nga amayengo gagisaanikidde, nga ne waggulu wa go eriyi amayengo, nga n'ebire biri waggulu wa go nga n'ekizikiza kikutte kazigizigi, nga omuntu bw'aggyayo omukono gwe, kumpi aleme na kugulaba. Era oyo Allah gw'aba tawadde kitangaala, tafuna butangaavu walala.

أَوْ كَلْبُمِيتٍ فِي بَحْرِ لَيْحٍ يَّغْشَاهُ مَوْجٌ مِّن فَوْقِهِ مَوْجٌ مِّن فَوْقِهِ سَحَابٌ ۗ طَلُمْتُ بَعْضَهَا فَوْقَ بَعْضٍ ۗ إِذَا أَخْرَجَ يَدَهُ لَمْ يَكَدْ يَرَاهَا ۗ وَمَن لَّمْ يَجْعَلِ اللَّهُ لَهُ نُورًا فَمَا لَهُ مِن نُّورٍ ﴿٤١﴾

Ruku 6

42. Abaffe, tolaba nti abo bonna abali mu ggulu ne mu nsi batendereza Allah, n'ennyonyi zitendereza nga zanjadde ebiwawaatiro bya zo. Buli kimu kyamala okumanya ensaba ya kyo n'entendereza ya kyo. Era Allah amanyi bulungi bye bakola.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يُسَبِّحُ لَهُ مَن فِي السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَالطَّيْرِ صَفَّيْتُ كُلِّ قَدْ عَلِمَ صَلَاتَهُ وَتَسْبِيحَهُ ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِمَا يَفْعَلُونَ ﴿٤٢﴾

43. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah, era eri Allah y'eri obuddo.

وَاللَّهُ مَلِكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَإِلَى اللَّهِ الْمَصِيرُ ﴿٤٣﴾

44. Abaffe, tolaba nga Allah bw'akuluumu-lula ebire n'oluvannyuma n'abigatta wamu, n'oluvannyuma n'abifuula eby'etuumye, olwo n'olaba enkuba bw'eva wakati wa byo? Era

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يُزْجِي سَحَابًا ثُمَّ يُؤَلِّفُ بَيْنَهُ ثُمَّ يَجْعَلُهُ رُكَامًا فَتَرَى الْوَدْقَ يَخْرُجُ مِنْ خِلَابِهِ ۗ وَيُنَزِّلُ

y'assa okuva waggulu ebire ebiringa agasozi ebirimu omuzira, kale n'agukubya oyo gw'aba ayagadde era n'agwewomya oyo gw'aba ayagadde. Kumpi okwakaayakana kw'ekimyanso kya byo kugende n'amaaso.

وَمِنَ السَّمَاءِ مِنْ جِبَالٍ فِيهَا مِنْ بَرَدٍ فَيُصِيبُ بِهَا مَنْ يَشَاءُ وَ يَضْرِبُهُ عَنِ مَن يَشَاءُ يَكَادُ سَنَا بَرْقُهُ يَذْهَبُ بِالْأَبْصَارِ ﴿٤٤﴾

45. Allah akyuusakyuusa ekiro n'emisana. Era ddala mw'ekyo mulimu eky'okuyiga eri abo abalina amaaso.

يُقَلِّبُ اللَّهُ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَعِبْرَةً لِّأُولِي الْأَبْصَارِ ﴿٤٥﴾

46. Era Allah y'eyatonda buli kiramu okuva mu mazzi. Kale mu byo mulimu ebyekululira ku mbuto za byo, ne mu byo mulimu ebitambulira ku magulu abiri, ne mu byo mulimu ebitambulira ku magulu ana. Allah atonda nga bw'ayagala. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَاللَّهُ خَلَقَ كُلَّ دَابَّةٍ مِنْ مَاءٍ فَمِنْهُمْ مَنْ يَمْشِي عَلَى بَطْنِهِ وَ مِنْهُمْ مَنْ يَمْشِي عَلَى رِجْلَيْنِ وَ مِنْهُمْ مَنْ يَمْشِي عَلَى آرَبَعٍ يَخْلُقُ اللَّهُ مَا يَشَاءُ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٤٦﴾

47. Mazima twassa Aya ez'olwaatu. Era Allah y'alung'amyia oyo gw'aba asiimye eri ekkubo etterevu.

لَقَدْ أَنْزَلْنَا آيَاتٍ مُبَيِّنَاتٍ وَاللَّهُ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٤٧﴾

48. Era bagamba nti: Tukkiriza Allah n'Omubaka era tuli bawulize; nate oluvannyuma, ekibiina ekimu mu bo kyekyuusa oluvannyuma lw'ebyo. Bwe kityo nno abo si ba kukkiriza.

وَيَقُولُونَ آمَنَّا بِاللَّهِ وَ بِالرَّسُولِ وَ آطَعْنَا ثُمَّ يَقُولُ قَرِيبٌ مِنْهُمْ مِنْ بَعْدِ ذَلِكَ وَ مَا أُولَيْكَ بِالْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٨﴾

49. Era bwe bakoowoolwa eri Allah n'Omubaka we alyooke alamule wakati waabwe, okwejjjuukiriza nga abamu mu bo bakubayo mabega.

وَ إِذَا دُعُوا إِلَى اللَّهِ وَ إِلَى رَسُولِهِ لِيَحْكَمْ بَيْنَهُمْ إِذَا فَرِيقٌ مِنْهُمْ مُعْرِضُونَ ﴿٤٩﴾

50. Naye bwe bamanya nti amazima gali ku ludda lwabwe, olwo bajja gy'ali nga bawalabana, nga beegonza.

وَ إِنْ يَكُنْ لَهُمُ الْحَقُّ يَأْتُوا إِلَيْهِ مُذْعِنِينَ ﴿٥٠﴾

51. Abaffe, mu mitima gyabwe mulimu bulwadde, nandiki balinamu okubusabuusa oba batya nti Allah n'Omubaka we balibalyazaamaanya? Nedda, abo be boononefu.

أَفِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ أَمْ ارْتَابُوا أَمْ يَخَافُونَ أَنْ يَحِيفَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ وَ رَسُولُهُ بِمَلْأَةِ بِلْ أُولَيْكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿٥١﴾

Ruku 7

52. Mazima ekigambo ky'abakkiriza nga bayitiddwa eri Allah n'Omubaka we alamule wakati waabwe, boogera kimu nti, 'Tuwulidde era tugonedde ensala'. Kale abo be baliganyulwa.

وَ إِذَا دُعُوا إِلَى اللَّهِ وَ إِلَى رَسُولِهِ لِيَحْكَمْ بَيْنَهُمْ أَوْ يَحْجُرُوا سَمِعْتُمْ وَأَطَعْتُمْ وَأُولَيْكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿٥٢﴾

53. Era oyo agondera Allah n'Omubaka we era n'atya Allah era n'amwekuumisa, kale abo be bawanguzi.

وَ مَنْ يُطِيعِ اللَّهَ وَ رَسُولَهُ وَ يَخْشِ اللَّهَ وَ يَتَّقِهِ فَأُولَئِكَ هُمُ الْفَائِزُونَ ﴿٥٣﴾

54. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza nti bw'onoobalagira, ddala baja kugenda. Gamba nti: Temulayira; *ekye-tagibwa bwe* buwulize obutuufu. Mazima bye mukola, Allah abitegeera bulungi.

وَأَقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لَئِن
أَمَرْتَهُمْ لَيَخْرُجُنَّ قُلْ لَا تُقْسِمُوا
بِطَاعَةِ مَعْرُوفَةٍ إِنَّ اللَّهَ خَيْرٌ مِمَّا
تَعْمَلُونَ ﴿٥٤﴾

55. Gamba nti; Mugondere Allah era mugondere Omubaka. Naye bwe beekyusanga, *bamanye nti* ddala ye Mutume avunaanyizibwa kw'ebyo *byokka* bye yatikkibwa, nammwe muvunaanyizibwa kw'ebyo *byokka* bye mwatikkibwa. Naye bwe mumugondera, olwo mulung'ama. Era Mutume tavunaanyizibwa okuggyako okutuusa obubaka akaati.

قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ
فَإِن تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْهِ مَا حُمِّلَ وَ
عَلَيْكُمْ مَا حُمِّلْتُمْ وَإِن تُطِيعُوا تَهْتَدُوا
وَمَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ الْمُبِينِ ﴿٥٥﴾

56. Allah yasuubiza abo abakkiriza mu mmwe era nebakola ebikolwa ebirungi *nti* ddala alibafuula ba Khalifa mu nsi nga bwe yafuula ba Khalifa mw'abo abaabakulembera, era *nti* ddala alibanywereza eddiini yaabwe eyo gye yabasiimira, era *nti* ddala alibakyuusiza *nefafuna* emirembe oluvannyuma lw'okutya kwabwe. *Olwo* balisinzza Nze nzekka era tebalinnenkanya na kintu kyonna. Naye oyo alyerema oluvannyuma lw'ekyo, kale abo be baliba abajeemu.

وَعَدَ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ
وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَيَسْتَخْلِفَنَّهُمْ فِي
الْأَرْضِ كَمَا اسْتَخْلَفَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ
وَلَيُمَكِّنَنَّ لَهُمْ دِينَهُمُ الَّذِي ارْتَضَى لَهُمْ
وَلَيُبَدِّلَنَّهُمْ مِنْ بَعْدِ خَوْفِهِمْ أَمْنًا
يَعْبُدُونََنِي لَا يُشْرِكُونَ بِي شَيْئًا وَمَنْ كَفَرَ
بَعْدَ ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْفَاسِقُونَ ﴿٥٦﴾

57. Era mujjumbirenga nnyo essaala era mutoole zaka era mugondere Mutume, mulyooke musaasirwe.

وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ
وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٥٧﴾

58. Tolowooza nti abo abatakkiriza banaafufuggaza *entegeka ya Allah* mu nsi. Ddala obutuulo bwabwe muliro, era obwo buddo bubu nnyo.

لَا تَحْسَبَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مُعْجِزِينَ فِي
الْأَرْضِ وَمَا أُولَئِكَ إِلَّا كَيْدٌ مَقْصُودٌ ﴿٥٨﴾

Ruku 8

59. Abange mmwe abakkiriza, abo abali mu buyinza bwammwe n'abo mu mmwe abatannavubuka babasabenga okukkirizibwa *okuyingira gye muli* mu biscera bisatu: Nga essaala y'oku makya tennatuuka, n'awo wemweyambuliramu engoye zammwe mu ttuntu, n'oluvannyuma lw'essaala ya 'Ishā. *Ebyo nno by'e biseera* byammwe ebisatu eby'ekyaama. Oluvannyuma lwa byo, mmwe oba bo, temubaako kinenyo abamu mu mmwe bwe mwetawula eri abalala. Bw'atyo nno Allah bw'abannyonyola ebiragiro bye. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لِيَسْتَأْذِنَكُمْ
الَّذِينَ مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ وَالَّذِينَ لَمْ يَبْلُغُوا
الْحُلُمَ مِنْكُمْ ثَلَاثَ مَرَّاتٍ مِنْ قَبْلِ صَلَاةِ
الْفَجْرِ وَحِينَ تَضَعُونَ ثِيَابَكُمْ مِنَ
الظَّهْرِ وَرَبِّ بَعْدِ صَلَاةِ الْعِشَاءِ
ثُمَّ قُلْتُ عَوْرَاتٍ لَكُمْ لَيْسَ عَلَيْكُمْ وَلَا
عَلَيْهِمْ جُنَاحٌ بَعْدَ هَاتِهِنَّ طَوَّافُونَ
عَلَيْكُمْ بَعْضُكُمْ عَلَى بَعْضٍ كَذَلِكَ يُبَيِّنُ
اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٥٩﴾

60. Era abaana abali mu mmwe bwe batuukanga *okuvubuka*, kale nabo basabanga okukkirizibwa *okujja gye muli* nga abaabakulemba *okuvubuka* bwe baasabanga. Bw'atyo Allah bw'abannyonyola ebiragiro bye. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

61. Era *n'abo* abakaddiye ennyo mu bakazi abo abatakyasuubira kufumbirwa, kale tebabaako kinenyo bwe beebikkulako engoye zaabwe *ze beebuutikiza*, awatali *kugenderera* kulaga bisikiriza. Naye bwe beewala *okwebikkula*, ky'ekisinga n'obulungi gye bali. Era Allah y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

62. Tewali kisobyo ku muzibe, wadde ekisobyo ku mulema, oba ekisobyo ku mulwadde, oba ku mmwe bennyini, bwe mulya mu nju zammwe, oba mu nju za bakitammwe, oba mu nju za bannyammwe, oba mu nju za baganda bammwe, oba mu nju za bannyinammwe, oba mu nju za bakitammwe abato, oba mu nju za bassenga bammwe, oba mu nju za bakojja bammwe, oba mu nju za bannyammwe abato, oba ezo ebisumuluzo bya zo ebiri mu buyinza gwammwe, oba *mu nju ya mukwano* gwammwe. Era temubaako kisobyo bwe muliira awamu oba nga mweya-wuddeyawudde. Naye bwe mubanga mugenda okuyingira mu nnyumba, kale mutooleraganenga 'Salaamu'— ekiramuso ekyava eri Allah, eky'omukisa, ekirungi ennyo. Bw'atyo nno Allah bw'abannyonyola ebiragiro, mulyooke mukozese amagezi.

Ruku 9

63. Mazima abakkiriza *abatuufu* be bo abakkiriza Allah ne Mutume we, era nga bwe baba naye ku nsonga ebakwatako bonna awamu, tebaseguka okutuusa nga bamaze kumusaba lukusa. Mazima abo abakusaba olukusa, abo be bakkiriza Allah ne Mutume we. Kale bwe bakusabanga olukusa olw'ezimu ku nsonga zaabwe, kkirizanga oyo gw'oba oyagadde mu bo era obasabire n'okusonyiyibwa eri Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

وَإِذَا بَلَغَ الْأَطْفَالُ مِنْكُمُ الْحُلُمَ فَلْيَسْتَأْذِنُوا كَمَا اسْتَأْذَنَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ ، كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ آيَاتِهِ ، وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٦٠﴾

وَالْقَوَاعِدُ مِنَ النِّسَاءِ الَّتِي لَا يَرْجُونَ نِكَاحًا فَلَيْسَ عَلَيْهِنَّ جُنَاحٌ أَنْ يَضَعْنَ رِجْلَهُنَّ عَلَى غَيْرِ مُتَبَرِّجَاتٍ بِزِينَةٍ ، وَأَنْ يَسْتَغْفِنَ خَيْرٌ لَهُنَّ ، وَاللَّهُ سَمِيعٌ عَلِيمٌ ﴿٦١﴾

لَيْسَ عَلَى الْأَعْمَى حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْأَعْرَجِ حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْمَرِيضِ حَرَجٌ وَلَا عَلَى أَنْفُسِكُمْ أَنْ تَأْكُلُوا مِنْ بُيُوتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ آبَائِكُمْ أَوْ بُيُوتِ إِخْوَانِكُمْ أَوْ بُيُوتِ أَخَوَاتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ أَعْمَامِكُمْ أَوْ بُيُوتِ عَمَّاتِكُمْ أَوْ بُيُوتِ إِخْوَانِكُمْ أَوْ بُيُوتِ خَلَاتِكُمْ أَوْ مَا مَلَكَتُمْ يَمَانِيَهُمْ أَوْ صَدِيقِكُمْ ، لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ أَنْ تَأْكُلُوا جَمِيعًا أَوْ أَشْتَاتًا ، فَإِذَا دَخَلْتُمْ بُيُوتًا فَاسَلِّمُوا عَلَى أَنْفُسِكُمْ تَحِيَّةً مِنْ عِنْدِ اللَّهِ مُبْرَكَةً طَيِّبَةً ، كَذَلِكَ يُبَيِّنُ اللَّهُ لَكُمْ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٦٢﴾

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَإِذَا كَانُوا مَعَهُ عَلَى أَمْرٍ جَامِعٍ لَمْ يَذْهَبُوا حَتَّى يَسْتَأْذِنُوا ، وَالَّذِينَ يَسْتَأْذِنُوا تِلْكَ أَوْلِيَاءُ الَّذِينَ آمَنُوا ، وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ، فَإِذَا اسْتَأْذَنُوا فَاسْتَجِبْ لَهُمْ ، فَإِذَا نَزَلُوا عَلَيْهِمْ فَأَنْزِلْ عَلَيْهِمْ ، وَاسْتَغْفِرْ لَهُمْ ، وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٦٣﴾

64. Temutwalanga okukoowoola kwa Mutume nga okukowoolagana kwammwe mwekka na mwekka. Mazima Allah amanyi bulungi abo mu mmwe abebbirira nga basalinkiriza. Kale abo abamenya ekiragiro kye beerinde, si kulwa nga omutawaana gubatuukako oba ekibonerezo ekirumya kibatuukeko.

65. Muwulirize! Mazima ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi bya Allah. Ddala y'amanyi ki kye muli. Era ku lunaku lwe balizzibwayo gy'ali, kale alibategeeza ebyo bye baakolanga. Era Allah y'amanyi obulungi buli kimu.

لَا تَجْعَلُوا دُعَاءَ الرَّسُولِ بَيْنَكُمْ كَدُعَاءِ
بَعْضِكُمْ بَعْضًا ۗ قَدْ يَعْلَمُ اللَّهُ الَّذِينَ
يَتَسَلَّلُونَ مِنْكُمْ لِوَاذًا ۗ فَلْيَحْذَرِ الَّذِينَ
يُخَالِفُونَ عَنْ أَمْرِهِ أَنْ تُصِيبَهُمْ
فِتْنَةٌ أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٤﴾

أَلَا إِنَّ لِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ ۗ
قَدْ يَعْلَمُ مَا أَنْتُمْ عَلَيْهِ ۗ وَيَوْمَ يُزْجَعُونَ
إِلَيْهِ فَيَمْتَبِئُهُمْ بِمَا عَمِلُوا ۗ وَاللَّهُ
بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١٥﴾

ع
١٥

AL-FURQAN

(Yakka lubereberye bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Nannyini mikisa y'Oyo eyassa ku Muweereza we Ekyawula ebirungi n'ebibi, alyooke abe Omulabuzi eri ensi yonna.

3. Y'oyo nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi, era tatwalanga mwana yenna, era talina gwe yeegatta naye mu bwakabaka, era y'eyatonda buli kimu, n'akigerekera ekigero.

4. Naye abatakkiriza beefunirayo abasinzibwa abalala ebbali we, abatayinza na kutonda kyonna ate nga nabo batondebwa butondebwa, era tebalina buyinza kwerumya wadde okwegasa, era tabalina buyinza ku kufa wadde ku bulamu wadde ku kuzuukira.

5. Era abatakkiriza bagamba nti: Kino si kirala wabula bwe bulimba bwe yayiyya nga n'abantu abalala bwe bamuyambako. Mazima baleese ekibi n'obulimba.

6. Era bagamba nti: Ngero z'abedda ze yawandiikisa, kale zimusomerwa enkya n'eggulo.

7. Gamba nti: Oyo amanyi ebyaama ebiri mu ggulu ne mu nsi y'eyagissa. Mazima Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

8. Era bagamba nti: Mubaka nnabaki ono alya emmere n'atambula ne mu butale? Ye lwaaki teyassizibwa malayika abeerenga naye nga omulabuzi?

9. Oba okumussiza eggwanika, oba okubeera n'olusuku lw'alyamu? Era aboononyi bagamba nti: Gwemugoberera si mulala wabula musajja muloge.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

تَبَارَكَ الَّذِي نَزَّلَ الْفُرْقَانَ عَلَى عَبْدِهِ لِيَكُونَ لِلْعَالَمِينَ نَذِيرًا ②

الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ وَلَمْ يَتَّخِذْ وَلَدًا وَ لَمْ يَكُنْ لَهُ شَرِيكٌ فِي الْمُلْكِ وَ خَلَقَ كُلَّ شَيْءٍ قَدْرًا ③ تَقْدِيرًا ④

وَ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ آلِهَةً لَا يَخْلُقُونَ شَيْئًا وَ هُمْ يُخْلَقُونَ وَ لَا يَمْلِكُونَ لِأَنْفُسِهِمْ ضَرًّا وَ لَا نَفْعًا وَ لَا يَمْلِكُونَ مَوْتًا وَ لَا حَيَاةً وَ لَا نُشُورًا ⑤

وَ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ هَذَا إِلَّا رَجَلٌ يُفْتَرُ وَ أَعَانَتْ عَلَيْهِ قَوْمٌ آخَرُونَ ۖ فَقَدْ جَاءُوا ظُلْمًا وَ زُورًا ⑥

وَ قَالُوا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ أَلْتَتَّبِعَهَا فِيهِ تَمْلِي عَلَيْهِمْ بَكْرَةً وَ أَصِيلًا ⑦

قُلْ أَنْزَلَهُ الَّذِي يَعْلَمُ السِّرَّ فِي السَّمَاوَاتِ وَ الْأَرْضِ إِنَّهُ كَانَ غَفُورًا رَحِيمًا ⑧

وَ قَالُوا مَا لِيَ هَذَا الرَّسُولِ يَأْكُلُ الطَّعَامَ وَ يَمْشِي فِي الْأَسْوَاقِ لَوْ لَا أَنْزَلَ إِلَيْهِ مَلَكٌ فَيَكُونُ مَعَهُ نَذِيرًا ⑨

أَوْ يُلْقَى إِلَيْهِ كَنْزٌ أَوْ تَكُونُ لَهُ جَنَّةٌ يَأْكُلُ مِنْهَا ۚ وَ قَالَ الظَّالِمُونَ إِنْ تَتَّبِعُونَ إِلَّا رَجُلًا مَسْحُورًا ⑩

10. Kale laba engeri gye bakugeragera-nyaamu! Olwo babulidde ddala, tebakyayinza kuzuula kkubo.

أَنْظُرْ كَيْفَ صَرَبُوا لَكَ الْأَمْثَالَ فَضَلُّوا
فَلَا يَسْتَطِيعُونَ سَبِيلًا ⑩

Ruku 2

11. Nannyini mikisa y'Oyo bw'anaaba ayagadde, ajja okukuwa ebirungi ebisinga ne kw'ebyo *bye bagamba* — ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo — era akuwe n'embiri.

تَبَرَّكَ الَّذِي إِنْ شَاءَ جَعَلَ لَكَ خَيْرًا مِنْ
ذَلِكَ جَنَّتِ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
وَيَجْعَلُ لَكَ فُصُورًا ⑪

12. Wewaawo baalimbisa n'Essaawa *eyalagaanyizibwa*. Naye twategekera buli alimbisa Essaawa omuliro ogubumbujja.

بَلْ كَذَّبُوا بِالسَّاعَةِ وَأَعْتَدْنَا لِمَنْ
كَذَّبَ بِالسَّاعَةِ سَعِيرًا ⑫

13. Awo bwe gulibalengera *nga bali* mu kifo ekyesuddeko, baliguwulira nga gweswanta era nga guwuluguma.

إِذَا رَأَوْهُمْ مِنْ مَكَانٍ بَعِيدٍ سَمِعُوا لَهَا
تَغَيُّطًا وَزَفِيرًا ⑬

14. Era bwe baligusuulibwamu mu kafo ak'akanyigo nga basibiddwa ku njegere, olwo balisaba okuzikirira.

وَإِذَا أُلْقُوا مِنْهَا مَكَانًا ضَيِّقًا
مُقَرَّبِينَ دَعَوْا هُنَالِكَ ثُبُورًا ⑭

15. *Baligambibwa nti*: Olwa leero temusaba kuzikirira kwa *mulundi* gumu, naye musabe okuzikirira kwa *nfunda* nnyingi.

لَا تَدْعُوا الْيَوْمَ ثُبُورًا وَاحِدًا وَادْعُوا
ثُبُورًا كَثِيرًا ⑮

16. Gamba nti: Abaffe, ekyo ky'ekirungi, oba Janna ey'olubeerera eyo *eyalagaanyizi-bwa* abawulize nga y'eriba empeera yaabwe era nga bwe buddo?

قُلْ أَذَلِكَ خَيْرٌ أَمْ جَنَّةُ الْخُلْدِ الَّتِي
وُعدَ الْمُتَّقُونَ ، كَانَتْ لَهُمْ جَزَاءً وَ
مَصِيرًا ⑯

17. Balifuniramu buli kye balyetaaga, babeere omwo *lubeerera*. Ekyo nno ky'ekisuubizo ekiri ku Mukama wo ekisabirirwa *bulijjo*.

لَهُمْ فِيهَا مَا يَشَاءُونَ خُلْدِينَ ، كَانَتْ عَلَى
رَبِّكَ وَعْدًا مَسْئُورًا ⑰

18. Era olunaku lw'alibakung'aanya n'ebyo bye baasinzanga ebbali wa Allah, kale aligamba *ebyo bye baasinzanga* nti: Abaffe, mmwe mwabuza abaweereza bange bano oba bo bennyini be baawaba ku kkubo?

وَيَوْمَ يَحْشُرُهُمْ وَمَا يَعْبُدُونَ مِنْ دُونِ
اللَّهِ فَيَقُولُ ءَأَنْتُمْ أَضَلَلْتُمْ عِبَادِي
هَؤُلَاءِ أَمْ هُمْ ضَلُّوا السَّبِيلَ ⑱

19. Baligamba nti: Obutuukirivu bubwo! Kyali tekitusaanira kwefunirayo ba mikwano balala ebbali wo, naye *bano* Ggwe wabeeyagaza ne bakitaabwe okutuusa lwe beerabira okubuulirira nebafuuka abantu abazikiridde.

قَالُوا سُبْحَانَكَ مَا كَانَ يَنْبَغِي لَنَا أَنْ
تَتَّخِذَ مِنْ دُونِكَ مِنْ أَوْلِيَاءَ وَلَكِنْ
مَتَّعْتَهُمْ وَآبَاءَهُمْ حَتَّى نَسُوا الذِّكْرَ
وَكَانُوا قَوْمًا بُورًا ⑲

20. *Allah aligamba nti*: Kale *baabo* babalimbisizza kw'ebyo bye mugambye, kale temukyayinza kuggyawo *kibonerezo* wadde *okufuna* obuyambi. Era yenna mu mmwe eyayonoona, tujja kumuloza ku kibonerezo makeke.

فَقَدْ كَذَّبْتُمْ بِمَا تَقُولُونَ ، فَمَا
تَسْتَطِيعُونَ صَرْفًا وَلَا نَصْرًا ، وَمَنْ يَظْلِمِ
مِنْكُمْ نُذِقْهُ عَذَابًا كَبِيرًا ⑳

21. Era tetutumanga Batume bonna olubereberye lwo wabula ddala baalyanga emmere era nga batambula ne mu butale. Era abamu mu mmwe tubafuula ekigezo eri abalala. Abaffe, munaagumiikiriza? Naye Mukama wo alaba nnyo.

Ruku 3
Juzu 19

22. Era abo abatasuubira kusinsinkana naffe baagamba nti: Lwaaki ba malayika tebassibwa gye tuli oba netulaba ne ku Mukama waffe? Mazima ku bwabwe beekuza nnyo era bajeemye okujeema kunene.

23. Olunaku lwe baliraba ba malayika, kw'olwo tewaliba mawulire ga ssanyu eri aboonyi, era baligamba nti: *Singa nno waliwo* ku lukomera olutukomera!

24. Era tulyolekera eri buli mulimu gwe baakola, olwo tuligufuula ng'effufugge erifuumuuka.

25. Abatuuze b'omu Janna kw'olwo be balibeera mu maka amalungi, n'ebiwummulo amakula.

26. Era olunaku eggulu n'ebire lwe biryabikayabika, olwo ba malayika balisibwa olussa.

27. Obwakabaka obw'amazima kw'olwo buliba bwa Allah, Omusaasizi ennyo; era luliba lunaku lukakali eri abatakkiriza.

28. Era olunaku *olwo* omwonoonyi aliruma engalo ze nga bw'agamba nti: Zinsanze, singa kale nakwata ekkubo *limu* n'Omubaka!

29. Woowe! Singa kale saatwala gundi nga ow'omukwano!

30. Mazima y'eyampabya ku Kubuulirira *kwa Allah* nga kumaze okuntuukako. Era ddala Sitaani njabulizi eri omuntu.

31. Era Mutume aligamba nti: Ayi Mukama wange, mazima abantu bange baatwala Kur'ani eno ng'ekifulukwa.

وَمَا أَرْسَلْنَا قَبْلَكَ مِنَ الْمُرْسَلِينَ إِلَّا إِنَّهُمْ لَيَأْكُلُونَ الطَّعَامَ وَيَمْشُونَ فِي الْأَسْوَاقِ ۗ وَجَعَلْنَا بَعْضَكُمْ لِبَعْضٍ فِتْنَةً ۗ أَتَضِيدُونَ ۚ وَكَانَ رَبُّكَ بَصِيرًا ﴿٢١﴾

وَقَالَ الَّذِينَ لَا يَرْجُونَ لِقَاءَنَا لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْنَا الْمَلِيكَهٗٔ أَوْ نَرَى رَبَّنَا لَقَدِ اسْتَكْبَرُوا فِي أَنْفُسِهِمْ وَعَتَوْا عُتُوًّا كَبِيرًا ﴿٢٢﴾

يَوْمَ يَرَوْنَ الْمَلٰٓئِكَةَ لَا بُشْرٰى يَوْمَئِذٍ لِلْمُجْرِمِينَ وَ يَقُولُونَ جِبْرًا مَّحْجُورًا ﴿٢٣﴾

وَقَدِمْنَا إِلَىٰ مَا عَمِلُوا مِنْ عَمَلٍ فَجَعَلْنَاهُ هَبَاءً مَّنثُورًا ﴿٢٤﴾

أَصْحَابُ الْجَنَّةِ يَوْمَئِذٍ خَيْرٌ مُّسْتَقَرًّا وَأَحْسَنُ مَقِيلًا ﴿٢٥﴾

وَيَوْمَ تَشْقُقُ السَّمَاۤءُ بِالْغَمَامِ وَ نُزُلِ الْمَلٰٓئِكَةِ تَنْزِيلًا ﴿٢٦﴾

الْمَلِكُ يَوْمَئِذٍ بِالْحَقِّ لِلرَّحْمٰنِ ۗ وَ كَانَ يَوْمَآ عَلَى الْكٰفِرِينَ عَسِيرًا ﴿٢٧﴾

وَيَوْمَ يَعْصُ الظَّالِمُ عَلَىٰ يَدَيْهِ يَقُولُ يٰلَيْتَنِي اتَّخَذْتُ مَعَ الرَّسُولِ سَبِيلًا ﴿٢٨﴾

يُوَيْسِتُ لِيْتَنِي لِمَ اتَّخَذْتُ لَدُنَا خَلِيلًا ﴿٢٩﴾

لَقَدْ أَضَلَّنِي عَنِ الذِّكْرِ بَعْدَ إِذْ جَاءَنِي ۗ وَكَانَ الشَّيْطٰنُ لِإِنْسَانٍ حَدُودًا ﴿٣٠﴾

وَقَالَ الرَّسُولُ يٰرَبِّ إِنَّ قَوْمِي اتَّخَذُوا هٰذَا الْقُرْآنَ مَهْجُورًا ﴿٣١﴾

32. Era bwe tutyo tuteerawo buli Nabbi omulabe okuva mu boonoonyi; naye Mukama wo amala okuba Omulung'amyana n'okuba Omuyambi.

وَكذٰلِكَ جَعَلْنَا لِرٰحِلِ نَبِيِّ عَدُوٍّ مِّنَ الْمُجْرِمِيْنَ ؕ وَكَفٰى بِرَبِّكَ هٰدِيًّا وَنَصِيْرًا ۝۲۲

33. Era abatakiriza baagamba nti: Lwaaki Kur'ani teyamussibwako yonna lumu? Bwe kityo, twagissa bitundutundu tulyooke tuginywezese omutima gwo, era twagitegeka olutegeka.

وَقَالَ الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْهِ الْقُرْاٰنُ جُمْلَةً وَّاحِدَةً ۙ كَذٰلِكَ ۙ لِيُثَبِّتَ بِهٖ فُوَادِكُمْ وَرَتَّلْنٰهُ تَرْتِيْلًا ۝۲۳

34. Era tebakuleetera nsonga yonna, wabula naffe tukuleetera amazima n'okunyonnyola okusingira ddala obulungi.

وَلَا يٰٓاٰتُوْنٰكَ بِمَثَلٍ اِلَّا جِئْنَاكَ بِالْحَقِّ وَاَحْسَنَ تَفْسِيْرًا ۝۲۴

35. Abo be balikung'aanyizibwa okulaga eri omuliro nga beevuunise ku byeenyi byaabwe, abo be baliba mu kifo ekisingira ddala obubi era be baawaba ennyo ku kkubo eggolokofu.

الَّذِيْنَ يُحْشِرُوْنَ عَلَى وُجُوْهِهِمْ اِلٰى جَهَنَّمَ ؕ اُولٰٓئِكَ سُرُّ مَكٰنًا وَّاَصْلُ سَبِيْلًا ۝۲۵

Ruku 4

36. Era mazima twawa Musa Ekitabo, netumussaako ne muganda we Haruna nga ye mubeezi.

وَلَقَدْ اٰتَيْنَا مُوسٰى الْكِتٰبَ وَجَعَلْنَا مَعَهٗ اَخَاهُ هٰرُوْنَ وَزَيْرًا ۝۲۶

37. Netugamba nti: Mwembi mugende eri abantu abaalimbisa obubonero bwaffe; kale bwe baabugaana, twabazikiriza oluzikiriza.

فَقُلْنَا اِذْ هَبٰ اِلَى الْقَوْمِ الَّذِيْنَ كَذَّبُوْا بِاٰيٰتِنَا ؕ فَدَمَّرْنٰهُمْ تَدْمِيْرًا ۝۲۷

38. N'abantu ba Nuhu bwe baalimbisa Abatume, twabasaanyaawo era netubafuula akabonero eri abantu. Era twategekeraboonoonyi ekibonerezo ekirumya.

وَقَوْمٍ نُّوْحٍ لَّمَّا كَذَّبُوْا الرَّسُلَ اَعْرَفْنٰهُمْ وَجَعَلْنٰهُمْ لِنٰسٍ اٰيَةً ؕ وَاعْتَدْنَا لِلظّٰلِمِيْنَ عَذٰبًا اَلِيْمًا ۝۲۸

39. Era twazikiriza aba 'Adi n'aba Thamuda n'abantu b'oku luzzi n'emirembe emirala mingi wakati w'egyo.

وَعَادًا وَّاَوْثَمُوْدًا وَّاَصْحٰبَ الرَّيْسِ وَقُرُوْنًا بَيْنَ ذٰلِكَ كَثِيْرًا ۝۲۹

40. Era buli bamu twabateerangawo eby'okulabirako by'abo abaabakulembere; era bonna twabazikiriza oluzikiriza.

وَكُلًّا ضَرَبْنَا لَهُ الْاَمْثَالَ زَوْكُلًّا تَبَيْرْنَا تَشْبِيْرًا ۝۳۰

41. Era ddala baamala okutuukako ku kibuga ekyatonnyesebwako enkuba ey'akabi. Abaffe, tebaakiraba? Naye era tebasubira kuzuukira.

وَلَقَدْ اٰتَوْنٰ عَلَى الْقَرْيَةِ الَّتِيْ اَمْطَرْنَا مِنْهَا السَّوْءَ ؕ اَقْلَمَ يَكُوْنُوْنَ اِيْرُوْنَهَا بِسَلْ كَانُوْا لَا يَرْجُوْنَ نُشُوْرًا ۝۳۱

42. Era bwe bakulaba, tebakutwala wabula ng'ekyokuzannyisa, nga baagamba nti: Abaffe, ono Allah gwe yatuma ng'Omubaka?

وَ اِذَا رَاوْكَ اِنْ يَّتَّخِذْ وَّنَكَ اِلَّا هُرُوًّا ؕ اِهْذٰ الَّذِيْ بَعَثَ اللّٰهُ رَسُوْلًا ۝۳۲

43. Mazima kaali kata atuwugule ku bakatonda baffe, singa tetwagumira ku bo. Naye mangu nnyo bajja kumanya ani

اِنْ كَادَ لِيُضِلَّنَا عَنْ اِلٰهَتِنَا لَوْلَا اَنْ صَبَرْنَا عَلَيْهِمْ ؕ وَسَوْفَ يَعْلَمُوْنَ

yawaba ku kkubo, awo nga balabye ekibonerezo.

44. Abaffe, omulabye oyo atwala okwagala kwe nti ye Katonda we? Abaffe, ggwe onooba omulabirizi we?

45. Abaffe, olowooza nti abasinga obungi mu bo bawulira oba bategeera? Bo baling'anga bisolo, wabula ate bo basinga nawo mu kuwaba ku kkubo.

Ruku 5

46. Abaffe, tolaba nga Mukama wo bw'awanvuya ekisiikirize? Era singa yayagala, yaalikifudde ekitavaawo. N'oluvannyuma twafuula enjuba okuba endagirizi ya kyo.

47. N'oluvannyuma tukisikira gye tuli olusika olw'ekimpowooze.

48. Era y'Oyo eyabakolera ekiro okuba ekibikka, n'otulo okuba ekiwummulo, era n'afuula emisana okuba okusaasaana.

49. Era y'Oyo atuma empewo okuwa amawulire ag'essanyu agakulembere okusaasira kwe, era tussa amazzi amayonjo okuva mu bire,

50. Tulyooke tugalamusise ensi efudde, era tuganywesa bingi mw'ebyo bye twatonda—ebisolo n'abantu.

51. Era ddala *Kur'āni* twaginnyonnyola wakati waabwe mu ngeri ezitali zimu balyooke bafumiitirize, naye abantu abasinga obungi baagaana, okuggyako obutakkiriza.

52. Era singa twayagala, ddala twalitumye Omulabuzi mu buli kibuga.

53. Kale togondera batakkiriza wabula siitaana nabo nayo (*Kur'āni*) olusiitaana kasiggu.

54. Era Ye y'Oyo akulukusa ennyanja ebbiri awamu, eno nga ya ggwoowo, mpoomerevu ate eno nga ya munnyu, ekaayirira; naye n'assa wakati wa zombi ekiziyiza n'ekikomera olukomera.

55. Era y'Oyo eyatonda omuntu mu mazzi, n'oluvannyuma n'amuggyamu olulyo

حِينَ يَرَوْنَ الْعَذَابَ مَن أَضَلَّ سَبِيلًا ۝٤٦

أَرَأَيْتَ مَنِ اتَّخَذَ إِلَهَهُ هَوَاهُ ۚ أَفَأَنْتَ تَكُونُ عَلَيْهِمْ وَكِيلًا ۝٤٧

أَمْ تَحْسَبُ أَنَّ أَكْثَرَهُمْ يَسْمَعُونَ أَوْ يَعْقِلُونَ ۗ إِنْ هُمْ إِلَّا كَالْأَنْعَامِ بَلْ هُمْ أَضَلُّ سَبِيلًا ۝٤٨

أَلَمْ تَرَ إِلَى رَبِّكَ كَيْفَ مَدَّ الظِّلَّ ۚ وَلَوْ شَاءَ لَجَعَلَهُ سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ الشَّمْسُ عَلَيْهِمْ لَيَالٍ ۝٤٩

ثُمَّ قَبَّضْنَاهُ لَيْنَا فَبَصًا ۚ يَسِيرًا ۝٥٠

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ اللَّيْلَ لَبَاسًا وَالنَّوْمَ سُبَاتًا وَجَعَلَ النَّهَارَ نُشُورًا ۝٥١

وَهُوَ الَّذِي أَرْسَلَ الرِّيحَ بُشْرًا بَيْنَ يَدَيْ رَحْمَتِهِ ۚ وَأَنْزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً طَهُورًا ۝٥٢

لِنُحْيِيَ بِهِ بَلَدَةً مَّيْتًا وَنُسْقِيَهُ مِمَّا خَلَقْنَا أَنْعَامًا وَأَنَاسِيَّ كَثِيرًا ۝٥٣

وَلَقَدْ صَرَّفْنَاهُ بَيْنَهُمْ لِيَذَّكَّرُوا ۚ فَأَبَى أَكْثَرُ النَّاسِ إِلَّا كُفُورًا ۝٥٤

وَلَوْ شِئْنَا لَبَعَثْنَا فِي كُلِّ قَرْيَةٍ تَذِيبًا ۝٥٥

فَلَا تُطِيعُ الْكُفْرَيْنَ وَجَاهِدْهُمْ بِهِ جِهَادًا كَبِيرًا ۝٥٦

وَهُوَ الَّذِي مَرَجَ الْبَحْرَيْنِ هَذَا عَذْبٌ فُرَاتٌ وَهَذَا مِلْحٌ أُجَاجٌ ۚ وَجَعَلَ بَيْنَهُمَا بَرْزَخًا وَحِجْرًا مَّحْجُورًا ۝٥٧

وَهُوَ الَّذِي خَلَقَ مِنَ الْمَاءِ بَشَرًا

n'abako. Era Mukama wo ye w'Obuyinza ennyo.

وَجَعَلَهُ نَسَبًا وَصِهْرًا ۗ وَكَانَ رَبُّكَ
قَدِيرًا ﴿٥٥﴾

56. Era basinza ebiri ebbali wa Allah ebitayinza kubagasa wadde okubalumya. Era omutakkiriza ye muyambi w'abawakanya Mukama we.

وَيَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ مَا لَا يَنْفَعُهُمْ
وَلَا يَضُرُّهُمْ ۗ وَكَانَ الْكَافِرُ عَلَىٰ رَبِّهِ
ظَهِيرًا ﴿٥٦﴾

57. Era tetwakutuma wabula lwa kuba muwi wa mawulire ag'essanyu era Omulabuzi.

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا مُبَشِّرًا وَنَذِيرًا ﴿٥٧﴾

58. Gamba nti: Nze sibasaba mpeera ku kyo, okuggyako oyo aba ayagadde akwate ekkubo eliraga eri Mukama we.

قُلْ مَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ ۗ إِنْ
شَاءَ أَن يَتَّخِذَ إِلَىٰ رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٥٨﴾

59. Era weesigenga Oyo Omulamamu, Atafa, era mutenderezenga n'amatendo ge. Era Ye amala okuba Omumanyi w'ebyonoono by'abawcereza be,

وَتَوَكَّلْ عَلَى الْحَيِّ الَّذِي لَا يَمُوتُ
وَسَيَحْمَدُهُ ۗ وَكَفَىٰ بِهِ إِذْ تُؤَيَّبُ
عِبَادًا ۗ خَيْرًا ﴿٥٩﴾

60. Y'oyo eyatonda eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi mu biseera mukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Ye Musaasizi ennyo! Kale weebuuzze ebimufaako eri oyo amanyi.

إِلَّا الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا
بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَىٰ عَلَى
الْعَرْشِ ۗ الرَّحْمَنُ فَسَلِّ بِهِ خَيْرًا ﴿٦٠﴾

61. Era bwe bagambibwa nti: Muvuunamire Allah Omusaasizi ennyo, bagamba nti: Omusaasizi ennyo y'ani? Abaffe, tumale gavuunamira buli ky'onootulagira? Era kibongera kwesamba.

وَلَإِذَا قِيلَ لَهُمُ اسْجُدُوا لِلرَّحْمَنِ
قَالُوا وَمَا الرَّحْمَنُ أَنَّا سَجُدُ لِمَا
تَأْمُرُنَا وَزَادَهُمْ نُفُورًا ﴿٦١﴾

Ruku 6

62. Nannyini mikisa y'Oyo eyakola enkulungo z'emmunyeenye ku ggulu, n'alissaako ettaala eyaka, n'omwezi ogutangaala.

تَبَارَكَ الَّذِي جَعَلَ فِي السَّمَاءِ بُرُوجًا
وَجَعَلَ فِيهَا سِرَاجًا وَقَمَرًا مُنِيرًا ﴿٦٢﴾

63. Era y'Oyo eyakola ekiro n'emisana nga bigobagana, olw'okugasa oyo ayagala okufumiitiriza oba ayagala okwebaza.

وَهُوَ الَّذِي جَعَلَ اللَّيْلَ وَالنَّهَارَ خِلْفَةً
لِّمَن أَرَادَ أَن يَتَذَكَّرَ أَوْ أَرَادَ شُكُورًا ﴿٦٣﴾

64. Era abawcereza b'Omusaasizi ennyo be bo abatambula ku nsi nga bawombeefu, era nga abatategeera bwe boogera gye bali, bagamba nti: Mirembe!

وَعِبَادُ الرَّحْمَنِ الَّذِينَ يَمْشُونَ عَلَى
الْأَرْضِ هَوْنًا وَإِذَا خَاطَبَهُمُ الْجَاهِلُونَ
قَالُوا سَلَمًا ﴿٦٤﴾

65. Era abo abasula nga bavuunama nga bwe beesimba mu maaso ga Mukama waabwe,

وَالَّذِينَ يَبِيتُونَ لِرَبِّهِمْ سُجَّدًا
وَقِيَامًا ﴿٦٥﴾

66. Era abo abagamba nti: Mukama waffe, tuwuguleko ekibonerezo kya Jahannamu; mazima ekibonerezo kya yo kya kabi nnyo.

وَالَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا اصْرِفْ عَنَّا عَذَابَ
جَهَنَّمَ ۗ إِنَّ عَذَابَهَا كَانَ غَرَامًا ﴿٦٦﴾

67. Mazima ekyo ky'ekiwummulo era ge maka amabi ennyo;

68. Era abo ababa nga basaasaanya nebatadiibuuda ate nebatokodowala, wabula nebabera wakati w'ebyo *byombi*;

69. Era abo abatawanjagira musinzibwa mulala awamu ne Allah, era abatatta muntu oyo Allah gwe yaziyiza *okutta*, wabula mu butongole, era abatayenda. Naye oyo akola ebyo y'alisisinkana n'ekibonerezo ky'ekibi.

70. Alyongezebwa n'ekibonerezo *ekirala* ku lunaku lw'okuzuukira, era alibeera mu kyo nga munyoomoofu,

71. Okuggyako oyo alibonerera, n'akkiriza era n'akola ebikolwa eburungi; kale abo Allah alikyuusa ebibi byabwe mu burungi; era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

72. Naye oyo alibonerera era n'akola *n'ebikolwa* eburungi, mazima oyo y'aliba ayolekedde eri Allah mu butuufu;

73. Era abo abatajulira bya bulimba, era nga bwe bayita awali ebya sswakaba, bayitawo na kitiibwa;

74. Era abo ababa nga bajjukizibwa Aya za Mukama waabwe, nebatamala gazigwako ng'abaggavu b'amatu n'abazibu b'amaaso.

75. Era n'abo abagamba nti: Mukama waffe, tuwe mu be tufumbiriganwa nabo ne mu zzadde lyaffe ebikkakanya amaaso, era otufuule okuba omukulembeze w'abatya Allah.

76. Abo be balisasulwa ekifo ekya waggulu mu *Janna* olw'okugumiikiriza kwabwe, era baliyanirizibwamu n'okulamusa n'emirembe,

77. Omwo mwe balibeera nga ky'ekiwummulo era nga ge maka amakula.

78. Gamba *abatakkiriza* nti: Mukama wange teyaalibafuddeko singa si kuwanjaga kwammwe. Naye nga bwe mulimbisizza *obubaka bwe*, kale mangu nnyo *kati ekibonerezo* kijja kuba lukokobe.

إِنَّهَا سَاءَتْ مُسْتَقَرًّا وَمُقَامًا ﴿٦٧﴾

وَالَّذِينَ إِذَا أَنْفَقُوا لَمْ يُسْرِفُوا وَ
لَمْ يَقْتُرُوا وَكَانَ بَيْنَ ذَلِكَ قَوَامًا ﴿٦٨﴾

وَالَّذِينَ لَا يَدْعُونَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ وَ
لَا يَقْتُلُونَ النَّفْسَ الَّتِي حَرَّمَ اللَّهُ إِلَّا
بِالْحَقِّ وَلَا يَزْنُونَ ۚ وَ مَنْ يَفْعَلْ
ذَلِكَ يَلْقَ أَثَامًا ﴿٦٩﴾

يُضَعَفُ لَهُ الْعَذَابُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَ
يَخْلُدُ فِيهِ مُهَانًا ﴿٧٠﴾

إِنَّمَا مِنْ تَابٍ وَآمَنَ وَعَمِلَ عَمَلًا
صَالِحًا فَأُولَئِكَ يُبْرَأُ اللَّهُ سَيِّئَاتِهِمْ
حَسَنَاتٍ ۚ وَكَانَ اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٧١﴾

وَمَنْ تَابَ وَعَمِلَ صَالِحًا فَإِنَّهُ يَتُوبُ إِلَى
اللَّهِ مَتَابًا ﴿٧٢﴾

وَالَّذِينَ لَا يَشْهَدُونَ الزُّورَ ۚ وَإِذَا مَرُّوا
بِالْغُرُفِ مَرُّوا حِرَامًا ﴿٧٣﴾

وَالَّذِينَ إِذَا دُكِّرُوا بِآيَاتِ رَبِّهِمْ لَمْ
يَخِرُّوا عَلَيْهَا صُمًّا وَعُمْيَانًا ﴿٧٤﴾

وَالَّذِينَ يَقُولُونَ رَبَّنَا هَبْ لَنَا مِنْ
أَزْوَاجِنَا وَذُرِّيَّاتِنَا قُرَّةَ أَعْيُنٍ وَاجْعَلْنَا
لِلْمُتَّقِينَ إِمَامًا ﴿٧٥﴾

أُولَئِكَ يُجْزَوْنَ الْعُرْفَةَ بِمَا صَبَرُوا وَ
يُلَقَّوْنَ فِيهَا تَحِيَّةً وَسَلَامًا ﴿٧٦﴾

خَالِدِينَ فِيهَا ۚ حَسَنَتْ مُسْتَقَرًّا وَ
مُقَامًا ﴿٧٧﴾

قُلْ مَا يَعْجَبُوكُمْ رَبِّي لَوْلَا دُعَاؤُكُمْ ۚ
فَقَدْ كَذَّبْتُمْ فَسَوْفَ يَكُونُ لِزَامًا ﴿٧٨﴾

AL-SHU‘ARĀ’

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Tā Sīn Mīm*

طٰسَمٌ ②

3. Zino ze Aya z'Ekitabo ekitangaaza.

تِلْكَ اٰیٰتُ الْكِتٰبِ الْمُبِیْنِ ③

4. Ob'olyawo newessa ennaku olw'o-kubanga tebafuuse bakkiriza.

لَعَلَّكَ بَاخِعٌ نَّفْسَكَ اَلَّا یَكُوْنُوْا مُؤْمِنِیْنَ ④

5. Bwe tuba nga twagadde, tussa gye bali akabonero okuva mu ggulu, kale n'ensingo zaabwe nezisigala nga zeekotese ku Iwa ko.

اِنْ تَشَا نُنَزِّلْ عَلَیْهِمْ مِنَ السَّمٰوٰتِ اٰیَةً فَظَلَّتْ اَعْنَٰقُهُمْ لَهَا خَآضِحِیْنَ ⑤

6. Era tebatuukibwako Kubuulirira kwonna okupya okuva eri Omusaasizi ennyo, wabula bakukuba mabega.

وَمَا یَأْتِیْهِمْ مِنْ ذِکْرِ مِنَ الرَّحْمٰنِ مُحَدَّثٍ اِلَّا كَانُوْا عَنْهُ مُعْرِضِیْنَ ⑥

7. Kale ddala yo bagilimbisizza, naye mangu nnyo bajja kutuukibwako amawulire agafa kw'ebyo bye baali bajerega.

فَقَدْ كَذَّبُوْا فَسَیَاْتِیْهِمْ اَنْبَاٌ مَّا كَانُوْا بِهٖ یَسْتَهْزِءُوْنَ ⑦

8. Abaffe, tebatunulako eri ensi, bimeka bye twameza ku yo ebya buli ngeri amakula?

اَوْ لَمْ یَزِدْ اِلَّا الْاَرْضَ كَمَا اَنْبَتْنَا فِیْهَا مِنْ کُلِّ زَوْجٍ کَرِیْمٍ ⑧

9. Mazima mw'ebyo mulimu akabonero; naye abasinga obungi mu bo tebakkiriza.

اِنْ فِیْ ذٰلِكَ لَاٰیَةٌ وَّ مَا كَانَ اَحْتَرٰهُمْ مُؤْمِنِیْنَ ⑨

10. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَ اِنَّ رَبَّكَ لَهٗوَ الْعَزِیْزُ الرَّحِیْمُ ⑩

Ruku 2

11. Era Jjukira nga Mukama wo bwe yakoowoola Mūsa nti: Genda eri abantu aboonoonyi—

وَ اِذْ تَاذٰی رَبُّكَ مُوْسٰی اِنَّ اٰتٰتِ الْقَوْمِ الظّٰلِمِیْنَ ⑪

12. Abantu ba Farāwo. Abaffe, era tebaatye Allah?

قَوْمٍ فِرْعَوْنِ ؕ اَلَا یَتَّقُوْنَ ⑫

13. N'agamba nti: Mukama wange, mazima ntya nti bajja kunnimbisa.

قَالَ رَبِّ اِنِّیْۤ اَخَافُ اَنْ یُّكْذِبُوْنَ ⑬

14. Era nkeng'entererwa mu kifuba kyange, n'olulimi lwange si lubalangufu; naye tumako n'eri Hārūna.

وَ یَضِیْقُ صَدْرِیْ وَلَا یَنْطَلِقُ لِسَانِیْ قٰرِیْۤ اَسَلْ اِلٰی هٰرُوْنَ ⑭

15. Ate balina ne kye banvunaana, kale ntya nti bajja kunzita.

وَ لَهُمْ عَلَیْ ذَنْبٍ فَاَخَافُ اَنْ یَّقْتُلُوْنَ ⑮

26:2. Allah Ye Mutukuvu ennyo, Awulira byonna, Amanyi byonna.

16. *Allah* n'agamba nti: Tekisoboka! Kale mugende mwembi n'obubonero bwaffe, naffe tuli wamu nammwe tuwuliriza.

قَالَ كَلَّا ۖ فَاذْهَبَا بِأَيْتِنَا إِنَّا مَعَكُمْ مُسْتَمِعُونَ ﴿١٦﴾

17. Kale mwembi mugende eri Farāwo mugambe nti: Ddala tuli Babaka ba Mukama w'ebitonde byonna,

قَاتِيَا فِرْعَوْنَ فَقُولَا إِنَّا رَسُولُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٧﴾

18. Kale leka abaana ba Isirairi *bagende* naffe.

أَنْ أَرْسَلَ مَعَنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٨﴾

19. *Farāwo* n'agamba *Mūsa* nti: Tetwakulerera mu ffe nga oli muto, n'omala mu ffe emyaka mingi mu bulamu bwo?

قَالَ أَلَمْ نُرَبِّكَ فِيمَنَا وَوَلِيدًا ۖ وَكَيْسَتْ فِيمَنَا مِنْ عُمْرِكَ سِنِينَ ﴿١٩﴾

20. Era n'okola n'ekikolwa kyo ekyo kye wakola? Wamma ddala oli mw'abo abatasiima.

وَفَعَلْتَ فَعَلْتَكِ الْبَنِي فَعَلْتَ وَأَنْتَ مِنَ الْكَافِرِينَ ﴿٢٠﴾

21. *Mūsa* n'agamba nti: Wewaawo nakikola, bwe kityo nange nnali mw'abo abasobyaa.

قَالَ فَعَلْتُهُمْ أَدَاؤًا وَأَنَا مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٢١﴾

22. Kale nabadduka nga mbatidde, naye Mukama wange nampa obuyinza n'amagezi era n'anfuula *omu* mu Babaka.

فَقَرَرْتُ مِنْكُمْ لَمَّا خِفْتِكُمْ فَوَهَبَ لِي رَبِّي حُكْمًا وَجَعَلَنِي مِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿٢٢﴾

23. Abaffe, ekisa ekyo ky'onkomereza, ky'e-kyakufuuzaa abaana ba Isirairi abaddu?

وَتِلْكَ نِعْمَةٌ تَمُّهُمَا عَلَيَّ أَنْ عَبَّدتَّ بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿٢٣﴾

24. *Farāwo* n'agamba nti: Kazzi Mukama w'ensi yonna y'ani?

قَالَ فِرْعَوْنُ وَمَا رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٢٤﴾

25. N'agamba nti: Ye Mukama w'emigigi gy'eggulu n'ensi, n'ebiri wakati wa byombi, bwe muba nga mukakasa.

قَالَ رَبُّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا ۚ إِنْ كُنْتُمْ مُوقِنِينَ ﴿٢٥﴾

26. *Farāwo* n'agamba abaali bamwetooolo-odde nti: Abaffe, temuwulira?

قَالَ لِمَنْ حَوْلَهُ أَلَا تَسْتَمِعُونَ ﴿٢٦﴾

27. *Mūsa* n'agamba nti: Ye Mukama wammwe era ye Mukama wa bakitamwe ab'edda.

قَالَ رَبُّكُمْ وَرَبُّ آبَائِكُمُ الْأَوَّلِينَ ﴿٢٧﴾

28. *Farāwo* n'agamba nti: Mazima omubaka wammwe eyabatumurwa, ddala mugwi wa ddalu.

قَالَ إِنَّ رَسُولَكُمْ الَّذِي أُرْسِلَ إِلَيْكُمْ لَمَجْنُونٌ ﴿٢٨﴾

29. *Mūsa* n'agamba nti: Ye Mukama w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba, n'ebiri wakati wa byombi, bwe muba nga mukozesa amagezi.

قَالَ رَبُّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ وَمَا بَيْنَهُمَا ۚ إِنْ كُنْتُمْ تَعْقِلُونَ ﴿٢٩﴾

30. *Farāwo* n'agamba nti: Bw'onootwalayo omusinzibwa omulala atali nze, mazima nzija kukussa mu basibe.

قَالَ لَيْسَ اتَّخَذتُ إِلَهًا غَيْرِي لَأَجْعَلَنَّكَ مِنَ الْمَسْجُورِينَ ﴿٣٠﴾

31. *Mūsa* n'agamba nti: Abaffe, ne bwe nnaakuletera ekintu ekirabikira ddala?

قَالَ أَوْ لَوْ جِئْتُكَ بِشَيْءٍ مُبِينٍ ﴿٣١﴾

32. *Farāwo* n'agamba nti: Kale kireete, obanga oli mw'abo aboogera amazima.

قَالَ فَاتِ بِمَ إِنْ كُنْتَ مِنَ
الصَّادِقِينَ ﴿٣٢﴾

33. Olwo *Mūsa* kwe kusuula wansi omuggo gwe, okwejjuukiriza nga gwe musota ogulabikira ddala.

فَأَلْفَى عَصَاهُ فَإِذَا هِيَ ثُعْبَانٌ مُّبِينٌ ﴿٣٣﴾

34. Ate bwe yaggyayo omukono gwe, okwejjuukiriza nga mweru tukutuku eri abalabi.

وَنَزَعَ يَدَهُ فَإِذَا هِيَ بَيْضَاءُ
لِللَّظْفَرِينِ ﴿٣٤﴾

Ruku 3

35. *Farāwo* n'agamba abakungu abaali bamwetooolodde nti: Mazima ono mulogo mukugu.

قَالَ لِلْمَلَآءِ حَوْلَهُ إِنَّ هَذَا لَسِحْرٌ
عَلَيْكُمْ ﴿٣٥﴾

36. Ayagala kubagoba mu nsi yammwe n'eddogo lye, naye kati mmwe muwa magezi ki?

يُرِيدُ أَنْ يُخْرِجَكُمْ مِنْ أَرْضِكُمْ
بِسِحْرِهِ ۗ فَمَاذَا تَأْمُرُونَ ﴿٣٦﴾

37. Nebagamba nti: Ogira omuleka ye ne muganda we, kale otume mu bibuga abalaalisi,

قَالُوا أَرْجِهْ وَأَخَاهُ وَابْعَثْ فِي
الْمَدَائِنِ حَشِيرِينَ ﴿٣٧﴾

38. Bakuleetere buli mulogo omukugu.

يَأْتُوكَ بِكُلِّ سِحْرٍ عَلَيْهِمْ ﴿٣٨﴾

39. Kale abalogo baakung'aanyizibwa ku kiseera ekyalagaanyizibwa n'olunaku olwategekebwa.

فَجَمِعَ السَّحْرَةَ لِمِيقَاتِ يَوْمٍ مَّعْلُومٍ ﴿٣٩﴾

40. Era n'abantu nebagambibwa nti: Abaffe, nammwe munaakung'aana,

وَقِيلَ لِلنَّاسِ هَلْ أَنْتُمْ مُّجْتَمِعُونَ ﴿٤٠﴾

41. Tulyooke tugoberere abalogo bwe banaaba nga be bawanguzi?

لَعَلَّنَا نَتَّبِعِ السَّحْرَةَ إِنْ كَانُوا هُمْ
الْغَالِبِينَ ﴿٤١﴾

42. Kale abalogo bwe bajja, baagamba *Farāwo* nti: Abaffe, tunaafuna empeera bwe tunaaba nga ffe bawanguzi?

فَلَمَّا جَاءَ السَّحْرَةَ قَالُوا لِفِرْعَوْنَ أَئِنَّا
لِنَا لِأَجْرٍ إِنْ كُنَّا نَحْنُ الْغَالِبِينَ ﴿٤٢﴾

43. *Farāwo* n'agamba nti: Yee! Era mujja nakuba mu b'oku lusegere.

قَالَ نَعَمْ وَإِنَّكُمْ إِذَا لَمِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿٤٣﴾

44. *Mūsa* n'abagamba nti: Musuulewo ebyo bye munaasuulawo.

قَالَ لَهُمْ مُوسَى الْقَوْلَا مَا أَنْتُمْ مُّلقُونَ ﴿٤٤﴾

45. Kale nebasuulawo emiguwa gyabwe n'emiggo gyabwe, nebagamba nti: Ku lw'ekitiibwa kya *Farāwo*, tewali kuwanna-anya, ffe bawanguzi.

فَأَلْقُوا حَبَا لَهُمْ وَعَصِيَّتَهُمْ وَقَالُوا يَجْرِي
فِرْعَوْنُ إِنَّا لَنَحْنُ الْغَالِبُونَ ﴿٤٥﴾

46. Olwo ne *Mūsa* yasuuulawo omuggo gwe, okwejjuukiriza nga gumize byonna bye bajinzejinze!

فَأَلْفَى مُوسَى عَصَاهُ فَإِذَا هِيَ تَلْقَفُ
مَا يَأْفِكُونَ ﴿٤٦﴾

47. Olwo abalogo baawalirizibwa okweyala nebauunama.

فَأَلْفَى السَّحْرَةَ سَاجِدِينَ ﴿٤٧﴾

48. Nebagamba nti: Tukkirizza Mukama w'ebitonde byonna,

49. Mukama wa Mūsa ne Hārūna.

50. *Farāwo* n'agamba nti: Abaffe, mukkirizza nga sinnaba nakubakkiriza? Mazima ye ye mukulu wammwe oyo eyabayigiriza obulogo, naye mangu nnyo mujja kumanya. Ddala nzija kubatemako emikono gyamwwe n'amagulu gammwe mu mpulinkanya, era ddala mwenna nzija kubattira ku musaalaba.

51. Nebagamba nti: Tewali kabi, kasita tunadda eri Mukama waffe.

52. Mazima tusubira nti Mukama waffe ajja kutusonyiwa ebibi byaffe kuba ffe tusoose okuba abakkiriza.

Ruku 4

53. Era twabikkulira Mūsa nti: Twala abaweereza bange ekiro, naye ddala mujja kuwonderwa.

54. Olwo *Farāwo* kwe kutuma abalaalisi mu bibuga.

55. *Nebagamba nti*: Mazima bano kabiina katono nnyo.

56. Ate ddala batunyiizizza na nnyo.

57. Era ddala ffe kibiina ekiri obulindaala.

58. Bwe tutyo *abaajeema* twabaggya mu nsuku n'ensulo.

59. N'amawanika n'ebifo eby'ekitiibwa.

60. Bwe tutyo netubisikiza abaana ba Isirairi.

61. Kale baabawondera *nebabatuukako* nga enjuba evaayo.

62. Awo ebibiina byombi bwe byalabagana, abantu ba Mūsa nebagamba nti: Mazima tukwatiddwa.

63. *Mūsa* n'agamba nti: Tekiyinzika! Mazima Mukama wange ali wamu nange, ajja kunnung'anya eri *eky'okukola*.

64. Olwo twabikkulira Mūsa nti: Kuba omuggo gwo ku nnyanja. Kale *ennyanja* yeeyawulamu, buli ludda ne luba ng'olusozi olusukkirivu.

قَالُوا مَتَىٰ يَأْتِيَنَا الْحَمِيمُ ۖ ﴿٤٨﴾

رَبِّ مُوسَىٰ وَهَارُونَ ۖ ﴿٤٩﴾

قَالَ امْنُتُمْ لَهُ قَبْلَ أَنْ أَدْنٰ لَكُمْ ۚ إِنَّهُ كَبِيرٌ كُمْ الَّذِي عَلَّمَكُمُ السِّحْرَ ۚ فَلَسَوْفَ تَعْلَمُونَ ۗ لَا قَطْعَانَ أَيْدِيكُمْ وَأَزْجَلَكُمْ مِنْ خِلَافٍ وَلَا وَصَلَتَكُمْ أَجْمَعِينَ ۗ ﴿٥٠﴾

قَالُوا لَا ضَيْرَ ۚ إِنَّا إِلَىٰ رَبِّنَا مُنْقَلِبُونَ ۗ ﴿٥١﴾

إِنَّا نَطْمَعُ أَنْ يَغْفِرَ لَنَا رَبُّنَا خَطِيئَاتِنَا ۗ إِنَّ كُنَّا أَوَّلَ الْمُؤْمِنِينَ ۗ ﴿٥٢﴾

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ أَسْرِ بِعِبَادِي ۖ إِنَّكُمْ مُّتَّبِعُونَ ۗ ﴿٥٣﴾

فَازْسَلْ فِرْعَوْنَ فِي الْمَدَائِنِ حَاشِرِينَ ۗ ﴿٥٤﴾

إِنَّ هَٰؤُلَاءِ لَشِرْذِمَةٌ قَلِيلُونَ ۗ ﴿٥٥﴾

وَلَا تَهْمُ لَنَا غَائِظُونَ ۗ ﴿٥٦﴾

وَأِنَّا لَجَمِيعٌ خَازِنُونَ ۗ ﴿٥٧﴾

فَأَخْرَجْنَاهُمْ مِنْ جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ۗ ﴿٥٨﴾

وَكُنُوزٍ وَمَقَارٍ كَرِيمٍ ۗ ﴿٥٩﴾

كَذٰلِكَ ۗ وَأَوْرَثْنَاهَا بِنِيٍّ إِسْرَآءِيلَ ۗ ﴿٦٠﴾

فَاتَّبَعُوهُمْ مُّشْرِقِينَ ۗ ﴿٦١﴾

فَلَمَّا تَرَاءَى الْجَمْعِينَ قَالَ أَعْضَبُ

مُوسَىٰ إِنَّا لَمَذْرُكُونَ ۗ ﴿٦٢﴾

قَالَ كَلَّآ ۚ إِنَّ مَعِيَ رَبِّي سَيَهْدِينِ ۗ ﴿٦٣﴾

فَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ مُوسَىٰ أَنْ اضْرِبْ

بِعَصَاكَ الْبَحْرَ ۚ فَانْفَلَقَ فَكَانَ كُلُّ

فِرْقٍ كَالطَّوْدِ الْعَظِيمِ ۗ ﴿٦٤﴾

65. Nate abalala *abaawondera nabo* ne-tubasembeza *awo*.

وَأَرْكَنًا ثُمَّ الْآخِرِينَ ﴿٦٥﴾

66. Era ne tuwonya Mūsa n'abaali naye *bonna*.

وَأَنْجَيْنَا مُوسَى وَمَنْ مَعَهُ أَجْمَعِينَ ﴿٦٦﴾

67. N'oluvannyuma netusaanyaawo *bali* abalala.

ثُمَّ آخِرْنَا الْآخِرِينَ ﴿٦٧﴾

68. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٦٨﴾

69. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَلَا تَرْبِكْ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿٦٩﴾

Ruku 5

70. Era basomere ebyafa ku Ibrāhīmu.

وَإِئْتَلُّ عَلَىٰهِمْ نَبَأَ إِِبْرَاهِيمَ ﴿٧٠﴾

71. Awo bwe yagamba kitaawe n'abantu be nti: Biki *ebyo* bye musinza?

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ مَا تَعْبُدُونَ ﴿٧١﴾

72. Nebagamba nti: Tusinza masanamu, era tujja kusigala nga tunyweredde ku go.

قَالُوا نَعْبُدُ آبَاءَنَا مَا فَنظَلُّ لَهَا عِزِّينَ ﴿٧٢﴾

73. N'agamba nti: Ye nno gabawulira bwe mugakoowoola,

قَالَ هَلْ يَسْمَعُونَكُم إِذْ تَدْعُونَ ﴿٧٣﴾

74. Nandiki, gabagasa oba gabakosa?

أَوْ يَنْفَعُونَكُم أَوْ يَضُرُّونَ ﴿٧٤﴾

75. Nebagamba nti: *Nedda*, naye twasanga nga ne bakitaffe bwe batyo bwe bakola.

قَالُوا بَلْ وَجَدْنَا آبَاءَنَا كَذَلِكَ يَفْعَلُونَ ﴿٧٥﴾

76. N'agamba nti: Mulabye mutya kw'ebyo bye musinza —

قَالَ أَفَرَأَيْتُمْ مَا كُنْتُمْ تَعْبُدُونَ ﴿٧٦﴾

77. Mmwe ne bakitammwe ab'edda?

أَنْتُمْ وَأَبَاؤُكُمْ الْأَقْدُمُونَ ﴿٧٧﴾

78. Mazima ebyo *byonna* balabe gyendi, okuggyako Mukama w'ensi yonna,

فَأْتَهُمْ عَدُوِّيَ إِلَّا رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿٧٨﴾

79. Oyo eyantonda, kale *era* Ye y'annu-*ng'anya*.

الَّذِي خَلَقَنِي فَهُوَ يَهْدِينِ ﴿٧٩﴾

80. Era y'Oyo andiisa era y'annyweesa.

وَالَّذِي هُوَ يُطْعِمُنِي وَيَسْقِينِ ﴿٨٠﴾

81. Era bwe ndwaala, y'anzisuusa.

وَإِذَا مَرَضْتُ فَهُوَ يَشْفِينِ ﴿٨١﴾

82. Era y'Oyo alinfiisa, n'oluvannyuma y'alizuukiza.

وَالَّذِي يُمَيِّتُنِي ثُمَّ يُحْيِينِ ﴿٨٢﴾

83. Era y'Oyo gwe nsuubira okunsonyiwa ebibi byange ku lunaku lw'okulamulirwako.

وَالَّذِي أَطْمَعُ أَنْ يَغْفِرَ لِي خَطِيئَتِي يَوْمَ الدِّينِ ﴿٨٣﴾

84. Mukama wange, mpa amagezi era onnyunge ku batuukirivu,

رَبِّ هَبْ لِي حُكْمًا وَآخِرِينَ ﴿٨٤﴾

85. Era ompe ettuttumu mu b'oluvannyuma, وَاجْعَلْ لِي لِسَانَ صِدْقٍ فِي الْآخِرِينَ ﴿٨٥﴾
86. Era onfuule *omu* mw'abo abalisikira Janna ey'essanyu erijjuvu. وَاجْعَلْنِي مِنْ ذُرِّيَةِ الْجَنَّةِ الرَّحِيمِ ﴿٨٦﴾
87. Era sonyiwa kitange; kuba ddala ali mw'abo ababuze, وَاعْفُزْ لِإِيَّتِي إِنَّهُ كَانَ مِنَ الضَّالِّينَ ﴿٨٧﴾
88. Era tonswaazanga ku lunaku lwe balizuukizibwa — وَلَا تُخْزِنِي يَوْمَ يُبْعَثُونَ ﴿٨٨﴾
89. Olunaku eby'obugagga lwe bitaligasa, wadde abaana; يَوْمَ لَا يَنْفَعُ مَالٌ وَلَا بَنُونَ ﴿٨٩﴾
90. Okuggyako oyo alijja eri Allah n'omwoyo omujeemulukufu. إِلَّا مَنْ آتَى اللَّهَ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٩٠﴾
91. N'e Janna lw'erisembezebwa eri abatya Allah وَأُزْلِفَتِ الْجَنَّةُ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٩١﴾
92. N'omuliro negwolesebwa eri abaabula. وَبُرِّزَتِ الْجَحِيمُ لِلْغَوِينَ ﴿٩٢﴾
93. Era baligambibwa nti: Baluwa abo be mwasinzanga وَقِيلَ لَهُمْ آيِنَمَا كُنْتُمْ تَعْبُدُونَ ﴿٩٣﴾
94. Ebbali wa Allah? Abaffe, basobola okubayamba oba bo bennyini okweyamba? مِنْ دُونِ اللَّهِ هَلْ يَنْصُرُونَكُمْ أَوْ يَنْتَصِرُونَ ﴿٩٤﴾
95. Kale *be baasinzanga* balisuulibwa mu gwo nga basulikiddwa, bo n'abo abaawaba, فَكَبِّبُوا فِيهَا لَهُمُ وَالْعَاُونَ ﴿٩٥﴾
96. N'ab'amagye ga Ibilisi bonna. وَجُنُودٌ إِبِلِيسَ أَجْمَعُونَ ﴿٩٦﴾
97. Balyogera nga bali mu gwo nga batotoogana *nti*: قَالُوا وَهُمْ فِيهَا يَخْتَصِمُونَ ﴿٩٧﴾
98. Amazima ga Allah, ddala twaali mu bubuze bwa lwaatu! تَاللَّهِ إِنْ كُنَّا لَفِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٩٨﴾
99. Mmwe bwe twabenkanya ne Mukama w'ebitonde byonna; إِذْ نُسَّوْا بِكُمْ بِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٩٩﴾
100. Naye teri yatubuza wabula aboononyi. وَمَا أَضَلَّنَا إِلَّا الْمُجْرِمُونَ ﴿١٠٠﴾
101. Naye tetulinaayo bawolereza, فَمَا لَنَا مِنْ شَافِعِينَ ﴿١٠١﴾
102. Wadde ow'omukwano enfiirabulago! وَلَا صِدْقٍ حَمِيمٍ ﴿١٠٢﴾
103. Kale singa tusobola okuddayo *ku nsi*, olwo twalibadde mu bakkiriza. فَلَوْ أَنَّ لَنَا كَرَّةٌ فَنَكُونُ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٠٣﴾
104. Mazima mw'ebyo mulimu okulabula, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza. لَإِن فِي ذَلِكَ لَآيَةً ۗ وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٠٤﴾
105. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi. بَعِّ وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٠٥﴾

Ruku 6

106. Abantu ba Nūhu *nabo* baalimbisa Abatume.

كَذَّبَتْ قَوْمُ نُوحٍ بِالْمُرْسَلِينَ ﴿١٠٦﴾

107. Awo muganda waabwe Nūhu bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

رَأَىٰ قَالَ لَهُمُ أَحْوَهُمْ نُوحٌ أَلَّا تَتَّقُونَ ﴿١٠٧﴾

108. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

رَبِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٠٨﴾

109. Kale mutye Allah era mumpulire.

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرَهُ ﴿١٠٩﴾

110. Era nze sibasaba mpeera kw'ebyo *bye nkola*, kuba empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna.

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَىٰ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١١٠﴾

111. Kale mutye Allah era mumpulire.

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرَهُ ﴿١١١﴾

112. Nebagamba nti: Abaffe, tukukkirize ng'ate abakugoberera be basinga n'obunyoo-moofu?

قَالُوا أَنُؤْمِنُ مِنْ لَدُنْكَ وَتَجْعَلُ الْآرْذَلُونَ ﴿١١٢﴾

113. N'agamba nti: Nze mmanyi ki kw'ebyo *bye* baakolanga?

قَالَ وَمَا عَلِمِي بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١١٣﴾

114. Anti okubalibwa kwabwe tekuli ku mulala wabula ku Mukama wange, singa mubadde mutegeera.

إِنْ حِسَابُهُمْ إِلَّا عَلَىٰ رَبِّي لَوَ تَشْعُرُونَ ﴿١١٤﴾

115. Era nze siri wa kugobaganya bakkiriza.

وَمَا أَنَا بِطَارِدِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١١٥﴾

116. Anti nze siri kirala, wabula ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

إِن أَنَا إِلَّا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿١١٦﴾

117. Nebagamba nti: Bwotekomeko ggwe Nūhu, mazima ojja kuba mw'abo ab'okukubibwa amayinja.

قَالُوا لَيْتَ لَمْ تَنْتَهَ بِنُوحٍ لَتَكُونَنَّ مِنَ الْمَرْجُومِينَ ﴿١١٧﴾

118. *Nūhu* n'agamba nti: Mukama wange, mazima abantu bange bannimbisizza.

قَالَ رَبِّ إِنَّ قَوْمِي كَذَّبُونِ ﴿١١٨﴾

119. Kale lamula wakati wange nabo olulamula era omponye wamu n'abo abali nange abakkiriza.

فَأَفْتَحَ بَيْنِي وَبَيْنَهُمْ فَتَحَا وَنَجَّيْنِي وَ

مَنْ مَعِيَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١١٩﴾

120. Kale twamuwonya wamu n'abaali naye mu kyombo ekijjuzibwa.

فَأَنْجَيْنَاهُ وَمَنْ مَعَهُ فِي الْفُلِّ الْمَشْحُونِ ﴿١٢٠﴾

121. N'oluvannyuma twasaanyaawo abaasigalira.

ثُمَّ أَعْرَفْنَا بَعْدَ الْبَلِيَّةِ ﴿١٢١﴾

122. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً، وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٢٢﴾

123. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

يَعْلَمُ وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٢٣﴾

Ruku 7

124. N'aba 'Ādi baalimbisa Ababaka.

كَذَّبَتْ عَادٌ بِالْمُرْسَلِينَ ﴿١٢٤﴾

125. Awo muganda waabwe Hüdu bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah? إِذْ قَالَ لَهُمُ أَخُوهُمْ هُودٌ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٢٥﴾

126. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa. إِنِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٢٦﴾

127. Kale mutye Allah era mumpulire. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَآطِعُوا نِّي ﴿١٢٧﴾

128. Era nze sibasaba mpeera ku byo, anti empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna. وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٢٨﴾

129. Abaffe, muzze mu kuzimba bijjukizo ku buli kifo ekigulumivu nga munoonya ekitiibwa ekitaliimu nsa, أَتَّبِعُونَ بِكُلِّ رِيحٍ آيَةً تَعْبَثُونَ ﴿١٢٩﴾

130. Era muzimba embiri n'amakolero olwo nno mulyooke mubeere ab'olubeerera? وَتَتَّخِذُونَ مَصَانِعَ لَعَلَّكُمْ تَخْلُدُونَ ﴿١٣٠﴾

131. Era buli lwe mukwata omuntu yenna, mumukwata mu ngeri ya baliisamaanyi. وَإِذَا بَطَشْتُمْ بَطَشْتُمْ جَبَّارِينَ ﴿١٣١﴾

132. Kale mutye Allah era mumpulire. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَآطِعُوا نِّي ﴿١٣٢﴾

133. Era mutye Oyo eyabayamba kw'ebyo bye mumanyi. وَاتَّقُوا النَّازِيَةَ الَّتِي آتَتْكُمْ يَمًا تَعْلَمُونَ ﴿١٣٣﴾

134. Yabayamba n'abawa ebisolo, n'abaana, أَمَدَكُمْ بِأَنعَامٍ وَبَيْنِينَ ﴿١٣٤﴾

135. N'ensuku, n'ensulo. وَجَنَّتِ وَعُيُونٍ ﴿١٣٥﴾

136. Mazima nze mbatiisa ekibonerezo ky'olonaku olw'ekitalo. إِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿١٣٦﴾

137. Baddamu nti: Ky'ekimu gye tuli bw'obuulirira oba bw'otoba mw'abo ababuulirira. قَالُوا سَوَاءٌ عَلَيْنَا أَوَعَظْتَ أَمْ لَمْ تَكُنْ مِنَ الْوَاعِظِينَ ﴿١٣٧﴾

138. Bino si birala wabula y'empisa y'abo abaatusooka. إِنْ هَذَا إِلَّا خُلُقُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٣٨﴾

139. Era ffe tetuli ba kubonerezebwa. وَمَا تَحْنُ بِمَعَدِّيْنَ ﴿١٣٩﴾

140. Kale baumulimbisa, olwo naffe ne-tubazikiriza. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza. فَكَذَّبُوهُ فَأَهْلَكْنَاهُمْ إِنْ فِي ذَلِكَ لَآيَةٌ وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٤٠﴾

141. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi. وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٤١﴾

142. N'aba Thamüda baalimbisa Ababaka, كَذَّبَتْ ثَمُودُ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٤٢﴾

143. Awo muganda waabwe Swälehe bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah? إِذْ قَالَ لَهُمُ أَخُوهُمْ صَالِحٌ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٤٣﴾

144. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

رَبِّ لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٤٤﴾

145. Kale mutye Allah era mumpulire.

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرَهُ ﴿١٤٥﴾

146. Era sibasaba mpeera ku kyo, wabula empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna.

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ ۚ إِنْ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَىٰ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٤٦﴾

147. Abaffe, mulowooza nti munaalekebwa ku biri wano ku nsi nga muli mirembe,

أَثَرُكُمْ فِي مَا هُمَنَا أُمْنِينَ ﴿١٤٧﴾

148. Mu nsuku n'ensulo,

فِي جَنَّتٍ وَعُيُونٍ ﴿١٤٨﴾

149. N'ennimiro, n'emitende okubala kwa gyo okujula okugiwogola?

وَرُؤُوسٍ وَتَحِلِّ طَلْعَهَا هَضِيمٌ ﴿١٤٩﴾

150. Era nga muwookoola mu nsozi amayu n'obukugu?

وَتَنْحِثُونَ مِنَ الْجِبَالِ بُيُوتًا فَرَاهِينَ ﴿١٥٠﴾

151. Kale mutye Allah era mumpulire.

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرَهُ ﴿١٥١﴾

152. Era temugondera biragiro by'abo abasukiridde obubi,

وَلَا تُطِيعُوا أَمْرَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٥٢﴾

153. Abo abatabulatabula mu nsi era abatalongoosa.

الَّذِينَ يُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ وَلَا يُصْلِحُونَ ﴿١٥٣﴾

154. Baagamba nti: Mazima ggwe oli mw'abo abaloge;

قَالُوا إِنَّمَا آتَيْتَ مِنَ الْمُسْحَرِينَ ﴿١٥٤﴾

155. Ggwe toli kirala wabula oli muntu nga ffe. Kale leetayo akabonero, obanga oli mw'abo aboogera amazima.

156. N'agamba nti: Eng'amira enkazi yiyo, erina oluwalo lwa yo olw'okunywa, nammwe mulina oluwalo lwammwe olw'okunywa ku lunaku olumanyiddwa.

مَا آتَيْتَ إِلَّا بَشَرًا مِّثْلَنَا ۚ قَاتِ يَايْتِ إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿١٥٥﴾

قَالَ هَذِهِ نَاقَةٌ لَهَا شَرْبٌ وَلكُمْ شَرْبٌ يَوْمَ مَعْلُومٍ ﴿١٥٦﴾

157. Kale temugikwatangako mu ngeri embi, si kulwa nga mukwatibwa ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa.

وَلَا تَمَسُّوهَا بِسَوْءٍ فَيَأْخُذَكُمْ عَذَابُ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿١٥٧﴾

158. Kale bo baagitemako amagulu; olwo nebafuuka abejjusa.

فَعَقَرُوهَا فَاصْبَحُوا نَادِمِينَ ﴿١٥٨﴾

159. Nebakwatibwa ekibonerezo. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, era abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

فَأَخَذَهُمُ الْعَذَابَ ۗ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً ۗ وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٥٩﴾

160. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٦٠﴾

Ruku 9

161. N'abantu ba Lūti baalimbisa Abatume.

كَذَّبَتْ قَوْمُ لُوطٍ بِالْمُرْسَلِينَ ﴿١٦١﴾

162. Awo muganda waabwe Lūti bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

إِذْ قَالَ لَهُمُ أَخُوهُمْ لُوطٌ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٦٢﴾

163. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

رَبِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٦٣﴾

164. Kale mutye Allah era mumpulire.

فَاتَّقُوا اللَّهَ وَآطِعُوا أَمْرَهُ ﴿١٦٤﴾

165. Era nze sibasaba mpeera ku kyo, wabula empeera yange eri ku Mukama w'ebitonde byonna.

وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِي إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٦٥﴾

166. Abaffe, mu bantu bonna, mmwe mugenda eri basajja bannammwe!

آتَاؤُنَ الذَّكْرَانَ مِنَ الْعَالَمِينَ ﴿١٦٦﴾

167. Nemulekawo bakyala bammwe abo Mukama wammwe be yabatondera? Mazima muli bantu abasukka ekigero.

وَيَذُرُونَ مَا خَلَقَ لَكُمْ رَبُّكُمْ مِنْ أَرْزَاقِكُمْ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ عَادُونَ ﴿١٦٧﴾

168. Nebagamba nti: Gwe Lūti bw'otee-komeko, mazima ojja kuba mw'abo abanaawang'angusibwa.

قَالُوا لَئِنْ لَمْ تَنْتَهُ يَلُوطُ لَتَكُونَنَّ مِنَ الْمُخْرَجِينَ ﴿١٦٨﴾

169. N'agamba nti: Mazima nze ndi mw'abo abakyayira ddala ekikolwa kyammwe.

قَالَ رَبِّي لِعَمَلِكُمْ مِنَ الْقَالِينَ ﴿١٦٩﴾

170. Mukama wange, mponya n'aboomu nju yange ebyo bye bakola.

رَبِّ نَجْوَى وَأَهْلِي مِمَّا يَعْمَلُونَ ﴿١٧٠﴾

171. Kale twamuwonya n'abewuwe bonna,

فَنَجَّيْنَاهُ وَأَهْلَهُ أَجْمَعِينَ ﴿١٧١﴾

172. Okuggyako omukazi omukadde y'eyali mw'abo abasigalira.

إِلَّا عَجُوزًا فِي الْغَابِرِينَ ﴿١٧٢﴾

173. Ate abalala twabazikiriza.

ثُمَّ دَمَّرْنَا الْآخَرِينَ ﴿١٧٣﴾

174. Era netubatonyesereza enkuba; naye enkuba y'abaalabulwa nga yali mbi nnyo!

وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا فَسَاءَ مَطَرُ الْمُنْذَرِينَ ﴿١٧٤﴾

175. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لآيَةً وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿١٧٥﴾

176. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ﴿١٧٦﴾

Ruku 10

177. N'abantu b'omu kibira baalimbisa Abatume.

كَذَّبَ أَصْحَابُ لَيْكَةِ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٧٧﴾

178. Awo Shu'aibu bwe yabagamba nti: Abaffe, temuutye Allah?

إِذْ قَالَ لَهُمْ شُعَيْبٌ أَلَا تَتَّقُونَ ﴿١٧٨﴾

179. Mazima nze ndi Mubaka gye muli, omwesigwa.

رَبِّي لَكُمْ رَسُولٌ أَمِينٌ ﴿١٧٩﴾

180. Kale mutye Allah era mumpulire. فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا ١٨٠
181. Era nze sibasaba mpeera ku kyo, wabula empeera yange eri ku Mukama w'ensi yonna. وَمَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ إِنْ أَجْرِي إِلَّا عَلَى رَبِّ الْعَالَمِينَ ١٨١
182. Kale mutuukirize ebipimo era temuba mw'abo abaseera. أَوْفُوا الْكَيْلَ وَلَا تَكُونُوا مِنَ الْمُخْسِرِينَ ١٨٢
183. Era mupimenga ne minzaani entuufu. وَرُتُوا بِالْقِسْطِ إِنْ الْمُسْتَقِيمَ ١٨٣
184. Era temukendeezanga muwendo gwa bintu bya bantu, era temukolanga ebyambyoone mu nsi n'okutabulatabula. وَلَا تَبْخَسُوا النَّاسَ أَشْيَاءَهُمْ وَلَا تَتَحَوَّنَا فِي الْأَرْضِ مَفْسِدِينَ ١٨٤
185. Era mutye Oyo eyatonda mmwe n'ebitonde eby'olubereberye. وَاتَّقُوا الَّذِي خَلَقَكُمْ وَالْجِبِلَّةَ الْأَوَّلِينَ ١٨٥
186. Baagamba nti: Mazima ggwe oli mw'abo abaloge. قَالُوا إِنْ مَا أَنْتَ مِنَ الْمُسَحَّرِينَ ١٨٦
187. Era ggwe toli kirala wabula oli muntu nga ffe era tukakasa nti ddala oli mu balimba. وَمَا أَنْتَ إِلَّا بَشَرٌ مِثْلُنَا وَإِنْ نَطَّلِكَ لَمِنَ الْكَاذِبِينَ ١٨٧
188. Kale tusuuleko ebibajjo okuva mu ggulu, obanga oli mw'abo aboogera amazima. فَاسْقِطْ عَلَيْنَا كَسَفًا مِنَ السَّمَاءِ إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ١٨٨
189. N'agamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya ebyo bye mukola. قَالَ رَبِّي أَعْلَمُ بِمَا تَعْمَلُونَ ١٨٩
190. Kale baamulimbisa, olwo nebakwatibwa ekibonerezo ky'olunaku lw'ekikome. Mazima ekyo ky'ekyaali ekibonerezo ky'olunaku olw'entiisa. فَكَذَّبُواهُ فَأَخَذَهُمْ عَذَابٌ يَوْمَ الظُّلَّةِ إِنَّهُ كَانَ عَذَابٌ عَظِيمًا ١٩٠
191. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero, naye abasinga obungi mu bo tebaali bakkiriza. إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً، وَمَا كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُؤْمِنِينَ ١٩١
192. Era ddala Mukama wo ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi. وَإِنَّ رَبَّكَ لَهُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ١٩٢
- Ruku 11**
193. Era mazima yo *Kur'ani* kwe kubikkulirwa kw'Omulezi w'ebitonde byonna. وَإِنَّهُ لَتَنْزِيلُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ١٩٣
194. Mwoyo Mwesigwa y'eyakka nayo. نَزَلَ بِهِ الرُّوحُ الْأَمِينُ ١٩٤
195. Ku mutima gwo, olyooke obeere mu Balabuzi. عَلَى قَلْبِكَ لِتَكُونَ مِنَ الْمُنذِرِينَ ١٩٥
196. *Nga eri* mu lulimi Oluwarabu olunnyonyofu. يَلِسَانَ عَرَبٍ مُبِينٍ ١٩٦
197. Era ddala yo eri ne mu biwandiiko eby'abaabasooka. وَإِنَّهُ لَفِي زُبُرِ الْأَوَّلِينَ ١٩٧

198. Abaffe, ako si kabonero gye bali okulaba nti n'abakugu b'abaana ba Isirairi bagimanyi? أَوَلَمْ يَكُنْ لَهُمْ آيَةٌ أَنْ يَعْلَمَهُ عُلَمُوا بَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿١٩٨﴾
199. Era singa twagissa ku yenna atali Muwarabu وَلَوْ تَرَىٰٓ إِنَّهُ عَلَىٰ بَعْضِ الْأَعْمَىٰ ۖ ﴿١٩٩﴾
200. N'agibasomera, tebaaligikirizza. فَقَرَأَهُ عَلَيْهِمْ مَا كَانُوا بِهِ مُؤْمِرِينَ ﴿٢٠٠﴾
201. Bwe kityo nno twakiyingiza mu myoyo gy'abakozi b'ebibi. كَذٰلِكَ سَلَكْنٰهُ فِي قُلُوبِ الْمُجْرِمِينَ ﴿٢٠١﴾
202. Nti tebayinza kugikkiriza okutuusa lwe baliraba ekibonerezo ekirumya. لَا يُؤْمِنُونَ بِهِ حَتَّىٰ يَرَوُا الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿٢٠٢﴾
203. Kale kiribatuukako kibwatukira nga tebategedde. فَيَأْتِيهِمْ بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٢٠٣﴾
204. Olwo baligamba nti: Abaffe, tunaawebwayo ku kaagaanya? فَيَقُولُوا هَلْ نَحْنُ مُنظَرُونَ ﴿٢٠٤﴾
205. Abaffe, ekibonerezo kyaffe kye bawujjirira? أَفَبِعَذَابِنَا يَسْتَعْجِلُونَ ﴿٢٠٥﴾
206. Abaffe, okiraba otya singa tubeeyagazaamu okumala emyaka? أَفَرَأَيْتَ إِنْ مَتَّعْنَاهُمْ سِنِينَ ﴿٢٠٦﴾
207. N'oluvannyuma nebatuukibwako ekibonerezo ekyo kye balabulwako. ثُمَّ جَاءَهُمْ مَا كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿٢٠٧﴾
208. Ddala tebiribagasa ebyo bye beeyagazibwamu. مَا آغَىٰ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يُمَتَّعُونَ ﴿٢٠٨﴾
209. Era tetuzikirizanga kibuga kyonna wabula nga kimaze kufuna Balabuzi. وَمَا أَهْلَكْنَا مِنْ قَرْيَةٍ إِلَّا لَهَا مُنذَرُونَ ﴿٢٠٩﴾
210. Kuno kubuulirira; era ffe tetuli balyazaamaanyi. ذِكْرَىٰ ۗ وَمَا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٢١٠﴾
211. Era Kur'āni ba Sitaani si be bakka nayo. وَمَا تَنْزَلَتْ بِهِ الشَّيْطَانِ ﴿٢١١﴾
212. Yo tebasaanira, ate nabo tebasobola. وَمَا يَنْبَغِي لَهُمْ وَمَا يَسْتَظِيمُونَ ﴿٢١٢﴾
213. Mazima baazyizibwa okuwulira. إِنَّهُمْ عَنِ السَّمَاءِ لَمَعَزُولُونَ ﴿٢١٣﴾
214. Kale tolaajaniranga musinzibwa mulala awamu ne Allah, si kulwa nga obeera mw'abo ab'okubonerezebwa. فَلَا تَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ فَتَكُونَ مِنَ الْمُعَذَّبِينَ ﴿٢١٤﴾
215. Era labula ab'olulyo lwo ab'oku lusegere. وَأَنْذِرْ عَشِيرَتَكَ الْأَقْرَبِينَ ﴿٢١٥﴾
216. Era kkakkanyanga omukono gwo ogw'obusaasizi ku bakkiriza abakugoberera. وَاخْفِضْ جَنَاحَكَ لِمَنِ اتَّبَعَكَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٢١٦﴾
217. Naye bwe bakujeemeranga, kale gamba nti: Nze nejjeeredde kw'ebyo bye mukola. فَإِنْ عَصَوْكَ فَقُلْ إِنَّي بِرَبِّيَ إِيمًا ﴿٢١٧﴾

218. Era ssa obwesige *bwo* mu Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

وَتَوَكَّلْ عَلَى الْعَزِيزِ الرَّحِيمِ ﴿٢١٨﴾

219. Oyo akulaba awo nga oyimiridde *mu ssaala*.

الَّذِي يَرَاكَ حِينَ تَقُومُ ﴿٢١٩﴾

220. Ne mu kutawuka kwo *nga oli* mw'abo abavuunama.

وَتَقَلَّبَكَ فِي السَّجْدَيْنِ ﴿٢٢٠﴾

221. Mazima Ye y'Awulira byonna, ye Mumanyi wa byonna.

إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٢٢١﴾

222. Abaffe, mbategeeze oyo akkirwako ba Sitaani?

هَلْ أَنْتُمْ كُمْ عَلَى مَنْ تَنْزَلُ الشَّيْطَانُ ﴿٢٢٢﴾

223. Bakkira ku buli mulimba lukulwe, omwonoonyi.

تَنْزَلُ عَلَى كُلِّ آقَالٍ آثِيمٍ ﴿٢٢٣﴾

224. *Beefuula* abawuliriza ennyo so nga abasinga obungi mu bo balimba.

يُلْقُونَ السَّمْعَ وَأَكْتُرُهُمْ كُذْبُونَ ﴿٢٢٤﴾

225. Era abayyiya b'ebitontome bagobererwa abo abaawaba.

وَالشُّعْرَاءُ يَتَّبِعُهُمُ الْغَاوُونَ ﴿٢٢٥﴾

226. Abaffe, tolaba nga bwe babulubuuta mu buli kawonvu?

أَلَمْ تَرَ أَنَّهُمْ فِي كُلِّ وَادٍ يَهِيمُونَ ﴿٢٢٦﴾

227. Era nga ddala boogera ne bye batakola,

وَأَنَّهُمْ يَقُولُونَ مَا لَا يَفْعَلُونَ ﴿٢٢٧﴾

228. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi era nebatendereza nnyo Allah era nebeerwanako luvannyuma lwa kujoogebwa. Era mangu nnyo abo abajoozi bajja kumanya buddo ki bwe baliddamu.

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَذَكَرُوا اللَّهَ كَثِيرًا وَانْتَصَرُوا مِنْ بَعْدِ مَا ظَلَمُوا ۗ وَسَيَعْلَمُ الَّذِينَ ظَلَمُوا أَيَّ مُنْقَلَبٍ يَنْقَلِبُونَ ﴿٢٢٨﴾

AL-NAML

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo Ow'ekisa ekingi.

2. Tā Sin * Zino ze Aya za Kur'āni era ky'Ekitabo ekitangaaza,

3. Bwe bulung'amu era ge mawulire ag'essanyu eri abakkiriza,

4. Abo abajjumbira essaala era nebatoola zaka, era nga bo n'enkomerero bagikakasa.

5. Mazima abo abatakkiririza mu nkomerero twabalungiyiza ebikolwa byabwe, kale bali mu kuwunaawuna.

6. Abo nno be balifuna ekibonerezo ekibi ennyo, era abo ne ku nkomerero be balisinga okufaafaaganirwa.

7. Era ddala ggwe oweereddwa Kur'āni nga eviira ddala eri Oyo Omugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

8. Jjukira nga Mūsa bwe yagamba ab'omu maka ge nti: Mazima nngedde omuliro. Nzija kubaleetera eggulire okuva ku gwo, oba mbaleetera ekitawuliro, mulyooke mwoote.

9. Kale bwe yagutuukako, yakoowoolwa nti: Aweereddwa omukisa oyo ali mu muliro n'abo abali ebbali wa gwo; era Omutukuvu ye Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

10. Owange ggwe Mūsa, mazima nze Allah Luwangula, Omugezi ennyo.

11. Kale suula wansi omuggo gwo. Kale bwe yagulaba nga gwetogoonyola nga gulinga akasota, n'akyuuka n'adduka era teyatunula na mabega. Allah n'agamba nti: Owange Mūsa, totya. Mazima Ababaka tebatya nga bali mu maaso gange.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

طَسَّتْ تِلْكَ آيَةُ الْقُرْآنِ وَكِتَابٍ مُّبِينٍ ②

هُدًى وَبُشْرَى لِلْمُؤْمِنِينَ ③

الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَيُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ يُوقِنُونَ ④

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ زَيَّنَّا لَهُمْ أَعْمَالَهُمْ فَهُمْ يَعْمَهُونَ ⑤

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَهُمْ سُوءُ الْعَذَابِ وَهُمْ فِي الْآخِرَةِ هُمْ الْآخَسَرُونَ ⑥

وَإِنَّكَ لَتَلْقَى الْقُرْآنَ مِنْ لَدُنِّ حَكِيمٍ عَلِيمٍ ⑦

إِذْ قَالَ مُوسَى لِأَهْلِيهِ إِنِّي آنَسْتُ نَارًا سَاتِيكُمْ مِنْهَا بِخَبْرٍ أَوْ آيَاتِكُمْ بِشِهَابٍ قَبَسٍ لَعَلَّكُمْ تَصْطَلُونَ ⑧

فَلَمَّا جَاءَهَا نُودِيَ أَنْ بُورِكَ مَنْ فِي النَّارِ وَمَنْ حَوْلَهَا وَسُبْحَانَ اللَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ⑩

يُمُوسَى إِنَّهُ أَنَا اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ⑪

وَأَلْقَى عَصَاكَ فَلَمَّا رَأَاهَا تَهْتَزُّ كَأَنَّهَا جَانٌّ وَلَّى مُدْبِرًا وَ لَمْ يُعَقِّبْ ⑫
يُمُوسَى لَا تَخَفْ نَدَّيْنِي لَا يَخَافُ كَدَيَّ الْمُرْسَلُونَ ⑬

12. Era n'oyo akola ebisobyo n'oluvannyuma n'akyuusaamu ebikolwa ebirungi oluvannyuma lw'ebibi, kale ddala Nze Musonyiji ennyo, Owekisa ekingi.

13. Era yingiza omukono gwo mu kikondoolo kyo, gujja kuvaamu nga mweru tukutuku, obutali bulwadde; nga ke kamu ku bubonero omwenda bw'otwala eri Farāwo n'abantu be; mazima bo bantu bajeemu.

14. Kale bwe baatuukibwako obubonero bwaffe obunnyonyofu, baagamba nti: Buno bulogo bwa lwaatu.

15. Era baabugaana mu bugenderevu olw'emputtu n'okwekulumbaza, so nga emyoyo gyabwe gyabumatira. Kale laba enkomerero y'abakozi b'ebyambyoone nga bwe yali.

Ruku 2

16. Era ddala twawa Dāūdi ne Sulaimāni okumanya. Era beebaza nga bagamba nti: Amatendo gonna ga Allah, Oyo eyatusukkulumya okusinga abangi mu baweereza be abakkiriza.

17. Era Sulaimāni yasikira Dāūdi, n'agamba nti: Abange mmwe abantu, twayigirizibwa enjogera y'ennyonyi era netuweebwa ne ku buli kimu. Mazima gino gy'emikisa egy'olwaatu.

18. Era amagye ga Sulaimāni gaamuku- ng'aanyizibwa okuva mu Majinni n'abantu n'ennyonyi nga bateereddwa mu bibinja.

19. Okutuusa lwe baatuuka ku kiwonvu ky'e Namuli, omukyala omuNamuli n'agamba nti: Abange mmwe aba Namuli, musingire mu bisulo byammwe, Sulaimāni n'amagye ge baleme kubabetenta nga tebategedde.

20. Kale Sulaimāni kwe kumwenyamu n'aseka olw'ebigambo bye, n'agamba nti: Mukama wange, nsobozesa okukwebaza ebyengera byo bye wampa, nze n'abazadde bange, era nkolenga ebikolwa ebirungi by'osiima era nnyingiza, olw'okusaasira kwo, mu baweereza bo abatuukirivu.

إِلَّا مَنْ ظَلَمَ ثُمَّ بَدَّلْ حَسَنًا بَدْعَ سُوءٍ
فِرَاقِي عَفْوٌ رَّحِيمٌ ﴿١٢﴾

وَأَدْخِلْ يَدَكَ فِي جَيْبِكَ تَخَرُّجَ
بَيْضَاءَ مِنْ غَيْرِ سُوءٍ فِي تِسْعِ آيَاتٍ
إِلَى فِرْعَوْنَ وَقَوْمِهِ إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا
فَاسِقِينَ ﴿١٣﴾

فَلَمَّا جَاءَتْهُمْ آيَاتُنَا مُبْصِرَةً قَالُوا
هَذَا سِحْرٌ مُّبِينٌ ﴿١٤﴾

وَجَحَدُوا بِهَا وَاسْتَيْقَنَتْهَا أَنفُسُهُمْ
ظُلْمًا وَعُلُوًّا فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ
الْمُفْسِدِينَ ﴿١٥﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا دَاوُدَ وَسُلَيْمَانَ عِلْمًا وَقَالَا
الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي فَضَّلَنَا عَلَى كَثِيرٍ
مِمَّنْ عِبَادِهِ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٦﴾

وَوَرِثَ سُلَيْمَانُ دَاوُدَ وَقَالَ يَا أَيُّهَا
النَّاسُ عُلِّمْنَا مَنْطِقَ الطَّيْرِ وَأُوتِينَا
مِنْ كُلِّ شَيْءٍ إِنَّ هَذَا لَهُوَ الْفَضْلُ
الْمُبِينُ ﴿١٧﴾

وَحُشِرَ لِسُلَيْمَانَ جُنُودُهُ مِنَ الْجِنِّ وَ
الْإِنْسِ وَالطَّيْرِ فَهُمْ يُوزَعُونَ ﴿١٨﴾

حَتَّى إِذَا اتَّوَا عَلَى وَادِ النَّمْلِ قَالَتْ
نَمْلَةٌ يَا أَيُّهَا النَّمْلُ ادْخُلُوا مَسْكِنَتَكُمْ
لَا يَحْطَمَنَّكُمْ سُلَيْمَانُ وَجُنُودُهُ وَهُمْ
لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٩﴾

فَتَبَسَّمْ سَاجِدًا مِنْ قَوْلِهَا وَقَالَ رَبِّ
أَوْزِعْنِي أَنْ أَشْكُرَ نِعْمَتَكَ الَّتِي أَنْعَمْتَ
عَلَيَّ وَعَلَى وَالِدَيَّ وَأَنْ أَعْمَلَ صَالِحًا
تَرْضَاهُ وَأَدْخِلْنِي بِرَحْمَتِكَ فِي عِبَادِكَ
الصَّالِحِينَ ﴿٢٠﴾

21. *Naye* bwe yeetegereza mu nnyonyi, n'agamba nti: Mbadde ki? Nga siraba Hudihudi, nandiki ali mw'abo abataliwo?

22. Mazima nzija kumubonereza ekibonerezo ekikakali, oba ddala nzija kumusala; oba si kyo, anandeetera ensonga etegeerekeka emubuzizzaawo.

23. Waayitawo akaseera katonu, *Hudihudi n'atuuka*. N'agamba nti: Ntegedde ggwe by'otannategeera era nzize gy'oli n'amawulire amakakafu okuva e Saba'.

24. Ddala nasanze *abaayo* nga bafugibwa mukazi era nga yaweebwa buli kimu era nga alina nnamulondo ensuffu.

25. Namusanze *ye* n'abantu be nga basinza njuba mu kifo kya Allah era nga Sitaani yabalungiyiza ebikolwa byabwe, kale n'abaziyiza eri ekkubo *ettuufu*; bwe batyo si balung'amu.

26. *Era yababuza* baleme kuvuunamira Allah Oyo akwekula ebikwekeddwa mu ggulu ne mu nsi, era amanyi bye mukisa ne bye mwoleka.

27. Allah, teri musinzibwa mulala okuggyako Ye, Nannyini nnamulondo ensukkirivu.

28. *Sulaimāni* n'agamba nti: Tujja kwetegereza *tulabe* obanga oyogera mazima oba oli mu balimba.

29. Kale genda n'ebbaluwa yange eno ogisse mu maaso gaabwe, n'oluvannyuma obasegulire, olwo olabe kye banaddamu.

30. *Nnaabakyala* yagamba nti: Abange mmwe abakungu, mazima ndeeddwa ebbaluwa ey'ekitiibwa.

31. Ddala yo evudde wa Sulaimāni era yo *etandika bw'eti*: Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

32. *Egamba* nti: Temunneekulumbalizako, naye mujje gyendi nga muli bajeemulukufu.

Ruku 3

33. *Nnaabakyala* yagamba nti: Abange mmwe abakungu, mumpe amagezi ku nsonga

وَتَفَقَّدَ الطَّيْرَ فَقَالَ مَا لِيَ لَا أَرَى
الْهُدَىٰ ۚ أَمْ كَانَ مِنَ الْغَائِبِينَ ﴿٢١﴾

لَا عَذْبَ بَنَّةٍ عَذَابًا شَدِيدًا أَوْ لَأَذْبَحَنَّهُ
أَوْ لِيَأْتِيَنَّيَ رِيسُلْتِنِ مُبِينٍ ﴿٢٢﴾

فَمَكَثَ غَيْرَ بَعِيدٍ فَقَالَ أَحَطْتُ بِمَا
لَمْ لِحِطْ بِهِ وَجِئْتُكَ مِنْ سَبَإٍ بِنَبَإٍ
يَقِينٍ ﴿٢٣﴾

لِإِنِّي وَجَدْتُ امْرَأَةً تَمْلِكُهُمْ وَأُوتِيَتْ
مِنْ كُلِّ شَيْءٍ وَلَهَا عَرْشٌ عَظِيمٌ ﴿٢٤﴾

وَجَدْتُهَا وَقَوْمَهَا يَسْجُدُونَ لِلشَّمْسِ
مِنْ دُونِ اللَّهِ وَزَيَّنَ لَهُمُ الشَّيْطَانُ
أَعْمَالَهُمْ فَصَدَّهُمْ عَنِ السَّبِيلِ فَهُمْ لَا
يَهْتَدُونَ ﴿٢٥﴾

أَلَا يَسْجُدُ لِلَّهِ الَّذِي يُخْرِجُ الْخَبْءَ فِي
السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَيَعْلَمُ مَا تُحْفُونَ
مَا تُعْلِنُونَ ﴿٢٦﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا رَبُّ الْعَرْشِ الْعَظِيمِ ﴿٢٧﴾
قَالَ سَنَنْظُرُ أَصَدَقْتَ أَمْ كُنْتَ مِنَ
الْكَاذِبِينَ ﴿٢٨﴾

إِذْ هَبَّ بِكَيْفِي هَذَا فَالَقَهُ إِلَيْهِمْ ثُمَّ
تَوَلَّى عَنْهُمْ فَانظُرْ مَاذَا يَرْجِعُونَ ﴿٢٩﴾

قَالَتْ يَا أَيُّهَا الْمَلَأُوْا إِنِّي أَتِيَةٌ إِلَيْ
كَ بِكُتُبٍ كَرِيمَةٍ ﴿٣٠﴾

إِنَّهُ مِنْ سُلَيْمَانَ وَإِنَّهُ بِسْمِ اللَّهِ
الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿٣١﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَلَا تَتْلُونَ رَسُولَ اللَّهِ
قَالَتْ يَا أَيُّهَا الْمَلَأُوْا أَفْتُونِي فِي أَمْرِي ﴿٣٢﴾

yange eno kuba nze sisalawo nsonga yonna ۞ مَأْكُنْتَ قَاطِعَةً أَمْرًا حَتَّى تَشْهَدُونِ ۞
okutuusa nga muli nange.

34. Baagamba nti: Ffe tuli ba maanyi nnyo era tuli balwanyi kasiggu, naye okulagira kuli gy'oli; kale weetegereze olabe ky'onoolagira. ۞ قَالُوا نَحْنُ أَوْلُوا قُوَّةً وَ أَدْلُوا بَأْسٍ شَرِيدُهُ وَالْأَمْرُ إِلَيْكَ فَانظُرِي مَاذَا تَأْمُرِينَ ۞

35. Nnaabakyala n'agamba nti: Mazima bakabaka bwe bayingira ensi, bagittattana era bafuula ab'ebitiibwa abagirimu ne baba ba wansi. Era ddala bwe batyo bwe bakola. ۞ قَالَتِ إِنَّ الْمُلُوكَ إِذَا دَخَلُوا قَرْيَةً أَفْسَدُوهَا وَ جَعَلُوا أَعْدَّةَ أَهْلِهَا إِذْ لَسَتْ ۞ وَكَذَلِكَ يَفْعَلُونَ ۞

36. Naye nze nzija kubaweereza ekirabo, kale nninde ebyo ababaka bye banazza. ۞ وَإِنِّي مُرْسَلَةٌ إِلَيْهِمْ بِهَدِيَّةٍ فَنظِرَةً لِئِمَّا يَرْجِعُ الْمُرْسَلُونَ ۞

37. Kale ababaka bwe baatuuka eri Sulaimani, yagamba nti: Abaffe, mmwe muyambe nze n'ebuyobugagga? Naye nga Allah bye yampa bisingira wala ebyo bye yabawa. Mazima mmwe mwewulira lwa kirabo kyammwe kino. ۞ فَلَمَّا جَاءَ سُلَيْمَنُ قَالَ أَتِمُّدُ وَتَن يَمَالِ ۞ فَمَا آتَىٰ رَبِّي اللَّهُ خَبِيرٌ مِّمَّا أَتَيْتُمْ ۞ بَلْ أَنْتُمْ بِهَدِيَّتِكُمْ تَفْرَحُونَ ۞

38. Ggwe omubaka ddayo gye bali, kale ddala tujja kujja gye bali n'amagye ge batayinza kwang'anga, era ddala tujja kubafuumuula mu yo nga banyoomoofu era nga beetoowaze. ۞ ارْجِعْ إِلَيْهِمْ فَلَنَأْتِيَنَّهُمْ بِجُنُودٍ لَّا قِبَلَ لَهُمْ بِهَا وَ لَنُخْرِجَنَّهُمْ مِنْهَا إِذْ لَسَتْ وَهُمْ صَاغِرُونَ ۞

39. Sulaimani n'agamba nti: Abange mmwe abakungu, ani mu mmwe anandeetera nnamulondo ye nga tebannaba kujja gyendi nga bajeemulukufu? ۞ قَالَ يَا أَيُّهَا الْمَلَأُو الْأَيْكُم يَا تَيْبِي عِزْرَشَهَا قَبْلَ أَنْ يَأْتُوْنِي مُسْلِمِينَ ۞

40. Kirimaanyi omu mu Majinni n'agamba nti: Nze nnaagikuleetera nga tonnayimuka na mu kifo kyo, mazima nze kw'ekyo ndi wa maanyi nnyo, eyesigibwa. ۞ قَالَ عَفْرَيْتُ مِنَ الْجِنِّ أَنَا وَتَيْبِكَ بِمِ قَبْلَ أَنْ تَقُومَ مِنْ مَقَامِكَ ۞ وَإِنِّي عَلَيْهِ لَقَوِيٍّ أَمِينٌ ۞

27:39. Okusenziira ku bigambo ebiri wano, kirabika nti Sulaimani(a.s) yali tayagala nti nnamulondo ya Nnabakyala wa Saba' y'eba ereetebwa, wabula yali ayagala nnamulondo endala egifaananira ddala y'eba eteekabwa w'ali nga Nnabakyala oyo tannakyalira lubiri lwe, olwo bw'ajja yeewuunye nnyo. Okusenziira ku Aya eziddirira, waaliwo okuvuganya wakati w'abakugu nga baagala bamanye ani mu bo ayinza okukola nnamulondo efaananira ddala n'eyo eya Nnabakyala w'e Saba', aggwemu okwemanya nti ye yekka y'alina nnamulondo amakula. Ebigambo 'nakkiruu laha 'arshaha' (تَكْرُرًا لَهَا عَرَشًا) (mumufuulirefuulire nnamulondo ye) bisemba ennyinnyonyola eno era biraga nti Nnabakyala bw'anaalaba nnamulondo efaananira ddala n'eyiye, ajja kumanya nti eyiye si ye yokka ey'ekitalo. Ebigambo 'nakkiruu' (تَكْرُرًا) wano kiwa amakulu g'okufuulafuula nnamulondo ebeere ya bulijjo oba nga ya jjenjeero. Okusenziira ku bigambo bya Kur'ani Entukuvu, Nnabakyala w'e Saba' bwe yajja n'agiraba, teyeeyisa nga omuntu azudde ekintu kye ekyamubbibwako ne kifuiulibwafuulibwa aleme kukitegeera, wabula yali ng'oyo alabye ekintu ekifaananira ddala n'ekikye.

41. Oyo alina obumanyi obwava mu kitabo n'agamba nti: Nze ng'enda kugikutuusaako nga tonnatemya liiso lyo. Awo *Sulaimani* bwe yagiraba ng'eteredde mu maaso ge, n'agamba nti: Gino gy'egimu ku mikisa gya Mukama wange gye yampa angezese *alabe* obanga neebaza oba seebaza. Era oyo eyeebaza, yeebaza lwa kugasa mwoyo gwe, n'oyo ateebaza *amanye nti* ddala Mukama wange Yeemala, ye Lugaba.

42. *Sulaimani* n'agamba nti: Mumufuulirefuulire nnamulondo ye efuuke ya jjenjeero, tulabe obanga anaalung'ama oba anaaba mw'abo abataalung'ame.

43. Awo *Nnaabakyala* bwe yajja, kyayogerwa nti: Abaffe, ne nnamulondo yo eri bw'eti? N'agamba nti: Eringa'nga yo. *Nayeffe* twafunysisibwa okumanya olubereberye lwa bino era netujeemulukuka.

44. Era ebyo bye yasinzanga ebbali wa Allah byaali byamuziyiza *okukkiriza*; kuba ddala yali ava mu bantu abatakkiriza.

45. *Otwo* yagambibwa nti: Yingira mu lubiri. *Naye* bwe yalulaba, n'alowooza nti kyererezi kya mazzi, n'abikkula entumbwe ze. *Sulaimani* n'agamba nti: *Si mazzi*, wabula lwo lubiri olwatandaazibwa n'obujjo bw'endabirwamu. *Nnaabakyala* nagamba nti: Mukama wange, neeryazaamaanya, naye njeemulukukidde wamu ne *Sulaimani* eri Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.*

Ruku 4

46. Era ddala twatuma eri aba *Thamuda* muganda waabwe *Swalehe*, n'agamba nti: Musinze Allah, naye okwejjjuukiriza nga beeyawuddemu ebibiina bibiri ebikuubagana.

47. N'agamba nti: Abange, lwaki mweyuna nnyo ebibi mu kifo ky'ebirungi? Ye lwaki temusaba kusonyiyibwa eri Allah musobole okusaasirwa.

قَالَ الَّذِي عِنْدَهُ عِلْمٌ مِّنَ الْكِتَابِ
أَنَا آتِيكَ بِهِ قَبْلَ أَنْ يَرْتَدَّ إِلَيْكَ
طَرْفُكَ فَلَمَّا رآه مُسْتَقِرًّا عِنْدَهُ
قَالَ هَذَا مِنْ فَضْلِ رَبِّي لِيَبْلُوَنِي
أَشْكُرُ أَمْ أَكْفُرُ وَمَنْ شَكَرَ فَآتَمَّا
يَشْكُرُ لِنَفْسِهِ وَمَنْ كَفَرَ فَإِنَّ رَبِّي
عَزِيزٌ كَرِيمٌ ﴿٤١﴾

قَالَ تَكْرُؤًا لَهَا عَزَشَهَا نَنْظُرُ
أَتَهْتَدِي أَمْ تَكُونِ مِنَ الَّذِينَ
لَا يَهْتَدُونَ ﴿٤٢﴾

فَلَمَّا جَاءَتْ قِيلَ أَهَكَذَا عَزَشْتَ، قَالَتْ
كَاثِرٌ هُوَ وَأَوْتَيْنَا الْحِلْمَ مِنْ قَبْلِهَا
وَكُنَّا مُسْلِمِينَ ﴿٤٣﴾

وَصَدَّهَا مَا كَانَتْ تَعْبُدُ مِنْ دُونِ اللَّهِ
إِنَّهَا كَانَتْ مِنْ قَوْمٍ كَافِرِينَ ﴿٤٤﴾

قِيلَ لَهَا ادْخُلِي الصَّرْحَ فَلَمَّا رَأَتْهُ
حَسِبَتْهُ لُجَّةً وَكَشَفَتْ عَنْ سَاقَيْهَا
قَالَ إِنَّهُ صَرْحٌ مُّمَرَّدٌ مِّن قَوَارِيرَ
قَالَتْ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي وَأَسْلَمْتُ
مَعَ سُلَيْمَانَ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٥﴾

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا إِلَى ثَمُودَ أَخَاهُمْ صَاحِبًا
أَنْ اعْبُدُوا اللَّهَ فَإِذَا هُمْ فَرِيقَيْنِ
يَخْتَصِمُونَ ﴿٤٦﴾

قَالَ يَقَوْمِ لِمَ تَسْتَحْجِلُونَ بِالشَّيْءِ
قَبْلَ الْحَسْتِ لَوْ لَا تَسْتَغْفِرُونَ اللَّهَ
لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٤٧﴾

27:45. Obujjo bw'endabirwamu ez'omuwendu obutangaala obulungi bwe bugattibwa obulungi mu ngeri y'ekikugu, buyinza okulabisa ekifo okuba nga ekyererezi ky'amazzi. Ekyagendererwa mw'ekyo, kwe kulaga Nnaabakyala w'e Saba eyali omukazi omugezi nti ebiseera ebimu, ebintu ebimu biyinza okufaanana ebintu ebirala; si nakindi nebiraga ekyo kye bitali. Era nti ebintu nga enjuba, amaanyi n'ekitiibwa bye byoleka si bya yo, wabula bya Mutonzi wa yo.

48. Baagamba nti: Mazima tufunye nnyo ekikwa ku lulwo ne ku lw'abo b'oli nabo. N'agamba nti: Ekikwa kyammwe kiva eri Allah, wabula muli bantu abagezesebwa.

قَالُوا اطَّيَّرْنَا بِكَ وَبِمَنْ مَعَكَ ۗ قَالَ طَبَّرُكُمُ عِنْدَ اللَّهِ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ تُفْتَنُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era mu kibuga mwalimu abantu mwenda abaakolanga ebyambyoone mu nsi, era nga tebatereera.

وَكَانَ فِي الْمَدِينَةِ تِسْعَةُ رَهْطٍ يُفْسِدُونَ فِي الْأَرْضِ وَلَا يُصْلِحُونَ ﴿٤٩﴾

50. Ne bagamba nti: Mulayiriragane mu Allah nti ddala tujja kumuzinda ekiro n'aboomu maka ge, n'oluvannyuma tuligamba omusika we nti, Ffe tetwamanya kuzikirira kwa b'omu maka ge, era ddala twogera mazima.

قَالُوا اتَّقُوا اللَّهَ يَا اللَّهُ لِنُبَيِّنْتَهُ وَأَهْلَهُ ثُمَّ لَنَقُولَنَّ لِوَلِيِّهِ مَا شَهِدْنَا مَهْلِكَ أَهْلِهِ وَإِنَّا لَصَدِّقُونَ ﴿٥٠﴾

51. Era beekoba olwekoba, naffe ne twekoba olw'ekoba nga bo tebategeera.

وَمَكَرُوا مَكْرًا وَكُنَّا مَكْرًا وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٥١﴾

52. Naye laba enkomerero y'okwekoba kwabwe nga bwe yali: Mazima twabazikiriza ne bannaabwe bonna.

فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ مَكْرِهِمْ ۗ أَنَا ذَا مَرْنَهُمْ وَقَوْمُهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٥٢﴾

53. N'ezo enju zaabwe zeeconomola wansi olw'okwonona kwabwe. Mazima mw'ekyo mulimu akabonero eri abantu abamanyi.

فَتِلْكَ بُيُوتُهُمْ خَاوِيَةً بِمَا ظَلَمُوا ۗ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَةً لِّقَوْمٍ يَعْلَمُونَ ﴿٥٣﴾

54. Naye twawonya abo abakkiriza era abaali abeekuumi.

وَآنَجَيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿٥٤﴾

55. Ne Lūti bwe yagamba abantu be nti: Abaffe, mukola eby'obuwemu nga mulaba?

وَلَوْ طَآءَ إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ أَتَأْتُونَ الْفَاحِشَةَ وَأَنْتُمْ تُبْصِرُونَ ﴿٥٥﴾

56. Abaffe, ddala mmwe mugenda eri basajja *bannammwe* olw'amaddu mu kifo ky'abakazi? Nedda, mmwe muli bantu abeesiruwaza.

أَتَيْتُكُمْ لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ شَهْوَةً ۗ مِنْ دُونِ النِّسَاءِ ۗ بَلْ أَنْتُمْ قَوْمٌ تَجْهَلُونَ ﴿٥٦﴾

57. Naye okuddamu kw'abantu be tekwali kirala, wabula baagamba nti: Mugobe abantu ba Lūti mu kibuga kyammwe; ddala bo bantu ba kwetukuzatukuza.

فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَخْرِجُو آلَ لُوطٍ ۗ مِنْ قَرْيَتِكُمْ ۗ إِنَّهُمْ أَنْاسٌ يَبْتَغُونَ ﴿٥٧﴾

58. Kale twamuwonya n'abantu be, okujjako mukazi we gwe twagerekera mw'abo abaasigalira.

فَأَنْجَيْنَاهُ وَأَهْلَهُ إِلَّا امْرَأَتَهُ ۗ قَدَرْنَا مِنَ الْغَابِرِينَ ﴿٥٨﴾

59. Era netubatonyesereza enkuba. Naye enkuba y'abaalabulwa nga yali mbi nnyo!

وَأَمْطَرْنَا عَلَيْهِمْ مَطَرًا ۗ فَسَاءَ مَطَرُ الْمُنْذَرِينَ ﴿٥٩﴾

Ruku 5

60. Gamba nti: Amatendo gonna ga Allah, n'emirembe gibeere ku bawereeza be abo be yalondamu. Abaffe, Allah y'asinga oba abo be benkanya naye?

قُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ وَسَلَامٌ عَلَىٰ عِبَادِهِ
الَّذِينَ اصْطَفَىٰ ۗ ءَا لَلَّهِ خَيْرٌ مَّا
يُشْرِكُونَ ﴿٦٠﴾

Juzu 20

61. Ye ddala ani eyatonda emigigi gy'eggulu n'ensi era n'abassiza amazzi okuva mu bire, olwo netugamezesa ennimiro amakula, so nga mmwe temwalisobodde kumeza miti gya zo? Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala awamu ne Allah? Nedda, aboogera ekyo be bantu abaawaba.

أَمْ مِنْ خَلْقِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَأَنْزَلَ لَكُمْ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً ۖ فَأَتَيْنَا
بِهِ حَدًّا أَرَأَيْتَ بِهَجْعَةِ مَا كَانَ
لَكُمْ أَنْ تُنْبِتُوا شَجَرَهَا ۗ ءَا لَلَّهِ مَعَ
اللَّهِ بَلْ هُمْ قَوْمٌ يَعِدُونَ ﴿٦١﴾

62. Ye ani eyakola ensi okuba ekiwummulo, n'assa n'emigga wakati wa yo, era n'agissaako ensozi ennyweevu, era n'assa ekiziyiza wakati w'ennyanja ebiriri? Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala awamu ne Allah? Nedda, wabula abasinga obungi mu bo tebamanyi.

أَمْ مَنْ جَعَلَ الْأَرْضَ قَرَارًا وَجَعَلَ
خِلْفَهَا أَنهْرًا وَجَعَلَ لَهَا رَوَاسِيًا وَ
جَعَلَ بَيْنَ الْبَحْرَيْنِ حَاجِزًا ۗ ءَا لَلَّهِ
مَعَ اللَّهِ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٦٢﴾

63. Ye ani ayanukula ali mu buzibu awo nga amulaa janidde era n'aggyawo n'obuzibu, era ani eyabafuula abasika mu nsi? Abaffe, era waliwo omusinzibwa omulala awamu ne Allah? Naye mufumiitiriza katono nnyo!

أَمْ مَنْ يُحْيِي الْمَيِّتَ إِذَا دَعَا وَ
يَكْشِفُ السُّوءَ وَيَجْعَلُكُمْ خُلَفَاءَ
الْأَرْضِ ۗ ءَا لَلَّهِ مَعَ اللَّهِ قَلِيلًا مَّا
تَذَكَّرُونَ ﴿٦٣﴾

64. Oba ani abalung'anya mu kizikiza ekikwafu ku lukalu ne ku nnyanja, era ani aweereza empewo ewa amawulire ag'essanyu agakulembere okusaasira kwe? Abaffe, era waliwo asinzibwa omulala awamu ne Allah? Omugulumivu ye Allah, ali waggulu ennyo kw'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

أَمْ مَنْ يَهْدِيكُمْ فِي ظُلُمَاتِ الْبَرِّ
وَالْبَحْرِ ۚ مَنْ يُزِيلُ الرِّيحَ بِشْرًا
بَيْنَ يَدَيْ رَحْمَتِهِ ۗ ءَا لَلَّهِ مَعَ اللَّهِ
تَعَلَّىٰ اللَّهُ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٦٤﴾

65. Abaffe, ddala ani atandikira ddala ekitonde n'oluvannyuma n'akiddamu, era ani abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Abaffe, era waliwo omulala asinzibwa awamu ne Allah? Gamba nti: Kale muleete obukakafu bwammwe, obanga mwogera mazima.

أَمْ مَنْ يَبْدُو الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ وَ
مَنْ يَبْدُرْكُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ ۗ
ءَا لَلَّهِ مَعَ اللَّهِ قُلْ هَاتُوا بُرْهَانَكُمْ
إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٦٥﴾

66. Gamba nti: Abali mu migigi gy'eggulu n'ensi tebamanyi bya nkiso, okuggyako Allah yekka; era tebamanyi ddi lwe balizuukizibwa.

قُلْ لَا يَعْلَمُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
الْغَيْبَ إِلَّا اللَّهُ ۗ وَمَا يَشْعُرُونَ أَيَّانَ
يُبْعَثُونَ ﴿٦٦﴾

67. Naye okumanya kwabwe okukwata ku nkomerero kwatuuka we kukoma; nedda bali mu kubuusabuusa ku yo; ddala

بَلِ ادْرَاكَ عِلْمُهُمْ فِي الْآخِرَةِ ۗ بَلْ
هُمْ فِي شَكٍّ مِنْهَا ۚ بَلْ هُمْ مِنْهَا

bo bazibe ba maaso ku yo.

عَمُّونَ ١٧

Ruku 6

68. Era abo abatakiriza baagamba nti: Abaffe, ffe ne bakitaffe bwe tulifuuka ettaka, ddala era tulizuukizibwa?

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِذَا كُنَّا
تُرَابًا وَآبَاءُ وَاَبْنَاؤُنَا لَمُخْرَجُونَ ١٨

69. Mazima kino twakisuubizibwa kuva dda, ffe ne bakitaffe; kino si kirala wabula ngero z'abedda.

لَقَدْ وُعِدْنَا هَذَا نَحْنُ وَآبَاءُ وَاَبْنَاؤُنَا
مِن قَبْلُ ۗ اِنْ هَذَا اِلَّا اَسَاطِيرُ
الْاَوَّلِينَ ١٩

70. Gamba nti: Mutambuleko mu nsi kale mulabe enkomerero y'aboononyi nga bwe yali!

قُلْ سِيرُوا فِي الْاَرْضِ فَانظُرُوا كَيْفَ
كَانَ عَاقِبَةُ الْمُجْرِمِينَ ٢٠

71. Kale tonakuwala ku lwabwe wadde tobaamu kukeng'entererwa olw'ebyo bye beekobamu.

وَمَا تَحْزَنُ عَلَيْهِمْ وَلَا تَكُن فِي
صَيْقِلٍ مِّمَّا يَمْكُرُونَ ٢١

72. Era bagamba nti: Ye ekisuubizo kino kya ddi, obanga muli ba mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْوَعْدُ اِنْ
كُنْتُمْ صَادِقِينَ ٢٢

73. Gamba nti: Ob'olyawo ekitundu ky'ekyo kye muwujjirira nekiba nga kiri kumpi nnyo emabega wammwe.

قُلْ عَسَى اَنْ يَّكُونَ رَدْفَ لَكُمْ
بَعْضُ الَّذِي تَسْتَعْجِلُونَ ٢٣

74. Era ddala Mukama wo wa kisa eri abantu, naye abasinga obungi mu bo tebeebaza.

وَاِنَّ رَبَّكَ لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ
وَلَٰكِنْ اَكْثَرُهُمْ لَا يَشْكُرُونَ ٢٤

75. Era ddala Mukama wo y'amanyi ebyo ebifuba byabwe bye bikisa n'ebyo bye booleka.

وَاِنَّ رَبَّكَ لَيَعْلَمُ مَا تُكِنُّ صُدُورُهُمْ
وَمَا يُعْلِنُونَ ٢٥

76. Era tewali kya nkiso kyonna mu ggulu ne mu nsi wabula kiri mu Kitabo ekitangaaza.

وَمَا مِنْ غَائِبَةٍ فِي السَّمَاوَاتِ وَالْاَرْضِ
اِلَّا فِي كِتَابٍ مُّبِينٍ ٢٦

77. Mazima Kur'ani eno y'ennyonnyola abaana ba Isirairi ebisinga obungi kw'ebyo bye batakkiriziganyaamu.

اِنَّ هَذَا الْقُرْآنَ يَاقُصُّ عَلَىٰ بَنِي
اِسْرَائِيْلَ اَكْثَرَ الَّذِي هُمْ فِيهِ
يَخْتَلِفُونَ ٢٧

78. Era ddala yo bwe bulung'amu era kwe kusaasira eri abakkiriza.

وَاِنَّهُ لَهْدَىٰ وَّرَحْمَةً لِّلْمُؤْمِنِينَ ٢٨

79. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe n'okulamula kwe, era Ye ye Luwangula, Omumanyi wa byonna.

اِنَّ رَبَّكَ يَقْضِي بَيْنَهُمْ بِحُكْمِهِ ۗ وَ
هُوَ الْعَزِيزُ الْعَلِيمُ ٢٩

80. Kale ggwe weesige Allah, anti ggwe oli ku mazima ag'enkukunala.

فَتَوَكَّلْ عَلَى اللّٰهِ ۗ اِنَّكَ عَلَى الْحَقِّ
الْمُبِينِ ٣٠

81. Mazima ggwe toyinza kuwuliza bafu era toyinza kuwuliza bakiggala kukoowoola bwe baba nga bakyuuse okudda emabega.

82. Era ggwe toyinza kulung'amyamba bazibe ba maaso okuva mu buzibe bwabwe. Ggwe towuliza okuggyako abo abakkiriza obubonero bwaffe, kale nebafuuka Abasiraamu.

83. Era ensala bw'erimala okuweebwa ku bo, tulibaggyirayo ekitonde mu nsi ekijja okubaluma, kubanga abantu baali tebakakasa bubonero bwaffe.

Ruku 7

84. Era bajjukize olunaku lwe tulikung'anya ebibiinna okuva mu buli bantu abo abaalimbisanga obubonero bwaffe, kale balisibwa mu bibinja.

85. Okutuusa awo nga bazze, Allah aligamba nti: Abaffe, mmwe mwayanguyirizanga okulimbisa obubonero bwange nga temwetooldde na kumanya kwa bwo? Abaffe, biki ebyo bye mwakolanga?

86. Era abo balikakatako ensala olw'okubanga baayonoona, kale tebalisobola na kwogera.

87. Abaffe, tebalaba nga bwe twassaawo ekiro balyooke bawummulire mu kyo, n'emisana nga bwe butangaavu? Ddala mw'ebyo mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

88. Era jjukira olunaku eng'ombe lw'erifuuyibwa, kale abali mu migigi gy'eggulu n'abali mu nsi balikankana, okuggyako abo Allah b'alisiima. Era bonna balijja gy'ali nga beewombeese.

89. Era oliraba ensozi z'olowooza nti nyweevu, nga ziseeyeeya ng'okuseeyeeya kw'ebire. Eyo nno y'enkola ya Allah Oyo eyanyweza n'agumya buli kimu. Ddala Ye y'ategeera obulungi ebyo bye mukola.

90. Oyo akola ebirungi, kale alifuna ebisinga obulungi ku byo era bo be baliwona ensisi y'olunaku olwo.

إِنَّكَ لَا تَسْمَعُ الْمَوْتَى وَلَا تَسْمَعُ الضَّمَّةَ
الدُّعَاءَ إِذَا وَلَّوْا مُدْبِرِينَ ﴿٨١﴾

وَمَا أَنْتَ بِهَادِي الْعَمِيِّ عَنْ
ضَلَاتِهِمْ إِنْ تَسْمَعُ إِلَّا مَنْ يُؤْمِنُ
بِآيَاتِنَا فَهُمْ مُسْلِمُونَ ﴿٨٢﴾

وَإِذَا وَقَعَ الْقَوْلُ عَلَيْهِمْ أَخْرَجْنَا
لَهُمْ دَابَّةً مِّنَ الْأَرْضِ تُكَلِّمُهُمْ
أَنَّ النَّاسَ كَانُوا بِآيَاتِنَا لَا
يُوقِنُونَ ﴿٨٣﴾

وَيَوْمَ نَحْشُرُ مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ فَوْجًا
مِّمَّنْ يَكْذِبُ بِآيَاتِنَا فَهُمْ يُوزَعُونَ ﴿٨٤﴾

حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوكَ قَالَ كَذَّبْتُمْ بِآيَاتِي
وَلَمْ تَحِيطُوا بِهَا عِلْمًا أَمْ آذًا
كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٨٥﴾

وَوَقَعَ الْقَوْلُ عَلَيْهِمْ بِمَا ظَلَمُوا
فَهُمْ لَا يَنْظِقُونَ ﴿٨٦﴾

أَلَمْ يَرَوْا أَنَّا جَعَلْنَا الْإِيلَ لِيَشْكُرُوا
فِيهِ وَالنَّهَارَ مُبْصِرًا إِنْ فِي ذَلِكَ
لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٨٧﴾

وَيَوْمَ يُنْفَخُ فِي الصُّورِ فَفَزِعَ مَنْ
فِي السَّمَوَاتِ وَ مَنْ فِي الْأَرْضِ إِلَّا
مَنْ شَاءَ اللَّهُ وَ كُلُّ آتُوهُ
دَاخِرِينَ ﴿٨٨﴾

وَتَرَى الْجِبَالَ تَحْسَبُهَا جَامِدًا
وَّهِيَ تَمْرٌ مِّمَّا السَّحَابِ صُغَرُ اللَّهُ
الَّذِي آتَقَنَ كُلَّ شَيْءٍ إِنَّهُ خَبِيرٌ بِمَا
تَفْعَلُونَ ﴿٨٩﴾

مَنْ جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ خَيْرٌ مِّنْهَا وَ
هُمْ مِّنْ فَزَعٍ يَوْمَئِذٍ آمِنُونَ ﴿٩٠﴾

91. Naye abo abakola ebibi, kale balisuulibwa mu muliro ku bwenyi bwabwe. *Baligambibwa nti:* Abaffe, musasuddwayo ekirala okuggyako ebyo bye mwakola?

وَمَنْ جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَكَيْبَتْ دُجُوهَهُمْ
فِي النَّارِ هَلْ تُجْرَوْنَ إِلَّا مَا كُنْتُمْ
تَعْمَلُونَ ﴿١١﴾

92. *Gamba nti:* Mazima nze nalagirwa nsinzenga Mukama w'ekibuga kino Oyo eyakifuula eky'emizizo, era buli kimu kikyey; nendagirwa n'okuba mw'abo abeewaayo eri Allah;

إِنَّمَا أُمِرْتُ أَنْ أَعْبُدَ رَبَّ هَذِهِ الْبَلَدِ
الَّذِي حَرَّمَهَا وَلَهُ كُلُّ شَيْءٍ وَأُمِرْتُ أَنْ
أَكُونَ مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿١٢﴾

93. Era *nendagirwa* nsomenga ne Kur'āni. Kale oyo alung'ama, ddala alung'ama lwa mwoyo gwe; n'oyo abula, *akosa gwo*. Kale *ggwe gamba nti:* Ddala nze ndi mu Balabuzi.

وَأَنْ أَتْلُوا الْقُرْآنَ فَمَنْ اهْتَدَىٰ فَإِنَّمَا
يَهْتَدِي لِنَفْسِهِ وَمَنْ ضَلَّ فَقُلْ إِنَّمَا
أَنَا مِنَ الْمُنذِرِينَ ﴿١٣﴾

94. Era *gamba nti:* Amatendo gonna ga Allah. Mangu nnyo ajja kubalaga obubonero bwe era mujja kubumanya. Era Mukama wo si mugayaalirivu kw'ebyo bye mukola.

وَقُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ سِيرِكُمْ أَيْتِهِ
فَتَعْرِفُونَهَا وَمَا رَبُّكَ بِغَافِلٍ عَمَّا
تَعْمَلُونَ ﴿١٤﴾

AL-QAŞAŞ

(Yakka lubereberye kwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Tā Sīn Mīm.*

3. Zino ze Aya z'Ekitabo ekinnyonnyofu.

4. Tukasomera ebimu kw'ebyo ebyafa ku Mūsa ne Farāwo mu mazima, olw'okugasa abantu abakkiriza.

5. Mazima Farāwo yeegulumiza nnyo mu nsi, n'assa abaagirimu mu bibiina nga agenderera okunafuya ekibiina ekimu mu bo: ng'atta batabani baabwe, n'alekawo bakazi baabwe. Mazima ye yali mw'abo abatabuzitabuzi.

6. Era twayagala okuwa omukisa abo abaalowoozebwa nti banafu mu nsi, era tubafuule abakulembeze, era tubafuule abasika.

7. Era tubatebenkeze mu nsi, era tulage Farāwo ne Hāmāni n'amagye gaabwe ebyo bye beekekanga ku bo.

8. Era twabikkulira nnyina Mūsa nti: Muyonse; naye bw'owuliranga okutya ku lulwe, kale omussanga ku mugga era totyanganamu era tonakuwalanga; mazima tujja kumuzza gy'oli, era tugenda nakumufuula omu mu Batume.

9. Olwo ab'ewa Farāwo kwe kumulonda nga tebamanyi nti alifuuka mulabe waabwe era nti aliba nsibuko ya kunakuwala gye bali. Mazima Farāwo ne Hāmāni n'amagye gaabwe baali boonoonyi.

10. Era muka Farāwo yagamba nti: Ono ly'essanyu ly'amaaso gyendi ne gy'oli. Temumutta, ob'olyawo alitugasa oba tulimufuula omwana, naye nga tebamanyi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

طَسْمَ ②

تِلْكَ آيَاتُ الْكِتَابِ الْمُبِينِ ③

تَنَلُّوا عَلَيْكَ مِنْ نَبِيٍّ مُؤْمِسِيٍّ وَفِرْعَوْنَ
بِالْحَقِّ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ④

إِنَّ فِرْعَوْنَ عَلَا فِي الْأَرْضِ وَجَعَلَ
أَهْلَهُآ شِيْعًا يَسْتَضِعُّ طَائِفَةً مِنْهُمْ
يُذَبِّحُ أَبْنَاءَهُمْ وَيَسْتَحْيِي نِسَاءَهُمْ
إِنَّهُ كَانَ مِنَ الْمُفْسِدِينَ ⑤

وَنُرِيدُ أَنْ نَمُنَّ عَلَى الَّذِينَ اسْتَضَعُّوْآ
فِي الْأَرْضِ وَنَجْعَلَهُمْ أَئِمَّةً وَنَجْعَلَهُمُ
الْوَارِثِينَ ⑥

وَنُمَكِّنَ لَهُمْ فِي الْأَرْضِ وَنُرِي
فِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَجُنُودَهُمْ مِمَّا
كَانُوا يَحْذَرُونَ ⑦

وَأَوْحَيْنَا إِلَىٰ أُمِّ مُوسَىٰ أَنْ أَرْضِعِيْهِ
فَإِذَا خَفِيَ عَلَيْهِ فَالِقِيْهِ فِي الْيَمِّ وَ
لَا تَخَافِي وَلَا تَحْزَنِي ۗ إِنَّا رَادُّوْهُ
إِلَيْكَ وَجَاعِلُوْهُ مِنَ الْمُرْسَلِينَ ⑧

فَالْتَقَطَهُ آلُ فِرْعَوْنَ لِيَكُونَ لَهُمْ
عَدُوًّا وَحَزَنًا ۗ إِنَّ فِرْعَوْنَ وَهَامَانَ
وَجُنُودَهُمْ كَانُوا خٰطِئِينَ ⑨

وَقَالَتِ امْرَأَتُ فِرْعَوْنَ قَرَّتْ عَيْنِي
لِي ۚ وَكَأَنِّي لَأَتَقْتُلُوْهُ ۖ عَسَىٰ أَنْ
يَتَمَعَّنَا أَوْ تَتَّخِذَهُ وَلَدًا ۚ وَهُمْ
لَا يَشْعُرُونَ ⑩

11. Naye omutima gwa nnyina Mūsa gwasula tegumuliimu. Kaabula kata abyasanguze singa tetwanyweza mutima gwe, alyooke abeere mw'abo abakkiriza.

وَأَصْبَحَ فُؤَادُ أَرْمُؤُسَىٰ فِرْعَاوِنَ
كَكَادَاتِ الثُّبُرِي بِه لَوْ لَا أَن رَّبَطْنَا عَلَىٰ
قَلْبِهَا لِتَكُونَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿١١﴾

12. Era yagamba mwannyina Mūsa nti: Mulondoole. Kale mwannyina yamulabirira ng'ali bbaliko, naye nga bo tebategedde.

وَقَالَتْ لِأُخْتِهِ قُصِّيهِ ذَقْبَصْرَتْ بِه
عَنْ جُنُبٍ وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٢﴾

13. Era Mūsa twamuziyirizawo lubereberye okuyonsebwa abakazi abayonsa. Kale mwannyina n'agamba ab'ewa Farāwo nti: Abaffe, mbalagirire ab'ennyumba abanaamu-balerera era abanaamwagaliza ebirungi?

وَحَرَّمْنَا عَلَيْهِ الْمَرَاضِعَ مِنْ قَبْلُ
فَقَالَتْ هَلْ أَدُلُّكُمْ عَلَىٰ أَهْلِ بَيْتِ
يَكْفُلُونَهُ لَكُمْ وَهُمْ لَهُ نَا صِحُونَ ﴿١٣﴾

14. Kale twamuzzaayo eri nnyina, amaaso ge galyooke gasanyuke aleme na kweraliikirira era alyooke amanye nti ekisuubizo kya Allah kya mazima. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi.

فَرَدَدْنَاهُ إِلَىٰ أُمِّهِ كَيْ تَقَرَّ عَيْنُهَا وَلَا
تَحْزَنَ ۚ وَاتَّخَلَّمْنَا أَن وَعَدَ اللَّهُ حَقًّا
لِّقَوْلِهِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٤﴾

Ruku 2

15. Awo Mūsa bwe yatuuka mu myaka gye egy'obukulu nga asajjakudde, twamuwa amagezi n'okumanya; era bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi.

وَلَمَّا بَلَغَ أَشُدَّهُ وَاسْتَوَىٰ أَتَيْنَهُ
حُكْمًا وَ عِلْمًا ۚ وَ كَذَلِكَ نَجْزِي
الْمُحْسِنِينَ ﴿١٥﴾

16. Era yayingira mu kibuga mu kiseera abatuuze baamu nga bakyeebase, n'asanga mu kyo abasajja babiri nga balwana: ono nga wa mu bantu be, ate oli nga wa mu balabe be. Kale ow'omu kibiina kye kwe kumulaajanira amudduukirire kw'oli ow'omu balabe be, kale Mūsa n'amukuba ekikonde, n'amutta. N'agamba nti: Kino kiri mu bikolwa bya Sitaani. Mazima ye mulabe, mulimba wa Iwaatu.

وَدَخَلَ الْمَدْيَنَةَ عَلَىٰ جَايِنِ غَفْلَةٍ
مِّنْ أَهْلِهَا فَوَجَدَ فِيهَا رَجُلَيْنِ
يَقْتُلَانِ فِي هَذَا مِنْ شَيْعَتِهِ وَ هَذَا
مِنْ عَدُوِّهِ ۚ فَاسْتَعَاثَ الَّذِي مِنْ
شَيْعَتِهِ عَلَى الَّذِي مِنْ عَدُوِّهِ ۖ
فَوَكَرَهُ مُوسَىٰ فَقَضَىٰ عَلَيْهِ ۚ قَالَ
هَذَا مِنْ عَمَلِ الشَّيْطَانِ ۖ إِنَّهُ عَدُوٌّ
مُّضِلٌّ مُّبِينٌ ﴿١٦﴾

17. N'agamba nti: Mukama wange, mazima neryazaamaanyizza, naye nsonyiwa; kale n'amusonyiwa. Mazima Ye, ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

قَالَ رَبِّ إِنِّي ظَلَمْتُ نَفْسِي فَاغْفِرْ لِي
فَغَفَرَ لَهُ ۖ إِنَّهُ هُوَ الْغَفُورُ
الرَّحِيمُ ﴿١٧﴾

18. N'agamba nti: Mukama wange, olw'emikisa gye wampa, siriddayo kubeera muyambi wa bakozi ba bibi.

قَالَ رَبِّ بِمَا أَنعَمْتَ عَلَيَّ فَلَنْ
أَكُونَ ظَهِيرًا لِّلْمُجْرِمِينَ ﴿١٨﴾

19. Kale bw'amukeerera mu kibuga ng'atya ng'eno bw'amagamaga; okwejuukiriza ng'oli

فَأَصْبَحَ فِي الْمَدْيَنَةِ حَايِمًا يَتَرَقَّبُ

eyamusabye obuyambi eggulo ate era amukoowoola amuyambe. Mūsa n'agamba nti: Mazima ddala oli musobya wa lwaatu.

20. Kale bwe yayagala okukwata oli eyali omulabe waabwe bombi, *ow'oku ludda lwe* n'agamba nti: Owange Mūsa, nange oyagala kunzita nga eggulo bwe wasse omuntu? Ky'oyagala si kirala wabula kwe kuba nnalukalala mu nsi, era ggwe toyagala kubeera mw'abo abatabaganya.

21. Era omuntu omu yajja bunnambiro nga ava ewala erudda w'ekibuga n'agamba nti: Owange Mūsa, mazima abakungu bakuteesaako balyooke bakutte. Kale fuluma *mangu*; mazima nze ndi mw'abo abakwagaliza ebirungi.

22. Kale *Mūsa ekibuga* yakifuluma nga atidde era nga bw'amagamaga. N'agamba nti: Mukama wange, mponya abantu aboononyi.

Ruku 3

23. Awo bwe yakyuusa amaaso ge okwolekera e Madiyani, n'agamba nti: Ob'olyawo Mukama wange anannung'anya mu kkubo ettuufu.

24. Awo bwe yatuuka ku mazzi g'e Madiyani, yasangawo ekibiina ky'abantu nga beesera *amagana*, ate n'asanga nga ebbali waabwe eriyo abakazi babiri nga bakumaakuma *eggana lyabwe*. N'agamba nti: *Abange*, mubadde ki? Nebagamba nti: Ffe tetunywesa *zaffe* okutuusa nga abasumba abasajja bazzizzaayo *ezaabwe*, ate kitaffe musajja mukadde nnyo *tasobola kulunda*.

25. Kale n'abanywesereza *eggana lyabwe*, n'oluvannyuma n'adda awali ekisiikirize, n'agamba nti: Mukama wange, ndi mwetaavu eri ekirungi kyonna ky'oba ontuusizzaako.

26. Kale omukazi omu ku bo kwe kujja gy'ali nga atambula yeebwalabwala, n'agamba *Mūsa* nti: Kitange akuyita alyooke akusasule empeera *olw'okubanga*

فَأَدَا الَّذِي اسْتَنْصَرَهُ بِآيَاتِنَا
يَسْتَضِرُّهُ ۖ قَالَ لَهُ مُوسَى إِنَّكَ
لَعَوِيٌّ مُّبِينٌ ﴿١٩﴾

فَلَمَّا أَنْ أَرَادَ أَنْ يَبْطِشَ بِالَّذِي
هُوَ عَدُوٌّ لَهُمَا ۖ قَالَ يَمُوسَى أَتُرِيدُ
أَنْ تَفْتُلِنِي كَمَا قَتَلْتَ نَفْسًا
بِآيَاتِنَا ۖ إِنْ تُرِيدُ إِلَّا أَنْ تَكُونَ
جَبَّارًا فِي الْأَرْضِ وَمَا تُرِيدُ أَنْ تَكُونَ
مِنَ الْمُصْلِحِينَ ﴿٢٠﴾

وَجَاءَ رَجُلٌ مِّنْ أَقْصَا الْمَدِينَةِ
يَسْعَى ۖ قَالَ يَمُوسَى إِنَّ الْمَلَأَ
يَأْتِمِرُونَ بِكَ لِيَقْتُلُوكَ فَاخْرُجْ
إِنِّي لَكَ مِنَ النَّاصِحِينَ ﴿٢١﴾

فَخَرَجَ مِنْهَا خَائِفًا يَتَرَقَّبُ ۖ قَالَ
رَبِّ نَجِّنِي مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٢٢﴾

وَلَمَّا تَوَجَّهَ تِلْقَاءَ مَدْيَنَ قَالَ عَسَى
رَبِّيَ أَنْ يَهْدِيَنِي سَوَاءَ السَّبِيلِ ﴿٢٣﴾

وَلَمَّا وَرَدَ مَاءَ مَدْيَنَ وَجَدَ عَلَيْهِ
أُمَّةً مِّنَ النَّاسِ يَسْقُونَ ۖ وَوَجَدَ مِنْ
دُونِهِمْ امْرَأَتَيْنِ تَذُودَانِ ۖ قَالَ مَا
حَطَبُكُمَا ۖ قَالَتَا لَا نَسْقِي حَتَّى
يَصُورَ الرِّعَاءُ ۖ وَأَبُونَا شَيْخٌ
كَبِيرٌ ﴿٢٤﴾

فَسَقَى لَهُمَا ثُمَّ تَوَلَّى إِلَى الظِّلِّ فَقَالَ
رَبِّ إِنِّي لِمَا أَتَيْتَنِي مِنَ خَيْرٍ
فَقِيرٌ ﴿٢٥﴾

وَجَاءَتْهُ إِحْدَاهُمَا تَمْشِي عَلَى
اسْتِحْيَاءٍ ۖ قَالَتْ إِنَّ رَبِّي يَدْعُوكَ
لِيَجْزِيَكَ أَجْرَ مَا سَقَيْتَ لَنَا ۖ فَلَمَّا

watunyweserezza *eggana lyaffe*. Awo bwe yatuuka gy'ali n'amunnyonyola ebyaliwo byonna, *kitaabwe* n'agamba nti: Totya, omaze okuwona abantu aboonoonyi.

جَاءَهُ وَقَصَّ عَلَيْهِ الْقَصَصَ ۗ قَالَ لَا تَخَفْ ۗ نَحْنُ نَجُوتُ مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿٢٦﴾

27. Omukazi omu ku bo n'agamba nti: Ssebo kitange, mukozese olw'empeera; kuba *omuntu* omulungi, ow'amaanyi ng'ate mwesigwa, gw'osaana okukozesa.

قَالَتْ إِحْدَاهُمَا يَا أَبَتِ اسْتَأْجِرْهُ ۖ إِنَّ خَيْرَ مَنِ اسْتَأْجَرْتَ الْقَوِيُّ الْأَمِينُ ﴿٢٧﴾

28. *Kitaabwe* n'agamba nti: Njagala kukufumbiza omu ku bawala bange bano bombi ate onkolere olw'empeera emyaka munaana. Naye bw'olijjuza ekkumi, ekyo kiriva gy'oli, naye nga nze saagala kukukaluubiriza. Allah bw'anaaba nga ayagadde, ojja kunsanga nga ndi mu bantu balamu.

قَالَ رَبِّي أُرِيدُ أَنْ أُنكِحَكَ إِحْدَى ابْنَتَيَّ هَاتَيْنِ عَلَى أَنْ تَأْجُرَنِي تَمَنِّي حَجَّجَ ۗ فَإِنْ أَتَمَمْتَ عَشْرًا فَمِنْ عِنْدِكَ ۗ وَمَا أُرِيدُ أَنْ أَشُقَّ عَلَيْكَ ۗ سَتَجِدُنِي إِنْ شَاءَ اللَّهُ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٢٨﴾

29. *Mūsa* n'agamba nti: Ekyo *kiwedde okukkaanya* wakati wange naawe. Kale *ekiseera kyonna* kye ndimala ku biseera byombi, kale nnome kulyazaamaanyizibwa. Era Allah ye Muyima ky byonna bye twogera.

قَالَ ذَلِكَ بَيْنِي وَبَيْنَكَ ۖ أَيَّمَا الْأَجَلَيْنِ قَضَيْتُ فَلَا عُدْوَانَ عَلَيَّ ۗ وَاللَّهُ عَلَىٰ مَا نَقُولُ وَكِيلٌ ﴿٢٩﴾

Ruku 4

30. Kale *Mūsa* bwe yamaliriza ekiseera *kye baalagaana*, yagenda n'ab'omu maka ge. *Ng'ali mu lugendo* yalengera omuliro ku ludda lw'olusozi, n'agamba ab'omu maka ge nti: Mubeere wano, mazima nnengedde omuliro; ob'olyawo nembaleetera eggulire ku gwo oba ekitawuliro ky'omuliro, mulyooke mwoote.

فَلَمَّا قَضَىٰ مُوسَىٰ الْأَجَلَ وَسَارَ بِأَهْلِهِ آنَسَ مِنْ جَانِبِ الطُّورِ نَارًا ۗ قَالَ لِأَهْلِهِ امْكُثُوا إِنِّي آنَسْتُ نَارًا ۖ لَعَلِّي آتِيكُمْ مِنْهَا بِخَبَرٍ أَوْ جَدْوَةٍ مِنْ الثَّارِ لَعَلَّكُمْ تَصْطَلُونَ ﴿٣٠﴾

31. Awo bwe yagutuukako, yakoowoolwa okuva ku ludda lw'ekiwonvu olwa ddyo, mu kibangirizi eky'omukisa mu muti nti: Owange *Mūsa*, mazima nze Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

فَلَمَّا أَنهَا نُوْدِيَ مِنْ شَاطِئِ الْوَادِ الْأَيْمَنِ فِي الْبُقْعَةِ الْمُبْرَكَةِ مِنَ الشَّجَرَةِ أَن يُمُوسَىٰ رَبِّي أَنَا اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٣١﴾

32. Era nti: Suula omuggo gwo wansi. Naye bwe yagulaba nga gwetogoonyola ng'akasota, yakyuuka n'adduka era teyatunula na mabega. *Allah n'agamba nti*: Owange *Mūsa*, sembera era totya; mazima oli mw'abo abali emirembe.

وَأَن أَلْقِ عَصَاكَ ۖ فَلَمَّا رَأَاهَا تَهْتَزُّ كَأَنَّهَا جَانٌّ وَلَّىٰ مُدْرِبًا ۖ وَكَمْ يُعَقِّبُ ۖ يَمُوسَىٰ أَقْبَلُ وَلَا تَخَفْ ۗ نَدَىٰكَ مِنَ الْأَرْضِينَ ﴿٣٢﴾

33. Kale yingiza omukono gwo mu kikondoolo kyo, gujja kuvaayo nga mweru tukutuku naye nga si lwa bulwadde. Era sika omukono gwo nga oguzza gy'oli oggwemu

أَسْلُكَ يَدَكَ فِي جَيْبِكَ تَخْرِبُ بَيْضَاءَ مِنْ غَيْرِ سُوءٍ ۗ وَاضْمُمْ إِلَيْكَ جَنَاحَكَ مِنَ الرَّهْبِ ۖ فَذَرْكَ

ensisi. Kale obwo bubonero bubiri okuva eri Mukama wo eri Farāwo n'abakungu be, kuba ddala bantu bajeemu.

34. *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange, nabattamu omuntu, kale ntya nti bajja kunzita.

35. Naye muganda wange Hārūna y'ansingako obubalangufu mu kwogera; kale mutume wamu nange ng'omubeezi anjulira. Mazima ntya nti bajja kunnimbisa.

36. *Allah* n'agamba nti: Tujja kwongera amaanyi mu mukono gwo ne muganda wo era mwembi tubawe obuyinza baleme kubatuukirira. *Kale mugende* n'obubonero bwaffe, mmwe n'abo abanaabagoberera, mmwe *mujja okuba* abawanguzi.

37. Awo *Mūsa* bwe yabatuukako n'obubonero bwaffe obw'enkukunala, baagamba nti: Kino si kirala wabula bwe bulogo obujingirire era kino tetukiwuliranga nako mu bakitaffe ab'edda.

38. Era *Mūsa* n'agamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya oyo aleeta obulung'amu obuva gy'ali n'oyo alifuna amaka g'enkomerero *amalungi*. Mazima ddala aboononyi tebaganyulwa.

39. Ne Farāwo n'agamba nti: Abange mmwe abakungu, nze sibamanyiddeeyo musinzibwa mulala okuggyako nze nzekka. Kale wamma Hāmāni, njokera *amataffaali* mu bbumba onkolere omunaala ndyooke nningirize eri Katonda wa *Mūsa*, newaakubadde nze nkakasa nti ddala ali mu balimba.

40. Kale ye n'amagye ge beekuluntaza mu nsi awatali mazima, nga balowooza nti ddala bo tebalizzibwa gye tuli.

41. Kale twamubonereza ye n'amagye ge netubasuula mu nnyanja. Kale laba enkomerero y'aboononyi nga bwe yali!

بُرْهَانَ مِنْ رَبِّكَ إِلَى فِرْعَوْنَ وَ
مَلَائِهِ إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا فَسِيقِينَ ﴿٣٣﴾
قَالَ رَبِّ إِنِّي قَتَلْتُ مِنْهُمْ نَفْسًا فَأَخَافُ
أَنْ يَقْتُلُونِ ﴿٣٤﴾

وَإِخِي هَارُونَ هُوَ أَفْصَحُ مِنِّي لِسَانًا
فَأَرْسَلُهُ مَعِيَ رِدْءًا يُصَدِّقُنِي إِنِّي
أَخَافُ أَنْ يُكَذِّبُونِ ﴿٣٥﴾

قَالَ سَنَشُدُّ عَضُدَكَ بِأَخِيكَ وَ
نَجْعَلُ لَكُمَا سُلْطٰنًا فَلَا يَصِلُونَ
إِلَيْكُمَا بِإِيتِنَا إِنَّتُمَا وَ مِنْ
اتَّبَعَكُمَا الْغٰلِبُونَ ﴿٣٦﴾

فَلَمَّا جَاءَهُمْ مُوسَى بِآيَاتِنَا بَيِّنَاتٍ
قَالُوا مَا هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُفْتَرَى وَمَا
سَمِعْنَا بِهَذَا فِي آبَائِنَا الْأَوَّلِينَ ﴿٣٧﴾

وَ قَالَ مُوسَى رَبِّي أَعْلَمُ بِمَنْ جَاءَ
بِالهُدَىٰ مِنْ عِنْدِهِ وَمَنْ تَكُونُ لَهُ
عَاقِبَةُ الدَّارِ إِنَّهُ لَا يُفْلِحُ
الظَّالِمُونَ ﴿٣٨﴾

وَ قَالَ فِرْعَوْنُ يَا أَيُّهَا الْمَلَأُ مَا
عِلْمْتُ لَكُمْ مِنْ إِلٰهِ غَيْرِي ۚ
فَأَوْقَدِي يَهَا مِنْ عَلَ الطِّينِ
فَاجْعَلِي صَرْحًا لَعَلِّي أَطَّلِعُ إِلَىٰ إِلٰهِ
مُوسَىٰ وَإِنِّي لَأَظُنُّهُ مِنَ الْكٰذِبِينَ ﴿٣٩﴾

وَ اسْتَكْبَرَ هُوَ وَ جُنُودُهُ فِي الْأَرْضِ
يَغْيِرُ الْحَقَّ وَ ظَنُّوْا أَنَّهُمْ لَآئِنَا لَا
يُرْجَعُونَ ﴿٤٠﴾

فَآخَذْنَاهُ وَ جُنُودَهُ فَنَبَذْنَاهُمْ فِي
الْبَيُوتِ فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ
الظَّالِمِينَ ﴿٤١﴾

42. Era twabafuula abakulembeze b'okukoo-woola *abantu* eri omuliro; ne ku lunaku lw'okuzuukira tebaliyambibwa.

وَجَعَلْنَاهُمْ آيَةً يَذْعَبُونَ إِلَى النَّارِ
وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ لَا يُنصَرُونَ ﴿٤٢﴾

43. Era twabagobereza ekikolimo ku nsi; ne ku lunaku olw'okuzuukira baliba mw'abo abenyinyalwa.

وَاتَّبَعْنَاهُمْ فِي هَذِهِ الدُّنْيَا لَعْنَةً
وَيَوْمَ الْقِيَامَةِ هُمْ مِنَ الْمَقْبُوحِينَ ﴿٤٣﴾

Ruku 5

44. Era ddala twawa Mūsa Ekitabo nga tumaze okuzikiriza emirembe egyasooka, nga kwe kuzibula abantu amaaso era nga bwe bulung'amu era nga kwe kusaasira, balyooke bafumiitirize.

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ مِنْ بَعْدِ
مَا أَهْلَكْنَا الْقُرُونَ الْأُولَى بَصَائِرَ
لِلنَّاسِ وَهَدَىٰ وَرَحْمَةً لَّعَلَّهُمْ
يَتَذَكَّرُونَ ﴿٤٤﴾

45. Era ggwe tewali ku ludda lw'ebugwanjuba *bw'olusozi* awo nga tutongoza Mūsa ku mulimu, era tewali mw'abo abaaliwo.

وَمَا كُنْتَ بِجَانِبِ الْغَرْبِيِّ إِذْ
قَضَيْتَ إِلَىٰ مُوسَى الْأَمْرَ وَمَا كُنْتَ
مِنَ الشَّاهِدِينَ ﴿٤٥﴾

46. Naye *oluvannyuma lwa Mūsa*, twasibulawo emirembe n'obuwangaazi bwabwe nebulawanvuyizibwa. Era ggwe tewali mutuuze mu bantu b'e Madiyani okubasomera Aya zaffe era Ffe kuva dda nga tutuma *Ababaka*.

وَلَكِنَّا أَنشَأْنَا قُرُونًا فَتَطَاوَلْ
عَلَيْهِمُ الْعُمُرُ وَمَا كُنْتَ ثَاوِيًّا
فِي أَهْلِ مَدْيَنَ تَتْلُوا عَلَيْهِمْ
آيَاتِنَا وَلَكِنَّا كُنَّا مُرْسِلِينَ ﴿٤٦﴾

47. Era ggwe tewali ku mabbali ga lusozi awo nga tukoowoola *Mūsa*. Naye *tukutumye nga ggwe* kusaaasira okuva eri Mukama wo, olyooke olabule abantu abatatuukibwangako mulabuzi yenna olubereberye lwo, balyooke bafumiitirize.

وَمَا كُنْتَ بِجَانِبِ الطُّورِ إِذْ نَادَيْنَا
وَلَكِن رَّحْمَةً مِّن رَّبِّكَ لِتُنذِرَ
قَوْمًا مَّا أَتَتْهُمْ مِّن نَّذِيرٍ مِّن
قَبْلِكَ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٤٧﴾

48. Era singa tekyali *kityo*, bwe baalituukiddwako omutawaana olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza, baaligambye nti: Mukama waffe, lwaki tewatutumira Mubaka netugoberera Aya zo, netuba mw'abo abakkiriza?*

وَلَوْ لَا أَن تُصِيبَهُمْ مُّصِيبَةٌ يَمَّا
قَدَّمْتَ أَيْدِيَهُمْ فَيَقُولُوا رَبَّنَا
لَوْ لَا أَرْسَلْتَ إِلَيْنَا رَسُولًا فَنَتَّبِعِ
آيَاتِكَ وَتَكُونَ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٨﴾

49. Naye bwe baatuukibwako amazima agava gye tuli, baagamba nti: Lwaki teyaweebwa bifaanana n'ebyo ebyaweebwa Mūsa? Abaffe, ebyaweebwa Mūsa tebaabigaana olubereberye? Era baagamba nti: *Mūsa ne Hārūna* be balogo ababiri abayambagana. Era

فَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ مِنْ عِنْدِنَا
قَالُوا لَوْ لَا أَوْتِيْنا مِثْلَ مَا أُوتِيَ
مُوسَىٰ ؕ أَوْ لَمْ يَكْفُرُوا بِمَا أُوتِيَ
مُوسَىٰ مِنْ قَبْلُ ۗ قَالُوا سِحْرَانِ

28:48. Allah yakola entegeka emala ku batakkiriza. Ebyekwaso ebiring'anga ebyo ebiri mu kibuzo ekyo tebirina lugendo kubanga ye Allah tabonereza bantu olw'ebibi byabwe okuggyako nga amaze kubatumira balabuzi ne babagaana (6:132 ; 28:60).

baagamba nti: Ffe bombi tubagaanye.*

تَطَّهَّرَائِهِمْ وَ قَالُوا إِنَّا بِحُلِّي
كُفْرُونٍ ٤٩

50. Gamba nti: Kale nno muleeteyo ekitabokuva eri Allah ekisinga ku bino byombi (Tauréti ne Kur'áni) obulung'amu nange nkigoberere, obanga muli ba mazima.

قُلْ فَأَتُوا بِكِتَابٍ مِّنْ عِندِ اللَّهِ هُوَ
أَهْدَىٰ مِنْهُمَا أَتَّبِعُهُ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ٥٠

51. Kale bwe bataakwanukule, ng'omanya nti ddala bagoberera kwagala kwabwe. Ye ani mubuze asinga kw'oyo agoberera okwagala kwe awatali bulung'amu buva eri Allah? Mazima Allah talung'ama bantu bakyaamu.

فَإِنْ لَّمْ يَسْتَجِيبُوا لَكَ فَاعْلَمْ
أَنَّكَ يَتَّبِعُونَ أَهْوَاءَهُمْ وَ مَن
أَضَلَّ مِمَّنِ اتَّبَعَ هُوَ بِخَيْرِ هُدًى
مِّنَ اللَّهِ إِنْ لَّا يَهْدِي الْقَوْمَ
الظَّالِمِينَ ٥١

Ruku 6

52. Era ddala twabadding'anira ekigambo, balyooke balabuke.

وَلَقَدْ وَصَلْنَا لَهُمُ الْقَوْلَ لَعَلَّهُمْ
يَتَذَكَّرُونَ ٥٢

53. Abo be twawa Ekitaboku olubereberye lwa yo, bo Kur'áni bagikkiriza.

الَّذِينَ اتَّبَعَتْهُمْ إِلْحَابًا مِنْ قَبْلِهِ
هُمْ بِهِ يُؤْمِنُونَ ٥٣

54. Era bw'ebasomerwa, bagamba nti: Tugikkiriza. Ddala ago ge mazima agava eri Mukama waffe. Era ddala ffe n'olubereberye lwa yo twaali bajeemulukufu.

وَإِذْ آيَشِي عَلَيْهِمْ قَالُوا إِنَّا بِمَا
رَبَّنَا الْحَقُّ مِنْ رَبِّنَا إِنَّا كُنَّا مِنْ
قَبْلِهِ مُسْلِمِينَ ٥٤

55. Abo baliweebwa empeera yaabwe emirundi ebiri kubanga baagumiikiriza era baasindiikirizanga ebibi nga beeyambisa ebirungi era nga batoola ne mw'ebyo bye twabawa.

أُولَٰئِكَ يُؤْتَوْنَ أَجْرَهُمْ مَرَّتَيْنِ
بِمَا صَبَرُوا وَ يَذَرُونَ بِالْحَسَنَةِ
السَّيِّئَةَ وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنفِقُونَ ٥٥

56. Era nga bwe bawulira ebya swakaba, babikuba mabega nebagamba nti: Ffe tulina ebikolwa byaffe, nammwe mulina ebikolwa byammwe. Emirembe gibeere ku mmwe. Ffe tetwagala batali bategeevu.

وَإِذَا سَمِعُوا اللَّغْوَ أَعْرَضُوا عَنْهُ وَ
قَالُوا إِنَّا تَائِبُونَ لَنَا وَ لَكُمْ أَعْمَاءُ لَكُمْ
سَلَامٌ عَلَيْكُمْ لَّا تَبْتَغِي الْجَاهِلِينَ ٥٦

57. Mazima ggwe toyinza kulung'ama oyo gw'oba oyagadde, naye Allah y'alung'ama oyo gw'aba asiimye era Ye y'asinga okumanya abo abayinza okulung'ama.

إِنَّكَ لَا تَهْدِي مَنْ أَحْبَبْتَ وَ لَئِن
اللَّهُ يَهْدِي مَنْ يَشَاءُ وَ هُوَ أَعْلَمُ
بِالْمُهْتَدِينَ ٥٧

28:49. Mu batayagala Busiraamu i.e. Abayudaaya, Abakulisitayo, n'Abasamize, wano Abayudaaya be basongeddwamu olunwe kubanga mu bonna abaaliwo mu biseera bya Nabbi (s.a.w.), Abayudaaya be bokka abayinza okwogewako nti baagaana Musa (a.s). Ate ebigambo 'ffe bonna tetubakkiriza' (إِنَّا بِحُلِّي كُفْرُونٍ) biraga endowooza y'abatakkiriza aba buli mulembe nga bawera nkolokooto okugaana Ababaka n'ebyo byonna bye bajja na byo.

66. Era olunaku Allah lw'alibakoowoola, kale aligamba nti: Mwayanukula mutya Ababaka?

وَيَوْمَ يُنَادِيهِمْ فَيَقُولُ مَاذَا
أَجَبْتُمْ الْمُرْسَلِينَ ﴿٦٦﴾

67. Kale balibulwa kye bannyonyola ku lunaku olwo era tebalyebuuazaganya.

فَعَمِيَتْ عَلَيْهِمُ الْأَنْبَاءُ يَوْمَئِذٍ
فَهُمْ لَا يَتَسَاءَلُونَ ﴿٦٧﴾

68. Naye oyo alibonerera n'akkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi, kale ob'olyawo alibeera mw'abo abaliganyulwa.

فَأَمَّا مَنْ تَابَ وَآمَنَ وَعَمِلَ صَالِحًا
فَعَسَىٰ أَنْ يَكُونَ مِنَ الْمُفْلِحِينَ ﴿٦٨﴾

69. Era Mukama wo atonda nga bw'aba ayagadde era yeeroboza nga bw'aba ayagadde, naye bo tebalina kweroboza. Obutukuvu bwa Allah, era ali waggulu nnyo kw'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

وَرَبُّكَ يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَيَخْتَارُ مَا
كَانَ لَهُمُ الْخِيَرَةُ سُبْحَانَ اللَّهِ وَ
تَعَلَّىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٦٩﴾

70. Era Mukama wo y'amanyi ebifuba byabwe bye bikisa n'ebyo bye booleka.

وَرَبُّكَ يَعْلَمُ مَا تُكِنُّ صُدُورُهُمْ وَ
مَا يُعْلِنُونَ ﴿٧٠﴾

71. Era Allah ye Katonda yekka, teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Ye nannyini matendo gonna ku ntandikwa ne ku nkomerero era ye nannyini kulamula era gyal'ali gye mulizzibwa.

وَهُوَ اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ لَهُ الْحَمْدُ
فِي الْأُولَىٰ وَالْآخِرَةِ وَكَانَ الْحُكْمَ وَ
رَأْيَهُ تُرْجَعُونَ ﴿٧١﴾

72. Gamba nti: Mulabye mutya, singa Allah abafuulira ekiro okuba eky'obugenderevu okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, abaffe, musinzibwa ki nate atali Allah ayinza okubaleteera obutangaavu? Abaffe, era temuuwulire?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ جَعَلَ اللَّهُ عَلَيْكُمُ
الْيَلَّ سَازِمًا إِلَىٰ يَوْمِ الْقِيَامَةِ مَنْ
إِلَهٌ غَيْرُ اللَّهِ يَأْتِيكُم بِضِيَاءٍ ۖ
أَفَلَا تَسْمَعُونَ ﴿٧٢﴾

73. Gamba nti: Mulaba mutya, singa Allah abafuulira emisana okuba ogw'obugenderevu okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira, abaffe, musinzibwa ki nate atali Allah ayinza okubaleteera ekiro mwe muwummulira? Abaffe, temulaba?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ جَعَلَ اللَّهُ
عَلَيْكُمُ النَّهَارَ سَازِمًا إِلَىٰ يَوْمِ
الْقِيَامَةِ مَنْ إِلَهٌ غَيْرُ اللَّهِ يَأْتِيكُم
بِلَيْلٍ تَشْكُونَ فِيهِ ۖ أَفَلَا
تُبْصِرُونَ ﴿٧٣﴾

74. Era ne mu kusaasira kwe, yabakolera ekiro n'emisana mulyooke muwummulire mu kyo era mulyooke munoonye emikisa gye era mulyooke mwebaze.

وَمِنْ رَحْمَتِهِ جَعَلَ لَكُمُ اللَّيْلَ وَ
النَّهَارَ لِتَشْكُنُوا فِيهِ وَ لِتَبْتَغُوا
مِنْ فَضْلِهِ وَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٧٤﴾

75. Era olunaku Allah lw'alibakowoola, kale aligamba nti: Baluwa abo be mwalowoozanga nti benkana nange ?

وَيَوْمَ يُنَادِيهِمْ فَيَقُولُ أَيْنَ
شُرَكَاءِي الَّذِينَ كُنْتُمْ تَزْعُمُونَ ﴿٧٥﴾

76. Era tulijja omujulizi mu buli bantu, kale tuligamba nti: Muleete obukakafu

وَنَزَعْنَا مِنْ كُلِّ أُمَّةٍ شَهِيدًا

bwammwe. Olwo balimanya nti amazima ga Allah. Era biribaabulira ebyo bye baajingajinganga.

Ruku 8

77. Mazima Qārūna yali omu mu bantu ba Mūsa naye neyeefuula nnalukalala gye bali. Era twamuwa eby'obugagga bingi nga ebisumuluzo bya byo biremerera n'ekibiina ky'abasajja bakirimaanyi. Awo banne bwe baamugambako nti: Teweeragaalaga, mazima Allah tayagala beeragaalaga.

78. Naye noonya amaka g'enkomerero mw'ebyo Allah bye yakuwa naye nga tweerabidde mugabo gwo ogw'oku nsi era yisa bulungi *banno* nga naawe Allah bw'akuyisa obulungi era tonoonyanganga kutabulatabula mu nsi. Mazima Allah tayagala batabuzitabuzi.

79. *Qārūna* yagamba nti: Bino nabiveebwa lwa magezi gange ge nnina. Abaffe, yali tamanyi nti Allah y'eyazikiriza emirembe olubereberye lwe *egy'abo* abaali bamusinza amaanyi n'okukung'aanya *eby'obugagga* ebingi? Era aboononyi tebalibuuzibwa *nsonga* ku byonoono byabwe.

80. Kale yafuluma eri abantu be mu majolobera ge. Abo abayaayaanira obulamu bw'ensi nebagamba nti: O! Singa kale naffe tulina ebifaanana n'ebyo ebyaweewba Qārūna. Mazima alina omukisa musuffu !

81. Naye abo abaaweewba okumanya baagamba nti: Zibasanze! *Mazima* empeera ya Allah y'esinga obulungi eri oyo akkiriza era n'akola ebikolwa ebirungi; naye tefunibwa okuggyako abo abagumiikiriza.

82. Kale twamumizisa ensi, ye n'amaka ge; kale teyalina kibiina kyonna eky'okumuyamba ku Allah era teyali mw'abo abawangula *ensala ya Allah*.

83. Bugenda okukya, ng'abo abaayaanidde ekifo kye eggulo bagamba nti:

فَقُلْنَا هَا تَوَا بُرْهَآ نَكْمَ فَعَلِمُوْا
 اَنَّ الْحَقَّ يَلِيْهِ وَضَلَّ عَنْهُمْ مَّا كَانُوْا
 يَفْتَرُوْنَ ﴿٧٦﴾

اِنَّ قَارُوْنَ كَانَ مِنْ قَوْمِ مُوسَى فَبَغَى
 عَلَيْهِمْ ۗ وَاتَيْنَاهُ مِنَ الْكُنُوْزِ مَا لَانَ
 مَقْرَبَهٗ لَتَنْوُوْا بِالْعُصْبَةِ اُوْلٰ
 الْقُرُوْبَةِ اِذْ قَالَ لَهُ قَوْمُهٗ لَا تَفْرَحْ
 اِنَّ اللّٰهَ لَا يُحِبُّ الْفَرِحِيْنَ ﴿٧٧﴾

وَابْتِغِ فَيْمًا اَنْتَ اللّٰهُ الدّٰرَ الْاٰخِرَةَ
 وَلَا تَنْسَ نَصِيْبَكَ مِنَ الدُّنْيَا ۗ
 اَحْسِنْ كَمَا اَحْسَنَ اللّٰهُ اِلَيْكَ وَلَا تَبِغِ
 الْفِسَادَ فِى الْاَرْضِ ۗ اِنَّ اللّٰهَ لَا يُحِبُّ
 الْمُفْسِدِيْنَ ﴿٧٨﴾

قَالَ اِنَّمَا اُوْتِيْتُهُ عَلٰى عَهْدِىْ
 اَوْ لَمْ يَعْلَمِ اَنَّ اللّٰهَ قَدْ اَهْلَكَ مِنْ
 قَبْلِهٖ مِنَ الْقُرُوْنِ مَنْ هُوَ اَشَدُّ مِنْهُ
 قُوَّةً ۗ وَ اَكْثَرُ جَمْعًا ۗ وَلَا يُسْئَلُ عَن
 دُنُوْبِهِمُ الْمُجْرِمُوْنَ ﴿٧٩﴾

فَخَرَجَ عَلَى قَوْمِهٖ فِي زِينَتِهٖ ۗ قَالَ
 الَّذِيْنَ يُرِيْدُوْنَ الْحَيٰوةَ الدُّنْيَا
 يَلِيْمٌ لَّنَا مِثْلَ مَا اُوْتِيَ قَارُوْنَ ۗ اِنَّهٗ
 لَذُوْ حِظٍّ عَظِيْمٍ ﴿٨٠﴾

وَقَالَ الَّذِيْنَ اُوْتُوْا الْعِلْمَ وَيَلِكُمْ
 ثَوَابُ اللّٰهِ خَيْرٌ لِّمَنْ اٰمَنَ وَ عَمِلَ
 صٰلِحًا ۗ وَلَا يُلْقٰهَآ اِلَّا الصّٰدِقُوْنَ ﴿٨١﴾

فَخَسَفْنَا بِهٖ وَبِاٰرِهِ الْاَرْضَ ۗ فَمَا
 كَانَ لَهُ مِنْ فِئَةٍ يَنْصُرُوْنَهٗ مِنْ دُوْنِ
 اللّٰهِ ۗ وَمَا كَانَ مِنَ الْمُنتَصِرِيْنَ ﴿٨٢﴾

وَاصْبَحَ الَّذِيْنَ تَمَنّٰوْا مَكَانَهٗ

O! Wamma ddala Allah y'agaziyiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde mu baweereza be era y'akendeenza. Ddala singa Allah teyali wa kisa gye tuli, naffe yaalitimizisizza *ensi*. O! Ddala abatasima tebaganyulwa.

بِأَلَمِيسٍ يَقُولُونَ وَيَكَانَ اللَّهُ
يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ مِن
عِبَادِهِ وَيَقْدِرُ لَوْ لَآ أَن مِّنَ اللَّهِ
عَلَيْنَا لَخَسَفَ بِنَاءٍ وَيَكَانَ لَآ يُفْلِحُ

الْكَافِرُونَ ﴿٨٧﴾

Ruku 9

84. Ago amaka g'enkomerero tugawa abo abatayagala kw'egulumiza mu nsi wadde okutabulatabula. Era enkomerero *ennungi* y'abo abeekuuma.

تِلْكَ الدَّارُ الْآخِرَةُ نَجْعَلَهَا لِلَّذِينَ
لَآ يُرِيدُونَ عُلُوًّا فِي الْأَرْضِ وَلَا
فَسَادًا وَالْعَاقِبَةُ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٨٤﴾

85. Oyo alikola ekirungi, alifuna ekirungi ekikisingako. Naye oyo alikola ekibi, kale abo abakola ebibi tebalisasulwa okuggyako *ebyenkana* n'ebyo bye baakolanga.

مَن جَاءَ بِالْحَسَنَةِ فَلَهُ خَيْرٌ مِّثْلَهَا
وَمَن جَاءَ بِالسَّيِّئَةِ فَلَا يُجْزَى الَّذِينَ
عَمِلُوا السَّيِّئَاتِ إِلَّا مَا كَانُوا

يَعْمَلُونَ ﴿٨٥﴾

86. Mazima Oyo eyakukakasaako *enjigiriza ya* Kur'ani, ddala agenda kukuzzaayo eri obuddo *bwo*. Gamba nti: Mukama wange y'asinga okumanya oyo aleeta obulung'amu n'oyo ali mu kubula okw'enkukunala.

إِنِ الَّذِينَ فَرَضَ عَلَيْكَ الْقُرْآنَ
لَرَأَوْكَ إِلَىٰ مَعَادِهِ قُل رَّبِّي أَعْلَمُ مَن
جَاءَ بِالْهُدَىٰ وَمَن هُوَ فِي ضَلَالٍ

مُّبِينٍ ﴿٨٦﴾

87. Era ggwe wali tosubirangako nti olibikkulirwa Ekitabo, wabula *kuno* kusaasira okuva eri Mukama wo; kale tobanga muyambi w'abatakkiriza.

وَمَا كُنْتَ تَرْجُو أَن يُلْقَىٰ إِلَيْكَ
الْكِتَابُ إِلَّا رَحْمَةً مِّن رَّبِّكَ فَلَا
تَكُونَنَّ ظَهِيرًا لِّلْكَافِرِينَ ﴿٨٧﴾

88. Era tebakuwugulanga ku Aya za Allah oluvannyuma nga zimaze okussibwa gy'oli, era koooolera *abantu* eri Mukama wo, era tobanga mw'abo abenkanya ebirala ne Allah.

وَلَا يَصُدُّكَ عَنْ آيَاتِ اللَّهِ بِخَدْرٍ
أَوْ زُلَّةٍ وَلَا إِلَىٰ رَّبِّكَ وَلَا
تَكُونَنَّ مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٨٨﴾

89. Era tosabanga musinzibwa mulala awamu ne Allah. Teri musinzibwa mulala *mutuufu* okuggyako Ye yekka. Buli kimu kya kuzikirira okuggyako Ye. Obulamuzi bubwe, era gy'ali gye mulizzibwa.

وَلَا تَدْعُ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ ۚ لَا إِلَهَ
إِلَّا هُوَ ۚ كُلُّ شَيْءٍ هَالِكٌ إِلَّا وَجْهَهُ ۚ
لَهُ الْحُكْمُ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٨٩﴾

AL-‘ANKABŪT

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يَسْمُوهُ اللَّهُ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Alif Lām Mīm*.

الْمِیْمُ ②

3. Abaffe, abantu balwooza nti banaaleke-bwa olw'okwogera obwogezi nti: Tukkirizza, naye nga tebagezesebbwa?

أَحْسِبَ النَّاسَ أَنْ يَتَذَكَّرُوا أَنْ يَقُولُوا أَمْثَلَهُمْ لَا يُفْتَنُونَ ③

4. Era ddala n'abo abaabakulembere twabagezesa. Kale ddala Allah ajja kumanyisa abo ab'amazima era ddala ajja kumanyisa n'abalimba.

وَلَقَدْ فَتَنَّا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَلَيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ صَدَقُوا وَلَيَعْلَمَنَّ الْكٰذِبِينَ ④

5. Abaffe, abo abakola ebibi balwooza nti ddala balitusumattuka? Nga okusalawo kwabwe kubi nnyo!

أَفَحَسِبَ الَّذِينَ يَعْمَلُونَ السَّیِّئَاتِ أَنْ يَسْحِقُونَا سَاءَ مَا يَحْكُمُونَ ⑤

6. Oyo asuubira okusinsikana ne Allah, yeetegeke; kuba mazima yo entuuko ya Allah ddala ejja. Era Ye y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna.

مَنْ كَانَ يَرْجُوا لِقَاءَ اللَّهِ فَإِنْ أَجَلَ اللَّهُ لَكَ ⑥

7. Era ddala oyo anyiikira, kale ddala anyiikira lwa kugasa mwoyo gwe. Mazima Allah si mwetaavu eri bitonde.

وَمَنْ جَاهَدَ فَإِنَّمَا يُجَاهِدُ لِنَفْسِهِ إِنَّ اللَّهَ لَغَنِيٌّ عَنِ الْعٰلَمِينَ ⑦

8. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa eburungi, ddala tulibasangulako ebibi byabwe era ddala tulibasasula empeera esingira ddala obulungi kw'ebyo bye baakola.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحَاتِ لَنُكَفِّرَنَّ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَلَنَجْزِيَنَّهُمْ أَحْسَنَ الَّذِي كَانُوا يَعْمَلُونَ ⑧

9. Era twakuutira omuntu okuyisanga obulungi bazadde be. Naye bwe bakufuubaa-nangako nti onnenkanye n'ebirala ggwe by'otalina ky'obimanyiiko, olwo tobagondera-nga. Gyendi y'eri obuddo bwammwe, kale ndibategeeza ebyo bye mwakolanga.

وَوَضَّيْنَا لِلنَّاسِ يَوْمَئِذٍ مَوَٰزِينَ ⑨

10. Era abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa eburungi, mazima tulibayingiza mu batuukirivu.

إِنْ جَاهَدَكَ لِتَشْرِكَ بِي مَا لَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمٌ فَلَا تُطِعْهُمَا إِلَيَّ مَرْجِعُكُمْ فَأُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ⑩

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحَاتِ لَنُدْخِلَنَّهُمْ فِي الصَّٰلِحِينَ ⑪

11. Era mu bantu mulimu abagamba nti: Tukkiriza Allah. Naye olulumizibwako *katono* ku lwa Allah, atwaala okubonyaabonya kw'abantu ng'ekibonerezo kya Allah. Naye obuyambi obuva eri Mukama wo bwe bunajja, mazima bajja kugamba nti: Ddala naffe twaali wamu nammwe. Abaffe, Allah si y'asinga okumanya ebyo ebiri mu bifuba by'ebitonde byonna?

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَقُولُ آمَنَّا بِاللَّهِ
فَإِذَا أُذِيقُوا فِي اللَّهِ جَعَلَ فِتْنَةً
النَّاسِ كَعَذَابِ اللَّهِ، وَلَكِن جَاءَ تَصْرُّ
مِن رَّبِّكَ لِيَقُولَنَّ إِنَّا كُنَّا مَعَكُمْ
أَوْ كَيْسَ اللَّهُ بِأَعْلَمَ بِمَا فِي صُدُورِ
الْعَالَمِينَ ⑪

12. Era ddala Allah ajja kumanyisa abo abakkiriza era ddala ajja kumanyisa ne bannanfuusi.

وَلِيَعْلَمَنَّ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَ
لِيَعْلَمَنَّ الْمُنْفِقِينَ ⑫

13. Era abo abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Mugoberere ekkubo lyaffe, ffe tujja kwetikka ebibi byammwe; so nno tebayinza kwetikka kyonna mu bibi byabwe n'akatonu. Mazima bo ddala balimba.

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلَّذِينَ آمَنُوا
اتَّبِعُوا سَبِيلَنَا وَلْنَحْمِلْ خَطِيئَتَكُمْ
وَمَا هُمْ بِحَاْمِلِينَ مِنْ خَطِيئَتِهِمْ
مِّن شَيْءٍ ⑬ إِنَّهُمْ لَكَذِبُونَ ⑭

14. Era ddala balyetikka obuzito obwabwe, n'obuzito obulala awamu n'obuzito bwabwe. Era ddala balibuzibwa ku lunaku lw'okuzuukira kw'ebyo bye baajingajinga-nga.

وَلِيَحْمِلَنَّ أَثْقَالَهُمْ وَأَثْقَالًا مَّعَ
أَثْقَالِهِمْ، وَلِيَشْعَلَنَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ
عَمَّا كَانُوا يَفْتَرُونَ ⑮

Ruku 2

15. Era twatuma Nūhu eri abantu be, kale n'abeera mu bo emyaka lukumi nga oggyeeko emyaka amakumi ataano. Kale amataba negabazikiriza nga boonoonyi.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ فَلَبِثَ
فِيهِمْ أَلْفَ سَنَةٍ إِلَّا خَمْسِينَ
عَامًا فَأَخَذَهُمُ الطُّوفَانُ وَهُمْ
ظَالِمُونَ ⑯

16. Kale ye twamuwonya n'abantu *abaali* mu kyombo era kyo netukifuula akabonero eri abantu bonna.

فَأَنْجَيْنَاهُ وَأَصْحَابَ السَّفِينَةِ وَ
جَعَلْنَاهَا آيَةً لِلْعَالَمِينَ ⑰

17. Era awo Ibrāhīmu bwe yagamba abantu be nti: Musinze Allah era mumutye. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

وَأَبْرَاهِيمَ إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ اعْبُدُوا
اللَّهَ وَاتَّقُوهُ، ذُرِّيَّتُمْ حَيْرٌ لَّكُمْ إِنْ
كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ⑱

18. Mazima ebyo bye musinza ebbali wa Allah bifaananyi bifaananyi era mujingajinga bya bulimba. Mazima ebyo bye musinza ebbali wa Allah tebirina buyinza kubagabira *kintu kyonna*. Kale okugabirwa mukunoonyeze eri Allah yekka era gwe muba musinza era mu mwebaze; *kuba gy'ali*

إِنَّمَا تَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ أَوثَانًا
وَتَخْلُقُونَ إِفْكًا، إِنَّ الَّذِينَ
تَعْبُدُونَ مِن دُونِ اللَّهِ لَا يَمْلِكُونَ
لَكُمْ رِزْقًا فَابْتَغُوا عِنْدَ اللَّهِ
الرِّزْقَ وَاعْبُدُوهُ وَاشْكُرُوا لَهُ ⑲

gye mulizzibwa.

19. Naye bwe munaalimbisa *obubaka*, ddala n'emirembe egyabakulembere gyalimbisa *obubaka*. Naye Omubaka tavunaanyizibwa kirala okuggyako okutuusa *obubaka* mu lwaatu.

20. Abaffe, tebalaba nga Allah bw'atandika ekitonde n'oluvannyuma n'akiddamu? Mazima ekyo eri Allah kyangu nnyo.

21. Gamba nti: Mutambuleko mu nsi mulabe nga bwe yatandika okutonda, *ate* oluvannyuma era Allah y'alitandika okutonda okulala. * Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

22. Abonereza oyo gw'aba asalidde n'asaasira oyo gw'aba asiimye; era gy'ali gye mulizzibwa.

23. Era mmwe temuyinza kufufuggaza *niegeka za Allah* ku nsi wadde mu ggulu; era temulinayo mukuumi wadde omuyambi ebbali wa Allah.

Ruku 3

24. Era abo abatakkiriza bubonero bwa Allah n'okusisinkana naye, abo be baggwebwamu essuubi ku kusaasira kwange. Era abo be balifuna ekibonerezo ekirumya.

25. Naye okuddamu kw'abantu be tekwali kirala wabula baagamba nti: Mumutte oba mumwookye. Kale Allah n'amuwonya omuliro. Mazima mw'ekyo ddala mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

26. Era *Ibrāhīmu* yagamba nti: Mazima mutwala amasanamu *okuba bakatonda* mu kifo kya Allah olw'omukwano oguli wakati wammwe mu bulamu bw'ensi. Nate ku lunaku lw'okuzuukira mulyegaanagana

لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ تَرْجَعُونَ ﴿١٨﴾

وَأَن تَكْفُرُوا فَقَدْ كَذَّبْتُمْ مَنْ قَبْلِكُمْ وَمَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلْغُ الْمُبِينُ ﴿١٩﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا كَيْفَ يُبْدِئُ اللَّهُ الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ إِنَّ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿٢٠﴾

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَانظُرُوا كَيْفَ بَدَأَ الْخَلْقَ ثُمَّ اللَّهُ يُنشِئُ النَّشْأَةَ الْآخِرَةَ إِنَّ اللَّهَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٢١﴾

يُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ وَيَرْحَمُ مَنْ يَشَاءُ ۚ وَإِلَيْهِ تُقْلَبُونَ ﴿٢٢﴾

وَمَا أَنْتُمْ بِمُعْجِزِينَ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي السَّمَاءِ ۚ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ دُونِ رَبِّي وَلَا ناصِرٌ ﴿٢٣﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ وَ لِقَائِهِ ۖ أُولَٰئِكَ يَسْأَوْنَ رَحْمَتِي ۖ وَأُولَٰئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢٤﴾

فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ إِلَّا أَن قَالُوا اقْتُلُوهُ أَوْ حَرِّقُوهُ فَأَنجَاهُ اللَّهُ مِنَ النَّارِ ۚ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٢٥﴾

وَقَالَ إِنَّمَا اتَّخَذْتُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ أَوْثَانًا مَّوَدَّةَ بَيْنِكُمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۚ ثُمَّ يَوْمَ الْقِيَامَةِ يَكْفُرُ

29:21. Embooji eri mu Aya eno eri ne mu 53:48 mu bigambo ebirala. Wano waliwo 'Aakhirah' (أَخِرَّة) ate mu 53:48 mulimu 'Ukhraa' (أُخْرَى). Kyeraga kaati nti amakulu agava mu 'Aakhirah' (أَخِرَّة) ne 'Ukhraa' (أُخْرَى) galaga nti mu biseera byoomu maaso, Allah ajja kuleetayo ekitonde ekirala.

mwekka na mwekka, era mulikolimiragana mwekka na mwekka. Naye obutuulo bwammwe buliba muliro; era temuliba na bayambi.

27. Kale ye Lūti yamukkiriza. *Ibrāhīmu* n'agamba nti nze nsengukidde eri Mukama wange, kuba ddala Ye, ye Luwangula, Omugezi ennyo.

28. Era ne tumuwa Isihāka ne Ya'qūbu, netuteeka mu zzadde lye obwannabbi n'Ekitalo era netumuwa empeera ye ku nsi, era ddala ye ne ku nkomerero aliba mw'abo abatuukirivu.

29. Ne Lūti awo bwe yagamba abantu be nti: Mazima mmwe mukola eby'ekivve ebyo ebitakolwanga yenna mu bantu olubereberye lwammwe?

30. Abaffe, ddala mmwe mugenda eri basajja *bannammwe*, nemunyagisa n'amaanyi ku makubo ate nemukola n'ebitasaana mu nkung'aana zammwe? Naye tewaali kwanukula kwa bantu be *kulala* wabula baagamba nti: Tuleetere nno ekibonerezo kya Allah, obanga oli mu boogera amazima.

31. N'agamba nti: Mukama wange, nnyamba ku bantu aboonoonefu.

Ruku 4

32. Awo ababaka baffe bwe baatuuka eri *Ibrāhīmu* n'amawulire ag'essanyu, baagamba nti: Ddala tugenda kuzikiriza abantu b'omu kibuga kino; mazima abantu baamu boonooonefu.

33. *Ibrāhīmu* yagamba nti: Naye ddala mu kyo Lūti mw'abeera! Nebagamba nti: Abakirimu ffe tusinga okubamanya. Ddala ye tujja kumuwonya n'abantu be, okuggyako mukazi we; ye ali mw'abo ab'okusigalira.

34. Awo Ababaka baffe bwe bajja eri Lūti, yakeng'entererwa ku lwabwe nebamuyenjebula. Nebagamba nti: Totya era teweeralikirira. Mazima tujja kukuwonya

بَعْضُكُمْ بِبَعْضٍ وَيَلْعَنُ بَعْضُكُمْ
بَعْضًا زَوَّأُواكُمْ النَّارَ وَمَا لَكُمْ مِنْ
نُصْرِينَ ١٦

قَالَ مَنْ لَهُ لُوطٌ وَقَالَ إِنِّي مُهَاجِرٌ
إِلَى رَبِّي إِنَّهُ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ١٧

وَوَهَبْنَا لَهُ إِسْحَاقَ وَيَعْقُوبَ وَ
جَعَلْنَا فِي ذُرِّيَّتِهِ النُّبُوَّةَ وَالْكِتَابَ
وَأَتَيْنَاهُ آجْرَهُ فِي الدُّنْيَا وَرَأَيْنَاهُ
فِي الْآخِرَةِ لَمِنَ الصَّالِحِينَ ١٨

وَلُوطًا إِذْ قَالَ لِقَوْمِهِ إِنَّكُمْ لَتَأْتُونَ
الْفَاحِشَةَ مِمَّا سَبَقَكُمْ بِهَا مِنْ
أَحَدٍ مِنَ الْعَالَمِينَ ١٩

أَتَيْتُكُمْ لَتَأْتُونَ الرِّجَالَ وَتَقْطَعُونَ
السَّبِيلَ ۗ وَتَأْتُونَ فِي نَادِيكُمْ
الْمُنْكَرَ فَمَا كَانَ جَوَابَ قَوْمِهِ
إِلَّا أَنْ قَالُوا ائْتِنَا بِعَذَابِ اللَّهِ
إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ٢٠

قَالَ رَبِّ انصُرْنِي عَلَى الْقَوْمِ
المُفْسِدِينَ ٢١

وَلَمَّا جَاءَتْ رُسُلُنَا إِبْرَاهِيمَ
بِالْبُشْرَى قَالُوا إِنَّا مُهْلِكُوا أَهْلَ
هَذِهِ الْقَرْيَةِ إِنْ أَهْلَهَا كَانُوا
ظَالِمِينَ ٢٢

قَالَ إِن فِيهَا لُوطًا قَالُوا نَحْنُ أَعْلَمُ
بِمَنْ فِيهَا لَنَنْجِيَنَّاهُ وَأَهْلَهُ إِلَّا
أُمَّرَأَتَهُ ۗ إِنَّهَا مِنَ الْغَابِرِينَ ٢٣

وَلَمَّا أَنْ جَاءَتْ رُسُلُنَا لُوطًا سِجِّئًا
بِهِمْ وَضَاقَ بِهِمْ ذَرْعًا وَقَالُوا لَا
تَخَفْ وَلَا تَحْزَنْ ۗ إِنَّا مُنْجِيُونَ

n’abantu bo, okuggyako mukazi wo ali mw’abo abanaasigalira emabega.

وَأَهْلِكَ إِلَّا أَمْرَاتِكَ كَانَتْ مِنَ الْغَيْرِينَ ﴿٣٥﴾

35. Mazima tujja kussa ku bantu b’omu kibuga kino ekibonerezo ekiva mu ggulu olw’okubanga babadde bajeemu.

إِنَّا مُنْزِلُونَ عَلَىٰ أَهْلِ هَذِهِ الْقَرْيَةِ رِجْزًا مِنَ السَّمَاءِ بِمَا كَانُوا يَفْسُقُونَ ﴿٣٥﴾

36. Era ddala twaleka mu kyo akabonero ak’olwaatu ku lw’abantu abategeera.

وَلَقَدْ تَرَكْنَا مِنْهَا آيَةً بَيِّنَةً لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ﴿٣٦﴾

37. Era n’eri ab’e Madiyani *twatumayo* muganda waabwe Shu’aibu. Kale n’agamba nti: Abange, musinze Allah era musse omwoyo ku lunaku lw’enkomerero era temubanga aboononyi mu nsi nga mutabulatabula.

وَالِى مَدْيَنَ أَخَاهُمْ شُعَيْبًا فَقَالَ يَقُومُوا عِبَادَ اللَّهِ وَأَرْجُوا الْيَوْمَ الْآخِرَ وَلَا تَعْتُوا فِي الْأَرْضِ مُفْسِدِينَ ﴿٣٧﴾

38. Kale baamulimbisa. Naye oluvannyuma baakwatibwa musisi ow’akabi, enkeera nebaba nga beevuunise mu maka gaabwe.

فَكَذَّبُوهُ فَأَخَذَتْهُمُ الرَّجْفَةُ فَأَصْبَحُوا فِي دَارِهِمْ جِثْمِينَ ﴿٣٨﴾

39. Era *twazikiriza* aba ‘Ādi n’aba Thamūda era *ebyaafa* ku maka gaabwe mwabinnyonnyoka bulungi. Era Sitaani y’eyabalungiyiza ebikolwa byabwe kale n’abaziyiza eri ekkubo *ettuufu*, songa nno baali balabufu.

وَعَادًا وَثَمُودًا وَقَدْ تَبَيَّنَ لَكُمْ مِنْ مَسْجِدِهِمْ وَأَزْوَاجِهِمْ الشَّيْطَانُ أَعْمَالَهُمْ فَصَدَّهُمْ عَنِ السَّبِيلِ وَكَانُوا مُسْتَبْصِرِينَ ﴿٣٩﴾

40. *Twazikiriza* ne Qārūna ne Farawo ne Hamani. Era ddala Mūsa yajja gye bali n’obubonero obw’olwaatu, naye nebeekuluntaliza mu nsi; naye tebaasobola kutuyitako.

وَقَارُونَ وَفِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَلَقَدْ جَاءَهُمْ مُوسَىٰ بِالْبَيِّنَاتِ فَاسْتَكْبَرُوا فِي الْأَرْضِ وَمَا كَانُوا سَابِقِينَ ﴿٤٠﴾

41. Kale buli omu twamubonereza lwa bibi bye. Kale mu bo mulimu be twaweereza kikung’unta ow’omusenyu ow’akabi, ne mu bo mulimu abaabonerezebwa n’omuyaga oguwuluguma, era mu bo mulimu be twamizisa ensi, ne mu bo mulimu be twasaanyaawo. Naye Allah si y’eyabalyazaamaanya, wabula beryazaamaanya bokka.

فَكُلًّا أَخَذْنَا بِذُنُوبِهِمْ فَمِنْهُمْ مَن أَرْسَلْنَا عَلَيْهِ حَاصِبًا وَمِنْهُمْ مَّن مِّنْ أَخَذَتْهُ الصَّيْحَةُ وَمِنْهُمْ مَّن خَسَفْنَا بِهِ الْأَرْضَ وَمِنْهُمْ مَّنْ أَعْرَقْنَا وَمَا كَانَ اللَّهُ لِيظْلِمَهُمْ وَلَكِن كَانُوا أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ﴿٤١﴾

42. Enfaanana y’abo abeefunira abakuumi *abalala* ebbali wa Allah bafaanana ne nabbubi eyeekolera ennyumba. Naye mazima

مَثَلُ الَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ أَوْلِيَاءَ كَمَثَلِ الْعَنْكَبُوتِ عَلَىٰ

enju ensinga enju zonna obuyenjebufu, y'enju ya nabbubi, singa babadde bamanyi!

إِتَّخَذَتْ بَيْتًا وَ إِنْ أَوْهَنْ
الْبُيُوتِ لَبَيْتُ الْعَنْكَبُوتِ م
لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٤٣﴾

دقتلاره

43. Mazima Allah amanyi buli kimu kye baalaajanira ebbali we; era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا يُدْعُونَ مِنْ
دُونِهِ مِنْ شَيْءٍ وَ هُوَ الْعَزِيزُ
الْحَكِيمُ ﴿٤٣﴾

44. Era eby'okulabirako ebyo tubireetera abantu, naye tebabitegeera okuggyako abamanyi.

وَ تِلْكَ الْأَمْثَالُ نَضْرِبُهَا لِلنَّاسِ
وَ مَا يَعْقِلُهَا إِلَّا الْعَالِمُونَ ﴿٤٤﴾

45. Allah yatonda emigigi gy'eggulu n'ensi mu mazima. Mazima mw'ekyo ddala mulimu akabonero kanene eri abakkiriza.

خَلَقَ اللَّهُ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضَ
بِالْحَقِّ إِنْ فِي ذَلِكَ لَآيَةٌ
لِّلْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٥﴾

Juzu 21
Ruku 5

46. Soma ebyo ebyakubikkulirwa mu Kitabo era ojjumbirenga essaala. Mazima Essaala y'eziyiza ebyambyoone n'ebitasaana, era ddala okujjukira Allah ky'ekisinga byonna obukulu. Era bye mukola, Allah abimanyi.

أَتْلُ مَا أُوحِيَ إِلَيْكَ مِنَ الْكِتَابِ
وَ أَقِمِ الصَّلَاةَ إِنْ الصَّلَاةَ تَنهَى عَنِ
الْفَحْشَاءِ وَ الْمُنْكَرِ وَ لَذِكْرِ اللَّهِ أَكْبَرُ
وَ اللَّهُ يَعْلَمُ مَا تَصْتَعُونَ ﴿٤٦﴾

عقبتا

47. Era temuwakananga n'abantu b'Ekitabo wabula n'ekyo ekisinga obulungi; naye abo abakyaamu mu bo, temuwakaniranga ddala nabo. Era mugambe nti: Tukkiriza ebyo ebyassibwa gye tuli n'ebyasibwa gye muli, era Omusinzi bwa waffe n'Omusinzi bwa wammwe ali Omu yekka era ffe tuli bajeemulukufu gy'ali.

وَ لَا تُجَادِلُوا أَهْلَ الْكِتَابِ إِلَّا بِالَّتِي هِيَ
أَحْسَنُ سِوَا الَّذِيْنَ ظَلَمُوا مِنْهُمْ
وَ قُولُوا أَمَّا بِالَّذِيْ أُنزِلَ إِلَيْنَا
أُنزِلَ إِلَيْكُمْ وَ الْهُنَاءِ وَ الْهُكْمِ وَاحِدٌ
نَحْنُ لَهُ مُسْلِمُونَ ﴿٤٧﴾

48. Na bwe kityo, twassa gy'oli Ekitabo Kur'ani. Kale abo be twawa Ekitabo bakikkiriza ; era ne mu bano mulimu abakikkiriza. Era tewali agaana Aya zaffe mu bugenderevu okuggyako abeerema.

وَ كَذَلِكَ أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ
فَالَّذِينَ آتَيْنَهُمُ الْكِتَابَ يُؤْمِنُونَ
بِهِ وَ مِنْ هَؤُلَاءِ مَنْ يُؤْمِنُ بِهِ وَ مَا
يَجْحَدُ بِآيَاتِنَا إِلَّا الْكٰفِرُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era olubereberye lwa kyo tewasomako kitabo kyonna wadde tewakiwandiika na mukono gwo ogwa ddyo. Singa kyali kityo, olwo nno abalimbisa lwe baalibaddemu enkenyera.

وَ مَا كُنْتَ تَتْلُو مِنْ قَبْلِهِ مِنْ كِتَابٍ
وَ لَا تَخْطُهُ بِيَمِينِكَ إِذًا لَّآزْرَابٍ
الْمُبْطَلُونَ ﴿٤٩﴾

50. Wabula yo Kur'ani kwe kulabula okw'olwaatu okuli mu mitima gy'abo abaaweebwa okumanya. Era tewali agaana

بَلْ هُوَ آيَاتُ بَيِّنَاتٍ فِي صُدُورِ الَّذِينَ
أُوتُوا الْحِكْمَ وَ مَا يَجْحَدُ بِآيَاتِنَا إِلَّا

mu bugenderevu kulabula kwaffe okuguyako abakozi b'ebibi.

51. Era baagamba nti: Lwaki tassizibwa bubonero okuva eri Mukama we? Gamba nti: Ddala obubonero buli eri Allah, naye ddala nze ndi mulabuzi ow'olwaatu.

52. Abaffe, tekibamala okulaba nti ddala ffe twassa gy'oli Ekitabo ekibasomerwa? Mazima mu kyo ddala mulimu okusaasira n'okubuulirira eri abantu abakkiriza.

Ruku 6

53. Gamba nti: Allah amala okuba omujulizi wakati wange nammwe. Y'amanyi byonna ebiri mu ggulu ne mu nsi. Naye abo abakkiriza eby'obulimba nebeegaana Allah, abo be b'okufaafaaganirwa.

54. Era bakusaba okwanguyako ekibonerezo. Naye singa si kiseera ekyagerekebwa, mazima ekibonerezo kyaalibatuuseeko. Era ddala kiribatuukako kibwatukira nga tebategedde.

55. Bakusaba okwanguyaako ekibonerezo; naye mazima ddala Jahannamu eryebungulula abatakkiriza,

56. Ku lunaku ekibonerezo lwe kiribasanikira nga kiva waggulu waabwe ne wansi w'ebigere byabwe, era Allah aligamba nti: Kale mulege ku bivudde mw'ebyo bye mwakolanga.

57. Abange mmwe abaweereza bange abakkiriza, mazima ensi yange ngazi nnyo, kale musinze Nze nzekka.

58. Buli mwoyo gwa kulega ku kufa; n'oluvannyuma gye tuli gye mulizzibwa.

59. Era abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, mazima tulibabeeza mu bisenge mu Janna ekulukutamu emigga wansi wa yo, omwo mwe balibeera. Empeera y'abakozi b'ebirungi si nnungi ggero,

الظالمُونَ ﴿٥١﴾

وَقَالُوا لَوْلَا أُنزِلَ عَلَيْنَا آيَاتٌ مِّن رَّبِّهِمْ قُلْ إِنَّمَا الْآيَاتُ عِندَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٥١﴾

أَوَلَمْ يَكْفِهِمْ أَنَّا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ يُشَلَّىٰ عَلَيْهِمْ ءِإِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَرَحْمَةً وَذِكْرَىٰ لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٢﴾

قُلْ كَفَىٰ بِاللَّهِ بَيْنِي وَبَيْنَكُمْ شَهِيدًا ۖ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَٱلْأَرْضِ ۗ وَٱلَّذِينَ آمَنُوا بِٱلْبَاطِلِ وَكَفَرُوا بِٱللَّهِ ۗ أُولَٰئِكَ هُمُ ٱلْخٰسِرُونَ ﴿٥٣﴾

وَيَسْتَعْجِلُونَكَ بِٱلْعَذَابِ ۗ وَلَوْلَا أَجَلَ مُّسَمًّى لَّجَآءَ هُمُ ٱلْعَذَابِ ۗ وَلَيَأْتِيَنَّهُمْ بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿٥٤﴾

يَسْتَعْجِلُونَكَ بِٱلْعَذَابِ ۗ وَإِنَّ جَهَنَّمَ لَمُحِيطَةٌ بِٱلْكَافِرِينَ ﴿٥٥﴾

يَوْمَ يَخْسَهُمُ ٱلْعَذَابُ مِّن فَوْقِهِمْ وَمِن تَحْتِ آرْجُلِهِمْ وَيَقُولُ دُوۡقُوا مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٥٦﴾

يٰۤعِبَادِىَ ٱلَّذِينَ آمَنُوا ۗ إِنَّ أَرْضِىَ وَاسِعَةٌ فَيَأْتِي فَاَعْبُدُونِ ﴿٥٧﴾

كُلُّ نَفْسٍ ذَٰئِقَةٌ لِّلْمَوْتِ ۗ ثُمَّ إِلَيْنَا تُرْجَعُونَ ﴿٥٨﴾

وَٱلَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحٰتِ لَنُبَوِّئَنَّهُم مِّنَ ٱلْجَنَّةِ عُرْشًا تَجْرِي مِن تَحْتِهَا ٱلْأَنْهَارُ ۖ خٰلِدِينَ فِيهَا ۗ نِعْمَ أَجْرُ ٱلْعٰمِلِينَ ﴿٥٩﴾

60. Abo abagumiikiriza era abassa obwesige bwabwe mu Mukama waabwe. **الَّذِينَ صَبَرُوا وَعَلَىٰ رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ﴿٦٠﴾**

61. Ye ebiramu bimeka ebitetikka bya kulya bya byo ! Allah abigabula era nammwe bw'atyo. Era Ye y'Awulira byonna, y'Amanyi byonna. **وَكَايْنٍ مِّنْ دَابَّةٍ لَا تَحْمِلُ رِزْقَهَا ۗ وَاللَّهُ يَبْزُقُهَا وَإِيَّاكُمْ ۗ وَهُوَ السَّمِيعُ الْعَلِيمُ ﴿٦١﴾**

62. Era bw'obabuza nti: Ani yatonda emigigi gy'eggulu n'ensi era n'assa enjuba n'omwezi ku kuweereza? Ddala bajja kugamba nti: Allah. Kale ate olwo bawugulwa batya? **وَلَيْسَ سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ لِيَقُولَنَّ اللَّهُ ۗ فَإِنِ يُوَفَّكَوْنُ ﴿٦٢﴾**

63. Allah y'ayanjululiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde mu baweereza be era y'abimukendeereza. Mazima Allah y'amanyi buli kimu. **اللَّهُ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ يَشَاءُ مِنْ عِبَادِهِ ۗ وَيَقْدِرُ لَهُ ۗ إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿٦٣﴾**

64. Era bw'obabuza nti: Ani atonyesa amazzi okuva mu bire n'agalamusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo ? Ddala bajja kugamba nti: Allah. Gamba nti: Amatendo gonna ga Allah. Naye abasinga obungi mu bo tebategeera. **وَلَيْسَ سَأَلْتَهُمْ مَنْ تَزَّلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَحْيَا بِهِ الْأَرْضَ مِنْ بَعْدِ مَوْتِهَا لِيَقُولَنَّ اللَّهُ ۗ قُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ ۗ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْقِلُونَ ﴿٦٤﴾**

Ruku 7

65. Era obulamu bw'ensi buno si kirala wabula kwegayaaza na kuzannya. Naye ddala amaka g'enkomerero — go bwe bulamu obwa nnamaddala, singa babadde bamanyi. **وَمَا هَذِهِ الْحَيَوةُ الدُّنْيَا إِلَّا لَهُوَ ۗ وَلَعِبٌ ۗ وَإِنَّ الدَّارَ الْآخِرَةَ لَهِيَ الْحَيَوَانُ ۗ لَكُونُوا يَعْلَمُونَ ﴿٦٥﴾**

66. Kale bwe basaabala mu kyombo nekitabuka, balaajanira Allah ng'olwo bamalirivu mu kukkiririza mu Ye. Naye bw'abawonya nebatuuka ku lukalu, amangu ago nga bamwenkanya n'ebirala, **فَإِذَا رَجبُوا فِي الْفُلْكِ دَعَا اللَّهُ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ ۗ فَلَمَّا نَجَّسَهُم إِلَى الْبِرَادِ أَهُم بِشِرْكُونَ ﴿٦٦﴾**

67. Mbu balyooke beegaane ebyo bye twabawa era mbu balyooke beesanyusemu katono. Naye mangu nnyo bajja kumanya. **لِيَكْفُرُوا بِمَا آمَنَتْهُمْ ۗ وَلِيُتَمَتَّعُوا ۗ فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ ﴿٦٧﴾**

68. Abaffe, tebalaba nga bwe twafuula ekifo ekitukuvu (Makkah) okuba eky'emirembe, so nga abantu ababeetoolodde basikambulwa? Abaffe, eby'obulimba bye bakkiriza, naye ebyengera bya Allah nebabigaana? **أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا جَعَلْنَا حَرَمًا مَّأْمُورًا ۗ يَتَخَطَّفُ النَّاسُ مِنْ حَوْلِهِمْ ۗ أَفِيَالْبَاطِلِ يُؤْمِنُونَ ۗ وَبِعِزْمَةِ اللَّهِ يَخْفَرُونَ ﴿٦٨﴾**

69. Ye ani asinga obujoozi kw'oyo akonjera Allah eby'obulimba oba alimbisa amazima nga gamutuuseeko? Abaffe, mu Jahannamu temuliimu maka ga beerema? **وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ۗ أَوْ كَذَّبَ بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُ ۗ أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ مَثْوًى لِّلْكَافِرِينَ ﴿٦٩﴾**

70. Era abo abanatakabananga ku lwaffe, naffe ddala tunaabalung'amizanga mu makubo gaffe. Era ddala Allah ali wamu n'abakozi b'ebirungi.

وَالَّذِينَ جَاءُوا هُدًى وَافِينَا لَنَهْدِيَنَّهُمْ
 سُبُلَنَا وَإِنَّ اللَّهَ لَمَعَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٧٠﴾

AL-RŪM

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Alif Lām Mīm*.

3. Abarooma bawanguddwa,

4. Mu nsi ey'okumpi, naye ate nabo oluvannyuma lw'okuwangulwa kwabwe, bajja kuwangula

5. Mu myaka mpawegizira. Ekiragiro eky'olubereberye n'ekyoluvannyuma bya Allah. Era kw'olwo abakkiriza balijaganya

6. Olw'obuyambi bwa Allah ayamba oyo gw'aba ayagadde; era Ye ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

7. Ekyo kisuubizo kya Allah. Allah tamenya kisuubizo kye, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

8. Bamanyi ebyo byokka eby'olwaatu mu bulamu bw'oku nsi, naye eby'enkomerero tebabifaako.

9. Abaffe, tebafumiitirizaako mu myoyo gyabwe nti Allah teyatonda ggulu na nsi n'ebiri wakati wa byombi wabula Iwa nsonga n'ekiseera ekigere? Naye ddala bangi mu bantu eky'okusisinkana ne Mukama waabwe tebakikiriza.

10. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaabasooka nga bwe yali? Baali babasinga nnyo amaanyi era baalimanga ensi era nebabuna mu yo okusinga ne bano bwe bagibunyeemu, n'Abatume baabwe bajja gye bali n'obubonero obw'olwaatu. Naye Allah teyabalyazaamaanya, wabula beryazaamaanya bokka.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الْمِيمُ ①

عُلِبَّتِ الرَّؤُومُ ②

فِي آدَى الْأَرْضِ وَهُمْ مِنْ بَعْدِ عَلَيْهِمْ سَيَغْلِبُونَ ④

فِي بَضْعِ سِنِينَ هَذَا الْأَمْرُ مِنْ قَبْلُ وَ مِنْ بَعْدِهِ وَ يَوْمَئِذٍ يَفْرَحُ الْمُؤْمِنُونَ ⑤

يَنْصُرُ اللَّهُ يَنْصُرُ مَنْ يَشَاءُ وَ هُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ⑥

وَ عَدَا اللَّهُ لَا يُخْلِفُ اللَّهُ وَعْدَهُ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ⑦

يَعْلَمُونَ ظَاهِرًا مِنَ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ هُمْ عَنِ الْآخِرَةِ هُمْ غٰفِلُونَ ⑧

أَوَلَمْ يَتَفَكَّرُوا فِي أَنفُسِهِمْ مَا خَلَقَ اللَّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَ أَجَلٍ مُّسَمًّى وَ إِنَّا كٰثِرِينَ ⑨

مِنَ النَّاسِ يَلْقَأُ رَبَّهُمْ لٰكْفُرُونَ ⑩

أَوَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ ⑪

كَانُوا أَشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَ آتَّارُوا الْأَرْضَ وَ عَمَرُوهَا أَكْثَرَ مِنْهَا عَمَرُوهَا وَ جَاءَتْهُمْ رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ ⑫

فَمَا كَانَ اللَّهُ لِيَظْلِمَهُمْ وَ لَكِن كَانُوا أَنفُسَهُمْ يَظْلِمُونَ ⑬

11. N’oluvannyuma enkomerero y’abo abaakola ebibi yali mbi nnyo olw’okubanga baalimbisanga obubonero bwa Allah, era baabujereganga.

Ruku 2

12. Allah y’atandika ekitonde era y’akiddamu, n’oluvannyuma gy’ali gye mulizzibwa.

13. Era olunaku Essaawa lw’erituuka, aboononyi baligweebwamu essuubi.

14. Era tebaliba na bawolereza okuva mu *bakatonda baabwe* be benkanya ne Allah era balyegaana *bakatonda baabwe* be benkanyanga ne Allah.

15. Era olunaku Essaawa lw’erituuka, kw’olwo balyawukanamu.

16. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi, kale be baliba mu nmiro nga basanyusibwa *mu kitiibwa*.

17. Era abo abatakkiriza era abalimbisa Aya zaffe n’okusisinkana kw’enkomerero, kale abo be balireetebwa eri ekibonerezo.

18. Kale mugulumizenga Allah awo nga buwungeera n’awo nga bubakeerera.

19. Era y’alina amatendo gonna mu ggulu ne mu nsi era *mumutenderezenga* olw’eggulo n’awo nga muli mu kiseera enjuba w’ekkiririra.

20. Y’aggya ekiramu mu kifu era y’aggya ekifu mu kiramu era y’alamusa ensi oluvannyuma lw’okufa kwa yo. Bwe mutyo nno nammwe bwe muliggyibwayo.

Ruku 3

21. Era ne mu bubonero bwe, kwe kuba nti yabatonda mu taka, nate okwejuukiriza nga muli bantu abasaasaanye *wonna*.

22. Era ne mu bubonero bwe, kwe kuba nti yabatondera be mufumbiriganwa nabo nga bava mu mmwe, mulyooke mufune obutebenkevu mu bo, era n’assa okwagalana n’okusaasiragana wakati wammwe. Mazima mw’ebyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza.

ثُمَّ كَانَ عَاقِبَةَ الَّذِينَ أَسَاءُوا السُّؤَىٰ أَن كَذَّبُوا بِآيَاتِ اللَّهِ وَكَانُوا بِهَا يَسْتَهْزِءُونَ ﴿١١﴾

اللَّهُ يَبْدَأُ الْخَلْقَ ثُمَّ يُعِيدُهُ ثُمَّ إِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿١٢﴾

وَ يَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُبْلِسُ الْمُجْرِمُونَ ﴿١٣﴾

وَلَمْ يَكُن لَّهُمْ مِّنْ شُرَكَائِهِمْ شُفَعَاءُ وَكَانُوا بِشُرَكَائِهِمْ كَافِرِينَ ﴿١٤﴾

وَ يَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُؤْمِدُ يُتَفَرَّقُونَ ﴿١٥﴾

فَأَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَهُمْ فِي رَوْضَةٍ يُحْبَرُونَ ﴿١٦﴾

وَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا وَ لِقَاءِ الْآخِرَةِ فَأُولَٰئِكَ فِي الْعَذَابِ مُحْضَرُونَ ﴿١٧﴾

فَسُبْحَانَ اللَّهِ حِينَ تُمْسُونَ وَ حِينَ تُصْبِحُونَ ﴿١٨﴾

وَلَهُ الْحَمْدُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ عَشِيًّا وَ حِينَ تُظْهِرُونَ ﴿١٩﴾

يُخْرِجُ الْحَيَّ مِنَ الْمَيِّتِ وَ يُخْرِجُ الْمَيِّتَ مِنَ الْحَيِّ وَ يُحْيِي الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَ كَذَٰلِكَ تُخْرَجُونَ ﴿٢٠﴾

وَ مِنْ آيَاتِهِ أَن خَلَقَكُمْ مِّنْ تُرَابٍ ثُمَّ إِذَا أَنْتُمْ بَشَرٌ تَنْتَشِرُونَ ﴿٢١﴾

وَ مِنْ آيَاتِهِ أَن خَلَقَ لَكُمْ مِنْ أَنْفُسِكُمْ أَزْوَاجًا لِتَسْكُنُوا إِلَيْهَا وَ جَعَلَ بَيْنَكُمْ مَوَدَّةً وَ رَحْمَةً إِنَّ فِي ذَٰلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٢٢﴾

23. Ne mu bubonero bwe *mwe muli* okutondebwa *kw'emigigi* gy'eggulu n'ensi, n'okwawulayawula ennimi zammwe ne langi zammwe. Mazima mw'ebyo ddala mulimu obubonero eri abalina okumanya.

24. *N'akamu* mu bubonero bwe, kwe kwebaka kwammwe ekiro n'emisana, n'okunoonya kwammwe emikisa gye. Mazima mw'ebyo ddala mulimu obubonero eri abantu abawulira.

25. *N'akamu* mu bubonero bwe, abalaga okumyansa *kw'eggulu okuleeta* entiisa n'essuubi, era y'atonyesa amazzi okuva mu bire n'agalamusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima mw'ebyo ddala mulimu obubonero eri abantu abategeera.

26. *N'akamu* mu bubonero bwe, kwe kuyimirirawo kw'eggulu n'ensi olw'okulagira kwe. N'oluvannyuma bw'alibakoowoola olukoowoola okuva mu nsi, okwejuukiriza nga muvuddeyo.

27. Era *bonna* abali mu *migigi* gy'eggulu n'ensi babe. Era *bonna* Ye gwe bagondera.

28. Era Ye y'atandika okutonda n'oluvannyuma n'akudding'ana, era ekyo kyangu bulala gy'ali. Era ye Nannyini kitiibwa ekisukkirivu ennyo mu ggulu ne mu nsi; era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

Ruku 4

29. *Allah* abalectedde eky'okulabirako ekiri ku mmwe bennyini. Abaffe, mulinayo yenna mw'abo abali mu buyinza bwammwe be mwenkanyankanya nabo *obuyinza* mw'ebyo bye twabawa era nemwenkanankanira ddala *nabo* mu byo *era* nemubatya nga bwe mutyang'ana mmwe bennyinni? Bwe tutyo nno bwe tunnyonyola obubonero bwaffe eri abantu abategeera.

30. Naye abo abakyaamu bagoberera kwagala kwabwe awatali kumanya kwonna. Kale ani ayinza okulung'anya oyo Allah gw'asalidde nti abuze? Era tebalifunayo bayambi.

وَمِن آيَاتِهِ خَلْقَ السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ
وَاجْتِلَاءَ فُ السِّنِّتِكُمْ وَالْوَالِدِكُمْ إِنَّ فِي
ذَلِكَ لآيَاتٍ لِلْعَالِمِينَ ﴿٣٣﴾

وَمِن آيَاتِهِ مَنَّا مَكْمُ بِالْتَيْلِ وَالْتَهَارِ
وَاجْتِلَاءَ كُمْ مِّن فَضْلِهِ إِنَّ فِي
ذَلِكَ لآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَّسْمَعُونَ ﴿٣٤﴾

وَمِن آيَاتِهِ يُرِيكُمُ الْبَرْقَ خَوْفًا وَ
طَمَعًا وَيُنزِلُ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً
فِيخْطِي بِهِ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا إِنَّ فِي
ذَلِكَ لآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَّعْقِلُونَ ﴿٣٥﴾

وَمِن آيَاتِهِ أَنْ تَقُومَ السَّمَاءُ وَ
الْأَرْضُ بِأَمْرِهِ ثُمَّ إِذَا دَعَاكُمُ
دَعْوَةً مِّنَ الْأَرْضِ إِذَا أَنْتُمْ
تَخْرُجُونَ ﴿٣٦﴾

وَلَهُ مَن فِي السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ كُلُّ
لَهُ قَانِتُونَ ﴿٣٧﴾

وَهُوَ الَّذِي يَبْدَأُ الْخَلْقَ ثُمَّ
يُعِيدُهُ وَهُوَ أَهْوَنُ عَلَيْهِ وَ لَهُ
الْمَثَلُ الْأَعْلَى فِي السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٣٨﴾

صَرَبَ لَكُمْ مَثَلًا مِّنْ أَنفُسِكُمْ
هَلْ لَكُمْ مِّنْ مَّا مَلَكَتْ أَيْمَانُكُمْ
مِّنْ شُرَكَاءَ فِي مَّا رَزَقْنَاكُمْ
فَأَنْتُمْ فِيهِ سَوَاءٌ بَخَّافُوتَهُمْ
كَخِيفَتِكُمْ أَنفُسَكُمْ كَذَلِكَ نُفَصِّلُ
الْآيَاتِ لِقَوْمٍ يَّعْقِلُونَ ﴿٣٩﴾

بَلِ اتَّبَعَ الَّذِينَ ظَلَمُوا أَهْوَاءَهُمْ
بِغَيْرِ عِلْمٍ فَمَنْ يَهْدِي مَنْ أَضَلَّ
اللَّهُ وَمَا لَهُمْ مِّنْ مُّصْرِينَ ﴿٤٠﴾

31. Kale ssanga nnyo omwoyo gwo ku ddiini nga oli mwesimbu *ku mazima, nga ogoberera* obuwangwa bwa Allah* obwo kwe yatondera abantu. Tewali kukuukakyuuka mu ntonda ya Allah. Eyo y'eddiini ennesimbu *ekubiriza n'endala okuba ennesimbu*. Naye era abasinga obungi mu bantu tebamanyi.

فَأَقِمْ وَجْهَكَ لِلدِّينِ حَنِيفًا فِطْرَتَ
اللَّهِ الَّتِي فَطَرَ النَّاسَ عَلَيْهَا لَا تَبْدِيلَ
لِرِخْلِقِ اللَّهِ ذَٰلِكَ الدِّينُ الْقَيِّمُ ؕ
وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣١﴾

32. *Mwenna* mubeere betoowaze gy'ali era mumutye era mujjumbirenga essaala era temubeeranga mw'abo abenkanya ebirala ne Allah —

مُنِيبِينَ إِلَيْهِ وَاتَّقُوهُ وَأَقِيمُوا
الصَّلَاةَ وَلَا تَكُونُوا مِنَ الْمُشْرِكِينَ ﴿٣٢﴾

33. Mw'abo abaayawulayawula mu ddiini yaabwe nebaba mu bubiiabiina; buli kabiina nga kasanyukira ebyo bye kalina.

مِنَ الَّذِينَ فَرَّقُوا دِينَهُمْ وَكَانُوا
شِعْبًا كُلًّا بِحُزْبٍ ۚ بِمَا لَدَيْهِمْ
فَرِحُونَ ﴿٣٣﴾

34. Era abantu bwe batuukibwako obuzibu, olwo balaajanira Mukama waabwe nga beetoowaze gy'ali. Naye bw'abaloza ku kusaasira okuva gy'ali, okwejjukiriza nga abamu mu bo *benkanyizza* Mukama waabwe n'ebirala,

وَإِذَا مَسَّ النَّاسَ ضُرٌّ دَعَا رَبَّهُمْ
مُنِيبِينَ إِلَيْهِ ثُمَّ إِذَا آذَاهُمْ مِنْهُ
رَحْمَةً إِذَا فَرِيقٌ مِنْهُمْ بِرَبِّهِمْ
يُشْرِكُونَ ﴿٣٤﴾

35. N'ekivaamu beegaana bye twabawa. Kale ggwe mweyagaleko, naye mangu nnyo mujja kumanya.

لِيَكْفُرُوا بِمَا آتَيْنَهُمْ فَتَمْتَعُوا بِهِ
فَسَوْفَ تَعْلَمُونَ ﴿٣٥﴾

36. Abaffe, twabassizaawo obukakafu nga bwogera kw'ebyo bye benkanya naye?

أَمْ أَنْزَلْنَا عَلَيْهِمْ سُلْطَانًا فَهُوَ
يَتَكَلَّمُ بِمَا كَانُوا بِهِ يُشْرِكُونَ ﴿٣٦﴾

37. Era bwe tuloza abantu ku kusaasira, bakusanyukira nnyo. Naye bwe batuukibwako akabi olw'ebyo emikono gyabwe *gyennyini* bye gyakulembeza, okwejjukiriza nga baterebuse.

وَإِذَا آذَقْنَا النَّاسَ رَحْمَةً فَرِحُوا بِهَا
وَإِن تُصِيبْهُمْ سَيْئَةٌ بِمَا قَدَّمَتْ
أَيْدِيهِمْ إِذَا هُمْ يَقْنَطُونَ ﴿٣٧﴾

38. Abaffe, tebalaba nga Allah bw'agaziyiza ebigabibwa eri oyo gw'aba ayagadde era n'abikendeereza *oyo gw'aba ayagadde?* Mazima mw'ekyo ddala mulimu obubonero eri abantu abakkiriza.

أَوْ لَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ
لِمَن يَشَاءُ وَيَقْدِرُ ۗ إِنَّ فِي ذَٰلِكَ
لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٣٨﴾

39. Kale wa owuwo ekituukana naye, n'omunkuseere, n'omutambuze. Ekyo ky'ekisinga obulungi eri abo abanoonya okusimwa Allah era abo be b'okuganyulwa.

قَاتِ ذَا الْقُرْبَىٰ حَقَّهُ وَالْمِسْكِينَ
وَأَمِّن السَّبِيلِ ۗ ذَٰلِكَ خَيْرٌ لِّلَّذِينَ
يُرِيدُونَ وَجْهَ اللَّهِ وَأُولَٰئِكَ هُمُ

30:31. Obuwangwa bwa Allah obwogerwako wano ge matendo ge amakula. Mu Aya eno kyeraga kaati nti omuntu asobola okukoppa n'okugeegeenya agamu ku amatendo gano ng'agooleseza mu bikolwa, era eno y'engeri ennyangu esobozesa omuntu okukulaakulana mu by'omwoyo amangu. Ebitonde ebirala tebirina busobozi obwo. Kino kitegeeza nti tekisoboka eri omuntu okusembera eri Katonda awatali kukoppa matendo ge amakula.

40. Era *ensimbi zonna* ze mutoola ng'e-
nkizo nti zongere ku bugagga bw'abantu,
mu maaso ga Allah tebweyerongerako. Naye
zaka yonna gye mutoola nga munoonya
okusiimwa Allah, kale *abagitoola* be
beeyongera *okugaggawala*.

41. Allah y'Oyo eyabatonda n'oluvannyu-
ma n'abagabula n'oluvannyuma y'alibafiisa
nate era y'alibazuukiza. Abaffe, waliwo mu
bakatonda bammwe *abo* be mumwenkanya
nabo naye ayinza okukola kyonna kw'ebyo?
Obutuukirivu bubwe, era ali waggulu nnyo
n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

Ruku 5

42. Ebyambyoone bimaze okweyoleka ku
lukalu ne ku nnyanja olw'ebyo emikono
gy'abantu bye gikola, Allah ky'anaava
abalaza ku *kibonerezo* olw'ebimu kw'ebyo
bye bakola, balyooke beddemu.

43. Gamba nti: Mutambuleko mu nsi
mulabe enkomerero y'abo abaasooka nga
bwe yali. Abasinga obungi mu bo baali
benkanya Allah n'ebirala.

44. Kale ssanga nnyo omwoyo gwo ku
ddiini ennesimbu nga olunaku olutaliiko
kuziyizibwa ku Allah terunnatuuka. Ku
lunaku olwo *abakkiriza n'abatakkiriza*
balyeyawulamu.

45. Oyo atakkiriza, *obubi bw'obutakkiriza*
bwe buba ku ye, n'abo abakola ebirungi,
kale emyoyo gyabwe gye bategekera
ebirungi.

46. *Kiba kityo*, Allah alyooke اساسule abo
abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi,
ku mikisa gye. Mazima Ye tayagala beerema.

47. *N'akamu* ku bubonero bwe, aweereza
empewo eziwa amawulire ag'essanyu, era
alyooke abaloze ku kusaasira kwe,
n'ebyombo biryooke biseeyeeye olw'oku-
lagira kwe, era mulyooke munoonye ku
mikisa gye, era mulyooke mwebaze.

48. Era ddala n'olubereberye lwo twatuma
Ababaka eri abantu baabwe, nebabaleetera
n'obubonero obw'olwaatu, kale

المُفْرِحُونَ ﴿٣٩﴾

وَمَا آتَيْتُم مِّن رَّبِّا لَّيْزُبُوا فِي أَمْوَالِ
النَّاسِ فَلَا يَزُبُوا عِنْدَ اللَّهِ وَ مَا
آتَيْتُم مِّن زَكْوَةٍ تَرِيدُونَ وَجَهَ
اللَّهُ فَأُولَئِكَ هُمُ الْمُضْعِفُونَ ﴿٤٠﴾

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ ثُمَّ رَزَقَكُمْ ثُمَّ
يُمِيتُكُمْ ثُمَّ يُحْيِيكُمْ هَلْ مِنْ
شُرَكَائِكُمْ مَن يَفْعَلُ مِنْ ذَلِكُمْ مَن
شَيْءٍ سُبْحٰنَهُ وَتَعَلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٤١﴾

ظَهَرَ الْفَسَادُ فِي الْبَرِّ وَ الْبَحْرِ يَمَا
كَسَبَتْ آيِدِي النَّاسِ لِيُذِيقَهُمْ
بِخُسِّ الَّذِي عَمِلُوا لَعَلَّهُمْ
يَرْجِعُونَ ﴿٤٢﴾

قُلْ سِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَانظُرُوا
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلُ
كَانَ أَكْثَرُهُمْ مُشْرِكِينَ ﴿٤٣﴾

فَاقْمِ وُجْهَكَ لِلدِّينِ الْقَيِّمِ مِنْ قَبْلِ
أَنْ يَأْتِيَ يَوْمًا لَا مَرَدَّ لَهُ مِنَ اللَّهِ
يَوْمَئِذٍ يَصْدَعُونَ ﴿٤٤﴾

مَنْ كَفَرَ فَعَلَيْهِ كُفْرُهُ وَ مَنْ عَمِلَ
صَالِحًا فَلَا نَفْسَهُمْ يَمْهَدُونَ ﴿٤٥﴾

لِيَجْزِيَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
مِنْ فَضْلِهِ إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الْكُفْرِينَ ﴿٤٦﴾

وَ مِنْ آيَاتِهِ أَنْ يُرْسِلَ الرِّيَّاحَ
مُبَشِّرَاتٍ وَ لِيُذِيقَكُمْ مِنْ رَحْمَتِهِ وَ
لِتَجْرِيَ الْفُلُكُ بِأَمْرِهِ وَ لِتَبْتَغُوا
مِنْ فَضْلِهِ وَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿٤٧﴾

وَ لَقَدْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ رُسُلًا إِلَىٰ
قَوْمِهِمْ فَجَاءَهُمْ بِآيَاتِنَا

netubonereza abo abaakola ebibi. Era kyaali kikakafu ku Ffe okuyamba abakkiriza.

49. Allah y'Oyo atuma empewo nezi-saasaanya ebire. Kale abibunya mu bbanga nga bw'aba ayagadde era n'abyanja mu migigi, olwo n'olyooka olaba enkuba bw'eva wakati wa byo. Kale bw'agituusa kw'abo b'aba ayagadde mu baweereza be, okwejjuukiriza nga bajaganya,

50. Nawaakubadde nga olubereberye lwa yo nga tennabatonnyesezebwa baali baterebuse.

51. Kale tunulako eri obubonero bw'oku-saasira kwa Allah: *Laba* nga bw'azuukiza ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima ddala Oyo ye Muzuukiza w'abafu era y'alina obuyinza ku buli kimu.

52. Era ne bwe tuweereza empewo *ebisimbe byabwe* nebabiraba nga bya kyenvu, era oluvannyuma lw'ekyo basigala nga tabakkiriza.

53. Kale ddala ggwe toyinza kuwuliza bafu era toyinza kuwuliza bakiggala n'okukoowoola, bwe baba nga bakyuuse okudda emabega.

54. Era ggwe toyinza kulung'amyamba bamuzibe nebava mu bubuze bwabwe. Ggwe towuliza yenna okuggyako abo abakkiriza Aya zaffe era nga bajeemulukufu.

Ruku 6

55. Allah y'Oyo eyabatonda mu bunafu, n'oluvannyuma lw'obunafu n'abawa amaanyi, n'oluvannyuma lw'amaanyi n'aleeta nate obunafu n'obukadde. Atonda nga bw'aba ayagadde. Era ye Mumanyi wa byonna, Ow'obuyinza ennyo.

56. Era olunaku Essaawa lw'erituuka, aboononyi balirayira nti tebaawangaala okuggyako essaawa emu. Bwe batyo nno bwe bawugulwa.

57. Naye abo abaawebwa okumanya n'obukkiriza baligamba nti: *Okusinziira* mu Kitabo kya Allah, mwawangaala okutuusa

فَاتَّقِمْنَا مِنَ الَّذِينَ أَجْرُ مَوَاطِنَ
كَانَ حَقًّا عَلَيْنَا نَصْرَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٤٩﴾
اللَّهُ الَّذِي يُرْسِلُ الرِّيحَ فَتُثِيرُ
سَحَابًا فَأَبْسُطُهُ فِي السَّمَاءِ كَيْفَ يَشَاءُ
وَيَجْعَلُهُ كَسْفًا فَتَرَى الْوَدْقَ يَخْرُجُ
مِنْ خِلْفِهِ جَرًّا إِذْ أَصَابَ بِهِ مَنْ يَشَاءُ
مِنْ عِبَادِهِ إِذْ هُمْ يُسْتَبْشِرُونَ ﴿٥٠﴾

وَإِنْ كَانُوا مِنْ قَبْلِكَ
مِن قَبْلِهِ كَمُبْلِسِينَ ﴿٥١﴾

فَانظُرْ إِلَى اثْرٍ رَحِمَتِ اللَّهِ كَيْفَ
يُخَيِّ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا إِنَّ ذَلِكَ
لَمُعْجِي الْمَوْتَى وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيرٌ ﴿٥٢﴾

وَلَيْنَ أَرْسَلْنَا رِيحًا فَرَأَوْهُ مُصْفَرًّا
لَظَلُّوا مِنْ بَعْدِهِ يَكْفُرُونَ ﴿٥٣﴾

فَإِنَّكَ لَا تَسْمَعُ الْمَوْتَى وَلَا تَسْمَعُ
الضَّمَّةَ الْأَعْيَاءَ إِذْ أَلْوَأْمُدِيرِينَ ﴿٥٤﴾

وَمَا أَنْتَ بِهَادِي الْعُمَى عَنْ صَلَاتِهِمْ
إِنَّ تَسْمَعُ إِلَّا مَنْ يُؤْمِنُ بِآيَاتِنَا فَهُمْ
مُسْلِمُونَ ﴿٥٥﴾

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَكُمْ مِنْ ضَعْفٍ ثُمَّ جَعَلَ
مِنْ بَعْدِ ضَعْفٍ قُوَّةً ثُمَّ جَعَلَ مِنْ بَعْدِ
قُوَّةٍ ضَعْفًا وَشَيْبَةً يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ وَهُوَ
الْعَلِيمُ الْقَدِيرُ ﴿٥٦﴾

وَ يَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُقْسِمُ
الْمُجْرِمُونَ مَا لَيْسُوا بِغَيْرِ سَاعَةٍ
كَذَلِكَ كَانُوا يُؤْفَكُونَ ﴿٥٧﴾

وَقَالَ الَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ وَالْإِيمَانَ
لَقَدْ لَبِثْتُمْ فِي كِتَابِ اللَّهِ إِلَى يَوْمِ

ku lunaku lw'okuzuukira. Era luno lwe lunaku lw'okuzuukira, naye era mmwe temwafaayo kumanya.

58. Kale ku lunaku olwo, aboononyi okuwampanya kwabwe tekulibagasa era tebalisembezebwa.

59. Era ddala twaleeta eby'okulabirako ebya buli ngeri eri abantu mu Kur'āni eno. Naye ne bw'onoobaleetera akabonero, mazima era abo abeerema bajja kugamba nti: Mmwe temuli kirala, wabula muli balimba.

60. Bw'atyo nno Allah bw'akoona envumbo ku mitima gy'abo abatamanyi.

61. Kale gumiikiriza, ddala ekisuubizo kya Allah kya mazima era abo abatalina bukakafu baleme kukufuula kirerya.

الْبَحْثِ فَهَذَا يَوْمُ الْبَحْثِ وَالْحِكْمِ
كُنْتُمْ لَا تَعْلَمُونَ ﴿٥٧﴾

فَيَوْمَئِذٍ لَا يَنْفَعُ الَّذِينَ ظَلَمُوا
مَعْذِرَتُهُمْ وَلَا هُمْ يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٥٨﴾

وَلَقَدْ صَرَبْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ
مِنْ كُلِّ مَثَلٍ وَلَئِنْ جِئْتَهُمْ بِآيَةٍ
لَيَقُولَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا
مُطَّلَبُونَ ﴿٥٩﴾

كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِ
الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٦٠﴾

قَاصِرٌ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَلَا
يَسْتَخِفُّكَ الَّذِينَ لَا يُوقِنُونَ ﴿٦١﴾

LUQMĀN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Alif Lām Mim*.

الْمِيمُ ②

3. Zino ze Aya z'Ekitabo ekijjudde eby'amagezi.

تِلْكَ آيَاتُ الْكِتَابِ الْحَكِيمِ ③

4. Bwe bulung'amu era kwe kusaasira eri abakozi b'ebirungi,

هُدًى وَرَحْمَةً لِّلْمُحْسِنِينَ ④

5. Abo abajumbira essaala era abatoola zaka era abakakasiza ddala okubaawo kw'enkomerero.

الَّذِينَ يُقِيمُونَ الصَّلَاةَ وَ يُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ يُوقِنُونَ ⑤

6. Abo be bali ku bulung'amu obuva eri Mukama waabwe era abo be baliganyulwa.

أُولَئِكَ عَلَى هُدًى مِّن رَّبِّهِمْ وَأُولَئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ⑥

7. Era mu bantu mulimu agula ebigambo ebitaliimu nsa alyooke abuze abantu ku kkubo Iya Allah awatali bumanyi era n'alitwala nga eky'okuzannyisa. Abo be balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

وَمِنَ النَّاسِ مَن يَشْتَرِي لَهْوَ الْحَدِيثِ لِيُضِلَّ عَن سَبِيلِ اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَ يُتَّخَذَهَا هُزُوًا أُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ⑦

8. Era nga bw'asomerwa Aya zaffe, akubayo mabega nga yeekuluntaza ng'ataziwulira, ne kiba nga mu matu ge omuli obuggavu. Kale muwe amawulire g'ekibonerezo ekirumya.

وَإِذَا تُتْلَىٰ عَلَيْهِ آيَاتُنَا وَ لِيَ مُسْتَكْبِرًا كَان لَمْ يَسْمَعْهَا كَأَن فِي أُذُنَيْهِ وَقْرًا ⑧ فَبَشِّرْهُ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ⑧

9. Mazima abo abakiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, balifuna ensuku ez'essanyu erijjuvu

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ جَنَّاتٌ النَّعِيمِ ⑨

10. Omwo mwe balibeera. Okusuubiza kwa Allah kwa mazima era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

خَالِدِينَ فِيهَا وَ وَعَدَ اللَّهُ حَقًّا وَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ⑩

11. Yatonda emigigi gy'eggulu awatali mpagi ze mulaba era n'assa ku nsi ensozi ennyweevu ereme kubayuugumya era n'abunya mu yo ebiramu ebya buli ngeri. Era twassa amazzi okuva mu bire, netumeza mu yo ebimera amakula ebya buli ng eri.

خَلَقَ السَّمَوَاتِ بِغَيْرِ عَمَدٍ تَرَوْنَهَا وَ أَلْقَى فِي الْأَرْضِ رَوَايِي أَن تَمِيدَ بِكُمْ وَ بَثَّ فِيهَا مِن كُلِّ دَابَّةٍ وَ أَنْزَلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً فَأَنْبَتْنَا فِيهَا مِن كُلِّ زَوْجٍ كَرِيمٍ ⑪

31:2. Nze Allah Amanyi ennyo

12. Okwo nno kwe kutonda okwa Allah. Kati mmwe mundage abo abali ebbali we, *bo biki bye baatonda?* Ddala aboononyi bali mu bubuze bwa Iwaatu.

Ruku 2

13. Era ddala twawa Luqmani amagezi nti weebazenga Allah. Era oyo eyeebaza, mazima yeebaza Iwa *kugasa* mwoyo gwe. N'oyo ateebaza, kale *amanye nti* ddala ye Allah Yeemala, y'Atenderezewa.

14. Era *jjukira* nga Luqmani bwe yagamba mutabani we nga amubuulirira, *nti*: Mwana wange, tewenkanyanga Allah n'ebirala. Mazima okwenkanya Allah n'ebirala kibi kisuffu.

15. Era twakuutira omuntu ku bazadde be — *kuba* nnyina aba olubuto lwe mu bunafu ate ku bunafu, era n'okumuggya ku mabeere kutwaala emyaka ebiri — *netugamba* nti: Weebazenga Nze era *weebazenga* n'abazadde bo. *Era* gyendi y'eri obuddo.

16. Naye *abazadde* bwe bakufuubaana- ngako nti onnenkanye n'ebyo by'otolina ky'obimanyiiko, olwo tobagonderanga; naye okolagananga nabo mu by'ensi mu butuufu; naye *mu by'omwoyo* gobereranga ekkubo ly'oyo eyeetoowaza gyendi. N'oluvanyuma gyendi y'eri obuddo bwammwe, kale ndibategeza ebyo bye mwakolanga.

17. Owange mwana wange, ddala ne bwe wabaawo ekizitowa ng'empoke ya kalidaali nga eri mu lwaazi oba ng'eri mu ggulu oba mu nsi, era Allah aligiggyayo. Mazima Allah Amanyi ebyekusifu, Ategeera byonna.

18. Owange mwana wange, jjumbiranga nnyo essaala, era okubirizenga ebirungi, era oziyizenga ebityasaana, era gumii- kirizanga kw'ekyo ekibanga kikutuseeko. Mazima ekyo kiri mu nsonga *ezeetaaga* obumalirivu.

19. Era tewenyinyimbwanga bantu era totambulanga mu nsi nga weejabaata; ddala Allah tayagala buli wa malala, eyenyumiriza.

هَذَا خَلَقَ اللَّهُ فَارُونِي مَاذَا خَلَقَ
الَّذِينَ مِنْ دُونِهِ بِسْمِ الظَّالِمُونَ فِي
ضَلِيلٍ مُبِينٍ ﴿١٣﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا لُقْمَانَ الْحِكْمَةَ أَنْ اشْكُرْ
لِلَّهِ ۚ وَمَنْ يَشْكُرْ فَإِنَّمَا يَشْكُرُ لِنَفْسِهِ ۗ
وَمَنْ كَفَرَ فَإِنَّ اللَّهَ غَنِيٌّ حَمِيدٌ ﴿١٤﴾

وَرَأَى قَالَ لُقْمَانُ لِابْنِهِ وَهُوَ يَحْظُهُ
يَبْنِي لَا تُشْرِكْ بِاللَّهِ ۚ إِنَّ الشِّرْكَ
لَظُلْمٌ عَظِيمٌ ﴿١٥﴾

وَوَصَّيْنَا الْإِنْسَانَ بِوَالِدَيْهِ حَمَلَتْهُ
أُمُّهُ وَهْنًا عَلَى وَهْنٍ وَفِضْلُهُ فِي
عَامِينَ أَنْ اشْكُرْ لِي وَلِوَالِدَيْكَ ۚ إِلَيَّ
الْمَصِيرُ ﴿١٦﴾

وَأَنْ جَاهِدْ عَلَى أَنْ تَشْرِكَ بِي مَا
كَيْسَ لَكَ بِهِ عِلْمٌ ۚ فَلَا تُطْعِمَهُمَا وَ
صَاحِبَهُمَا فِي الدُّنْيَا مَعْرُوفًا ۚ وَاتَّبِعْ
سَبِيلَ مَنْ أَنَابَ إِلَيَّ ۚ ثُمَّ إِلَيَّ مَرْجِعُكُمْ
فَأُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٧﴾

يَبْنِي ۚ إِنَّهَا إِنْ تَكُ مَثْقَالَ حَبَّةٍ مِنْ
حَرْدَلٍ فَتَكُنْ فِي صَخْرَةٍ أَوْ فِي
السَّمَوَاتِ أَوْ فِي الْأَرْضِ يَأْتِ بِهَا
اللَّهُ ۚ إِنَّ اللَّهَ لَطِيفٌ خَبِيرٌ ﴿١٨﴾

يَبْنِي ۚ أَقِمِ الصَّلَاةَ ۚ وَأْمُرْ بِالْمَعْرُوفِ
وَأَنْهَ عَنِ الْمُنْكَرِ ۚ وَأَصْبِرْ عَلَى مَا أَصَابَكَ ۚ
إِنَّ ذَلِكَ مِنْ عَزْمِ الْأُمُورِ ﴿١٩﴾

وَلَا تُصَوِّرْ خَدَّكَ لِلنَّاسِ وَلَا تَمْشِ فِي
الْأَرْضِ مَرْحًا ۚ إِنَّ اللَّهَ لَا يُحِبُّ الْمُحْتَالِ
فَخَوِرٌ ﴿٢٠﴾

20. Naye banga wa kigero mu kutambula kwo, era kakkanyanga eddoboosi lyo; mazima ekikyayibwa ennyo mu maloboosi gonna, ly'eddoboosi ly'endogoyi.

Ruku 3

21. Abaffe, temulaba nga Allah bwe yabateerawo ebyo ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi okubaweereza, era n'atuukiriza ku mmwe ebyengera bye ebirabika n'ebitalabika? Naye mu bantu mulimu abawakana ku bifa ku Allah awatali kumanya kwonna oba obulung'amu wadde Ekitabo ekitangaza.

22. Era bwe bagambibwa nti: Mugoberere ebyo Allah bye yassa, bagamba nti: Nedda, ffe tugoberera ebyo bye twasangako bakitaffe. Abaffe, Sitaani ne bw'aba nga abakoowoolera eri ekibonerezo ky'omuliro ogubumbujja, era nga bagenda?

23. Naye oyo eyeeweerayo ddala yenna eri Allah era nga mukozi wa birungi, mazima aba amaze okwekwata ku kyekwatwako ekinyweevu. Era eri Allah y'eri enkomerero y'ensonga zonna.

24. Naye oyo atakkiriza, kale obutakkiriza bwe buleme kukunakuwaza. Gye tuli y'eri obuddo bwabwe, kale tulibategeeza ebyo bye baakola. Mazima Allah y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

25. Tujja kubeeyagazaamu katonu n'oluvannyuma tubagobere eri ekibonerezo ekikakali.

26. Era bw'obabuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi? Ddala bajja kugamba nti: Allah. Gamba nti: Amatendo gonna ga Allah. Naye abasinga obungi mu bo temanyi.

27. Ebiri mu ggulu ne mu nsi byonna bya Allah. Mazima Allah y'Eyeemala, y'Atenderezebwa.

28. Era singa emiti gyonna egiri mu nsi giba nga z'ekkalaamu, n'ennyanja nga ye bwino, ate oluvannyuma lwa yo n'eyongerwako n'ennyanja endala musanvu, era ebigambo bya Allah tebyandiweddeyo. Mazima Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

وَاقْصِدْ فِي مَشْيِكَ وَاعْضُضْ مِنْ صَوْتِكَ ۗ إِنَّ أَنْكَرَ الْأَصْوَاتِ لَصَوْتُ الْحَمِيرِ ﴿٢٠﴾

أَلَمْ تَرَوْا أَنَّ اللَّهَ سَخَّرَ لَكُمْ مَّا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَأَسْبَغَ عَلَيْكُمْ نِعْمَةً ظَاهِرَةً ۗ وَبَاطِنَةً ۗ وَمِنَ النَّاسِ مَن يُجَادِلُ فِي اللَّهِ بِغَيْرِ عِلْمٍ وَلَا هُدًى وَلَا كِتَابٍ مُّنبِئٍ ﴿٢١﴾

وَلَاذًا قِيلَ لَهُم اتَّبِعُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ قَالُوا بَلْ نَتَّبِعُ مَا وَجَدْنَا عَلَيْهِ آبَاءَنَا أَوْ لَوْ كَانَ الشَّيْطٰنُ يَدْعُوهُمْ إِلَىٰ عَذَابِ الشَّعِيرِ ﴿٢٢﴾

وَمَن يُسْلِمْ وَجْهَهُ إِلَى اللَّهِ وَهُوَ مُحْسِنٌ فَقَدِ اسْتَمْسَكَ بِالْعُرْوَةِ الْوُثْقٰى ۗ وَإِلَى اللَّهِ عَاقِبَةُ الْأُمُورِ ﴿٢٣﴾

وَمَن كَفَرَ فَلَا يَحْمُرُكَ كُفْرُهُ ۗ إِلَيْنَا مَرْجِعُهُمْ فَنُنَبِّئُهُم بِمَا عَمِلُوا ۗ إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٢٤﴾

نُمَتِّعُهُمْ قَلِيلًا ثُمَّ نَضْطَرُّهُمْ إِلَىٰ عَذَابٍ غَلِيظٍ ﴿٢٥﴾

وَلَئِن سَأَلْتَهُم مَّنْ خَلَقَ السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ ۗ قُلِ الْحَمْدُ لِلَّهِ بَلْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٢٦﴾

يَلُو مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضِ ۗ إِنَّ اللَّهَ هُوَ الْغَنِيُّ الْحَمِيدُ ﴿٢٧﴾

وَلَوْ أَنَّ مَّا فِي الْأَرْضِ مِنْ شَجَرَةٍ أَقْلَامٌ وَالْبَحْرِ يَمْدَةٌ ۖ مِنْ بَعْدِهِ سَبْعَةُ أَبْحٰرٍ مَّا نَفَدَتْ كَلِمَتُ اللَّهِ ۗ إِنَّ اللَّهَ عَزِيزٌ حَكِيمٌ ﴿٢٨﴾

29. Okutondebwa kwammwe n'okuzuukiz-
ibwa kwammwe si kintu, wabula biring'anga
okutonda n'okuzuukiza omuntu omu.
Mazima Allah y'Awulira byonna, y'Alaba
byonna.

30. Abaffe, tolaba nga Allah bw'ayingiza
ekiro mu misana era n'ayingiza emisana mu
kiro, era y'eyassa enjuba n'omwezi ku
kuweereza, *nga* buli kimu kiddukira ku kiseera
ekigere, era byonna bye mukola, ddala Allah
abitegeera?

31. Ekyo lwa kubanga Allah ye w'Amazima,
ng'ate ebyo bye balaajanira ebbali we *bya*
bulimba, n'olwokuba nti ddala Allah ye
Mugulumivu ennyo, Omukulu ennyo.

Ruku 4

32. Abaffe, tolaba nga ebyombo bwe
biseeyecya ku nnyanja olw'ekisa kya Allah
alyooke abalage ku bubonero bwe? Mazima
mw'ebyo mulimu okulabula eri buli
mugumiikiriza, eyeebaza.

33. Era awo amayengo bwe gababuutikira
negaba ng'ebibikka, olwo balaajanira Allah
nga bamalirivu gy'ali mu buwulize. Naye
bw'abawonya *n'abatuusa* ku lukalu, kale
abamu mu bo be basigala ku kkubo ettuufu.
Era tewali agaana Aya zaffe mu bugende-
revu, okuggyako buli ateesigibwa,
ateebaza.

34. Abange mmwe abantu, mutye Mukama
wammwe era mutye olunaku omuzadde
lw'ataligasa mwana we, wadde omwana
okugasa muzadde we mu kyonna. Mazima
okusuubiza kwa Allah kwa mazima. Kale
obulamu bw'ensi tebubawubisanga, n'oyo
abuzaabuza tababuzaabuzanga ku bifa ku
Allah.

35. Mazima Allah gy'ali y'eri okumanya
kw'Essaawa. Era y'atonnyesa enkuba, era
y'amanya ebiri mu nnabaana. Naye omuntu
tamanyi ki ky'anaafuna enkya era omuntu
tamanyi nsi ki gy'alifiiramu. Mazima Allah
y'Amanyi byonna, y'Ategeera byonna.

مَا خَلَقَكُمْ وَلَا يَعْثُبُكُمْ إِلَّا كَنَفْسٍ
وَاحِدَةٍ ۗ إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ﴿٣١﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يُوَلِّجُ التَّيْلَ فِي النَّهَارِ
وَيُوَلِّجُ النَّهَارَ فِي التَّيْلِ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَ
القَمَرَ لِكُلِّ يَجْرِي إِلَىٰ آجَلٍ مُّسَمًّى ۗ وَأَنَّ
اللَّهَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ﴿٣٢﴾

ذَٰلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ هُوَ الْحَقُّ وَأَنَّ مَا
يَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ الْبَاطِلُ ۗ وَأَنَّ اللَّهَ
هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿٣٣﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ الْفُلْكَ يَجْرِي فِي الْبَحْرِ
بِنِعْمَتِ اللَّهِ لِيُرِيَكُمْ مِنْ آيَاتِهِ ۗ إِنَّ
فِي ذَٰلِكَ لَآيَاتٍ لِّكُلِّ صَبَّارٍ شَكُورٍ ﴿٣٤﴾

وَإِذَا غَشِيَهُمْ مَوَجٌ كَالظُّلِيِّ دَعَا اللَّهَ
مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ ۗ فَلَمَّا نَجَّاهُمْ
إِلَى الْبَرِّ فَمِنْهُمْ مُّقْتَصِدٌ وَمَا يَجْحَدُ
بِآيَاتِنَا إِلَّا كَلٌّ حَثَارٍ كَفُورٍ ﴿٣٥﴾

بِآيَاتِهَا النَّاسُ اتَّقُوا رَبَّكُمْ وَاحْشَوْا يَوْمَ
لَا يَجْزِي وَالِدٌ عَنْ وَلَدِهِ وَلَا مَوْلُودٌ
هُوَ جَازٍ عَنِ الْوَالِدِ شَيْئًا ۗ إِنَّ وَعْدَ
اللَّهِ حَقٌّ فَلَا تَغُرَّنَّكُمُ الْحَيَاةُ
الدُّنْيَا ۗ وَلَا يَغُرَّنَّكُم بِاللَّهِ
الْغُرُورُ ﴿٣٦﴾

إِنَّ اللَّهَ عِنْدَهُ عِلْمُ السَّاعَةِ ۗ وَيُنزِّلُ
الْغَيْثَ ۗ وَيَعْلَمُ مَا فِي الْأَرْحَامِ ۗ وَمَا
تَدْرِي نَفْسٌ مَّاذَا تَكْسِبُ غَدًا ۗ وَمَا
تَدْرِي نَفْسٌ بِأَيِّ أَرْضٍ تَمُوتُ ۗ إِنَّ اللَّهَ
عَلِيمٌ خَبِيرٌ ﴿٣٧﴾

AL-SAJDAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Alif Lam Mim*.

الْم ②

3. Okubikkulirwa kw'Ekitabo kino— tewali kubuusabuusa mu kyo — kwaviira ddala eri Mukama w'ebitonde byonna.

تَنْزِيلَ الْكِتَابِ لَا رَيْبَ فِيهِ مِنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ③

4. Kazzi bagamba nti ye y'eyakiyiya? Nedda, kyo ge mazima agaava eri Mukama wo, olyooke olabule abantu abatatuukibwangako Mulabuzi yenna olubereberye lwo, balyooke balung'ame.

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَاهُ بَلْ هُوَ الْحَقُّ مِنْ رَبِّكَ لِتُنذِرَ قَوْمًا مِمَّا أَنْتُمْ مِنْ نَذِيرٍ مَنْ قَبْلِكَ لَعَلَّهُمْ يَهْتَدُونَ ④

5. Allah y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi mu biseera mukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Temulinaayo muyambi yenna ebbali we wadde omuwolereza. Abaffe, temufumiitiriza?

اللَّهُ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَى عَلَى الْعَرْشِ مَا لَكُمْ مِنْ دُونِهِ مِنْ وَلِيٍّ وَلَا شَفِيعٍ أَفَلَا تَتَذَكَّرُونَ ⑤

6. Y'ategeka ekiragiro okuva mu ggulu okujja ku nsi, n'oluvannyuma kiririnnya gy'ali mu lunaku ekigero kya lwo *ekyenkana* n'emyaka lukumi mw'egyo gye mubala.

يُدَبِّرُ الْأَمْرَ مِنَ السَّمَاءِ إِلَى الْأَرْضِ ثُمَّ يَعْرُجُ إِلَيْهِ فِي يَوْمٍ كَانَ مِقْدَارُهُ أَلْفَ سَنَةٍ وَمَا تَعُدُّونَ ⑥

7. Oyo nno ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi.

ذَلِكَ عِلْمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةِ الْعَزِيزِ الرَّحِيمِ ⑦

8. Y'oyo eyayooyoota buli kimu kye yatonda. Era yatandika okutonda kw'omuntu mu budongo.

الَّذِي أَحْسَنَ كُلَّ شَيْءٍ خَلَقَهُ وَبَدَأَ خَلْقَ الْإِنْسَانِ مِنْ طِينٍ ⑧

9. Oluvannyuma yakola ezzadde lye mu mazzi amakenenule, aganyoomebwa.

ثُمَّ جَعَلَ نَسْلَهُ مِنْ سُلَالَةٍ مِنْ مَاءٍ مَهِينٍ ⑨

10. N'oluvannyuma yamutereza n'amufuwamu omwoyo gwe era n'abakolera amatu, n'amaaso, n'emitima.* Naye mwebaza kitono.

ثُمَّ سَوَّاهُ وَنَفَخَ فِيهِ مِنْ رُوْحِهِ وَجَعَلَ لَكُمْ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ وَالْأَفْئِدَةَ قَلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ ⑩

32:2. Nze Allah, Amanyi ennyo.

32:10. Mu Kur'ani Entukuvu, ekigambo 'Fuaad' (فُوَاد) tekitegeeza mutima kyokka, wabula kitegeeza obutegeevu oba ensibuko ya bwo. Soma : 14:38, 28: 11, 53:12.

11. Era bagamba nti: Abaffe, bwe tulimala okubulira mu ttaka, abaffe, era *tulizuwukizibwa* mu ntonda empya? Nedda, bo okusisinkana ne Mukama waabwe tebakukkiriza.

وَقَالُوا إِذَا ضَلَلْنَا فِي الْأَرْضِ أَإِنَّا لَفِي خَلْقٍ جَدِيدَةٍ بَلْ هُمْ بِلِقَائِ رَبِّهِمْ كَافِرُونَ ﴿١١﴾

12. Gamba nti: Malayika w'okufa oyo eyabasigirwa ajja kubafiisa, n'oluvannyuma eri Mukama wammwe gye mulizzibwa.

قُلْ يَتَوَقَّعُكُمْ مَلَكَ الْمَوْتِ الَّذِي ذُكِّرْتُمْ وَكُلٌّ إِلَيْكُمْ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ تُرْجَعُونَ ﴿١٢﴾

Ruku 2

13. Era singa olaba awo nga aboononyi bakotese emitwe gyaabwe mu maaso ga Mukama waabwe nga *bagamba nti*: Mukama waffe, tulabye era tuwulidde, naye tuzzeeyo tukole ebikolwa ebirungi; mazima *kati* tukakasizza.

وَلَوْ تَرَىٰ إِذِ الْمُجْرِمُونَ نَاكِسُوا رُءُوسِهِمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ رَبَّنَا أَبْصَرْنَا وَسَمِعْنَا فَارْجِعْنَا نَعْمَلْ صَالِحًا إِنَّا مُوقِنُونَ ﴿١٣﴾

14. Era singa twayagala *kukaka*, mazima buli muntu twalimuwadde obulung'amu bwe, naye ekigambo kyamala okukakata okuva gyendi *nti*: Mazima ng'enda kujjuza Jahannamu okuva mu Majinni n'abantu bonna *abalijeema*.

وَلَوْ شِئْنَا لَآتَيْنَا كُلَّ نَفْسٍ هُدًىٰ وَلَٰكِن حَقَّ الْقَوْلُ مِنِّي لَأَمْلَأَنَّ جَهَنَّمَ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ أَجْمَعِينَ ﴿١٤﴾

15. *Tulibagamba nti*: Kale muloze ku *kibonerezo* olw'okwerabira kwammwe ensisinkano y'olunaku lwammwe luno. Naffe *bwe tutyo* tubeerabidde. Era muloze ku *kibonerezo* eky'obugenderevu olw'ebyo bye mwakolanga.

فَذُوقُوا يَمَا نَسِيتُمْ لِقَاءَ يَوْمِكُمْ هَٰذَا إِنَّا نَسِينَاكُمْ وَذُوقُوا عَذَابَ الْخُلْدِ يَمَا كُنتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿١٥﴾

16. Mazima ddala abakkiriza be bo abeyala wansi nebavuunama awo nga Aya zaffe zibajjukizibwa era nebatendereza n'amatendo ga Mukama waabwe era bo tebeekuzza.

إِنَّمَا يُوْءَىٰ مِنْ بَٰيْتِنَا الَّذِينَ إِذَا دُكِّرُوا بِهَا خَرُّوا سُجَّدًا وَسَبَّحُوا بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَهُمْ لَا يَسْتَكْبِرُونَ ﴿١٦﴾

17. Embiriizi zaabwe zaawukana n'obuliri *bwaabwe*; nga balaajanira Mukama waabwe mu kutya n'essubi era nga batoola ne mw'ebyo bye twabawa.

تَتَجَافَىٰ فِي جُنبِهِمْ عَنِ الْمَضَاجِعِ يَدْعُونَ رَبَّهُمْ خَوْفًا وَطَمَعًا وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنفِقُونَ ﴿١٧﴾

18. Kale tewali muntu yenna amanyi ebyo ebyabakisibwa mw'ebyo ebisanyusa amaaso, nga y'empeera olw'ebyo bye baakolanga.

فَلَا تَعْلَمُ نَفْسٌ مِّمَّا أُخْفِيَ لَهُم مِّن قُرَّةِ أَعْيُنٍ مَّ جَزَاءً يَمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٨﴾

19. Abaffe, oyo aba omukkiriza afaanana n'oyo aba omujeemu? Tebenkanankana.

أَفَمَن كَانَ مُؤْمِنًا كَمَن كَانَ فَٰسِقًا لَّا يَسْتَوُونَ ﴿١٩﴾

20. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, kale balifuna ensuku

أَمَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّٰلِحَاتِ

ez'amaka ag'olubeerera, nga kwe kusembeze-bwa olw'ebyo bye baakolanga.

21. Naye abo abaajeema, kale obutuulo bwabwe muliro. Buli lwe balyagalanga okugufulumamu, baliguzzibwangamu, era baligambibwa *nti*: Muloze ku kibonerezo ky'omuliro ekyo kye mwalimbisanga.

22. Era ddala tugenda kubaloza *ne* ku kibonerezo ekitono olubereberye lw'ekibonerezo makeke, balyooke beddemu.

23. Era ani mwonoonyi asinga kw'oyo ajjukizibwa Aya za Mukama we n'oluvannyuma n'azikuba amabega? Mazima ddala aboononyi tugenda kubabonereza.

Ruku 3

24. Era ddala Ffe twawa Mūsa Ekitabo — kale tobaamu okubuusabuusa ku kusisinkana naye (Allah)— era twakifuula bulung'amu eri abaana ba Isirairi.

25. Era twassa mu bo abakulembeze nga balung'anya olw'okulagira kwaffe, olw'okubanga baali bagumiikiriza era baalinga bakakasa Aya zaffe.

26. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuзуukira mw'ebyo bye baali batakkiriziganyaamu.

27. Abaffe, tekibalung'anya *okulaba nti* emirembe mingi gye twazikiriza olubereberye lwaabwe, nga *n'agaali* amaka gaabwe *bo* mwe batambulira? Ddala mw'ekyo mulimu okulabula. Abaffe, era tebaawulire?

28. Abaffe, tebalaba nga bwe tusindika amazzi *netugatwala* eri ensi eba ekaze netugamezesesa ebimera ebiriibwako ebisolo byabwe nabo bennyini? Abaffe, tebalaba?

29. Era bagamba *nti*: Ye obuwanguzi obwo bwa ddi, obanga mwogera mazima?

فَلَهُمْ جَنَّاتُ الْمَأْوَىٰ زُرًّا لِّمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٠﴾

وَأَقْبَابَ الزَّيْنِ فَسَقُوا فَمَا لَهُمُ النَّارُ كُلَّمَا أَرَادُوا أَنْ يَخْرُجُوا مِنْهَا أُعِيدُوا فِيهَا وَقِيلَ لَهُمْ ذُوقُوا عَذَابَ النَّارِ الَّتِي كُنْتُمْ بِهَا تُكَذِّبُونَ ﴿٢١﴾

وَلَنْذِيْقْتَهُمْ مِنَ الْعَذَابِ الْآدِنِي دُونَ الْعَذَابِ الْآكْبَرِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٢٢﴾

وَمَنْ أَظْلَمُ مِمَّنْ دُكِّرَ بِآيَاتِ رَبِّهِ ثُمَّ أَعْرَضَ عَنْهَا إِنَّا مِنَ الْمُجْرِمِينَ مُنتَقِمُونَ ﴿٢٣﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَلَا تَكُن فِي مِرْيَةٍ مِنْ لِقَائِهِ وَجَعَلْنَاهُ هُدًى لِّبَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿٢٤﴾

وَجَعَلْنَا مِنْهُمْ أُمَّةً يَهْدُونَ بِأَمْرِنَا لَمَّا صَبَرُوا وَكَانُوا بِآيَاتِنَا يُوقِنُونَ ﴿٢٥﴾

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ يَفْصِلُ بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿٢٦﴾

أَوَلَمْ يَهْدِ لَهُمْ كَمَا أَهْلَكْنَا مِنْ قَبْلِهِمْ مِنَ الْقُرُونِ يَمْشُونَ فِي مَسْكِنِهِمْ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ أَفَلَا يَسْمَعُونَ ﴿٢٧﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا نَسُوقُ الْمَاءَ إِلَى الْأَرْضِ الْجُرُزِ فَنُخْرِجُ بِهِ زَرْعًا تَأْكُلُ مِنْهُ أَنْعَامُهُمْ وَأَنْفُسُهُمْ أَفَلَا يُبْصِرُونَ ﴿٢٨﴾

وَيَقُولُونَ مَتَى هَذَا الْفَتْحُ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٩﴾

30. Gamba nti: Ku lunaku lw'obuwanguzi, abo abeerema, okukkiriza kwabwe tekulibagasa era tebaliweebwa kaagaanya.

قُلْ يَوْمَ الْفَتْحِ لَا يَنْفَعُ الَّذِينَ
كَفَرُوا وَالْإِيمَانَ لَهُمْ وَلَا لَهُمْ يُنْتَظَرُونَ ﴿٣٠﴾

31. Kale ggwe baleke olinde, ddala nabo balinda.

فَاعْرِضْ عَنْهُمْ وَانْتَظِرْ
إِنَّهُمْ مُنْتَظَرُونَ ﴿٣١﴾

AL-AHZĀB

(Yakka Iuvannyuma Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Owange ggwe Nabbi, weekuumise Allah era togondera batakkiriza ne bannanfuusi. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

3. Naye gwe goberera ebyo ebikubikkulirwa okuva eri Mukama wo. Mazima bye mukola, Allah abitegeera bulungi.

4. Era weesige Allah *yekka*, era Allah amalira ddala nga omulabirizi.

5. Allah takoleranga muntu mitima ebiri mu kifuba kye, era tafuulanga bakyala bammwe abo be muzira nga mubayita bannyammwe, okuba bannyammwe aba ddala. Era tafuulanga bakuzire bammwe okuba abaana bammwe bwooya. Ebyo bigambo bugambo bya mimwa gyammwe, naye Allah g'ayogera ge mazima, era Ye y'alung'anya mu kkubo *ettuufu*.

6. *Abakuzire* mubayitenga mannya ga bakitaabwe, obwo bwe bwenkanya obusinga mu maaso ga Allah. Naye bwe mubanga temumanyi bakitaabwe, olwo baba baganda bammwe mu ddiini era mikwano gyammwe. Naye temubaako kinenyo kw'ebyo bye musobya nga *temugenderedde*, okuggyako ebyo emitima gyammwe *bye gikola* mu bugendererevu. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

7. Nabbi y'akulembezebwa eri abakkiriza okusinga ne ku bo bennyini, ne bakyala be baba bannyaabwe. Naye ab'olulyo be bakulembezewanga mu nsonga *ezikwata* ku bokka na bokka nga *bwe kiri* mu Kitabo kya Allah, okusinga ne ku bakkiriza n'Abasenguse, okuggyako nga mukoze kisa busa eri mikwano gyammwe. Era ekyo kyawandiikibwa mu Kitabo *kino*.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ اتَّقِ اللَّهَ وَلَا تُطِعِ الْكَافِرِينَ
وَ الْمُؤْمِنِينَ إِذْ قَالَ اللَّهُ كَانَ عَلِيمًا
حَكِيمًا ②

وَاتَّبِعْ مَا يُوحَىٰ إِلَيْكَ مِنْ رَبِّكَ ۗ وَإِنَّ
اللَّهَ كَانَ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ③

وَتَوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ ۗ وَكَفَىٰ بِاللَّهِ وَكِيلًا ④

مَا جَعَلَ اللَّهُ لِرَجُلٍ مِنْ قَلْبَيْنِ فِي
جُوفِهِ ۗ وَمَا جَعَلَ أَزْوَاجَكُمْ مِنَ
النِّسَاءِ تُظَاهَرُونَ مِنْهُنَّ أُمَّهَاتِكُمْ ۗ وَمَا جَعَلَ
أَدْعِيَاءَكُمْ أَبْنَاءَكُمْ ۗ ذَٰلِكُمْ
قَوْلُكُمْ بِأَفْوَاهِكُمْ ۗ وَاللَّهُ يَقُولُ
الْحَقَّ وَهُوَ يَهْدِي السَّبِيلَ ⑤

أَدْعُوهُمْ لِأَبَائِهِمْ هُوَ أَقْسَطُ
عِنْدَ اللَّهِ ۗ فَإِنْ لَمْ تَعْلَمُوا آبَاءَهُمْ
فَاخْوَانُكُمْ فِي الدِّينِ وَ مَوَالِيكُمْ ۗ وَ
لَيْسَ عَلَيْكُمْ جُنَاحٌ فِيمَا أَخْطَأْتُمْ
بِهِ ۗ وَلَكِنْ مَا تَعَمَّدَتْ قُلُوبُكُمْ ۗ وَكَانَ
اللَّهُ غَفُورًا رَحِيمًا ⑥

النَّبِيِّ أُولَىٰ بِالْمُؤْمِنِينَ مِنْ أَنْفُسِهِمْ
وَ أَزْوَاجَهُ أُمَّهَاتُهُمْ ۗ وَأُولَ الْأَرْحَامِ
بَعْضُهُمْ أَوْلَىٰ بِبَعْضٍ فِي كِتَابِ اللَّهِ
مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ۗ وَالْمُهَاجِرِينَ إِذَا كَانُوا
تَفَعَّلُوا إِلَىٰ أَوْلِيَائِكُمْ مَغْرُوبًا ۗ وَكَانَ
ذَٰلِكَ فِي الْكِتَابِ مَسْطُورًا ⑦

8. Era *jjukira* nga bwe twajja ku Babaka endagaano yaabwe, ne ku ggwe, ne ku Nuhu, ne Ibrahimu, ne Musa, ne 'Isa mutabani wa Maryamu, era twabaggyako endagaano ennyweevu.

وَإِذْ أَخَذْنَا مِنَ النَّبِيِّينَ مِيثَاقَهُمْ
وَمِنكَ وَمِنْ نُوحٍ وَإِبْرَاهِيمَ وَمُوسَىٰ وَ
عِيسَىٰ ابْنِ مَرْيَمَ ۖ وَآخَذْنَا مِنْهُم مِّيثَاقًا
غَاطِيَةً ۝٨

9. Allah alyooke abuuze ab'amazima ku mazima gaabwe. Era yategekera aberema ekibonerezo ekirumya.

لِيَشَهِدَ الصَّادِقِينَ عَنْ صِدْقِهِمْ ۚ
وَإَعَدَّ لِلْكَافِرِينَ عَذَابًا أَلِيمًا ۝٩

Ruku 2

10. Abange mmwe abakkiriza, mujjukire ekisa kya Allah ku mmwe awo bwe mwajjirwa amagye. Kale twabasindikira embuyaga n'amagye ge mutaalaba. Era bye mukola Allah abiraba.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اذْكُرُوا نِعْمَةَ
اللَّهِ عَلَيْكُمْ إِذْ جَاءَتْكُمْ جُنُودٌ فَأَرْسَلْنَا
عَلَيْهِمْ رِيحًا وَجُنُودًا لَّمْ تَرَوْهَا ۚ وَ
كَانَ اللَّهُ يَمَّا تَعْمَلُونَ بَصِيرًا ۝١٠

11. Awo bwe baabajjira okuva eky'engulu wammwe n'okuva eky'emmanga wammwe, n'awo amaaso we gaatabukira n'emitema ne *gibeewanika* negituuka mu mimiro era nemulwooza ku Allah mu ndwooza ezitali zimu.

إِذْ جَاءَ أُوْحُكُمْ مِنَ فَوْقِكُمْ وَمِنْ أَسْفَلَ
مِثْلِكُمْ إِذْ رَأَيْتُمُ الْآبْصَارُ وَبَلَغَتِ
الْقُلُوبُ الْحَنَاجِرَ وَ تَنْظُنُونَ بِاللَّهِ
الظُّنُونًا ۝١١

12. Mu kiseera ekyo abakkiriza baagezesebwa, era nebakankanyizibwa olukankana kasiggu.

هَٰذَا لِكِ الْبَيْتِ الْمُؤْمِنُونَ وَ زُلْزِلُوا
زُلْزَالًا شَدِيدًا ۝١٢

13. Era *jjukira* nga bannanfuusi n'abo abalina obulwade mu mitima gyaabwe bwe baagamba nti: Allah ne Mutume we tebaatusubiza wabula kubuzaabuza.

وَإِذْ يَقُولُ الْمُنَافِقُونَ وَالَّذِينَ فِي
قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ مَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَ
رَسُولُهُ إِلَّا غُرُورًا ۝١٣

14. Era awo ekibiina ekimu mu bo bwe kyagamba nti: Abange mmwe ab'e Yathrib, temulina buyimiriro ku *mulabe*, n'olwekyo muddeyo buzzi. Olwo ekibiina mu bo kyasaba Mutume okuweebwa olukusa, nga bagamba nti: Mazima enju zaffe njereere, so nga tezaali njereere, wabula nga kye baagala kwe kudduka.

وَإِذْ قَالَتْ طَائِفَةٌ مِّنْهُمْ يَا أَهْلَ
يَثْرِبَ لَا مُقَامَ لَكُمْ فَارْجِعُوا ۚ وَ
يَسْتَأْذِنُ فَرِيقٌ مِّنْهُمُ النَّبِيَّ يَقُولُونَ
إِنَّ بُيُوتَنَا عَوْرَةٌ ۚ وَمَا هِيَ بِعَوْرَةٍ ۚ
إِنَّ يُرِيدُونَ إِلَّا فِرَارًا ۝١٤

15. Era singa baayingirirwa *abalabe mu kibuga kyabwe* okuva buli ludda lwa kyo n'oluvannyuma nebasabibwa *okwetaba mu mivuyo*, ddala baalikikoze era n'amaka tebaaligabaddemu okuggyako akatono ennyo.

وَلَوْ دَخَلَتْ عَلَيْهِمْ مِنَ آقْطَارِهَا ثُمَّ
سَعَلُوا الْفِئْتَنَةَ لَا تَوَّهَا وَمَا تَلَبَّثُوا
بِهَا إِلَّا يَسِيرًا ۝١٥

16. Songa ddala baali beeyamye eri Allah olubereberye nti tebalikyuusa migongo kudduka era obweyamo *bwabwe* eri Allah

وَلَقَدْ كَانُوا عَاهِدُوا اللَّهَ مِنْ قَبْلِ لَا
يُؤْتُونَ الْآدَاءَ بَارَةً ۚ وَكَانَ عَهْدُ اللَّهِ

bwa kubuuzibwa.

مَسْئُولًا ﴿١٦﴾

17. Gamba nti: Okudduka tekujja kubagasa. Ne bwe munadduka okufa oba okuttibwa, era temujja kuganyulwa okuggyako akatono ennyo.

قُلْ لَنْ يَنْفَعَكُمْ الْفِرَارُ إِنْ فَرَرْتُمْ
مِنَ الْمَوْتِ أَوِ الْقَتْلِ وَإِذَا لَا
تُمْتَحُونَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٧﴾

18. Gamba nti: Ani ayinza okubawonya Allah bw'aba nga abaagalizza akabi oba nga abaagalizza okusaasira? Era tebayinza kuzuulayo mukuumi wadde omuyambi omulala ebbali wa Allah.

قُلْ مَنْ ذَا الَّذِي يَعْصِمُكُمْ مِنَ اللَّهِ
إِنْ أَرَادَ بِكُمْ سُوءًا أَوْ أَرَادَ بِكُمْ رَحْمَةً
وَلَا يَجِدُونَ لَهُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ وَلِيًّا وَ
لَا نَصِيرًا ﴿١٨﴾

19. Mazima Allah amanyi bulungi abo mu mmwe abalemesa *abantu okulwana* n'abo abagamba baganda baabwe nti: Mujje eno gye tuli *temulwana*; era tebagenda eri kulwana okuggyako akatono.

قَدْ يَعْلَمُ اللَّهُ الْمَعْوِقِينَ مِنْكُمْ وَ
الْقَائِلِينَ لِإِخْوَانِهِمْ هَلُمَّ إِلَيْنَا
وَلَا يَأْتُونَ الْبَاسَ إِلَّا قَلِيلًا ﴿١٩﴾

20. Babakwatirwa obuggya. Naye entiisa bw'etuuka, obalaba nga batunula gy'oli nga amaaso gaabwe gawulunguta nga ag'oyo azirika olw'okufa. Ate entiisa bw'eggwawo, nebabakyokkya n'ennimi zaabwe enjogi nga balulunkanira ebirungi *bye muwambye*. Abo tebakkirizanga. Ne Allah kye yava afaafaaganya ebikolwa byabwe. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

أَشْحَةً عَلَيْكُمْ ۖ فَإِذَا جَاءَ الْخَوْفُ
رَأَيْتَهُمْ يَنْظُرُونَ إِلَيْكَ تَدُورُ أَعْيُنُهُمْ
كَالَّذِي يُغْشَى عَلَيْهِ مِنَ الْمَوْتِ ۖ فَإِذَا
ذَهَبَ الْخَوْفُ سَلَقُوكُمْ بِالسِّنَةِ
جِدًا ۖ أَشْحَةً عَلَى الْخَيْرِ ۖ أُولَئِكَ لَمْ
يُؤْمِنُوا فَأَحْبَطَ اللَّهُ أَعْمَالَهُمْ ۖ وَكَانَ
ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ﴿٢٠﴾

21. Bakyalowooza nti amagye amagatte tegannagumbulukuka. Era singa amagye amagatte gaali ga kujja *nate*, baalyegombye nti singa baali mu Bawarabu b'omu ddungu, *babe* nga babuuzza bubuuzza ebifa ku mmwe. Era ne bwe baalibadde awamu nammwe, tebaalirwanye okuggyako akatono.

يَحْسَبُونَ الْأَحْزَابَ لَمْ يَذْهَبُوا ۖ وَإِنْ
يَأْتِ الْأَحْزَابُ يَوَدُّوْا لَوْ أَنَّهُمْ
بَادُونَ فِي الْأَعْرَابِ يَسْأَلُونَ عَنْ
أَنْبَاءِكُمْ ۖ وَكَو كَانُوا فِيكُمْ مَا
قَاتَلُوا إِلَّا قَلِيلًا ﴿٢١﴾

Ruku 3

22. Mazima mulina eky'okulabirako amakula mu Mubaka wa Allah eri oyo atya Allah n'olunaku lw'enkomerero era n'ajjukira nnyo Allah.

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِي رَسُولِ اللَّهِ أُسْوَةٌ
حَسَنَةٌ لِمَنْ كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَ
الْيَوْمَ الْآخِرَ وَذَكَرَ اللَّهَ كَثِيرًا ﴿٢٢﴾

23. Era abakkiriza bwe baalaba amagye amagatte, baagamba nti: Kino kye twaasuubizibwa Allah ne Mutume we, era Allah ne Mutume we baayogera mazima. Era tekyabongera okuggyako okukkiriza

وَلَمَّا رَأَى الْمُؤْمِنُونَ الْأَحْزَابَ ۖ قَالُوا
هَذَا مَا وَعَدَنَا اللَّهُ وَرَسُولُهُ وَصَدَقَ
اللَّهُ وَرَسُولُهُ ۖ وَمَا زَادَهُمْ إِلَّا إِيمَانًا

n'okweweerayo ddala.

24. Mu bakkiriza mulimu abantu abaatuukiriza ebyo bye baasuubizako Allah. Ne mu bo mulimu abo abaatuukiriza obweyamo bwabwe, ne mu bo mulimu abalindiridde okutuukiriza obweyamo bwabwe era tebakyuusangako wadde akatono.

25. Ekyo kiri bwe kityo, Allah alyooke اساسule ab'amazima olw'amazima gaabwe era abonereze bannanfuusi bw'aba ayagadde, oba abaddiremu. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

26. Era Allah yazzaayo abatakkiriza n'essungu lyabwe nga tebafunyeyo kalungi konna. Era Allah yamalira abakkiriza n'abayamba mu kulwana. Era Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

27. Era y'eyaleeta abo abaayamba bali abaava mu bantu b'Ekitabo ne bava mu bigo byaabwe, era n'assa ensisi mu mitima gyabwe. Abamu ne mubatta, n'abalala ne mubawamba.

28. Era mmwe n'abasikiza ensi yaabwe n'amaka gaabwe, n'ebyobugagga bwabwe, n'ensi gye mwaali mutalinnyangako kigere. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

Ruku 4

29. Owange ggwe Nabbi, gamba bakyaala bo nti: Bwe muba nga mwagala bulamu bwa nsi n'amajolobera gaayo, kale mujje mbasibirire era mbasiibule okusiibula okulungi.

30. Naye bwe muba nga Allah ne Mutume we be mwagala n'amaka g'enkomerero, kale ddala Allah yategekera abakyaala abakozi b'ebirungi mu mmwe empeera ensuffu.

31. Abange mmwe bakyaala ba Nabbi, oyo yenna mu mmwe aba akoze ebyambyoone mu lwaatu, alyongerwa ekibonerezo enfunda bbiri. Era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

وَتَسْلِيمًا ۝٣٦

مِنَ الْمُؤْمِنِينَ رِجَالٌ صَدَقُوا مَا عَاهَدُوا اللَّهَ عَلَيْهِمْ فَمِنْهُمْ مَّن قَضَىٰ نَحْبَهُ وَمِنْهُمْ مَّن يَنْتَظِرُ ۚ وَمَا بَدَّلُوا تَبْدِيلًا ۝٣٦

لِيَجْزِيَ اللَّهُ الصَّادِقِينَ بِصِدْقِهِمْ وَيُعَذِّبَ الْمُنَافِقِينَ إِنْ شَاءَ أَوْ يَتُوبَ عَلَيْهِمْ ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ غَفُورًا رَّحِيمًا ۝٣٦
وَرَدَّ اللَّهُ الَّذِينَ كَفَرُوا بِغَيْظِهِمْ لَمْ يَنَالُوا خَيْرًا ۚ وَكَفَىٰ اللَّهُ الْمُؤْمِنِينَ الْقِتَالَ ۚ وَكَانَ اللَّهُ قَوِيًّا عَزِيزًا ۝٣٦

وَأَنْزَلَ الَّذِينَ ظَاهَرُوهُمْ مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ مِنْ صَيَّاصِيهِمْ وَقَذَفَ فِي قُلُوبِهِمُ الرُّعْبَ فَرِيقًا تَقْتُلُونَ وَتَأْسِرُونَ فَرِيقًا ۝٣٧

وَأَوْرَثَكُمْ أَرْضَهُمْ وَدِيَارَهُمْ وَأَمْوَالَهُمْ وَأَرْضًا لَّمْ تَطْعُوهَا ۚ وَكَانَ اللَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرًا ۝٣٨

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ قُلْ لِأَزْوَاجِكُمْ كُفْرًا تَرُدْنَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَزِينَتَهُنَّ فَتَعَالَيْنَ أُمَتِّعِكُنَّ وَأُسْرِحِكُنَّ سَرَاحًا جَمِيلًا ۝٣٩

وَإِنْ كُنْتُمْ تُرَدْنَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ وَالدَّارَ الْآخِرَةَ فَإِنَّ اللَّهَ أَعَدَّ لِلْمُحْسِنِينَ مِثْرًا عَظِيمًا ۝٤٠

يُنِسَاءَ النَّبِيِّ مَنِ يَأْتِ مِنْكُنَّ بِفَاحِشَةٍ مُّبِينَةٍ يُضَعَّفْ لَهَا الْعَذَابُ ضِعْفَيْنِ ۚ وَكَانَ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرًا ۝٤١

Juzu 22

32. Era oyo yenna mu mmwe agondera Allah ne Mutume we era n'akola ebikolwa ebirungi, tulimuwa empeera ye emirundi ebiri era twamutegekera okugabirwa okw'ekitiibwa.

33. Abange mmwe bakyala ba Nabbi, mmwe temuli nga omulala yenna mu bakazi bwe muba nga mutya Allah. N'olwekyo temwekejjebezanga nga mwogera, si kulwa ng'oyo alina obulwadde mu mutima gwe asikirizibwa; kale mwogerenga enjogera esaanidde.

34. Era mukkalirenga mu mayumba gammwe era temweyolesanga eri abantu mu nneeyolesa y'omu biseera by'obutamanya obw'edda era mujjumbirenga essaala era mutoole zaka era mugonderenga Allah ne Mutume we. Mazima Allah ky'ayagala kwe kubaggyako ebyesittaza, mmwe abantu b'omu nju, era abatukuze olutukuza.

35. Era mujjukirenga nnyo ebyo ebisomebwa mu nnyumba zammwe mu Aya za Allah n'ebyamagezi. Mazima Allah y'Amanyi eby'ekusifu, Amanyi buli kimu.

Ruku 5

36. Mazima abasajja abeewaayo eri Allah n'abakazi abeewaayo eri Allah, n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi, n'abasajja abawulize n'abakazi abawulize, n'abasajja ab'amazima n'abakazi ab'amazima, n'abasajja abagumiikiriza n'abakazi abagumiikiriza, n'abasajja abeetoowaza n'abakazi abeetoowaza, n'abasajja abatoola saddaaka n'abakazi abatoola saddaaka, n'abasajja abasiiba n'abakazi abasiiba, n'abasajja abakuuma obweereere bwabwe n'abakazi abeekuuma, n'abasajja abatendereza Allah ennyo n'abakazi abatendereza, *abo bonna* Allah yabategekera okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

37. Era tekisaanira mukkiriza omusajja wadde omukkiriza omukazi awo nga Allah ne Mutume we bamaze okuwa ensala ku nsonga yonna, nabo okuba n'okweroboza mu nsonga yaabwe *esaliddwawo*. Era oyo ajeemera Allah ne Mutume we, kale oyo aba abuze okubula okw'olwaatu.

وَمَنْ يَبْقُتْ مِنْكُمْ لِلَّهِ وَرَسُولِهِ وَتَعْمَلْ صَالِحًا نُؤْتِيهَا أَجْرَهَا مَرَّتَيْنِ ۖ وَأَعْتَدْنَا لَهَا رِزْقًا كَرِيمًا ﴿٣٢﴾

يُنْسَاءُ النَّبِيِّ لَسْتُنَّ كَأَحَدٍ مِنَ النِّسَاءِ ۗ إِنَّ اتَّقِيْتَنَّ فَلَا تَخْضَعْنَ بِالْقَوْلِ ۚ فَيَطْمَعَ الَّذِي فِي قَلْبِهِ مَرَضٌ وَقُلْنَ قَوْلًا مَعْرُوفًا ﴿٣٣﴾

وَقَرْنَ فِي بُيُوتِكُنَّ وَلَا تَبَرَّجْنَ تَبَرُّجَ الْجَاهِلِيَّةِ الْأُولَىٰ وَأَقِمْنَ الصَّلَاةَ وَآتِينَ الرِّكَوَةَ وَأَطِعْنَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ إِنَّمَا يُرِيدُ اللَّهُ لِيُذْهِبَ عَنْكُمُ الرِّجْسَ أَهْلَ الْبَيْتِ وَيُطَهِّرَكُمْ تَطْهِيرًا ﴿٣٤﴾

وَأذْكُرْنَ مَا يُتْلَىٰ فِي بُيُوتِكُنَّ مِنْ آيَاتِ اللَّهِ وَالْحِكْمَةِ ۗ إِنَّ اللَّهَ كَانَ لَطِيفًا خَبِيرًا ﴿٣٥﴾

إِنَّ الْمُسْلِمِينَ وَالْمُسْلِمَاتِ وَالْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ وَالْقَنَاتِينَ وَالْقَنَاتِ وَالصَّادِقِينَ وَالصَّادِقَاتِ وَالصَّابِرِينَ وَالصَّابِرَاتِ وَالْخَشِيعِينَ وَالْخَشِيعَاتِ وَالْمُتَصَدِّقِينَ وَالْمُتَصَدِّقَاتِ وَالصَّارِعِينَ وَالصَّارِعَاتِ وَالْحَافِظِينَ فَرُوجَهُمْ وَالْحَافِظَاتِ وَالذَّاكِرِينَ اللَّهَ كَثِيرًا وَالذَّاكِرَاتِ ۗ أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ مَغْفِرَةً وَأَجْرًا عَظِيمًا ﴿٣٦﴾

وَمَا كَانَ لِمُؤْمِنٍ وَلَا لِمُؤْمِنَةٍ إِذَا قَضَىٰ اللَّهُ وَرَسُولُهُ أَمْرًا أَنْ يَكُونَ لَهُمُ الْخِيَرَةُ مِنْ أَمْرِهِمْ ۗ وَمَنْ يَعْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَقَدْ ضَلَّ ضَلَالًا مُبِينًا ﴿٣٧﴾

38. Era *jjukira nga* bwe wagamba oyo Allah gwe yakolera ekisa era naawe n'omukolera ekisa *nti*: Nyweza *obufumbo ne* mukyala wo, era tya Allah. Era n'okisa mu mwoyo gwo *ekyo kye wamanya ku mbeera y'obufumbo bwabwe* Allah kye yali agenda okwoleka, n'otya *okukibuulira* abantu, so nga Allah yekka gw'oteekwa okutya. Kale oluvannyuma Zaidi bwe yakomya okwagala gy'ali *n'amuwa Talaka*, Ffe kwe kumukufumbiza, walyooke waleme kubaawo buzibu ku bakkiriza *okuwasa abaali* baka bakuzire baabwe, bwe baba nga *bo* bamaze okukomya okwagala gye bali. Era ekiragiro kya Allah kyali kiteekwa buteekwa okutuukirizibwa.

39. *N'olwekyo* Nabbi tayinza kubaako kinenyo kyonna kw'ebyo Allah by'aba akakasizza ku ye. Eyo y'enkola ya Allah *eyaliwo* ne mw'abo abaggwaawo olube-reberye, era ekiragiro kya Allah liba tteeka eriba liteekwa okutuukirizibwa.

40. Era y'enkola ya Allah eri abo abatuusa obubaka bwa Allah, era ne batya Ye, ne batatya yenna okuggyako Allah. Era Allah amalira ddala nga omubalirizi.

41. Muhammad tabanga kitaawe wa yenna mu basajja bammwe, wabula Mubaka wa Allah era y'Empeta y'Abatume; era Allah y'amannyi obulungi buli kimu.

Ruku 6

42. Abange mmwe abakkiriza, mujjukirenga Allah okujjukira okungi;

43. Era mumutenderezenga enkya n'eggulo.

44. Ye y'Oyo abawa emikisa, ne ba malayika be, alyooke abajje mu kizikiza mudde eri obutangaavu, era wa kisa nnyo eri abakkiriza.

45. Ekiramuso kyabwe ku lunaku lwe balisisinkana naye kiriba: Mirembe. Era yabategekera empeera ey'ekitiibwa.

46. Owange ggwe Nabbi, mazima twakutu-ma obe mujulizi era obe muwi wa mawulire ag'essanyu era obe mulabuzi,

وَإِذْ تَقُولُ لِلَّذِي أَنْعَمَ اللَّهُ عَلَيْهِ وَأَنْعَمْتَ عَلَيْهِ أَمْسِكْ عَلَيْكَ زَوْجَكَ وَاتَّقِ اللَّهَ وَتُخْفِي فِي نَفْسِكَ مَا اللَّهُ مُبْدِي يَوْمٍ تَخْشَى النَّاسَ وَاللَّهُ أَحَقُّ أَنْ تَخْشَاهُ فَلَمَّا قَضَى زَيْدٌ مِنْهَا وَطَرًا زَوَّجْنَاكَ بِهَا لِئَلَّا يَكُونَ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ حَرَجٌ فِي أَزْوَاجِ أَدْعِيَائِهِمْ إِذَا قَضَوْا مِنْهُنَّ وَطَرًا وَكَانَ أَمْرُ اللَّهِ مَفْعُولًا ﴿٣٨﴾

مَا كَانَ عَلَى النَّبِيِّ مِنْ حَرَجٍ فِيمَا فَرَضَ اللَّهُ لَهُ سُنَّةَ اللَّهِ فِي الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ قَبْلُ وَكَانَ أَمْرُ اللَّهِ قَدَرًا مَّقْدُورًا ﴿٣٩﴾

وَالَّذِينَ يُبَلِّغُونَ رِسَالَاتِ اللَّهِ وَيَحْسَبُونَهَا غَايَةً لِيَأْتِيَهُمْ آيَاتُ اللَّهِ وَرَسُولُهُ وَيَدْعُوهُمْ إِلَى الْبِرِّ وَيَخْلُقُونَ مَا كَانَ مُحَمَّدٌ أَبَا أَحَدٍ مِنْ رِجَالِكُمْ وَلَئِنْ رُسُلُ اللَّهِ وَخَاتَمَ النَّبِيِّينَ وَكَانَ اللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٤١﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اذْكُرُوا اللَّهَ ذِكْرًا كَثِيرًا ﴿٤٢﴾

وَسَبِّحُوهُ بُكْرَةً وَأَصِيلًا ﴿٤٣﴾

هُوَ الَّذِي يُصَلِّي عَلَيْكُمْ وَمَلَائِكَتُهُ لِيُخْرِجَكُمْ مِنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ وَكَانَ بِالْمُؤْمِنِينَ رَحِيمًا ﴿٤٤﴾

تَجِيئَتْهُمْ يَوْمَ يَلْقَوْنَهُ سَلْمًا وَ

أَعَدَّ لَهُمْ أَجْرًا كَرِيمًا ﴿٤٥﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ شَاهِدًا

وَمُبَشِّرًا وَنَذِيرًا ﴿٤٦﴾

47. Era obe akoowoolera *abantu* eri Allah olw'okulagira kwe era obe ttaala emulisa.

وَدَاعِيًا لِيَ اللهُ يَدْرِيهِ وَ سِرَاجًا
مُنِيرًا ④٧

48. Era wa abakkiriza amawulire ag'essanyu nti balifuna okuva eri Allah emikisa emisuffu.

وَبَشْرِ الْمُؤْمِنِينَ بِأَنَّ لَهُمْ مِنَ اللهِ
فَضْلًا كَثِيرًا ④٨

49. Era togonderanga batakkiriza ne bannanfuusi era tofa ku kujooa kwabwe, wabula weesige Allah. Era Allah nga omulabirizi amalira ddala.

وَلَا تُطِيعِ الْكٰفِرِينَ وَ الْمُتَفِيقِينَ وَ دَعَا
أَذٰهُمُ وَ تَوَكَّلْ عَلَى اللهِ ۗ وَ كَفَىٰ بِاللهِ
وَ كَيْلًا ④٩

50. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugattibwanga n'abakazi abakkiriza n'oluvannyuma nemubatalaka *olw'ensonga*, nga temunnaba kubatuukako, kale olwo tekibeetaaza kubalirira *'Idda* gye mwalibaliridde *ku bo*. Naye mubawe ebikozesebwa era mubasiibule okusiibula okulungi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا نَكَحْتُمُ
الْمُؤْمِنَاتِ ثُمَّ طَلَقْتُمُوهُنَّ مِنْ قَبْلِ أَنْ
تَمْسُوهُنَّ فَمَا لَكُمْ عَلَيْهِنَّ مِنْ عِدَّةٍ
تَعْتَدُونَهَا فَمَتَّعُوهُنَّ وَسِرَّحُوهُنَّ
سَرَاحًا جَمِيلًا ⑤٠

51. Owange ggwe Nabbi, ddala twakukkiriza bakyala bo abo be wawa amahare gaabwe, n'abaawambibwa omukono gwo ogwa ddyo mw'abo Allah be yakuwa ng'amagoba g'olutalo, ne bawala ba kitaawo omuto, ne bawala ba bassenga bo, ne bawala ba bakojja bo, ne bawala ba bamaama bo abato abo abaasenguka naawe, n'omukazi omukkiriza bw'aba nga yeewaddeyo yekka eri Nabbi *amuwase* nga ne Nabbi asiimye okumuwasa. *Kino* kikwata ku ggwe wekka, abakkiriza tebaliiko. Twamala okumanyisa ebyo bye twabalagira ebikwata ku bakyala baabwe ne kw'abo abaawambibwa emikono gyabwe egya ddyo, walyooke waleme kubaawo buzibu bwonna ku ggwe *mu kukola emirimu* gyo. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِنَّا أَحَلَّلْنَا لَكَ أَزْوَاجَكَ
الَّتِي آتَيْتَ أَجُورَهُنَّ وَ مَا مَلَكَتْ
بِيَمِينِكَ مِمَّا آفَاءَ اللهُ عَلَيْكَ وَ بَنَاتِ
عَمِّكَ وَ بَنَاتِ عَمَّتِكَ وَ بَنَاتِ خَالَكَ وَ
بَنَاتِ خَلَّتِكَ الَّتِي هَا جَرْنَ مَعَكَ
وَ امْرَأَةَ مُؤْمِنَةٍ إِنْ وَهَبَتْ نَفْسَهَا
لِلنَّبِيِّ إِنْ أَرَادَ النَّبِيُّ أَنْ يَسْتَنْكِحَهَا
خَالِصَةً لَكَ مِنْ دُونِ الْمُؤْمِنِينَ ۗ قَدْ
عَلِمْنَا مَا فَارَضْنَا عَلَيْهِمْ فِي أَزْوَاجِهِمْ
وَ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ لِكَيْلَا يَكُونَ عَلَيْكَ
حَرَجٌ ۗ وَ كَانَ اللهُ غَفُورًا رَحِيمًا ⑤١

52. Oyinza okuleka *okuwasa oyo* gw'oba oyagadde mu bo, oba *oyinza* okusembeza gy'oli *n'owasa oyo* gw'oba oyagadde. Naye bw'oba nga oyagadde *okuwasa* yenna mw'abo be waleka, kale tewaba kinenyo ku ggwe. Ekyo ky'ekisinga okuba okumpi gye *bali*, olwo amaaso gaabwe galyooke gakkakane era baleme kunakuwala era olwo bonna balyooke basanyukire n'ebyo by'obawa. Era Allah amanyi ebiri mu mitima gyammwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Alumirwa ennyo *abaweereza be*.

سُرِّحِي مَنْ تَشَاءُ مِنْهُمْ وَ تَعْوِي لِيكَ
مَنْ تَشَاءُ ۗ وَ مَنِ ابْتَغَيْتَ مِمَّنْ عَزَلْتَ
فَلَا جُنَاحَ عَلَيْكَ ۗ ذَلِكَ أَدْنَىٰ أَنْ تَقَرَّ
أَعْيُنُهُنَّ وَ لَا يَحْزَنَ وَ يَرْضَيْنَ بِمَا
آتَيْتَهُنَّ كُلَّهُنَّ ۗ وَ اللهُ يَعْلَمُ مَا فِي
قُلُوبِكُمْ ۗ وَ كَانَ اللهُ عَلِيمًا حَلِيمًا ⑤٢

53. Tokkirizibwa *kuwasa* bakazi balala ebbali *wa bano* wadde okubakyuusaamu abakazi *abalala*, obulungi bwabwe ne bwe bukusanyusa butya, okuggyako *oyo* awambiddwa umukono gwo ogwa ddyo. Era Allah ye Mulabirizi wa buli kimu.

Ruku 7

54. Abange mmwe abakkiriza, temuyingiranga mu nju za Nabbi *okulyayo* okuggyako nga muyitiddwa ku kijjulo, naye *era* nga temudda *awo* kukuumirira kiseera kya kyo. Naye bwe muyitibwanga, olwo muyingiranga; ate bwe mumalanga okulya, olwo musaasaanenga *mangu ago*; so si *kudda awo* kunyumirwa mboози. Mazima ekyo kikalubiriza Nabbi kyokka ye abakwatirwa ensoyi, naye Allah takwatibwa nsonyi ku mazima. Ate bwe mubanga musaba bakyala *be* ekintu kyonna, kale mubasabenga nga muli mabega wa lutimbe. Ekyo ky'ekisinga obulongoofu eri emyoyo gyammwe n'emyoyo gyabwe. Era temusaanidde kukalubiriza Mubaka wa Allah, wadde okuwasa bakyala be oluvannyuma lwe ddi na ddi. Mazima ekyo eri Allah *kibi* kisukkirivu.

55. Bwe mwoleka ekintu oba bwe mukikisa, mazima Allah amanyi bulungi buli kimu.

56. Tewali kisobyo ku bo (abakyala) *okulaba* ku bakitaabwe, oba batabani baabwe, oba bannyinaabwe, oba batabani ba bannyinaabwe, oba batabani ba baganda baabwe, oba bakazi bannaabwe, wadde abawambe abali mu mikono gyabwe egya ddyo. Era (abakyala) mutye nnyo Allah. Mazima Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

57. Mazima Allah ne ba malayika be baagaliza Nabbi emikisa. Abange mmwe abakkiriza, *nammwe* mumusabire emikisa era mulamuse n'okulamusa okw'emirembe.

58. Mazima abo abanyiiza Allah ne Mutume we, Allah yabakolimira mu nsi ne ku nkomererero era yabategekera ekibonerezo ekiswaaza.

لَا يَجِلُّ لَكَ النِّسَاءُ مِنْ بَعْدِ وَلَا أَنْ تَبَدَّلَ بِهِنَّ مِنْ أَزْوَاجٍ وَلَوْ أَعْجَبَكَ حُسْنُهُنَّ إِلَّا مَا مَلَكَتْ يَمِينُكَ وَكَانَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ رَقِيبًا ﴿٥٦﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَدْخُلُوا بُيُوتَ النَّبِيِّ إِلَّا أَنْ يُؤْذَنَ لَكُمْ إِلَى طَعَامٍ غَيْرِ نَظِيرٍ لِأَنَّهُ وَلَجِنٌ وَإِذَا دُعِيتُمْ فَادْخُلُوا فَإِذَا طَعِمْتُمْ فَانْتَشِرُوا وَلَا مُسْتَأْنِسِينَ لِحَدِيثٍ إِنَّ ذَلِكَ كَانَ يُؤْذَى النَّبِيَّ فَيَسْتَحْيِي مِنْكُمْ وَاللَّهُ لَا يَسْتَحْيِي مِنَ الْحَقِّ وَإِذَا سَأَلْتُمُوهُنَّ مَتَاعًا فَسْأَلُوهُنَّ مِنْ وَرَاءِ حِجَابٍ ذَلِكُمْ أَطْهَرُ لِقُلُوبِكُمْ وَقُلُوبِهِنَّ وَمَا كَانَ لَكُمْ أَنْ تُؤْذُوا رَسُولَ اللَّهِ وَلَا أَنْ تُنكِحُوا أَزْوَاجَهُ مِنْ بَعْدِهِ أَبَدًا إِنَّ ذَلِكَ كَانَ عِنْدَ اللَّهِ عَظِيمًا ﴿٥٧﴾

إِنْ تُبَدُّوا شَيْئًا أَوْ تُخَفُّوهُ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمًا ﴿٥٨﴾
لَا جُنَاحَ عَلَيْهِنَّ فِي آبَائِهِنَّ وَلَا أَبْنَائِهِنَّ وَلَا إِخْوَانِهِنَّ وَلَا أَخَوَاتِهِنَّ وَلَا نِسَائِهِنَّ وَلَا مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُنَّ وَآتَتْهُنَّ اللَّهُ وَإِنَّ اللَّهَ كَانَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدًا ﴿٥٩﴾

إِنَّ اللَّهَ وَمَلَائِكَتَهُ يُصَلُّونَ عَلَى النَّبِيِّ يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا صَلُّوا عَلَيْهِ وَسَلِّمُوا تَسْلِيمًا ﴿٦٠﴾

إِنَّ الَّذِينَ يُؤْذُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ لَعَنَهُمُ اللَّهُ فِي الدُّنْيَا وَالْآخِرَةِ وَأَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا مُهِينًا ﴿٦١﴾

59. Era n'abo abalumya abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi nga babakonjera ebyo bye batakoze, mazima baba beetisse okuwaayiriza n'ekibi eky'olwaatu .

Ruku 8

60. Owange ggwe Nabbi, gamba bakyala bo, ne bawala bo, n'abakyala b'abakkiriza bassenga eby'ebikkirirwa byaabwe ku byeenyi byabwe nga bamaze okwambala. Ekyo ky'ekisinga gye bali balyooke bamanyike, baleme kutawaanyizibwa. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

61. Singa bannanfuusi n'abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'ababunge- esa eng'ambo mu kibuga tebeekomeko, mazima tujja kukulagira obakoleko; n'oluvannyuma tebajja kuba baliraanwa bo mu kyo, okuggyako akatono.

62. Era bakolimirwe. Buli wonna we balisangibwa, bakwatibwe battibwe olutta.

63. Eyo y'enkola ya Allah eyaliwo ne mw'abo abaggwaawo olubereberye, era tojja kusanga kukyuuka kwonna mu nkola ya Allah.

64. Abantu bakubuuza ebifa ku Ssaawa eyalagaanyizibwa. Gamba nti: Mazima okumanya kwa yo kuli eri Allah yekka. Ye ggwe ki ekinaakumanyisa obanga Essaawa eri na kumpi?

65. Mazima Allah yakolimirabeerema era n'abategekera omuliro ogubumbujja,

66. Omwo mwe balibeera ddi na ddi. Tebalizuulayo mukuumi mulala wadde omuyambi.

67. Olunaku obwenyi bwabwe lwe bulikyuusibwakyuusibwa mu muliro, baligamba nti: Woowe! Singa kale twagondera Allah netugondera n'Omubaka!

68. Era baligamba nti: Mukama waffe, mazima ffe twagonderanga bakama baffe n'abakulu baffe, kale nebatubuza ku kkubo eggolokofu.

وَالَّذِينَ يُؤَدُّونَ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ يَغَيِّرُ مَا كَتَبْنَا فَفَدَّرَ
اِحْتَمَلُوا بُهْتَانًا وَإِثْمًا مُّبِينًا ﴿٥٩﴾

يَأْتِيهَا النَّبِيُّ قُلُوبًا لَدُورًا جِئِكَ وَ بَنَاتِكَ وَ نِسَاءَ الْمُؤْمِنِينَ يُدْنِينَ عَلَيْهِنَّ مِنْ جَلَابِئِيهِنَّ ۚ ذَلِكَ آدْنَىٰ أَنْ يُعْرَفْنَ فَلا يُؤَدُّنَهُ ۚ وَ كَانَ اللهُ غَفُورًا رَحِيمًا ﴿٦٠﴾

لَئِنْ لَمْ يَنْتَهِ الْمُنَافِقُونَ وَالَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ وَ الْمُرْجِفُونَ فِي الْمَدِينَةِ لَنُغْرِبَنَّكَ بِهِمْ ثُمَّ لَا يُجَاوِرُونَكَ فِيهَا إِلَّا قَلِيلًا ﴿٦١﴾

سَلْحُونِي ۚ إِنَّمَا تُقِفُوا أَخْذُوا وَ قَتَلُوا تَقْتِيلًا ﴿٦٢﴾

سُنَّةَ اللهِ فِي الَّذِينَ خَلَوْا مِنْ قَبْلِهِ ۚ وَ لَنْ تَجِدَ لِسُنَّةِ اللهِ تَبْدِيلًا ﴿٦٣﴾

يَسْأَلُكَ النَّاسُ عَنِ السَّاعَةِ ۚ قُلْ إِنَّمَا عِلْمُهَا عِنْدَ اللهِ ۚ وَ مَا يُذَرِّكَ كَعَلَّ السَّاعَةَ تَكُونُ قَرِيبًا ﴿٦٤﴾

إِنَّ اللهُ لَعَنَ الْكُفْرَيْنَ وَ أَعَدَّ لَهُمْ سَعِيرًا ﴿٦٥﴾

خَلِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ۚ لَا يَجِدُونَ وَلِيًّا وَ لَا نَصِيرًا ﴿٦٦﴾

يَوْمَ ثَقُلَتِ وُجُوهُهُمْ فِي النَّارِ يَقُولُونَ يَا لَيْتَنَا أَطَعْنَا اللهُ وَ أَطَعْنَا الرَّسُولَ ﴿٦٧﴾

وَ قَالُوا رَبَّنَا إِنَّا أَطَعْنَا سَادَتَنَا وَ كِبَرَاءَنَا فَأَضَلُّونَا السَّبِيلًا ﴿٦٨﴾

69. Mukama waffe, bawe ekibonerezo kya mirundi ebiri, era obakolimire olukolima olunene.

Ruku 9

70. Abange mmwe abakkiriza, temuba ng'abo abaawaayiriza Mūsa, naye Allah n'amwejjeereza kw'ebyo bye baayogera. Era yali wa kitiibwa nnyo mu maaso ga Allah.

71. Abange mmwe abakkiriza, mutye Allah era mwogerenga ekigambo ekyesimbu.

72. Allah ajja kubalongooseza ebikolwa byammwe era abasonyiwe ebyonoono byammwe. Era oyo agondera Allah ne Mutume we, kale aba amaze okuwangula oluwangula olusuffu.

73. Mazima twawa Ekisigirwa eri emigigi gy'eggulu, n'ensi, n'ensozi, naye nebigaana okukyetikka era nebikitya, naye omuntu n'akyetikka. Mazima ye yeerumya nnyo ate mu butebalirira yeekansa!

74. Ekyo kyakolebwa, Allah alyooke abonereze abannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi, n'abasajja abenkanya Allah n'ebirala n'abakazi abenkanya Allah n'ebirala, era Allah alyooke addiremu abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

رَبَّنَا آتِنَهُمْ ضَعْفَيْنِ مِنَ الْعَذَابِ
ع وَالْعَنَهُمْ لَعْنًا كَثِيرًا ﴿١٩﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَكُونُوا
كَالَّذِينَ آذَوْا مُوسَىٰ قَبْرًا ۗ إِنَّهُ وَمِمَّا

قَالُوا ۗ وَكَانَ عِنْدَ اللَّهِ وَجْهًا ﴿٢٠﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَ
قُولُوا قَوْلًا سَدِيدًا ﴿٢١﴾

يُصْلِحْ لَكُمْ أَعْمَالَكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ
ذُنُوبَكُمْ ۗ وَمَن يُطِيعِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ
فَقَدْ قَرَّبْنَا إِلَىٰ عَظِيمًا ﴿٢٢﴾

إِنَّا عَرَضْنَا الْأَمَانَةَ عَلَى السَّمَوَاتِ
وَ الْأَرْضِ وَ الْجِبَالِ فَأَبَيْنَ أَن
يَحْمِلْنَهَا وَأَشْفَقْنَ مِنْهَا وَ حَمَلَهَا
الْإِنْسَانُ ۗ إِنَّهُ كَانَ ظَلُومًا جَهُولًا ﴿٢٣﴾

لِيُعَذِّبَ اللَّهُ الْمُنَافِقِينَ وَ
الْمُنَافِقَاتِ وَ الْمُشْرِكِينَ وَ الْمُشْرِكَاتِ
وَ يَتُوبَ اللَّهُ عَلَى الْمُؤْمِنِينَ وَ
الْمُؤْمِنَاتِ ۗ وَ كَانَ اللَّهُ غَفُورًا
رَّحِيمًا ﴿٢٤﴾

SABA'

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Amatendo gonna ga Allah, Oyo nannyini ebyo ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi era y'aliba n'amatendo ku Nkomerero; era ye Mugezi ennyo, Ategeera byonna.

3. Y'amanyi ebyo ebiyingira mu nsi n'ebiva mu yo, n'ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyo ebirinnya mu Iyo; era Ye ye w'Ekisa ennyo, Omusonyiyi ennyo.

4. Era abo abatakkiriza bagamba nti: Essaawa eyalagaanyizibwa tegenda kututuukako. Gamba nti: Si kyo. Amazima ga Mukama wange, ddala egenda kubatuukako, ng'ebatuusibwako Oyo Omumanyi w'ebyenkiso. Teri kantu konna kamwekwekako mu ggulu oba mu nsi akenkana ng'akakunkumuka oba akatono ennyo okukasingako wadde akanene ku ko, wabula kasangibwa mu Kitabo ekitangaaza.

5. Aligireeta alyooke asasule abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi. Abo be balifuna okusonyiyibwa n'okugabirwa okw'ekitiibwa.

6. Naye abo abasiitaana ku Aya zaffe mbu bazifufuggaze, abo be balifuna ekibonerezo ekirumya ng'ate kibi nnyo.

7. Era abo abaawebwa okumanya balaba nti ddala ebyo ebyakubikkulirwa okuva eri Mukama wo ge mazima era by'ebirung'amya eri ekkubo Iya Luwangula, Atendereze-bwa.

8. Naye abo abatakkiriza bagamba nti: Abaffe, tubalage omuntu anaabategeeza nti nga mumaze okusensebukira ddala, mbu ddala nate mulizuukizibwa mu ntonda empya?

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَلَهُ الْحَمْدُ فِي الْآخِرَةِ ۗ وَهُوَ الْحَكِيمُ الْخَبِيرُ ②

يَعْلَمُ مَا يَلْجِئُ فِي الْأَرْضِ وَمَا يَخْرُجُ مِنْهَا وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرُجُ فِيهَا ۗ وَهُوَ الرَّحِيمُ الْغَفُورُ ③

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَأْتِينَا السَّاعَةُ ۗ قُلْ بَلَىٰ وَرَبِّي لَتَأْتِيَنَّكُمْ ۗ عِلْمُ الْغَيْبِ لَا يُعْزِبُ عَنْهُ وَثِقَالُ ذُرَّةٍ فِي السَّمَوَاتِ وَلَا فِي الْأَرْضِ وَلَا أَصْغَرَ مِنْ ذَلِكَ وَلَا أَكْبَرَ إِلَّا فِي كِتَابٍ مُبِينٍ ④

لِيَجْزِيَ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ ۗ أُولَٰئِكَ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ ۖ وَرِزْقٌ كَرِيمٌ ⑤

وَالَّذِينَ سَعَوْا فِي آيَاتِنَا مُجْرِبِينَ أُولَٰئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ مِّن رَّجْوٍ أَلِيمٌ ⑥

وَيَرَى الَّذِينَ أُوتُوا الْحِلْمَ الَّذِي أَنْزَلَ إِلَيْكَ مِنَ رَبِّكَ هُوَ الْحَقُّ ۖ وَ يَهْدِي إِلَى صِرَاطٍ الْعَزِيزِ الْحَمِيدِ ⑦

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا هَلْ نَدُلُّكُمْ عَلَىٰ رَجُلٍ يُنْبِئُكُمْ إِذَا مُرِّقْتُمْ كُلَّ مُمْرِقٍ ۗ إِنَّكُمْ لَفِي خَلْقٍ جَدِيدٍ ⑧

9. Apaatiika ku Allah bya bulimba, nandiki agudde ddalu? Naye abo abatakkiriza nkomerero be bali ku kibonerezo n'okubula okw'ewala.

10. Abaffe, tebatunuluko eri ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe mu ggulu ne mu nsi? Bwe tuba nga twagadde, tubamizisa ensi oba tubasuulako ebibajjo okuva mu ggulu. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula eri buli muntu omwenenyi.

Ruku 2

11. Era ddala twawa Dāudi emikisa okuva gye tuli *netugamba nti*: Mmwe ensozi n'ennyonyi mutendereze wamu naye, era netumugondeza n'ekyuuma.

12. *Netumugamba nti*: Kola ekkooti empanvu ez'ekyuuma era okole n'empeta ez'ekigero era mukolenga ebikolwa ebirungi. Mazima bye mukola mbiraba.

13. Ne Sulaimāni *twamugondeza* empewo; ng'okufuumuuka kwa yo okw'oku makya kuweza *olugendo olw'*omwezi, n'okufuumuuka kwa yo okw'olweggulo kuweza *olugendo olw'*omwezi. Era twamutiiriisiza ensulo z'ekikomo ekisaanuufu. Ne mu Majinni nga mulimu agakolera wansi we olw'okulagira kwa Mukama we. Era *twalagira nti*: Yenna mu bo aliwuguka ku kiragiro kyaffe, tulimuloza ku kibonerezo ky'omuliro ogubumbujja.

14. Nga bamukolera buli ky'ayagala: ebifo eby'okusinzizaamu, n'ebifaananyi ebibumbe, n'ebbenseneni ennene eziring'anga ebidiba, n'agatamu agaanywerezebwa mu bifo bya go. *Netugamba nti*: Abange mmwe ab'omu nju ya Dāudi, mukole nga bwe mwebaza. Naye batono nnyo mu baweereza bange abeebaza.

15. Awo Sulaimāni bwe twasalawo okumufiisa, tewali kyabamanyisa kufa kwe okuggyako ekiwuka* ky'omu ttaka ekyalya

أَفْتَرَى عَلَى اللَّهِ كَذِبًا أَمْ بِهِ جِنَّةٌ ۗ
بَلَى الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْآخِرَةِ فِي
الْعَذَابِ وَالضَّلَالِ الْبَعِيدِ ①

أَفَلَمْ يَرَوْا إِلَى مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَ
مَا خَلْفَهُمْ مِّنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ ۗ إِنَّ
نَشَأَ نُحُفٍ بِهِمُ الْآرِضَ أَوْ تُسْقِطُ
عَلَيْهِمْ كَسِفًا مِّنَ السَّمَاءِ ۗ إِنَّ فِي
ذَلِكَ لَآيَةً لِّعَلَّ عَبْدٍ مُّنِيبٍ ②

وَلَقَدْ آتَيْنَا دَاوُدَ مِنَّا فَضْلًا ۗ يَجِبَالٍ
أَوْ يَبِي مَعَهُ وَالطَّيْرِ ۗ وَ أَتَىٰ لَهُ
الْحَدِيدَ ③

إِن أَعْمَلَ سُلَيْمِثٍ وَقَدَّرَ فِي السَّرْدِ وَ
أَعْمَلُوا صَالِحًا ۗ إِنِّي بِمَا تَعْمَلُونَ
بَصِيرٌ ④

وَأَرْسَلْنَا مِنَ الرِّيحِ غَدُوًّا شَهْرِ ۗ
رَوَّاحَهَا شَهْرًا ۗ وَ أَسَلْنَا لَهُ عَيْنَ
الْقِطْرِ ۗ وَ مِنَ الْجِنِّ مَن يَعْمَلُ بَيْنَ
يَدَيْهِ بِأَذْنِ رَبِّهِ ۗ وَ مَن يَبْزُغْ
مِنْهُمْ عَن أَمْرِنَا نُزِقْهُ مِن
عَذَابِ السَّعِيرِ ⑤

يَعْمَلُونَ لَهُ مَا يَشَاءُ مِن مَّحَارِبٍ وَ
تَمَاثِيلٍ وَ جِفَانٍ كَالْجَوَابِ وَ قُدُورٍ
رُّسِبَتٍ ۗ أَلِ دَاوُدَ شُكْرًا ۗ
وَ قَلِيلٌ مِّنْ عِبَادِي الشَّاكِرُونَ ⑥

فَلَمَّا قَضَيْنَا عَلَيْهِ الْمَوْتَ مَا دَلَّهُمْ
عَلَىٰ مَوْتِهِ إِلَّا دَابَّةٌ مِّنَ الْأَرْضِ تَأْكُلُ

34:15 Eki gambo 'daabbah' (دَابَّةٌ) kitegeeza buli kiramu. N'olwekyo kireme kutwalibwa nti amakulu ge tukiggyeemu nti kitegeeza 'ekiwuka kyoomu ttaka', ge gokka ag'ekigambo ekyo. Wano ayogerwako nga ekiwuka kyoomu ttaka ye mutabani wa Sulaimāni(a.s) eyayitibwanga Reheboam eyamusikira. Eky'omukisa omubi, ye teyayoleka bitone bya butuukirivu n'obufuzi

omuggo ggwe. Kale bwe yagwa, nekimanyika eri Amajinni nti ddala singa baali bamanyi eby'enkiso, tebaalibadde mu kibonerezo ekiswaaza.

16. Mazima Abasabiya baalina akabonero akaali mu maka gaabwe: *waaliwo* ensuku bbiri *olumu* nga luli ku ddyo *n'olulala* ku kkonu. *Netugamba nti*: Mulye ku bigabulwa bwa Mukama wammwe era mumwebaze. Ettaka eddungi, ne Mukama Omusonyiyi ennyo!

17. Naye baakubayo mabega, kale netubaweereza amataba ag'akabi *okuva mu bbibiro eryabotoka*. Netubakuyuusiza mu nsuku zaabwe ensuku endala bbiri ezirina ebibala ebikambagga *n'emiti gya Athli* n'egimu ku miti gya Sidiri emitonotono.

18. Ebyo twabibasasula lwa buteebaza; naye nga tetusasula *bwe tutyo*, okuggyako abateebaza.

19. Era twateeka wakati waabwe ne wakati w'ebibuga ebyo bye twassaamu omukisa, ebibuga *ebirala* ebirabikira ddala era netugereka ebiwummulo mu byo. *Netugamba nti*: Mutambule mirembe mu byo ekiro n'emisana.

20. Naye baagamba nti: Mukama waffe, wanvuya ebiwummulo ebiri wakati w'eng'endo zaffe, bwe batyo nebeeryazaamaanya bokka; olwo netubafuula ngero era netubasensebula olusensebula. Ddala mw'ekyo mulimu obubonero eri buli mugumiikiriza, omwebazi.

21. Era ddala Ibilisi yakisanga nti endowooza ye yali ntuufu ku bo, kale baamugoberera, okuggyako ekibiina ky'abamu mu bakkiriza *abatuufu*.

22. So teyalina buyinza bwonna ku bo, wabula *twayagala* kumanyisa oyo akkiriza enkomerero okuva kw'abo abagibuu-sabuusamu. Era Mukama wo ye Mulabirizi ku buli kimu.

مِنْ سَاتَةِ ۚ فَلَمَّا حَرَّتْ تَبَيَّنَتْ الْجِنَّ
أَنْ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ الْغَيْبَ مَا
لِئْتُوا فِي الْعَذَابِ الْمُهِينِ ﴿١٥﴾

لَقَدْ كَانَ لِسَيِّئِ فِي مَسْكَنِهِمْ آيَةٌ ۚ
جَنَّاتٍ عَنْ يَمِينٍ وَشِمَالٍ ۚ كُلُوا مِنْ
رِزْقِ رَبِّكُمْ وَاشْكُرُوا لَهُ ۗ بَلَدَةٌ
طَيِّبَةٌ وَرَبُّ غَفُورٌ ﴿١٦﴾

فَاعْرِضُوا فَاَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ سَيْلَ
الْعَرِيرِ وَبَدَّلْنَاهُمْ بِجَنَّتَيْهِمْ جَنَّتَيْنِ
ذَوَاتِيْ اُكْحُلٍ خَمْطٍ وَّاَثَلٍ وَشَيْءٍ مِّنْ
سِدْرِ قَلِيلٍ ﴿١٧﴾

ذَلِكَ جَزَيْنَهُمْ بِمَا كَفَرُوا ۗ وَهَلْ
نُجِزِيْ اِلَّا الْكٰفِرِيْنَ ﴿١٨﴾

وَجَعَلْنَا بَيْنَهُمْ وَبَيْنَ الْقُرَى الَّتِي
بُرَكْنَا فِيْهَا قُرَى طَاهِرَةً وَّ قَدْرًا
فِيْهَا السَّيْرُ ۗ سَيَّرُوا فِيْهَا لِيَالِيْ وَّ
آيَاتًا مُّزِينَةً ﴿١٩﴾

فَقَالُوا رَبَّنَا بَعْدَ بَيْنِ اَسْفَارِنَا وَّ
ظَلَمْنَا اَنْفُسَهُمْ وَجَعَلْنَاهُمْ اَحَادِيثَ
وَمَرَقْنَاهُمْ كُلَّ مِرْقٍ ۗ وَاِنَّ فِيْ ذٰلِكَ
لَآيَاتٍ لِّكُلِّ صَبَّارٍ شٰكُوْرٍ ﴿٢٠﴾

وَلَقَدْ صَدَقَ عَلَيْهِمْ اِبْلِيْسُ ظَنَّهُ
فَاتَّبَعُوْهُ اِلَّا فَرِيْقًا مِّنَ الْمُؤْمِنِيْنَ ﴿٢١﴾

وَمَا كَانَ لَهُ عَلَيْهِمْ مِنْ سُلْطٰنٍ اِلَّا
لِيَتْلَمَهُمْ مِنْ يُّوْمٍ ۗ بِالْاٰخِرَةِ مِمَّنْ هُوَ
مِنْهَا فِيْ سَكٰتٍ ۗ وَرَبُّكَ عَلٰى كُلِّ شَيْءٍ
حٰفِيْظٌ ﴿٢٢﴾

obulungi ebyali mu kitaawe. Mu bufuzi bwa Reheboam, bakakensa abaakolanga emirimu egitali gimu ku mulembe gwa Sulaimāni(a.s) (wano abayitiddwa 'jinni'), oluvanyuma lw'okulaba obunafu bw'omusika, baamanya nti ddala obwakabaka bwa Sulaimāni(a.s) bwali bugudde, kyebaava bamulwanyisa ne baktutulakutula mu bwakabaka obwo.

Ruku 3

23. Gamba nti: Kale mulaajanire abo be mubala nti bakatonda ebbali wa Allah. Tebalina buyinza wadde obwenkana obuzito bw'akakunkumuka akali mu ggulu wadde mu nsi, era byombi tebabirinamu mugabo; era Allah tabanga na muyambi yenna mu bo.

24. Era okuwolereza tekugasa gy'ali, okuggyako eri oyo gw'aba akkirizza, okutuusa awo nga emyoyo gyabwe gigyiddwamu ensisi, aboogezi bagambe nti: Mukama wammwe yagamba ki? Baliddamu nti: Yayogera mazima. Era ye Mugulumivu ennyo, Omukulu ennyo.

25. Gamba nti: Ani abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Gamba nti: Allah. Naye ddala ku ffe oba ku mmwe kuliko ali ku bulung'amu oba ku bubuze obw'olwaatu.

26. Gamba nti: Mmwe temulibuuzebwa ku bibi bye twakola, naffe tetulibuuzebwa kw'ebyo bye mukola.

27. Gamba nti: Mukama waffe alitukung'anya wamu, n'oluvannyuma aliramula wakati waffe mu mazima. Era Ye ye Ssabalamuzi, Omumanyi wa byonna.

28. Gamba nti: Mundage abo be mwamupaatiikako nga mubenkanyankanya naye. Nedda, wabula Ye Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

29. Era tetwakutuma wabula lwa kuba muwi wa mawulire ag'essanyu era omulabuzi eri abantu bonna, naye abasinga obungi mu bantu tebamanyi.

30. Era bagamba nti: Ye ekisuubizo kino kya ddi, obanga mwogera mazima?

31. Gamba nti: Mulina ekisuubizo ky'olunaku lwe mutayinza kwerebisalwisaako kaseera wadde temuyinza kuluyitako.

Ruku 4

32. Era abatakkiriza bagamba nti: Tetujja kukkiriza Kur'ani eno wadde ebyo ebyagikulemba. Naye singa olaba aboononyi awo nga bayimirizibwa mu maaso ga Mukama waabwe nga balumagana bokka na bokka, abo abaatwalibwanga nti banafu baligamba abo

قُلْ اذْعُوا الَّذِينَ رَعَيْتُمْ مِنْ دُونِ
اللَّهِ لَا يَمْلِكُونَ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ فِي
السَّمَوَاتِ وَلَا فِي الْأَرْضِ وَمَا لَهُمْ فِيهِمَا
مِنْ شَرِكٍ وَمَا لَهُ مِنْهُمْ مِنْ ظَاهِرٍ ﴿١٣﴾

وَلَا تَتَنَفَّسُ السَّمَاءُ عِنْدَهُ إِلَّا بِإِذْنٍ
أَذِنَ لَهُ مَا حَشَىٰ إِذَا فُزِعَ عَنْ قُلُوبِهِمْ
قَالُوا مَاذَا قَالَ رَبُّكُمْ قَالُوا الْحَقُّ وَ
هُوَ الْعَلِيُّ الْكَبِيرُ ﴿١٤﴾

قُلْ مَنْ يَبْرِزُكُمْ مِنَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
قُلِ اللَّهُ وَإِنَّا أَوْ لِيَاكُمْ لَعَلَىٰ هُدًى أَوْ فِي
ضَلَالٍ مُبِينٍ ﴿١٥﴾

قُلْ لَا تَسْأَلُونَ عَمَّا أَجْرَمْنَا وَلَا نَسْأَلُ
عَمَّا تَعْمَلُونَ ﴿١٦﴾

قُلْ يَجْمَعُ بَيْنَنَا رَبُّنَا ثُمَّ يَفْتَحُ بَيْنَنَا
بِالْحَقِّ وَهُوَ الْفَتَّاحُ الْعَلِيمُ ﴿١٧﴾

قُلْ أَرُونِي الَّذِينَ أَحَقُّنَّ بِهِ شُرَكَاءَ
كَلَّا بَلْ هُوَ اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿١٨﴾

وَمَا أَرْسَلْنَاكَ إِلَّا حَافَّةً لِّلنَّاسِ
بَشِيرًا وَنَذِيرًا وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ
لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٩﴾

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدِ إِن كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿٢٠﴾

قُلْ لَكُمْ وَمِعَادٌ يَوْمٍ لَا تَشْتَأْخِرُونَ
عَنْهُ سَاعَةً وَلَا تَسْتَفْهِمُونَ ﴿٢١﴾

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَنْ نُؤْمِنَ بِهَذَا
الْقُرْآنِ وَلَا بِالَّذِي بَيْنَ يَدَيْهِ
وَلَوْ تَرَىٰ إِذِ الظَّالِمُونَ مَوْتُوا فُونَ
عِنْدَ رَبِّهِمْ يَرْجِعُ بَعْضُهُمْ إِلَى
بَعْضٍ يُلْقُونَ يَقُولُ الَّذِينَ

abeekuzanga nti: Singa temwali mmwe, mazima twalibadde bakkiriza.

33. Abo abeekuzanga baligamba abo abaatwalibwanga nti banafu nti: Abaffe, ddala ffe twabaziyiza eri obulung'amu oluvannyuma nga bubatuuseko? *Nedda*, wabula mmwe bennyini mwali boononyi.

34. Era abo abaatwalibwanga nti banafu baligamba abo abeekuzanga nti: Nedda, *twabuzibwa na kwekoba kwammwe* okw'ekiro n'emisana nga mutupikiriza tugaane Allah era tumuteekerewo n'abavuganya naye. Era *baligezaako* okukweka okwejjusa awo nga balabye ekibonerezo. Era tulissa enjegere mu bulago bw'abo abatakkiriza. Era tebalisasulwa okuggyako olw'ebyo bye baakoola.

35. Era tetutumanga mu kibuga Mulabuzi yenna wabula bannaggagga baamu baagamba nti: Ddala bye mutumiddwa nabyo ffe tubigaanyi.

36. Era baagamba nti: Ffe tusinza eby'obuggagga ebingi n'abaana, era tetuli ba kubonerezebwa.

37. Gamba nti: Mazima Mukama wange agaziyiza ebigabibwa eri oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Naye era abasinga obungi mu bantu tebamanyi.

Ruku 5

38. Era eby'obuggagga bwammwe wadde abaana bammwe si by'ebiribasembeza okumpi naffe *mu madaala*, okuggyako oyo alikkiriza era n'akola ebikolwa eburungi; kale abo be balifuna empeera ey'emirundi ebiri olw'ebyo bye baakolanga era be baliba mu magoloofa nga bali ntende.

39. Naye abo abeefubiriranga okufufu-ggaza Aya zaffe, abo be balireetebwa eri ekibonerezo.

اسْتَضْعِفُوا لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا لَوْ أَن
أَنْتُمْ لَكُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ﴿٣٣﴾

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا لِلَّذِينَ
اسْتَضْعَفُوا أَنَحْنُ صَدَدْنَاكُمْ عَنِ
الْهُدَىٰ بَعْدَ إِذْ جَاءَكُمْ بَلْ كُنْتُمْ
مُجْرِمِينَ ﴿٣٤﴾

وَقَالَ الَّذِينَ اسْتَضْعَفُوا لِلَّذِينَ
اسْتَكْبَرُوا بَلْ مَكْرُ الْأَيْدِي وَاللِّسَانِ
إِذْ تَأْمُرُونَنَا أَنْ نَكْفُرَ بِاللَّهِ وَ
نَجْعَلَ لَهُ أَنْدَادًا وَأَسْرَأُ
النَّدَامَةَ لَمَّا رَأَوُا الْعَذَابَ
جَعَلْنَا الْأَعْمَلُ فِي آعْتَابِ الَّذِينَ
كَفَرُوا هَلْ يُجْزَوْنَ إِلَّا مَا كَانُوا
يَعْمَلُونَ ﴿٣٥﴾

وَمَا أَرْسَلْنَا فِي قَرْيَةٍ مِّنْ نَّذِيرٍ
إِلَّا قَالَ مُتْرَفُوهُمْ إِنَّا بِمَا
أُرْسِلْتُمْ بِهِ كَافِرُونَ ﴿٣٦﴾

وَقَالُوا نَحْنُ أَكْثَرُ أَمْوَالًا وَ أَوْلَادًا
وَمَا نَحْنُ بِمُعَذَّبِينَ ﴿٣٧﴾

قُلْ إِنْ رَبِّي يَمْسُطُ الرِّزْقَ لِمَنْ
يَشَاءُ وَيَقْدِرُ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ
لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٨﴾

وَمَا أَمْوَالُكُمْ وَلَا أَوْلَادُكُمْ بِآيَاتِي
تُفْقَرُ بِكُمْ وَعِنْدَنَا رُزْقٌ إِلَّا مَن
وَعَمِلَ صَالِحًا زَقَا وَلِيكَ لَهُمْ جَزَاءٌ
الضَّعِيفِ بِمَا عَمِلُوا وَ هُمْ فِي
الْغُرْفَةِ أَمْنُونَ ﴿٣٩﴾

وَالَّذِينَ يَسْعَوْنَ فِي آيَاتِنَا
مُتَعَجِّزِينَ أُولَئِكَ فِي الْعَذَابِ
مُحَضَّرُونَ ﴿٤٠﴾

40. Gamba nti: Mukama wange agaziyiza ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde mu baweereza be era y'abimukendeereza. Era ekintu kyonna kye mutoola, kale akizzaawo; era Ye y'Asinga abagabi bonna.

قُلْ إِنَّ رَبِّي يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ
مِنَ عِبَادِهِ وَ يَقْدِرُ لَهُ مَا
أَنفَقْتُمْ مِّن شَيْءٍ فَهُوَ يُخْلِفُهُ
وَ هُوَ خَيْرُ الرَّازِقِينَ ﴿٤٠﴾

41. Era *jjukira* olunaku lw'alibakung'aanya bonna n'oluvannyuma aligamba ba malayika nti: Abaffe, bano ddala mmwe be baasinzanga ?

وَيَوْمَ يَحْشُرُهُمْ جَمِيعًا ثُمَّ يَقُولُ
لِلْمَلَائِكَةِ أَهَؤُلَاءِ إِبْرَاهِيمَ كَانُوا
يَعْبُدُونَ ﴿٤١﴾

42. Baliddamu nti: Obutuukirivu bubwo! Ggwe Mutaasa waffe ku bo. Nedda, baasinzanga Majinni era abasinga obungi mu bo, go ge bakkirizangamu.

قَالُوا سُبْحٰنَكَ أَنْتَ وَلِيِّنَا مِنْ
ذُنُوبِهِمْ ؕ بَلْ كَانُوا يَعْبُدُونَ الْجِنَّ
أَكْثَرَهُمْ بِهِمْ مُمُؤِنُونَ ﴿٤٢﴾

43. *Baligambibwa nti*: Kale nno olwa leero temulina buyinza kugasagana wadde okulumyagana. Era tuligamba abo abaayonoona nti: Mulege ku kibonerezo ky'omuliro ekyo kye mwalimbisanga.

قَالِيَوْمَ لَا يَمْلِكُ بَعْضُكُمْ لِبَعْضٍ
نَفْعًا وَلَا ضَرًّا ؕ وَ نَقُولُ لِلَّذِينَ
ظَلَمُوا ذُوقُوا عَذَابَ النَّارِ الَّتِي كُنتُمْ
بِهَا تُكذِّبُونَ ﴿٤٣﴾

44. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, bagamba nti: Ono si mulala wabula ye muntu ayagala okubaziyiza kw'ebyo bakitammwe bye baasinzanga. Era bagamba nti: Kino si kirala naye bwe bulimba obujingirire. Era abo abatakiriza boogera ku mazima nga gabatuuseeko nti: Kino si kirala wabula kwe kubuzaabuza okw'olwaatu.

وَإِذْ اتَّخَذْتُمْ عَلَيْهِمْ اٰیٰتِنَا بَيِّنٰتٍ قَالُوا
مَا هٰذَا اِلَّا رَجُلٌ يُرِيْدُ اَنْ يَّصُدَّكُمْ
عَمَّا كَانُ يَعْبُدُ اٰبَاؤَكُمْ ؕ وَقَالُوا مَا
هٰذَا اِلَّا رَاٰفِكُ مُفْتَرًى ؕ وَ قَالَ
الَّذِيْنَ كَفَرُوْا لِلْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ اِنَّ
هٰذَا اِلَّا سِحْرٌ مُّبِيْنٌ ﴿٤٤﴾

45. Naye tetubawangako bitabo nti bye baasomamu era tetutumanga gye bali Mulabuzi yenna olubereberye lwo nti y'eyabagamba bino.

وَ مَا اٰتَيْنَهُمْ مِنْ كُتُبٍ يَّدْرُسُوْنَهَا
وَ مَا اَرْسَلْنَا اِلَيْهِمْ قَبْلَكَ مِنْ
تَّذٰوِيْرٍ ﴿٤٥﴾

46. Era n'abo abaabasooka baalimbisa *obubaka* — na bano abatannatuusa na kimu kya kumi eky'ebyo bye twaawa bali, nabo era balimbisizza Ababaka bange. Naye *ekibonerezo* ky'okung'aana kyaali kitya?

وَ كَذَّبَ الَّذِيْنَ مِنْ قَبْلِهِمْ ؕ وَ مَا
بَلَغُوا مَحْشَرًا مَا اٰتَيْنَهُمْ وَ كَذَّبُوْا
رُسُلِيْنَ فَكَيْفَ كَانَ نَكِيْرٍ ﴿٤٦﴾

Ruku 6

47. Gamba nti: Nze mbabuulirira ekintu kimu: Muyimirirenga ku lwa Allah babiri babiri, n'omu omu, n'oluvannyuma

قُلْ لَئِنَّمَا اَعْظَمَكُمْ بِوَاحِدَةٍ اَنْ
تَقُوْا رِبِّيْٓ وَرَبِّيْٓ وَفَرَادًى ثُمَّ

mufumiitirizenga nnyo. *Mujja kumanya nti* munnammwe tagwanga ddalu. Ye si mulala wabula ye Mulabuzi gye muli ku kibonerezo ekikakali ekisonze.

48. Gamba nti: Empeera yonna gye nnaalibasabye, kale ebeere yammwe. Nze empeera eyange teri *ku mulala* wabula eri ku Allah, era ye Mujulizi ku buli kimu.

49. Gamba nti: Mazima Mukama wange amegguza amazima *ku bulimba n'abusaanyaawo* era ye Ssaabamanyi w'ebyenkiso.

50. Gamba nti: Amazima gazze era obulimba tebukyagunzeewo *kintu* wadde okukizzaawo.

51. Gamba nti: Bwe mba nga mbuze, kale mbuze ku lwange nzekka. Era bwe mba nga nnung'ameye, *nnung'ameye* lw'ebyo ebimbikkulirwa Mukama wange. Mazima Ye y'Awulira byonna, Ow'okumpi ennyo.

52. Era singa olaba awo nga bakankana, naye nga tewali butolokero, *waalyewuunyizza!* Ate balikwatirwa mu kifo kya kumpi nnyo.

53. Era baligamba nti: *Kati byonna* tubikki-riza. Naye obwo buliba *bukkiriza* nnabaki* *bwe balifuna* nga bamaze na kutuuka mu kifo ekiri ewala ennyo *bwe kityo*,

54. Ate nga *okukkiriza* baakugaana olubereberye nga bapaatiikawo n'ebitaliwo nga basinziira mu kifo *kye baalowoozanga nti* kiri wala nnyo *ne Allah?*

55. Era olukomera luliteekebwa wakati waabwe n'ebyo bye baayaayaniranga, nga bwe kyakolwa eri abo abaabafaananga olubereberye. Mazima nabo baali mu kubuusabuusa okutawaanya.

تَتَفَكَّرُوا نَدَمَا بِصَاحِبِكُمْ مِّنْ جَنَّةٍ ۚ إِنَّهُ هُوَ إِلَّا نَذِيرٌ لَّكُمْ بَيْنَ يَدَيْ عَذَابٍ شَدِيدٍ ﴿٤٧﴾

قُلْ مَا سَأَلْتُكُمْ مِّنْ أَجْرٍ فَهُوَ لَكُمْ ۗ إِنَّ أَجْرِيَ إِلَّا عَلَى اللَّهِ ۖ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿٤٨﴾

قُلْ إِنَّ رَبِّي يَبْفِئُ بِالْحَقِّ ۖ عَلَامُ الْغُيُوبِ ﴿٤٩﴾

قُلْ جَاءَ الْحَقُّ وَ مَا يُبَدِّلُ الْبَاطِلَ وَ مَا يُعِيدُ ﴿٥٠﴾

قُلْ إِنْ ضَلَلْتُ فَإِنَّمَا أَضَلُّ عَلَى نَفْسِي ۚ وَإِنِ اهْتَدَيْتُ فِيمَا يُؤْتِيهِ رَبِّي ۖ إِنَّهُ سَمِيعٌ قَرِيبٌ ﴿٥١﴾

وَ لَوْ تَرَى إِذْ فَرَعُوْا قَلًا فَوَتَّ وَاخُذُوا مِنْ مَّكَانٍ قَرِيبٍ ﴿٥٢﴾

وَ قَالُوا أَمْ نَكُفِّرُ بِهِ ۚ وَ اتَّى لَهُمُ التَّنَادُ وَاخُذُوا مِنْ مَّكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٥٣﴾

وَ قَدْ كَفَرُوا بِهِ مِنْ قَبْلُ ۚ وَ يَبْفِئُونَ بِالْغَيْبِ مِنْ مَّكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٥٤﴾

وَ حِيلَ بَيْنَهُمْ وَ بَيْنَ مَا يَشْتَهُونَ كَمَا فُعِلَ بِأَشْيَاعِهِمْ مِّنْ قَبْلُ ۚ إِنَّهُمْ كَانُوا فِي شَكٍّ مَُّرِيبٍ ﴿٥٥﴾

34:53. Kino kitegeeza nti ohuvannyuma lw'okulemwa okukkiriza nga bakyali wano ku nsi, okukkiriza kwabwe ku lunaku lw'enkomerero tekuliba na mugaso gwonna.

FĀṬĪR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Amatendo gonna ga Allah Omutandisi w'eggulu n'ensi, assaawo ba malayika okuba ababaka: abalina ebiwawaatiro ebibiri, n'ebisatu, n'ebina. Ayongera ku ntonda nga bw'aba ayagadde. Mazima Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

3. Okusaasira kwonna Allah kw'aba agguliddewo abantu tewali akuziyiza, n'ekyo ky'aba aziyizza, tewali mulala akiweereza atali Ye. Era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

4. Abange mmwe abantu, mujjukire ekisa kya Allah ekiri ku mmwe. Abaffe, eriyo omutonzi yenna atali Allah abagabira okuva mu ggulu ne mu nsi? Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Kati ate muwugulirwa waw?

5. Era bwe banaakulimbisa tewewuunya, mazima n'Abatume abakusooka baalimbisi-bwa; naye eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

6. Abange mmwe abantu, mazima ekisuubizo kya Allah kya mazima. Kale obulamu bw'ensi buleme kubayinula, n'abuzaabuza aleme kubabuzaabuza ku bifa ku Allah.

7. Mazima Sitaani mulabe wammwe, kale mumutwalenga ng'omulabe. Mazima akoowola ab'ekibiina kye balyooke babeere mu bantu b'omuliro ogubumbujja.

8. Abo abeerema balifuna ekibonerezo ekikakali. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, be balifuna okusonyiyi-bwa n'empeera ennene ennyo.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الْحَمْدُ لِلَّهِ فَاطِرِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
جَاعِلِ الْمَلَكِئِكَةِ رُسُلًا أُولِي أَلْجُنْحَةِ
مِثْلِي وَثَلْتِ ذُرِّيَّةً بِبِرِّهِ فِي الْخَلْقِ
مَا يَشَاءُ إِنَّ اللَّهَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيرٌ ①

مَا يَفْتَحِ اللَّهُ لِلنَّاسِ مِنْ رَحْمَةٍ فَلَا
مُمْسِكَ لَهَا وَ مَا يُمْسِكُهَا فَلَا يُرْسِلُ
لَهُ مِنْ بَعْدِهَا وَ هُوَ الْعَزِيزُ
الْحَكِيمُ ②

يَا أَيُّهَا النَّاسُ اذْكُرُوا نِعْمَتَ
اللَّهِ عَلَيْكُمْ هَلْ مِنْ خَالِقٍ غَيْرِ اللَّهِ
يَرْزُقُكُمْ مِنَ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ
وَلَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ قَاتِلُوا تُكُونَ ③

وَإِنْ يُكَذِّبُوكَ فَقَدْ كَذَّبَتْ
رُسُلٌ مِنْ قَبْلِكَ وَرَأَى اللَّهُ تَرْجِمَ الْأُمُودَ ④

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ
فَلَا تُغْرِبْكُمْ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا وَ
لَا يُغْرِبْكُمْ بِاللَّهِ الْغُرُورُ ⑤

إِنَّ الشَّيْطَانَ لَكُمْ عَدُوٌّ فَاتَّخِذُوهُ
عَدُوًّا إِنََّّمَا يَدْعُوا حِزْبَهُ لِيَكُونُوا
مِنْ أَصْحَابِ السَّعِيرِ ⑥

الَّذِينَ كَفَرُوا لَهُمْ عَذَابٌ شَدِيدٌ وَ
الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَ أَجْرٌ كَبِيرٌ ⑧

Ruku 2

9. Abaffe, oyo eyalungiyizibwa ebikolwa bye ebibi, ye n'abiraba nga birungi *ayinza okulung'ama*? Mazima Allah y'abuza oyo gw'aba asalidde era y'alung'ama oyo gw'aba asiimye. Kale omwoyo gwo guleme kukuggwaamu olw'okubalumirwa. Mazima Allah amanyi bulungi bye bakola.

10. Era Allah y'Oyo aweereza empewo nezisitula ebire, olwo netubiraza eri ensi efudde, kale netubiramusisa ensi *eyo* oluvannyuma lw'okufa kwa yo. N'okuzuukira nno bwe kutyo *bwe kuliba*.

11. Oyo ayagala ekitiibwa, kale *amanye nti* ekitiibwa kyonna kya Allah. Gy'ali ebigambo ebirungi gye birinnya, n'ebikolwa ebirungi by'ebibisitula. Era abo abasala enkwe embi be balifuna ekibonerezo ekikakali; n'okwekoba kw'abo kwe kw'okugwa obutaka.

12. Era Allah y'eyabatonda mu ttaka, n'oluvannyuma mu ttondo ly'amazzi agazaala, n'oluvannyuma yabafuula ababiribabiri. Era ekikazi kyonna tekiba lubuto wadde tekizaala wabula na kumanya kwe. Era tewali yenna awangaazibwa mu bawangaazibwa, wadde tewali akendeezebwa ku buwangaazi bwe, wabula kiba *kiwandiike* mu Kitabo. Mazima ekyo eri Allah kyangu nnyo.

13. Era ennyanja eb biri tezenkanankana: eno nga ya *mazzi* maseeneekerevu, mawoomerevu, gamirika mu kuganywa, ate endala nga ya munnyo, ekaayirira; so nga mu zonna mulyamu ennyama ensu era nemuziggyamu n'ebyamajolobera bye mwambala. Era olaba ebyombo ku zo nga bigenda bisala *amazzi* mulyooke munoonye ku mikisa gye era mulyooke mwebaze.

14. Y'ayingiza ekiro mu misana era y'ayingiza emisana mu kiro. Era yassa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kiseeyeeya ku kiseera ekigere. Oyo

أَفَمَنْ رُؤِيَ لَهُ سَوْءٌ عَمَلِهِ فَرَاهُ
حَسَنًا فَإِنَّ اللَّهَ يُضِلُّ مَنْ يَشَاءُ
وَيَهْدِي مَنْ يَشَاءُ فَلَا تَذْهَبُ
نَفْسُكَ عَلَيْهِمْ حَسْرَتٍ إِنَّ اللَّهَ
عَلِيمٌ بِمَا يَصْنَعُونَ ①

وَاللَّهُ الَّذِي أَرْسَلَ الرِّيحَ فَتُثِيرُ
سَحَابًا فَسُقْنَاهُ إِلَى بَلَدٍ مَيِّتٍ
فَأَحْيَيْنَا بِهِ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا
كَذَلِكَ النُّشُورُ ②

مَنْ كَانَ يُرِيدِ الْعِزَّةَ فَلِلَّهِ الْعِزَّةُ
جَمِيعًا وَإِلَيْهِ يَصْعَدُ الْكَلِمُ الطَّيِّبُ
وَالْعَمَلُ الصَّالِحُ يَرْفَعُهُ وَالَّذِينَ
يَمْكُرُونَ السَّيِّئَاتِ لَهُمْ عَذَابٌ
شَدِيدٌ وَهُمْ أُولَئِكَ هُوَ يُمَوِّرُ ③

وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ مِنْ تُرَابٍ ثُمَّ مِنْ
نُطْفَةٍ ثُمَّ جَعَلَكُمْ أَزْوَاجًا وَمَا
تَحْمِلُ مِنْ أُنْثَى وَلَا تَضَعُ إِلَّا يَعْلَمُهُ
وَمَا يُعَمَّرُ مِنْ مُعَمَّرٍ وَلَا يُنْقِضُ
مِنْ عُمْرٍ إِلَّا فِي كِتَابٍ إِنَّ ذَلِكَ
عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ④

وَمَا يَسْتَوِي الْبَحْرَيْنِ بِهَذَا عَذَابٌ
فَرَاتٌ سَائِغٌ شَرَابُهُ وَهَذَا مِلْحٌ
أُجَابٌ وَمِنْ كُلِّ تَاكُلُونَ لَحْمًا
طَرِيًّا وَتَسْتَخْرِجُونَ حَلِيَّةً
تَلْبَسُونَهَا وَتَرَى الْفُلْكَ فِيهِ
مَوَاجِرَ لَتَبْتَغُوا مِنْ فَضْلِهِ وَ
لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ⑤

يُؤَلِّجُ اللَّيْلَ فِي النَّهَارِ وَ يُوَلِّجُ
النَّهَارَ فِي اللَّيْلِ وَ سَخَّرَ الشَّمْسَ

nno ye Allah Mukama wammwe; obwakabaka bubwe. Naye abo be mulaajanjira ebbali we, tebalina bwa nannyini wadde akasirikitu.

15. Ne bwe mubalaajanira, tebawulira kulaajana kwammwe; ate ne bwe baaliwulidde, era tebaalisobodde kubaanukula. Era ku lunaku lw'okuzuukira balyegaana okubenkanya kwammwe ne Allah. Era tewali ayinza kukunyonnyola okufaanana ng'Oyo ategeera byonna.

Ruku 3

16. Abange mmwe abantu, mmwe beetaavu eri Allah, so nga ye Allah y'Atalina kye yeetaaga kyonna, y'Atenderezebwa ennyo.

17. Bw'aba nga ayagadde, mmwe abaggyawo n'aleetayo ebitonde ebiggya mu kifo kyammwe.

18. Era ekyo eri Allah si kizibu.

19. Era omwetissi talyetikka buzito bwa mulala era n'azitoowereddwa bw'aliraajanira omulala amuyambe ku buzito bwe, talyetikka ku bwo wadde akatono, ne bw'aliba owuwe. Mazima ggwe olabula abo abatya Mukama waabwe munda ddala nebajjumbira n'essaala. Era oyo eyetukuza, kale ddala yetukuza lwa *kugasa* mwoyo gwe; era eri Allah y'eri obuddo.

20. Era omuzibe w'amaaso teyenkanankana n'oyo alaba,

21. Wadde ekizikiza *okwenkanankana* n'obutangaavu,

22. Wadde ekisiikirize *okwenkanankana* n'ebbugumu.

23. Era abalamu n'abafu tebenkanankana. Mazima Allah awuliza oyo gw'aba ayagadde, naye ggwe toyinza kuwuliza abo abali mu ntaana.

24. Ggwe toli kirala wabula oli Mulabuzi.

25. Mazima twakutuma n'amazima nga ggwe muwi w'amawulire ag'essanyu era

وَالْقَمَرَ كُلِّ يَجْرِي لِأَجَلٍ مُّسَمًّى ۗ
ذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمْ لَهُ الْمُلْكُ ۗ وَالَّذِينَ
تَدْعُونَ مِنْ دُونِهِ مَا يَمْلِكُونَ مِنْ
قِطْمِيرٍ ﴿١٤﴾

إِنْ تَدْعُوهُمْ لَا يَسْمَعُوا دُعَاءَكُمْ
وَلَوْ سَمِعُوا مَا اسْتَجَابُوا لَكُمْ ۗ وَيَوْمَ
الْقِيَامَةِ يَكْفُرُونَ بَشِرْكُمْ ۗ وَلَا
يُنَبِّئُكَ مِثْلَ خَبِيرٍ ﴿١٥﴾

يَا أَيُّهَا النَّاسُ أَنْتُمُ الْفُقَرَاءُ إِلَى
اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ هُوَ الْغَنِيُّ الْحَمِيدُ ﴿١٦﴾

إِنْ يَشَاءُ يُدْهِبْكُمْ وَيَأْتِ بِخَلْقٍ
جَدِيدٍ ﴿١٧﴾

وَمَا ذَلِكُ عَلَى اللَّهِ بِعَزِيزٍ ﴿١٨﴾

وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَى ۗ وَإِنْ تَدْعُ
مُثْقَلَةٌ إِلَىٰ جَمَلٍهَا لَا يُحْمَلُ مِنْهُ
شَيْءٌ ۗ وَلَا لَوْ كَانَ ذَا قُرْبَىٰ ۗ إِنَّمَا تُنذِرُ
الَّذِينَ يَخْشَوْنَ رَبَّهُمْ بِالْغَيْبِ
وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ ۗ وَمَنْ تَزَكَّىٰ فَإِنَّمَا
يَتَزَكَّىٰ لِنَفْسِهِ ۗ وَإِلَى اللَّهِ الْمَصِيرُ ﴿١٩﴾

وَمَا يَسْتَوِي الْأَعْمَىٰ وَالْبَصِيرُ ﴿٢٠﴾

وَلَا الظُّلُمَاتُ وَلَا النُّورُ ﴿٢١﴾

وَلَا الظُّلُّ وَلَا الْحَرُورُ ﴿٢٢﴾

وَمَا يَسْتَوِي الْأَحْيَاءُ وَلَا الْأَمْوَاتُ ۗ
إِنَّ اللَّهَ يُسْمِعُ مَنْ يَشَاءُ ۗ وَمَا أَنْتَ
بِمُسْمِعٍ مَّن فِي الْقُبُورِ ﴿٢٣﴾

إِنْ أَنْتَ إِلَّا نَذِيرٌ ﴿٢٤﴾

إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ بِالْحَقِّ بَشِيرًا وَنَذِيرًا ۗ

34. *Abo be baliweebwa* ensuku ez'olubeerera ze baliyingiramu. Baliwundirwamu n'ebikomo ebya zaabu ne luulu, n'ebya-mbalo byaabwe mu zo biriba bya liiri.

جئت عذني بَدْخُلُونَهَا يُحَلِّوْنَ فِيهَا
مِنَ آسَافٍ وَ مِنْ ذَهَبٍ وَ لؤلؤًا وَ
لِبَاسُهُمْ فِيهَا حَرِيرٌ ﴿٣٤﴾

35. Era baligamba nti: Amatendo gonna ga Allah Oyo atuggyeeko enaku. Mazima Mukama waffe ye Musonyiyi ennyo, Omusiimi ennyo.

وَ قَالُوا الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي آذَىٰ عَتَا
الْحَرْنَ ؕ إِنَّ رَبَّنَا لَغَفُورٌ شَكُورٌ ﴿٣٥﴾

36. Anti y'Oyo atutebenkezza, olw'emikisa gye, mu maka ag'olubeerera; mu go tetutuukibwako kutawaana era mu go tetutuukibwako bukoowu.

بِالَّذِي أَحَلَّنَا دَارَ الْمَقَامَةِ مِن
فَضْلِهِ ؕ لَا يَمَسُّنَا فِيهَا نَمَبٌ وَ
لَا يَمَسُّنَا فِيهَا لُغُوبٌ ﴿٣٦﴾

37. Naye abo abeerema be balifuna omuliro gwa Jahannamu. Tebalisalirwa nti bafe, wadde tebalikendeerezebwa ku kibonerezo kya gwo. Bwe tutyo nno bwe tusaala buli muteebaza.

وَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَهُمْ نَارٌ جَهَنَّمَ ؕ
لَا يُقْضَىٰ عَلَيْهِمْ فِيمَؤْتُوا وَ لَا
يُخَفَّفُ عَنْهُمْ مِن عَذَابِهَا ؕ كَذَلِكَ
نَجْزِي كُلَّ كَفُورٍ ﴿٣٧﴾

38. Era baliraajanira mu gwo *nti*: Mukama waffe, tuggyemu tukole ebikolwa ebirungi ebitali ng'ebyo bye twakolanga. *Allah aligamba nti*: Abaffe, tetwabawangaaza *ekimala* oyo afumiitiriza okufumiitiririzaamu era nemutuukwako n'Omulabuzi? Kale muloze ku *kibonerezo*; kuba aboononyi tebalinaayo muyambi yenna.

وَهُمْ يَصْطَرِحُونَ فِيهَا ؕ رَبَّنَا أَخْرِجْنَا
تَعْمَلْ صَارِحًا غَيْرَ الَّذِي كُنَّا نَعْمَلُ ؕ
أَوْ لَمْ نَعْمَرْكُمْ مَّا يَتَذَكَّرُ فِيهِ مَن
تَذَكَّرَ وَ جَاءَكُمْ النَّذِيرُ ؕ فَذُوقُوا
عَذَابَ اللَّهِ لَظِيمِينَ مِّن تَصِيرٍ ﴿٣٨﴾

Ruku 5

39. Mazima Allah ye Mumanyi w'ebyaama by'eggulu n'ensi. Mazima Ye y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

إِنَّ اللَّهَ عَلِيمٌ غَيْبِ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ ؕ
إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٣٩﴾

40. Ye y'eyabafuula abasika mu nsi. Kale oyo atakkiriza, obutakkiriza bwe bukosa ye. Era abatakkiriza, obutakkiriza bwabwe tebulina kye bubongerako eri Mukama waabwe, okuggyako obukyaayi; era abatakkiriza obutakkiriza bwabwe tebulina kye bubongerako, okuggyako okufaafaaganirwa.

هُوَ الَّذِي جَعَلَكُمْ خَلْقًا فِي الْأَرْضِ ؕ
فَمَن كَفَرَ فَعَلَيْهِ كُفْرُهُ ؕ وَ لَا يَزِيدُ
الْكَافِرِينَ كُفْرُهُمْ عِندَ رَبِّهِمْ إِلَّا
مَقْتًا ؕ وَ لَا يَزِيدُ الْكَافِرِينَ كُفْرُهُمْ
إِلَّا آخْسَارًا ﴿٤٠﴾

41. Gamba nti: Abaffe, mulabye mutya? Ba katonda bammwe abo be mulaajanira ebbali wa Allah, mundageyo kye baatonda ku nsi? Nandiki balina omugabo mu *kutondebwa* kw'eggulu? Oba twabawaayo ekitabo nti bali ku bukakafu obw'olwaatu obuva mu kyo? Ddala aboonoonyi tebasuubiziganya bokka na bokka okuggyako okubuzaabuza.

قُلْ أَرَأَيْتُمْ شُرَكَاءَ كُمُ الَّذِينَ تَدْعُونَ
مِن دُونِ اللَّهِ ؕ أَرُونِي مَاذَا خَلَقُوا مِن
الْأَرْضِ أَمْ لَهُمْ شِرْكٌ فِي السَّمَوَاتِ ؕ
أَمْ أَمْتِنَهُمْ كِتَابًا فَهُمْ عَلَىٰ بَيِّنَاتٍ

مِّنْهُ ۚ بَلْ إِنْ يَجِدُ الظَّالِمُونَ بَعْضُهُمْ
بَعْضًا إِلَّا غُرُورًا ﴿٤١﴾

42. Mazima Allah y'akwatiridde emigigi gy'eggulu n'ensi byombi bireme kusagaasagana, kuba bwe bisagaasagana, tewali yenna ayinza kubikwatirira atali Ye. Mazima Ye y'Alumirirwa ennyo abaweereza be, Omusonyiyi ennyo.

إِنَّ اللَّهَ يُمِصُّكَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ أَنْ
تَزُولَا ۗ وَكَئِنْ زَالَتَا إِنْ أَمْسَكَهُمَا
مِنْ أَحَدٍ مِّنْ بَعْدِهِ ۗ إِنَّهُ كَانَ حَلِيمًا
عَفُورًا ﴿٤٢﴾

43. Era balayira Allah mu kulayira kwabwe okw'okwekaza nti singa Omulabuzi anajja gye bali, mazima bajja kuba balung'amu nnyo okusinga ebibiina byonna. Naye Omulabuzi bwe yajja gye bali, tekyabongerako okuggyako okwesamba,

وَاقْسَمُوا بِاللَّهِ جَهْدَ أَيْمَانِهِمْ لَئِنْ
جَاءَهُمْ تَذِيرٌ لَّيَكُونُنَّ أَهْدَىٰ مِنْ
إِحْدَى الْأُمَمِ ۗ فَلَمَّا جَاءَهُمْ تَذِيرٌ مَّا
زَادَهُمْ إِلَّا نُفُورًا ﴿٤٣﴾

44. N'okwekulumbaliza mu nsi n'okwekoba okubi. Naye okwekoba okubi tekwebungulula mulala okuggyako ba nnyini kwo. Abaffe, ate balindayo ekirala okuggyako okutuukibwako enkola Allah gye yayisaamu ab'edda? Naye tojja kusanga kukuyuuka kwonna mu nkola ya Allah era tojja kusanga kuwuguka kwonna mu mpisa ya Allah.

بِاسْتِكْبَارًا فِي الْأَرْضِ وَ مَكَرَ السَّيِّئُ
وَلَا يَحِيقُ الْمَكْرُ السَّيِّئُ إِلَّا بِأَهْلِهِ ۗ
فَهَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا سُنَّتِ الْأَوَّلِينَ ۗ
فَلَنْ تَجِدَ لِسُنَّتِ اللَّهِ تَبْدِيلًا ۗ وَ لَنْ
تَجِدَ لِسُنَّتِ اللَّهِ تَحْوِيلًا ﴿٤٤﴾

45. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abaabasooka nga bwe yali ng'ate baali babasinza nnyo amaanyi? Era tewali kyonna mu ggulu wadde mu nsi ekiyinda okulemesa Allah. Mazima Ye ye Mumanyi wa byonna, ow'Obuyinza ennyo.

أَوَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ
كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ ۚ وَ
كَانُوا أَشَدَّ مِنْهُمْ قُوَّةً ۚ وَ مَا كَانَ
اللَّهُ لِيُعْجِزَهُ مِنْ شَيْءٍ فِي السَّمَوَاتِ
وَلَا فِي الْأَرْضِ ۗ إِنَّهُ كَانَ عَلِيمًا
قَدِيرًا ﴿٤٥﴾

46. Era singa Allah yali akangavvulirawo abantu olwa buli kibi kye baba bakoze, ku nsi teyaalireseeko kiramu kyonna; naye abalindiriza okutuusa ku kiseera ekyagerekebwa. Kale entuuko yaabwe bw'etuuka, okakasa nti ddala Allah abaweereza be abalaba bulungi.

وَلَوْ يَوُؤُا أَخَذَ اللَّهُ النَّاسَ بِمَا كَسَبُوا
مَا تَرَكَ عَلَى ظَهْرهَا مِنْ دَابَّةٍ وَ لَكِنْ
يُؤَخِّرُهُمْ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى ۚ فَاِذَا جَاءَ
أَجَلُهُمْ فَإِنَّ اللَّهَ كَانَ بِحَبَابَةٍ
بَصِيرًا ﴿٤٦﴾

YĀ SĪN

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Yā Sīn*.

یٰسٓ ①

3. Njuliza Kur'āni ejjudde eby'amagezi,

وَ الْقُرْآنِ الْحَكِیْمِ ②

4. Mazima ddala oli mu Batume,

إِنَّكَ لَمِنَ الْمُرْسَلِیْنَ ③

5. Abali ku kkubo eggolokofu.

عَلَى صِرَاطٍ مُّسْتَقِیْمٍ ④

6. Kuno kwe kubikkulirwa okuva eri Luwangula, Ow'ekisa ekingi,

تَنْزِیْلَ الْعَزِیْزِ الرَّحِیْمِ ⑤

7. Olyooke olabule abantu bakitaabwe abataalabulwa, bwe batyo balagajjadde.

لِتُنذِرَ قَوْمًا مَّا أُنذِرَ آبَاؤُهُمْ فَهُمْ غٰفِلُونَ ⑥

8. Mazima ensala yamala okukakata ku basinga obungi mu bo, kale si bakkiriza.

لَقَدْ حَقَّ الْقَوْلُ عَلٰی أَكْثَرِهِمْ فَهُمْ لَا یُؤْمِنُونَ ⑦

9. Mazima twassa ebikoligo mu nsingo zaabwe, byo nga bituukira ddala ku bulevu; bwe batyo emitwe gyabwe gbinuddwa.

إِنَّمَا جَعَلْنَا فِیْ أَعْتَاقِهِمْ آغْلًا فَهٰی إِلَى الْآذِقَانِ فَهُمْ مُّقْمَحُونَ ⑧

10. Era twassa mu maaso gaabwe ekiziyiza, n'ekiziyiza ekirala emabega waabwe, kale netubabuutikira; bwe batyo tebalaba.

وَجَعَلْنَا مِنْ بَیْنِ أَيْدِيهِمْ سَدًّا وَّ مِنْ خَلْفِهِمْ سَدًّا فَأَغْشَيْنَاهُمْ فَهُمْ لَا یُبْصِرُونَ ⑨

11. Era ky'ekimu gye bali: Bw'obalabula nebw'otabalabula, tebakiriza.

وَسَوَاءٌ عَلَیْهِمْ ءَأَنْذَرْتَهُمْ أَمْ لَمْ تُنذِرْهُمْ لَا یُؤْمِنُونَ ⑩

12. Mazima ggwe olabula oyo agoberera okubuulirira era nga atya Allah Ow'ekisa mu kyaama. Kale muwe amawulire ag'essanyu ag'okusonyiyibwa n'empeera ey'ekitiibwa.

إِنَّمَا تُنذِرُ مَنِ اتَّبَعَ الذُّكْرَ وَ خَشِيَ الرَّحْمٰنَ یَالْغَیْبِ ۗ فَبَشِّرْهُ بِمَغْفِرَةٍ وَّ أَجْرٍ كَرِیْمٍ ⑪

13. Mazima Ffe tuzuukiza abafu era netuwandiika n'ebyo bye bakulembeza ne bye baleka emabega era buli kimu tukikumira mu Kitabo ekitangaaza.

إِنَّمَا یَخْشَى اللّٰهَ مِنْ عِبَادِهِ السُّعَدَاءُ وَ السُّعَدَاءُ هُمُ الْمُؤْمِنُونَ ⑫

Ruku 2

14. Era baletere eky'okulabirako eky'abantu b'omu kibuga awo nga Ababaka bakiituseeko.

وَ اصْرَبْ لَهُمْ مَثَلًا اصْحٰبَ الْقَرْیَةِ ۗ

إِذْ جَاءَهَا الْمُرْسَلُونَ ⑬

15. Awo bwe twatuma gye bali *Ababaka* babiri kale nebabalimbisa, olwo *Ababaka* netubongeramu amaanyi n'owokusatu, nebagamba nti: Mazima tuli Babaka gye muli.

16. Nebagamba nti: Mmwe temuli kirala wabula muli bantu nga ffe era *Allah* Omusaasizi ennyo tassanga kintu kyonna, wabula mmwe mulimba bulimbi.

17. Nebagamba nti: Ddala Mukama waffe amanyi bulungi nti ddala tuli Babaka *be* gye muli.

18. Era ffe tetuvunaanyizibwa okuggyako okutuusa obubaka mu lwaatu.

19. *Abatakkiriza* nebagamba nti: Mazima tufunye nnyo ekikwa ku lwammwe. Naye bwe muteekomeko, ddala tujja kubakuba amayinja era ddala mujja kutuukibwako ekibonerezo ekirumya okuva gye tuli.

20. *Abatume* nebagamba nti: Ekikwa kyammwe kiri mu mmwe. *Mugamba mutyo* lwa kuba nti mubuuliriddwa? Nedda, muli bantu abasukkiridde *obubi*.

21. Olwo omusajja kwe kujja ng'adduka okuva mu kitundu eky'ewala mu kibuga, n'agamba nti: Bannange, mugoberere *Abatume*.

22. Mugoberere abo abatabasaba mpeera ate nga balung'amu.

Juzu 23

23. Ye nnina *nsonga* ki obutasinza Oyo eyantonda ate nga gy'ali gye mulizzibwa?

24. Abaffe, ate ntwale abasinzibwa abalala ebbali we? Singa *Allah* Ow'ekisa ennyo anjagaliza akabi, okuwolereza kwabwe tekungasa n'akatono wadde tebasobola kumponya.

25. Olwo nange ddala mba ndi mu kubula kwa lwaatu.

26. Mazima nze nzikiririza mu Mukama wammwe, kale mumpulirize.

27. Kyagambibwa nti: Yingira mu Janna. Nagamba nti: O! Kale singa ne bannange baamanya,

إِذْ أَرْسَلْنَا إِلَيْهِمُ اثْنَيْنِ فَكَذَّبُوهُمَا فَعَزَّزْنَا بِثَالِثٍ فَقَالُوا إِنَّا إِلَيْكُمْ مُرْسَلُونَ ﴿١٥﴾

قَالُوا مَا أَنْتُمْ إِلَّا بَشَرٌ مِثْلُنَا وَمَا أَنْزَلَ الرَّحْمَنُ مِنْ شَيْءٍ ؕ إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا تَكْذُوبُونَ ﴿١٦﴾

قَالُوا رَبُّنَا يَعْلَمُ إِنَّا إِلَيْكُمْ لَمُرْسَلُونَ ﴿١٧﴾

وَمَا عَلَيْنَا إِلَّا الْبَلْغُ الْمُبِينُ ﴿١٨﴾

قَالُوا إِنَّا تَطَيَّرْنَا بِكُمْ لَئِن لَّمْ تَنْتَهُوا لَنَرْجِمَنَّكُمْ وَنَحْمِسَنَّكُمْ وَنَجْعَلَنَّ لَكُمْ أَلِيمًا ﴿١٩﴾

قَالُوا طَائِرُكُمْ مَعَكُمْ ؕ إِنْ دُكِرْتُمْ بِهِ أَنْتُمْ قَوْمٌ مُّشْرِكُونَ ﴿٢٠﴾

وَجَاءَ مِنْ أَقْصَا الْمَدِينَةِ رَجُلٌ يَسْعَى قَالَ يَدْعُوهُ تَتَّبِعُوا الْمُرْسَلِينَ ﴿٢١﴾

اتَّبِعُوا مَنْ لَا يَسْأَلُكُمْ أَجْرًا وَهُمْ مُّهْتَدُونَ ﴿٢٢﴾

وَمَا لِي لَا أَعْبُدُ الَّذِي فَطَرَنِي وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٢٣﴾

ءَأَتَّخِذُ مِنْ دُونِهِ إِلَهًا إِنْ يُرَدَّنِ الرَّحْمَنُ بِضُرٍّ لَا تُغْنِي عَنْهُمْ شَفَاعَتُهُمْ شَيْئًا وَلَا يُنْقِذُونِ ﴿٢٤﴾

إِنِّي إِذْ أَلْفَيْ صَلْبٍ مُّبِينٍ ﴿٢٥﴾

إِنِّي آمَنْتُ بِرَبِّكُمْ فَاسْمِعُونِ ﴿٢٦﴾ قِيلَ ادْخُلِ الْجَنَّةَ قَالَ يَا لَيْتَ قَوْمِي يَعْلَمُونَ ﴿٢٧﴾

28. Nga Mukama wange bwe yansonyiwa era n'anfuula omu mw'abo ab'ekitiibwa!

بِمَا عَفَرْنَا عَلَىٰ قَوْمِهِ مِن بَعْدِهِ ۗ وَمَا أَنزَلْنَا عَلَىٰ قَوْمِهِ مِن بَعْدِهِ ۗ وَمَا كُنَّا مُنْزِلِينَ ﴿٢٨﴾

29. Era tetwaweereza eri eggwanga lye ggye lyonna oluvannyuma lwe okuva mu ggulu era kyaali tekitwetaagisa na kuweereza.

وَإِن كَانَتْ إِلَّا صَيْحَةً وَاحِدَةً فَإِذَا هُمْ خَامِدُونَ ﴿٢٩﴾

30. Anti tewaali kirala okuggyako olubwatuka lumu, okwejjukiriza nga baweddewo!

يَحْسِرَةٌ عَلَىٰ الْعِبَادِ ۗ مَا يَأْتِيهِمْ مِنَ رَسُولٍ إِلَّا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِئُونَ ﴿٣٠﴾

31. Kya kusaalirwa eri abantu, kuba te-bajirwa Mutume yenna, wabula bamujerega.

أَلَمْ يَرَوْا كَمَا أَهْلَكْنَا قَبْلَهُم مِّنَ الْقُرُونِ أَنَّهُمْ إِلَيْهِمْ لَا يَرْجِعُونَ ﴿٣١﴾

32. Abaffe, tebalaba emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe nti bo tebakyadda gye bali?

وَأَن كُلُّ لِقَا جَمِيعٍ لَّدَيْنَا مُحْضَرُونَ ﴿٣٢﴾

33. Era bonna wamu ddala ba kuleetebwa mu maaso gaffe.

Ruku 3

34. N'akabonero gye bali y'ensi enfu: tugizuukiza era netumeza mu yo empeke, kale ku zo kwe balya.

وَإِيَّةَ لَهُمُ الْأَرْضُ الْمَيْتَةَ ۗ أَخْيَيْنَاهَا وَأَخْرَجْنَا مِنْهَا حَبًّا فَمِنْهُ يَأْكُلُونَ ﴿٣٤﴾

35. Era tuteeka mu yo ensuku z'emitende n'emizabibu, era netufukumula mu yo ensulo,

وَجَعَلْنَا فِيهَا جَنَّاتٍ مِّن تَجْوِيلٍ ۗ وَأَعْتَابٍ ۗ وَفَجَّرْنَا فِيهَا مِنَ الْعُيُونِ ﴿٣٥﴾

36. Balyooke balye ku bibala bya zo, so nga emikono gyabwe si gy'egibikola. Abaffe, tebeebaza?

لِيَأْكُلُوا مِن ثَمَرِهِ ۗ وَمَا عَمِلَتْهُ أَيْدِيهِمْ ۖ أَفَلَا يَشْكُرُونَ ﴿٣٦﴾

37. Omutukuvu y'Oyo eyatonda byonna nga bibiribiri (ekisajja n'ekikazi) kw'ebyo ensi by'emeza, ne mu bo bennyini, ne mw'ebyo bye batamanyi.

سُبْحٰنَ الَّذِي خَلَقَ الْأَزْوَاجَ كُلَّهَا وَمَا تُثْبِتُ الْأَرْضُ وَمِن أَنفُسِهِمْ وَمَا لَا يَعْلَمُونَ ﴿٣٧﴾

38. N'akabonero gye bali ky'ekiro kye tuyubulamu emisana, okwejjukiriza nga bali mu kizikiza.

وَإِيَّةَ لَهُمُ النَّارُ ۗ تَسْلَخُ مِنْهُ النَّهَارُ فَإِذَا هُمْ مُظْلِمُونَ ﴿٣٨﴾

39. N'enjuba etambula nga egoba kkubo eryagitegekerwa. Okwo nno kwe kugereka kwa Luwangula, Omumanyi wa byonna.

وَالشَّمْسُ تَجْرِي لِمُسْتَقَرٍّ لَّهَا ۗ ذٰلِكَ تَقْدِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ﴿٣٩﴾

40. N'omwezi twagugerekera emitendera gye guyitamu okutuusa lwe guddayo neguba ng'olukindukindu lw'omutende olukalu olw'edda.

وَالْقَمَرَ قَدَّرْنَاهُ مَنَازِلَ ۗ حَتَّىٰ عَادَ كَالْعُرْجُونِ الْقَدِيمِ ﴿٤٠﴾

41. Tekisoboka njuba okutuuka ku mwezi, wadde ekiro okuyisa emisana; so nga byonna biri ku nkulungo emu kwe biseeyeyeza.

لَا الشَّمْسُ يَنْبَغِي لَهَا أَنْ تُدْرِكَ
الْقَمَرَ وَلَا اللَّيْلُ سَابِقُ النَّهَارِ وَكُلٌّ فِي
فَلَكٍ يَشْبَهُونَ ﴿٤١﴾

42. N'akabonero gye bali kali nti Ffe tusitula abaana baabwe mu kyombo ekijjuzibwa.

وَآيَةٌ لَهُمْ أَنَّا حَمَلْنَا ذُرِّيَّتَهُمْ فِي
الْفُلِكِ الْمَشْحُونِ ﴿٤٢﴾

43. Era tulibakolerayo n'ebidduka ebirala ebikifaanana bye balyebagala.

وَخَلَقْنَا لَهُمْ مِنْ مِثْلِهِ مَا يَرْكَبُونَ ﴿٤٣﴾

44. Ate bwe tuba nga twagadde, tubasaanyaawo; era tebaba na mwasirizi wadde tebalokolebwa,

وَإِنْ نَشَاءُ نُغْرِقُهُمْ فَلَا صَرِيخَ لَهُمْ وَ
لَا هُمْ يُنقَذُونَ ﴿٤٤﴾

45. Okuggyako nga kubadde kusaasira okuva gye tuli n'okweyagaza okumala akaseera.

إِلَّا رَحْمَةً مِنَّا وَمَتَاعًا إِلَىٰ حِينٍ ﴿٤٥﴾

46. Era bwe bagambibwa nti: Mwegendereze ebyo ebiri mu maaso gammwe n'ebiri emabega wammwe mulyooke musaasirwe, *tebafaayo*.

وَإِذَا قِيلَ لَهُمُ اتَّقُوا مَا بَيْنَ أَيْدِيكُمْ
وَمَا خَلْفَكُمْ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿٤٦﴾

47. Era tebatuukwako kabonero konna mu bubonero bwa Mukama waabwe, wabula bakakuba mabega.

وَمَا تَأْتِيهِمْ مِنْ آيَةٍ مِنْ آيَاتِ رَبِّهِمْ
إِلَّا كَانُوا عَنْهَا مُعْرِضِينَ ﴿٤٧﴾

48. Era bwe bagambibwa nti: Mutoole okuva mw'ebyo Allah bye yabagabira, abo abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Abaffe, tuliise oyo Allah gwe yaaliriisizza singa yali ayagadde? Mmwe temuli kirala wabula muli mu kubula kwa lwaatu.

وَإِذَا قِيلَ لَهُمُ اتَّقُوا مَا بَيْنَ أَيْدِيكُمْ
اللَّهُ قَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلَّذِينَ
آمَنُوا اتُّطِحُّ مِنْ لَوْ شَاءَ اللَّهُ
أَطَعَمَ ؕ إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا فِي ضَلَالٍ
مُّبِينٍ ﴿٤٨﴾

49. Era bagamba nti: Ye okusuubiza kuno kwa ddi, obanga mwogera mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدِ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ﴿٤٩﴾

50. Tebalina kye balinda okuggyako olubwatuka lumu olulibavumbagira nga bali mu kutotoogana.

مَا يَنْظُرُونَ إِلَّا صَيْحَةً وَاحِدَةً
تَأْخُذُهُمْ وَهُمْ يَخِصِّمُونَ ﴿٥٠﴾

51. Kale tebalisobola na kulaama wadde n'eri ab'ewaabwe tebaliddayo.

فَلَا يَسْتَطِيعُونَ تَوْصِيَةً وَلَا إِلَىٰ أَهْلِهِمْ
يَرْجِعُونَ ﴿٥١﴾

Ruku 4

52. Era eng'ombe erifuuyibwa, okwejjjuukiriza nga bavudde mu ntaana, beeyuna eri Mukama waabwe.

وَتُفِخُ فِي الصُّورِ فَإِذَا هُمْ مِنَ الْأَجْدَاثِ
إِلَىٰ رَبِّهِمْ يَنْسِلُونَ ﴿٥٢﴾

53. Baligamba nti: Nga zitusanze! Ani atuzuukusizza mu bwebakiro bwaffe?

قَالُوا يَا وَيْلَنَا مَنْ بَعَثَنَا مِنْ مَرْقَدِنَا ۗ

Baligambibwa nti: Kino Allah Omusaasizi ennyo kye yabasuubiza, n'Abatume baayogera mazima.

هَذَا مَا وَعَدَ الرَّحْمَنُ وَصَدَقَ
الْمُرْسَلُونَ ﴿٥٣﴾

54. Tawaliba *kirala* okuggyako olubwatuka lumu, okwejuukiriza nga bonna baleeteddwa mu maaso gaffe.

إِنْ كَانَتْ إِلَّا صَيْحَةً وَاحِدَةً فَإِذَا هُمْ جَمِيعًا لَدَيْنَا مُحْضَرُونَ ﴿٥٤﴾

55. Kale kw'olwo tewali muntu aliryazaamaanyizibwa kintu kyonna era temulisasulwa okuggyako olw'ebyo bye mwakolanga.

فَالْيَوْمَ لَا تُظَلَمُ نَفْسٌ شَيْئًا وَلَا يُجْرَوْنَ إِلَّا مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٥٥﴾

56. Mazima abantu b'omu Janna kw'olwo baliba mu kwetala nga bajaganya.

لَإِنَّ أَصْحَابَ الْجَنَّةِ الْيَوْمَ فِي شُغْلٍ فَكِهِونَ ﴿٥٦﴾

57. Bo ne bakyala baabwe balibeera mu bisiikirize nga bagalaamiridde ku ntebe empunde, engulumivu.

هُمُ وَأَزْوَاجُهُمْ فِي ظِلِّ عَلَى الْأَرَائِكِ مُتَّكِئُونَ ﴿٥٧﴾

58. Balifuniramu ebibala, era balifuna buli kye baliragiriza.

لَهُمْ فِيهَا فَاكِهَةٌ وَ لَهُمْ مَا يَدَّعُونَ ﴿٥٨﴾

59. 'Salaam' (Mirembe) ky'ekigambo ky'okulamusa kye balikozesa ekyava eri Mukama Ow'ekisa.

سَلَامٌ قَوْلًا مِنْ رَبِّ رَحِيمٍ ﴿٥٩﴾

60. Allah *aligamba nti:* Olwa leero mweyawule muve mu bakozi b'ebirungi, abange mmwe aboononyi!

وَأَمَّا زُوا الْيَوْمَ أَيُّهَا الْمُجْرِمُونَ ﴿٦٠﴾

61. Abange mmwe abaana ba Ādamu, saabalagira nti temusinzanga Sitaani, mazima ye mulabe wa lwaatu gye muli?

أَلَمْ أَعْهَدْ إِلَيْكُمْ يَبْنَئِي أَدَمَ أَنْ لَا تَعْبُدُوا الشَّيْطَانَ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُبِينٌ ﴿٦١﴾

62. Era nti: Musinze Nze nzekka? Lino ly'ekkubo eggolokofu.

وَأَنْ أَعْبُدُونِي هَذَا صِرَاطٌ مُسْتَقِيمٌ ﴿٦٢﴾

63. Era ddala *Sitaani* yabuza abantu nkumu mu mmwe. Abaffe, mwaali temukozesa magezi?

وَلَقَدْ أَضَلَّ مِنْكُمْ جِبِلًّا كَثِيرًا أَفَلَمْ تَكُونُوا تَعْقِلُونَ ﴿٦٣﴾

64. Eno nno ye Jahannamu gye mwasuubizibwanga.

هَذِهِ جَهَنَّمُ الَّتِي كُنْتُمْ تُوعَدُونَ ﴿٦٤﴾

65. Mugiyingire olwa leero, kubanga temwakkiriza.

إِضْلَوْهَا الْيَوْمَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ﴿٦٥﴾

66. Olwa leero tujja kussa envumbo ku mimwa gyabwe, emikono gyabwe gitutegeze bye *baakola*, n'amagulu gaabwe gajulire kw'ebyo bye baakolanga.

الْيَوْمَ نَخْتِمُ عَلَىٰ أَفْوَاهِهِمْ وَتُكَلِّمُنَا أَيْدِيهِمْ وَتَشْهَدُ أَرْجُلُهُمْ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٦٦﴾

67. Era singa twayagala, ddala twalibajjemu amaaso gaabwe, awo nno lwe baalyeyunye *okunoonya* ekkubo. Naye olwo

وَلَوْ نَشَاءُ لَطَمَسْنَا عَلَىٰ أَعْيُنِهِمْ فَاسْتَبَقُوا الصِّرَاطَ فَأَنَّى يُبْصِرُونَ ﴿٦٧﴾

baalirabye batya?.

68. Era singa twayagala, twalibasibidde mu bifo byabwe, olwo tebaalisobodde kutambula kugenda mu maaso wadde okudda emabega.

Ruku 5

69. Era buli gwe tuba tuwangaazizza, tumunafuya mu butonde. Abaffe, era tebaategeere?

70. Era Nabbi tetumuyigirizanga bitontome era tebimusaanira. Kino si kirala wabula ky'Ekijjukiza era ye Kur'an, Etangaaza.

71. Twagissa eryooke erabule oyo omulamu, n'ensala eryooke ekakate ku batakkiriza.

72. Abaffe, tebalaba nga bwe twabatondera ebisolo ebyo emikono gyaffe bye gyakola ate bo ne baba bakama ba byo?

73. Era twabibagondeza balyooke beebagale ebimu ku byo era n'ebirala babirya.

74. Era babirnamu n'emigaso emirala mingi n'eb yokunywa. Abaffe, tebeebaze?

75. Naye era beefunirayo abasinzibwa abalala ebbali wa Allah mbu balyooke bayambibwe.

76. Tebasobola kubayamba wabula ate bo be baliba ekibinja ekirireetebwa ku bo okubalumiriza.

77. Kale okwogera kwabwe kuleme kukunakuwaza. Mazima Ffe tumanyi bye bakisa ne bye booleka.

78. Abaffe, omuntu talaba nga bwe twamutonda mu ttondo ly'amazzi agazaala, okwejjukiriza ng'ate ye muyombi ow'olwaatu.

79. Era atekawo n'eb yokutugerageranyiza-ako, kyokka neyeerabira okutondebwa kwe, n'agamba nti: Ani alizuukiza amagumba nga gamaze okusensebuka?

80. Gamba nti: Oyo eyagatonda omulundi ogwasooka y'aligazuukiza era Ye y'amanyi obulungi buli kitonde.

وَلَوْ نَشَاءُ لَمَسَخْنَهُمْ عَلَىٰ مَكَاتَتِهِمْ ۗ فَمَا اسْتَقْبَطُوا عُومًا مُّضِيًّا وَلَا يَسْرَجِعُونَ ﴿٦٨﴾

وَمَنْ نَعْمِرْهُ نُنَكِّسْهُ فِي الْخَلْقِ ۗ أَفَلَا يَعْقِلُونَ ﴿٦٩﴾

وَمَا عَلَّمْنَاهُ الشِّعْرَ وَمَا يَنْبَغِي لَهُ ۗ إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ وَقُرْآنٌ مُّبِينٌ ﴿٧٠﴾

لِيُنذِرَ مَن كَانَ حَيًّا وَيَحِقَّ الْقَوْلُ عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٧١﴾

أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّا خَلَقْنَا لَهُمْ مِن مَّاءٍ عَمِلَتْ أَيْدِيئَانَا أَنْعَامًا فَهُمْ لَهَا مَالِكُونَ ﴿٧٢﴾

وَدَلَّلْنَاهَا لَهُمْ فَمِنْهَا رَكُوبُهُمْ وَمِنْهَا يَأْكُلُونَ ﴿٧٣﴾

وَلَهُمْ فِيهَا مَنَافِعُ وَمَشَارِبُ ۗ أَفَلَا يَشْكُرُونَ ﴿٧٤﴾

وَاتَّخَذُوا مِن دُونِ اللَّهِ آلِهَةً لَّعَلَّهُمْ يُنصَرُونَ ﴿٧٥﴾

لَا يَسْتَطِيعُونَ نَصْرَهُمْ ۗ وَهُمْ لَهُمْ جُنْدٌ مُّحْضَرُونَ ﴿٧٦﴾

قَلَّا يَخْرُتُكَ قَوْلُهُمْ ۗ إِنَّا نَعْلَمُ مَا يُسِرُّونَ وَمَا يُعِينُونَ ﴿٧٧﴾

أَوَلَمْ يَرَ الْإِنْسَانُ أَنَّا خَلَقْنَاهُ مِن نُّطْقَةٍ فَإِذَا هُوَ خَصِيمٌ مُّبِينٌ ﴿٧٨﴾

وَضَرَبَ لَنَا مَثَلًا وَنَسِيَ خَلْقَهُ ۗ قَالَ مَنْ يُحْيِي الْعِظَامَ وَهِيَ رَمِيمٌ ﴿٧٩﴾

قُلْ يُحْيِيهَا الَّذِي أَنشَأَهَا أَوَّلَ مَرَّةٍ ۗ وَهُوَ بِكُلِّ خَلْقٍ عَلِيمٌ ﴿٨٠﴾

81. Y'oyo eyabakolera omuliro okuva mu muti omubisi, okwejjjuukiriza nga ku gwo mmwe kwe mukoleeza.

الَّذِي جَعَلَ لَكُم مِّنَ الشَّجَرِ الْأَخْضَرِ
تَارًا فَإِذَا أَنتُم مِّنْهُ تُوقَدُونَ ﴿٨١﴾

82. Abaffe, Oyo eyatonda eggulu n'ensi y'atasobola kutondayo babafaanana? Anti ddala Ye ye Ssaabatonzi, Omumanyi wa byonna.

أَوَلَيْسَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ
بِقَدِيرٍ عَلَىٰ أَن يَخْلُقَ مِثْلَهُمْ بَلَىٰ وَهُوَ
الْخَلْقُ الْعَلِيمُ ﴿٨٢﴾

83. Mazima ekiragiro kye bw'aba nga ayagadde ekintu kyonna, kale akigamba bugambi nti: Ba! olwo ne kitandika okuba.

إِنَّمَا أَمْرُهُ إِذَا أَرَادَ شَيْئًا أَن يَقُولَ لَهُ
كُنْ فَيَكُونُ ﴿٨٣﴾

84. Kale Omutukuvu y'Oyo alina mu mukono gwe obuyinza bwa buli kimu era gy'ali mwenna gye mulizzibwa.

فَسُبْحَانَ الَّذِي فِي يَدَيْهِ مَلَكُوتُ كُلِّ
شَيْءٍ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٨٤﴾

AL-ŞAFFĀT

(Yakka lubeberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Njuliza abo abasimba ennyiriri olusimba,

وَالصَّفَّاتِ صَفًّا ②

3. Olwo nebatwala abalabe ekirinnyamutikka,

فَالرُّجُزَاتِ رَجْرًا ③

4. Ate nebasoma okubuulirirwa okuli mu Kur'ani Ekijjukiza,

قَالَتِ لِي ذِكْرًا ④

5. Mazima Omusinzibwa wammwe ali Omu yekka,

إِنَّ إِلَهَكُمْ لَوَاحِدٌ ⑤

6. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebyo ebiri wakati wa byombi era ye Mukama w'ebuvanjuba yonna.

رَبِّ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا ⑥

وَرَبِّ الْمَشَارِقِ ⑥

7. Mazima twawunda eggulu ly'okumpimpi n'amatiribona g'emmunyeenye,

إِنَّا زَيْنًا السَّمَاءِ الدُّنْيَا بِزِينَةٍ ⑦

يَالْكُوكِبِ ⑦

8. Era netulikuuma ku buli Sitaani omujeemu.

وَحِفْظًا مِنْ كُلِّ شَيْطَانٍ مَارِدٍ ⑧

9. Sitaani teziyinza kuwuliriza mu lukiiko lw'oku ntikko ne bwe zigezaako zitya era zikasukirwa kibonoomu okuva buli ludda,

لَا يَسْمَعُونَ إِلَى الْمَلَأِ الْأَعْلَى وَيُقَدُّونَ ⑨

مِنْ كُلِّ جَانِبٍ ⑨

10. Nga zisindiikirizibwa, era zirina n'ekibonerezo eky'olubeerera.

دُخُورًا وَلَهُمْ عَذَابٌ وَأَصِيبٌ ⑩

11. Wabula buli agezaako okunyakula ebyaama obunyakuzi, alondoolwa kibonoomu ayakaayakana.

إِلَّا مَنْ خَطِفَ الْخَطْفَةَ فَأَتْبَعَهُ شَهَابٌ ⑪

نَائِقٌ ⑪

12. Kale babuuzi nti: Abaffe, bo bye bakola by'ebisinga obugumu oba Ffe bye twatonda? Mazima bo twabatonda mu budongo obukwatira.

فَاسْتَفْتَيْهِمْ بَأْسُهُمْ بَلْ هُمْ آخِذُونَ بِمَا خَلَقْنَا مِنْ ظَلَمٍ ⑫

وَإِنَّا خَلَقْنَا مِنْ طِينٍ ⑫

تَلَازِمٍ ⑫

13. Ddala ggwe weewuunya, ate bo bajerega bujerezi.

بَلْ عَجِبْتَ وَيَسْخَرُونَ ⑬

14. Ate bwe babuulirirwa, tebafaayo.

وَإِذَا دُعُوا لَا يَدْعُرُونَ ⑭

15. Era ne bwe balaba akabonero konna, bajerega bujerezi.

وَإِذَا رَأَوْا آيَةً يَسْتَسْخِرُونَ ⑮

16. Nga bagamba nti: Kino si kirala wabula kubuzaabuza kwa nkukunala.

وَقَالُوا إِن هَذَا إِلَّا سِحْرٌ مُّبِينٌ ⑯

17. Nga beebuza nti: Abaffe, bwe tulimala okufa nga tufuuse ttaka na magumba, ddala

إِذَا مِثْنَا وَكُنَّا تُرَابًا وَعِظًا مَا إِنَّا ⑰

ate tulizuukizibwa?

لَمَّعُوا نُورًا ۝١٧

18. Kazzi mbu ne bakitaffe ab'edda *nabo*?

أَوْ أَبَاؤُنَا الْأَوَّلُونَ ۝١٨

19. Gamba nti: Yee! Era muliswazibwa.

قُلْ نَعَمْ وَأَنْتُمْ دَاخِرُونَ ۝١٩

20. Kale ddala lwo luliba olukowoola lumu, okwejuukiriza nga batunula!

فَاتِمًا هِيَ زَجْرَةٌ وَاحِدَةٌ فَإِذَا هُمْ
يَنْظُرُونَ ۝٢٠

21. Era baligamba nti: Zitusanze! Mazima luno lwe lunaku lw'okusasulwa.

وَقَالُوا يَا وَيْلَنَا هَذَا يَوْمُ الدِّينِ ۝٢١

22. Luno lwe lunaku lw'okulamula lwe mwali mulimbisa.

هَذَا يَوْمُ الْفَضْلِ الَّذِي كُنْتُمْ فِيهِ
تُكذِّبُونَ ۝٢٢

Ruku 2

23. *Ba malayika baligambibwa nti:* Mukung'aanye abo abaayonoona ne bannaabwe n'ebyo bye baasinzanga

أَحْشُرُوا الَّذِينَ ظَلَمُوا إِذْ أَرَادُوا جَهَنَّمَ وَمَا
كَانُوا يَعْبُدُونَ ۝٢٣

24. Ebbali wa Allah; kale muboolekeze eri ekkubo ly'omuliro;

مَنْ دُونِ اللَّهِ قَاهِدُهُمْ إِلَىٰ صِرَاطِ
الْجَحِيمِ ۝٢٤

25. Era mubayimirize, kuba ddala bateekwa okubuuzibwa.

وَقِفُّهُمْ إِنَّهُمْ مَسْئُولُونَ ۝٢٥

26. *Balibuuzibwa nti:* Mubadde ki, nga temuyambagana?

مَا لَكُمْ لَا تَنصَرُونَ ۝٢٦

27. Naye nno kw'olwo balijeemulukukira ddala.

بَلْ هُمْ الْيَوْمَ مُسْتَسْلِمُونَ ۝٢٧

28. Era balyolekagana bokka na bokka nga bwe basimbagana ebibuuzo.

وَاقْبَلْ بِغَضِّهِمْ عَلَىٰ بَعْضِ
يَتَسَاءَلُونَ ۝٢٨

29. Baligamba nti: Mazima mmwe mwatufulumanga ku ddyo.

قَالُوا إِنَّكُمْ كُنْتُمْ تَأْتُونَنَا مِنَ
الْيَمِينِ ۝٢٩

30. Balibaddamu nti: Nedda, mmwe bennyini mmwe mutaali bakkiriza.

قَالُوا بَلْ لَمْ تَكُونُوا مُؤْمِنِينَ ۝٣٠

31. Kuba ffe tetwalina buyinza bwonna ku mmwe; wabula mmwe bennyini mwali bantu bajeemu.

وَمَا كَانَتْ لَنَا عَلَيْكُمْ مِنْ سُلْطَانٍ ۚ بَلْ
كُنْتُمْ قَوْمًا طٰغِينَ ۝٣١

32. Kale kati ensala ya Mukama waffe emaze okutukakatako, tuteekwa buteekwa okuloza ku kibonerezo.

فَحَقَّقْ عَلَيْنَا قَوْلَ رَبِّنَا ۙ إِنَّآ
لَكَآئِقُونَ ۝٣٢

33. *Temutunenya*, twababuza kuba naffe twali babuze.

فَاعْوَبِينَا إِنَّا كُنَّا عٰوِينَ ۝٣٣

34. Kale abo kw'olwo be baliba mu kibonerezo nga bali bumu.

فَإِنَّهُمْ يَوْمَئِذٍ فِي الْعَذَابِ مُشْتَرِكُونَ ۝٣٤

35. Mazima bwe tutyo bwe tuyisa aboonyoni. رَأَىٰ كَذٰلِكَ تَفَعَّلَ بِالْمَجْرُومِيْنَ ۝٣٥
36. Mazima baali nga bwe bagambibwa nti: Teri Musinzibwa mulala okuggyako Allah, nga beekuluntaza. رَأَىٰهُمْ كَاَنُوْا اِذَا قِيْلَ لَهُمْ لَا اِلٰهَ اِلَّا اللّٰهُ يَسْتَكْبِرُوْنَ ۝٣٦
37. Era nga bagamba nti: Abaffe, tulekeyo bakatonda baffe olw'omuyiia w'ebitonome omulogovvu? وَيَقُوْلُوْنَ اَرٰنَا لِنَعْرِكَ وَايَهِيَ تَارِشًا عِرْمٰجِنُوْنَ ۝٣٧
38. Ddala oyo gwe mujerega y'aleese amazima n'akakasa n'obutuufu bw'Abatume *bonna*. بَلْ جَاءَ بِالْحَقِّ وَصَدَّقَ الْمُرْسَلِيْنَ ۝٣٨
39. Mazima mujja kuloza ku kibonerezo ekirumya. اِنَّكُمْ لَذٰلِقُوْا الْعَذَابِ الْاَلِيْمِ ۝٣٩
40. Era temujja kusalulwa okuggyako olw'ebyo bye mwakolanga, وَمَا تُجَزُّوْنَ اِلَّا مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ ۝٤٠
41. Okuggyako abaweereza ba Allah abalondemu; اِلَّا عِبَادَ اللّٰهِ الْمُخْلِصِيْنَ ۝٤١
42. Abo be balifuna okugabulwa okumanyiddwa: اُولٰٓئِكَ لَهُمْ رِزْقٌ مَّغْلُوْمٌ ۝٤٢
43. *Okw'*ebibala; era baweebwe n'ebitiibwa, فَوَاكِهٌ جَدِّدٌ هُمْ مُكْرَمُوْنَ ۝٤٣
44. Nga bali mu Janna ey'essanyu erijjuvu, فِي جَنَّتِ التَّجْوِيْمِ ۝٤٤
45. *Nga bali* ku ntebe empunde, nga batunuuliganye. عَلٰى سُرُرٍ مَّتَقٰلِيْمِيْنَ ۝٤٥
46. Balyetooloozwamu ekikopo *ky'ekyokunya* ekiva mu nsulo ezitiiriika, يُطَافُ عَلَيْهِمْ بِكَاسٍ مِّنْ مَّعِيْنٍ ۝٤٦
47. *Eky'okunya* ekyeru tukutuku ekiwoomera abanywi, بِيْنٰضًا لَّدَيْهِ لِّلشَّرِبِيْنَ ۝٤٧
48. Ekitalibaamu kitamiiza era tebaliyenjebuka ku lwa kyo. اَلَا فِيْهَا عَوَّلٌ وَّلَا هُمْ عَنْهَا يُنرَفُوْنَ ۝٤٨
49. Era baliba n'abakyala abeeuumi, ab'amaaso ag'endege, وَعِنْدَهُمْ قَصْرٰتُ الطَّرْفِ عِيْنٌ ۝٤٩
50. Nga baling'anga amagi* amakusike. كَانَتْهُمْ بِيْنٰضٌ مَّكْنُوْنٌ ۝٥٠

37:50. 'Baidhun' (بَيْضٌ) ne 'baidhatun' (بَيْضَةٌ) byombi bitegeeza eggi lya maaya oba ery'ekinyonyi ekirala kyonna. Mu njongerá y'Abawarabu 'huwa baidhatul balad' (هُوَ بَيْضَةُ الْبَلَدِ) kitegeeza omuntu akuumwa obulungi obutiribiri nga maaya bw'ekuuma eggi lya yo obutiribiri olw'akaana akaba mu lya — anti likuumwa mpanga. N'oluusi kikozezewa okutegeeza omuntumulamu atasangikasangika, okufaananako n'eggi eribeera lyokka. Ekigambo kino era kikozezewa ku muntu ow'ekitiibwa ennyo oba omwami, oba mu nkozesa eno nti: Gundi 'balad', nga kitegeeza nti abantu bonna bamweyunira era muganzi gye bali okufananako n'ekibuga 'balad' (الْبَلَدِ) oba ekifo abantu kye bettanira ennyo olw'obulungi bwa kyo. Abawarabu era bakozeza enjogera eno ku muntu omumanyifu ennyo nga wa ttutumu ate nga n'abantu bamuwuliriramu nnyo oba nga bamutendereza nnyo olw'ebirungi by'akola n'empisa ze ennungi. N'olwensonga zino zonna 'baidhun maknoon' (بَيْضٌ مَّكْنُوْنٌ) kiba kitegeeza amakula ga Janna agakuumbwa obutiribiri ate nga malungi okuzaama.

51. Kale balyolekagana bokka na bokka nga bwe beebuuzaganya. قَاتِبَلْ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَسَاءَلُونَ ﴿٥١﴾
52. Omwogezi omu mu bo aligamba nti: Ddala nze nalina mukwano gwange, قَالَ قَاتِلٌ مِنْهُمْ إِنِّي كَانَتْ لِي قَرِينٌ ﴿٥٢﴾
53. Eyagambanga nti: Kazzi naawe oli mw'abo abakakasa nti kituufu, يَقُولُ أَرَأَيْتَ لِمَنِ الْمَصْرَقِينَ ﴿٥٣﴾
54. Nti bwe tulifa netufuuka ettaka n'amagumba *amasa*, mbu era tulilamulwa? ءِذَا وَاثْتَاوْ كُنَّا تَرَا بَا وَعِظَا مَاءِ رَاتَا لَمَدِينُونَ ﴿٥٤﴾
55. *Omwogezi* aligamba nti: Abaffe, munaalingiza? قَالَ هَلْ أَنْتُمْ مُطَّرِعُونَ ﴿٥٥﴾
56. Kale aliringiza n'amulaba ng'ali wakati mu muliro. قَاتَلَهُ فَرَاةٌ فِي سَوَاءِ الْجَحِيمِ ﴿٥٦﴾
57. Aligamba nti: Amazima ga Allah, kata onsaanyeewo. قَالَ تَاللَّهِ إِنْ كَذَبْتُ لَتُزْدَرِينَ ﴿٥٧﴾
58. Singa tekwali kusaasira kwa Mukama wange, mazima nange naalibadde mw'abo abaleeteddwa *mu gwo*. وَلَوْلَا نِعْمَةُ رَبِّي لَكُنْتُ مِنَ الْمُخْضَرِّينَ ﴿٥٨﴾
59. Kazzi ffe tetuli ba kufa nate, أَفَمَا تَحْنُ بِمَيِّتَيْنِ ﴿٥٩﴾
60. Okuggyako okufa kwaffe okwasooka era tetuli na ba kubonerezabwa? إِلَّا مَوْتَتَا الْأُولَىٰ وَ مَا تَحْنُ بِمُعَدِّيَيْنِ ﴿٦٠﴾
61. Mazima buno bwe buwanguzi obusuffu! إِنَّ هَذَا لَهُوَ الْقَوْمُ الْعَظِيمُ ﴿٦١﴾
62. Kale olw'ebiringa bino, abakola bye baba bakolerera. بِمِثْلِ هَذَا أَفَلِيَعْمَلِ الْعَمَلُونَ ﴿٦٢﴾
63. Abaffe, okusembeza okulinga okwo kwe kusinga obulungi oba okw'omuti gwa Zaqqūmi? أَذَلِكْ خَيْرٌ تَرْتَلَا أَمْ شَجَرَةُ الزَّقُّومِ ﴿٦٣﴾
64. Mazima gwo twagufuula kigezo eri aboononyi. إِنَّا جَعَلْنَاهَا فِثَةً لِلظَّالِمِينَ ﴿٦٤﴾
65. Ddala gwo gwe muti ogusibukira ddala ku ntoya ya Jahannamu. إِنَّهَا شَجَرَةٌ تَخْرُجُ فِي أَصْلِ الْجَحِيمِ ﴿٦٥﴾
66. Ebibala bya gwo biring'anga emitwe gy'emisota. طَلَعَهَا كَانَتْ رُءُوسَ الشَّيْطَانِ ﴿٦٦﴾
67. Kale ddala bo gwe balirya nebagujjuza embuto *zaabwe*. قَاتَهُمْ لِأَجَلُونَ مِنْهَا فَمَا لِعُونَ مِنْهَا الْبُطُونَ ﴿٦٧﴾
68. N'oluvannyuma, ddala baliguzzaako *eky'okunywa* ekitabuddwa mu lweje. ثُمَّ إِنَّ لَهُمْ عَلَيْهَا لَشَوْبًا مِنْ حَمِيمٍ ﴿٦٨﴾
69. Nate ddala obuddo bwabwe buliba eri Jahannamu. ثُمَّ إِنَّ مَرْجِعَهُمْ لَإِلَى الْجَحِيمِ ﴿٦٩﴾
70. Ddala bo baasanga ne bakitaabwe nga babuze, إِنَّهُمْ أَلْفَوْا آبَاءَهُمْ ضَالِّينَ ﴿٧٠﴾

71. Naye ate nabo nebeeyunira eri buwufu bwabwe.

قَهُمْ عَلَىٰ أَثَرِهِمْ يُهْرَعُونَ ﴿٧١﴾

72. Era ddala abasinga obungi mu baabasooka baali babuze.

وَلَقَدْ ضَلَّ قَبْلَهُمْ أَكْثَرُ الْأَوَّلِينَ ﴿٧٢﴾

73. Era ddala twatuma Abalabuzi mu bo.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا فِيهِمْ مُّذْرِبِينَ ﴿٧٣﴾

74. Naye laba enkomerero y'abo abaalabulwa nga bwe yali,

فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُذْرِبِينَ ﴿٧٤﴾

75. Okuggyako abaweereza ba Allah abalonde-mu.

إِنَّا عِبَادَ اللَّهِ الْمُخْلَصِينَ ﴿٧٥﴾

Ruku 3

76. Era ddala Nuhu yatulaajanira, ye nga mu baanukula tuli balungi nnyo!

وَلَقَدْ تَكَادَسْنَا نُوحٌ فَلَنَعْمَ الْمُجِيبُونَ ﴿٧٦﴾

77. Era twamuwonya n'abantu be omutawana omusuffu,

وَنَجَّيْنَاهُ وَأَهْلَهُ مِنَ الْكَرْبِ الْعَظِيمِ ﴿٧٧﴾

78. Netufuula ab'ezadde lye okuba nti be baawonawo.

وَجَعَلْنَا ذُرِّيَّتَهُ هُمُ الْبَاقِينَ ﴿٧٨﴾

79. Era netumulekerawo ettutumu mu b'oluvannyuma.

وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ﴿٧٩﴾

80. Emirembe gibeere ku Nuhu mu bantu bonna!

سَلَّمَ عَلَىٰ نُوْحٍ فِي الْعَلَمِينَ ﴿٨٠﴾

81. Mazima Ffe bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi.

إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٨١﴾

82. Ddala ye yali mu baweereza baffe abakkiriza.

إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ﴿٨٢﴾

83. N'oluvannyuma abalala twabasaanyaawo.

ثُمَّ أَعْرَقْنَا الْآخِرِينَ ﴿٨٣﴾

84. Era ddala mu kibinja kye mwe muli Ibrahīmu;

وَأَن مِّنْ شَيْعَةٍ لَّا بَرَهِيْمَةٌ ﴿٨٤﴾

85. Awo bwe yajja eri Mukama we n'omwoyo omujeemulukufu.

إِذْ جَاءَ رَبَّهُ بِقَلْبٍ سَلِيمٍ ﴿٨٥﴾

86. Awo bwe yagamba kitaawe n'abantu be nti: Biki ebyo bye musinza?

إِذْ قَالَ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ مَاذَا تَعْبُدُونَ ﴿٨٦﴾

87. Abaffe, bakatonda ab'obulimba be mwagala okuba Katonda ebbali wa Allah?

أَرَأَيْكُمْ آلِهَةً دُونَ اللَّهِ تُرِيدُونَ ﴿٨٧﴾

88. Kati olwo mulowooza mutya ku Mukama w'ebitonde byonna?

فَمَا ظَنُّكُمْ بِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٨٨﴾

89. Olwo yatunula olutunula mu mmunyenye,

فَنظَرَ نَظْرَةً فِي السُّجُومِ ﴿٨٩﴾

90. N'agamba nti: Ddala seewulira bulungi.

فَقَالَ رَبِّ سَقِيمٌ ﴿٩٠﴾

91. Kale bo baamusegulira nebamukuba amabega.

فَتَوَلَّوْا عَنْهُ مُدْبِرِينَ ﴿٩١﴾

92. Olwo yagenda bubba eri bakatonda baabwe n'agamba nti: Abange, temuulye?

فَرَاخَ إِلَىٰ آلِهِتِهِمْ فَقَالَ أَلَا تَأْكُلُونَ ﴿٩٢﴾

93. Mubadde ki, nga temwogera?

مَا لَكُمْ لَا تَنْطِقُونَ ﴿٩٣﴾

94. Amangu ago yatandika okukubaakuba *amasanamu* ne ddyo.

فَرَأَى عَلَيْهِمْ صَرْبًا يَا لِيَمِينِ ﴿٩٤﴾

95. Kale *oluvannyuma* baja gy'ali bunnambiro.

فَأَقْبَلُوا إِلَيْهِ يَزْفُونَ ﴿٩٥﴾

96. N'agamba nti: Abaffe, musinza ebyo mmwe bennyini bye mubazze,

قَالَ اتَّعْبُدُونَ مَا تَحْتُمُونَ ﴿٩٦﴾

97. So nga Allah y'eyabatonda era n'ebyo bye mukola?

وَاللَّهُ خَلَقَكُمْ وَمَا تَعْمَلُونَ ﴿٩٧﴾

98. Nebagamba nti: Mumuzimbire omuzimbo n'oluvannyuma mumusuule mu muliro.

قَالُوا ابْنُوا لَهُ بُيُوتًا فَأَلْفُوهَا فِي

الْجَحِيمِ ﴿٩٨﴾

99. Kale baayagala okumwekobera naye ate bo betwafuula abaweebuufu.

فَارَادُوا بِهِ كَيْدًا فَجَعَلْنَاهُمْ

الْأَسْفَلِينَ ﴿٩٩﴾

100. *Ibrāhīmu* n'agamba nti: Mazima nze ng'enda eri Mukama wange ajja kunnung'ama.

وَقَالَ إِنِّي ذَاهِبٌ إِلَى رَبِّي سَيَهْدِينِ ﴿١٠٠﴾

101. Ayi Mukama wange, mpa *omwana* ng'ali mu batuukirivu.

رَبِّ هَبْ لِي مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١٠١﴾

102. Kale twamuwa amawulire ag'essanyu *ag'omwana* ow'omutima omugonvu.

فَبَشَّرْنَاهُ بِغُلَامٍ حَلِيمٍ ﴿١٠٢﴾

103. Awo bwe yatuuka okutakabana awamu naye, n'agamba nti: Owange mwana wange, mazima ndabye mu kirooto nga nkusala. Kale wetegereze, olaba otya? N'agamba nti: Ssebo kitange, kola ekyo ky'olagiddwa. Allah nga ayagadde, ojja kunsanga nga ndi mu bagumiikiriza.

فَلَمَّا بَلَغَ مَعَهُ السَّعْيَ قَالَ يَبْنَئِي رَجُلًا

أَرَى فِي الْمَنَامِ إِنِّي أَدْبُحُكَ فَأَنْظُرْ مَاذَا

تَرَى ۗ قَالَ يَا أَبَتِ افْعَلْ مَا تُؤْمَرُ ۚ

سَتَجِدُنِي إِن شَاءَ اللَّهُ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿١٠٣﴾

104. Kale bombi bwe baamala okwewaayo *eri Allah* era nga amuvuunise ku kyenye kye,

فَلَمَّا أَسْلَمَا وَتَلَّهُ لِلْجَبِينِ ﴿١٠٤﴾

105. Netumukoowoola nti: Owange *Ibrāhīmu*,

وَتَادَيْتَهُ أَنْ يَأْتِ بِرَاهِيمٍ ﴿١٠٥﴾

106. Mazima otuukirizza ekirooto. Ddala naffe bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi.

قَدْ صَدَّقْتَ الرُّءُيَا ۚ إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي

الْمُحْسِنِينَ ﴿١٠٦﴾

107. Mazima ekyo kyali kigezo kya nkukunala.

إِنَّ هَذَا لَهُوَ الْبَلَاءُ الْمُبْتَلِينَ ﴿١٠٧﴾

108. Era *omwana* twamununula n'ekiweebwayo ekisukkirivu.

وَقَدَّيْنَهُ بِذُنُوحٍ عَظِيمٍ ﴿١٠٨﴾

109. Era netumulekerawo *ettutumu* mu b'oluvannyuma.

وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ﴿١٠٩﴾

110. Emirembe gibeere ku Ibrāhīmu. سَلَّمَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ ۝١١٠
111. Bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi. كَذٰلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِيْنَ ۝١١١
112. Mazima ye yali mu baweeza baffe abakkiriza. اِنَّهٗ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِيْنَ ۝١١٢
113. Era twamuwa n'amawulire ag'essanyu ag'okuzaala Isihāka, Nabbi ali mu batuukirivu. وَبَشِّرْهُ بِاسْحٰقَ نَبِيًّا ۚ إِنَّ الصّٰلِحِيْنَ ۝١١٣
114. Era netumuwa omukisa ye ne Isihāka. Ne mu zzadde lyabwe mwalimu oyo akola ebirungi n'oyo alabika nti teyeebalirira.* وَوَبَّرَكْنَا عَلَيْهِ ۙ وَعَلَىٰ اسْحٰقَ ۙ وَ مِنْ ذُرِّيَّتِهِمَا مُحْسِنٌ ۙ وَ ظَالِمٌ لِّنَفْسِهٖ مُبِينٌ ۝١١٤
- Ruku 4**
115. Era ddala twassa okusaasira ku Mūsa ne Hārūna. وَلَقَدْ مَتَنَّا عَلَىٰ مُوسَىٰ وَهَارُونَ ۝١١٥
116. Era netubawonya n'abantu baabwe akabi akasuffu, وَنَجَّيْنَهُمَا وَ قَوْمَهُمَا مِنَ الْكُفْرِ الْعَظِيْمِ ۝١١٦
117. Era netubayamba, kale nebaba nga be bawanguzi. وَوَصَّرْنَاهُمْ فَاكَانُوْا هُمُ الْغٰلِبِيْنَ ۝١١٧
118. Era netubawa Ekitabo ekitangaaza. وَاتَيْنَاهُمَا الْكِتٰبَ الْمُسْتَقِيْمَ ۝١١٨
119. Era bombiriri netubalung'anya mu kkubo eggolokofu. وَهَدَيْنَهُمَا الصِّرَاطَ الْمُسْتَقِيْمَ ۝١١٩
120. Era netubalekerawo n'ettutumu mu b'oluvannyuma. وَوَدَّرَكْنَا عَلَيْهِمَا فِي الْاٰخِرِيْنَ ۝١٢٠
121. Emirembe gibeere ku Mūsa ne Hārūna! سَلَّمَ عَلَىٰ مُوسَىٰ وَهَارُونَ ۝١٢١
122. Mazima bwe tutyo bwe tusasula abakozi b'ebirungi. اِنَّا كَذٰلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِيْنَ ۝١٢٢
123. Mazima bombi baali mu baweeza baffe abakkiriza. اِنَّهٗمَا مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِيْنَ ۝١٢٣
124. Era ddala ne Iliyāsi yali mu Batume. وَاِنَّ اِلْيَاسَ لَمِنَ الْمُرْسَلِيْنَ ۝١٢٤
125. Awo bwe yagamba abantu be nti: Abaffe, temuutye Allah? اِذْ قَالَ لِقَوْمِهٖ اٰلَا تَتَّقُوْنَ ۝١٢٥
126. Abaffe, mulaajanira Ba'l nemulekawo Asinga abatonzi bonna, اَتَدْعُوْنَ بَعْلًا ۙ وَ تَذَرُوْنَ اَحْسَنَ الْخٰلِقِيْنَ ۝١٢٦

37:114 'Dhwaalim' (ظَالِمٌ) 'omujoozi' ne 'Dhulm' (ظَلْمٌ) 'obujoozi' mu Kur'ani Entukuvu tebiwa makulu mabi gokka. Mu 35:33, mu baweeza ba Allah mulimu ayitiddwa 'Dhwaalimun li nafsihī' ateebalirira, eyeerekeza byonna ku lwa Allah. Era abo babalirwa mu ttuluba ly'abalung'amu abayitibwa 'muqtaswid' (مُقْتَسِدٌ) ne 'Saabiq bil khairaat'. (سَابِقٌ بِالْخَيْرَاتِ). Kitegeerekeke bulungi nti okukulaakulana mu by'omwoyo, omuntu asooka kwerumya, kwekalubiriza, n'okwefiiriza ebingi. Abo abakola ebyo ku lwa Allah baba ba kitiibwa era batenderezebwa mu maaso ge era bayitibwa 'Dhwaalimun li nafsihī' (ظَالِمٌ لِّنَفْسِهٖ) abeefiiriza ku lulwe.

127. Allah, Mukama wammwe era Mukama wa ba kitammwe ab'edda?

128. Naye baamulimbisa, kale ddala ba kuleetebwa *bavunaanibwe*,

129. Okuggyako abaweereza ba Allah abalondemu.

130. Era twamulekerawo *ettutumu* mu b'oluvannyuma.

131. Emirembe gibeere ku ba Iliyāsi.

132. Mazima Ffe bwe tutyo bwe tusaala abakozi b'ebirungi.

133. Mazima ye yali mu baweereza baffe abakkiriza.

134. Era ddala ne Lūti yali mu Batume.

135. Awo bwe twamuwonya n'abantu be bonna,

136. Okuggyako omukazi omukadde eyali mw'abo abaasigala *emabega*.

137. N'oluvannyuma abalala twabazikiriza.

138. Era ddala mubayitako ku makya,

139. N'ekiro. Abaffe, temukozesa magezi?

Ruku 5

140. Ne Yūnusu ddala yali mu Batume.

141. Awo bwe yaddukira eri ekyombo ekijuzibwa.

142. Kale bwe yakuba akalulu *olw'okulagirwa abalunnyanja*, yali mw'abo abaafiirwa, *n'asuulibwa mu nnyanja*.

143. Kale eky'ennyanja ekinene nekimumira ng'eno bwe yejjusa.

144. Naye singa teyali mw'abo abatendereza *Allah*.

145. Mazima yaalisigadde mu lubuto lwa kyo okutuusa ku lunaku *abantu* lwe balizuukizibwa.

146. Kale *oluvannyuma* twamusuula *ettale* mu kyeererezi nga mulwadde,

147. Era netumomezako ekiryō ky'ensujju.

148. Nate twamutuma eri emitwalo gy'*abantu* kkumi oba nga basinga nawo.

149. Kale *bo* bakkiriza era netubeeyagaza okumala ekiseera.

اللَّهُ رَبُّكُمْ وَرَبُّ آبَائِكُمُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٢٧﴾

فَكَذَّبُوهُ فَإِنَّهُمْ لَمُحْضَرُونَ ﴿١٢٨﴾

إِلَّا عِبَادَ اللَّهِ الْمُخْلَصِينَ ﴿١٢٩﴾

وَتَرَكْنَا عَلَيْهِ فِي الْآخِرِينَ ﴿١٣٠﴾

سَلَّمَ عَلَىٰ إِبْرَاهِيمَ إِذْ يَبْسُتُونَ عَلَيْهِ ﴿١٣١﴾

إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿١٣٢﴾

إِنَّهُ مِنْ عِبَادِنَا الْمُؤْمِنِينَ ﴿١٣٣﴾

وَإِنَّ لُوطًا لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٣٤﴾

إِذْ نَجَّيْنَاهُ وَأَهْلَهُ أَجْمَعِينَ ﴿١٣٥﴾

إِلَّا عَجُوزًا فِي الْغَدِيرِينَ ﴿١٣٦﴾

ثُمَّ دَمَرْنَا الْآخَرِينَ ﴿١٣٧﴾

وَرَأَيْتُكُمْ لَتَمُرُّونَ عَلَيْهِمْ مُصْرِعِينَ ﴿١٣٨﴾

عُتُوبًا ۗ وَاللَّيْلُ أَقْلًا تَعْقِلُونَ ﴿١٣٩﴾

وَإِنَّ يُونُسَ لَمِنَ الْمُرْسَلِينَ ﴿١٤٠﴾

إِذْ أَبَقَ إِلَى الْفُلِّ الْمَشْحُونِ ﴿١٤١﴾

فَسَاءَ مَا كَانُوا مِنَ الْمُدْحَضِينَ ﴿١٤٢﴾

فَأَنْتَقَمَهُ الْمَوْتُ وَهُوَ مُلِيمٌ ﴿١٤٣﴾

فَلَوْلَا أَنَّهُ كَانَ مِنَ الْمُسَبِّحِينَ ﴿١٤٤﴾

﴿١٤٥﴾ لَكُنْتُمْ فِي بَطْنِهِ إِلَىٰ يَوْمِ يُبْعَثُونَ ﴿١٤٥﴾

فَنَبَذْنَاهُ بِالْعَرَاءِ وَهُوَ سَقِيمٌ ﴿١٤٦﴾

وَأَنْشَأْنَا عَلَيْهِ شَجَرَةً مِّنْ يَقْطِينٍ ﴿١٤٧﴾

وَأَرْسَلْنَاهُ إِلَىٰ مِائَةِ أَلْفٍ أَوْ يَزِيدُونَ ﴿١٤٨﴾

فَأَمْسُوا فَمَتَّعْنَاهُمْ إِلَىٰ حِينٍ ﴿١٤٩﴾

150. Kale babuuze nti: Abaffe, Mukama wo y'alina abaana ab'obuwala naye bo be balina ab'obulenzi?

فَاسْتَفْتِهِمْ أَلِرَبِّكَ الْبَنَاتُ وَلَهُمُ
الْبَنُونَ ﴿١٥٠﴾

151. Nandiki, twatonda ba malayika nga bakazi, bo nga be bajulizi *ku kyo*?

أَمْ خَلَقْنَا الْمَلَائِكَةَ إِنَاثًا وَهُمْ
شَاهِدُونَ ﴿١٥١﴾

152. Mwegendereze, mazima bo olw'obulimba bwabwe b'agamba nti:

أَلَا إِنَّهُمْ مِنْ إَفْكِهِمْ لَيَقُولُونَ ﴿١٥٢﴾

153. Allah yazaala. Naye mazima ddala balimba.

وَلَدَ اللَّهُ ۗ وَإِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ﴿١٥٣﴾

154. Abaffe, Ye yalonda bawala ku balenzi?

أَصْطَفَى الْبَنَاتِ عَلَى الْبَنِينَ ﴿١٥٤﴾

155. Mubadde mutya, mulamula ngeri ki?

مَا لَكُمْ تَكْتُمُ كَيْفَ يَخْكُمُونَ ﴿١٥٥﴾

156. Abaffe, temufumiitiriza?

أَفَلَا تَذَكَّرُونَ ﴿١٥٦﴾

157. Nandiki, mulinayo obukakafu obw'o-lwaatu *ku kyo*?

أَمْ لَكُمْ سُلْطَنٌ مُّبِينٌ ﴿١٥٧﴾

158. Kale muleete ekitabo ekyammwe obanga muli ba mazima.

فَأْتُوا بِكِتَابِكُمْ إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿١٥٨﴾

159. Era bassaawo n'oluganda wakati we (Allah) n'Amajinni, so nga n'Amajinni gamanyi nti ddala ga kuleetebwa *gy'ali*.

وَجَعَلُوا بَيْنَهُ وَبَيْنَ الْجَنَّةِ نِجَابًا
لَقَدْ عَلِمْتِ الْإِجْتَةَ إِنَّهُمْ لَمُحْضَرُونَ ﴿١٥٩﴾

160. Omutuukirivu ye Allah ali ewala ennyo n'ebyo bye boogera.

سُبْحٰنَ اللَّهِ عَمَّا يُصِفُونَ ﴿١٦٠﴾

161. Okuggyako abawereza ba Allah abalondemu *bo teboogera batyo*.

رَأٰٓءَا عِبَادَ اللَّهِ الْمُخْلِصِينَ ﴿١٦١﴾

162. Kale ddala mmwe n'ebyo bye musinza —

فَوَٰنِكُمْ وَمَا تَعْبُدُونَ ﴿١٦٢﴾

163. Temusobola kuwubisa *yenna* ku Ye,

مَا أَنْتُمْ عَلَيْهِ بِقَاتِلِينَ ﴿١٦٣﴾

164. Okuggyako oyo ow'okuyingira mu muliro.

رَأٰٓءَا مِنْ هُوَ صَالِ الْجَحِيمِ ﴿١٦٤﴾

165. Era *ne malayika zigamba nti*: Tewali yenna mu ffe wabula *buli omu* alina ekifo ekimanyiddwa.

وَمَا مِثْرًا ۗ اِلَّا لَهُ مَقَامٌ مَّعْلُومٌ ﴿١٦٥﴾

166. Era ddala ffe tusimba ennyiriri *mu maaso ge*.

وَإِنَّا لَنَحْنُ الصَّٰقُونَ ﴿١٦٦﴾

167. Era ddala ffe tutendereza *Allah*.

وَإِنَّا لَنَحْنُ الْمُسَبِّحُونَ ﴿١٦٧﴾

168. Era ddala *abatakkiriza* baagamba nga.

وَإِنْ كَانُوا لَيَقُولُونَ ﴿١٦٨﴾

169. *Nti*: Singa ddala tulina okubuulirira *okufaanana* n'okwabaatusooka,

لَوْ أَنَّ عِنْدَنَا ذِكْرًا مِنَ الْاَوَّلِينَ ﴿١٦٩﴾

170. Ddala twalibadde bawereza ba Allah abalondemu.

لَكِنَّا عِبَادَ اللَّهِ الْمُخْلِصِينَ ﴿١٧٠﴾

171. Naye bwe kwajja, baakugaana; kale mangu nnyo bajja kumanya.

172. Era ddala okusalawo kwaffe kwamala okuggwa eri abaweereza baffe, Abatume,

173. Nti ddala bo be bajja okuyambibwanga;

174. Era nti mazima ab'eggye lyaffe ddala be bajjanga okuwangula.

175. Kale ogira obaleka okumala akaseera.

176. Era basseko abiri, mangu nnyo bajja kulaba.

177. Abaffe, ekibonerezo kyaffe kye bawujjirira?

178. Naye nno bwe kirimala okukka mu mpya zaabwe, olwo bulikya bubi nnyo eri abaalabulwa *nebeerema*.

179. Naye ogira obaleka okumala akaseera.

180. Era osseewo abiri, mangu nnyo bajja kulaba.

181. Omutuukirivu ye Mukama wo, Mukama Ow'ekitiibwa, ali ewala ennyo n'ebyo bye boogera.

182. Era emirembe gibeere ku Batume!

183. Era amatendo gonna ga Allah, Omuto-nzi w'ebitonde byonna.

فَكَفَرُوا بِهِ فَسَوْفَ يَعْلَمُونَ ﴿١٧١﴾

وَلَقَدْ سَبَقَتْ كَلِمَتُنَا لِعِبَادِنَا
الْمُرْسَلِينَ ﴿١٧٢﴾

لَا تَهُمُ لَهُمُ الِْمَنْصُورُونَ ﴿١٧٣﴾

وَلَا كُجُودَنَا لَهُمُ الْغَالِبُونَ ﴿١٧٤﴾

فَتَوَلَّ عَنْهُمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿١٧٥﴾

وَأَبْصُرُهُمْ فَسَوْفَ يُبْصِرُونَ ﴿١٧٦﴾

أَفَبِعَذَابِنَا يَسْتَعْجِلُونَ ﴿١٧٧﴾

فَإِذَا نَزَلَ بِسَاحَتِهِمْ فَسَاءَ صَبَابُ
الْمُنذِرِينَ ﴿١٧٨﴾

وَتَوَلَّ عَنْهُمْ حَتَّىٰ حِينٍ ﴿١٧٩﴾

وَأَبْصُرُ فَسَوْفَ يُبْصِرُونَ ﴿١٨٠﴾

سُبْحٰنَ رَبِّكَ رَبِّ الْعِزَّةِ عَمَّا يَصِفُونَ ﴿١٨١﴾

وَسَلَّمَ عَلَى الْمُرْسَلِينَ ﴿١٨٢﴾

وَالْحَمْدُ لِلَّهِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿١٨٣﴾

ŞAD

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Swād.* Njuliza Kur'āni ejjudde okubuulirira.

ص وَالْقُرْآنِ ذِی الذِّکْرِ ②

3. Naye abo abatakkiriza bali mu kunoonya bitiibwa na njawukana.

بَلِ الَّذِیْنَ كَفَرُوا فِی عِزَّةٍ وَشِقَاقٍ ③

4. Emirembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe! Kale baalaajana naye nga tewakyali kisceera kya kwesumattula.

كَمْ أَهْلَكْنَا مِنْ قَبْلِهِمْ مِنْ قَرْنٍ فَنَادَوا

وَلَاتَ حِیْنَ مِّنَّا ④

5. Era bewuunya olw'okuba mbu bajjiddwa Omulabuzi ava mu bo; era abatakkiriza baagamba nti: Ono mubuzabuzi, mulimba mukulu.

وَعَجِبُوا أَنْ جَاءَهُمْ مُنْذِرٌ مِنْهُمْ وَوَقَالَ

الْكٰفِرُونَ هَذَا سِحْرٌ كَذٰبٌ ⑤

6. Abaffe, addira abasinzibwa bonna n'abafuula omusinzibwa omu bw'ati? Mazima kino kintu kya kyewuunyo nnyo!

أَجَعَلَ الْاٰلِهَةَ اِلٰهًا وَّاحِدًا اِنْ هٰذَا

لَشِیْءٌ عَجَابٌ ⑥

7. Era abakungu abamu mu bo baagendanga bagamba abantu nti: Mmwe mugende munyerere ku bakatonda bammwe. Mazima kino kintu kyekobe.

وَاطَّلَقَ الْمَلٰٓئِكَةَ اِنْ اٰمَنُوْا وَاٰصِرُوْا

عَلٰی اٰلِهَتِكُمْ اِنْ هٰذَا لَشِیْءٌ یَّرَادُ ⑦

8. Ffe kino tetukiwulirangako mu nzikiriza endala zonna. Kino si kirala wabula kijingejinge.

مَا سَمِعْنَا بِهٰذَا فِی الْمِلَّةِ الْاٰخِرَةِ ۗ

اِنْ هٰذَا اِلَّا اِخْتِلَافٌ ⑧

9. Abaffe, era ye y'assibwako Okubuulirira mu ffe fenna? Ddala bali mu kubuusabuusa ku kubuulirira kwange. Nedda, wabula tebannaloza ku kibonerezo kyange!

ءَا نَزَّلَ عَلَیْهِ الذِّکْرَ مِنْ بَیْنِنَا ۗ بَلِ

هُمْ فِی شَكٍّ مِنْ ذِكْرِي ۗ بَلِ لَمَّا

یَدُّوْنَ عَذَابِی ⑨

10. Abaffe, bo be balina amawanika g'okusaasira kwa Mukama wo, Luwangula, Lugaba?

اَمْ عِنْدَهُمْ خَزَاۓِنٌ رَّحْمَةٍ رَبِّكَ

الْعَزِیْزِ الْوَهَّابِ ⑩

11. Nandiki, be balina obwakabaka bw'eggu-lu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi? Kale bawalampe mu makubo nga bwe basobola.

اَمْ لَهُمْ مَلِكُ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ وَ مَا

بَیْنَهُمَا ۗ فَلَیْرَتَقُوْا فِی الْاَسْبَابِ ⑪

12. Bo ggye ggate erijja okuwangulirwa wano.

جُنْدٌ مَّا هُنَّ اِلٰکٌ مَهْرُومٌ مِنَ الْاَحْزَابِ ⑫

13. Abantu ba Nuhu n'aba 'Ad ne Farāwo eyalinanga enkambi ez'amaanyi nabo baalimbisa Ababaka olubereberye lwabwe.

كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَّ عَادٌ وَّ

فِرْعَوْنُ ذُو الْاَوْتَادِ ⑬

14. N'aba Thamūda n'abantu ba Lūti n'abantu b'omu bibira; abo nno ly'eggye eggatte *elyawangulwa lyonna..*

وَتَمُودُ وَقَوْمُ لُوطٍ وَأَصْحَابُ لَيْكَةِ
أُولَئِكَ الْأَحْزَابُ ١٤

15. Tewali mw'abo bonna *yakkiriza* wabula *bonna* baalimbisa Ababaka, kale nebakakatako ekibonerezo kyange.

إِنْ كُلٌّ إِلَّا كَذَّبَ الرُّسُلَ فَحَقَّ
عِقَابُ ١٥

Ruku 2

16. Era abo tebalindayo *kirala* okuggyako olubwatuka lumu olutaliiko kalembereza.

وَمَا يَنْظُرُهُمْ إِلَّا صَيْحَةٌ وَاحِدَةٌ
لَهُمْ مِنْ قَوَائِمٍ ١٦

17. Era baagamba nti: Mukama waffe, twanguyizeeko ekitundu ekyaffe *eky'ekibonerezo* nga olunaku lw'okubalirira terunna-tuuka.

وَقَالُوا رَبَّنَا عَجَلْنَا
لَنَا وَطَنًا قَبْلَ يَوْمِ
الْحِسَابِ ١٧

18. *Ggwe* gumiikiriza kw'ebyo bye boogera, era ojjukire omuweereza waffe Dāūdi ow'amaanyi ennyo; mazima yali yeyunira nnyo eri Allah.

إِضْبِرْ عَلَى مَا يَقُولُونَ
وَإِذْ كُرِعْتُمْ عَلَى
أَعْقَابِكُمْ ١٨

19. Mazima twassa ensozi* ku kuweereza awamu naye, nga zitendereza Allah nga buwungeera n'enjuba ng'evaayo.

إِنَّا سَخَّرْنَا الْجِبَالَ مَعَهُ
يُسَبِّحُنَّ بِالْحَمْدِ
وَالطَّيْرُ مَحْشُورَةً ١٩

20. Era *twamugondeza* ennyonyi* ezakung'aanyizibwa, nga zonna zeyuna gy'ali.

وَالطَّيْرُ مَحْشُورَةً
كُلٌّ لَّهُ آذَانٌ ٢٠

21. Era twanyweza obwakabaka bwe netumuwa ebyamagezi n'ekitone ky'okwogera

وَشَدَدْنَا مُلْكَهُ
وَأَتَيْنَاهُ الْحِكْمَةَ
فَصَلَّ الْخُطَابَ ٢١

22. Abaffe, watukwako ebyafa ku baatotoogana bwe baalinya ekisenge?

وَهَلْ أُنْتِكُمْ تَبَوُّؤُا
الْأَخْصِيَّةَ إِذْ تَسْوَرُونَ
الْمِحْرَابَ ٢٢

23. Awo bwe baayingira eri Dāūdi kale n'abeekanga. Nebagamba nti: Totya. Tutotooganye fembi ng'omu ku ffe ayiikiriza munne. Kale lamula wakati waffe mu bwenkanya, era tosaliriza; era tulung'amyee eri ekkubo ettuufu.

إِذْ دَخَلُوا عَلَى دَاوُدَ
فَفَزِعَ مِنْهُمْ
قَالُوا لَا تَخَفْ
خَصْمِي بَعْضُنَا
عَلَى بَعْضٍ
فَأَحْكُمْ بَيْنَنَا
بِالْحَقِّ وَلَا
تُشْطِطْ
وَإِهْدِنَا إِلَى
سَوَاءِ الصِّرَاطِ ٢٣

24. Mazima muganda wange ono alina endiga enkazi kyenda mu mwenda, ate nze nnina endiga enkazi emu *yokka*, naye agamba nti nayo gimpe, era ye ansinza ebigambo.

إِنَّ هَذَا
أَخِي تَتْلُوهُ
تَشْعُونَ
نَعَجَةً
وَلِي نَعَجَةً
وَإِحْدَى
فَقَالَ
أَكْفُلْنِيهَا
وَعَزَّنِي فِي
الْخُطَابِ ٢٤

25. *Dāūdi* n'agamba nti: akuyiikirizza okukusaba endiga yo agigatte ku zize. Era ddala bangi mu bakolagana, abamu mu bo

قَالَ لَقَدْ
ظَلَمْتَ
إِنَّكَ إِذْ
سَأَلْتَنِي
عَنْ
الْحُلُطَاءِ

38:19. Ekigambo 'Jibaal' (جِبَال) ensozi, kiyinza okutegeeza amawanga ag'amaanyi agaabeeranga mu nsozi Dāūdi(a.s) ge yafuganga, oba eby'obugagga ebyasimwanga mu nsozi.

38:20. Ekigambo 'attwair' (الطَّيْر) ennyonyi, kitegeeza abantu abalina talanta ezibasukkulumya ku balala.

bayiikiriza abalala, okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi; naye abo batono nnyo. Naye Dāūdi yamanya nti tumugezezza, kale n'asaba okubikkirirwa eri Mukama we era n'akka wansi n'akutama okusinza era n'adda gy'ali.

26. Kale twamubikkirira ku kyo, era ddala alina ekifo eky'oku lusegere gye tuli n'obuddo amakula.

27. Era twamugamba nti: Owange ggwe Dāūdi, mazima Ffe tukufudde Khalifa mu nsi, kale lamula wakati w'abantu mu mazima, togoberera kwagala kwa mutima, si kulwa nga gakuwabya ku kkubo lya Allah. Mazima abo abawaba ku kkubo lya Allah, balifuna ekibonerezo ekikakali, kubanga baasuulirira olunaku lw'okubala.

Ruku 3

28. Era tetwatonda ggulu na nsi n'ebiri wakati wa byombi lwa bwereere. Eyo ndowooza y'abo abatakkiriza. Naye zibasanze abo abeerema olw'omuliro *ogulibookya*.

29. Abaffe, tuyise abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi ng'abo abatabulatabula mu nsi? Nandiki, tuyise abatya Allah nga aboonoonefu?

30. Ekitabo *kino* twakissa gy'oli nga kijjudde emikisa, balyooke bafumiitirize ku Aya za kyo, n'abalina amagezi balyooke balabuke.

31. Era Dāūdi twamuwa Sulaimāni, omuweereza omulungi. Mazima yali mweyuni nnyo eri Allah.

32. Awo enfalaasi ez'olulyo olwa waggulu empenyusi bwe zaayolekebwa gy'ali olw'eggulo,

33. Kale n'agamba nti: Ddala nze njagala nnyo ebirungi (nga enfalaasi) kubanga binzijukiza Mukama wange. Kale yalinda okutuusa lwe zaabulira emabega w'ekisikiriza.

لَيَبْغِي بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ لَّآ أَلَّذِينَ
أَمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَقَلِيلٌ مَّا هُمْ
وَظَنَّ دَاوُدُ أَنَّمَا فَتَتَهُ فَاسْتَعْفَرَ رَبَّهُ
وَخَرَّ رَاكِعًا وَأَنَابَ ﴿٢٥﴾

فَعَفَرْنَا لَهُ ذَلِكَ وَإِنَّ لَهُ عِنْدَنَا
لَكُلْفَى وَحُشِنَ مَأْبٍ ﴿٢٦﴾

يَا دَاوُدُ إِنَّا جَعَلْنَاكَ خَلِيفَةً فِي الْأَرْضِ
فَاخُذْهَا بِقُوَّةٍ وَأَلْقِ بِهَا الْحَصَىٰ وَلَا تَتَّبِعِ
الْهَوَىٰ فَيُضِلَّكَ عَن سَبِيلِ اللَّهِ إِنَّ
الَّذِينَ يَضِلُّونَ عَن سَبِيلِ اللَّهِ لَهُمْ
عَذَابٌ شَدِيدٌ بِمَا نَسُوا يَوْمَ
الْحِسَابِ ﴿٢٧﴾

وَمَا خَلَقْنَا السَّمَاءَ وَالْأَرْضَ وَمَا
بَيْنَهُمَا بَاطِلًا ذَلِكَ ظَنُّ الَّذِينَ
كَفَرُوا فَوَيْلٌ لِلَّذِينَ كَفَرُوا مِنَ
النَّارِ ﴿٢٨﴾

أَمْ تَجْعَلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
كَالْمُفْسِدِينَ فِي الْأَرْضِ أَمْ تَجْعَلُ
الْمُتَّقِينَ كَالْفُجَّارِ ﴿٢٩﴾

كَتَبْنَا أَنزَلْنَاهُ لَكَ مُبَارَكًا لَّيْسَ بِزُورًا
أَيْتَهُمْ وَلَيَسْتَغْفِرُ أُولُوا الْأَلْبَابِ ﴿٣٠﴾

وَوَهَبْنَا لِدَاوُدَ سُلَيْمَانَ نِعْمَ الْعَبْدُ
إِنَّهُ إِذَا بَأْسَ ﴿٣١﴾

إِذْ عَرَضَ عَلَيْهِ بِالْعَاسِيَةِ الصُّفُونَ
الْحِيَادِ ﴿٣٢﴾

فَقَالَ رَبِّ احْبَبْتُ حُبَّ الْخَيْرِ عَن
ذِكْرِ رَبِّي حَتَّى تَوَارَثَ بِالْحَبَابِ ﴿٣٣﴾

34. *N'agamba nti*: Muzikomyewo gyendi, kale n'atandika okuweeweeta ku magulu *ga zo* ne ku nsingo.

رُدُّوْهَا عَلَيَّ ۖ قَطِيفٌ مَّسْحًا بِالسُّوقِ ۖ
الْأَعْتَاقِ ۝٣٤

35. Era ddala twagezesa Sulaimāni era netussa ku ntebe ye ekibiribiri, oluvannyuma yadding'ana eri Allah okusaba ekisa kye.

وَلَقَدْ فَتَنَّا سُلَيْمَانَ ۖ وَأَلْقَيْنَا عَلَى كُرْسِيِّهِ
جَسَدًا نُّمَّ آتَابَ ۝٣٥

36. *N'agamba nti*: Mukama wange, mbikkirira era ompe obwakabaka *atabusaanira* yenna bw'atalifuna luvannyuma lwange. Mazima Ggwe Lugaba.

قَالَ رَبِّ اغْفِرْ لِي وَهَبْ لِي مُلْكًا لَّا
يَبْتَغِي لِآخِرٍ مِّنْ بَعْدِي ۗ إِنَّكَ أَنْتَ
الْوَهَّابُ ۝٣٦

37. Kale twamugondeza empewo, nga efuumuuka kimpoowooze olw'okulagira kwe *okulaga* yonna gye yabanga ayagadde;

فَسَخَّرْنَا لَهُ الرِّيحَ تَجْرِي بِأَمْرِهِ رُخَاءً
حَيْثُ أَصَابَ ۝٣٧

38. Ne gakirimaanyi, n'abazimbi aba buli ngeri, n'ababbizi,

وَالشَّيْطَانِ كُلِّ بَنَاءٍ ۖ وَغَوَاصِّ ۝٣٨

39. *N'abalala* nga basibiddwa ku njegere.

وَالْحَرِيِّنَ مُقْرَبِينَ فِي الْأَصْفَادِ ۝٣٩

40. Kino *nga* ky'ekirabo kyaffe ekitaliiko kubalirira— kale gaba mu ddembe oba kwatirira, *kiri gy'oli*.

هَذَا عَطَاؤُنَا فَامْنُنْ أَوْ أَمْسِكْ بِغَيْرِ
حِسَابٍ ۝٤٠

41. Era ddala alina ekifo gye tuli eky'oku lusegere n'obuddo amakula.

وَلَئِن لَّمْ يَظْهَرِ عَلَيْكَ إِسْرَارُهُمْ
وَظَنَّوْا أَعْيُنَكَ عِبْدًا فَلَمَنَّا
بِهِمْ ۖ فَكُلَّمَا نَزَلْنَا فِي لَيْلَةٍ
نَّزَلْنَا عَلَى آلِكَافِرِينَ فَسَخَّرْنَا
لَهُمْ آيَاتِنَا لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ۝٤١

Ruku 4

42. Ate jjukira omuweereza waffe Ayyūbu, awo bwe yalaajanira Mukama we nti: Mazima Sitaani antuusizzaako omutawaana n'okubonaabona.

وَاذْكُرْ عَبْدَنَا أَيُّوبَ ۖ إِذْ نَادَى رَبَّهُ أَنِّي
مَسْنُونٌ مِنَ الشَّيْطَانِ ۖ يَنْصُبْ عَلَيَّ
عَذَابًا ۝٤٢

43. *Netumugamba nti*: Sambya ekigere kyo ku *nsolo gye weebagadde eyanguweko*. Amazzi gaagano agannyogoga aganaabibwako era aganywebwa.

أُرْكضْ بِرَجْلِكَ ۖ هَذَا مُغْتَسَلٌ بَارِدٌ
وَشَرَابٌ ۝٤٣

44. Era twamuwa ab'omu maka ge n'abalala abalinga bo *ne baba* wamu nabo, nga kwe kusaasira okuva gye tuli era nga kwe kubuulirira eri abo abalina amagezi.

وَوَهَبْنَا لَهُ أَهْلَهُ ۖ وَمِثْلَهُم مَّعَهُمْ
رَحْمَةً مِنَّا وَذِكْرَى لَأُولِي الْأَلْبَابِ ۝٤٤

45. Era *netugamba nti*: Kwata n'emikono gyo akaganda k'obuti obukalu, kale bw'oba ogikubisa era tomenya ekirayiro. Mazima twamusanga nga mugumiikiriza. Nga yali muweereza mulungi nnyo! Mazima yali mweyunyi eri Allah bulijjo.

وَخَذُوا يَدِيكَ ضِعْفًا فَأَضْرِبْ رِيسَ ۖ وَلَا
تَحْنَثْ ۗ إِنَّا وَجَدْنَاهُ صَاحِبًا بِرًا ۖ نِعْمَ الْعَبْدُ
إِنَّهُ أَوَّابٌ ۝٤٥

46. Era jjukira abaweereza baffe: Ibrāhīmu, ne Isihāka, ne Ya'qūbu, abaalina obuvumu n'okulengera ewala.

وَاذْكُرْ عَبْدَنَا إِبْرَاهِيمَ ۖ وَاسْحَقْ ۖ
يَعْقُوبَ ۖ أُولِي الْأَيْدِي ۖ وَالْأَبْصَارِ ۝٤٦

47. Mazima twabalondera omulimu ogw'enjawulo ogw'okujjukiza *abantu* amaka

إِنَّا أَخْلَصْنَاهُمْ بِخَالِصَةٍ ذِكْرَى الدَّارِ ۝٤٧

g'enkomerero.

48. Era ddala bo gye tuli bali mw'abo abalondemu abasingira ddala obulungi.

وَأَنَّهُمْ عِنْدَنَا لَمِنَ الْمُضْطَّفِينَ
الْأَخْيَارِ ﴿٤٨﴾

49. Era jjukira Ismā'ili ne Yasa' ne Dhul-Kifl, era bonna baali mw'abo abasingira ddala obulungi.

وَأَذْكَرَ إِسْمَاعِيلَ وَالْيَسَعَ وَذَا الْكِفْلِ
وَكُلٌّ مِّنَ الْأَخْيَارِ ﴿٤٩﴾

50. Kuno kwe Kubuulirira. Era ddala abatya Allah be balifuna obuddo amakula:

هَذَا ذِكْرُكَ وَإِنَّ لِلْمُتَّقِينَ لِحُسْنِ مَا بِيَدِ
﴿٥٠﴾

51. Ensuku ez'olubeerera nga enzigi zonna zibagguliddwawo,

جَنَّتِ عَذْرَىٰ مُفْتَحَةً لَهُمُ الْأَبْوَابِ ﴿٥١﴾

52. Nga bagalaamiridde mu zo. Balisabiramu n'ebibala nkumu na nkumu n'ebyokunywa.

مُتَّكِعِينَ فِيهَا يَدْعُونَ فِيهَا بِقَاعٍ كَهَاتِهِ
كَثِيرَةٍ وَشَرَابِ ﴿٥٢﴾

53. Era baliba n'abakyala abeekuumi abawombeefu b'amaaso ab'emyaka egye- nkanankana.

وَعِنْدَهُمْ قُصِرَاتُ الطَّرْفِ أَثْرَابِ ﴿٥٣﴾

54. *Baligambibwa nti:* Ebyo bye mwasuubi- zibwa ku lunaku lw'okubalirira.

﴿٥٤﴾ هَذَا مَا تُوْعَدُونَ لِيَوْمِ الْحِسَابِ ﴿٥٤﴾

55. Mazima okwo kwe kugaba kwaffe oku- taliiko kkomo.

إِنَّ هَذَا لَكِرْدُفْنَا مَا لَهُ مِن تَفَادٍ ﴿٥٥﴾

56. Bino *bya bakkiriza.* Naye ddala abaje- emu balina obuddo bubi nnyo —

هَذَا وَإِنَّ لِلطَّغْيِينَ لَشَرَّ مَا بِيَدِ ﴿٥٦﴾

57. Jahannamu — gye baliyingiramu. Ekyo nga kiwummulo kibi nnyo!

جَهَنَّمَ يَصْلَوْنَهَا فَيَسْسُ إِلْمَاهِدُ ﴿٥٧﴾

58. Kino *kya batakkiriza.* Kale olweje ka- balulوزهeko n'olusaayisaayi oluwunya ennyo, olumeketa.

هَذَا فَايْبِدُ قُوَّةَ حَوْمِيْمٍ وَغَسَائِقِ ﴿٥٨﴾

59. *N'ebibonerezo* ebirala ebikifaanana eby'engeri ezitali zimu.

وَأَحْرُ مِن شَكْلِبَةِ أَرْوَابِ ﴿٥٩﴾

60. *Baligambibwa nti:* Kino ky'ekibiina ekinaayingira awamu nammwe, tebaayanirizi- bwe. Mazima bo balina okwokebwa mu muliro.

هَذَا قَوْجٍ مُفْتَحَةٍ مَعَكُمْ لَا مَرْحَبًا
بِهِمْ إِنَّهُمْ صَالُوا النَّارِ ﴿٦٠﴾

61. *Abagoberezi baligamba abakulembeze nti:* Nedda, mmwe bennyini, mmwe mu- tagendera ddala kwanirizibwa, anti mmwe mwatutegekera kino. Naye nga kiwummulo kibi nnyo!

قَالُوا بَلْ أَنْتُمْ لَمْ تَكُنْ مَرْحَبًا بِكُمْ أَنْتُمْ
قَدْ مَتَمُّوهُ لَنَا فَيَسْسُ الْقَرَارِ ﴿٦١﴾

62. Baligamba nti: Mukama waffe, oyo atutusizza ku kino, mwongere ekibonerezo ky'omuliro emirundi ebiri.

قَالُوا رَبَّنَا مَنْ قَدَّمَ لَنَا هَذَا فَرِّدْهُ
عَدَابًا ضِعْفًا فِي النَّارِ ﴿٦٢﴾

63. Era baligamba nti: Tubadde ki, nga tetulaba bantu be twabaliranga mu babi?

وَقَالُوا مَا لَنَا لَا تَدْرِي رَجَالًا كُنَّا
نَعُدُّهُمْ مِنَ الْأَشْرَارِ ﴿٦٣﴾

64. Abaffe, Iwa kubanga twabatwalanga ng'ekyokuzannyisa, nandiki amaaso ge gabawubiddwa?

اتَّخَذَ نُهُمُ سِخْرِيًّا أَمْ رَأَيْتَ عَنْهُمْ
الْأَبْصَارُ ﴿١٤﴾

65. Ddala eky'okutotoogana kw'abantu b'omu muliro kituufu ddala.

إِنَّ ذَلِكَ لَحَقٌّ تَخَاصُمُ أَهْلِ النَّارِ ﴿١٥﴾

Ruku 5

66. Gamba nti: Mazima nze ndi Mulabuzi. Era teri musinzibwa mulala okuggyako Allah, Omu yekka, Omukasi;

قُلْ إِنَّمَا آتَا مُنذِرًا وَمَا مِنْ إِلَهٍ إِلَّا
اللَّهُ الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ﴿١٦﴾

67. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, Luwangula, Omusonyiyi ennyo.

رَبِّ السَّمُوتِ وَالْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا
الْعَزِيزُ الْعَفَّارُ ﴿١٧﴾

68. Gamba nti: Ago amawulire amasukkirivu,

قُلْ هُوَ نَبِيُّ عَظِيمٍ ﴿١٨﴾

69. Mmwe ge mukuba amabega .

أَنْتُمْ عَنْهُ مُعْرِضُونَ ﴿١٩﴾

70. Nze sirina kye nnamanya ku Lukiiko Iwa waggulu bw'e baali nga bakubaganya ebirwoozo ku kyo.

مَا كَانَ لِي مِنْ عِلْمٍ بِالْمَلَآءِ الْأَعْلَى إِذْ
يَخْتَصِمُونَ ﴿٢٠﴾

71. Naye ekimbikkulirwa si kirala okuggyako nti ddala nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

إِنَّ يُوحَىٰ إِلَيَّ إِلَّا أَنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ
مُّبِينٌ ﴿٢١﴾

72. Jjukira nga Mukama wo bwe yagamba ba malayika nti: Ddala ng'enda kutonda omuntu mu budongo,

إِذْ قَالَ رَبُّكَ لِلْمَلَكَةِ إِنِّي خَالِقٌ بَشَرًا
مِّنْ طِينٍ ﴿٢٢﴾

73. Kale bwe nnaamala okumutereza nemmuuwamu n'omwoyo gwange, olwo mweyale wansi ku lulwe mumugondere.

فَإِذَا سَوَّيْتَهُ وَنَفَخْتُ فِيهِ مِنْ رُّوحِي
فَقَعُوا لَهُ سَاجِدِينَ ﴿٢٣﴾

74. Kale ba malayika bonna wamu baamugondera,

فَسَجَدَ الْمَلَكَةُ كُلُّهُمْ أَجْمَعُونَ ﴿٢٤﴾

75. Okuggyako Ibilisi. Ye yeekuluntaza era n'aba mu beerema.

إِلَّا إِبْلِيسَ ۖ اسْتَكْبَرَ ۖ وَكَانَ مِنَ
الْكَافِرِينَ ﴿٢٥﴾

76. Allah n'agamba nti: Owange Ibilisi, kiki ekikugaanyi okugondera oyo gwe ntonze n'emikono gyange? Abaffe, weekuluntazza oba oli mw'abo abegulumiza.

قَالَ يَا إِبْلِيسُ مَا مَنَعَكَ أَنْ تَسْجُدَ لِمَا
خَلَقْتُ بِيَدَيَّ ۖ أَسْتَكْبَرْتَ ۖ أََمْ كُنْتَ مِنَ
الْعَالِينَ ﴿٢٦﴾

77. Ibilisi n'agamba nti: Nze mmusinga. Nze wantonda mu muliro, naye ye wamutonda mu budongo.

قَالَ أَنَا خَيْرٌ مِّنْهُ ۖ خَلَقْتَنِي مِنْ نَّارٍ وَ
خَلَقْتَهُ مِنْ طِينٍ ﴿٢٧﴾

78. Allah n'agamba nti: Kale vaamu, kuba oli mukolimire.

قَالَ فَأَخْرَجَ مِنْهَا فَنَّاكَ رَجِيمًا ﴿٢٨﴾

79. Era ddala ojja kubaako ekikolimo kyange okutuusa ku lunaku lw'okulamulirwako.

وَإِنَّ عَلَيْكَ لَعْنَتِي إِلَى يَوْمِ الدِّينِ ﴿٢٩﴾

80. *Ibilisi* n'agamba nti: Mukama wange, mpa akaagaanya okutuusa ku lunaku lwe balizuukizibwa.

81. *Allah* n'agamba nti: Ddala oli mw'abo abaweereddwa akaagaanya,

82. Okutuusa ku lunaku lw'ekiseera ekya-tegekebwa.

83. *Ibilisi* n'agamba nti: Kale ndayira mu kitiibwa kyo, mazima nzija kubabuza bonna,

84. Okuggyako abaweereza bo abalondemu mu bo.

85. *Allah* n'agamba nti: Ddala gano ge mazima, era amazima ge njogera,

86. Ddala ng'enda kujjuza Jahannamu nawe era n'abo bonna abalikugoberera mu bo.

87. Gamba nti: Nze sibasaba mpeera kw'ebyo *bye nkola* era nze siri mw'abo abeekaluubiriza *mu bitaliimu*.

88. Naye yo *Kur'ani* si kirala, wabula yo ky'Ekijjukiza eri abantu bonna.

89. Era ddala mujja kumanya amazima ga yo oluvannyuma lw'ekiseera.

قَالَ رَبِّ فَأَنْظِرْنِي إِلَى يَوْمِ يُبْعَثُونَ ﴿٨٠﴾

قَالَ فَإِنَّكَ مِنَ الْمُنْظَرِينَ ﴿٨١﴾

إِلَى يَوْمِ الْوَقْتِ الْمَعْلُومِ ﴿٨٢﴾

قَالَ فَبِعِزَّتِكَ لَأُغْوِيَنَّهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٨٣﴾

إِلَّا عِبَادَكَ مِنْهُمْ الْمُخْلِصِينَ ﴿٨٤﴾

قَالَ فَالْحَقُّ وَالْحَقُّ أَقُولُ ﴿٨٥﴾

لَأَمْلَأَنَّ جَهَنَّمَ مِنْكَ وَمِمَّن تَبِعَكَ

مِنْهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٨٦﴾

قُلْ مَا أَسْأَلُكُمْ عَلَيْهِ مِنْ أَجْرٍ وَ مَا أَنَا

مِنَ الْمُتَكَلِّفِينَ ﴿٨٧﴾

إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٨٨﴾

وَلِتَعْلَمَنَّ نَبَأَ الْبَعْدِ حِينَئِذٍ ﴿٨٩﴾

AL-ZUMAR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Okubikkulirwa kw'Ekitabo *kino* kwaviira ddala eri Allah, Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Ddala Ffe twakubikkulira Ekitabo mu mazima; kale sinza Allah nga oli mwesimbu gy'ali mu buwulize.

4. Mwetegereze, obuwulize bwennyini *busaanye kuba* bwa Allah. Naye abo abatwala abakuumi abalala ebbali we *bagamba nti*: Tetubasinza wabula balyooke batusembeze ku lusegere Iwa Allah. Mazima Allah aliramula wakati waabwe mw'ebyo bye batakiriziganyaamu. Mazima Allah talung'anya oyo omulimba, omuteebaza lukulwe.

5. Singa Allah yayagala kwefunira mwana, y'alyerobozza mw'ebyo bye yatonda kyonna kye yaalyaagadde. Obutuukirivu bubwe! Ye Allah Omu yekka, Omukasi.

6. Yatonda *emigigi* gy'eggulu n'ensi mu magezi amasuffu. Y'asaanikira ekiro ku misana, era y'asaanikira emisana ku kiro era y'eyassa enjuba n'omwezi ku kuweereza, nga buli kimu kiseeyeeya okumala ekiseera ekigere. Mwetegereze! Oyo nno ye Luwangula, Omusonyiyi ennyo.

7. Y'eyabatonda okuva mu mwoyo ogumu n'oluvannyuma n'akola mu gwo gunnaagwo era n'abassiza ebisolo (ekisajja n'ekikazi) emigogo munaana. Era yabatondera mu mbuto za banyammwe *nga abayisa mu* ntonda emu oluvannyuma lw'entonda endala *nga muyita* mu bizikiza bisatu. Oyo nno ye Allah Mukama wammwe, Nannyini bwakabaka. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye yekka. Kale ate muwugulirwa wa?

بِشْرِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ
الْحَكِيمِ ②

إِنَّا أَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ فَاعْبُدِ
اللَّهَ مُخْلِصًا لَهُ الدِّينَ ③

أَلَا لِلَّهِ الدِّينُ الْخَالِصُ وَالَّذِينَ
اتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ أَوْلِيَاءَ مَا
تَعْبُدُهُمْ إِلَّا لِيُقَرِّبُوا إِلَى اللَّهِ
زُلْفَى وَإِنَّ اللَّهَ يَخْتَصِمُ بَيْنَهُمْ فِي مَا
هُمْ فِيهِ يَخْتَلِفُونَ إِنَّ اللَّهَ لَا
يَهْدِي مَنْ هُوَ كَاذِبٌ كَفَّارٌ ④

لَوْ أَرَادَ اللَّهُ أَنْ يَتَّخِذَ وَلَدًا لَأَضَطَّفَى
مِمَّا يَخْلُقُ مَا يَشَاءُ لَسُبِّحَتَهُ هُوَ اللَّهُ
الْوَاحِدُ الْقَهَّارُ ⑤

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ يَكُونُ
الْيَلَّ عَلَى النَّهَارِ وَيَكُونُ النَّهَارَ عَلَى
الْيَلِّ وَسَخَّرَ الشَّمْسَ وَالْقَمَرَ كُلٌّ
يَجْرِي لِأَجَلٍ مُسَمًّى وَالَّذِي هُوَ الْعَزِيزُ
الْغَفَّارُ ⑥

خَلَقَكُمْ مِنْ نَفْسٍ وَاحِدَةٍ ثُمَّ جَعَلَ مِنْهَا
زَوْجًا وَأَنْزَلَ لَكُمْ مِنَ الْأَنْعَامِ ثَمَنِيَّةً
أَزْوَاجًا يَخْلُقُكُمْ فِي بُطُونِ أُمَّهَاتِكُمْ
خَلْقًا مِّنْ بَعْدِ خَلْقٍ فِي ظُلُمَاتٍ ثَلَاثٍ
ذَلِكُمْ اللَّهُ رَبُّكُمْ لَهُ الْمُلْكُ وَالَّذِي لَا إِلَهَ
إِلَّا هُوَ فَآتَى تَضَرُّعُونَ ⑦

8. Bwe muteebaza, *mumanye nti* ddala ye Allah talina ky'abetaagako. Naye tayagaliza baddu be buteebaza. Kyokka bwe mwebaza, ekyo ky'abaagaliza. Era teri mwetissi alyetikka buzito bwa mulala. N'oluvannyuma eri Mukama wammwe y'eri obuddo bwammwe, kale alibategeeza ebyo bye mwakolanga. Mazima Ye y'Amanyi obulungi ebiri mu mitima.

9. Era omuntu bw'atuukibwako akabi, olwo alaajanira Mukama we nga yetoowaza gy'ali. Naye ate bw'amuwa ku byengera ebiva gy'ali, *amangu ago* yeerabira bye yabadde alaajanako gy'ali olubereberye, olwo ng'assizaawo Allah abavuganya naye, *mbu* alyooke abuze *abantu* ku kkubo lye. Gamba nti: Kale weyagalemu katono n'obutakkiriza bwo, mazima oli mu bantu ba muliro.

10. Abaffe, oyo asaba nga mwetoowaze *eri Allah* mu biseera by'ekiro nga bwe yeevuunika era nga bw'ayimirira, ng'atya enkomerero era nga asubira okusaasira kwa Mukama we, *afaanana n'omujeemu atakola atyo?* Gamba nti: Abaffe, abo abamanyi n'abo abatamanyi benkana? Mazima abalina amagezi be balabuka.

Ruku 2

11. Gamba nti: *Allah agamba nti:* Abange mmwe abaweereza bange abakkiriza, mutye Mukama wammwe. Abo abakola ebirungi ku nsi kuno, be balifuna ebirungi. Era ensi ya Allah ngazi nnyo. Mazima abagumiikiriza balifuna empeera yaabwe mu bujjuvu awatali kubalirira.

12. Gamba nti: Mazima nze nalagirwa okusinzanga Allah nga ndi mumalirivu gy'ali mu buwulize.

13. Era nalagirwa mbeere mubereberye mu beewaayo gy'ali.

14. Gamba nti: Mazima nze ntya ekibonerezo ky'olonaku olw'entiisa, singa njechera Mukama wange.

15. Gamba nti: Allah yekka gwe nsinza, nga ndi mumalirivu gy'ali mu ddiini yange.

16. Kale *ggwe* mmwe musinze ebyo bye mwagala ebbali we. Gamba nti: Mazima abafaafaaganirwa be bo abeefiiriza bokka

إِنْ تَكْفُرُوا فَإِنَّ اللَّهَ غَنِيٌّ عَنْكُمْ وَلَا يَرْضَىٰ لِعِبَادِهِ الْكُفْرَ وَإِنْ تَشْكُرُوا يَرْضَهُ لَكُمْ وَلَا تَزِرُ وَازِرَةٌ وِزْرَ أُخْرَىٰ ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ مَرْجِعُكُمْ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ۗ إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٨﴾

وَلَا إِدْمَاسَ الْوَلْدَانِ بِضُرِّ آبَائِهِمْ هُنَّ ذَاتُ رُءُوسِهِمْ هَلْ يُرَىٰ لِلْإِنسَانِ إِذْ أَحْوَجَ إِلَيْهِ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَيْءٌ يَرَىٰ ۚ الْإِنسَانُ لِرَبِّهِ هَلْ يَدْعُوهُ إِلَّا عَلَيْهِ يَكْتُمُونَ ﴿٩﴾

أَمَّنْ هُوَ قَائِمٌ أَنْتَ اللَّيْلِ سَاجِدًا وَقَائِمًا يَحْذَرُ الْآخِرَةَ وَيَرْجُوا رَحْمَةَ رَبِّهِ ۗ قُلْ هَلْ يَسْتَوِي الَّذِينَ يَعْلَمُونَ وَالَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ ۗ إِنَّمَا يَتَذَكَّرُ أُولُو الْأَلْبَابِ ﴿١٠﴾

قُلْ يَعْجَبُونَ لَكَ عِجَابًا لِذَلِكَ وَلَئِنْ أَنزَلْنَا عَلَىٰ لِقَاكَ آيَاتٍ مِّنْ سَمَوَاتٍ لَّيَقُولَنَّ بَعْضُهُمْ لِبَعْضٍ يَكْفَرُ لَكِن لَّا تُفَاهِقُهُ الْقَوْمُ الْكَافِرُ ۗ قُلْ إِنِّي أَعْبُدُ اللَّهَ مَخْلِصًا لَهُ الدِّينَ ۗ إِنَّ الدِّينَ لَكَانَ أَكْثَرُ أَوَّلَ الْمُشْرِكِينَ ﴿١٣﴾

قُلْ إِنِّي أَخَافُ إِنْ عَصَيْتُ رَبِّي عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿١٤﴾

قُلِ اللَّهُ أَعْبُدْهُ مَخْلِصًا لَهُ دِينِي ﴿١٥﴾ قَاعِبُدُوا مَا شِئْتُمْ مِنْ دُونِهِ ۗ قُلْ إِنَّ الْخَاسِرِينَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنْفُسَهُمْ

nebafiiriza n'abewaabwe ku lunaku lw'okuzuukira. Mwetegereze, okwo nno kwe kufiirwa okw'olwaatu.

17. Baliba n'ebibikka eby'omuliro waggulu waabwe, nga ne wansi waabwe eriyo ebibikka. Ebyo Allah by'atiisa nabyo abeweereza be. Abange mmwe abaweereza bange, kale mutye Nze nzeka.

18. Era abo abewala okusinza bakatonda ab'obulimba era nebeetoowaza eri Allah, balina amawulire ag'essanyu. Kale wa abaweereza bange amawulire ag'essanyu,

19. Abo abawuliriza ekigambo n'oluvannyuma nebagoberera ekisinga obulungi mu kyo. Abo nno be bo Allah be yalung'anya, era abo be balina amagezi.

20. Abaffe, oyo aba akakaseeko ensala y'ekibonerezo, *waliwo ayinza okumuwonya?* Abaffe, ggwe osobola okuwonya oyo ali mu muliro?

21. Naye abo abatya Mukama waabwe, balifuna ebizimbe ebitumbiivu nga ne waggulu wa byo ezimbiddwayo kalina, nga n'emigga gikulukutira wansi wa byo. *Ekyo kisuubizo kya Allah, ate Allah tamenya kisuubizo.*

22. Abaffe, tolaba nga Allah bw'atonyesa amazzi okuva mu bire, kale n'agayisa mu nsulo eziri mu itaka n'oluvannyuma n'agamezesa ebimera eby'erangi ezitali zimu? Oluvannyuma biwotoka n'obiraba nga bya kyenvu, n'oluvannyuma abifuula ebikutusekutuse. Mazima mw'ebyo mulimu okubuulirira eri abo abalina amagezi.

Ruku 3

23. Abaffe, oyo Allah gw'ayanjululiza ekifuba kye eri Obusiramu era nga ali ku butangaavu obuva eri Mukama we *afaanana n'oyo awammanta mu kizikiza ky'obubuze?* Kale nno zibasanze abo abakakanyavu b'emitema ku kujukira Allah. Abo nno be bali mu kubula okw'olwaatu.

24. Allah yassa ekigambo ekisingira ddala obulungi, nga ky'Ekitabo ekitabagana, ekidding'ana *ebigambo mu ngeri ezitali*

وَأَهْلِيهِمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ؕ أَلَا ذَلِكَ هُوَ
الْخُسْرَانُ الْمُبِينُ ﴿١٦﴾

لَهُمْ مِّنْ فَوْقِهِمْ ظُلَلٌ مِّنَ النَّارِ وَ مِنْ
تَحْتِهِمْ ظُلَلٌ ؕ ذَلِكَ يُخَوِّفُ اللَّهُ بِهِ
عِبَادَهُ ۗ لِيُعْبَادُوهُ فَاتَّقُوا اللَّهَ ۗ

وَالَّذِينَ اجْتَنَبُوا الطَّاغُوتَ أَن
يَعْبُدُوهَا وَأَتَابُوا إِلَى اللَّهِ لَهُمْ
الْبُشْرَى ۗ قَبَشْرٌ عَبَادٌ ﴿١٧﴾

الَّذِينَ يَسْتَمِعُونَ الْقَوْلَ فَيَتَّبِعُونَ
أَحْسَنَهُ ؕ أُولَٰئِكَ الَّذِينَ هَدَى اللَّهُ
وَأُولَٰئِكَ هُمُ الْآلِيَابُ ﴿١٨﴾

أَقَمْنَ حَقَّ عَلَيْهِ كَلِمَةَ الْعَهْدِ ۗ أَقَانَتْ
تُثَقِّدُ مَن فِي النَّارِ ﴿١٩﴾

لَكِنِ الَّذِينَ اتَّقَوْا رَبَّهُمْ لَهُمْ غُرَفٌ
مِّنْ فَوْقِهَا غُرَفٌ مَّبْنِيَةٌ لَّا تَجْرِي مِنْ
تَحْتِهَا أَلْهَادٌ وَعَدَّ اللَّهُ ؕ لَّا يُخْلِفُ
اللَّهُ الْوَعْدَ ﴿٢٠﴾

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ أَنزَلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً
فَسَلَكَهُ يَنبَاتِيَةٌ فِي الْأَرْضِ ثُمَّ
يُخْرِجُ بِهِ زَرْعًا مُّخْتَلِفًا أَلْوَانُهُ ثُمَّ
يَهْبِئُ بِهِ فَتَرَافُهُ مُضَقَّرًا ثُمَّ يُجْعَلُهُ
حُطًا مَّا دَانَ فِي ذَلِكَ لِكُزْبَى لِأُولَى
الْآلِيَابِ ﴿٢١﴾

أَقَمْنَ شَرَحَ اللَّهُ صَدْرَهُ لِلدِّسْلَامِ فَهُوَ
عَلَى نُورٍ مِّنْ رَبِّهِ ؕ قَوْلٌ لِّلْقَلْبِيَّةِ
قُلُوبُهُمْ مِّنْ ذِكْرِ اللَّهِ ؕ أُولَٰئِكَ فِي ضَلَالٍ
مُّبِينٍ ﴿٢٢﴾

اللَّهُ نَزَّلَ أَحْسَنَ الْحَدِيثِ كِتَابًا مُّتَشَابِهًا
مَّثَانِيًّا ۖ تَفْشِيرٌ مِنْهُ جُلُودٌ الَّذِينَ

zimu; ensusu z'abo abatya Mukama waabwe zeesisiwala ku lwa kyo nga kisomeddwa, n'oluvannyuma ensusu zaabwe n'emyoyo gyabwe bigonda olw'okujjukira Allah. Okwo nno kwe kulung'amyamba kwa Allah kw'alung'amyamu oyo gw'aba asiimye. Era oyo Allah gw'asalira nti abuze, kale aba takyalinayo mulung'amyamba.

25. Abaffe, oyo eyeekuumisa ekyeenyi kye ku kibonerezo ekibi eky'olunaku lw'okuzuukira *yenkana n'oyo aliba emirembe?* Era aboononyi baligambibwa nti: Muloze ku *bubi* bw'ebyo bye mwakolanga.

26. Abo abaakulemba baalimbisa *Ababaka*, kale ekibonerezo nekibatuuakako mu ngeri gye bataamanya.

27. Kale Allah n'abalozza ku buswaavu mu bulamu bw'oku nsi, naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene, singa babadde bamanyi.

28. Era ddala twaleetera abantu eby'okulabirako ebya buli ngeri mu Kur'ani eno, balyooke bafumiitirize.

29. *Twassa gy'oli* Kur'ani *ennyinyonnyofu* mu Luwarabu nga teriimu bukyaamu bwonna, balyooke batye Allah.

30. Allah yaleeta eky'okulabirako: omuntu atwalibwa abakolaganira awamu nga *bangi ate* nga bakuubagana, n'omulala nga yeewaayo okufugibwa omuntu omu *yekka*. Abaffe, bombi benkanankana mu mbeera? *Mumanye nti* amatendo gonna ga Allah naye era abasinga obungi mu bo tebamanyi.

31. Mazima ggwe oli wa kufa, era nabo ddala ba kufa.

32. N'oluvannyuma ddala mmwe ku lunaku lw'okuzuukira mulitotoogona mu maaso ga Mukama wammwe.

**Juzu 24
Ruku 4**

33. Naye ani mwonoonyi okusinga kw'oyo apaatiika obulimba ku Allah era n'alimbisa n'amazima nga gamutuuseeko? Abaffe, mu Jahannamu temulimu butuulo bw'abeerema?

34. Era oyo aleeta amazima n'oyo agakakasa, abo ddala be batya Allah.

يَخْشَوْنَ رَبَّهُمْ ثُمَّ تَلَّيْنُ جُلُودَهُمْ وَ
قُلُوبُهُمْ إِلَىٰ ذِكْرِ اللَّهِ ذَلِكِ هَدَىٰ اللَّهُ
يَهْدِي بِهِ مَن يَشَاءُ ۗ وَمَن يُضِلِلِ اللَّهُ
فَمَا لَهُ مِن هَادٍ ۝١٤

أَفَمَن يَتَّبِعِي بِوَجْهِهِ سُوءَ الْعَذَابِ
يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ وَقِيلَ لِلظَّالِمِينَ ذُوقُوا
مَا كُنتُمْ تَكْسِبُونَ ۝١٥

كَذَّبَ الَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ فَآتَاهُمُ
الْعَذَابُ مِن حَيْثُ لَا يَشْعُرُونَ ۝١٦

فَإِذَا أَنَّهُمُ اللَّهُ الْخَزِيءُ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا
وَالْعَذَابِ الْأَخْرَجِ أَكْبَرُ مَلَوْ كَانُوا
يَعْلَمُونَ ۝١٧

وَلَقَدْ صَرَبْنَا لِلنَّاسِ فِي هَذَا الْقُرْآنِ
مِن كُلِّ مَثَلٍ لَّعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ۝١٨

فَرَأْنَا عَرَبِيًّا عَايِرًا ذِي عِوَجٍ لَّعَلَّهُمْ
يَتَّقُونَ ۝١٩

صَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا رَّجُلًا فِيهِ شُرَكَاءُ
مُتَشَاكِسُونَ ۗ وَرَجُلًا سَلَمًا لِّرَجُلٍ هَلْ
يَسْتَوِينَ مَثَلًا ۗ الْحَمْدُ لِلَّهِ بَلْ أَكْثَرُهُمْ
لَا يَعْلَمُونَ ۝٢٠

إِنَّكَ مَيْتٌ وَإِنَّهُمْ مَّيْتُونَ ۝٢١

ثُمَّ لَأَنكُم يَوْمَ الْقِيَامَةِ عِندَ رَبِّكُمْ
تَخْتَصِمُونَ ۝٢٢

فَمَن أَظْلَمُ مِمَّن كَذَّبَ عَلَىٰ
اللَّهِ وَكَذَّبَ بِالصِّدْقِ إِذْ جَاءَهُ ۗ
أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ مَثْوًى
لِّلْكَافِرِينَ ۝٢٣

وَالَّذِينَ جَاءُوا بِالصِّدْقِ وَصَدَّقَ
بِهِ ۗ أُولَٰئِكَ هُمُ الْمُتَّقُونَ ۝٢٤

35. Balifuna buli kye balyagala eri Mukama waabwe. Eyo nno y'empeera y'abakozi b'ebirungi.

36. Allah *akola atyo* alyooke abasanguleko ebibi bye baakola era abasasule empeera yaabwe okusinziira ku bisingira ddala obulungi mw'ebyo bye baakolanga.

37. Abaffe, *ddala* Allah tamala muweereza we? Era bajja kukutiisatiisa n'ebyo *bye basinza* ebbali we. Naye Allah gw'asalira nti abuze, taba na mulung'anya *mulala*.

38. Era oyo Allah gw'alung'anya aba takyalina yenna amubuza. Abaffe, Allah si ye Luwangula, Nannyini kwesasuzza?

39. Era bw'obabuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, ddala bajja kugamba nti: Allah. Gamba nti: Mulwooza mutya kw'ebyo bye musinza ebbali wa Allah: singa Allah aba nga anjagalizza akabi, abaffe, byo bisobola okuggyawo akabi ke? Oba bw'aba nga anjagalizza okusaasira, abaffe, biyinja okuziyiza okusaasira kwe? Gamba nti: Nze Allah ammala. Ye abeesiga gwe baba beesiga.

40. Gamba nti: Abange, mukole kyonna kye musobola, nange nkola; kale mangu nnyo mujja kumanya,

41. Ani ekibonerezo ekimuswaaza gwe kinaatuukako, n'ekibonerezo ekiwangaala kimukkeko.

42. Mazima tukubikkulidde Ekitabo eky'amazima ku *lw'okugasa* abantu. Kale oyo alung'ama, *alung'ama* Iwa kugasa mwoyo gwe; n'oyo awaba, kale ddala abula n'afiriiza gwo. Era ggwe toli mulabirizi ku bo.

Ruku 5

43. Allah atwala emyo yo *gy'abalamu* mu kiseera ky'okufa kwabwe, n'egyabo abatannafa *agitwalira* mu tulo twabwe. Kale aziyiza egyo *gyokka* egiba gisaliddwa okufa, emirala n'agizzaayo eri *ba nnyini gyo* okutuusa ku ntuuko eyagerekebwa.

لَهُمْ مَا يَشَاءُونَ عِنْدَ رَبِّهِمْ ذَلِكَ
جَزَاءُ الْمُحْسِنِينَ ﴿٣٥﴾

لِيُكَفِّرَ اللَّهُ عَنْهُمْ أَسْوَأَ الَّذِي
عَمِلُوا وَ يُجْزِيَهُمْ أَجْرَهُمْ
بِأَحْسَنِ الَّذِي كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٣٦﴾
أَلَيْسَ اللَّهُ بِكَافٍ عَبْدَهُ وَ
يُخَوِّفُونَكَ بِالَّذِينَ مِنْ دُونِهِ
وَ مَنْ يُضِلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ
هَادٍ ﴿٣٧﴾

وَ مَنْ يَهْدِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِنْ مُضِلٍّ
أَلَيْسَ اللَّهُ بِعَزِيزٍ ذِي انْتِقَامٍ ﴿٣٨﴾
وَ لَئِنْ سَأَلْتَهُمْ مَنْ خَلَقَ
السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ لَيَقُولُنَّ اللَّهُ
قُلْ أَفَرَأَيْتُمْ مَا تَدْعُونَ مِنْ دُونِ
اللَّهِ إِنْ أَرَادَنِيَ اللَّهُ بِضُرٍّ هَلْ هُنَّ
كَاشِفَاتُ ضُرِّهِ أَوْ أَرَادَنِي بِرَحْمَةٍ هَلْ
هُنَّ مُمْسِكَتُ رَحْمَتِهِ قُلْ حَسْبِيَ
اللَّهُ عَلَيْهِ يَتَوَكَّلُ الْمُتَوَكِّلُونَ ﴿٣٩﴾
قُلْ يَقَوْمِ اعْمَلُوا عَلَى مَكَانَتِكُمْ
إِنِّي عَامِلٌ فَمَا تَتْلُمُونَ ﴿٤٠﴾

مَنْ يَأْتِيهِ عَذَابٌ يُخْزِيهِ وَ يَجُلُّ
عَلَيْهِ عَذَابٌ مُّقِيمٌ ﴿٤١﴾

إِنَّا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ لِلنَّاسِ
بِالْحَقِّ فَمَنْ اهْتَدَى فَلِنَفْسِهِ
وَ مَنْ ضَلَّ فَإِنَّمَا يَضِلُّ عَلَيْهَا وَ مَا
أَنْتَ عَلَيْهِمْ بِوَكِيلٍ ﴿٤٢﴾

اللَّهُ يَتَوَفَّى الْأَنْفُسَ حِينَ مَوْتِهَا وَ
الَّتِي لَمْ تَمُتْ فِي مَنَآئِمِهَا فِيمَا رَسَلْنَا
الَّتِي قَضَىٰ عَلَيْهَا الْمَوْتَ وَ يُرْسِلُ
الْأَخْرَىٰ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى إِنْ فِي

Mazima mw'ekyo mulimu obubonereo eri abantu abafumiitiriza*.

44. Abaffe, baafunayo abawolereza abalala ebbali wa Allah? Gamba nti: Abaffe, ne bwe baba nga tebalina buyinza ku kyonna wadde nga tebategeera?

45. Gamba nti: Okuwolereza kwonna kuli eri Allah. Obwakabaka bw'omu ggulu ne mu nsi bubwe. N'oluvannyuma gy'ali gye mulizzibwa.

46. Era Allah bw'ayogerwako nga bw'ali Omu yekka, emitima gy'abo abatakkiriza nkomerero gyetamwa; naye abo abali ebbali we bwe boogerwako, amangw'ago nga bajaganya.

47. Gamba nti: Ayi Allah Omutandisi w'eggulu n'ensi, Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, ddala Ggwe oliramula wakati w'abantu bo mw'ebyo bye baayawukana-ngamu.

48. Era aboonoonyi ne bwe baalibadde n'ebiri mu nsi byonna nga bigattiddwako n'ebirala ebibyenkana, mazima baalibiwadddeyo okwenunula ku kibonerezo ekibi ennyo ku lunaku lw'okuzuukira. Era ebyo bye baali tebasuubira okuva eri Allah biryeyoleka gye bali.

49. Era n'obubi bw'ebyo bye baakolanga bulyeyoleka gye bali, era balyetooloolwa ebyo bye baajereganga.

50. Kale omuntu bw'atuukibwako akabi, olwo atulaajanira. Naye bwe tumuwa ku byengera ebiva gye tuli, ng'agamba nti: Bino bimpeereddwa lwa magezi gange. So nno ekyo kiba kigezo, naye abasinga obungi mu bo tebamanya.

51. Ddala n'abo abaabakulemba baakyo-gera, naye ebyo bye baakola tebyabagasa.

52. Naye baatuukibwako obubi bw'ebyo bye baakolanga, era n'abo aboonoonefu abali mu batakkiriza bano, nabo mangu nnyo bajja

ذٰلِكَ لَا يَتِي لِقَوْمٍ يَتَّفَكِرُوْنَ ﴿٤٣﴾

أَمْ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ شُفَعَاءَ ۗ قُلْ أَوْلُو كَانُوا لَا يَمْلِكُوْنَ شَيْئًا وَ لَا يَخْفَوْنَ ﴿٤٤﴾

قُلْ لِلَّهِ الشَّفَاعَةُ جَمِيعًا ۗ لَهُ مُلْكُ السَّمٰوٰتِ وَ الْأَرْضِ ۗ ثُمَّ رٰلَيْهِ تُرْجَعُوْنَ ﴿٤٥﴾

وَإِذْ أَدْعٰرَ اللَّهِ وَحَدَّهُ أَشْمَارًا ۗ تَقُوْبِ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُوْنَ بِالْآخِرَةِ ۗ وَإِذَا دُعِيَ الَّذِينَ مِنْ دُونِهِ إِذَا هُمْ يَسْتَبْشِرُوْنَ ﴿٤٦﴾

قُلِ اللَّهُمَّ فَاطِرَ السَّمٰوٰتِ وَ الْأَرْضِ عَلِيمَ الْغَيْبِ وَ الشَّهَادَةِ أَنْتَ تَحْكُمُ بَيْنَ عِبَادِكَ فِي مَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُوْنَ ﴿٤٧﴾

وَكَوَأَنَّ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا مَا فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا ۗ وَمِثْلَهُ مَعَهُ لَا فَعَدُوا بِهِ مِنْ سُوءِ الْعَذَابِ يُؤْمَرُ الْقِيَمَةِ ۗ وَبَدَّ اللَّهُ مِنْ اللَّهِ مَا لَمْ يَكُونُوا يَحْتَسِبُوْنَ ﴿٤٨﴾

وَ بَدَّ اللَّهُ مِنْ سَيِّئَاتِ مَا كَسَبُوا ۗ وَ حَاقَ بِهِمْ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُوْنَ ﴿٤٩﴾

فَإِذَا مَسَّ الْإِنْسَانَ ضُرٌّ دَعَا تَارْتُمَ إِذَا خَوْلْنَهُ نِعْمَةً مِّنَّا ۗ قَالَ إِنَّمَا أُوتِيتُهُ عَلَىٰ عِلْمٍ ۗ بَلْ هِيَ فِتْنَةٌ ۗ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَهُمْ لَا يَعْلَمُوْنَ ﴿٥٠﴾

قَدْ قَالُوا الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَمَا آغْنَىٰ عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُوْنَ ﴿٥١﴾

فَأَصَابَهُمْ سَيِّئَاتُ مَا كَسَبُوا ۗ وَ الَّذِينَ ظَلَمُوا مِنْ هَؤُلَاءِ سَيُصِيبُهُمْ سَيِّئَاتُ

kutuukibwako obubi bw'ebyo bye bakola, era tebayinza kufufuggaza ntegeka ya Allah.

53. Abaffe, tebamanyi nti ddala Allah y'agaziyiya ebigabibwa oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza? Mazima mw'ebyo mulimu okulabula eri abantu abakkiriza.

Ruku 6

54. Gamba nti: Abange mmwe abaweereza bange abo abasukkiridde mu kweyoonona, temuggwebwamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah. Mazima Allah asonyiwa ebyonono byonna. Ddala Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

55. Kale mudde eri Mukama wammwe era mweweeyo gy'ali nga ekibonerezo tekinnabatuukako, kuba oluvannyuma temuliyambibwa.

56. Era mugoberere enjigiriza esinga obulungi eyassibwa gye muli okuva eri Mukama wammwe, nga ekibonerezo tekinnabatuukako kibwatukira nga temutegedde,

57. Si kulwa nga omuntu agamba nti: O! nga ndabye olw'ebyo bye nnagayaalirira ku ludda lwa Allah era ddala nali mw'abo ababalaa-tanga,

58. Oba agambe nti: Singa ddala Allah yannung'anya, mazima naalibadde mw'abo abatya Allah;

59. Oba agambe awo ng'alabye ekibonerezo nti: Singa nnyinza okuddayo, olwo naalibadde mu bakozi b'ebirungi.

60. Aligambibwa nti: Ddala watuukibwako okulabula kwange naye n'okulimbisa, neweekuza era n'oba mw'abo abagaanyi.

61. Era ku lunaku lw'okuzuukira oliraba abo abaayogeranga obulimba ku Allah nga obwenyi bwabwe buddugadde. Abaffe, mu muliro temulimu butuulo bw'abo abeeukuza?

62. Era Allah awonya abo abamatya n'abatuusa ku buwonero bwabwe obw'emirembe n'obuwanguzi bwabwe nga tebatuukibwaako kabi konna, wadde tebalinakuwala.

مَا كَسَبُوا وَمَا هُمْ بِمُعْجِزِينَ ﴿٥٧﴾

أَوَلَمْ يَعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ وَيَقْدِرُ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ ﴿٥٨﴾

قُلْ يَعْبادِي الَّذِينَ أَسْرَفُوا عَلَىٰ أَنفُسِهِمْ لَا تَقْنَطُوا مِن رَّحْمَةِ اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ يَغْفِرُ الذُّنُوبَ جَمِيعًا إِنَّهُ هُوَ الْغَفُورُ الرَّحِيمُ ﴿٥٩﴾

وَآيِبُوا إِلَىٰ رَبِّكُمْ وَأَسْلِمُوا لَهُ مِن قَبْلِ أَن يَأْتِيَكُمُ الْعَذَابُ ثُمَّ لَا تُنصِرُونَ ﴿٦٠﴾

وَآتَيْتُمُوهُنَّ أَحْسَنَ مِمَّا أُنزِلَ إِلَيْكُم مِّن رَّبِّكُمْ مِن قَبْلِ أَن يَأْتِيَكُمُ الْعَذَابُ بَغْتَةً وَآنتُمْ لَا تَشْعُرُونَ ﴿٦١﴾

أَن تَقُولَ نَفْسٌ يُعَسِّرُنِي عَلَىٰ مَا فَرَضْتُ فِي جَنبِ اللَّهِ وَإِن كُنْتُ لَمِنَ السَّاجِدِينَ ﴿٦٢﴾

أَوْ تَقُولَ لَوْ أَنَّ اللَّهَ هَدَانِي لَكُنْتُ مِنَ الْمُتَّقِينَ ﴿٦٣﴾

أَوْ تَقُولَ حِينَ تَرَىٰ الْعَذَابَ لَوْ أَنَّ لِي كَرَّةٌ فَأَكُونَ مِنَ الْمُحْسِنِينَ ﴿٦٤﴾

بَلَىٰ قَدْ جَاءَ ثَلَاثُ آيَاتِي فَكَذَّبْتَ بِهَا وَاسْتَكْبَرْتَ وَكُنْتَ مِنَ الْكٰفِرِينَ ﴿٦٥﴾

وَيَوْمَ الْقِيٰمَةِ تَرَىٰ الَّذِينَ كَذَبُوا عَلَىٰ اللَّهِ وُجُوهُهُم مُّسْوَدَّةٌ أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ مَثْوًى لِّلْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٦٦﴾

وَيُنَجِّي اللَّهُ الَّذِينَ اتَّقَوْا بِمَفَازٍ لَهُمْ لَا يُمَسِّهُمُ الشُّوْءُ وَلَا هُمْ يَحْزَنُونَ ﴿٦٧﴾

63. Allah ye Mutonzi wa buli kimu era ye Mulabirizi wa buli kimu.

اللَّهُ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ وَكِيلٌ ﴿١٣﴾

64. Ye nannyini bisumuluzo by'eggulu n'ensi. Era abo abatakkiriza bubonero bwa Allah be b'okufaafaaganirwa.

لَهُ مَقَالِيدُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِ اللَّهِ أُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿١٤﴾

Ruku 7

65. Gamba nti: Abange mmwe abatamanyi, abaffe, mundagira nsinze *bakatonda abalala* atali Allah?

قُلْ أَغْفِرَ اللَّهُ تَائِمُرُوتِي أَعْبُدُ أَيُّهَا الْجَاهِلُونَ ﴿١٥﴾

66. Era ddala kyabikkulirwa gy'oli n'eri abo abaakukulemba nti bw'olyenkanya Allah n'ebirala, ddala ebikolwa byo bigenda kwonooneka era ddala oliba mw'abo abalifaafaaganirwa.

وَلَقَدْ أَوْحَىٰ إِلَيْكَ وَإِلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكَ لَئِنْ أَشْرَكْتَ لَيَحْبَطَنَّ عَمَلُكَ وَلَتَكُونَنَّ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿١٦﴾

67. Wabula Allah *yekka* gw'oba osinzanga era beeranga mw'abo abeebaza.

بَلِ اللَّهِ فَاَعْبُدْ وَكُنْ مِنَ الشَّاكِرِينَ ﴿١٧﴾

68. *Mu butuufu* tebaawa Allah kitiibwa kye ekimusaanira. Era ensi yonna eriba mu kibatu kye ku lunaku lw'okuzuukira, n'*emigigi* gy'eggulu girizingibwako ne ddyo we. Obutuukirivu bubwe, era ali waggulu nnyo n'ebyo bye bamwenkanya nabyo.

وَمَا قَدَرُوا اللَّهَ حَقَّ قَدْرِهِ وَالْأَرْضُ جَمِيعًا قَبْضَتُهُ يَوْمَ الْقِيَامَةِ وَالسَّمَوَاتُ مَطْوِيَّاتٌ بِيَمِينِهِ سُبْحٰنَهُ وَتَعَلَىٰ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿١٨﴾

69. Era eng'ombe erifuuyibwa, kale abali mu ggulu n'abali mu nsi *bonna* balizirika, okuggyako abo Allah baalisiima. N'oluvannyuma erifuuyibwamu *omulundi* omulala, okwejuukiriza nga bayimuse, batunula!

وَنُفِخَ فِي الصُّورِ فَصَبَقَ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَمَنْ فِي الْأَرْضِ إِلَّا مَنْ شَاءَ اللَّهُ ثُمَّ نُفِخَ فِيهِ أُخْرَىٰ فَإِذَا هُمْ قِيَامٌ يَنْظُرُونَ ﴿١٩﴾

70. Era ensi eriyakaayakana n'ekitangaala kya Mukama wa yo, n'Ekitabo kiriteekebwawo, ne ba Nabbi, n'Abajulizi balireetebwa, era *abantu* baliramulwa wakati waabwe mu bwenkanya era tebaliryaazaamaanyizibwa.

وَأَشْرَقَتِ الْأَرْضُ بِنُورِ رَبِّهَا وَوُضِعَ الْكِتَابُ وَجَاءَ بِالنَّبِيِّينَ وَالشُّهَدَاءَ وَقُضِيَ بَيْنَهُمْ بِالْحَقِّ وَهُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٢٠﴾

71. Era buli mwoyo gulisasulwa mu bujuvu olw'ebyo bye gwakola. Era Ye y'asinga okumanya ebyo bye bakola.

وَوُفِّيَتْ كُلُّ نَفْسٍ مَّا عَمِلَتْ وَهُوَ أَعْلَمُ بِمَا يَفْعَلُونَ ﴿٢١﴾

Ruku 8

72. Era abo abatakkiriza baligoberwa eri Jahannamu mu bibinja. Okutuusa lwe baligituukako enzigi za gwo ne ziggulibwawo, olwo abalabirizi ba gwo baligamba nti: Abaffe, temwatuukibwako Batume nga

وَيَسِيقَ الَّذِينَ كَفَرُوا إِلَىٰ جَهَنَّمَ زُمَرًا حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوهَا فَتَحَتْ أَبْوَابُهَا وَقَالَ لَهُمْ خَزَنَتُهَا أَلَمْ

bava mu mmwe, nga babasomera Aya za Mukama wammwe n'okubalabula ku nsisinkano y'olunaku lwammwe luno? Baliddamu nti: Yee, *baatutuukako* naye ensala y'ekibonerezo emaze okukakata ku batakkiriza.

73. Kirigambibwa nti: Kale muyingire mu miryango gya Jahannamu, omwo mwe mujja okubeera. Ye nga obutuulo bw'abekuluntaza buliba bubu nnyo!

74. Era n'abo abaatyanga Mukama waabwe balitwalibwa eri Janna mu bibinja. Okutuusa lwe baligituukako, enzi gi za yo ne ziggulibwawo. Olwo abakuumi ba yo baligamba nti: Emirembe gibeere ku mmwe, mwesanyukire, era mugiyingire mwebeerere omwo.

75. Era baligamba nti: Amatendo gonna ga Allah, Oyo atuukirizza ekisuubizo kye gye tuli n'atusikiza ensi, netutuula mu Janna wonna nga bwe twagala. Kale empeera y'abakozi *b'ebirungi* si nnungi ggero!

76. Era oliraba ba malayika nga beetoolodde Nnamulondo nga batendereza n'amatendo ga Mukama waabwe. Era *abantu* baliramulwa wakati waabwe mu bwenkanya. Era kiryogerwa nti: Amatendo gonna ga Allah, Mukama w'ebitonde byonna.

يَا تَكْمُ رُسُلٌ مِّنكُمْ يَشْتُونَ عَلَيْكُمْ
آيَاتِ رَبِّكُمْ وَ يُنذِرُوكُمْ لِقَاءِ
يَوْمِكُمْ هَذَا قَالُوا بَلَىٰ وَلَكِن حَقَّتْ
كَلِمَةُ الْعَذَابِ عَلَى الْكَافِرِينَ ﴿٧٣﴾

قِيلَ ادْخُلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ
خَالِدِينَ فِيهَا فِيئْسَ مَثْوَى
الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٧٤﴾

وَسِيقَ الَّذِينَ اتَّقَوْا رَبَّهُمْ إِلَى
الْجَنَّةِ زُمَرًا حَتَّىٰ إِذَا جَاءُوهَا وَ
فُتِحَتْ أَبْوَابُهَا وَقَالَ لَهُمْ خَزَنَتُهَا
سَلَامٌ عَلَيْكُمْ طِبْتُمْ فَادْخُلُوهَا
خَالِدِينَ ﴿٧٥﴾

وَقَالُوا الْحَمْدُ لِلَّهِ الَّذِي صَدَقْنَا
وَعَدَهُ وَ أَوْدَعْنَا الْأَرْضَ نَتَّبِعُوا مِنْ
الْجَنَّةِ حَيْثُ نَشَاءُ فَنِعْمَ أَجْرُ
الْعَامِلِينَ ﴿٧٦﴾

وَتَرَى الْمَلَائِكَةَ حَافِيَةً مِنْ حَوْلِ
الْعَرْشِ يُسَبِّحُونَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَ
قُضِيَ بَيْنَهُمْ بِالْحَقِّ وَقِيلَ الْحَمْدُ لِلَّهِ
رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٧٦﴾

AL-MU'MIN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku Iw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Hā Mim.*

حَمْدٌ ⑤

3. Okubikkulirwa kw'Ekitabo kino kwaviira ddala eri Allah Luwangula, Omumanyi wa byonna,

تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ⑥

4. Omusonyiyi w'ebibi era Omukkiriza w'okwenenya, Omukakali mu kubonereza, Nannyini kugaba. Teri Musinzibwa mulala okuggyako Ye. Gy'ali y'eri obuddo.

عَاقِرِ الذُّبَابِ وَقَابِئِ الثُّوبِ شَدِيدِ الْعِقَابِ ذِي الطُّوْلِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ إِلَيْهِ الْمَصِيرُ ④

5. Tewali awakanya Aya za Allah okuggyako abo abatakkiriza. Kale okutawuka kwabwe mu nsi kuleme kukubuzaabuza.

مَا يَجَادِلُ فِي آيَاتِ اللَّهِ إِلَّا الَّذِينَ كَفَرُوا فَلَا يَخْرُجُكَ تَقَلُّبُهُمْ فِي الْبِلَادِ ⑤

6. N'olubereberye lwabwe, abantu ba Nuhu n'ebibinja ebirala oluvannyuma lwabwe baalimbisa obubaka era buli kibinja kyamalirira ku Mubaka wa kyo okumu-kwata era nebawakanyisa ebitaliimu mbu balyooke babifufuggazise amazima. Kale ne mbakwata, naye okubonereza kwange kwali kutya?

كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَ الْأَخْرَابُ مِنْ بَعْدِهِمْ سَوْحًا عَلَى الْأُمَّةِ يُرْسُولِهِمْ لِيَأْخُذُوا وَ جَادُوا بِالْبَاطِلِ لِيُدْحِضُوا بِهِ الْحَقَّ فَأَخَذْتُهُمْ فَكَيْفَ كَانَ عِقَابِ ⑥

7. Era bwe kityo, ekigambo kya Mukama wo nekikakata ku batakkiriza nti ddala bo bantu bamuliro.

وَ كَذَلِكَ حَقَّتْ لِكَلِمَتِ رَبِّكَ عَلَى الَّذِينَ كَفَرُوا أَنَّهُمْ أَصْحَابُ النَّارِ ⑦

8. Ba malayika abo abawaniridde Nnamulondo era n'abo abagyetoolodde, batendereza n'amatendo ga Mukama waabwe, era bakkiriza mu Ye, era basabira abo abakkiriza okusonyiyibwa nga bwe bagamba nti: Mukama waffe, weetoolola buli kimu mu kusaasira n'okumanya, kale sonyiwa abo abeenenya nebagoberera ekkubo lyo era bawonye ekibonerezo ky'omuliro.

الَّذِينَ يَخْمَلُونَ الْعَرْشَ وَ مَنْ حَوْلَهُ يُسَبِّحُونَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَيُؤْمِنُونَ بِهِ وَ يَسْتَغْفِرُونَ لِلَّذِينَ آمَنُوا رَبَّنَا وَسِعْتَ كُلَّ شَيْءٍ رَحْمَةً وَ عِلْمًا فَاعْفُ لِلَّذِينَ تَابُوا وَ اتَّبَعُوا سَبِيلَكَ وَقِهِمْ عَذَابَ الْجَحِيمِ ⑧

9. Mukama waffe, era bayingize mu Janna ey'olubeerera eyo gye wabasuubiza, n'abo abaakola ebirungi mu bakitaabwene be baafumbiriganwa nabo n'ezadde

رَبَّنَا وَ ادْخُلْهُمْ جَنَّاتٍ عَدْنٍ الَّتِي وَعَدْتَهُمْ وَ مَنْ صَلَّى مِنْ آبَائِهِمْ وَ آزْوَاجِهِمْ وَ ذُرِّيَّتِهِمْ إِنَّكَ أَنْتَ

lyabwe. Mazima Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.

10. Era bawonye ebibi. Era oyo gw'oliwonya ebibi olunaku olwo, mazima oliba omusaasidde. Era obwo bwe buwanguzi obusuffu.

Ruku 2

11. Mazima abo abatakkiriza baliwerekerezebwa *ebigambo nti*: Ddala okukyawa kwa Allah *kw'abakyayemu*, kusingira wala obukyayi mmwe bwe mwalinanga awo nga muyitiddwa eri okukkiriza, nemugaana.

12. Baligamba nti: Mukama waffe, otutuusizzaako okufa kwa mirundi ebiri, era otuwadde obulamu bwa mirundi ebiri; kale *kati tukkirizza* ebisobyo byaffe. Abaffe, waliwo ku kkubo *erifuluma mu kibonerezo?*

13. *Baligambibwa nti*: Ekyo *kibatuu-seeko* olw'okubanga Allah bwe yalangiirirwanga nti ali Omu yekka, mwagaananga; naye bwe yenkanyizibwanga n'ebirala, mwakkirizanga. *Kati nno okulamula okusembayo* kuli eri Allah yekka, Omugulumivu, Omukulu ennyo.

14. Ye y'Oyo abalaga obubonero bwe era y'abassiza ebigabibwa okuva mu ggulu. Naye teri afumiitiriza okuggyako oyo adding'ana *eri Allah*.

15. Kale musabenga Allah nga muli bamalirivu gy'ali mu buwulize, abatakkiriza ne bwe baba nga tebaagala.

16. Y'asitula mu madaala, Nannyini Nnamulondo. Assa Mwoyo kw'oyo gw'aba asiimye mu baweereza be olw'okulagira kwe, alyooke alabule *abantu ebifa* ku lunaku lw'okusisinkana,

17. Olunaku bonna lwe balijjirako *eri Allah*, tewali kyonna kibakwatako kiryekisa Allah. Obwakabaka buliba bw'ani kw'olwo? Buliba bwa Allah, Omu yekka, Omukasi.

18. Olwa leero buli omu ajja kususulwa olw'ebyo bye yakola. Leero tewali kulya-

التَّزِيْرُ الْحَكِيْمُ ۝٩

وَقِهِمُ السَّيِّئَاتِ ۗ وَمَنْ تَقِ السَّيِّئَاتِ يَوْمَئِذٍ فَقَدْ رَحِمْتَهُ ۗ وَذَلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيْمُ ۝١٠

رَبِّ الَّذِينَ كَفَرُوا إِنَّا دَاوُنَ لَمَقْتٌ
اللَّهِ أَكْبَرُ مِنْ مَفْعِكُمْ أَنفُسَكُمْ إِذْ
تَدْعُونَ إِلَى الْإِيْمَانِ فَتُكْفَرُونَ ۝١١

قَالُوا رَبَّنَا آمَنَّا اِثْنَتَيْنِ وَ
أَخِيَّتَيْنِ فَاعْتَرَفْنَا
بِذُنُوبِنَا فَهَلْ إِلَى خُرُوجٍ مِنْ
سَبِيلٍ ۝١٢

ذَلِكُمْ بِأَنَّهُ إِذَا دُعِيَ اللَّهُ وَحْدَهُ
كَفَرْتُمْ ۚ وَإِنْ يُشْرَكَ بِهِ تُؤْمِنُونَ
قَالِكُمْ لِلَّهِ الْعَلِيِّ الْكَبِيْرِ ۝١٣

هُوَ الَّذِي يُرِيكُمْ آيَاتِهِ وَيُنَزِّلُ
لَكُمْ مِنَ السَّمَاءِ رِزْقًا وَمَا يَتَذَكَّرُ
إِلَّا مَنْ يُنِيبُ ۝١٤

فَادْعُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ لَهُ الدِّينَ
وَلَوْ كَرِهَ الْكَافِرُونَ ۝١٥

رَفِيْعِ الدَّرَجَاتِ ذُو الْعَرْشِ ۚ يُلْقِي
الرُّوحَ مِنْ أَمْرِهِ عَلَى مَنْ يَشَاءُ مِنْ
عِبَادِهِ لِيُنزِلَ يَوْمَ التَّلَاقِ ۝١٦

يَوْمَ هُمْ بَارِزُونَ لَا يَخْفَى عَلَى اللَّهِ
مِنْهُمْ شَيْءٌ ۗ لِمَنْ الْمُلْكُ الْيَوْمَ لِلَّهِ
الْوَاحِدِ الْقَهَّارِ ۝١٧

الْيَوْمَ تُجْزَى كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ ۗ لَا
ظُلْمَ الْيَوْمَ ۗ إِنَّ اللَّهَ سَرِيْعُ الْحِسَابِ ۝١٨

zaamaanya. Mazima Allah mwangu nnyo mu kubala.

19. Era balabule ku lunaku olubindabinda, awo nga emitima gituuse mu mimiro nga gifa ennaku. Aboononyi tebaliba na wa mukwano wadde omuwolereza alikkirizibwa.

وَ أَنْزَلْنَاهُمْ يَوْمَ الْأَزْفَةِ إِذِ
الْقُلُوبُ لَدَى الْحَنَاجِرِ كَاطْمِينٍ ۗ
مَا لِّلظَّالِمِينَ مِن حَمِيمٍ وَلَا شَفِيعٍ
يُطَاعُ ﴿١٩﴾

20. Allah y'amanyi obulyake bw'amaaso n'ebyo ebifuba bye bikisa.

يَعْلَمُ خَائِنَةَ الْأَعْيُنِ وَمَا تُخْفِي
الصُّدُورُ ﴿٢٠﴾

21. Era Allah alamula mu bwenkanya. Naye abo be balaajanira ebbali we, tebayinza kusalawo ku kyonna. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.

وَاللَّهُ يَقْضِي بِالْحَقِّ ۗ وَالَّذِينَ
يَدْعُونَ مِن دُونِهِ لَا يَقْضُونَ
بِشَيْءٍ ۗ إِنَّ اللَّهَ هُوَ السَّمِيعُ
الْبَصِيرُ ﴿٢١﴾

Ruku 3

22. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaabakulembere nga bwe yali ? Baali be babasinga ennyo mu maanyi n'okuleka ebyewuunyo mu nsi. Naye era Allah yabakangavvula olw'ebibi byabwe era tebaalina yenna wa kubataasa ku Allah.

أَوَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ كَانُوا
مِن قَبْلِهِمْ ۗ كَانُوا هُمْ أَشَدَّ مِنْهُمْ
قُوَّةً وَآثَارًا فِي الْأَرْضِ فَأَخَذَهُمُ
اللَّهُ بِذُنُوبِهِمْ ۗ وَمَا كَانَ لَهُم مِّن
اللَّهِ مِن دَآئِقٍ ﴿٢٢﴾

23. Ekyo lwa kubanga baatuukwangako Abatume baabwe n'obubonero obw'olwaatu naye nebeerema, kale Allah n'abakangavvula. Mazima Ye wa maanyi nnyo, mukakali mu kubonereza.

ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ كَانَتْ تَأْتِيهِمْ رُسُلُهُمْ
بِالْبَيِّنَاتِ وَكَفَرُوا فَأَخَذَهُمُ اللَّهُ ۗ
إِنَّهُ قَوِيٌّ شَدِيدُ الْحِقَابِ ﴿٢٣﴾

24. Era ddala twatuma Mūsa n'obubonero bwaffe, n'obukakafu obw'olwaatu,

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا وَسُلْطٰنٍ
مُّبِينٍ ﴿٢٤﴾

25. Eri Farāwo ne Hāmāni ne Qārūna naye nebagamba nti: Mulogo, mulimba mukulu.

إِلَىٰ فِرْعَوْنَ وَهَامَانَ وَقَارُونَ فَجَاءُوا
سِحْرًا كَذَّابًا ﴿٢٥﴾

26. Awo bwe yajja gye bali n'amazima agava gye tuli, baagamba nti: Mutte batabani b'abo abakkiriza awamu naye, naye mulekewo abakazi baabwe. Naye enkwe z'abatakkiriza si kirala wabula kugwa butaka.

فَلَمَّا جَاءَهُمْ بِالْحَقِّ مِنْ عِنْدِنَا قَالُوا
اقْتُلُوا أَوْلِيَاءَ الَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ
وَاسْتَحْيُوا نِسَاءَهُمْ ۗ وَمَا كَيْدُ
الْكٰفِرِينَ إِلَّا فِي ضَلٰلٍ ﴿٢٦﴾

27. Era Farāwo yagamba nti: Mundeke nzite Mūsa, kale akoowoole

وَقَالَ فِرْعَوْنُ ذَرُونِي أَقْتُلْ مُوسَىٰ

Mukama we *tulabe*. Mazima nze ntya nti ajja kukuusa enzikiriza yammwe oba okuleeta obusambattuko mu nsi *yaffe*.

28. Era Mūsa n'agamba nti: Mazima neewogoma eri Mukama wange amponye buli eyeekuza, atakkiriza lunaku lwa kubalirira.

Ruku 4

29. Era omusajja omu omukkiriza mu bantu ba Farāwo eyakisanga okukkiriza kwe, n'agamba nti: Abaffe, mutte omuntu olw'okubanga agambye nti: Mukama wange ye Allah, ate nga abaleetedde n'obukakafu obuva eri Mukama wammwe? Kale bw'aba nga mulimba, obulimba bwe buvunaanyizi-bwa ku ye; naye ddala bw'aba nga ayogera mazima, mujja kutuukibwako ebimu kw'ebyo by'abatiisa. Mazima Allah talung'anya oyo asukkiridde obubi, omulimba lukulwe.

30. Bannange, olwa leero mmwe mulina obufuzi, mmwe muli kungulu mu nsi. Naye ani anaatuyamba ku kibonerezo kya Allah nga kitutuseeko? Farāwo n'agamba nti: Nze sibalaga kirala wabula ebyo nange bye ndabako era sibalaga okuggyako ekkubo ettuufu.

31. Era oli eyakkiriza yagamba nti: Bannange, nze mbatiisa okuzikirira okufaanana n'okwolunaku lwa b'ebibinja,

32. Okufaanana n'embeera y'abantu ba Nūhu n'aba 'Ādi n'aba Thamūda n'aboluvannyuma lwabwe. Era Allah tayagala kulyazaamaanya bawereza *be*.

33. Era bannange, nze mbatiisa olunaku lw'okuwanjagiragana,

34. Olunaku lwe mulikyuusa emigongo gyammwe okudduka. Temuliba na mutaakiriza yenna ku Allah. Era oyo Allah gw'asalira nti abuze, taba n'amulung'anya.

وَلْيَذُكَّرْهُمْ رَبَّهُمْ إِنَِّّي أَخَافُ أَنْ يُبَدِّلَ
دِينَكُمْ أَوْ أَنْ يُظْهِرَ فِي الْأَرْضِ
الْفِسَادَ ﴿٢٧﴾

وَقَالَ مُوسَىٰ إِنَّي عُدْتُ بِرَبِّي وَرَبِّكُمْ
مِنْ كُلِّ مُتَكَبِّرٍ لَا يُؤْمِنُ بِيَوْمِ
الْحِسَابِ ﴿٢٨﴾

وَقَالَ رَجُلٌ مُؤْمِنٌ مِنْ آلِ فِرْعَوْنَ
يَكْتُمُ إِيمَانَهُ أَتَقْتُلُونَ رَجُلًا أَنْ
يَقُولَ رَبِّيَ اللَّهُ وَقَدْ جَاءَكُمْ
بِالْبَيِّنَاتِ مِنْ رَبِّكُمْ وَإِنْ يَكُ
كَاذِبًا فَعَلَيْهِ كَذِبُهُ وَإِنْ يَكُ
صَادِقًا يُؤْسِبُكُمْ بَعْضَ الَّذِي يَعْدُ إِنَّ
اللَّهَ لَا يَهْدِي مَنْ هُوَ مُشْرِكٌ كَذَّابٌ ﴿٢٩﴾

يَقَوْمِ لَكُمْ الْمَلِكُ الْيَوْمَ ظَاهِرِينَ
فِي الْأَرْضِ فَمَنْ يَنْصُرُنَا مِنْ بَأْسِ
اللَّهِ إِنْ جَاءَنَا قَالَ فِرْعَوْنُ مَا
أُرِيكُمْ إِلَّا مَا آدَىٰ وَمَا أَهْدِيكُمْ
إِلَّا سَبِيلَ الرَّشَاقِ ﴿٣٠﴾

وَقَالَ الَّذِي آمَنَ يَقَوْمِ إِنَّي أَخَافُ
عَلَيْكُمْ مِثْلَ يَوْمِ الْأَحْزَابِ ﴿٣١﴾

مِثْلَ دَابِ قَوْمِ نُوحٍ وَكَانِمْ وَتَمُودَ
وَالَّذِينَ مِنْ بَعْدِهِمْ وَمَا اللَّهُ يُرِيدُ
ظُلْمًا لِلْعِبَادِ ﴿٣٢﴾

وَيَقَوْمِ إِنَّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ يَوْمَ
التَّنَادِ ﴿٣٣﴾

يَوْمَ تُنَادُونَ مَدِيرِينَ مَا لَكُمْ مِنَ
اللَّهِ مِنْ عَاصِمٍ وَمَنْ يُضْلِلِ اللَّهُ
فَمَا لَهُ مِنْ هَادٍ ﴿٣٤﴾

35. Era ddala Yūsufu yajja gye muli olubereberye n'obubonero obw'olwaatu, naye temwalekayo kubuusabuusa mw'ebyo bye yabaleetera. Kyokka bwe yafa, mwagamba nti: Allah talituma Mubaka mulala luvannyuma lwe. Bw'atyo nno Allah bw'asalira okubula oyo asukkiridde obubi, abuusabuusa,

وَلَقَدْ جَاءَكُمْ يُوسُفُ مِنْ قَبْلُ
بِالْبَيِّنَاتِ فَمَا زِلْتُمْ فِي شَكِّ مِمَّا
جَاءَكُمْ بِهِ حَتَّى إِذَا هَلَكَ قُلْتُمْ
لَنْ نَبْعَثَ اللَّهَ مِنْ بَعْدِهِ رِسُولًا
كَذَلِكَ يُضِلُّ اللَّهُ مَنْ هُوَ مُشْرِفٌ
مُرْتَابٌ ﴿٣٥﴾

36. Be bo abawakana ku Aya za Allah nga tebalina bukakafu bwonna obwabatuukako. Ekyo kikyayibwa nnyo mu maaso ga Allah n'eri abo abakkiriza. Bw'atyo nno Allah bw'akoona envumbo ku buli mutima gw'eyeekuza, nnalukalala.

إِنَّ الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِ اللَّهِ بِغَيْرِ
سُلْطَانٍ أَتَاهُمْ ذِكْرٌ مِّنَّا عِندَ اللَّهِ
عِنْدَ الَّذِينَ آمَنُوا كَذَلِكَ يَطْبَعُ اللَّهُ
عَلَى كُلِّ قَلْبٍ مُتَكَبِّرٍ جَبَّارٌ ﴿٣٦﴾

37. Era Farāwo yagamba nti: Owange Hāmāni, nzimbira omunaala omuwanvu nsobole okutuuka ku makubo,

وَقَالَ فِرْعَوْنُ لِيهَا مِنْ ابْنِ بِنِي صَرْحًا
لَعَلِّي أَبْلُغُ الْأَسْبَابَ ﴿٣٧﴾

38. Ku makubo agatuuka mu ggulu ndyooke nningize eri Katonda wa Mūsa, era ddala nze nkakasa nti ye mulimba. Era bwe bityo ebikolwa bya Farāwo ebibi byamulungiyizibwa, n'aziyizibwa eri ekkubo ettuufu; era okwekoba kwa Farāwo si kirala wabula kwali mu kuzikirira.

أَسْبَابَ السَّمَوَاتِ فَأَطَّلِعَ إِلَى إِلَهِ
مُوسَى وَإِنِّي لَأَظُنُّهُ كَاذِبًا وَكَذَلِكَ
زُيِّنَ لِفِرْعَوْنَ سُوءُ عَمَلِهِ وَصُدَّ عَنِ
السَّبِيلِ وَمَا كَيْدُ فِرْعَوْنَ إِلَّا فِي
تَبَابٍ ﴿٣٨﴾

Ruku 5

39. Era oli eyakkiriza n'agamba nti: Bannange, mungoberere mbalage ekkubo eryesimbu.

وَقَالَ الَّذِي آمَنَ يِقْوِمِ اتَّبِعُونِ
أَهْدِيكُمْ سَبِيلَ الرَّشَادِ ﴿٣٩﴾

40. Bannange, mazima amasanyu g'ensi eno ga kaseera; naye ddala enkomerero, yo ge maka ag'olubeerera.

يَقْوِمِ لَئِمَّا هَذِهِ الْحَيَاةُ الدُّنْيَا
مَتَاعٌ زَوَّارٌ إِنَّ الْأَخِرَةَ هِيَ دَارُ الْقَرَارِ ﴿٤٠﴾

41. Oyo eyakola ekibi, kale talisasulwa okuggyako ekikifaanana; n'oyo eyakola ekirungi mu basajja oba mu bakazi era nga mukkiriza, kale abo be baliyingira mu Janna; baligabulirwamu awatali kubalirira.

مَنْ عَمِلَ سَيِّئَةً فَلَا يُحْزَى إِلَّا مِثْلَهَا
وَمَنْ عَمِلَ صَالِحًا مِمَّا زَكَرْنَا أَنشَأْنَا
وَهُوَ مُؤْمِنٌ فَأُولَئِكَ يَدْخُلُونَ
الْجَنَّةَ يَدْزُقُونَهَا فِيهَا يُبَغِيرُونَ
حِسَابًا ﴿٤١﴾

42. Ye bannange, ddala lwaki nze mbakoowoolera eri okununulwa, ate mmwe nemunkoowoolera eri muliro?

وَيَقْوِمِ مَا لِي آذَعُوكُمْ إِلَى النَّجْوَةِ
وَتَدْعُونَنِي إِلَى النَّكَارِ ﴿٤٢﴾

43. Abaffe, mumpita neegaane Allah era mmwenkanye n'ebirala bye sirina kye mbimanyiiko, ng'ate nze mbakoowoolera eri

تَدْعُونَنِي لَأَكْفُرَ بِاللَّهِ وَأُشْرِكَ بِهِ
مَا لَيْسَ لِي بِهِ عِلْمٌ زَوَّارًا آذَعُوكُمْ

Luwangula, Ssaabasonyiyi ?

44. Tewali kubuusuabuusa, ddala ebyo bye mumpitira tebirina ddooboozi mu nsi wadde ku nkomerero era ddala obuddo bwaffe buli eri Allah *yekka*, era ddala abeesukkulu-mya be bantu b'omuliro.

45. Kale mangu nnyo mujja kujjukira bye mbagamba. Era ensonga yange ngirekedde Allah. Mazima Allah alaba bulungi abaweereza *be*.

46. Kale Allah yamuwonya ebibi bye baamwekoberamu era ekibonerezo ekibi nekyetooloola abantu ba Farāwo —

47. Omuliro. Boolesebwa ku gwo ku makya n'eggulo. Era olunaku essaawa *eyalagaa-nyizibwa* lw'eribaawo, *malayika zirigambibwa nti*: Muyingize abantu ba Farāwo mu kibonerezo ekisukkirivu.

48. Era awo bwe baliba nga batotooganira mu muliro, kale abateesobolanga baligamba abo abeekuzanga nti: Mazima ffe twali bagoberezi bammwe. Naye abaffe, munaatuwonyako ekitundu ku kibonerezo ky'omuliro?

49. Abo abeekuzanga baliddamu nti: Mazima fenna tuli mu gwo. Ddala Allah amaze okulamula wakati w'abaweereza *be*.

50. Era abo abaliba mu muliro baligamba abakuumi ba Jahannama nti: Musabe Mukama wammwe atuwewuleko ekibonerezo *waakiri* olunaku lumu.

51. Baliddamu nti: Abaffe, temwatuuki-bwako Babaka bammwe n'okulabula okw'o lwaatu? Baliddamu nti: Yee, *baatutuukako*. Ba *malayika* baligamba nti: Kale musabe. Naye nno okusaba kw'abatakkiriza *tekwanukulwa* wabula kugwa butaka.

Ruku 6

52. Mazima Ffe ddala tuyamba Ababaka baffe n'abo abakkiriza, mu bulamu bw'oku nsi ne ku lunaku abajulizi lwe balye-simbawo,

إِلَى الْعَزِيزِ الْعَقَّارِ ٤٦

لَا جَرَمَ أَمَّا تَدْعُونَنِي إِلَيْهِ لَيْسَ لَهُ دَعْوَةٌ فِي الدُّنْيَا وَلَا فِي الْآخِرَةِ وَ أَنْ مَرَدَّنَا إِلَى اللَّهِ وَ أَنْ الْمُسْرِفِينَ هُمْ أَصْحَابُ النَّارِ ٤٧

فَسَتَذْكُرُونَ مَا أَقُولُ لَكُمْ وَ أَقِصُّ أَمْرِي إِلَى اللَّهِ إِنَّ اللَّهَ بَصِيرٌ بِالْعِبَادِ ٤٨

فَوَدَّ اللَّهُ سَيِّئَاتِ مَا مَكَرُوا وَ حَاقَ بِإِلٍ فِرْعَوْنَ سُوءُ الْعَذَابِ ٤٩

النَّارُ يُعْرَضُونَ عَلَيْهَا غُدُوًّا وَ عَشِيًّا وَ يَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ تَدْ أَدْخِلُوا آلَ فِرْعَوْنَ أَشَدَّ الْعَذَابِ ٥٠

وَ إِذْ يَبْتَخِطُونَ فِي النَّارِ فَيَقُولُ الضَّعْفُؤُ لِلَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُنَّا لَكُمْ تَبَعًا فَهَلْ أَنْتُمْ مُّغْنُونَ عَنَّا نَصِيبًا مِّنَ النَّارِ ٥١

قَالَ الَّذِينَ اسْتَكْبَرُوا إِنَّا كُلٌّ فِيهَا إِنَّ اللَّهَ قَدْ حَكَمَ بَيْنَ الْعِبَادِ ٥٢

وَ قَالَ الَّذِينَ فِي النَّارِ لِرِجْزَتِهِ جَهَنَّمَ ادْعُوا رَبَّكُمْ يُحَقِّفْ عَنَّا يَوْمًا مِّنَ الْعَذَابِ ٥٣

قَالُوا أَوَلَمْ تَكُ تَأْتِيكُمْ رُسُلُكُمْ بِالْبَيِّنَاتِ قَالُوا بَلَىٰ وَ قَالُوا قَادِ عُوَاءِ وَ مَا دَعَا الْكُفْرِينَ إِلَّا فِي ضَلَالٍ ٥٤

إِنَّا لَنَنْصُرُ رُسُلَنَا وَ الَّذِينَ آمَنُوا فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَ يَوْمَ يَقُومُ الْآلُ شَهَادًا ٥٥

53. Olunaku aboononyi okuwampanya kwabwe lwe kotalibagasa, era balibaako ekikolimo era baliba n'obutuulo bubi nnyo.

يَوْمَ لَا يَنْفَعُ الظَّالِمِينَ مَعَذَرَتُهُمْ
وَأَلَّهُمَّ اللَّعْنَةُ وَ لَهُمْ سُوءُ الدَّارِ ٥٧
وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْهُدَى وَأَوْرَثْنَا
بَنِي إِسْرَائِيلَ الْكِتَابَ ٥٨

54. Era ddala twawa Mūsa obulung'amu, era netusikiza abaana ba Isirairi Ekitabo —

هُدًى وَ ذِكْرَى لِأُولَى الْأَلْبَابِ ٥٩

55. Nga bwe bulung'amu era nga kwe kubuulirira eri abalina amagezi.

فَأَصْبِرْ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ وَ اسْتَغْفِرْ
لِنَفْسِكَ وَ سَيِّئِهِ بِحَمْدِ رَبِّكَ
بِالْعَشِيِّ وَ الْأُبْحَارِ ٦٠

56. Kale gumiikiriza. Mazima okusuubiza kwa Allah kwa mazima. Era saba okubikkirirwa olw'obunafu bwo era tendereza n'amatendo ga Mukama wo eggulo n'enkya.

إِنَّ الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِ اللَّهِ
بِخَيْرِ سُلْطَانٍ أَنَّهُمْ إِنْ فِي
صُدُورِهِمْ إِلَّا كِبْرٌ مَّا هُمْ بِبَالِغِيهِ
فَاسْتَعِذْ بِاللَّهِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ
الْبَصِيرُ ٦١

57. Mazima abo abawakanya Aya za Allah awatali bukakafu bwonna bubatuuseeko, ddala mu mitima gyabwe temuli kirala wabula mululu gwa bukulu bwe batalituuka nako. Kale ggwe weewogome eri Allah. Mazima Ye ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.

لَخَلْقِ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ الْكِبْرُ مِنْ
خَلْقِ النَّاسِ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا
يَعْلَمُونَ ٦٢

58. Mazima okutonda kw'eggulu n'ensi kusingira wala okutonda kw'abantu, naye abantu abasinga obungi tebamanyi.

وَ مَا يَسْتَوِي الْأَعْمَى وَ الْبَصِيرُ وَ
الَّذِينَ آمَنُوا وَ عَمِلُوا الصَّالِحَاتِ وَ
لَا الْمُسِيءُ قَلِيلًا مَّا تَذَكَّرُونَ ٦٣

59. Era omuzibe w'amaaso n'oyo alaba tebenkanankana; era n'abo abakkiriza nebakola ebikolwa eburungi tebenkanankana na mwononyi. Naye mufumiitiriza katono nnyo!

إِنَّ السَّاعَةَ لَأْتِيَةٌ لَا رَيْبَ فِيهَا
وَ لَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يُؤْمِنُونَ ٦٤

60. Mazima Essaawa eyalagaanyizibwa ddala ya kutuuka, tekiriimu kuwannaanya; naye abantu abasinga obungi tebakkiriza.

وَ قَالَ رَبُّكُمْ اذْعُبُونِي آسْتَجِبْ لَكُمْ
إِنَّ الَّذِينَ يَشْكُرُونَ عَن عِبَادَتِي
سَيَدْخُلُونَ جَهَنَّمَ دَاخِرِينَ ٦٥

61. Era Mukama wammwe yagamba nti: Munsabe, nzija kubaanukula. Mazima abo abekuluntaliza ku kunsinza, ddala baliyingira mu muliro nga banyoomoofu.

اللَّهُ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ آيَاتٍ لِتَشْكُرُوا
فِيهِ وَ التَّهَارَ مُبْصِرًا إِنَّ اللَّهَ
لَذُو فَضْلٍ عَلَى النَّاسِ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَ
النَّاسِ لَا يَشْكُرُونَ ٦٦

Ruku 7

62. Allah y'Oyo eyabakolera ekiro mulyooke muwummulire mu kyo, n'emisana nga bwe butangaavu. Mazima Allah ye Nannyini mikisa eri abantu, naye abantu abasinga obungi tebeebaza.

63. Oyo nno ye Allah, Mukama wammwe, Omutonzi wa buli kimu. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye. Kale *ate* muwugulwa mutya?

ذٰلِكُمْ اللّٰهُ رَبُّكُمْ خَالِقُ كُلِّ شَيْءٍ مِّنْ لَّآءِلهٖ اِلَّا هُوَ ۗ فَاَنۡتُمْ تَكْفُرُوۡنَ ﴿۱۳﴾

64. Bwe kityo nno abawugulwa be bo abagaana Aya za Allah mu bugenderevu.

كَذٰلِكَ يُؤۡفِكُ الَّذِيۡنَ كَانُوۡا يٰۤاَيۡتُ اللّٰهُ يَجۡحَدُوۡنَ ﴿۱۴﴾

65. Allah y'Oyo eyabatondera ensi okuba ekiwummulo, n'eggulu okuba akasolya era n'abawa enfaanana era n'ayooyoota enfaanana yammwe era n'abawa ku birongoofu. Oyo nno ye Allah, Mukama wammwe. Kale ow'emikisa ye Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

اللّٰهُ الَّذِيۡ جَعَلَ لَكُمُ الْاَرْضَ قَرٰرًا وَّ السَّمٰوٰتِ بِنَآءٍ وَّ صَوَّرَكُمۡ فَاَحۡسَنَ صَوۡرَكُمۡ وَ رَزَقَكُمۡ مِّنَ الطَّيۡبٰتِ ۗ ذٰلِكُمُ اللّٰهُ رَبُّكُمۡ فَتَبَرَّكُ اللّٰهُ رَبُّ الْعٰلَمِيۡنَ ﴿۱۵﴾

66. Ye *Katonda* Omulamu. Teri musinzibwa mulala okuggyako Ye *yekka*. Kale mumu-sabenga nga muli beesimbu gy'ali mu ddiini. Amatendo gonna ga Allah, Omulezi w'ebitonde byonna.

هُوَ الَّذِيۡ لَآ اِلٰهَ اِلَّا هُوَ ۗ قَادِعُوۡهُ مُخۡلِصِيۡنَ لَهٗ الدِّيۡنَ ۗ الْحَمۡدُ لِلّٰهِ رَبِّ الْعٰلَمِيۡنَ ﴿۱۶﴾

67. Gamba nti: Nze nagaanibwa okusinza ebyo bye mulaajanira ebbali wa Allah okuva lwe nnamala okutuukibwako obukakafu obuva eri Mukama wange era nalagirwa okweweerayo ddala eri Mukama w'ebitonde byonna.

قُلۡ لِّرَبِّيۡ نُهَيْتُ اَنۡ اَعۡبُدَ الَّذِيۡنَ تَدْعُوۡنَ مِنۡ دُوۡنِ اللّٰهِ لَمَّا جَآءَنِيۡ الْبَيِّنٰتُ مِنۡ رَبِّيۡ زُوۡاۡمِرًاۙ اَنۡ اُسَلِمَ لِرَبِّ الْعٰلَمِيۡنَ ﴿۱۷﴾

68. Ye y'eyabatonda mu ttaka, n'oluvannyuma mu ttondo ly'amazzi agazaala, n'oluvannyuma mu kitole ky'omusaayi; n'oluvannyuma abafulumya nga muli bawere; nate era *abakuza* mulyooke mutuuke mu buvubuka bwammwe, n'oluvannyuma mulyooke mubeere abakadde. Naye mu mmwe mulimu abatuusibwako okufa olubereberye *lw'okukaddiwa*, era *abawangaza* mulyooke mutuuke ku kiscera eky'entuuko era mulyooke mufune amagezi.

هُوَ الَّذِيۡ خَلَقَكُمۡ مِّنۡ تُرَابٍ ثُمَّ مِّنۡ نُّطۡفَةٍ ثُمَّ مِّنۡ عَلَقَةٍ ثُمَّ يُخۡرِجُكُمۡ طِفۡلًا ثُمَّ لِيۡتَبَلَّغُوۡا اَشۡدَّكُمۡ ثُمَّ لِيۡتَكُوۡنُوۡا شٰۤيۡخُوۡنَ ۗ وَمِنۡكُمۡ مَّنۡ يُّتَوَفَّىٰ مِنۡ قَبۡلِ وَّ لِيۡتَبَلَّغُوۡا اَجۡلًا مُّسَمًّى وَّ لَعَلَّكُمۡ تَعۡقِلُوۡنَ ﴿۱۸﴾

69. Ye y'awa obulamu era y'afiisa. Kale bw'asalawo ekintu, ddala agamba kigambe nti: Ba! ne kiba.

هُوَ الَّذِيۡ يُّخَيِّبُ وَيُمۡيۡتُ ۗ فَاِذَا قَضٰى اَمۡرًاۙ فَاِنَّمَّا يُقُوۡلُ لَهٗ كُنۡ فَيَكُوۡنُ ﴿۱۹﴾

Ruku 8

70. Abaffe, tolaba abo abawakana ku Aya za Allah? *Tolaba* ngeri gye bawugulwamu *kuva ku mazima!*

اَلَمْ تَرَ اِلَى الَّذِيۡنَ يُجَادِلُوۡنَ فِيۡۤ اٰيٰتِ اللّٰهِ ۗ اَنۡىۡ يُّضَرُّوۡنَ ﴿۲۰﴾

71. Abo abaalimbisa Ekitabo era n'ebyo bye twatuma n'Abatume baffe. Mangu nnyo bajja kumanya,

الَّذِيۡنَ كَذَّبُوۡا بِالۡكِتٰبِ وَّ يَمَآ اَرۡسَلۡنَا بِهٖ رُسُلَنَا ۗ فَسَوْفَ يَعۡلَمُوۡنَ ﴿۲۱﴾

72. Awo nga ebikoligo biri mu nsingo zaabwe, n'enjegere. Nga bawalulirwa

إِذِ الْأَغْلُلِ فِي آعْتَاكِهِمْ وَالسَّلْسُلِ
يُسْحَبُونَ ﴿٧٢﴾

73. Mu lweje, n'oluvannyuma balyokebwa mu muliro.

فِي الْحَمِيمِ ثُمَّ فِي النَّارِ يُسْجَرُونَ ﴿٧٣﴾

74. N'oluvannyuma baligambibwa nti: Baluwa abo be mwenkanyanga ne Allah

ثُمَّ قِيلَ لَهُمْ أَيْنَ مَا كُنْتُمْ
تُشْرِكُونَ ﴿٧٤﴾

75. Ebbali wa Allah? Baligamba nti: Batwabalidde. Nedda, wabula n'olubereberye tetwasinzanga kintu kirala kyonna. Bw'atyo Allah bw'asalira abatakkiriza okubula.

مِنْ دُونِ اللَّهِ قَالُوا ضَلُّوا عَنَّا بَلْ
لَمْ نَكُنْ نَدْعُوا مِنْ قَبْلُ شَيْئًا
كَذَلِكَ يُضِلُّ اللَّهُ الْكَافِرِينَ ﴿٧٥﴾

76. Ekyo kiribaawo, lwa kubanga mwesanyusanga mu nsi mu butaali butuufu, n'olwokubanga mwejaabaatanga.

ذَلِكَ بِمَا كُنْتُمْ تَفْرَحُونَ فِي
الْأَرْضِ بِخَيْرِ الْحَقِّ وَإِذَا كُنْتُمْ
تَمْرَحُونَ ﴿٧٦﴾

77. Muyingire mu miryango gya Jahanna mu mubeere omwo. Ye nga obutuulo bw'abekuluntaza buliba bubu nnyo!

أَدْخَلُوا أَبْوَابَ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ
فِيهَا فِي شِسِّ مَثْوَى الْمُتَكَبِّرِينَ ﴿٧٧﴾

78. Kale gumiiikiriza. Mazima okusuubiza kwa Allah kwa mazima. Kale ne bwe tukulaga ebimu kw'ebyo bye tubalabulako oba ne bwe tukufiisa nga tobirabyeko, era gye tuli gye balizzibwa.

فَأَصْبِرْ إِنَّ وَعْدَ اللَّهِ حَقٌّ فَإِمَّا
نُرِيدَنَّكَ بَعْضَ الَّذِي نَعِدُهُمْ أَوْ
نَتَوَفَّيْتَنَّا فَإِنَّمَا يَرْجِعُونَ ﴿٧٨﴾

79. Era ddala twatuma Ababaka olubeberye lwo. Abamu ku bo tubakutegeezezza, n'abamu ku bo tetubakutegeezezza. Naye tekibangawo eri Omubaka yenna okuleeta akabonero ku lulwe wabula akikola ku lwa buyinza bwa Allah. Naye ekiragiyo kya Allah bwe kyatuukanga, ensonga nga esalibwawo mu bwenkanya, era olwo nga abalimba bazikiririra awo.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلًا مِنْ قَبْلِكَ
مِنْهُمْ مَنْ قَضَصْنَا عَلَيْكَ وَمِنْهُمْ
مَنْ لَمْ نَقْضِصْ عَلَيْكَ وَمَا كَانَ
لِرَسُولٍ أَنْ يَأْتِيَ بِآيَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ
اللَّهِ فَإِذَا جَاءَ أَمْرُ اللَّهِ فُضِيَ بِالْحَقِّ
وَخَسِرَ هُنَالِكَ الْمُبْطِلُونَ ﴿٧٩﴾

Ruku 9

80. Allah y'Oyo eyabatondera ebisolo ebifugibwa mulyooke mwebagale ku bimu ku byo n'ebirala kwe mulya.

اللَّهُ الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ الْأَنْعَامَ
لِتَرْكَبُوا مِنْهَا وَمِنْهَا تَأْكُلُونَ ﴿٨٠﴾

81. Era mubirinamu n'emigaso emirala era mulyooke mutuukirize na byo ebyetaago ebiri mu mitima gyammwe, era ku byo ne ku byombo kwe musitulirwa.

وَلَكُمْ فِيهَا مَتَاعٌ وَرَتَبْنَا
عَلَيْهَا حَاجَةً فِي صُدُورِكُمْ وَعَلَيْهَا
وَعَلَى الْفُلْكِ تُحْمَلُونَ ﴿٨١﴾

82. Era abalaga obubonero bwe. Ye kabonero ki ku bubonero bwa Allah ke mugaana?

وَيُرِيكُمْ آيَاتِهِ فَأَيَّ آيَاتِ اللَّهِ
تُنْكِرُونَ ﴿٨٢﴾

83. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaabakulembere nga bwe yali? Baali babasinga obungi era nga babasinza amaanyi n'ebijjukizo *bye baaleka* mu nsi. Naye bye baakola *byonna* tebyabagasa.

أَفَلَمْ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا
كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ
قَبْلِهِمْ كَانُوا أَكْثَرًا مِنْهُمْ وَأَشَدَّ
قُوَّةً وَأَثَارًا فِي الْأَرْضِ فَمَا أَعْنَى
عَنْهُمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿٨٣﴾

84. Kale bwe baatuukibwangako Ababaka baabwe n'obubonero obw'olwaatu, badda mu kweragalaga olw'okumanya kwe baalina; Naye ebyo bye baajereganga byennyini *ate* bye byabebungulula.

فَلَمَّا جَاءَتْهُمْ رُسُلُهُمْ بِالْبَيِّنَاتِ
فَرِحُوا بِمَا عِنْدَهُمْ مِنَ الْعِلْمِ وَحَاقَ
بِهِمْ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٨٤﴾

85. Naye bwe baalaba ekibonerezo kyaffe, baagamba nti: Tukkirizza Allah Omu yekka, era tetukyakkiriza ebyo bye tubadde twenkanya naye.

فَلَمَّا رَأَوْا بَأْسَنَا قَالُوا آمَنَّا بِاللَّهِ
وَحْدَهُ وَكَفَرْنَا بِمَا كُنَّا بِهِ
مُشْرِكِينَ ﴿٨٥﴾

86. Naye okukkiriza kwabwe kwali tekuyinza kubagasa awo nga bamaze kulaba kibonerezo kyaffe. *Eyo* y'enkola ya Allah eyaliwo *okuva edda* mu baweereza be. Era abatakkiriza bwe batyo bwe bafaafaagani-
rwa.

فَلَمْ يَكُ يَنْفَعُهُمْ إِيمَانُهُمْ لَمَّا
رَأَوْا بَأْسَنَا سُنَّتَ اللَّهُ الَّتِي
قَدْ خَلَتْ فِي عِبَادِهِ وَخَسِرَ
عَنْ هُنَالِكَ الْكَافِرُونَ ﴿٨٦﴾

HĀ MĪM SAJDAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Hā Mīm. *

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

حَمِّ ②

3. Kuno kwe kubikkulirwa okuva eri Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

تَنْزِيلٌ مِّنَ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ③

4. Ky'Ekitabo Aya za kyo ezattotolwa mu bujjuvu, ye Kur'āni eri mu lulimi olunnyonyofu ku lw'abantu abalina obumanyi.

كِتَابٌ فُصِّلَتْ آيَاتُهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا لِّعَلَّكُمْ تَعْلَمُونَ ④

5. Y'ewa amawulire ag'essanyu ate y'erabula. Naye abasinga obungi mu bo bakubayo mabega, kale tebawuliriza.

بَشِيرًا وَنَذِيرًا ۚ فَأَعْرَضَ أَكْثَرُهُمْ فَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ⑤

6. Era bagamba nti: Emitima gyaffe, giriko ebisaanikira ku lw'ebyo bye mutuyitira, ne mu matu gaffe mulimu obuggavu, ne wakati waffe naawe waliwo eggigi. Kale kola *biby*o, naffe tukola *byaffe*.

وَقَالُوا قُلُوبُنَا فِي آكْتَةٍ مِّمَّا تَدْعُونَا إِلَيْهِ وَفِي آذَانِنَا وَقْرٌ وَمِنْ بَيْنِنَا وَبَيْنِكَ حِجَابٌ قَاعَمَلْ

إِنَّا عَمِلُونَ ⑥

7. Gamba nti: Ddala *nange* ndi muntu nga mmwe, *naye* nze mbikkulirwa nti ddala Omusinziwa wammwe asinziwa ali Omu yekka. Kale mubeere beesimbu gy'ali era mumusabe okusonyiyibwa. Naye zibasanze abo abamwenkanya n'ebirala,

قُلْ إِنَّمَا أَنَا بَشَرٌ مِّثْلُكُمْ يُوحَىٰ إِلَيَّ أَنَّمَا إِلَهُكُمُ إِلَهُ وَاحِدٌ قَاسَتَقِيمُوا إِلَيْهِ وَاسْتَغْفِرُوا ۗ وَوَيْلٌ لِّلْمُشْرِكِينَ ⑦

8. Abo abatatoola zaka, era bo n'enkomero tebagikkiriza.

الَّذِينَ لَا يُؤْتُونَ الزَّكَاةَ وَهُمْ بِالْآخِرَةِ هُمْ كَافِرُونَ ⑧

9. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi balifuna empeera etaliiko kkomo.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ⑨

Ruku 2

10. Gamba nti: Abaffe, ddala mmwe mugaana oyo eyatonda ensi mu biseera ebibiri era nemumuteerawo n'abavuganya naye? Oyo nno ye Mukama w'ebitonde byonna.

قُلْ أَدَّبَكُم لِّتَكْفُرُونَ بِالَّذِي خَلَقَ الْأَرْضَ فِي يَوْمَيْنِ وَتَجْعَلُونَ لَهُ أُنْدَادًا ۗ ذَٰلِكَ رَبُّ الْعَالَمِينَ ⑩

11. Era yassa kungulu wa yo ensozi ennyweevu era n'agissaamu emikisa, n'agereka mu yo eby'okulya bya yo mu

وَجَعَلَ فِيهَا رَوَاسِي مِّنْ قَوْحِهَا وَبَرَكَ فِيهَا وَقَدَّرْنَا فِيهَا السَّمَوَاتِ فِي

41:2. Allah Atenderezebwa ennyo, Ow'ekitiibwa ennyo.

biseera bina — *kuno okwanukula* kwe kumu eri abo *bonna* ababuuza.

12. N'oluvannyuma yayolekera eri eggulu nga liri mukka bukka, kale n'ayogera gye liri n'eri ensi nti: Mwembi mujje *mung'ondere* mu kwagala oba mu butayagala. Nebigamba nti: Tuzze mu kwagala.

13. Kale n'amaliriza *emigigi* gy'eggulu omusanvu mu biseera bibiri, olwo n'abikkulira buli ggulu omulimu gwa lyo. Era twawunda eggulu erya wansi n'ettaala n'olwokukuuma. Okwo nno kwe kugereka kwa Luwangula, Omumanyi wa byonna.

14. Kale bwe beekyuusa, *ggwe* gamba nti: Nze mbalabudde ku kibonerezo ekifaanana n'eky'Aba 'Adi n'aba Thāmuda.

15. Awo bwe baatuukibwako Ababaka okuva mu maaso gaabwe n'emabega waabwe *okubagamba* nti: Temusinza mulala okuggyako Allah, baddamu nti: Singa Mukama waffe yayagala *bw'atyo*, ddala yaalisindise ba malayika. Mazima ffe bye mwatumwa nabyo tubigaanyi.

16. Kale *aba* 'Adi beekuluntaliza mu nsi mu butali butuufu nebagamba nti: Ani atusinza amaanyi? Abaffe, tebalaba nti ddala oyo Allah eyabatonda Ye abasingira wala amaanyi? Era baagaananga obubonero bwaffe mu bugenderevu.

17. Kale twabaweereza empewo eya kibuyaga ow'amaanyi mu nnaku enzibu, tulyooke tubaloze ku kibonerezo ky'obuswaavu mu bulamu bw'oku nsi. Naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekirisinga n'okuswaaza, era tebaliyambibwa.

18. Ate *aba* Thāmūda twabawa obulung'amu, naye nebasinga kwagala buzibe bwa maaso ku bulung'amu, kale okubwatuka kw'ekibonerezo ekiswaaza nekubakwata olw'ebyo bye baakolanga.

أَذْبَعَةَ آيَاتِهِ سَوَاءً لِّلسَّاعِلِينَ ⑪

ثُمَّ اسْتَوَىٰ إِلَى السَّمَاءِ وَهِيَ دُخَانٌ فَقَالَ لَهَا وَيَلَا رِضٍ ائْتِيَا طَوْعًا أَوْ كَرْهًا قَالَتَا أَتَيْنَا طَائِعِينَ ⑫

فَقَضَيْنَ سَبْعَ سَمُوتٍ فِي يَوْمَيْنِ وَأَوْحَىٰ فِي كُلِّ سَمَاءٍ أَمْرَهَا وَزَيَّنَّا السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِمَصَابِيحٍ ۖ وَحِفْظًا ذَٰلِكَ تَقْوِيرُ الْعَزِيزِ الْعَلِيمِ ⑬

فَإِن أَعْرَضُوا فَقُلْ أَنذَرْتُكُمْ صِيعَةً مِّثْلَ صِيعَةِ عَادٍ وَتَمُودَ ⑭

إِذْ جَاءَتْهُمْ الرُّسُلُ مِنْ بَيْنِ أَيْدِيهِمْ وَمِنْ خَلْفِهِمْ إِلَّا تَعْبَدُوا إِلَّا اللَّهَ قَالُوا لَوْ شَاءَ رَبُّنَا لَأَنْزَلَ مَلَائِكَةً فَإِنَّا بِمَا أُرْسِلْتُمْ بِهِ كَافِرُونَ ⑮

فَأَمَّا عَادٌ فَاسْتَكْبَرُوا فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ وَقَالُوا مَنْ أَشَدُّ مِنَّا قُوَّةً وَأَوَّلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَهُمْ هُوَ أَشَدُّ مِنْهُمْ قُوَّةً وَكَانُوا بِآيَاتِنَا يَجْحَدُونَ ⑯

فَأَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ رِيحًا صَرْصَرًا فِي أَيَّامٍ نَحْسَاتٍ لِنَنْذِرَهُمْ عَذَابَ الْخِزْيِ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَلَعَذَابُ الْآخِرَةِ أَخْزَىٰ وَهُمْ لَا يُنصَرُونَ ⑰

وَأَمَّا تَمُودُ فَهَدَيْنَاهُمْ فَاسْتَحَبُّوا الْعَمَىٰ عَلَى الْهُدَىٰ فَأَخَذَتْهُمْ صِيعَةُ الْعَذَابِ الْهُونِ بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ⑱

19. Naye twawonya abo abakkiriza era nga bawulize. وَنَجَّيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا وَكَانُوا يَتَّقُونَ ﴿١٩﴾

Ruku 3

20. Era olunaku abalabe ba Allah lwe balikung'aanyizibwa eri omuliro, nga baawuddwa mu bibinja. وَيَوْمَ يُحْشَرُ أَعْدَاءُ اللَّهِ إِلَى النَّارِ فَهُمْ يُوزَعُونَ ﴿٢٠﴾

21. Okutuusa awo nga bagutuuseeko, olwo amatu gaabwe, n'amaaso gaabwe, n'ensusu zaabwe, biribawaako obujulizi kw'ebyo bye baakolanga. حَتَّىٰ إِذَا مَا جَاءُوهَا شَهِدَ عَلَيْهِمْ سَمْعُهُمْ وَأَبْصَارُهُمْ وَجُلُودُهُمْ بِمَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢١﴾

22. Era baligamba ensusu zaabwe nti: Lwaki mutuwaako obujulizi? Ziriddamu nti: Allah y'atwogezza Oyo ayogeza buli kimu. Era mmwe y'eyabatonda ku mulundi ogwasooka era gy'ali gye muzzibbwa. وَقَالُوا لِمَ لَمْ يَشْهَدْنَا عَلَىٰ نَاظِرِينَ عَلَيْنَا قَالُوا أَنْطَقْنَا اللَّهُ الَّذِي أَنْطَقَ كُلَّ شَيْءٍ وَهُوَ خَلَقَكُمْ أَوَّلَ مَرَّةٍ وَالْآخِرِ تُرْجَعُونَ ﴿٢٢﴾

23. Era temwalinamu kwekeka nti amatu gammwe oba amaaso gammwe oba ensusu zammwe biribawako obujulizi, naye mwalowoollezanga ddala nti Allah tamanyi bingi kw'ebyo bye mukola. وَمَا كُنْتُمْ تَسْتَيْدِرُونَ أَنْ يَشْهَدَ عَلَيْكُمْ سَمْعُكُمْ وَلَا أَبْصَارُكُمْ وَلَا جُلُودُكُمْ وَلَكِنْ ظَنَنْتُمْ أَنَّ اللَّهَ لَا يَعْلَمُ كَثِيرًا مِمَّا تَعْمَلُونَ ﴿٢٣﴾

24. Era okulowooza kwammwe okwo kwe mwalowoozanga ku Mukama wammwe kubazikirizza nemufuuka ab'okufaafaan-ganirwa. وَذَلِكُمْ ظَنُّكُمُ الَّذِي ظَنَنْتُمْ بِرَبِّكُمْ أَرَدْتُمْ فَأَصْبَحْتُمْ مِنَ الْخَاسِرِينَ ﴿٢٤﴾

25. Naye ne bwe balyegumya batya, era omuliro bwe buliba obutuulo bwabwe; era ne bwe balisaba bawulirizibwe, tebaliba mw'abo abaliwulirizibwa. فَإِنْ يَصْبِرُوا فَالنَّارُ مَثْوًى لَهُمْ وَإِنْ يَسْتَحْتَبُوا فَمَا هُمْ مِنَ الْمُعْتَبِينَ ﴿٢٥﴾

26. Era twabateekerawo ab'emikwano, kale baabalungiyiza ebikolwa ebyo ebiri mu maaso gaabwe n'ebiri emabega waabwe, olwo nebakakatako ensala eringa eyali ku migigi egyayita olubereberye lwabwe mu Majinni n'abantu. Mazima baali mw'abo abaafiirwa. وَقَيَّضْنَا لَهُمْ قُرَنَاءَ فَزَيَّنُوا لَهُمْ مَا بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَمَا خَلْفَهُمْ وَحَقَّ عَلَيْهِمُ الْقَوْلُ فِي أُمُورٍ قَدْ خَلَتْ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ إِنََّّهُمْ كَانُوا خَاسِرِينَ ﴿٢٦﴾

Ruku 4

27. Era abo abatakkiriza bagamba nti: Temuwulirizanga Kur'ani eno era mugizibii-kirizenga nga esomwa, mulyooke muwangule. وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَسْمَعُوا لِهَذَا الْقُرْآنِ وَالْغَوْا فِيهِ لَعَلَّكُمْ تَعْلَبُونَ ﴿٢٧﴾

28. Mazima abo abeerema tugenda kubaloza ku kibonerezo ekikakali era ddala فَلَنُذِيقَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا عَذَابًا

tulibasasula okusinziira ku bisinga obubi bye baakolanga. شَرِيدًا ۙ وَ لَتَجْزِيَنَّهُمْ أَشْوَابَ الَّذِي كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿٢٨﴾

29. Ogwo omuliro y'empeera y'abalabe ba Allah. Balibaamu n'obutuulo obw'olubeerera nga kwe kusasula kw'ebyo bye baagananga mu bubonero bwaffe mu bugenderevu. ذَلِكَ جَزَاءُ أَعْدَاءِ اللَّهِ النَّارِ لَهُمْ فِيهَا دَارُ الْخُلُودِ جَزَاءً بِمَا كَانُوا يَأْبَعُونَ بِأَيْدِيكُمْ يُجْحَدُونَ ﴿٢٩﴾

30. Era abeerema baligamba nti: Mukama waffe, tulage kw'abo bombiriri abaatubuzamu Majinni n'abantu tubateeke wansi w'ebigere byaffe, balyooke babeere mu ba wansi ennyo. وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا رَبَّنَا أَرْنَا الَّذِينَ آذَلْنَا مِنَ الْجِنِّ وَالْإِنْسِ تَجْعَلُهُمَّا تَحْتَ أَقْدَامِنَا لِيَكُونُوا مِنَ الْآسَفِيِّينَ ﴿٣٠﴾

31. Mazima abo abagamba nti: Mukama waffe ye Allah n'oluvannyuma ne baba banyweevu, ba malayika bakka gye bali nga babagamba nti: Temutya era temweralii-kirira, era mujaganye olw'e Janna eyo gye mwasuubizibwa. إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ اسْتَقَامُوا تَتَنَزَّلُ عَلَيْهِمُ الْمَلَائِكَةُ أَلَّا يَخَافُوا وَلَا يَحْزَنُوا وَأَبْشُرُوا بِالْجَنَّةِ الَّتِي كُنتُمْ تُوعَدُونَ ﴿٣١﴾

32. Ffe tuli mikwano gyammwe mu bulamu bw'oku nsi ne ku nkomerero, era mu Janna mulifuniramu ebyo emyoyo gyammwe bye giriyagala, era mulifuniramu buli kye mulisaba — تَحْنُ أُولَئِكَ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَفِي الْآخِرَةِ ۚ وَلَكُمْ فِيهَا مَا تَشْتَهَى أَنْفُسُكُمْ وَلَكُمْ فِيهَا مَا تَدَّعُونَ ﴿٣٢﴾

33. Nga kwe kusembeza okuva eri Allah Omusonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi. نَزَّلْنَا مِنْ غَفُورٍ رَحِيمٍ ﴿٣٣﴾

Ruku 5

34. Ye ani asinza ebigambo ebirungi kw'oyo akoowoola abantu nga abalaza eri Allah era n'akola n'ebikolwa ebirungi, n'agamba nti: Mazima nze ndi mw'abo abeewaayo? وَمَنْ أَحْسَنُ قَوْلًا مِمَّنْ دَعَا إِلَى اللَّهِ وَعَمِلَ صَالِحًا وَقَالَ إِنَّنِي مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿٣٤﴾

35. Era ekirungi n'ekibi tebyenkanankana. Kale sindiikiriza ekibi nga weyambisa ekyo ekisinga obulungi, okwejuukiriza nga n'oyo gw'obadde n'obulabe wakati wo naye, nga aling'anga ow'omukwano ogukyayokya. وَلَا تَسْتَوِي الْحَسَنَةُ وَلَا السَّيِّئَةُ ۗ وَإِذْ نَادَى الْقَوْمُ يَا قَوْمِ إِبْرَاهِيمَ ۖ إِنَّمَا نَحْنُ نَدْعُكَ وَابْنَتَكَ وَبَيْتَكَ ۖ عَادُوا كَكَاتِهِ وَابْنِ حَمِيمٍ ﴿٣٥﴾

36. Naye ekyo tekifunibwa okuggyako abo abagumiikiriza; era ekyo tekifunibwa okuggyako abo abalina omugabo omusuffu mu bulongoofu. وَمَا يُلْقِيهَا إِلَّا الَّذِينَ صَبَرُوا ۖ وَمَا يُلْقِيهَا إِلَّا ذُو حِظٍّ عَظِيمٍ ﴿٣٦﴾

37. Era bw'ufukuutirirwanga ne Sitaani olufukuutirira, kale weewogomenga eri Allah. Mazima Ye ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

وَأَمَّا يَنْزَغَنَّكَ مِنَ الشَّيْطَانِ نَزْغٌ
فَاَسْتَعِذْ بِاللَّهِ إِنَّهُ هُوَ السَّمِيعُ
الْعَلِيمُ ﴿٣٧﴾

38. Era ne mu bubonero bwe mwe muli ekiro n'emisana, n'enjuba n'omwezi. Naye temuvuunamiranga enjuba wadde omwezi, wabula muvuunamirenga Allah yekka Oyo eyabitonda, bwe muba nga ddala Ye gwe musinza.

وَمِنَ آيَاتِهِ الثَّلَاثُ وَالنَّهَارُ وَالشَّمْسُ
وَالْقَمَرُ لَا تَسْجُدُوا لِلشَّمْسِ وَلَا
لِلْقَمَرِ وَاسْجُدُوا لِلَّهِ الَّذِي خَلَقَهُنَّ
إِن كُنْتُمْ رَائِبِينَ تَعْبُدُونَ ﴿٣٨﴾

39. Naye bwe beekuluntazanga, ggwe tobafaako, kasita abo abali eri Mukama wo bamutendereza ekiro n'emisana era bo tebakoowa.

فَإِنِ اشْتَكَبْتُمْ لِآيَاتِنَا فَالَّذِينَ عِنْدَ
رَبِّكَ يُسَبِّحُونَ لَهُ بِاللَّيْلِ وَالنَّهَارِ
وَهُمْ لَا يَسْمَعُونَ ﴿٣٩﴾

40. Era ne mu bubonero bwe ddala olaba ensi nga ekaze. Naye bwe tugitonnyesaako amazzi, ennyulukuka n'egimuka. Mazima Oyo agiramusa era ye Mulamusa w'abafu. Ddala Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.

وَمِنَ آيَاتِهِ أَنْتَ تَرَى الْأَرْضَ
خَاشِعَةً فَإِذَا أَنْزَلْنَا عَلَيْهَا الْمَاءَ
اهْتَزَّتْ وَرَبَتْ إِنَّ الَّذِي أَحْيَاهَا
لَمُحْيِ الْمَوْتِ إِنَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ
قَدِيرٌ ﴿٤٠﴾

41. Mazima abo aboogerera Aya zaffe amafuukuule tebayinza kutwekweka. Abaffe, oyo alisuulibwa mu muliro y'asinga obulungi, oba oyo alijja nga ali mirembe ku lunaku lw'okuzuukira? Kale ggwe mukole nga bwe mwagala, mazima Ye bye mukola abiraba.

إِنَّ الَّذِينَ يُلْحِدُونَ فِي آيَاتِنَا لَا
يَخْفَوْنَ عَلَيْهَا قَمَنَ يُلْفَى فِي النَّارِ
خَيْرٌ أَمْ مَنْ يَأْتِي أَمْنًا يَوْمَ الْهِيمَةِ
رَاعِمُوا مَا شِئْتُمْ إِنَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ
بَصِيرٌ ﴿٤١﴾

42. Mazima abo abagaana Ekijjukiza (Kur'ani) nga kibatuuseeko, zibasanze! Era ddala yo Kur'ani ddala ky'Ekitabo Luwangula.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِالذِّكْرِ لَمَّا
جَاءَهُمْ وَرَأَاهُ لِكِتَابٍ عَزِيزٍ ﴿٤٢﴾

43. Tekituukwamu bya bulimba okuva mu maaso ga kyo wadde emabega wa kyo. Kwe kubikkulirwa okwaviira ddala eri Allah Ow'amagezi ennyo, Atenderezebwa.

لَا يَأْتِيهِمُ الْبَاطِلُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَ
لَا مِنْ خَلْفِهِ تَنْزِيلٌ مِنْ حَكِيمٍ
حَؤُودٍ ﴿٤٣﴾

44. Ebyo ebikugambibwa si birala wabula by'ebyo ebyagambibwa n'Abatume ab'olubereberye lwo. Mazima Mukama wo ye Nannyini kusonyiwa era ye Nannyini kubonereza okulumya.

مَا يُقَالُ لَكَ إِلَّا مَا قَدْفَعْتَ لِرَسُولٍ
مِنْ قَبْلِكَ إِنَّ رَبَّكَ لَذُو مَغْفِرَةٍ وَ
ذُو عِقَابٍ أَلِيمٍ ﴿٤٤﴾

45. Era singa Kur'āni twagikola nga eri mu lulimi lugwiira, ddala baaligambye nti: Lwaki Aya za yo tezannyonnyoka? Abaffe, olulimi lugwiira ate nga *Nabbi* Muwarabu? Gamba nti: Yo bwe bulung'amu era kwe kuwonya eri abo abakkiriza. Naye abo abatakkiriza, mu matu gaabwe mulimu obuggavu era ekyo ku bo bwe buzibu bw'amaaso. Abo *baling'anga* abakoowoolwa okuva mu kifo ekiri ewala ennyo.

Ruku 6

46. Era ddala twawa Mūsa Ekitabo naye nekitakkiriziganyizibwako. Naye singa tekyali kigambo ekyakulembere okuva eri Mukama wo, ddala *ensonga* yaalisaliddwawo wakati waabwe; era ddala bali mu kubuusabuusa ku kyo okutawaanya.

47. Oyo akola ekirungi, kale kigasa ye yennyini; n'oyo akola ekibi, kale kivunaanibwa ku ye. Naye Mukama wo si mukumpanya eri abawereza *be*.

Juzu 25

48. Gy'ali y'ejulizibwa okumanya kw'Essaawa. Era ebibala byonna tebiva mu ng'ozabyo, n'omukazi yenna tabeera lubuto wadde tazaala, wabula na kumanya kwe. Era Olunaku lw'alibakoowoola, *alibuuz*a nti: Baluwa abenkanyankanyizibwa nange? Baliddamu nti: Tukutegeeza nti mu ffe tewali alina bujulizi *ku bo*.

49. Era biribaabulira ebyo bye baalinga balaajanira olubereberye era *olwo lwe* balikakasa nti ddala tebalinaayo buddukiro.

50. Omuntu takoowa kusaba birungi. Naye bw'atuukibwako omutawaana, *olwo* nga aggwebwamu essuubi, nga aterebuka.

51. Naye bwe tumuloza ku kusaasira okuva gye tuli oluvannyuma lw'obugubi obwamutuukako, agambira ddala nti: Kino kye kyange era sirowooza nti n'Essaawa erituuka. Era ne bwe ndizzibwayo eri Mukama wange, ndifuna gy'ali ebisinga obulungi. Kale ddala abatakkiriza tulibategeeza ebyo bye baakolanga era ddala tulibaloza ku kibonerezo ekikakanyavu.

52. Era bwe tuwa omuntu ebyengera, akyuukira ku ludda lwe. Naye bw'atuu-

وَلَوْ جَعَلْنَاهُ قُرْآنًا أَعْجَمِيًّا لَقَالُوا لَوْلَا فُصِّلَتْ آيَاتُهُ ؕ أَعْجَمِيٌّ وَعَرَبِيٌّ ؕ قُلْ هُوَ لِلَّذِينَ آمَنُوا هُدًى وَشِفَاءٌ ؕ وَالَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ فِي آذَانِهِمْ وَقْرٌ وَهُوَ عَلَيْهِمْ عَمًى ؕ أُولَٰئِكَ يُنَادُونَ مِنْ مَّكَانٍ بَعِيدٍ ﴿٤٥﴾

وَلَقَدْ آتَيْنَا مُوسَى الْكِتَابَ فَاخْتَلَفَ فِيهِ ؕ وَلَوْلَا كَلِمَةٌ سَبَقَتْ مِنْ رَبِّكَ لَفُضِّي بَيْنَهُمْ ؕ وَلَا تَهُمُ لِفِي شَيْءٍ مِّنْهُ مُرْتَابًا ﴿٤٦﴾

مَنْ عَمِلْ صَالِحًا فَلِنَفْسِهِ وَمَنْ أَسَاءَ فَعَلَيْهَا ؕ وَمَا رَبُّكَ بِظَلَّامٍ لِلْعَبِيدِ ﴿٤٧﴾

إِلَيْهِ يُرَدُّ عِلْمُ السَّاعَةِ ؕ وَمَا تَخْرُجُ مِنْ ثَمَرَاتٍ مِنْ أَكْمَامِهَا وَمَا تَحْمِلُ مِنْ أُنْثَىٰ وَلَا تَضَعُ إِلَّا بِعِلْمِهِ ؕ وَيَوْمَ يُنَادِيهِمْ آيُنُ شُرَكَائِهِمْ إِيَّاكَ ؕ قَالُوا أَدْنَاكَ ؕ مَا مَنَّا مِنْ شَٰهِدٍ ﴿٤٨﴾

وَصَلَّ عَنْهُمْ مَّا كَانُوا يَدْعُونَ مِنْ قَبْلُ وَظَلُّوا مَا لَهُمْ مِنْ مَّحِيصٍ ﴿٤٩﴾

لَا يَسْمَعُ الْإِنْسَانُ مِنْ دُعَاءِ الْخَيْرِ وَإِنْ مَسَّهُ الشَّرُّ فَيَسْأَلْ قَنُوطًا ﴿٥٠﴾

وَلَئِنْ أَدْرَأْتَهُ رَحْمَةً مِنَّا مِنْ بَعْدِ ضَرْبٍ مَسَّتَهُ لَيَقُولَنَّ هَذَا لِي ؕ وَمَا آطَنُ السَّاعَةَ قَائِمَةً ؕ وَلَئِنْ رُجِعْتَ إِلَىٰ رَبِّي إِنَّ لِي عِنْدَهُ لَلْحُسْبَىٰ ؕ فَلَنُنَدِّيَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِمَا عَمِلُوا ؕ وَلَنُنذِرَنَّهُمْ مِّنْ عَذَابٍ غَلِيظٍ ﴿٥١﴾

وَإِذَا أَنْعَمْنَا عَلَى الْإِنْسَانِ أَعْرَضَ وَ

kibwako akabi, olwo n’afuuka asaba olukobo.

نَايَجَانِيهِ ۚ وَإِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ فَذُو دُعَاءٍ
عَرِيضٍ ﴿٥٢﴾

53. Gamba nti: Mulabye mutya, singa *Kur’āni* eba nga yava eri Allah ate oluvannyuma mmwe nemugigaana, ddala ani mubuze asinga kw’oyo ali ku kwawukana okw’ewala *okuva ku Allah?*

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ كَانَ مِنْ عِنْدِ اللَّهِ نَمْرٌ
كَفَرْتُمْ بِهِ مِنْ آضَلُّ مِنْ هُوَ فِي
شِقَاقٍ بَعِيدٍ ﴿٥٣﴾

54. Mangu nnyo tujja kubalaga obubonero bwaffe mu bwengula ne mu bo bennyini, okutuusa lwe balinnyonnyokerwa nti ddala yo *Kur’āni* ge mazima. Abaffe, tekimala okuba nti ddala Mukama wo ye Mujulizi ku buli kimu?

سَرَّيْهِمْ أَيْتَنَا فِي الْإِفْكَاقِ وَفِي
أَنْفُسِهِمْ حَتَّى يَتَّبِعِينَ لَهُمْ أَنَّهُ
الْحَقُّ ۗ أَوَلَمْ يَكْفِ بِرَبِّكَ أَنَّهُ عَلَى كُلِّ
شَيْءٍ شَهِيدٌ ﴿٥٤﴾

55. Muwulirize, mazima bo balimu okubuusabuusa ku kusiinkana ne Mukama waabwe. Mutegeere, mazima Ye buli kimu yakyetooloola.

أَلَا إِنَّهُمْ فِي مَرِيضَةٍ مِنْ لِقَاءِ رَبِّهِمْ ۗ
يَعْلَمُونَ ۗ أَلَا إِنَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ مُحِيطٌ ﴿٥٥﴾

AL-SHŪRĀ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Hā Mīm.*

حَمِّمٌ ②

3. 'Ain Sīn Qāf.*

عَسَقٌ ③

4. Bw'atyo Allah, Luwangula, Omugezi ennyo akubikkulira era y'eyabikkulira n'abolubereberye lwo.

كَذَلِكَ يُوحِي إِيَّاكَ وَإِلَى الَّذِينَ مِنْ قَبْلِكَ اللَّهُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ④

5. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bibye era Ye ye Mugulumivu ennyo, Omusukkirivu.

لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ وَهُوَ الْعَلِيُّ الْعَظِيمُ ⑤

6. Kumpi emigigi gy'eggulu geyuzeemu give waggulu wa gyo olw'ebibi byabwe; era ba malayika batendereza n'amatendo ga Mukama waabwe era basabira n'abali mu nsi okusonyiyibwa. Muwulirize! Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

تَكَادُ السَّمَوَاتُ يَتَّقَطْنَ مِنْ فَوْقِهِنَّ وَالْمَلَائِكَةُ يُسَبِّحُونَ بِحَمْدِ رَبِّهِمْ وَيَسْتَغْفِرُونَ لِمَنْ فِي الْأَرْضِ ۗ إِلَّا إِنْ أَرَادَ اللَّهُ هُوَ الْعَفْوُ الرَّحِيمُ ⑥

7. Era n'abo abeefunira abakuumi abalala ebbali we, Allah era ye Mulabirizi ku bo; naye ggwe toli mulabirizi ku bo.

وَالَّذِينَ اتَّخَذُوا مِنْ دُونِهِ أَوْلِيَاءَ اللَّهُ حَفِيفٌ عَلَيْهِمْ ۗ وَمَا أَنْتَ عَلَيْهِمْ بِوَكِيلٍ ⑦

8. Era bwe kityo twakubikkulira Kur'āni ey'Oluwarabu, olyooke olabule Nnyina w'ebibuga * n'abali ebbali wa kyo; era olabule abantu ku lunaku lw'okukung'anirako olutaliimu kubuusabuusa. Ekibinja ekimu kiriba mu Janna, n'ekibinja ekirala kiriba mu muliro ogubumbujja.*

وَكَذَلِكَ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ قُرْآنًا عَرَبِيًّا لِتُنذِرَ أُمَّ الْقُرَى وَمَنْ حَوْلَهَا وَتُنذِرَ يَوْمَ الْجَمْعِ لَا رَيْبَ فِيهِ ۗ فَرِيقٌ فِي الْجَنَّةِ وَفَرِيقٌ فِي السَّعِيرِ ⑧

42:2. Atenderezebwa ennyo, ow'Ekitiibwa ennyo.

42:3. Omumanyi wa byonna, Awulira byonna, Nannyini buyinza.

42:8. Enju eyasooka okuzimbwa ku lw'okusinzizaamu Allah yali Ka'bah (أَكْغَبَهُ) esangibwa mu kibuga Makka. Ekibuga ekyo ky'ekiyitibwa 'Ummul-Qura' (أُمَّ الْقُرَى) amakulu nti 'Nnyina w'ebibuga'. Kino kiyinza okuba nga kiva ku nkizo ekibuga kino gye kirina ku kibuga ebirala oba olw'okuba nti edda ennyo oluvannyuma lw'okuzimbwa kw'Ennyumba ya Allah (Ka'bah), abantu abatamanyiddwa baazimbawo ekibuga abalala bonna kwe baayigira okuzimba ebibuga. Eno eyinza okuba nga y'emu ku nsonga lwaki ekibuga Makka kiyitibwa Nnyina w'ebibuga.

9. Era singa Allah yayagala kukaka, yaalibafudde ekibiina kimu; naye ayingiza oyo gw'aba asiimye mu kusaasira kwe. Naye aboononyi tebaliba na mukuumi yenna wadde omuyambi.

وَلَوْ شَاءَ اللَّهُ لَجَعَلَهُمْ أُمَّةً وَاحِدَةً ۗ وَ لَكِن يَدْخُلُ مَن يَشَاءُ فِي رَحْمَتِهِ ۗ وَالظَّالِمُونَ مَا لَهُم مِّن ذُرِّيَةٍ وَلَا نَصِيرَةٍ ⑩

10. Abaffe, baafunayo abakuumi abalala ebbali we? Naye nno Allah ye Mukuumi omutuufu era y'azuukiza abafu era ye w'Obuyinza ku buli kimu.

أَمْ اتَّخَذُوا مِن دُونِهِ آلِيَاءَ فَاللَّهُ هُوَ الْوَلِيُّ وَهُوَ يُحْيِي الْمَوْتَىٰ وَهُوَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ⑪

Ruku 2

11. Era kyonna kye mwawukanamu, kale okulamula kwa kyo okw'enkomerero kuli eri Allah. Oyo nno ye Allah, Mukama wange gwe nneesiga era gy'ali gye njolekedde.

وَمَا اخْتَلَفْتُمْ فِيهِ مِن شَيْءٍ فَحُكْمُهُ إِلَى اللَّهِ ۗ ذَلِكُمُ اللَّهُ رَبِّي عَلَيْهِ تَوَكَّلْتُ ۗ وَالإِلهُ رَبِّي ⑫

12. Ye Mutandisi w'eggulu n'ensi. Yabakolera okuva mu mmwe bannammwe, ne mu bisolo yakolamu binnaabyo. Ye y'eyabayingiwaliza mu yo. Tewali kyonna kiri nga Ye. Era y'Awulira byonna, y'Alaba byonna.

فَأَقْصِرْ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۖ جَعَلْ لَكُمْ مِن أَنفُسِكُمْ أَزْوَاجًا ۗ وَمِنَ الْإِنْعَامِ أَزْوَاجًا ۗ يَذُرُّكُمْ فِيهِ ۖ لَيْسَ كَمِثْلِهِ شَيْءٌ وَهُوَ السَّمِيعُ الْبَصِيرُ ⑬

13. Ye nannyini bisumuluzo by'eggulu n'ensi. Ayanjuluza ebigabibwa eri oyo gw'aba ayagadde era y'abikendeeza. Mazima Ye y'amanyi buli kimu.

لَهُ مَقَالِيدُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ يَبْسُطُ الرِّزْقَ لِمَن يَشَاءُ وَيَقْدِرُ ۗ إِنَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ⑭

14. Allah yabalagira okugoberera eddiini eyo gye yakuutira Nuhu, era y'eyo gye tukubikkulidde era gye twakuutira Ibrahimu, ne Musa ne 'Isa nti: Muyimirizeewo eddiini era temwawukananga ku yo. Ebyo bye muyitira abasinza b'ebifaananyi bibakalubirira nnyo. Allah y'eyelondera oyo gw'aba asiimye era y'alung'amyamba gy'ali oyo ayolekera gy'ali.

شَرَعَ لَكُمْ مِنَ الدِّينِ مَا وَصَّىٰ بِهِ نُوحًا ۗ وَالَّذِي أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ ۗ وَمَا وَصَّيْنَا بِهِ إِبْرَاهِيمَ وَمُوسَىٰ وَعِيسَىٰ أَن أَقِيمُوا الدِّينَ ۗ وَلَا تَتَفَرَّقُوا فِيهِ ۗ كَبُرَ عَلَى الْمُشْرِكِينَ مَا تَدْعُوهُمْ إِلَيْهِ ۗ اللَّهُ يَجْتَبِي إِلَيْهِ مَن يَشَاءُ ۗ وَيَهْدِي إِلَيْهِ مَن يُنِيبُ ⑮

15. Era tebaayawukanamu wabula luvannyuma lwa kutuukibwako kumanya, olw'obugya obwali wakati waabwe. Era singa tekyali kigambo ekyakulembwa okuva eri Mukama wo eky'entuuko eyagerekebwa, mazima kyalisaliddwawo wakati waabwe. Era ddala abo abasikizibwa Ekitabo oluvannyuma lwabwe bali mu kubuusabuusa ku kyo okutawaanya.

وَمَا تَفَرَّقُوا إِلَّا مِّن بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْعِلْمُ بَغْيًا بَيْنَهُمْ ۗ وَ لَوْ لَا كَلِمَةُ سَبَقْتِ مَن رَّبِّكَ إِلَىٰ أَجَلٍ مُّسَمًّى لَّفُضِيَ بَيْنَهُمْ ۗ وَإِن الَّذِينَ أُورِثُوا الْكُتُبَ مِّن بَعْدِهِمْ لَفِي شَكٍّ مِّنْهُ مُرِيبٍ ⑯

16. N'olwekyo koooola *abantu* era beera munywwevu nga bw'olagiddwa era togoberera kwagala kwabwe okubi, era gamba nti: Nze nzikiriza ebyo Allah bye yassa mu Kitabo era nalagirwa okuba omwenkanya wakati wammwe. Allah ye Mukama waffe era ye Mukama wammwe. Ffe tulina ebikolwa ebyaffe, nammwe mulina ebikolwa ebyammwe. Tewali luyombo wakati waffe nammwe. Allah y'alitukung'aanya awamu era gy'ali y'eri obuddo.

17. Era abo abawakana ku bifa ku Allah oluvannyuma nga amaze okukkirizibwa, ensonga yaabwe teriimu nsa mu maaso ga Mukama waabwe; era baliko n'obusungu *bwa Allah*, nate balina n'ekibonerezo ekikakali.

18. Allah y'Oyo eyassa Ekitabo n'amazima ne minzaani. Naye ki ekinaakumanyisa nti Essaawa esembedde?

19. Abo abatagikkiriza be bagiwujjirira. Naye abo abakkiriza *bo* bagitya nnyo era bamanyi nti ddala ya mazima. Mwetegereze, mazima abo abawakanya Essaawa ddala be bali mu kubula okw'ewala.

20. Allah Mwekkaanya nnyo eri abawereza be. Agabira oyo gw'aba ayagadde era ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

Ruku 3

21. Oyo aba ayagala okukungula kw'enkomerero, tumwongerera ku kukungula kwe; n'oyo aba ayagala okukungula kw'ensi, tumuwa ku kwo; naye taliba na mugabo gwonna ku nkomerero.

22. Abaffe, balinayo be benkanya ne Allah abaabateerawo eddiini eyo Allah gy'atakkirizanga? Naye singa si kigambo ekyasalwawo, mazima kyalisaliddwawo wakati waabwe. Era ddala aboononyi be baliba n'ekibonerezo ekirumya ennyo.

فَلِذَلِكَ فَادَعُ مَا اسْتَقَمَ كَمَا أُمِرْتَ
وَلَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَ هُمْ مٌ وَقُلْ أَمِنْتُ بِمَا
أَنْزَلَ اللَّهُ مِنْ كِتَابٍ وَأُمِرْتُ لِأَعْمَلُ
بَيْنَكُمْ اللَّهُ رَبُّنَا وَرَبُّكُمْ لَنَا أَعْمَالُنَا
وَلَكُمْ أَعْمَالُكُمْ لِاحْتِجَ بَيْنَنَا وَبَيْنَكُمْ
اللَّهُ يَجْمَعُ بَيْنَنَا وَرَبِّنَا وَاللَّهُ الْمَصِيرُ ﴿١٦﴾

وَالَّذِينَ يُحَاجُّونَ فِي اللَّهِ مِنْ بَعْدِ مَا
اسْتَجِيبَ لَهُ حُجَّتُهُمْ دَاحِضَةٌ عِنْدَ
رَبِّهِمْ وَعَلَيْهِمْ غَضَبٌ وَ لَهُمْ عَذَابٌ
شَدِيدٌ ﴿١٧﴾

اللَّهُ الَّذِي أَنْزَلَ الْكِتَابَ بِالْحَقِّ وَ
الْمِيزَانَ، وَمَا يُدْرِيكَ لَعَلَّ السَّاعَةَ
قَرِيبٌ ﴿١٨﴾

يَسْتَحْجِلُ بِهَا الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِهَا
وَ الَّذِينَ آمَنُوا مُشْفِقُونَ مِنْهَا
وَالَّذِينَ يَعْلَمُونَ أَنَّهَا الْحَقُّ، إِلَّا إِنْ
الَّذِينَ يُمَارُونَ فِي السَّاعَةِ لَفِي ضَلَالٍ
بَعِيدٍ ﴿١٩﴾

اللَّهُ لَطِيفٌ بِعِبَادِهِ يَرْزُقُ مَنْ يَشَاءُ
وَ هُوَ الْقَوِيُّ الْعَزِيزُ ﴿٢٠﴾

مَنْ كَانَ يُرِيدُ حَرْثَ الْآخِرَةِ نَزِدْ لَهُ فِي
حَرْثِهِ، وَمَنْ كَانَ يُرِيدُ حَرْثَ الدُّنْيَا
نُؤْتِهِ مِنْهَا وَ مَا لَهُ فِي الْآخِرَةِ مِنْ
نَصِيبٍ ﴿٢١﴾

أَمْ لَهُمْ شُرَكَاءُ شَرَعُوا لَهُمْ مِنَ الدِّينِ
مَا لَمْ يَأْذَنَ بِهِ اللَّهُ، وَلَوْ لَا كَلِمَةُ الْفَصْلِ
لَقُضِيَ بَيْنَهُمْ وَرَبُّنَا الظَّالِمِينَ لَهُمْ عَذَابٌ
الِيمٌ ﴿٢٢﴾

23. Oliraba aboononyi bwe bakankana olw'ebyo bye baakolanga era bya kubatu-ukako. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, *be* baliba mu nsuku zo mu Janna. Balifuna buli kye balyagala okuva eri Mukama waabwe. Egyo nno gy'emikisa emisuffu.

تَرَى الظَّالِمِينَ مُشْفِقِينَ مِمَّا كَسَبُوا وَهُوَ
وَاقِعٌ بِهِمْ وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا
الصَّالِحَاتِ فِي رَوْضَاتِ الْجَنَّاتِ لَهُمْ مَا
يَشَاءُونَ عِنْدَ رَبِّهِمْ ذَلِكَ هُوَ الْفَضْلُ
الْكَبِيرُ ﴿٣١﴾

24. Ebyo by'ebyo Allah by'awaako amawulire ag'essanyu abaweereza be abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi Gamba nti: Nze sibasaba mpeera ku byo, okuggyako okwagalana nga ab'oluganda. Naye oyo akola ekirungi, tumwongera mu kukola obulungi. Mazima Allah ye Muson-yiyi ennyo, Omusiimi ennyo.

ذَلِكَ الَّذِي يُبَشِّرُ اللَّهُ عِبَادَهُ الَّذِينَ
آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ قُلْ لَا أَسْأَلُكُمْ
عَلَيْهِ أَجْرًا إِنْ أَلَا الْمَوَدَّةَ فِي الْقُرْبَىٰ وَ مَنْ
يَقْتَرِفْ حَسَنَةً نَّزِدْ لَهُ فِيهَا حُسْنًا إِنَّ
اللَّهَ غَفُورٌ شَكُورٌ ﴿٣٢﴾

25. Kazzi bagamba nti: *Mutume* yapaatiika ku Allah eby'obulimba? Kale singa Allah yayagala, yaalitadde envumbo ku mutima gwo. Naye Allah asangulawo obulimba n'anyweza amazima n'ebigambo bye. Mazima Ye y'amanyi ebiri mu bifuba.

أَمْ يَقُولُونَ افْتَرَىٰ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا فَإِنْ
يَشَاءِ اللَّهُ يَخْتِمْ عَلَىٰ قَلْبِكَ وَ دَرَجَاتُ اللَّهِ
الْبَاطِلُ وَ يُحِقُّ الْحَقَّ بِكَلِمَاتِهِ إِنَّهُ
عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ﴿٣٣﴾

26. Era Ye y'akkiriza okwenenya okuva eri abaddu be era y'asonyiwa ebisobyo era y'amanyi bye mukola.

وَ هُوَ الَّذِي يَقْبَلُ التَّوْبَةَ عَنْ عِبَادِهِ وَ
يَعْفُو عَنِ السَّيِّئَاتِ وَ يَعْلَمُ مَا تَفْعَلُونَ ﴿٣٤﴾

27. Era ayanukula abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi era abongera ne ku mikisa gye. Naye abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekikakali.

وَ يَسْتَجِيبُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
وَ يَزِيدُهُمْ مِنْ فَضْلِهِ وَ الْكَافِرُونَ لَهُمْ
عَذَابٌ شَدِيدٌ ﴿٣٥﴾

28. Era singa Allah ayanjuluza ebigabibwa eri abaweereza be *okusukka ekigero*, mazi-ma baalijagalalidde mu nsi; naye assa bya kigero gye *bali* nga bw'aba ayagadde. Mazima Ye y'ategeera ennyo, era y'alaba abaweereza be.

وَ لَوْ بَسَطَ اللَّهُ الرِّزْقَ لِعِبَادِهِ لَبَغَوْا فِي
الْأَرْضِ وَلَكِنْ يُنَزِّلُ بِقَدَرٍ مَّا يَشَاءُ إِنَّهُ
بِجَوَابِهِ خَبِيرٌ بَصِيرٌ ﴿٣٦﴾

29. Era y'Oyo atonnyesa enkuba oluva-nyuma nga *abantu* baweddemu essuubi n'abunya *wonna* okusaasira kwe. Era ye Mukuumi, Atenderezebwa ennyo.

وَ هُوَ الَّذِي يُنَزِّلُ الْغَيْثَ مِنْ بَعْدِ مَآ
قَنَطُوا وَ يَنْشُرُ رَحْمَتَهُ وَ هُوَ الْوَلِيُّ
الْحَمِيدُ ﴿٣٧﴾

30. Ne mu bubonero bwe *mwe muli* okutonda kw'eggulu n'ensi, n'ebirina obulamu bye yabunya mu byombi. Era Ye asobola nnyo okubikung'aanya bw'aba nga ayagadde.

وَ مِنْ أَيْتِهِ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ مَا بَيْنَهُ
فِيهِمَا مِنْ دَابَّةٍ وَ هُوَ عَلَىٰ جَمْعِهِمْ إِذَا
تَرَاجَعُوا قَدِيرٌ ﴿٣٨﴾

Ruku 4

31. Era akabenje konna akabatuukako, kale *kabaawo* lw'ebyo emikono gyammwe bye gikola, naye *Ye asonyiwa bingi*.
 وَمَا أَصَابَكُمْ مِنْ مُصِيبَةٍ فِيمَا كَسَبْتُمْ أَيْدِيكُمْ وَيَعْفُوا عَنْ كَثِيرٍ ﴿٣١﴾
32. Era mmwe temuyinza kufufuggaza *nategaka za Allah* mu nsi era temulinayo mukuumi mulala wadde omuyambi ebbali wa Allah.
 وَمَا أَنْتُمْ بِمُعْجِزِينَ فِي الْأَرْضِ وَمَا لَكُمْ مِنْ دُونِ اللَّهِ مِنْ دَلِيلٍ وَلَا تَصِيرُ ﴿٣٢﴾
33. Ne mu bubonero bwe *mwe muli ebyo-mbo ebiseeyeyea* ku nnyanja nga biri ng'entikko z'ensozi.
 وَمِنْ آيَاتِهِ الْجَوَارِ فِي الْبَحْرِ كَالْأَعْلَامِ ﴿٣٣﴾
34. Bw'aba nga ayagadde, *kale asiba empewo nebisigala nga biyimiridde wamu kungulu wa yo*. Mazima mw'ekyo mulimu okulabula eri buli mugumiikiriza, omwebazi—
 إِنْ يَشَاءُ يُسَكِّنِ الرِّيحَ فَيَظْلَلْنَ رَوَاكِدَ عَلَى ظَهْرِهِ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِكُلِّ صَبَّارٍ شَكُورٍ ﴿٣٤﴾
35. Oba abizikiriza olw'ebyo *abantu* bye bakola, naye *Ye asonyiwa bingi*.
 أَوْ يُوقِظَهُنَّ يَمَا كَسَبُوا وَيَعْفَى عَنْ كَثِيرٍ ﴿٣٥﴾
36. Era *tubazikiriza*, abo abawakanya obubonero bwaffe balyooke bamanye nga bwe batalinaayo buwonero *walala*.
 وَتَعَلَّمَ الَّذِينَ يُجَادِلُونَ فِي آيَاتِنَا مَا لَهُمْ مِنْ مَحْجِصٍ ﴿٣٦﴾
37. Kale ekintu kyonna kye muba muweereddwa kiba *kya masanyu ga kaseera* mu bulamu bw'oku nsi. Naye ebyo ebiri eri Allah, ebisinga obulungi era ebiwangaazi ennyo, by'abo abakkiriza era abeesiga Mukama waabwe,
 فَمَا أَوْرِثْتُمْ مِنْ شَيْءٍ فَمَتَّامُ الْحَيَاةِ الدُّنْيَا وَمَا عِنْدَ اللَّهِ خَيْرٌ وَأَبْغَى لِلَّذِينَ آمَنُوا وَعَلَى رَبِّهِمْ يَتَوَكَّلُونَ ﴿٣٧﴾
38. N'abo abeesamba ebibi ebinene n'ebyambyoone, era nga bwe basunguwala, bo basonyiwa,
 وَالَّذِينَ يَجْتَنِبُونَ كَبِيرَ الذُّمِّ وَالْفَوَاحِشَ وَإِذَا مَا عَضُّوا هُمْ يَغْفِرُونَ ﴿٣٨﴾
39. N'abo abaanukula Mukama waabwe, era nebajjumbira essaala, n'ensonga zaabwe nga ziteseganyizibwako wakati waabwe, era nga batoola ne mw'ebyo bye twabawa,
 وَالَّذِينَ اسْتَجَابُوا لِرَبِّهِمْ وَأَقَامُوا الصَّلَاةَ وَأَمْرُهُمْ شُورَى بَيْنَهُمْ وَمِمَّا رَزَقْنَاهُمْ يُنفِقُونَ ﴿٣٩﴾
40. Era n'abo ababa nga batuukiddwako okujoogebwa, nebeerwanako.
 وَالَّذِينَ إِذَا أَصَابَهُمُ الْبَغْيُ هُمْ يَنْتَصِرُونَ ﴿٤٠﴾
41. Naye empeera y'ekibi, kiba kibi ekikifaanana. Naye oyo asonyiwa n'adda-abiriza, kale empeera ye eri ku Allah. Mazima *Ye tayagala bajoozi*.
 وَجَزَاءُ سَيِّئَةٍ سَيِّئَةٌ مِثْلُهَا فَمَنْ عَفَا وَأَصْلَحَ فَأَجْرُهُ عَلَى اللَّهِ إِنَّهُ لَا يُحِبُّ الظَّالِمِينَ ﴿٤١﴾
42. Era oyo eyeerwanako oluvannyuma lw'okujoogebwa, kale abo tebaliiko kinenyo.
 وَلَمَنِ انْتَصَرَ بَعْدَ ظُلْمِهِ فَأُولَئِكَ مَا عَلَيْهِمْ مِنْ سَبِيلٍ ﴿٤٢﴾

43. Naye okunyenya kuli kw'abo abajooga abantu era abajagalalira mu nsi awatali nsonga ntuufu. Abo be balifuna ekibonerezo ekirumya.

إِنَّمَا السَّيِّئُ إِلَى الَّذِينَ يَظْلِمُونَ النَّاسَ وَيَبْغُونَ فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ الْحَقِّ ۗ أُولَٰئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٤٣﴾

44. Naye oyo agumiikiriza era n'asonyiwa, mazima ekyo kiri mu bigambo ebyetaaga obumalirivu.

وَلَمَن صَبَرَ وَغَفَرَ إِنَّ ذَلِكَ لَمِنْ عَزْمِ الْأُمُورِ ﴿٤٤﴾

Ruku 5

45. Era oyo Allah gw'asalira nti abuze, aba takyalinayo mukuumi yenna ebbali we. Era oliraba aboononyi awo nga balabye ekibonerezo, nga bagamba nti: Abaffe, waliwo ku kkubo eriddayo?

وَمَن يُضِلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِن دَلِيلٍ مِّنْ بَعْدِهِ ۗ وَتَرَى الظَّالِمِينَ لَمَّا رَأَوُا الْعَذَابَ يَقُولُونَ هَلْ إِلَىٰ مَرَدٍّ مِن سَبِيلِ ﴿٤٥﴾

46. Era olibalaba nga baleetebwa mu maaso ga gwo nga batunudde wansi olw'obu-swaavu nga batunula kikijjama. Naye abo abakkiriza baligamba nti: Mazima abaafa-afaaganirwa be bo abeefiiriza bennyini nebafiiriza n'ab'omu maka gaabwe ku lunaku lw'okuzuukira. Mwetegereze! Mazima aboononyi be balibeera mu kibonerezo ekiwangaazi.

وَتَرَاهُمْ يُعْرَضُونَ عَلَيْهَا خَشِيعَتٍ مِّنَ الدُّنْيِ لَيَنْظُرُونَ مِن طَرْفٍ خَفِيٍّ ۗ وَقَالَ الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّ الْخَاسِرِينَ الَّذِينَ خَسِرُوا أَنفُسَهُمْ وَآهْلِيهِمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ ۗ أَلَا إِنَّ الظَّالِمِينَ فِي عَذَابٍ مُّقْتَدِرٍ ﴿٤٦﴾

47. Era tebaliba na bayambi ab'okubayamba ku Allah. Era oyo Allah gw'asalira nti abuze, aba takyalinayo kkubo lyonna.

وَمَا كَانَ لَهُمْ مِّنْ أَوْلِيَاءَ يَنْصُرُوهُمْ مِّنْ دُونِ اللَّهِ ۗ وَمَن يُضِلِلِ اللَّهُ فَمَا لَهُ مِن سَبِيلٍ ﴿٤٧﴾

48. Kale mwanukule Mukama wammwe nga olunaku olutaziyizika oluva eri Allah terunnatuuka. Temuliba na buddukiro ku lunaku olwo era temulisobola kwegaana.

إِشْتَجِبُوا الرَّبَّ بِكُمْ مِّن قَبْلِ أَنْ يَأْتِيَكُمْ يَوْمَ لَا مَرَدَّ لَهُ مِنَ اللَّهِ ۗ مَا لَكُمْ مِّنْ مَّلْجَأٍ يَوْمَئِذٍ وَمَا لَكُمْ مِّنْ نَّكِيرٍ ﴿٤٨﴾

49. Kale bwe beekyuusa, ggwe tetwaku-tuma kuba mukuumi ku bo. Ggwe tovunaanyizibwa okuggyako okutuusa obubaka. Era ddala bwe tulosa omuntu ku kusaasira okuva gye tuli, akusanyukira nnyo. Naye akabi bwe kabatuukako olw'ebyo emikono gyabwe bye gyakulembeza, olwo nga agaanira ddala okwebaza n'ebyo by'alina. Ddala omuntu mutecbaza mukulu.

فَإِن أَعْرَضُوا فَمَا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَفِيظًا ۗ إِنَّ عَلَيْكَ إِلَّا الْبَلَاءُ ۗ وَإِنَّا إِذْ أَنْزَلْنَا آلَٰنِسَانَ مِنَّا رَحْمَةً فَفَرِحَ بِهَا ۗ وَإِن تُصِيبُهُمْ سَيِّئَةٌ مِّمَّا قَدَّمْتَّ أَيْدِيهِمْ فَإِنَّ آلَٰنِسَانَ كَفُورٌ ﴿٤٩﴾

50. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah. Atonda nga bw'aba ayagadde. Agabira oyo gw'aba ayagadde abaana ab'obuwala era n'agabira oyo gw'aba ayagadde abaana ab'obulenzi;

لِلَّهِ مُلْكُ السَّمٰوٰتِ وَ الْاَرْضِ ۗ يَخْلُقُ مَا يَشَآءُ ۗ وَيَهْدِي مَن يَشَآءُ ۗ لَنَا نَا وَ يَهْدِي مَن يَشَآءُ الذُّكُورِ ﴿٥٠﴾

51. Oba abatabika, ab'obulenzi n'abobuwala; era afuula oyo gw'aba ayagadde okuba omugumba. Mazima Ye ye Mumanyi wa byonna, Ow'obuyinza.

52. Era tekibangawo eri omuntu Allah okwogera naye, wabula nga kubikkulirwa oba nga asinziira mabega w'ekisiikiriza oba atuma omubaka (malayika) kale n'abikkulira *omuntu* olw'okulagira kwe ebyo Ye by'aba ayagadde. Mazima Ye Mugulumivu nnyo, Mugezi nnyo.

53. Era bwe kityo naawe twakubikkulira Ekigambo (Kur'ani) olw'okulagira kwaffe. Ggwe wali tomanyi Kitabo nga bwe kiri wadde obukkiriza. Naye *okubikkulirwa* twakufuula obutangaavu bwe tulung'amizisa oyo gwe tuba tusiimye mu baweereza baffe. Era ddala ggwe olagirira *abantu* eri ekkubo eggolokofu,

54. Ekkubo lya Allah Oyo nannyini ebyo ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi. Mwetegerenze! Ensonga zonna zizzibwa eri Allah.

أَوْ يُزَوِّجُهُمْ ذُكْرَانًا وَإِنَّا نَجْعَلُ
مَنْ يَشَاءُ عَاقِمًا إِنَّهُ عَلِيمٌ قَدِيرٌ ﴿٥١﴾

وَمَا كَانَ لِبَشَرٍ أَنْ يُكَلِّمَهُ اللَّهُ إِلَّا وَحْيًا
أَوْ مِنْ وَرَاءِ حِجَابٍ أَوْ يُرْسِلَ
رَسُولًا فَيُوحِيَ بِإِذْنِهِ مَا يَشَاءُ
إِنَّهُ عَلَىٰ حَكِيمٍ ﴿٥٢﴾

وَكَذَلِكَ أَوْحَيْنَا إِلَيْكَ رُوحًا مِّنْ أَمْرِنَا
مَا كُنْتَ تَدْرِي مَا الْكِتَابُ وَلَا الْإِيمَانُ
وَلَكِن جَعَلْنَاهُ نُورًا نَّهْدِي بِهِ مَنْ يَشَاءُ
مِنْ عِبَادِنَا وَإِنَّكَ لَتَهْدِي إِلَىٰ صِرَاطٍ
مُّسْتَقِيمٍ ﴿٥٣﴾

صِرَاطِ اللَّهِ الَّذِي لَهُ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَ
مَا فِي الْأَرْضِ ۗ أَلَا إِلَى اللَّهِ تَصِيرُ الْأُمُورُ ﴿٥٤﴾

AL-ZUKHRUF

(Yakka lubereberye Iwa Hijira)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Hā Mīm.*

حَمِّمٌ ②

3. Njuliza Ekitabo ekinnyonyofu (Kur'āni,)

وَ الْكِتَابِ الْمُبِينِ ③

4. Ddala Ffe twakifuula ekisomebwa ennyo nga kiri mu lulimi olutegeerekeka, mulyooke mukozese amagezi.

إِنَّا جَعَلْنَاهُ قُرْآنًا عَرَبِيًّا لَعَلَّكُمْ تَعْقِلُونَ ④

5. Era ddala kiri mu Nnyina w'Ekitabo gye tuli nga kigulumivu nnyo, kijjude eby'ama-gezi.*

وَ إِنَّهُ فِي أُمِّ الْكِتَابِ لَدَيْنَا لَعَلِيٌّ حَكِيمٌ ⑤

6. Abaffe, tulekeyo okubabuulirira tubasulurire olw'okubanga muli bantu abeesukkulumya?

أَفَنْضِرُبُ عَنْكُمْ الذِّكْرَ صَفْحًا أَنْ كُنْتُمْ قَوْمًا مُسْرِفِينَ ⑥

7. Ye ba Nabbi bameka be twatuma eri abasooka!

وَ كَمْ أَرْسَلْنَا مِنْ نَبِيِّ فِي الْأَوَّلِينَ ⑦

8. Naye tebaatuukibwako Nabbi yenna wabula baamujereganga.

وَ مَا يَأْتِيهِمْ مِنْ نَبِيٍّ إِلَّا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ⑧

9. Kale twazikiriza abaali basinga bano amaanyi, era eky'okulabirako ky'abolubereberye nekiyita.

فَأَهْلَكْنَا أَشَدَّ مِنْهُمْ بَطْشًا وَ مَضَى مَثَلُ الْأَوَّلِينَ ⑨

10. Era bw'obabuuza nti: Ani yatonda eggulu n'ensi, ddala bajja kugamba nti: Luwangula, Omumanyi wa byonna y'eyabitonda.

وَ لَبِئْسَ سَاءَ لَتَهُمْ مَنْ خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ لَيَقُولُنَّ خَلَقْتَهُنَّ الْعَرِيرُ الْعَلِيمُ ⑩

11. Oyo eyabakolera ensi okuba ekyaliiro n'agibateramu n'amakubo, mulyooke mukwate ekkubo ettuufu.

الَّذِي جَعَلَ لَكُمْ الْأَرْضَ مَهْدًا وَ جَعَلَ لَكُمْ فِيهَا سُبُلًا لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ ⑪

12. Era y'Oyo atonnyesa amazzi okuva mu bire mu kigero, kale netugazuukizisa ensi eba efudde; bwe mutyo nno nammwe bwe mulizuukizibwa;

وَ الَّذِي نَزَّلَ مِنَ السَّمَاءِ مَاءً بِقَدَرٍ فَأَنْشَرْنَا بِهِ بَلْدَةً مَيْتًا كَذَلِكَ تُخْرَجُونَ ⑫

43:2. Allah Atenderezebwa ennyo, Ow'ekitiibwa ennyo.

43:5. Elinnya 'Ummul-Kitab' (الْكِتَابِ) oba 'Nnyina w'Ebitabo' litera okukozesebwa ku Sura Al-fatiha olw'okuba nti yo ye Sura eringa omulyango omusomi mw'ayita okusobola okutegeera Kur'āni. Elinnya lino wano likozesebwa ku Kur'āni naye nga likwatira ddala ku nnono ya yo Allah gy'akuumye obutiribiri, nga kino kitegeeza nti teyinza kukuusibwa wadde okwoonoonebwa nga Ebitabo ebirala bwe biri.

13. Era y'Oyo eyakola emigogo gy'ebibiri bibiri (ekisajja n'ekikazi) ebya buli ngeri. Era n'abakolera ebyombo n'ebisolo bye mwebagalako,

14. Mulyooke mutereere ku migongo gya byo, n'oluvannyuma mujjukire ebyengera bya Mukama wammwe awo nga muteredde ku byo, era mugambe nti: Omutuukirivu y'Oyo eyatugondeza bino, so nga ku lwaffe tetwalibisobodde.

15. Era ddala eri Mukama waffe gye tulidda.

16. Era bamuteerawo ekitundu mu bamu ku bawcereza be *okuba abaana be*. Mazima omuntu muteebaza nnyo wa lwaatu.

Ruku 2

17. Abaffe, Ye y'eyeetwalira ab'obuwala okuva mw'ebyo by'atonda, naye mmwe n'abalondera ab'obulenzi?

18. So ng'ate omu mu bo bw'aweabwa amawulire nti *afunye* oyo afaanana ne gw'agwanyiza Allah Omusaasizi ennyo, obwenyi bwe *mangu ago* bufuuka obufumye nga afa ennaku.

19. Abaffe, oyo alererwa mu by'amajolobera era nga mu kukubaganya ebirowoozo si mulambulukufu, *gwe mugwanyiza Allah?*

20. Era batwala ba malayika abo abawereza ba Allah Ow'ekisa ekingi, nti bakazi. Abaffe, baaliwo mu kutondebwa kwabwe? Kale obujulizi bwabwe bujja kuwandikibwa, era bajja kubuuzibwa ku kyo.

21. Era bagamba nti: Singa Allah Ow'ekisa ekingi yayagala, abo be tusinza tetwalibasinzizza. Tebalina kumanya kwonna kw'ekyo, wabula bateebereza buteebereza.

22. Abaffe, twabawaayo ekitabo olubereberye lwa kino, nti kale kye bava banywerera ku kyo?

23. Nedda, wabula bagamba bugambi nti: Twasanga ne bakitaffe nga balina enzikiriza y'emu, era naffe tulung'amizibwa buwufu bwabwe.

24. Era bwe kityo tetutumanga Mulabuzi yenna olubereberye lwo mu kibuga kyonna wabula bannaggagga baamu baagambanga

وَالَّذِي خَلَقَ الْأَزْوَاجَ كُلَّهَا وَجَعَلَ لَكُم مِّنَ الْفُلْكِ وَالْأَنْعَامِ مَا تَرْكَبُونَ ﴿١٣﴾

لِتَسْتَوُوا عَلَى ظُهُورِهِ ثُمَّ تَذْكُرُوا نِعْمَةَ رَبِّكُمْ إِذَا اسْتَوَيْتُمْ عَلَيْهِ وَتَقُولُوا سُبْحَانَ الَّذِي سَخَّرْنَا هَذَا وَ مَا كُنَّا لَهُ مُقْرِنِينَ ﴿١٤﴾

وَأَنَّا إِنَّا لِرَبِّنَا لَمُنْقَلِبُونَ ﴿١٥﴾

وَجَعَلُوا آلَهُ مِنْ عِبَادِهِ جُزْءًا لِّإِنَّا أَهْلُ نَسَانٍ لِّكُفُورٍ مُّبِينٍ ﴿١٦﴾

أَوَاتَّخَذَ مِمَّا يَخْلُقُ بَنَاتٍ وَأَصْفَاكُمْ بِالْبَنَاتِ ﴿١٧﴾

وَإِذَا بُشِّرَ أَحَدُهُمْ بِمَا ضَرَبَ لِلرَّحْمَنِ مَثَلًا ظَلَّ وَجْهُهُ مُسْوَدًّا وَهُوَ كَظِيمٌ ﴿١٨﴾

أَوْ مَن يُنثَوُا فِي الْحَيَاةِ وَهُوَ فِي الْخِصَامِ غَيْرُ مُبِينٍ ﴿١٩﴾

وَاجْعَلُوا الْمَلٰٓئِكَةَ الَّذِينَ هُمْ عِبْدُ الرَّحْمٰنِ اِنۡتَآءًا لِّاَشۡهَدُوۡا خَلۡقَهُمْ ؕ سَتُكۡتَبُ شَهَادَتُهُمْ وَ يُسۡعَلُوۡنَ ﴿٢٠﴾

وَقَالُوا لَوۡ شَاءَ الرَّحْمٰنُ مَا عَبَدۡنَهُمْ ؕ مَا لَهُمۡ بِذٰلِكَ مِنۡ عِلۡمٍ ؕ اِنۡ هُمۡ اِلَّا يَخۡرُصُوۡنَ ﴿٢١﴾

اَمۡ اَتٰتِيۡنَهُمۡ كِتٰبًا مِّنۡ قَبۡلِهٖ فَهُمۡ بِهٖ مُّسۡتَمۡسِكُوۡنَ ﴿٢٢﴾

بَلۡ قَالُوۡا اِنۡنَا وَجَدۡنَا اٰبَآءَنَا عَلٰٓى اٰتٍ وَّاِنۡنَا عَلٰٓى اٰثَرِهِمۡ مُّهۡتَدُوۡنَ ﴿٢٣﴾

وَكَذٰلِكَ مَا اَرْسَلۡنَا مِنۡ قَبۡلِكَ فِيۡ قَدِيۡمٍ مِّنۡ تَزۡوِيۡرٍ اِلَّا قَالۡ مُثۡرُوۡهُۡا اِنَّا

nti: Mazima twasanga ne bakitaffe balina enzikiriza *yaabwe* era naffe tugoberera buwufu bwabwe.

25. *Omubaka waabwe* yagambanga nti: Abaffe, ne bwe mba nga mbaleetedde obulung'amu obusinga kw'ebyo bye mwasangako bakitammwe? Baddamu nti: Mazima ffe bye mutumiddwa na byo tubigaanidde ddala.

26. Kale twabesasulizaako. Kale laba enkomerero y'abaalimbisa *obubaka* nga bwe yali *embi!*

Ruku 3

27. Era *jjukira* nga Ibrahimu bwe yagamba kitaawe n'abantu be nti: Mazima nze ndi wala nnyo n'ebyo bye musinza,

28. Okuggyako Oyo eyantonda; kale ddala Ye ajja kunning'anya.

29. Era yakifuula ekigambo eky'okusigalawo mu bazzukulu be, balyooke badde *eri Allah*.

30. Wewaawo abo nabeeyagazaamu ne bakitaabwe okutuusa amazima lwe gaabatuukako n'Omubaka ow'olwaatu.

31. Naye amazima bwe gaabatuukako, baagamba nti: Buno bulogo, era ddala ffe tetubukkiriza.

32. Era baagamba nti: Lwaki Kur'ani eno teyassibwa ku muntu omukulu ennyo mu bibuga ebibiri?

33. Abaffe, *kati* bo be baagala n'okugaba okusaasira kwa Mukama wo? Ffe tubagabira ebyetaago by'obulamu bwabwe mu bulamu bw'oku nsi netusitula n'abamu mu bo ku bannaabwe mu madaala, okukkakkana nga abamu mu bo bafudde bannaabwe abanyoomofu. Era okusaasira kwa Mukama wo kwe kusinga ebyo bye bakung'aanya.

34. Era singa tekyali nti abantu bonna baalibadde ba ngeri emu, mazima twaliwadde abo abatakkiriza *Allah* Ow'ekisa ekingi obusolya bw'enju zaabwe nebuba bwa ffeeza, n'amadaala agaziriko kwe balinnyira nga *nago ga ffeeza*;

35. N'enzi z'ennyumba zaabwe n'ebitanda kwe bagalamira *nabyo byalibadde bya ffeeza*,

وَجَدْنَا آبَاءَنَا عَلَىٰ أُمَّةٍ وَإِنَّا عَلَىٰ آثَرِهِمْ مُّقْتَدُونَ ﴿٢٤﴾

قُلْ أَوَلَمْ يُجِئِكُمْ يَٰهُدَىٰ وَمِمَّا وَجَدْتُمْ عَلَيْهِ آبَاءَكُمْ قَالُوا إِنَّا بِمَا أُرْسِلْتُمْ بِهِ كَافِرُونَ ﴿٢٥﴾

فَانتَقَمْنَا مِنْهُمْ فَانظُرْ كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الْمُكذِبِينَ ﴿٢٦﴾

وَإِذْ قَالَ إِبْرَاهِيمُ لِأَبِيهِ وَقَوْمِهِ إِنَّنِي بَرَاءٌ وَمِمَّا تَعْبُدُونَ ﴿٢٧﴾

إِلَّا الَّذِي فَطَرَنِي فَإِنَّهُ سَيَهْدِينِ ﴿٢٨﴾

وَجَعَلْنَا كَيْمَتَهُ بَاقِيَةً فِي عَقْبِهِ لَعَلَّهُمْ يُرْجَعُونَ ﴿٢٩﴾

بَلْ مَتَّعْتُ هَؤُلَاءَ وَآبَاءَهُمْ حَتَّىٰ جَاءَهُمُ الْحَقُّ وَرَسُولٌ مُّبِينٌ ﴿٣٠﴾

وَلَمَّا جَاءَهُمُ الْحَقُّ قَالُوا هَذَا سِحْرٌ وَإِنَّا بِهِ كَافِرُونَ ﴿٣١﴾

وَقَالُوا لَوْلَا نُزِّلَ هَذَا الْقُرْآنُ عَلَىٰ رَجُلٍ مِّنَ الْقُرْآنِيِّينَ عَظِيمٍ ﴿٣٢﴾

أَهُمْ يَفْهَمُونَ رَحْمَتَ رَبِّكَ ۗ تَخُنَّ قَسَمْنَا بَيْنَهُمْ مَّوَجِهَاتِهِمْ فِي الْحَيَاةِ الدُّنْيَا ۗ وَقَفْنَا بِبَعْضِهِمْ فَوْقَ بَعْضٍ دَرَجَاتٍ لِّيَتَّخِذَ بَعْضُهُمْ بَعْضًا سُخْرِيًّا ۗ وَرَحْمَتُ رَبِّكَ خَيْرٌ مِّمَّا يَجْمَعُونَ ﴿٣٣﴾

وَلَوْ كَرِهَ آءَن يَكُونُ النَّاسُ أُمَّةً وَاحِدَةً لَّجَعَلْنَا لِمَن يَكْفُرُ بِالرَّحْمَنِ لِيُؤْتِيَهُمْ سُقْفًا مِّنْ فُضَّةٍ ۗ وَتَعَارِجَ عَلَيْهَا يَظْهَرُونَ ﴿٣٤﴾

وَلِيُؤْتِيَهُمْ آبَآؤًا ۗ وَسُرُرًا عَلَيْهَا يَتَّقُونَ ﴿٣٥﴾

36. Ne zaabu. Naye ebyo byonna si kirala wabula bya kweyagala kwa bulamu bwa nsi, naye byo eby'enkomerero ebiri eri Mukama wo by'abo abatya Allah.

وَرُحُرُقًا وَرَانَ كُلَّ ذَلِكَ لَكَا مَتَاعًا
الْحَيَاةَ الدُّنْيَا وَالْآخِرَةَ عِنْدَ
رَبِّكَ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٣٦﴾

Ruku 4

37. Era oyo akuba amabega eri okujjukira Allah Omusaasizi ennyo, tumuteekako Sitaani n'aba munywanyi we.

وَمَنْ يَخْشُ عَنِ ذِكْرِ الرَّحْمَنِ نُقِيضْ
لَهُ شَيْطَانًا فَهُوَ لَهُ قَرِينٌ ﴿٣٧﴾

38. Era ddala bo ba Sitaani be babaziyiza mu kkubo Iya Allah, naye bo nga balwooza nti ddala balung'amiziddwa.

وَرَأَتْهُمُ لِيَصِدُّوهُمْ عَنِ السَّبِيلِ وَ
يَخْسَبُونَ أَنَّهُمْ مُهْتَدُونَ ﴿٣٨﴾

39. Okutuusa oyo lw'alijja gye tuli n'agamba munywaanyi we nti: O! Kale singa wakati wange naawe waali weesudde nga ebugwanjuba n'ebugwanjuba! Abaffe, nga oyo wa mukwano mubi nnyo!

حَتَّىٰ إِذَا جَاءَ تَا قَالَ يَلَيْتَ بَيْنِي وَبَيْنَكَ
بُخْدَ الْمَشْرِقَيْنِ فَيَتَمَسَّ الْقَرْيُنُ ﴿٣٩﴾

40. Era baligambibwa nti: Ddala okubeera kwammwe obumu mu kibonerezo olwa leero tekujja kubagasa okuva lwe mwayonoona.

وَلَنْ يَنْفَعَكُمُ الْيَوْمَ إِذْ ظَلَمْتُمْ أَنَّكُمْ
فِي الْعَذَابِ مُشْتَرِكُونَ ﴿٤٠﴾

41. Abaffe, ggwe oyinza okuwuliza kiggala oba okulaga muzibe oba oyo ali mu bubuze obw'olwaatu?

أَفَأَنْتَ تُسْمِعُ الصُّمَّ أَوْ تَهْدِي الْعُمْيَ
وَمَنْ كَانَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٤١﴾

42. Kale ggwe ne bwe tukuggyawo, ddala era tulyesasuzwa ku bo,

فَمَا نَزَلْنَاهُ بِكَ فَأَنَّا مِنْهُمْ
مُتَتَقِمُونَ ﴿٤٢﴾

43. Oba ne bwe tukulaga kw'ebyo bye twabasuubiza, era mazima Ffe tulina obuyinza obujjuvu ku bo.

أَوْ نُرِيَّتَكَ الَّذِي وَعَدْنَاهُمْ فَإِنَّا
عَلَيْهِمْ مُقْتَدِرُونَ ﴿٤٣﴾

44. Kale ggwe nywerera kw'ebyo ebya-kubikkulirwa. Mazima ggwe oli ku kkubo ggolokofu.

فَاسْتَمْسِكْ بِالَّذِي أُوحِيَ إِلَيْكَ فَإِنَّكَ
عَلَىٰ صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ ﴿٤٤﴾

45. Era ddala Kur'ani eno ky'Ekijjukiza gy'oli n'eri abantu bo, era ddala muli ba kubuuzibwa.

وَرَأَتْهُ لَذِكْرُكَ وَآيَاتِكَ وَسَوْفَ
يُنصَرُونَ ﴿٤٥﴾

46. Era weebuuze ku Babaka baffe be twatuma olubereberye lwo. Abaffe, twassawoko abalala ebwali wa Allah Omusaasizi ennyo basinzibwenga?

وَسَأَلَ مَنْ أَرْسَلْنَا مِنْ قَبْلِكَ مِنْ
رُسُلِنَا أَجَعَلْنَا مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ آلِهَةً
يُشْرِكُونَ ﴿٤٦﴾

Ruku 5

47. Era ddala twatuma Musa n'obubonero bwaffe eri Farāwo n'abakungu be, kale n'agamba nti: Nze ndi Mubaka w'Omulezi w'ebitonde byonna.

وَلَقَدْ أَرْسَلْنَا مُوسَىٰ بِآيَاتِنَا إِلَىٰ فِرْعَوْنَ
وَمَلَائِكِهِ فَقَالَ إِنِّي رَسُولُ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٧﴾

48. Kale awo bwe yajja gye bali n'obubonero bwaffe, okwejuukiriza nga babusekerera busekerezi.

فَلَمَّا جَاءَهُمْ بِآيَاتِنَا إِذَا هُمْ مِنْهَا
يَضْحَكُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era tetwabalaga kabonero konna wabula nga ko kasinga ku kannaako, era twabakangavvula n'ekibonerezo, balyooke badde gye tuli.

وَمَا نُؤْتِيهِمْ مِنْ آيَةٍ إِلَّا هِيَ أَكْبَرُ مِنْ أُخْرَاهَا وَأَخَذْنَاهُمْ بِالْعَذَابِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٤٩﴾

50. Era baagambanga nti: Owange ggwe omulogo, tusabire eri Mukama wo ng'osinziira kw'ebyo bye yakusuubiza, mazima ddala naffe tujja kulung'ama.

وَقَالُوا يَا أَيُّهَا السَّحَرُ ادْعُ لَنَا رَبَّكَ بِمَا عَهِدَ عِنْدَكَ إِنَّنَا لَمُهْتَدُونَ ﴿٥٠﴾

51. Naye bwe twabaggyangako ekibonerezo, amang'ago nga beefuula.

فَلَمَّا كَشَفْنَا عَنْهُمْ الْعَذَابَ إِذَا هُمْ يَنْكُتُونَ ﴿٥١﴾

52. Era Farāwo yalangirira mu bantu be n'agamba nti: Abange bantu bange! Ddala obwakabaka bwa Misiri si bwange, na gino si migga egikulukuta wansi wange? Abaffe, temulaba?

وَتَأْدَى فِرْعَوْنُ فِي قَوْمِهِ قَالَ يُقَوْمِ أَلَيْسَ لِي مُلْكُ مِصْرَ وَهَذِهِ الْأَنْهَارُ تَجْرِي مِن تَحْتِي مِنْ تَحْتِي هَ أَفَلَا تُبْصِرُونَ ﴿٥٢﴾

53. Abaffe, si nze nsinga ono omunyoo-moofu atasobola na kunnyonnyola bulungi?

أَمْ أَنَا خَيْرٌ مِنْ هَذَا الَّذِي هُوَ مَوْهِنٌ ۗ وَلَا يَكَادُ يُبِينُ ﴿٥٣﴾

54. Olwo lwaki teyaweebwa bikomo bya zaabu oba ba malayika okujja awamu naye ?

فَلَوْلَا أَلْقَيْتَ عَلَيْهِمْ آسُورَةً ۖ مِنْ ذَهَبٍ أَوْ جَاءَ مَعَهُ الْمَلَائِكَةُ مُقْتَرِنِينَ ﴿٥٤﴾

55. Kale bw'atyo yasiruwaza abantu be nebamugondera. Ddala baali bantu boonofu.

فَاسْتَحَفَّ قَوْمَهُ فَاطَّاعُوهُ وَإِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٥٥﴾

56. Kale bwe baatusunguwaza, twesasuzza gye bali netubasaanyawo bonna.

فَلَمَّا اسْفُوتَا انْتَقَمْنَا مِنْهُمَا فَأَغْرَقْنَاهُمْ أَجْمَعِينَ ﴿٥٦﴾

57. Olwo netubafuula abaayita, nebaba kya kulabirako eri ab'oluvannyuma.

فَجَعَلْنَاهُمْ سَلَفًا وَمَثَلًا لِلْآخِرِينَ ﴿٥٧﴾

Ruku 6

58. Era awo Mutabani wa Maryamu bw'aleetebwa ng'ekyokulabirako, amangw'ago abantu bo bakikubira encaakaali,

وَلَمَّا ضُرِبَ ابْنُ مَرْيَمَ مَثَلًا إِذَا قَوْمُكَ مِنْهُ يَصِدُّونَ ﴿٥٨﴾

59. Nga bagamba nti: Abaffe, bakatonda baffe be basinga oba ye? Ekyo tebakikugamba wabula lwa kuwakanya. Ddala bo bantu bawakanyi.

وَقَالُوا يَا أَلَيْهَتَنَا خَيْرٌ أَمْ هُوَ مَا ضَرَبُوهُ لَكَ إِلَّا جَدَلًا بَلْ هُمْ قَوْمٌ خَصِمُونَ ﴿٥٩﴾

60. Ddala ye si mulala wabula muweereza gwe twawa ebyengera era netumufuula eky'okulabirako eri abaana ba Isirairi.

إِنَّ هُوَ إِلَّا عَبْدٌ أَنْعَمْنَا عَلَيْهِ وَجَعَلْنَاهُ مَثَلًا لِبَنِي إِسْرَائِيلَ ﴿٦٠﴾

61. Era singa twayagala, twalikoze mu mmwe ba malayika nebaba abasika mu nsi.

وَلَوْ تَشَاءُ لَجَعَلْنَا مِنْكُمْ مَلَائِكَةً فِي السَّمَاءِ يَخْلُقُونَ ﴿٦١﴾

62. Era ddala yo kwe kumanyisa kw'E-ssaawa. Kale temubuusabuusa ku yo, era mungoberere. Lino ly'ekkubo eggolokofu. وَلَا يَصُدُّكُمْ الشَّيْطَانُ إِنَّهُ لَكُمْ عَدُوٌّ مُّبِينٌ ﴿١٦﴾

63. Era Sitaani tabaziyizanga, mazima ye mulabe wa lwaatu gye muli. وَلَمَّا جَاءَ عِيسَىٰ بِالْبَيِّنَاتِ قَالَ قَدْ جِئْتُكُمْ بِالْحِكْمَةِ وَرَأْسُ الْبَيْتِ لَكُمْ بَعْضَ الَّذِي تَخْتَلَفُونَ فِيهِ فَاتَّقُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا أَمْرًا مَّا تَرْضَوْنَ ۗ إِنَّ اللَّهَ هُوَ رَبُّكُمْ فَاعْبُدُوهُ ۗ هَذَا صِرَاطٌ مُسْتَقِيمٌ ﴿١٥﴾

64. Era awo 'Isa bwe yajja gye bali n'obukakafu obw'olwaatu, yagamba nti: Mazima nzize gye muli n'ebyamagezi era mbannyonnyole n'ebimu kw'ebyo bye mutakiriziganyaamu. Kale mutye Allah, era mumpulire. هَلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا السَّاعَةَ أَنْ تَأْتِيَهُمْ بَغْتَةً وَهُمْ لَا يَشْعُرُونَ ﴿١٧﴾

65. Mazima Allah ye Mukama wange era ye Mukama wammwe, kale Ye gwe muba musinza. Lino ly'ekkubo eggolokofu. أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

66. Naye ebibiina byayawukanamu byokka na byokka. Kale zibasanze abo aboononyi olw'ekibonerezo ky'olunaku olulumya. أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

67. Abaffe, ate balindayo ki okuggyako Essaawa okubatuukako ekibwatukira nga tebategedde. أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

68. Ab'emikwano kw'olwo baliba balabe eri bokka na bokka, okuggyako abatya Allah. أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

Ruku 7

69. Allah aligamba nti: Abange mmwe abaweereza bange, tewali kutya kwonna ku mmwe olwa leero, wadde temujja kuna-kuwala; أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

70. Mmwe abakkiriza Aya zaffe era abaali abajeemulukufu, أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

71. Kale muyingire mu Janna, mmwe ne be mwafumbiriganwa nabo, mujja kusanyusi-bwa nnyo. أَلَا خَلَاءُ يَوْمَئِذٍ بِمَعْضُكُم بَعْضٌ ۚ عَذَابٌ أَزْوَاجُكُمْ ۗ ﴿١٨﴾

43:62. Wano ekigambo (أَنْسَاءُ) 'Essaawa' kisaana kutwalibwa mu makulu agali mu 54:2. Enkyuukakyuuka mu bulamu bw'omuntu ezaalangibwa zaatuukirira n'okujja kwa Nabbi Muhammad (s.a.w.) era z'eziyitibwa (أَنْسَاءُ) Assaa'at'. Okwabika kw'omwezi kujulirwa nga akabonero akalaga enkyuukakyuuka ezaali zijja okubaawo mu by'omwoyo. Singa wano kitwalibwa nti 'Isa (a.s.) 'Kwe kumanyi sa kw'essaawa', nga abamu bwe balowooza, olwo Aya eno eba eranga kujja kwa Masih Eyalagaanyizibwa (a.s.) eyajja mu linnya lya 'Isa (a.s.) awamu n'enkyuukakyuuka ezijja okubaawo mu by'omwoyo.

72. Balyetoolozebwamu essowaani n'ebikopo ebya zaabu, era mu byo mulibaamu buli emyoyo bye giryagala n'ebisanyusa amaaso, era mmwe omwo mwe mulibeera. **يُطَافُ عَلَيْهِمْ بِصَفَافٍ مِنْ ذَهَبٍ وَ أَكْوَابٍ حَوْسٍ فِيهَا مَا تَشْتَهُيُوا مِنَ الْأَنْفُسِ وَ تَلَذُّ الْأَعْيُنُ وَ أَنْتُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿٧٦﴾**

73. Era eno y'e Janna gye musikizibbwa olw'ebyo bye mwakolanga. **وَ تِلْكَ الْجَنَّةُ الَّتِي أُورِثْتُمُوهَا بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٧٧﴾**

74. Mulifuniramu ebibala nfaafa, ku byo kwe munaalya. **كُلَّمَا فِيهَا فَاكِهَةٌ كَثِيرَةٌ مِنْهَا تَأْكُلُون ﴿٧٨﴾**

75. Mazima aboononyi mu kibonerezo ky'omuliro mwe balibeera. **إِنَّ الْمُجْرِمِينَ فِي عَذَابٍ جَهَنَّمَ خَالِدُونَ ﴿٧٩﴾**

76. Tekiribakendeerezebwako, era mu gwo mwe baliggyerwamu essuubi. **لَا يُفَتَّرُ عَنْهُمْ وَهُمْ فِيهِ مُبْلِسُونَ ﴿٨٠﴾**

77. Era tetwabalyazaamaanya, naye bo be baali abalyazaamaanyi. **وَ مَا ظَلَمْنَاهُمْ وَ لَكِنْ كَانُوا هُمُ الظَّالِمِينَ ﴿٨١﴾**

78. Era balikoowola nti: Ayi omukuumi w'omuliro, *tusabire* Mukama wo *waakiri* atutte! Aliddamu nti: Ddala mulina kubera-erawo. **وَ نَادَوْا بِمَلِكٍ لِيَقْضِيَ عَلَيْنَا رَبَّنَا ۗ قَالَ إِنَّكُمْ مَا كَانْتُمْ ﴿٨٢﴾**

79. *Aligamba nti*: Ddala twabaleetera amazima; naye abasinga obungi mu mmwe amazima baagakyawa. **لَقَدْ جِئْتُمْ بِالْحَقِّ وَ لَكِنَّ أَكْثَرَكُمْ لِلْحَقِّ كَرِهُونَ ﴿٨٣﴾**

80. Abaffe, bamaliridde ku nsonga *yaabwe*? Kale ddala naffe tumaliridde. **أَمْ أَمْرًا مَوْأَمَرًا فَإِنَّا مُبْرَمُونَ ﴿٨٤﴾**

81. Abaffe, balowooza nti Ffe tetuwulira byaama byabwe n'enkiiko zaabwe ez'enkukutu? Ddala Ababaka baffe bali wamu nabo, bawandiika *buli kimu*. **أَمْ يَحْسَبُونَ أَنَّا لَا نَسْمَعُ سِرَّهُمْ وَ نَجْوَاهُمْ ۗ بَلَى ۗ وَ رُسُلْنَا لَدَيْهِمْ يَكْتُبُونَ ﴿٨٥﴾**

82. Gamba nti: Singa *Allah* Omusaasizi ennyo yalina omwana, kale nze nnaalibadde omubereberye mu bamusinza. **قُلْ إِنْ كَانَ لِلرَّحْمَنِ وَ لَدَى قَاتَا أُولُ الْعُرِيِّينَ ﴿٨٦﴾**

83. Omutuukirivu ye *Allah* Mukama w'eggulu n'ensi, Nannyini Nnamulondo, ali waggulu w'ebyo bye boogera. **سُبْحَانَ رَبِّ السَّمَاوَاتِ وَ الْأَرْضِ رَبِّ الْعَرْشِ عَمَّا يَصِفُونَ ﴿٨٧﴾**

84. Kale ggwe baleke babalaate era bazannye okutuusa lwe balisisinkana n'olunaku lwabwe olwo olw'abasuubizibwa. **فَذَرَهُمْ يَخْضِبُونَ وَ يَلْعَبُونَ حَتَّى يُلْقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي يُوعَدُونَ ﴿٨٨﴾**

85. Era Ye ye Katonda mu ggulu era ye **وَ هُوَ الَّذِي فِي السَّمَاءِ إِلَهٌ وَ فِي الْأَرْضِ**

Katonda mu nsi; era Ye ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

86. Era nannyini mikisa y'Oyo Nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi, era n'okumanya kw'Essaawa kuli gy'ali, era gy'ali gye mulizzibwa.

87. Era abo be basaba ebbali we (Allah), tebalina buyinza kuwolereza yenna, okuggyako oyo awa obujulizi obw'amazima, era nabo bamumanyi.

88. Era bw'obabuuza : Ani yabatonda ? Ddala bajja kugamba nti: Allah. Kale ate bawugulwa batya?

89. Era njuliza okwogera kwe nti: Mukama wange, ddala bano be bantu abatakkiriza.

90. Kale baleke era ogambe nti: Mirembe. Naye mangu nnyo bajja kumanya.

إِلَهُهُ وَهُوَ الْحَكِيمُ الْعَلِيمُ ﴿٨٥﴾

وَتَبَارَكَ الَّذِي لَهٗ مُلْكُ السَّمٰوٰتِ
وَٱلْأَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا ۗ وَعِنْدَهُ عِلْمُ
ٱلسَّاعَةِ ۗ وَإِلَيْهِ تُرْجَعُونَ ﴿٨٦﴾

وَلَا يَمْلِكُ ٱلَّذِينَ يَدْعُونَ مِن
دُونِهِ ٱلشَّفَاعَةَ إِلَّا مَن شَهِدَ بِٱلْحَقِّ
وَهُمْ يَعْلَمُونَ ﴿٨٧﴾

وَلَيِّنَ سَأَلْتَهُم مِّنْ خَلْقِهِمْ
كَيْقُولَنَّ ٱللَّهُ فَاَنَّىٰ يُؤْفَكُونَ ﴿٨٨﴾

وَقِيلِهِ يَرْبِّ إِنَّا هَؤُلَاءِ قَوْمٌ لَّا
يُؤْمِنُونَ ﴿٨٩﴾

فَاصْفَحْ عَنْهُمْ وَقُلْ سَلَّمَ ۗ فَسَوْفَ
يَعْلَمُونَ ﴿٩٠﴾

17. Olunaku lwe tulivumbagira oluvumbagira olunene, mazima tulyesasuzu.

يَوْمَ تَبْطِشُ الْبَطْشَةَ الْكُبْرَىٰ جَإِنًا
مُنْتَقِمُونَ ﴿١٧﴾

18. Era ddala n'olubereberye lwabwe twagezesa abantu ba Farāwo era nebajjirwa Omubaka ow'ekitiibwa.

وَلَقَدْ فَتَنَّا قَبْلَهُمْ قَوْمَ فِرْعَوْنَ وَ
جَاءَهُمْ رَسُولٌ كَرِيمٌ ﴿١٨﴾

19. N'agamba nti: Mumpe nze abantu ba Allah. Mazima nze Mubaka omwesigwa gye muli,

أَن آدُوا إِلَيَّ عِبَادَ اللَّهِ لِإِنِّي لَكُمْ
رَسُولٌ آمِنٌ ﴿١٩﴾

20. Era temwekulumbaliza ku Allah. Mazima mbaaleetede n'obukakafu obw'olwaatu.

وَأَن لَّا تَعْلَمُوا عَلَى اللَّهِ مِنِّي
أَمْرٌ كُمْ بِسُلْطَانٍ مُّبِينٍ ﴿٢٠﴾

21. Era ddala neewogoma eri Mukama wange era Mukama wammwe, muleme kunkuba mayinja

وَأِنِّي عُذْتُ بِرَبِّي وَرَبِّكُمْ أَن
تَرْجُمُونِ ﴿٢١﴾

22. Era obanga temunzikirize, kale munve-eko.

وَأَن لَّمْ تُوْمِنُوا لِي فَاغْتِزِلُونِ ﴿٢٢﴾

23. Kale yasaba Mukama we, nti: Mazima bano bantu boononyi.

فَدَعَا رَبَّهُ أَنَّ هَؤُلَاءِ قَوْمٌ مُّجْرِمُونَ ﴿٢٣﴾

24. Allah n'agamba nti: Kale twala abaweereza bange ekiro, naye ddala mujja kuwonderwa.

فَأَسْرِ بِعَبَادِي لَيْلًا إِنَّكُمْ مُّتَّبِعُونَ ﴿٢٤﴾

25. Era somoka ennyanja ng'oyita ku bugulumu, mazima bo ly'eggye erijja okusaa-nyizibwawo.

وَأَثَرِكُ الْبَحْرِ زَهَابًا لِتَهُمُ جُنْدٌ
مُّغْرَقُونَ ﴿٢٥﴾

26. Ensuku mmeka aba Farāwo ze baaleka n'ensulo!

كَمْ تَرَكَوْا مِن جَنَّتٍ وَعَيْوُنٍ ﴿٢٦﴾

27. N'ennimiro n'ebifo eby'ekitiibwa!

وَدُدُوعٍ وَمَقَارٍ كَرِيمٍ ﴿٢٧﴾

28. N'ebyangera ebya buli ngeri bye baalingamu nga beeyagala!

وَتَعَمَّةٍ كَانُوا فِيهَا فِكْمِينٍ ﴿٢٨﴾

29. Kyalina kuba kityo. Era byonna twabikiza abantu abalala.

كَذَلِكَ تَدُورُنَّ وَأُورَفْنَاهَا قَوْمًا آخَرِينَ ﴿٢٩﴾

30. Naye eggulu n'ensi tebyabakaabira era tebaaweebwa kaagaanya.

فَمَا يَكْتُبُ عَلَيْهِمُ السَّمَاءُ وَالْأَرْضُ وَ
مَا كَانُوا مُنظَرِينَ ﴿٣٠﴾

Ruku 2

31. Era ddala twawonya abaana ba Isirairi ekibonerezo ekiswaaza

وَلَقَدْ نَجَّيْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ مِنَ
الْعَذَابِ الْمُهِينِ ﴿٣١﴾

32. Okuva eri Farāwo. Mazima yali mwekuluntazi nga ali mw'abo abasukkiridde obubi.

مِن فِرْعَوْنَ إِنَّهُ كَانَ عَلِيًّا مِّنَ
الْمُشْرَفِينَ ﴿٣٢﴾

33. Era ddala twabalonda mu bantu b'ekiseera ekyo nga tumanyi.

وَلَقَدْ اخْتَرْنَاهُمْ عَلَىٰ عِلْمٍ عَلَى
الْعَالَمِينَ ﴿٣٣﴾

34. Era netubawa obubonero obwalimu okugezesa okw'olwaatu. **وَآتَيْنَهُم مِّنَ الْآيَاتِ مَا فِيهِ بَلَاءٌ مُّبِينٌ ٣٤**

35. Mazima na bano bagamba nti: **إِنَّ هَؤُلَاءِ لَيَقُولُونَ ٣٥**

36. Teri kirala okuggyako okufa kwaffe okusooka, era tetulizuukizibwa. **إِنَّ هِيَ إِلَّا مَوْتَتُنَا الْأُولَىٰ وَمَا نَحْنُ بِمُنشَرِينَ ٣٦**

37. Kale muleete bakitaffe, obanga mwogera mazima. **فَاتُوا بِآبَائِنَا إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ٣٧**

38. Abaffe, bo be basinga obulungi oba abantu b'e Tubba' n'abo abaabasooka? Twabazikiriza kuba ddala baali boonoonyi. **أَهُمْ خَيْرٌ أَمْ قَوْمُ تُبَّعٍ ۗ وَالَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ أَهْلُكُنْهُمُ زَلَّتْهُمْ كَانُوا مُجْرِمِينَ ٣٨**

39. Era tetwatonda ggulu na nsi n'ebiri wakati wa byombi nga tuzannya buzannyi. **وَمَا خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا بَيْنَهُمَا لِيُبِينا ٣٩**

40. Tetwabitonda byombi wabula lwa nsonga, naye era abasinga obungi mu bo tebamanyi. **مَا خَلَقْنَاهُمَا إِلَّا بِالْحَقِّ وَلَكِن أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ٤٠**

41. Mazima olunaku lw'okulamula ky'ekise- era kyabwe ekyabategekerwa bonna, **إِنَّ يَوْمَ الْفُضْلِ مِيقَاتُهُمْ أَجْمَعِينَ ٤١**

42. Lwe lunaku ow'omukwano lw'ataligasa wa mukwano mu kyonna, wadde tebaliyambi-bwa, **يَوْمَ لَا يُغْنِي مَوْلًى عَنْ مَوْلٍ شَيْئًا وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ٤٢**

43. Okuggyako oyo Allah gw'alisaasira. Mazima Ye, ye Luwangula, Ow'ekisa ekingi. **إِلَّا مَن رَّحِمَ اللَّهُ إِنَّهُ هُوَ الْعَزِيزُ الرَّحِيمُ ٤٣**

Ruku 3

44. Mazima omuti gwa Zaqqūmi, **إِنَّ شَجَرَتَ الرَّقُومِ ٤٤**

45. Y'eriba emmere y'omwonoonyi. **طَعَامُ الْأَثِيمِ ٤٥**

46. Guliba ng'ekikomo ekisaanuuse, nga gweserera mu mbuto, **كَأَنَّهُمْ فِي الْبُطُونِ ٤٦**

47. Ng'olweje bwe lwesera. **كَغَلِي الْحَمِيمِ ٤٧**

48. Kirigambibwa nti: Mumukwate mumu- walulire wakati w'omuliro ogubumbujja. **خَذُوهُ فَاعْتَلُوهُ إِلَىٰ سَوَاءِ الْجَحِيمِ ٤٨**

49. N'oluvannyuma mufuke ku mutwe gwe ekibonerezo ky'olweje. **ثُمَّ صَبُّوا قَوْقَ رَأْسِهِ مِن عَذَابِ الْحَمِيمِ ٤٩**

50. Lozaako! Anti mbu ggwe w'amaanyi ennyo ow'ekitiibwa. **ذُقْ إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ الْكَرِيمُ ٥٠**

51. Mazima kino ky'ekyo kye mwali mu- buusuabuusa. **إِنَّ هَذَا مَا كُنْتُمْ بِهِ تَمْتَرُونَ ٥١**

52. Mazima abatya Allah be baliba mu kifo ky'emirembe, **إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي مَقَامِ آمِينَ ٥٢**

53. Mu nsuku n'ensulo, فِي جَنَّتٍ وَعَيْوُنٍ ﴿٥٣﴾
54. Nga bambadde liiri ow'oluwewere ne liiri omuzito, nga boolekaganye. يَلْبَسُونَ مِنْ سُندُسٍ وَإِسْتَبْرَقٍ مُتَقَابِلِينَ ﴿٥٤﴾
55. *Ddala kiriba* bwe kityo era tulibafumbiza abakyala amakula, ab'amaaso ag'endege. كَذَلِكَ تَفَرَّقَ جُنُودُهُمْ يُحْورِ عَيْنِينَ ﴿٥٥﴾
56. Balisabiramu ebibala ebya buli ngeri nga bali ntende. يَذْعُونَ فِيهَا بِكُلِّ قَاكِمَةٍ أُمِينِينَ ﴿٥٦﴾
57. Tebalikomberamu ku kufa, okuggyako okufa okwasooka. Era alibawonya ekibone-rezo ky'omuliro ogubumbujja, لَا يَذُوقُونَ فِيهَا الْمَوْتَ إِلَّا الْمَوْتَةَ الْأُولَىٰ وَوَقَّعَهُمْ عَذَابَ الْجَحِيمِ ﴿٥٧﴾
58. Nga gwe mukisa oguva eri Mukama wo. Okwo nno kwe kuwangula okusuffu. فَضْلًا مِنْ رَبِّكَ ۗ ذَٰلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿٥٨﴾
59. Mazima *Kur'āni* twagigonza mu lulimi lwo balyooke bejjukanye. فَإِنَّمَا يَسَّرْنَاهُ بِلِسَانِكَ لَعَلَّهُمْ يَتَذَكَّرُونَ ﴿٥٩﴾
60. Kale lindirira, ddala nabo balindiridde. فَازْتَقِبْ إِنَّهُمْ مُرْتَقِبُونَ ﴿٦٠﴾

AL-JĀTHIYAH

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Hā Mīm.*

حَمِّمٌ ②

3. Okubikkulirwa kw'Ekitabo kino kwaviira ddala eri Allah, Luwangula, Omugezi ennyo.

تَنْزِيلَ الْكِتَابِ مِنَ اللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ③

4. Mazima mu ggulu ne mu nsi ddala mulimu obubonero eri abakkiriza.

إِنَّ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ لَآيَاتٍ لِّمُؤْمِنِينَ ④

5. Ne mu kutondebwa kwammwe ne mw'ebyo ebirina obulamu bye yabunya wonna, mulimu obubonero eri abantu abalina obukakafu.

وَ فِي خَلْقِكُمْ وَمَا يَبُتُّ مِنْ دَابَّتِهِ آيَاتٍ لِّقَوْمٍ يُوقِنُونَ ⑤

6. Ne mu kukuukakuyuuka kw'ekiro n'emisana, ne mw'ebyo ebigabibwa Allah by'assa okuva waggulu n'abiramusisa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo, ne mu kukuukakuyuuka kw'empewo, mulimu obubonero eri abantu abakozesa amagezi.

وَ اِخْتِلَافِ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَمَا أَنْزَلَ اللَّهُ مِنَ السَّمَاءِ مِنْ رِزْقٍ فَأَخْبَا بِهِنَّ الْأَرْضَ بَعْدَ مَوْتِهَا وَ تَصْرِيفِ الرِّيْحِ آيَاتٍ لِّقَوْمٍ يَعْقِلُونَ ⑥

7. Ezo nno ze Aya za Allah ze tukusomera mu butuufu. Kale ate kigambo ki kye balikkiriza oluvannyuma lw'okugaana Allah ne Aya ze?

تِلْكَ آيَاتُ اللَّهِ تَتْلُوهَا عَلَيْكَ بِالْحَقِّ فَيَأْتِي حَدِيثٌ بَعْدَ اللَّهِ وَ آيَاتِهِ يُؤْمِنُونَ ⑦

8. Zimusanze buli mulimba omwonoonyi,

وَ يَلِّ لِكُلِّ آقَالٍ آئِينَ ⑧

9. Awulira Aya za Allah nga zimusomerwa, naye n'agugubira ku bujeemu nga yekuluntaza, n'aba ng'ataziwulidde. Kale muwe amawulire g'ekibonerezo ekirumya.

بِسْمِ آيَاتِ اللَّهِ تُتْلَى عَلَيْهِ ثُمَّ يُصْرُّ مُسْتَكْبِرًا كَأَن لَّمْ يَسْمَعْهَا فَبَشِّرْهُ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ⑨

10. Era nga bw'abaako kyonna ky'ategedde ku Aya zaffe, akitwala nga eky'okubalata. Abo nno be balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

وَ إِذَا عَلِمَ مِنْ آيَاتِنَا شَيْئًا اتَّخَذَهَا هُزُوًا أُولَئِكَ لَهُمْ عَذَابٌ مُهِينٌ ⑩

11. Mu maaso gaabwe eribaayo omuliro. Ate bye baafuna tebiribagasa n'akatono wadde ebyo bye batwala ng'abakuumi ebbali wa Allah. Era balifuna ekibonerezo ekisuffu.

مِن وَرَائِهِمْ جَهَنَّمُ وَ لَا يُغْنِي عَنْهُمْ مَا كَسَبُوا شَيْئًا وَ لَا مَا اتَّخَذُوا مِنْ دُونِ اللَّهِ أَوْلِيَاءَ وَ لَهُمْ عَذَابٌ عَظِيمٌ ⑪

12. Buno bwe bulung'amu obw'amazima. Naye abo abatakkiriza Aya za Mukama

هَذَا هُدًى وَ الَّذِينَ كَفَرُوا يَا أَيَّتُ

waabwe balifuna ekibonerezo eky'engeri embi, ekirumya.

Ruku 2

13. Allah y'Oyo eyabagondeza ennyanja, ebyombo biryooke biseeyeeye ku yo olw'okulagira kwe era mulyooke munoonye emikisa gye era mulyooke mwebaze.

14. Era yabagondeza ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi, byonna nga biva gy'ali. Mazima mw'ekyo mulimu obubonero eri abantu abafumiitiriza.

15. Gamba abo abakkiriza basonyiwe abo abatatya kibonerezo kya nnaku za Allah, kale Allah alyooke اساسule abantu olw'ebyo bye baakolanga.

16. Oyo akola ekirungi, kale kigasa ye yennyini; n'oyo akola ekibi, kale kikosa ye. N'oluvannyuma eri Mukama wammwe gye mulizzibwa.

17. Era ddala twawa abaana ba Isirairi Ekitabo, n'obufuzi, n'obwa Nabbi, era netubawa ebirungi, netubasukkulumya ku bantu b'omulembe gwabwe.

18. Era twabawa ennyinyonnyola etegeerekeka ku tteeka. Naye tebaayawukanamu, wabula luvannyuma lwa kutuukibwako kumanya, olw'obuggya obwali wakati waabwe. Mazima Mukama wo aliramula wakati waabwe ku lunaku lw'okuzuukira mw'ebyo bye baali batakkiriziganyaamu.

19. N'oluvannyuma, ggwe twakussa ku bukakafu bw'Amateeka, kale gagoberere; era togobereranga kwagala kw'abo abatamanyi.

20. Mazima bo tebayinza kukugasa mu kyonna ku Allah. Era ddala aboononyi ba mukwano bokka na bokka; naye Allah ye Mukwano gw'abo abamutya.

21. Kur'ani eno bwe bukakafu obw'olwaatu eri abantu era bwe bulung'amu n'okusaasira eri abantu abalina okukakasa.

22. Abaffe, abo abakola ebibi balowooza nti tugenda kubayisa kyenkanyi ng'abo

رَبِّهِمْ لَهُمْ عَذَابٌ مِنْ رِجْزِ الْيَمِّ ﴿١١﴾

اللَّهُ الَّذِي سَخَّرَ لَكُمْ الْبَحْرَ لِتَجْرِيَ الْفُلُكُ فِيهِ بِأَمْرِهِ وَ لِيَتَّبِعُوا مِنْ فَضْلِهِ وَ لَعَلَّكُمْ تَشْكُرُونَ ﴿١٢﴾

وَ سَخَّرَ لَكُمْ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَ مَا فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا وَ إِنَّ فِي ذَلِكَ لَآيَاتٍ لِقَوْمٍ يَعْتَقِرُونَ ﴿١٣﴾

قُلْ لِلَّذِينَ آمَنُوا يَغْفِرُوا لِلَّذِينَ لَا يَرْجُونَ آيَاتَ اللَّهِ لِيَجْزِيَ قَوْمًا بِمَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٤﴾

مَنْ عَمِلَ صَالِحًا فَلِنَفْسِهِ ج وَ مِنْ أَسَاءَ فَعَلَيْهَا ثُمَّ إِلَىٰ رَبِّكُمْ تُرْجَعُونَ ﴿١٥﴾

وَ لَقَدْ آتَيْنَا بَنِي إِسْرَائِيلَ الْكِتَابَ وَ الْحُكْمَ وَ التَّوْرَةَ وَ رَزَقْنَاهُمْ مِنَ الطَّيِّبَاتِ وَ فَضَّلْنَاهُمْ عَلَى الْعَالَمِينَ ﴿١٦﴾

وَ آتَيْنَاهُمْ بَيِّنَاتٍ مِنَ الْأَمْرِ فَمَا اخْتَلَفُوا إِلَّا مِنْ بَعْدِ مَا جَاءَهُمُ الْعِلْمُ لَا نَبْغِي بِدِينِهِمْ إِلَّا رِيبًا يَفْضِي بَيْنَهُمْ يَوْمَ الْقِيَامَةِ فِيمَا كَانُوا فِيهِ يَخْتَلِفُونَ ﴿١٧﴾

ثُمَّ جَعَلْنَاكَ عَلَىٰ شَرِيعَةٍ مِنَ الْأَمْرِ فَاتَّبِعْهَا وَ لَا تَتَّبِعْ أَهْوَاءَ الَّذِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿١٨﴾

إِنَّهُمْ لَنْ يَغْنُوا عَنكَ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا وَ إِنَّ الظَّالِمِينَ بَعْضُهُمْ أَوْلِيَاءُ بَعْضٍ وَ اللَّهُ وَ لِيُّ الْمُتَّقِينَ ﴿١٩﴾

هَذَا بَصَائِرُ لِلنَّاسِ وَ هُدًى وَ رَحْمَةٌ لِقَوْمٍ يُوقِنُونَ ﴿٢٠﴾

أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ اجْتَرَحُوا السَّيِّئَاتِ أَنْ

abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, benkanenkane mu bulamu bwabwe ne mu kufa kwabwe? Okusalawo kwabwe nga kubi nnyo.

تَجْعَلُهُمْ كَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَسَوْءَ مَا يَحْكُمُونَ ٢٦

Ruku 3

23. Era Allah yatonda eggulu n'ensi mu butuufu, buli muntu alyooke اساسulwe olw'ebyo bye yakola; era tebaliryazaa-maanyizibwa.

وَخَلَقَ اللَّهُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ وَرَبُّنَا يَعْلَمُ سَائِرَ مَا يَحْكُمُونَ ٢٣

24. Abaffe, omulabye oyo atwala okwagala kwe nti ye katonda we, kale ne Allah n'amusalira nti abuze ng'ate amanyi *ekituufu*, era n'assa envumbo mu matu ge ne ku mutima gwe, era n'assa ku maaso ge ekibikka? Kale ate ani asobola okumulung'anya nga oggyeeko Allah? Abaffe, temufumiitiriza?

أَفَرَأَيْتَ مَنِ اتَّخَذَ إِلَهَهُ هَوَاهُ وَأَضَلَّهُ اللَّهُ عَلَى عِلْمِهِ وَحَتَمَ عَلَى سَمْعِهِ وَقَلْبِهِ وَجَعَلَ عَلَى بَصَرِهِ غِشَاوَةً فَمَنْ يَهْدِيهِ فَمَنْ يَضِلُّ ٢٤

25. Era bagamba nti: Ate ki okuggyako obulamu bwaffe obw'oku nsi; tufa era netuba abalamu; era tewali kituzikiriza okuggyako ebiseera. Naye ekyo tebalina kye bakimanyiko. Tebalina *kirala* wabula bateebereza buteebereza.

وَقَالُوا مَا هِيَ إِلَّا حَيَاتُنَا الدُّنْيَا نَمُوتُ وَنَحْيَا وَمَا يُهْلِكُنَا إِلَّا الدَّهْرُ وَمَا لَهُم بِذَلِكَ مِنْ عِلْمٍ إِنْ هُمْ إِلَّا يَظُنُّونَ ٢٥

26. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, *tebaba na nsonga* okuggyako okugamba nti: Muleete bakitaffe *abaafa*, obanga mwogera mazima.

وَلَاذَاتُ ثُلثِي عَلَيْهِمُ أَيُّنَا بَيِّنَاتٍ مَا كَانُوا يَحْكُمُونَ إِلَّا أَنْ قَالُوا أَأُتُوا بِآيَاتِنَا إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ٢٦

27. Gamba nti: Allah y'abawa obulamu, n'oluvannyuma n'abafiisa; n'oluvannyuma y'agenda ng'abakung'anya okutuusa ku lunaku lw'okuzuukira olutaliiko kubuusa-buusa. Naye era abantu abasinga obungi tebamanyi.

قُلِ اللَّهُ يُحْيِيكُمْ ثُمَّ يُمِيتُكُمْ ثُمَّ يُجْمَعُكُمْ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ لَا رَيْبَ فِيهِ وَلَكِنَّ أَكْثَرَ النَّاسِ لَا يَعْلَمُونَ ٢٧

Ruku 4

28. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah. Era ku lunaku Essaawa lw'erituuka, kw'olwo abaagoberera obulimba kalibajjuutuka.

وَلِلَّهِ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ يَوْمَ تَقُومُ السَّاعَةُ يُنْحَسِرُ الْمُبْتَطَلُونَ ٢٨

29. Era oliraba buli kibiina nga kifukamidde. Buli kibiina kirikoowolerwa eri Ekitabo kya kyo, era *baligambibwa nti*: Olwa leero mujja kusasulwa ebyo bye mwakolanga.

وَتَرَى كُلَّ أُمَّةٍ جَائِعَةٍ مُنْتَزِعِيْنَ إِلَىٰ كِتَابِهِمْ فِي يَوْمِ ذِكْرِهِمْ تَعْمَلُونَ ٢٩

30. Kino ky'Ekitabo kyaffe ekyogera ku mmwe amazima. Mu butuufu twawandiisa-nga *byonna* bye mwakolanga.

هَذَا كِتَابُنَا يُنْفِثُ عَلَيْكُمْ بِالْحَقِّ وَإِنَّا كُنَّا نُنشِئُكُمْ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ٣٠

31. Naye abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, kale Mukama waabwe alibayingiza mu kusaasira kwe. Obwo nno bwe buwanguzi obwetadde.

قَالَتِ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
قِيَدُ خُلُوعِهِمْ رَبُّهُمْ فِي رَحْمَتِهِ ذَلِكَ هُوَ
الْقَوْدُ الْمُبِينُ ﴿٣١﴾

32. Naye abo abatakiriza, *alibagamba nti*: Abaffe, temwasomerwanga Aya zange naye nemwekuluntaza? Era mwali bamenyi ba mateeka.

وَأَمَّا الَّذِينَ كَفَرُوا تَأْتِيهِمْ تِلْكَ آيَاتُ
تُحِلُّ عَلَيْكُمْ قَاتِلْتُمْ بَنِي إِسْرَائِيلَ
فَمَا تَكْفُرُونَ أَمْ كُنْتُمْ تَقُولُونَ
مَنْ جَرَدْنَا عَنْكَ
شِجْرًا مَيْتًا ﴿٣٢﴾

33. Era bwe kyagambibwanga nti: Ekisuubizo kya Allah ddala kya mazima, n'Essaawa terimu kubuusabuusa, mwagambwanga nti: Ffe Essaawa tetugimanyi. Era tulowooza nti *ekyo si kirala* wabula kuteebereza buteebereza, era ffe tetukakasa nti *gy'eri*.

وَأَذَانًا لِقَوْلِ رَبِّكَ وَعَدَّ اللَّهُ حَقَّ
السَّاعَةِ لَا رَيْبَ فِيهَا قُلْتُمْ مَا نَدْرِي مَا
السَّاعَةُ إِنْ نَظُنُّ إِلَّا ظَنًّا وَمَا نَحْنُ
بِمُشْتَرِقِينَ ﴿٣٣﴾

34. Era obubi bw'ebyo bye baakola bulyeyoleka gye bali, era ebyo bye baajereganga biribebungulula.

وَبَدَأَ لَهُمْ سَيِّئَاتِ مَا عَمِلُوا وَحَاقَ
بِهِمْ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٣٤﴾

35. Era kirigambibwa nti: Olwa leero tujja kubasuulirira nga nammwe bwe mwerabira ensisinkano y'olunaku lwammwe luno. Era obuddo bwammwe muliro, era temulinaayo bayambi.

وَقِيلَ الْيَوْمَ نَنْسِكُمْ كَمَا نَسَيْتُمْ
لِقَاءَ يَوْمِكُمْ هَذَا وَمَأْوِكُمُ النَّارُ
وَمَا لَكُمْ مِنْ نُصْرِينَ ﴿٣٥﴾

36. Ekyo, lwa kubanga mmwe mwatwalanga Aya za Allah nga eky'okubalaata, n'obulamu bw'ensi nebubabuzaabuza. Kale leero tebajja kuggyibwa mu gwo, wadde tebajja kusembezebwa.

ذَلِكُمْ بِأَنكُمْ اتَّخَذْتُمْ آيَاتِ اللَّهِ هُزُوعًا
وَعَزَّيْتُمْ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا قَالِیَوْمَ
لَا يُخْرَجُونَ مِنْهَا وَلَا هُمْ يُسْتَعْتَبُونَ ﴿٣٦﴾

37. Kale amatendo gonna ga Allah, Mukama w'eggulu era Mukama w'ensi, Omulezi w'ebitonde byonna.

قَوْلِهِ الْحَمْدُ رَبِّ السَّمَوَاتِ وَرَبِّ
الْأَرْضِ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٣٧﴾

38. Era obukulu bubwe yekka mu ggulu ne mu nsi, era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

وَلَهُ الْكِبْرِيَاءُ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٣٨﴾

AL-AHQĀF

(Yakka lubereberye lwa Hijira)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

Juzu 26

2. Hā Mīm *.

حَمِّ ②

3. Okubikkulirwa kw'Ekitabo kino kwaviira ddala eri Allah, Luwangula, Omugezi ennyo.

تَنْزِيلُ الْكِتَابِ مِنَ اللّٰهِ الْعَزِیْزِ الْحَكِیْمِ ③

4. Tetwatonda ggulu na nsi n'ebiri wakati wa byombi, wabula lwa nsonga n'ekiseera ekigere; naye abo abatakkiriza, ebyo bye balabulwako babikuba mabega.

مَا خَلَقْنَا السَّمٰوٰتِ وَ الْاَرْضَ وَ مَا بَيْنَهُمَا اِلَّا بِالْحَقِّ وَ اَجَلٍ مُّسَمًّى ④
وَ الَّذِیْنَ كَفَرُوْا عَمَّا اُنزِرُوْا مُخْرِضُوْنَ ⑤

5. Gamba nti: Mulabye mutya? Abo be mulaajanira ebbali wa Allah, mundage biki bye baatonda ku nsi? Nandiki, nabo balina obwegassi ku kutonda kw'eggulu? Kale mundetereyo Ekitabo ekyakulembera kino oba oluwenda lwonna olw'amagezi olubawagira, obanga mwogera mazima.

قُلْ اَرَاۤءَیْتُمْ مَا تَدْعُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ اُرُوْیْنِیْ مَا ذَا خَلَقُوْا مِنَ الْاَرْضِ اَمْ لَهُمْ شِرْكٌ فِی السَّمٰوٰتِ ۗ اِیْتُوْنِیْ بِكِتَابٍ مِّنْ قَبْلِ هٰذَا اَوْ اَشْرَکَیْۗةٍ مِّنْ عِلْمٍ اِن كُنْتُمْ صٰدِقِیْنَ ⑥

6. Era ani omubuze asinga kw'oyo alaaajanira abali ebbali wa Allah, abo abatayinza na kumwanukula okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira, era nga tebafa na ku kusaba kwabwe?

وَ مِّنْ اَصْلٍ مَّمَّن یَدْعُوْا مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ مَنْ لَا یَسْتَجِیْبُ لَهٗۤ اِلَّا یَوْمَ الْقِیٰمَةِ ۗ وَ هُمْ عَنْ دُعَآئِهِمْ غٰفِلُوْنَ ⑦

7. Era abantu bwe balikung'aanyizibwa, be baasinzanga baliba balabe gye bali era balyegaana n'okusinzibwa kwabwe.

وَ اِذَا حٰشَرَ النَّاسَ کَانُوْا لَهُمْ اَعْدَآءٌ ۗ وَ کَانُوْا بِعِبَادَتِهِمْ کٰفِرِیْنَ ⑧

8. Era bwe basomerwa Aya zaffe ez'olwaatu, abo abatakkiriza boogera ku mazima nga gabatuuseeko nti: Kuno kubuzaabuzwa kwa lwaatu.

وَ اِذَا تُثِلُّ عَلَیْهِمْ اٰیٰتُنَا بَیِّنٰتٍ قَالِی الَّذِیْنَ كَفَرُوْا لِلْحَقِّ لَمَّا جَآءَهُمْ هٰذَا سِحْرٌ مُّبِیْنٌ ⑨

9. Kazzi bagamba nti: Kur'āni y'e-yagijingajinga? Gamba nti: Obanga nze nagijingajinga, kale temulina kye muyinza kunnyamba mu kyonna ku Allah. Ye y'amanyi obulungi ebyo bye musamwassamwamu. Ye amala okuba omujulizi wakati wange nammwe. Era Ye ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

اَمْ یَقُوْلُوْنَ اَفْتَرٰنَهٗۗ قُلْ اِن اَفْتَرٰتِهٖۗ فَلَا تَمْرِکُوْنَ لِی مِنَ اللّٰهِ شَیْءًا ۗ هُوَ اَعْلَمُ بِمَا تُفِیضُوْنَ فِیْهِ ۗ کَفٰیۗ بِهٖ شَهِیْدًاۙ بَیْنِیْ وَ بَیْنٰکُمْ ۗ وَ هُوَ الْعَفُوْرُ الرَّحِیْمُ ⑩

46:2. Atenderezebwa ennyo, Ow'ekitiibwa ennyo.

10. Gamba nti: Si nze musaale mu Batume era siyinja kumanya kinankolwako wadde *ekinaakolwa* ku mmwe. Nze sigoberera kirala okuggyako ebyo ebimbikkulirwa; era siri kirala wabula ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

قُلْ مَا كُنْتُ بِدَعَايَةِ الرَّسُولِ وَمَا
أَدْرِي مَا يُفْعَلُ بِي وَلَا بِكُمْ إِنْ أَتَيْتُمْ
إِلَّا مَا يُوْحَىٰ إِلَيَّ وَمَا أَنَا إِلَّا نَذِيرٌ
مُّبِينٌ ﴿١٠﴾

11. Gamba nti: Mulabye mutya? Singa ddala *Kur'āni* eba nga yava eri Allah ate mmwe nemugigaana, nga n'omujulizi ava mu baana ba Isirairi awa obujulizi ku *Nabbi* amufaanana, ye n'akkiriza ate mmwe nemwekuluntaza, *ddala Katonda ayinza obutababonereza?* Mazima Allah talung'ama bantu boononefu.

قُلْ أَدَّبْتُمْ إِنْ كَانُوا مِنْ عِنْدِ اللَّهِ
وَكَفَرْتُمْ بِهِمْ وَشَهِدَ شَٰهِدٌ مِنْ بَنِي
إِسْرَائِيلَ بَدَأَ عَلَىٰ مِثْلِهِ قَامَنَ وَاشْتَكَبَتْهُمْ
إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظَّالِمِينَ ﴿١١﴾

Ruku 2

12. Era abo abatakkiriza bagamba abo abakkiriza nti: Singa *Kur'āni* yalimu akalungi, tebaalitusoose gy'eri. Naye okuva lwe bataalung'amizibwa nayo, kale bajja kugamba nti: Buno bulimba bwa dda.

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لِلَّذِينَ آمَنُوا لَوْ
كَانَ خَيْرًا مَّا سَبَقُونَا إِلَيْهِ وَإِذْ لَمْ
يَهْتَدُوا بِهِمْ فَسَيَقُولُونَ هَذَا إِنْ
كُنَّا فِي قَوْمٍ ﴿١٢﴾

13. Era n'olubereberye lwa yo yaliyo Ekitabo kya Mūsa ekyaali kirung'ama era nga kwe kusaasira; naye kino ky'Ekitabo ekiri mu lulimi Oluwarabu ekikakasa *ebyalangibwa* kiryooke kirabule abo aboonona era *kiwa* amawulire ag'essanyu eri abakozi b'ebirungi.

وَمَنْ قَبْلِهِ كَتَبَ مُوسَىٰ إِمَامًا وَرَحْمَةً
وَهَذَا كِتَابٌ مُصَدِّقٌ لِمَا نَكَّرْنَا
لِلْمُؤْمِنِينَ وَالَّذِينَ ظَلَمُوا فِيهِ
لِنُعَذِّبَ الَّذِينَ ظَلَمُوا فِيهِ وَبَشُرِ
لِلْمُحْسِنِينَ ﴿١٣﴾

14. Mazima abo abagamba nti: Mukama waffe ye Allah n'oluvannyuma nebaba banyweevu, kale tebaliba na kutya kwonna wadde tebalinakuwala.

إِنَّ الَّذِينَ قَالُوا رَبُّنَا اللَّهُ ثُمَّ
اسْتَقَامُوا فَلَا خَوْفٌ عَلَيْهِمْ وَلَا هُمْ
يَحْزَنُونَ ﴿١٤﴾

15. Abo be bantu b'omu Janna, omwo mwe balibeera — nga y'empeera olw'ebyo bye baakolanga.

أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ الْجَنَّةِ خَالِدِينَ فِيهَا
بِحَبْرَةٍ إِمَّا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٥﴾

16. Era twakuutira omuntu ayisenga bulungi bazadde be. *Kuba* nnyina aba olubuto lwe mu buzibu era n'amuzaalira mu buzibu. Era okubeera kwe mu lubuto n'okuva kwe ku mabeere gy'emyezi amakumi asatu, okutuusa lw'atuuka mu bukulu bwe n'aweza emyaka amakumi ana, *olwo* n'agamba nti: Mukama wange, nsobozesa okwebaza ebyengera byo bye wassa ku nze ne ku bazadde bange era nsobozesa ebikolwa ebirungi by'osiima era onnongooseze n'ezzadde lyange. Mazima nze mboneredde gy'oli, era ddala ndi mw'abo abeewaayo gy'oli.

وَوَصَّيْنَا الْإِنسَانَ بِوَالِدَيْهِ إِحْسَانًا
حَمَلَتْهُ أُمُّهُ كُرْهًا وَوَضَعَتْهُ كُرْهًا وَرَبُّ
حَمَلُهُ وَفِضْلُهُ ثَلَاثُونَ شَهْرًا حَتَّىٰ
إِذَا بَلَغَ أَشُدَّهُ وَبَلَغَ أَرْبَعِينَ سَنَةً
قَالَ رَبِّ آؤْزِعْنِي أَنْ أَشْكُرَ نِعْمَتَكَ
الَّتِي أَنْعَمْتَ عَلَيَّ وَعَلَىٰ وَالِدَيَّ وَأَنْ
أَعْمَلَ صَالِحًا تَرْضَاهُ وَأَصْلِحْ
لِي فِي دِينِي لِإِنِّي تَوَكَّلْتُ عَلَىٰكَ وَ
إِنِّي مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿١٦﴾

17. Abo nno be bo be tukkiririza ebirungi bye baakola, n'ebibi byabwe netubiyitako kkuutwe, era baliba mu bantu b'omu Janna, nga tutuukiriza ekisuubizo eky'amazima ekyo kye baasuubizibwa.

أُولَئِكَ الَّذِينَ تَتَّقِبَلُ عَنْهُمْ أَحْسَنَ مَا عَمِلُوا وَ تَتَجَاوَزُ عَنْ سَيِّئَاتِهِمْ فِي أَصْحَابِ الْجَنَّةِ وَعَدَّ الصِّدْقِ الَّذِينَ كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿١٧﴾

18. Naye oyo eyekaanya bazadde be nga agamba nti: Abaffe, munkangisa nti ndizuukizibwa ng'ate emirembe nkumu nnyo egiyise olubereberye lwange? Ng'olwo bo abazadde bombi balaajanira Allah nga bwe bagamba omwana nti: Nga zikusanze! Kkiriza, mazima ekisuubizo kya Allah kya mazima; naye omwana nga yaddiramu nti: Kino si kirala wabula ngero z'abedda.

وَالَّذِي قَالَ لِوَالِدَيْهِ أُفٍّ لَكُمَا أَتَعِدِينِي أَنْ أَخْرَجَ وَ قَدْ خَلَّيْتَ الْقُرُونُ مِنْ قَبْلِي وَ هُمَا يَسْتَفْخِمَانِ اللَّهَ وَ ذَلِكَ أَمِنْ تِلْكَ وَ عَدَّ اللَّهُ حَقًّا ۖ فَيَقُولُ مَا هَذَا إِلَّا آسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٨﴾

19. Abo nno be baakakatako ensala y'ekibonerezo nga bwe kyali mu migigi egyayita olubereberye lwabwe, mu Majinni ne mu bantu. Mazima abo be baafaafaaganirwa.

أُولَئِكَ الَّذِينَ حَقَّ عَلَيْهِمُ الْقَوْلُ فِي أُمَمٍ قَدْ خَلَّتْ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنَ الْجِنَّةِ وَالْإِنْسِ إِنَّهُمْ كَانُوا خَاسِرِينَ ﴿١٩﴾

20. Era buli bamu balifuna amadaala olw'ebyo bye baakola. Kiriba kityo, Allah alyooke abasule mu bujjuvu olw'ebikolwa byabwe, era tebaliryazaamaanyizibwa.

وَ لِكُلِّ دَرَجَةٍ مِمَّا عَمِلُوا وَ لِيُوقَفِيَهُمْ أَعْمَالَهُمْ وَ هُمْ لَا يُظْلَمُونَ ﴿٢٠﴾

21. Era Olunaku abatakkiriza lwe balireetebwa mu maaso g'omuliro, baligambibwa nti: Mwamalawo ebirungi ebyammwe mu bulamu bwammwe obw'oku nsi era nemubyeyagaliramu. Naye olwa leero mujja kusasulwa ekibonerezo ekiswaaza, olw'okubanga mwekuluntazanga mu nsi mu butali butuufu, n'olwokubanga mwajeemanga.

وَ يَوْمَ يُعْرَضُ الَّذِينَ كَفَرُوا عَلَى النَّارِ أَلْهَبْتُمْ طَيْبَاتِكُمْ فِي حَيَاتِكُمُ الدُّنْيَا وَ اسْتَمْتَعْتُمْ بِهَا ۖ فَالْيَوْمَ تُجْرَوْنَ عَذَابَ الْهُونِ بِمَا كُنْتُمْ تَسْتَكْبِرُونَ فِي الْأَرْضِ بِغَيْرِ

Ruku 3

22. Era jjukira muganda wa ba 'Adi nga bwe yalabula abantu be mu ntuumo z'omusenyu — ng'ate ddala n'abalabuzi abalala baali baamala okuyitawo olubereberye lwe n'oluvannyuma lwe — yagamba nti: Temusinzanga balala okuggyako Allah. Nze mbatiisa ekibonerezo ky'olunaku olusuffu.

الْحَقِّ وَ بِمَا كُنْتُمْ تَفْسُقُونَ ﴿٢١﴾

وَ اذْكُرْ أَنَا عَادٌ إِذْ أَنْذَرْتُ قَوْمَهُ بِالْأَحْقَافِ وَ قَدْ خَلَّيْتَ التُّدُرُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَ مِنْ خَلْفِهِ إِلَّا تَعْبَدُوا إِلَّا اللَّهَ إِنِّي أَخَافُ عَلَيْكُمْ عَذَابَ يَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٢٢﴾

23. Baagamba nti: Abaffe, otujjiridde otuwugule ku bakatonda baffe? Kale tuleetere ekibonerezo ky'otukangisaako, obanga oli mu ba mazima?

قَالُوا أَجِئْتَنَا لِنَأْفِكَنَا عَنِ الْهِتَابِ ۖ فَايْتَنَا بِمَا تَعِدُنَا إِنْ كُنْتَ مِنَ الصَّادِقِينَ ﴿٢٣﴾

24. N'agamba nti: Mazima okumanya *kw'ekyo* kuli eri Allah. Naye nze mbatuusa-ako butuusa ebyo bye mba ntumiddwa nabyo, era nze mbalaba nga muli bantu abeesiruwaza.

25. Kale *ekire* bwe baakiraba nga kyolekedde eri ebiwonvu byabwe, baagamba nti: Ekyo ky'ekire eky'okututonnyeseza enkuba. Nedda, ekyo kye mwawujjiriranga *ky'ekizze* — kibuyaga alimu ekibonerezo ekirumya.

26. Anaazikiriza buli kimu olw'okulagira kwa Mukama we. Kale *twabasaanyawo* ne baba nga tebakyakubwako kimunye, okuggyako amaka gaabwe. Bwe tutyo nno bwe tusasula abantu aboonnyi.

27. Era ddala *bo* twabatebenkeza mw'ebyo mmwe bye tutabatebenkezamu; era twabateekako amatu, n'amaaso, n'emitima. Naye amatu gaabwe n'amaaso gaabwe wadde emitima gyabwe tebyabagasa n'akatono okuva lwe baagaana mu bugenderevu obubonero bwa Allah era beebungululwa ebyo bye baalinga bajerega.

Ruku 4

28. Era ddala twazikiriza ebibuga ebyo ebibeetoolodde, era tuttottodde okulabula mu ngeri ezitali zimu, balyooke beddemu.

29. Kale abo be baatwalanga ebbali wa Allah nti be bakatonda abasembeza, lwaki tebaabayamba? Naye baabaabulira bwabulizi. Ebyo nno *by'ebayava mu* bulimba bwabwe n'ebyo bye baajingajinganga.

30. Era *jjukira* nga bwe twayolekeza gy'oli ekibiina ky'Amajinni gawulirize Kur'āni. Kale bwe baatuuka w'eri, baagamba *bannaabwe* nti: Musiriikirire. Kale bwe yaggwa *okusomwa*, nebaddayo eri *bannaabwe* ng'abalabuzi.

31. Baagamba nti: Bannaaffe, mazima twawulirizza Ekitabo ekyassibwa oluwananyuma lwa Mūsa, ekikakasa ebyo ebyakikulembera, nga kirung'ama eri amazima n'eri ekkubo eggolokofu.

قَالَ إِنَّمَا الْعِلْمُ عِنْدَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أُوتِينَا بِهِ وَأُبَلِّغُكُمْ مَا أُرْسَلْتُ بِهِ وَلَئِنِّي أَرَاكُمْ قَوْمًا تَجَاهِلُونَ ﴿٢٤﴾

فَلَمَّا رَأَوْهُ عَارِضًا مُّسْتَقْبِلَ أُوذُنِهِمْ قَالَ هَذَا عَارِضٌ مُّطِيرٌ تِلْكَ بَلٌ هُوَ مَا اسْتَعْجَلْتُمْ بِهِ رَئِيفٌ فِيهَا وَعَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢٥﴾

تَدْمِرُ كُلَّ شَيْءٍ بِإِذْنِ رَبِّهَا فَأَصْبَحُوا لَا يُرَىٰ إِلَّا أَسْكِنُهُمْ ۖ كَذَلِكَ نَجْزِي الْقَوْمَ الْمُجْرِمِينَ ﴿٢٦﴾

وَلَقَدْ مَكَّنَّهُمْ فِيهَا وَإِن مَّكَّنَّاكُمْ فِيهِ وَجَعَلْنَا لَهُمْ سَمْعًا وَآبْصَارًا وَأَفْئِدَةً ۖ فَمَا أَغْنَىٰ عَنْهُمْ سَمْعُهُمْ وَلَا أَبْصَارُهُمْ وَلَا أَفْئِدَتُهُمْ مِن شَيْءٍ إِذْ كَانُوا يَجْحَدُونَ ۗ يَا أَيُّهَا اللَّهُ وَحَاقَ بِهِمْ مَا كَانُوا بِهِ يَسْتَهْزِءُونَ ﴿٢٧﴾

وَلَقَدْ أَهَلَكْنَا مَا حَوَّلْنَاكُمْ مِنَ الْقُرَىٰ وَصَرَّفْنَا الْآيَاتِ لَعَلَّهُمْ يَرْجِعُونَ ﴿٢٨﴾
فَلَوْلَا نَصْرُهُمُ الَّذِينَ اتَّخَذُوا مِن دُونِ اللَّهِ قُرْبَانًا آلِهَةً ۖ بَلْ ضَلُّوا عَنْهُمْ ۖ وَذَلِكَ لِرِأْسِهِمْ وَمَا كَانُوا يَفْتَرُونَ ﴿٢٩﴾

وَإِذْ صَرَّفْنَا إِلَيْكَ نَفْرًا مِّنَ الْجِبِّ ۖ يَسْتَمِعُونَ الْقُرْآنَ ۖ فَلَمَّا حَضَرُوهُ قَالُوا أَنصِتُوا ۖ فَلَمَّا قُضِيَ وَلَّوْا إِلَىٰ قَوْمِهِمْ مُّذْرِبِينَ ﴿٣٠﴾

قَالُوا يَقَوْمَنَا إِنَّا سَمِعْنَا كِتَابًا أُنزِلَ مِن بَعْدِ مُوسَىٰ مُّصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ يَدَيْهِ ۖ يَهْدِي إِلَى الْحَقِّ وَإِلَى طَرِيقٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٣١﴾

32. Bannaffe, mwanukule Omukoowoozi wa Allah era *Allah* mumukkirize; ajja kubasonyiwa ebyonono byammwe era abakuume ku kibonerezo ekirumya. عَذَابِ الْيَوْمِ ٣٢

33. Era oyo atayanukula Mukoowoozi wa Allah, kale tayinza kufufuggaza *ntegeka za Allah* mu nsi era talinaayo bakuumi balala ebbali we. Abo nno be bali mu kubula okw'olwaatu. وَمَنْ لَا يُحِبَّ دَاعِيَ اللَّهِ فَلَيْسَ بِمُعْجِزٍ فِي الْأَرْضِ وَلَيْسَ لَهُ مِنَ دُونِهِ أَوْلِيَاءُ ۗ أُولَئِكَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ٣٣

34. Abaffe, tebalaba nti ddala Allah y'Oyo eyatonda eggulu n'ensi naye n'atakoowa namu olw'okubitonda *era nti y'alina* n'obuyinza obw'okuzuukiza abafu? Tewali kubuusabuusa, ddala y'alina obuyinza ku buli kimu. أَوَلَمْ يَرَوْا أَنَّ اللَّهَ الَّذِي خَلَقَ السَّمٰوٰتِ وَالْأَرْضَ وَكَمْ يَسْعَىٰ بِخَلْقِهِنَّ بِقَدْرِ عَلَىٰ أَنْ يُسْخِيَ بِهِنَّ الْمَوْتِ ۗ بَلَىٰ ۗ إِنَّهُ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ٣٤

35. Era olunaku abo abeerema lwe balireetebwa mu maaso g'omuliro, *baligambibwa* nti: Abaffe, era na kino *ekibonerezo* si kya mazima? Baliddamu nti: Yee! Amazima ga Mukama waffe, *kya mazima*. Aligamba nti: Kale muloze ku kibonerezo olw'ebyo bye mwagaananga. وَيَوْمَ يُخْرَضُ الَّذِينَ كَفَرُوا عَلَى النَّارِ أَلَيْسَ هَذَا بِالْحَقِّ ۗ قَالُوا بَلَىٰ ۗ وَرَبِّنَا ۗ قَالَ فَذُقُوا الْعَذَابَ بِمَا كُنْتُمْ تَكْفُرُونَ ٣٥

36. Kale gumiikiriza nga Ababaka abaali abamalirivu bwe baagumiikiriza era tobabuguutanira. Olunaku lwe baliraba ebyo bye balabulwako, baliba nga abataawangaala okuggyako essaawa emu ey'emisana. *Okulabula kuno* kutuusiddwa. Abaffe, waliwo *abalala* abalizikirizibwa okuggyako abantu abajeemu? فَأَصْبِرْ كَمَا صَبَرَ أُولُو الْعَرْسِ مِنَ الرُّسُلِ ۗ وَلَا تَسْتَعْجِلْ لَهُمْ ۗ كَذَٰلِكَ يُخَوِّمُ يَوْمَ يَذُوقُونَ مَا يُوعَدُونَ ۗ لَمْ يَدَّبَّدُوا إِلَّا سَاعَةً ۗ مِنْ نَهَارٍ ۗ بَلَغَ ۙ قَهْلٍ يُهْلِكُ ۗ إِلَّا الْقَوْمَ الْفٰسِقُونَ ٣٦

MUHAMMAD

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abo abatakkiriza era abeekiika mu kkubo Iya Allah, Allah afaafaaganya ebikolwa byabwe.

3. Naye abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa ebirungi, era nebakkiriza n'ebyo ebyassibwa ku Muhammad — era nga ge mazima agaava eri Mukama waabwe — abo Allah abasangulako ebyoonono byabwe n'alongoosa n'enneeyisa yaabwe.

4. Ekyo Iwa kubanga abo abatakkiriza bagoberera bya bulimba, so nga ddala abo abakkiriza bagoberera mazima agaava eri Mukama waabwe. Bw'atyo nno Allah bw'aleetera abantu eby'okulabirako byabwe.

5. Kale bwe musisikananga n'abatakkiriza mu lutalo, mukubanga ku nsingo; okutuusa nga mubawangudde, olwo nno munyuu-nyuule ebisiba — n'oluvannyuma mubate olw'ekisa oba mubate olw'okwenunula — okutuusa nga olutalo lukakkanyizza ebizito bya Iwo. Ekyo kiragiro. Era singa Allah yayagala, Ye yennyini yaalibabonerezza, naye yagenderera kugeseza abamu ku mmwe n'abalala. Era abo abattirwa mu kkubo Iya Allah, talidibaga bikolwa byabwe.

6. Alibalung'ama era n'atereza n'embeera zaabwe.

7. Era alibayingiza mu Janna gye yayoooyoota n'agyawula ku lwabwe.

8. Abange mmwe abakkiriza, bwe munaayamba eddiini ya Allah, naye ajja kubayamba era anyweze n'ebigere byammwe.

9. Naye abo abatakkiriza balinayo okuzikirira era alifaafaaganya n'ebikolwa byabwe.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ
أَضَلَّ أَعْمَالَهُمْ ②

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
وَأَمَنُوا بِمَا نُزِّلَ عَلَى مُحَمَّدٍ وَهُوَ الْحَقُّ
مِنَ رَبِّهِمْ كَفَرَ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ
وَأَصْلَحَ بَالَهُمْ ③

ذَلِكَ بِأَنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا اتَّبَعُوا الْبَاطِلَ
وَأَنَّ الَّذِينَ آمَنُوا اتَّبَعُوا الْحَقَّ مِنْ
رَبِّهِمْ كَذَلِكَ يَضْرِبُ اللَّهُ لِلنَّاسِ
أَمْثَالَهُمْ ④

فَإِذَا لَقِيتُمْ الَّذِينَ كَفَرُوا فَضَرْبِ
الرِّقَابِ حَتَّى إِذَا أَثْبَغْتُمْوَهُمْ
فَشَدُّوا الْوَتَاكَ ۗ فَإِمَّا مَثًّا بُعْدًا وَإِمَّا
فِدَاءً حَتَّى تَضَعَ الْحَرْبُ أَوَّارَهَا ۗ إِنَّ
ذَلِكَ ۗ وَلَوْ يَشَاءُ اللَّهُ لَانتَصَرْنَا مِنْهُمْ
وَلَكِنْ لِيَبْلُوَ أَبْغَضَكُمْ بِيَبْغِضَ
وَالَّذِينَ قُتِلُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ فَلَنْ
يُضِلَّ أَعْمَالَهُمْ ⑤

سَيَهْدِيهِمْ وَيُضِلِّ أَعْمَالَهُمْ ⑥

وَيُدْخِلُهُمُ الْجَنَّةَ عَرَّفَهَا لَهُمْ ⑦

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنْ تَنصَرُوهَا
اللَّهُ يَتَّصِرْكُمْ وَيُغْنِيْكُمْ أَقْدَامَكُمْ ⑧

وَالَّذِينَ كَفَرُوا فَتَعَسَا لَهُمْ
أَعْمَالَهُمْ ⑨

10. Ekyo lwa kubanga baakyawa ebyo Allah bye yassa, kale naye n'adibaga ebikolwa byabwe.

11. Abaffe, tebatambulako mu nsi nebalaba enkomerero y'abo abaabakulembere nga bwe yali? Allah yabazikiririza ddala, era n'abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekifaanana n'ekyo.

12. Ekyo lwa kubanga Allah ye Mukuumi w'abo abakkiriza, so nga ddala abatakkiriza tebalina mukuumi yenna.

Ruku 2

13. Mazima Allah aliyingiza abo abakkiriza era ne bakola ebikolwa eburungi mu Janna ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Naye abo abatakkiriza kati beeyagala era balya ng'ensolo bwe zirya, naye omuliro ge galiba amaka gaabwe.

14. Ye ebibuga bimeka ebyali eby'amaanyi ennyo okusinga ne ku kibuga kyo ekyo ekyakugoba, abaabirimu twabazikiriza era tebaafuna muyambi!

15. Abaffe, oyo ali ku bukakafu obw'olwaatu obuviira ddala eri Mukama we, afaanana n'oyo eyalungiyizibwa ebikolwa bye ebibi nebagoberera kwagala kwabwe?

16. Enfaanana ya Janna eyo eyasu-ubizibwa abatya Allah: Erimu emigga egy'amazzi agatayonooneka, n'emigga gy'amata agatakyuuka ku mpooma ya go, n'emigga gy'omwenge oguwoomera abanywi, n'emigga gy'omubisi gw'enjuki omusengeje. Era balifuniramu ebibala ebya buli ngeri n'okusonyiyibwa okuva eri Mukama waabwe. Abaffe, abo bafaanana n'abo abaliba mu muliro nga banywesebwa amazzi olweje agalikutulakutula ebyenda byabwe?

17. Era mu bo mulimu abeefuula abakuwuliriza, okutuusa lwe bafulumu okuva w'oli nebagamba abo abaaweebwa okumanya nti: Biki nno by'abadde ayogera?

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ كَرِهُوا مَا أَنْزَلَ اللَّهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ ⑩

أَقَلَّمُ يَسِيرُوا فِي الْأَرْضِ فَيَنْظُرُوا كَيْفَ كَانَ عَاقِبَةُ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ ؕ دَمَّرَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ ؕ وَلِلْكَافِرِينَ أَمْثَلُهَا ⑪

ذَلِكَ بِأَنَّ اللَّهَ مَوْلَى الَّذِينَ آمَنُوا وَعَلَى الْكَافِرِينَ لَا مَوْلَى لَهُمْ ⑫

إِنَّ اللَّهَ يُدْخِلُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَالَّذِينَ كَفَرُوا يَتَمَتَّعُونَ وَيَأْكُلُونَ كَمَا تَأْكُلُ الْأَنْعَامُ وَالنَّارُ مَثْوًى لَهُمْ ⑬

وَكَاتِبِينَ مِنَ قَرْيَةٍ هِيَ أَشَدُّ قُوَّةً مِنْ قَرْيَتِكَ الَّتِي أَخْرَجْتكَ مِنْ أَهْلِ كُنُومُ فَلَا تَأْوِي لَهُمْ ⑭

أَفَمَنْ كَانَ عَلَىٰ بَيْتَةٍ مِنْ رَبِّهِ كَمَنْ زُيِّنَ لَهُ سُوءُ عَمَلِهِ وَاتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ ⑮

مَثَلُ الْجَنَّةِ الَّتِي وَعَدَ الْمُتَّقُونَ فِيهَا أَنْهَارٌ مِنْ مَاءٍ غَيْرِ آسِنٍ وَأَنْهَارٌ مِنْ لَبَنٍ لَمْ يَتَغَيَّرْ طَعْمُهُ وَأَنْهَارٌ مِنْ خَمْرٍ لَذَّةٍ لِلشَّارِبِينَ وَأَنْهَارٌ مِنْ عَسَلٍ مُصَفًّى ؕ وَلَهُمْ فِيهَا مِنْ كُلِّ الثَّمَرَاتِ وَمَغْفِرَةٌ مِنْ رَبِّهِمْ ؕ كَمَنْ هُوَ خَالِدٌ فِي النَّارِ وَسُقُوا مَاءً حَوْثِيًّا فَقَطَّعَ أَمْعَاءَهُمْ ⑯

وَمِنْهُمْ مَنْ يَسْتَمِعُ إِلَيْكَ حَتَّىٰ إِذَا خَرَجُوا مِنْ عِنْدِكَ قَالُوا لِلَّذِينَ أُوتُوا الْعِلْمَ مَاذَا قَالَ أَنْفَاكَ ؕ أُولَٰئِكَ الَّذِينَ

Abo nno be bo Allah be yassa envumbo ku mitima gyabwe era abagoberera okwagala kwabwe.

طَبَعَ اللَّهُ عَلَى قُلُوبِهِمْ وَ اتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ ﴿١٧﴾

18. Naye abo abagoberera obulung'amu, Allah abongera obulung'amu n'abawa n'obutuukirivu bwabwe.

وَالَّذِينَ اهْتَدَوْا زَادَهُمْ هُدًى وَ اتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ تَقْوَاهُمْ ﴿١٨﴾

19. Abaffe, balindayo ki okuggyako essaawa ey'akabi okubatuukako ekibwatukira. Ate nno n'obubonero bwa yo bumaze n'okutuuka. Abaffe, baligasibwa ki mu kubuulirirwa kwabwe awo nga essaawa emaze okutuuka?

فَقُلْ يَنْظُرُونَ إِلَّا السَّاعَةَ أَنْ تَأْتِيَهُمْ بَغْتَةً ۖ فَتَدْجَأَ آسْرَاطُهَا ۗ فَأَنْتَ لَهُمْ إِذْ جَاءَتْهُمْ ذِكْرَاهُمْ ﴿١٩﴾

20. Kale manya nti ddala tewali musinzibwa mulala okuggyako Allah, era saba okubikirirwa olw'obunafu bwo, era osabire n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi. Era Allah amanyi bulungi obutawukiro bwammwe n'ebifo byammwe bye mubeeramu.

فَاعْلَمْ أَنَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا اللَّهُ وَ اسْتَغْفِرْ لِذَنْبِكَ وَ لِلْمُؤْمِنِينَ وَ الْمُؤْمِنَاتِ ۗ وَاللَّهُ يَعْلَمُ مُتَقَلَّبَكُمْ وَ مُتَوَكِّمَكُمْ ﴿٢٠﴾

Ruku 3

21. Era abo abakkiriza bagamba nti: Lwaki essuula eragira okulwaana tessibwa? Naye essuula ennamuzi bw'enessibwa okulwana ne kwogerwako mu yo, ojja kulaba abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe nga batunula gy'oli entunula eringa ey'oyo azirika olw'okufa. Kale abo zibasanze!

وَيَقُولُ الَّذِينَ آمَنُوا لَوْ لَا نُزِّلَتْ سُورَةٌ ۖ فَإِذَا أُنزِلَتْ سُورَةٌ مُحْكَمَةٌ وَ ذُكِرَ فِيهَا الْقِتَالُ ۗ رَأَيْتَ الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ ۖ يَنْظُرُونَ إِلَيْكَ نَظَرَ الْمَغْشِيِّ عَلَيْهِ مِنَ الْمَوْتِ ۗ فَأَوْلَى لَهُمْ ﴿٢١﴾

22. Ekyetagibwa bwe buwulize n'ebigambo ebituufu. Naye ensonga bw'emala okukakata, kale bwe baba ab'amazima eri Allah, ky'ekisinga obulungi gye bali.

طَاعَةٌ وَ قَوْلٌ مَعْرُوفٌ ۚ فَإِذَا عَزَمَ الْأَمْرُ ۖ فَلَوْ صَدَقُوا اللَّهَ لَكَانَ خَيْرًا لَّهُمْ ﴿٢٢﴾

23. Olwo nammwe bwe munaatekeebwa mu bufuzi, munaatabulatabula mu nsi ne mukutulakutula n'eng'anda zammwe?

فَقُلْ عَسَيْتُمْ إِنْ تَوَلَّيْتُمْ أَنْ تُفْسِدُوا فِي الْأَرْضِ وَ تَقَطَّعُوا أَرْحَامَكُمْ ﴿٢٣﴾

24. Abo be bo Allah be yakolimira, kale n'abaziba amatu era n'aziba n'amaaso gaabwe.

أُولَئِكَ الَّذِينَ لَعَنَهُمُ اللَّهُ فَاصْحَهُمْ وَ أَعْمَى أَبْصَارَهُمْ ﴿٢٤﴾

25. Abaffe, bo tebafumiitiriza ku Kur'ani, nandiki ku myoyo gyabwe kwe kuli ekkufulu za gyo?

أَفَلَا يَتَذَكَّرُونَ الْفُرْقَانَ أَمْ عَلَى قُلُوبٍ أَقْفَالُهَا ﴿٢٥﴾

26. Mazima abo abadda emabega waabwe oluvannyuma nga obulung'amu bumaze okunnyonyoka gye bali, Sitaani y'eyabase-

إِنَّ الَّذِينَ ارْتَدَوْا عَلَىٰ أَدْبَارِهِمْ مِن بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْهُدَىٰ ۗ الشَّيْطَانُ

ndasenda n'abasuubiza eby'obulimba.

27. Ekyo lwa kubanga baagamba abo abakyaawa ebyo Allah bye yassa, nti: Tujja kubagonderanga mu nsonga ezimu. Naye Allah amanyi bulungi ebyaama byabwe.

28. Naye kiriba kitya awo nga malayika zibafiisa nga zikuba obwenyi bwabwe n'emigongo gyabwe?

29. Ekyo lwa kubanga baagoberera ebyo ebinyiiza Allah nebakyaawa okusima kwe. Kale Allah yadibaga ebikolwa byabwe.

Ruku 4

30. Abaffe, abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe balowooza nti Allah talikwekula ffutwa lyabwe?

31. Era singa twayagala, ddala twalibakulaze, kale ddala waalibategeeredde ku bulambe bwabwe. Naye era ddala ojja kubamanyira ku ddoenzi ly'enjogera yaabwe. Era Allah amanyi bulungi ebikolwa byammwe.

32. Era ddala tujja kubagezesa okutuusa lwe tulimanyisa abanyiikivu mu mmwe n'abagumiikiriza, era tumanyise nakwo ekyo kye muli.

33. Mazima abo abeerema era nebeekiika mu kkubo lya Allah era nebawakanya Mutume oluvannyuma nga obulung'amu bumaze okunnyonyoka gye bali, tebayinza kulumya Allah wadde akatono; era mangu nnyo ajja kudibaga ebikolwa byabwe.

34. Abange mmwe abakkiriza, mugondere Allah era mugondere Mutume era temudibaganga bikolwa byammwe.

35. Mazima abo abatakkiriza era nebeekiika mu kkubo lya Allah, n'oluvannyuma nebafa nga beeremye, mazima Allah tagenda kubasonyiwa.

36. Kale mmwe temuterebuka nemusaba emirembe eri abalabe so nga ddala mmwe mugenda okubeera kungulu, ate nga ne Allah ali wamu nammwe, era talibafiiriza bikolwa byammwe.

سَوَّلَ لَهُمْ وَأَمَلَى لَهُمْ ﴿٢٦﴾

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ قَالُوا لَلَّذِينَ كَرِهُوا مَا نَزَّلَ اللَّهُ سَنَطِيعُكُمْ فِي بَعْضِ الْأَمْرِ وَاللَّهُ يَعْلَمُ أَسْرَارَهُمْ ﴿٢٧﴾

فَكَيْفَ إِذَا تَوَفَّتْهُمُ الْمَلَائِكَةُ يَضْرِبُونَ وُجُوهَهُمْ وَأَدْبَارَهُمْ ﴿٢٨﴾

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ اتَّبَعُوا مَا آسَخَطَ اللَّهُ بِهِ وَيُكَرِّهُوا رِضْوَانَهُ فَأَحْبَطَ أَعْمَالَهُمْ ﴿٢٩﴾

أَمْ حَسِبَ الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَرَضٌ أَن لَنْ يُخْرِجَهُ اللَّهُ أَضْعَافًا لَهُمْ ﴿٣٠﴾

وَلَوْ نَشَاءُ لَوَارَيْنُكُمْ فَلَعَرَفْتَهُمْ بِسِيمَاهُمْ وَلَتَعْرِفَنَّهُمْ فِي لَحْنِ الْقَوْلِ وَاللَّهُ يَعْلَمُ أَعْمَالَكُمْ ﴿٣١﴾

وَلَنَبْلُوَنَّكُمْ حَتَّى نَعْلَمَ الْمُجْهِدِينَ مِنْكُمْ وَالضَّالِّينَ ۗ وَ نَبْلُوًا أَخْبَارَكُمْ ﴿٣٢﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَن سَبِيلِ اللَّهِ وَ شَاقُّوا الرَّسُولَ مِن بَعْدِ مَا تَبَيَّنَ لَهُمُ الْهُدَىٰ لَن يَصْرِوْا اللَّهُ شَيْئًا وَ سَيُحِيطُ أَعْمَالَهُمْ ﴿٣٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَ أَطِيعُوا الرَّسُولَ وَ لَا تُبْطِلُوا أَعْمَالَكُمْ ﴿٣٤﴾

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا وَصَدُّوا عَن سَبِيلِ اللَّهِ ثُمَّ مَا تُؤَاوَهُمْ كَفَّارًا لَّن يَغْفِرَ اللَّهُ لَهُمْ ﴿٣٥﴾

فَلَا تَهِنُوا وَ تَدْعُوا إِلَى السَّلْمِ ۗ وَ أَنْتُمْ الْأَعْلَوْنَ ۗ وَاللَّهُ مَعَكُمْ وَ لَن يَزِيدَكُمْ أَعْمَالَكُمْ ﴿٣٦﴾

37. Mazima ddala obulamu bw'ensi muzannyo na kwegayaaza. Naye bwe mukkiriza era nemwekuuma, Allah alibawa empeera yammwe era talibasaba ku bya bugagga bwammwe.

38. Kuba bw'abibasaba n'abakaluubiriza, mukodowola, era ajja kukwekulayo n'effutwa lyammwe.

39. Muwulirize, mmwe muumwo abakoowo-olwa mulyooke mutoole mu kkubo lya Allah. Kyokka mu mmwe mulimu abakodowala. Naye oyo akodowola, mazima akodowala n'akosa mwoyo gwe. Era Ye Allah yeemala, naye mmwe mmwe beetaavu. Era bwe muneekyuusa, ajja kubakyuusaamu abantu abatali nga mmwe, nate bo tebajja kubeera nga mmwe.

رَأَيْتُمَا الْحَيَاةَ الدُّنْيَا لَعِبٌ وَ لَهْوٌ وَ وَاِنْ
تُؤْمِنُوا وَ تَتَّقُوا يُؤْتِكُمْ اُجُورَكُمْ وَ
لَا يَسْأَلُكُمْ اَمْوَالَكُمْ ﴿٣٧﴾

اِنْ يَسْأَلِكُمْوَهَا فَيُحْفِكُمْ تَبَخَّلُوا وَ
يُخْرِجُ اَضْعَانَكُمْ ﴿٣٨﴾

هَآنْتُمْ هَؤُلَاءِ تُدْعُونَ لِئُنْفِقُوا فِي
سَبِيلِ اللّٰهِ فَمِنْكُمْ مَنْ يَبْخَلُ ج وَ مَنْ
يَبْخَلْ فَاِنَّمَا يَبْخَلْ عَن نَّفْسِهِ ؕ وَ اللّٰهُ
الْعَزِيْزُ الْغَنِيُّ وَ اَنْتُمْ الْفُقَرَاءُ ج وَ اِنْ
تَتَوَلَّوْا يَسْتَبَدِلْ قَوْمًا غَيْرَكُمْ ؕ ثُمَّ لَا
يَكُوْنُوْا اُمَّةًا لَّكُمْ ﴿٣٩﴾

AL-FATH

(Yakka Iuvannyuma Iwa Hijira)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Mazima tukuwadde obuwanguzi obw'e-nkukunala,

3. Allah alyooke asonyiwe ebibi bye baakusobya oluberyebery'e n'eb'y'oluva-nnyuma, era atukirize ebyengera bye ku ggwe era akulung'anye mu kkubo eggolokofu;

4. Era Allah alyooke akuyambe oluyamba olw'amaanyi.

5. Ye y'eyassa obukkakkamu mu mitima gy'abakkiriza balyooke bongere obukkiriza ku bukkiriza bwabwe. Era Allah ye nannyini magye g'omu ggulu ne mu nsi era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo —

6. Era alyooke ayingize abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, nga omwo mwe balibeera era abasanguleko ebyonoono byabwe; era ekyo eri Allah kwe kuwangula okusuffu —

7. Ate abonereze bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi, n'abasajja ab'enkanya ebirala ne Allah n'abakazi ab'enkanya ebirala ne Allah, abalowooza ku Allah okulowooza okubi. Abo be baliko ekibambulira eky'akabi, ne Allah yabasunguwalira era yabakolimira era n'abategekera Jahannamu. Ye nga obwo buddo bubu nnyo!

8. Era amagye g'omu ggulu ne mu nsi gonna ga Allah. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

9. Mazima twakutuma nga ggwe Mujulizi era ng'oli Muwi w'amawulire ag'essanyu era Omulabuzi,

10. Mulyooke mukkirize Allah ne Mutume we era mumuwagire era mumusseemu ekitiibwa, ate (Allah) mumugulumizenga enkya n'eggulo.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

إِنَّا فَتَحْنَا لَكَ فَتْحًا مُبِينًا ②

لِيَغْفِرَ لَكَ اللَّهُ مَا تَقَدَّمَ مِنْ ذَنْبِكَ
وَمَا تَأَخَّرَ وَ يُتِمَّ زِعْمَتَهُ عَلَيْكَ وَ
يَهْدِيكَ صِرَاطًا مُسْتَقِيمًا ③

وَ يُنصِرَكَ اللَّهُ تَصْرًا عَزِيمًا ④

هُوَ الَّذِي أَنْزَلَ السَّكِينَةَ فِي قُلُوبِ
الْمُؤْمِنِينَ لِيُزِدَهُمْ جُنُودًا أَلِيمًا مَعَ
إِيمَانِهِمْ وَ اللَّهُ جُنُودُ السَّمَوَاتِ وَ
الْأَرْضِ وَ كَانَ اللَّهُ عَلِيمًا حَكِيمًا ⑤

لِيَدْخُلَ الْمُؤْمِنِينَ الْآمِنِينَ وَ الْمُؤْمِنَاتِ جَنَّاتٍ
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا
وَ يُكْفَرُ عَنْهُمْ سَيِّئَاتِهِمْ وَ كَانَ ذَلِكَ
عِنْدَ اللَّهِ فَوْزًا عَظِيمًا ⑥

وَ يُعَذِّبُ الْمُؤْمِنِينَ وَ الْمُؤْمِنَاتِ وَ
الْمُشْرِكِينَ وَ الْمُشْرِكَاتِ الظَّالِمِينَ بِاللهِ
ظَنَّ السَّوْءِ عَلَيْهِمْ دَائِرَةُ السَّوْءِ وَ
غَضِبَ اللهُ عَلَيْهِمْ وَ لَعَنَهُمْ وَ
أَعَدَّ لَهُمْ جَهَنَّمَ وَ سَاءَتْ مَصِيرًا ⑦

وَ اللَّهُ جُنُودُ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ وَ كَانَ
اللهُ عَزِيمًا حَكِيمًا ⑧

إِنَّا أَرْسَلْنَاكَ شَاهِدًا وَ مُبَشِّرًا وَ
نَذِيرًا ⑨

لِتُؤْمِنُوا بِاللهِ وَ رَسُولِهِ وَ تُعَزِّزُوا وَ
تُوقِرُوا وَ تُسَبِّحُوهُ بُكْرَةً وَ آصِيلًا ⑩

11. Mazima abo abeeyama obuwulize gy'oli, mazima ddala beeyama eri Allah. Omukono gwa Allah guba waggulu w'emikono gyabwe nga beeyama. Kale oyo amenya obweyamo bwe, mazima ddala aba abumenye lwa kwefiiriza yekka; n'oyo atuukiriza ebyo bye yasuubiza eri Allah, kale ddala alimuwa empeera ensuffu.

Ruku 2

12. Abawarabu b'omu ddungu abeesigaza emabega bajja kukugamba nti: Twatawanyizibwa ebintu byaffe n'ab'omu maka gaffe, kale tusabire okusonyiyibwa. Boogera n'ennimi zaabwe ebyo ebitali na mu mitima gyabwe. Gamba nti: Ani ayinza okubagasa ku Allah mu kyonna, bw'aba nga abaagalizza obuzibu oba nga abaagalizza omugaso? Ddala Allah ategeera bulungi bye mukola.

13. Naye mwalowooza nti Mutume n'abakkiriza tebalikomawo ddi na ddi eri ab'ewaabwe. Era kyo kyalungiyizibwa nnyo eri emitima gyammwe, era mwalowooza n'okulowooza okubi, nemufuuka abantu ab'okuzikirira.

14. Naye oyo atakkiriza Allah ne Mutume, mazima twategekeri abatakkiriza omuliro ogubumbujja.

15. Era obwakabaka bw'eggulu n'ensi bwa Allah. Asonyiwa oyo gw'aba asiimye, n'abonereza oyo gw'aba asalidde. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

16. Abo abeesigaza emabega bajja kugamba awo nga mugenda eri omunyago okugutwala nti: Mutuleke naffe tubagoberere, nga bagenderera okukyusa ekigambo kya Allah. Gamba nti: Temujja kutugoberera; bw'atyo Allah bwe yayogere rawo. Kale bajja kugamba nti: Nedda, mutukwatirwa nsaalwa. Si bwekiri, wabula tebategeera okuggyako akatono ennyo.

17. Gamba Abawarabu b'omu ddungu abeesigaza emabega nti: Mujja kuyitibwa eri abantu abalwanyi kasiggu, mulwane nabo

إِنَّ الَّذِينَ يُبَايِعُونَكَ إِنَّمَا يُبَايِعُونَ اللَّهَ يَدُ اللَّهِ فَوْقَ أَيْدِيهِمْ، فَمَنْ تَكَثَّرَ فَأَتَمَّا يَثْكُثَ عَلَى نَفْسِهِ، وَمَنْ أَوْفَى بِمَا عَاهَدَ عَلَيْهِ اللَّهُ فَسَيُؤْتِيهِ أَجْرًا عَظِيمًا ﴿١١﴾

سَيَقُولُ لَكَ الْمُخَلَّفُونَ مِنَ الْأَعْرَابِ شَغَلْنَا آمَؤُنَا وَأَهْلُونَا فَاسْتَغْفِرْ لَنَا، يَقُولُونَ بِأَلْسِنَتِهِمْ مَا لَيْسَ فِي قُلُوبِهِمْ، قُلْ فَمَنْ يَمْلِكُ لَكُمْ مِنَ اللَّهِ شَيْئًا إِنْ أَرَادَ بِكُمْ ضَرًّا أَوْ أَرَادَ بِكُمْ نَفْعًا، بَلْ كَانَ اللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرًا ﴿١٢﴾

بَلْ ظَنَنْتُمْ أَنْ لَنْ يَنْقَلِبَ الرَّسُولُ وَالْمُؤْمِنُونَ إِلَىٰ أَهْلِيهِمْ أَبَدًا وَرُئِينَ ذَلِكَ فِي قُلُوبِكُمْ وَظَنَنْتُمْ ظَنًّا سَوْءًا، وَكُنْتُمْ قَوْمًا بُورًا ﴿١٣﴾

وَمَنْ لَمْ يُؤْمَرْ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ فَإِنَّا أَعْتَدْنَا لِلْكَافِرِينَ سَعِيرًا ﴿١٤﴾
وَاللَّهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ، يَعْفُرُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيُعَذِّبُ مَنْ يَشَاءُ، وَاللَّهُ عَفْوٌ رَحِيمٌ ﴿١٥﴾

سَيَقُولُ الْمُخَلَّفُونَ إِذَا انطَلَقْتُمْ إِلَىٰ مَعَانِهِمْ لَنَّا حُدُودُهُمْ، قُلْ يُرِيدُونَ أَنْ يُبَدِّلُوا كَلِمَ اللَّهِ، قُلْ لَنْ تَتَّبِعُونَا كَذَلِكُمْ قَالَ اللَّهُ مِنْ قَبْلُ، فَسَيَقُولُونَ بَلْ نَحْنُ حُدُودُكُمْ، قُلْ لَنْ تَتَّبِعُونَا إِذْ لَمْ يَكُنْ لَكُمْ بَأْسٌ شَدِيدٌ تُقَاتِلُونَهُمْ أَوْ

oba bajeemulukuke. Kale bwe muliba abawulize, Allah alibawa empeera ennungi. Naye bwe mulyefuula nga bwe mwefuula olubereberye, alibabonereza n'ekibonerezo ekirumya ennyo.

يَسْلِمُونَ فَإِن تَطِيعُوا يُؤْتِكُمُ اللَّهُ أَجْرًا حَسَنًا وَإِن تَتَوَلَّوْا كَمَا تَوَلَّيْتُمْ مِن قَبْلُ يُعَذِّبْكُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٧﴾

18. Tewali kinenyo ku muzibe w'amaaso, nga tagenze kulwana oba ekinenyo ku mulema, wadde ekinenyo ku mulwadde. Naye oyo agondera Allah ne Mutume we, alimuyingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Naye oyo alyefuula, alimubonereza ekibonerezo ekirumya.

لَيْسَ عَلَى الْأَعْمَى حَرَجٌ وَلَا عَلَى الْمَرِيضِ حَرَجٌ وَلَا عَلَى مَن يَطْعَمُهُ اللَّهُ وَأَسْوَأُ مِن ذَلِكَ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِن تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَمَن يَتَوَلَّ يَُعَذِّبْهُ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٨﴾

Ruku 3

19. Mazima Allah yasiima nnyo abakkiriza awo nga beeyama obuwulize gy'oli wansi w'omuti, kuba yamanya ebiri mu mitima gyabwe, olwo n'abassiza obukkakkamu, n'abasasula obuwanguzi obw'okumpi ennyo;

لَقَدْ رَضِيَ اللَّهُ عَنِ الْمُؤْمِنِينَ إِذْ يُبَايِعُونَكَ تَحْتَ الشَّجَرَةِ فَعَلِمَ مَا فِي قُلُوبِهِمْ فَأَنْزَلَ السَّكِينَةَ عَلَيْهِمْ وَأَنَابَهُمْ فَتَحَاقَرُوا بَاءً ﴿١٩﴾

20. N'eminyago emingi gye balitwala. Era Allah ye Luwangula, Omugezi ennyo.

وَمَعَانِمَ كَثِيرَةً يَأْخُذُونَهَا وَكَانَ اللَّهُ عَزِيزًا حَكِيمًا ﴿٢٠﴾

21. Allah yabasuubiza n'eminyago emingi gye mulitwala, kati abanguyirizzaayo gino, n'aziyiza n'emikono gy'abantu okubatuukako, era kiryooke kibeere akabonero eri abakkiriza, era abalung'amyeye mu kkubo eggolokofu.

وَعَدَّكُمْ اللَّهُ مَعَانِمَ كَثِيرَةً تَأْخُذُونَهَا فَعَجَّلَ لَكُمْ هَذِهِ وَكَفَّ آيِدِي النَّاسِ عَنْكُمْ وَلِتَكُونَ آيَةً لِّلْمُؤْمِنِينَ وَيَهْدِيَكُمْ صِرَاطًا مُّسْتَقِيمًا ﴿٢١﴾

22. Era yabasuubiza n'obuwanguzi obulala bwe mutannasobola kufuna, naye nga Allah amaze okubwetooloola. Era Allah ye Musobozi wa buli kimu.

وَأُخْرَى لَمْ تَقْرُؤْ عَلَيْهَا قَدْ أَحَاطَ اللَّهُ بِهَا وَكَانَ اللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرًا ﴿٢٢﴾

23. Era singa abatakkiriza abo baalwana nammwe, mazima baalikyusizza emigongo, n'oluvannyuma tebaalifunyeeyo mukuumi wadde omuyambi.

وَلَوْ فَاتَكُمْ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوَلَّوْا الْأَذْيَارَ ثُمَّ لَا يَجِدُونَ وِلْيَةً وَلَا نَصِيرًا ﴿٢٣﴾

24. Eyo y'enkola ya Allah eyaliwo n'olubereberye, era togenda kusanga kukyuuakakyuuka kwonna mu nkola ya Allah.

سُنَّةَ اللَّهِ الَّتِي قَدْ خَلَتْ مِن قَبْلُ وَ لَن تَجِدَ لِسُنَّةِ اللَّهِ تَبْدِيلًا ﴿٢٤﴾

25. Era Ye y'eyaziya emikono gyabwe ku mmwe, n'emikono gyammwe n'agiziya

وَهُوَ الَّذِي كَفَّ آيِدِيَهُمْ عَنْكُمْ

eri Allah n'okusiima *kwe*. Obubonero bwabwe buli mu byenyi byabwe olw'obulambe bw'okuvuunama. Eyo y'enfaanana yaabwe mu Taurēti. Ate enfaanana yaabwe mu Njiri ering'anga ey'ekisimbe ekitutunuddeyo omutunsi gwa kyo n'oluvannyuma nekigugumya, negugejja, n'oluvannyuma nekitebenkera ku nduli ya kyo, nekisanyusa abalimi. *Allah atebenkeza abakkiriza* alyooke abasunguwazise abatakkiriza. Allah yasuubiza abo abakkiriza mu bo era nebakola ebikolwa ebirungi, okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانًا زَيِّمًا هُمْ فِي
 وَجُوهِهِمْ مِّنْ أَثَرِ السَّجُودِ ذَٰلِكَ
 مَثَلُهُمْ فِي التَّوْسِطِ وَمَثَلُهُمْ فِي
 الْأَنْجِيلِ فِي كَزْبِهِ أَخْرَجَ شَطَاةً فَآزَرَهُ
 فَاسْتَغْلَظَ فَاسْتَوَىٰ عَلَىٰ سُوْقِهِ
 يُعْجِبُ الرُّدَّاءَ لِيَغِيْظَ بِهِمُ الْكُفَّارَ
 وَعَدَّ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا
 الصَّالِحَاتِ مِنْهُمْ مَغْفِرَةً وَأَجْرًا
 عَظِيمًا ﴿٣١﴾

AL-HUJURÁT

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abakkiriza, temweyitirizanga mu maaso ga Allah n'Omubaka we, era mutye Allah. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omumanyi wa byonna.

3. Abange mmwe abakkiriza, temutumbulanga maloboozi gammwe kusinga ddooboozi lya Mubaka era temukangulanga ddooboozi gy'ali nga mwogera, nga bwe mulikangula nga muli mwekka na mwekka, si kulwa nga ebikolwa byammwe byonooneka nga temutegeedde.

4. Mazima abo abassa wansi amaloboozi gaabwe awali Omubaka wa Allah, abo be bo Allah be yalongoosa emitima gyabwe nga abagezesa mu kutya Allah. Abo balifuna okusonyiyibwa n'empeera ensuffu.

5. Mazima abo abakukoowoola nga bakyaali wala n'ebisulo byo, abasinga obungi mu bo tebategeera.

6. So singa bagumiikiriza okutuusa lw'ofulumu gye bali, ddala ky'ekyalibadde ekirungi ennyo gye bali. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

7. Abange mmwe abakkiriza, omwonoonefu bw'ajjanga gye muli n'amawulire gonna, kale mwekenneenyenga nnyo, si kulwa nga mulumya abantu mu butamanya, n'oluvannyuma nemuba abejjusa olw'ekyo kye mukoze.

8. Era mumanye nti ddala mu mmwe mwe-muli Omubaka wa Allah. Singa abagondera mu nsonga ezisinga obungi, mazima mwaligudde mu mitawaana. Naye Allah yabaagaliza obukkiriza era n'abulungiya mu mitima gyammwe, n'abakyayisa obutakkiriza n'obwonoonefu n'obujeemu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَقَدِّمُوا بَيْنَ يَدَيْ اللَّهِ وَرَسُولِهِ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدٌ عَلَيْهِ ②

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَرْفَعُوا أَصْوَاتَكُمْ فَوْقَ صَوْتِ النَّبِيِّ وَلَا تَجْهَرُوا لَهُ بِالْقَوْلِ كَجَهْرِ بَعْضِكُمْ لِبَعْضٍ أَن تَحْبَطَ أَعْمَالِكُمْ وَأَنتُمْ لَا تَشْعُرُونَ ③

إِنَّ الَّذِينَ يَعْضُونَ أَصْوَاتَهُمْ عِنْدَ رَسُولِ اللَّهِ أُولَئِكَ الَّذِينَ امْتَحَنَ اللَّهُ قُلُوبَهُمْ لِلتَّقْوَى لَهُم مَّغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ عَظِيمٌ ④

لِنَّ الَّذِينَ يُنَادُونَكَ مِنْ وَرَاءِ الْحُجُرَاتِ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْقِلُونَ ⑤

وَلَوْ أَنَّهُمْ صَبَرُوا حَتَّى تَخْرُجَ إِلَيْهِمْ لَكَانَ خَيْرًا لَهُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ⑥

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِن جَاءَكُمْ فَاسِقٌ بِنَبَأٍ فَتَبَيَّنُوهُ أَنْ تُصِيبُوا قَوْمًا بِجَهَالَةٍ فَتُصْحَبُوا عَلَى مَا فَعَلْتُمْ نَادِمِينَ ⑦

وَاعْلَمُوا أَن فِيكُمْ رَسُولَ اللَّهِ لَوْ يُطِيعُكُمْ فِي كَثِيرٍ مِّنَ الْأَمْرِ لَعَنِتُّمْ وَلَكِنَّ اللَّهَ حَبِيبٌ إِلَيْكُمْ الْأَلِيمَانِ وَزَيَّنَّهُ فِي قُلُوبِكُمْ وَكَرَّاهُ إِلَيْكُمْ

Abo nno be balung'amu.

الْكَفَرِ وَالْفُسُوقِ وَالْوَحْيَانِ ؕ أُولَٰئِكَ هُمُ الرَّاشِدُونَ ﴿٨﴾

9. Egyo nga gy'emikisa era nga ky'ekyengera ekiva eri Allah. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

فَضْلًا مِّنَ اللَّهِ وَرِعْمَةً ۗ وَاللَّهُ عَلِيمٌ حَكِيمٌ ﴿٩﴾

10. Era ebibiina by'abakkiriza ebibiri bwe birwanagananga, kale mubitabaganyenga. Naye ate ekimu ku byo bwe kirumbagananga ekirala, olwo mulwanyisenga ekyo ekirumbaganye okutuusa lwe kirikomawo ku kiragirowo kya Allah. Kale bwe kikomangawo, olwo mubitabaganyenga mu bwenkanya era mubeerenga beesimbu. Mazima Allah ayagala nnyo abeesimbu.

وَرَأَىٰ طَائِفَتَيْنِ مِنَ الْمُؤْمِنِينَ إِتْتَمَلُوا فَاصْلِحُوا بَيْنَهُمَا جِدَّ فَإِن تَبَخَّثَا إِحْدَاهُمَا عَلَى الْآخَرَىٰ فَقَاتِلُوا الَّتِي تَبْغِي حَتَّىٰ تَفِيءَ إِلَىٰ أَمْرِ اللَّهِ جِدَّ فَإِن فَاءَتْ فَاصْلِحُوا بَيْنَهُمَا بِالْعَدْلِ وَأَقْسِطُوا إِنَّ اللَّهَ يُحِبُّ الْمُقْسِطِينَ ﴿١٠﴾

11. Mazima abakkiriza *bonna* ba luganda. Kale mutabaganyenga wakati wa baganda bammwe, era mutye Allah mulyooke musaasirwe.

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ إِخْوَةٌ فَاصْلِحُوا بَيْنَ أَخْوَابِكُمْ وَاتَّقُوا اللَّهَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ ﴿١١﴾

Ruku 2

12. Abange mmwe abakkiriza, abantu abamu baleme kusekereranga balala, *kuba* ob'olyawo nebaba nga be babasinga. Wadde abakazi *tebasekereranga* bakazi bannaabwe, *kuba* ob'olyawo nebaba nga be babasinga. Era temuwaayirizanga bannammwe era temuyiting'ananga mannya mapaatiike. Kibi nnyo *okwegulira* erinnya ly'obujeemu oluvannyuma lw'okukkiriza. Naye abo abatabonerera, kale abo be boononefu.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا يَسْخَرْ قَوْمٌ مِّن قَوْمٍ عَسَىٰ أَن يَكُونُوا خَيْرًا مِّنْهُمْ وَلَا نِسَاءٌ مِّن نِّسَاءٍ عَسَىٰ أَن يَكُنَّ خَيْرًا مِّنْهُنَّ جِدَّ وَلَا تَلْمِزُوا أَنفُسَكُمْ وَلَا تَنَابَزُوا بِاللِّسَانِ بِلَا لِقَابٍ ۗ إِن يَبِئْسَ الِاسْمُ الْفُسُوقُ بَعْدَ الِإِيمَانِ جِدَّ وَمَن لَّمْ يَتُبْ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ﴿١٢﴾

13. Abange mmwe abakkiriza, mwewalenga nnyo okuteebereza okungi, *kuba* ddala okuteebereza okumu kuba kyonoono. Era temuketagananga era temugeyang'ananga. Abaffe, omu mu mmwe *ddala* yaalyagadde okulya ennyama ya muganda we afudde? Ekyo *ddala* temwalikyagadde. Kale nno mutye Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اجْتَنِبُوا كَثِيرًا مِّنَ الظَّنِّ إِنَّ بَعْضَ الظَّنِّ إِثْمٌ وَلَا تَجَسَّسُوا وَلَا يَغْتَب بَّعْضُكُم بَعْضًا ۗ أَن يَحِبَّ أَحَدُكُمْ أَن يَأْكُلَ لَحْمَ أَخِيهِ مَيْتًا فَكَرِهْتُمُوهُ ؕ وَاتَّقُوا اللَّهَ إِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ﴿١٣﴾

14. Abange mmwe abantu, mazima twabatonda mu kisajja n'ekikazi era netubafuula amawanga n'ebika mulyooke mumanyagane. Mazima asinga okubeera

يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنَّا خَلَقْنَاكُمْ مِّن ذَكَرٍ وَأُنثَىٰ وَجَعَلْنَاكُمْ شُعُوبًا وَقَبَائِلَ لِتَعَارَفُوا إِنَّ أَكْرَمَكُمْ عِنْدَ اللَّهِ

ow'ekitiibwa mu mmwe mu maaso ga Allah, y'oyo abasinga okutya Allah. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Ategeera byonna.

15. Abawarabu b'omu ddungu bagamba nti: Tukkiriza. Gamba nti: Temunnaba kukkiriza, wabula mugambe nti: Tusiramuse, kuba obukkiriza tebunnayingira mu mitima gyammwe. Naye bwe munaagondera Allah n'Omubaka we, Allah talikendeeza ku bikolwa byammwe n'akatono. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

16. Mazima abakkiriza *abatuufu* be bo abakkiriza Allah n'Omubaka we, n'oluvannyuma nebatabaamu kubuusabuusa kwonna, *wabula* nebatakabana n'ebuyobugagga bwabwe n'obulamu bwabwe mu kkubo lya Allah. Abo nno be b'amazima.

17. Gamba nti: Abaffe, *mwagala* kumanyisa Allah bukkiriza bwammwe? Naye nno Allah amanyi ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi. Era Allah y'amanyi buli kimu.

18. Balwooza nti bakukoledde kisa olw'okusiramuka kwabwe. Gamba nti: Nze temunkolera kisa olw'okusiramuka kwammwe, wabula Allah mmwe b'akoledde ekisa n'abalung'anya eri obukkiriza, bwe muba nga ddala mwogera mazima.

19. Mazima Allah y'amanyi eby'enkiso ebiri mu ggulu ne mu nsi. Era bye mukola byonna Allah abiraba.

أَتَقْتُمْ لِرَبِّ اللَّهِ عَلِيمٌ خَيْرٌ ⑭

قَالَتِ الْأَعْرَابُ آمَنَّا قُلْ لَمْ تُؤْمِنُوا
وَلَكِنْ قُولُوا أَسْلَمْنَا وَكَمَا يَدْخُلُ
الْإِيمَانُ فِي قُلُوبِكُمْ وَإِنْ تُطِيعُوا اللَّهَ
وَرَسُولَهُ لَا يَلِتْكُمْ مِنْ أَعْمَارِكُمْ شَيْئًا
إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ⑮

إِنَّمَا الْمُؤْمِنُونَ الَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَ
رَسُولِهِ ثُمَّ لَمْ يَزْتَابُوا وَجَاهِدُوا
بِأَمْوَالِهِمْ وَأَنْفُسِهِمْ فِي سَبِيلِ اللَّهِ
أُولَئِكَ هُمُ الصَّادِقُونَ ⑯

قُلْ أَعْلِمُونَ أَنَّ اللَّهَ بِدِينِكُمْ وَاللَّهُ
يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ
وَاللَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ⑰

يَمْتَنُونَ عَلَيْكَ أَنْ أَسْلَمُوا قُلْ لَا تَمْتَنُوا
عَلَيَّ إِسْلَامَكُمْ بَلِ اللَّهُ يَمُنُّ عَلَيْكُمْ
أَنْ هَدَيْتُمْ لِلدِّينِ الْحَقِّ إِنْ كُنْتُمْ
صَادِقِينَ ⑱

إِنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ غَيْبِ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ
وَاللَّهُ بَصِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ⑲

QĀF

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Qāf*. Njuliza Kur'āni Entukuvu nga ye mujulizi ku mazima go.

مَنْزِلٌ ٧ قَافٍ وَالْقُرْآنِ الْمَجِيدِ ①

3. Naye beewuunya olw'okutuukibwako Omulabuzi ng'ava mu bo, olwo abatakkiriza baagamba nti: Kino kintu kya kyewuunyo!

بَلْ عَجِبُوا أَنْ جَاءَهُمْ مُنذِرٌ مِنْهُمْ فَقَالَ الْكٰفِرُونَ هَذَا سِحْرٌ عَجِيبٌ ①

4. Beebuuza nti: Abaffe, bwe tulifa netufuuka ettaka, era tulizuukizibwa? Okudda okwo nga kuli wala nnyo n'amagezi!

إِذَا مَثَا وَكُنَّا تُرَابًا جِ ذٰلِكَ رَجْعَةٌ بَعِيدَةٌ ④

5. Mazima Ffe tumanyi ekyo ettaka kye libakendeezaako era gye tuli y'eri Ekitabo ekikuuma byonna.

قَدْ عَلِمْنَا مَا تَنْقُصُ الْأَرْضُ مِنْهُمْ وَعِنْدَنَا كِتَابٌ حٰفِیظٌ ⑥

6. Naye baalimbisa amazima nga gabatuseeko, kale bali mu mbeera ntabufutabufu.

بَلْ كَذَّبُوا بِالْحَقِّ لَمَّا جَاءَهُمْ فَهُمْ فِي أَمْرٍ مَّرِیءٍ ⑥

7. Abaffe, tebatunulako eri eggulu waggulu waabwe nebalaba nga bwe twalizimba era netuliwunda nga teliriiko njatika?

أَفَلَمْ يَنْظُرُوا إِلَى السَّمَاءِ فَوْقَهُمْ كَيْفَ بَنَيْنَاهَا وَزَيَّنَّاهَا وَمَا لَهَا مِنْ فُرُودٍ ⑦

8. N'ensi twagyalira netugissamu ensozi ennyweevu, netugimezaamu ebirungi ebya buli ngeri,

وَالْأَرْضِ مَدَدْنَاهَا وَأَلْقَيْنَا فِيهَا رَوَاسِيَ وَأَنْبَثْنَا فِيهَا مِنْ كُلِّ شَيْءٍ ⑧

9. Nga kwe kutangaaza era nga kwe kujjukiza eri buli muntu adding'ana eri Allah.

تَبْصِرَةً وَذِكْرَى لِكُلِّ عِبْدٍ مُّسَبِّحٍ ⑨

10. Era tutonnyesa amazzi agajjudde emikisa okuva mu bire, kale netugamezesesa ennimiro n'empeke ezikungulwa,

وَ نَزَّلْنَا مِنَ السَّمَاءِ مَاءً مُّبْرَكًا فَأَنْبَثْنَا بِهِ حَبًّا وَ نَبَاتٍ ⑩

11. N'emitende emiwanvu egiriko eng'o eziberekaganye,

وَالنَّخْلَ بَسِیْقَتٍ لَهَا طَلْعٌ نَضِيدٌ ⑪

12. Nga by'ebigabulwa eri abantu; era amazzi tugalamusisa ensi eba efudde. N'okuzuukira nno na kwo bwe kutyo bwe kuliba.

ذُرْقًا لِلْعِبَادِ وَأَحْمِيصًا بِمِ بَلَدَةٍ مَّيْمَنًا كَذٰلِكَ الْخُرُوجُ ⑫

13. Abantu ba Nuhu abaabakulembere baalimbisa obubaka, n'abantu b'oku luzzi, n'aba Thamuda,

كَذٰبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمُ نُوحٍ وَ أَصْحَابُ الرَّیْسِ وَ تَمُودُ ⑬

14. N'aba 'Ādi, ne Farāwo ne baganda ba Lūti,

15. N'abantu b'omu kibira*, n'abantu b'e Tubba* bonna baalimbisa Ababaka, olwo ekibonerezo kyange *kye nabalabulako* nekutuukirira.

16. Abaffe, *mulwooza nti* twakoowa olw'okutonda okwasooka? Nedda, bo bali mu kutabukatabuka ku ntonda empya.

Ruku 2

17. Mazima *Ffe* twatonda omuntu era tumanyi bulungi ebyo omwoyo gwe bye gumupikirizaamu, era *Ffe* tuli okumpi ennyo naye n'okusinga omusuwa gwe ogw'obulamu.

18. Awo *ba malayika* ababiri abawandiisi bwe bawandiika *ebikolwa* nga batudde, *omu* nga ali ku ddyo n'*omulala* ku kkonno,

19. *Omuntu* tayogera kigambo kyonna, wabula w'ali wabaawo omulabirizi ali obulindaala *okukiwandiika*.

20. Era okutaawa kw'okufa ddala kwa kujja, *omuntu ategezewe nti*: Ekyo nno kye wali ogezaako okwewala.

21. Era eng'ombe erifuuyibwa *nti*: Luno nno lwe lunaku olwalagaanyizibwa.

22. Era buli muntu alijja nga aliko *malayika* omugobi ne *malayika* omujulizi.

23. *Aligambibwa nti*: Mazima wali tofaayo ku kino, naye *kati* tukuggyeeko ekibikka kyo, kale okulaba kwo olwa leero kwekansa.

24. Era munneewe aligamba *nti*: *Ekiwandiiko kye* kiikino kiri bulindaala wendi.

25. *Ba malayika baligambibwa nti*: Mwembi musuule mu muliro buli mutakiriza, omulabe w'amazima,

26. Omuziyiza w'ebirungi, abuuka ensalo, abuusabuusa,

27. Oyo eyassaawo katonda omulala awamu ne Allah. Kale mwembi mumusuule mu kibonerezo ekikakali.

وَعَادَ ذَوْرَفَرَعُونَ وَإِخْوَانُ لُوطٍ ۝١٤

وَأَصْحَابُ الْآيِكَةِ وَقَوْمُ تُبَّعٍ كُلٌّ كَذَّبَ الرُّسُلَ فَحَقَّ وَعِيدِ ۝١٥

أَفَعَيَّبْنَا بِالْخَلْقِ الْأَوَّلِ بَلْ هُمْ فِي لَبْسٍ مِّنْ خَلْقٍ جَدِيدٍ ۝١٦

وَلَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنسَانَ وَتَعَلَّمْنَا نُوْحُوْسُ بِهِ نَفْسَهُ ۖ وَنَحْنُ أَقْرَبُ إِلَيْهِ مِنْ حَبْلِ الْوَرِيدِ ۝١٧

إِذْ يَتَلَفَّى الْمُتَكَلِّمِينَ عَنِ الْيَمِينِ وَعَنِ الشِّمَالِ قَعِيدٌ ۝١٨

مَا يَلْفِظُ مِنْ قَوْلٍ إِلَّا لَدَيْهِ رَقِيبٌ عَتِيدٌ ۝١٩

وَجَاءَتْ سَكْرَةُ الْمَوْتِ بِالْحَقِّ ۗ ذَٰلِكَ مَا كُنْتُمْ مِنْهُ تَجِيدُونَ ۝٢٠

وَنُفِعَ فِي الصُّورِ ذَٰلِكَ يَوْمَ الْوَعْدِ ۝٢١

وَجَاءَتْ كُلُّ نَفْسٍ مَّعَهَا سَائِقٌ وَشَهِيدٌ ۝٢٢

لَقَدْ كُنْتُمْ فِي غَفْلَةٍ مِّنْ هَٰذَا فَكَشَفْنَا عَنْكُمْ غِطَاءَكُمُ فَبَصُرْتُمُ الْيَوْمَ حَرِيدٌ ۝٢٣

وَقَالَ قَرِينُهُ هَٰذَا مَا لَدَيَّ عَتِيدٌ ۝٢٤

أَلَيْسَ فِي جَهَنَّمَ كُلٌّ كَقَارِعِينَ ۝٢٥

مَثَابِعٍ لِلْخَيْرِ مُعْتَدٍ مُّرِيبٍ ۝٢٦

إِلَّا الَّذِي جَعَلَ مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ فَأَلْقِيهِ فِي الْعَذَابِ الشَّدِيدِ ۝٢٧

50:15. Gano gaali mawanga g'Abawarabu mu mirembe egy'edda.

28. Munneewe aligamba nti: Mukama waffe, si nze namujeemya, wabula ye yennyini y'eyali mu kubula okw'ewala.

قَالَ قَرِينُهُ رَبَّنَا مَا أَطَعَيْتُهُ وَلَكِنْ
كَانَ فِي صَلَاتِي بَعِيدٌ ﴿٢٨﴾

29. Allah Aligamba nti: Temutotooganira mu maaso gange ate nga nawa dda okulabula kwange gye muli olubereberye.

قَالَ لَا تَخْتَصِمُوا لَدَيَّ وَقَدْ قَدَّمْتُ
بِلَيْكُم بِالْوَعِيدِ ﴿٢٩﴾

30. Teri nsala eva gyendi ekyuusibwa era nze siryazaamaanya baweereza.

مَا يَبْدُلُ الْقَوْلُ لَدَيَّ وَمَا أَنَا بِظَلَّامٍ
لِّلْعَالَمِينَ ﴿٣٠﴾

Ruku 3

31. Ku lunaku olwo tuligamba omuliro nti: Owange, ojjudde? Era guliddamu nti: Abaffe, eriyo ennyongeza?

يَوْمَ نَقُولُ لِجَهَنَّمَ هَلِ امْتَلَعْتِ وَ
تَقُولُ هَلْ مِنْ مَّزِيدٍ ﴿٣١﴾

32. Era n'e Janna erisembezebwa eri abatya Allah n'etaba wala.

وَأُزْلِفَتِ الْجَنَّةُ لِلْمُتَّقِينَ غَيْرَ
بَعِيدٍ ﴿٣٢﴾

33. Baligambibwa nti: Eno y'e Janna gye mwasuubizibwa, mmwe n'eri buli eyadding'ananga ennyo eri Allah, nga mwekuumi,

هَذَا مَا تُوْعَدُونَ لِكُلِّ أَوَّابٍ حَفِيظٍ ﴿٣٣﴾

34. Oyo eyatyanga Allah Omusaasizi ennyo, mu kyaama era n'ajja gy'ali n'omutima omwenenyi.

مَنْ حَشِيَ الرَّحْمَنَ بِالْغَيْبِ وَجَاءَ
بِقَلْبٍ مَّئِينٍ ﴿٣٤﴾

35. Mugiyingire mireembe. Luno lwe lunaku olw'olubeerera.

وَادْخُلُوهَا بِسَلَامٍ ذَلِكَ يَوْمُ الْخُلُودِ ﴿٣٥﴾

36. Balifuniramu buli kye balyagaliramu, ate nga n'ennyongeza tugirina.

لَهُمْ مَا يَشَاءُونَ فِيهَا وَلَدَيْنَا
مَزِيدٌ ﴿٣٦﴾

37. Ye emireembe emeka gye twazikiriza olubereberye lwabwe abaali babasinza amaanyi! Kale ekibonerezo bwe kyajja, baabuna emiwabo mu nsi. Abaffe, waaliwo obuwonero?

وَكَمْ أَهْلَكْنَا قَبْلَهُمْ مِنْ قَرْنٍ هُمْ
أَشَدُّ مِنْهُمْ بَطْشًا فَنَقَّبُوا فِي الْبِلَادِ
هَلْ مِنْ مَّجِيسٍ ﴿٣٧﴾

38. Mazima mw'ekyo mulimu okubuulirira eri oyo alina omutima, oba atega amatu era nga assaayo omwoyo.

إِنَّ فِي ذَلِكَ لَذِكْرًا لِمَنْ كَانَ لَهُ قَلْبٌ
أَوْ أَلْقَى السَّمْعَ وَهُوَ شَهِيدٌ ﴿٣٨﴾

39. Era mazima twatonda eggulu n'ensi n'ebiri wakati wa byombi mu biseera mukaaga, naye tetwatuukwako bukoowu bwonna.

وَلَقَدْ خَلَقْنَا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ وَمَا
بَيْنَهُمَا فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ وَمَا مَسَّنَا
مِنْ لُغُوبٍ ﴿٣٩﴾

40. Kale ggwe gumiikiriza kw'ebyo bye boogera era otendereze n'amatendo ga Mukama wo, nga enjuba tennavaayo n'awo nga tennagwa.

فَاصْبِرْ عَلَىٰ مَا يَقُولُونَ وَسَبِّحْ
بِحَمْدِ رَبِّكَ قَبْلَ طُلُوعِ الشَّمْسِ وَ
قَبْلِ الْغُرُوبِ ﴿٤٠﴾

41. Era mutenderezenga ne mu kiro, n'oluvannyuma lw'okuvuunama *mu swala*.
 وَمِنَ اللَّيْلِ فَسَبِّحْهُ وَأَدْبَارَ السُّجُودِ ٤١

42. Era wuliriza! Olunaku omukoowozi lw'alikoowoola nga ayima mu kifo eky'okumpi,
 وَاسْتَمِعْ يَوْمَ يُنَادِي الْمُنَادِ مِنْ مَّكَانٍ قَرِيبٍ ٤٢

43. *Olwo* lwe lunaku lwe baliwulira olubwatuka olw'amazima, olwo nno lwe lunaku lw'okuva *mu ntaana*.
 يَوْمَ يَسْمَعُونَ الصَّيْحَةَ بِالْحَقِّ ۗ ذَٰلِكَ يَوْمُ الْخُرُوجِ ٤٣

44. Mazima Ffe tuwa obulamu era Ffe tufiisa era gye tuli y'eri obuddo.
 إِنَّا نَحْنُ نُحْيِي وَنُمِيتُ وَإِلَيْنَا الْمَصِيرُ ٤٤

45. Olunaku ensi lw'eribaabikako *balijja* buteesagga. Okwo nno kwe kukung'aanya okwangu ennyo gye tuli.
 يَوْمَ تَشَقَّقُ الْأَرْضُ عَنْهُمْ سِرَاعًا ۗ ذَٰلِكَ حَشْرٌ عَلَيْنَا يَسِيرٌ ٤٥

46. Ffe tumanyi bulungi ebyo bye boogera, era ggwe toli mukasi ku bo. Kale buulirira ne Kur'ani oyo atya okulabula kwange.
 نَحْنُ أَعْلَمُ بِمَا يَقُولُونَ وَمَا أَنْتَ عَلَيْهِمْ بِجَبَّارٍ ۗ فَذَكَرَ بِالْقُرْآنِ مَنْ يَخَافُ وَعَبِدُ ٤٦

AL-DHĀRIYAT

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Njuliza ebyo ebisaasaanya olusaasaanya,
3. Era njuliza n'ebyo ebyetikka ebizito,
4. N'ebyo ebidduka ekimpoowoze,
5. N'oluvannyuma njuliza n'ebigabanya olw'ekiragiro,
6. Mazima ddala ebyo bye musuubizibwa bya mazima;
7. Era ddala okulamula, mazima kwa kubaawo.
8. Era njuliza obwengula obujjude amakubo,
9. Mazima ddala muli ku kigambo ekitatabagana.
10. Awugulwa ku mazima y'oyo asaanye okuwugulwa.
11. Abalimba bakolimirwe!
12. Abo abali mu butamanya obw'ewala, abatafaayo.
13. Abee buza nti: Olunaku lw'Okulamula lulibaawo ddi?
14. Bagambe nti: Lwe lunaku lwe balibonerezebwa mu muliro.
15. Baligambibwa nti: Muloze ku kibonerezo ky'enkwe zammwe. Kino nno kye mwali muwujjirira.
16. Mazima abatya Allah be baliba mu nsuku n'ensulo,
17. Nga beefunira ebyo Mukama waabwe bye yabawa. Mazima bo n'olubereberye lw'ekyo baali bakozi ba birungi.
18. Baalinga beebaka katonu ekiro.
19. Era nga basaba n'okusonyiyibwa mu matulutululu,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 وَالذَّرِيَّةِ ذُرِّيَّةً ②
 فَالْحَمَلِ وَفَرًّا ③
 فَالْجَرِيَّتِ يُسْرًا ④
 فَالْمَقْسَمِ امْرَأًا ⑤
 إِنَّمَا تُوْعَدُونَ لَصَادِقٌ ⑥
 وَإِنَّ الرِّدَيْنِ لَوَاقِعٌ ⑦
 وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْحُبُكِ ⑧
 إِنَّكُمْ لَفِي قَوْلٍ مُّخْتَلِفٍ ⑨
 يُؤْفَكُ عَنْهُ مَنِ أُوْفِكَ ⑩
 قُبِّلَ الْخَرَّاصُونَ ⑪
 الَّذِينَ هُمْ فِي عَمْرَةٍ سَاءٍ هُوتَ ⑫
 يَسْأَلُونَ آيَاتِ يَوْمِ الدِّينِ ⑬
 يَوْمَ هُمْ عَلَى النَّارِ يُفْتَنُونَ ⑭
 ذُوقُوا فِتْنَتَكُمْ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ
 بِهِ تَسْتَحْجِلُونَ ⑮
 إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَعُيُونٍ ⑯
 أَحْزِينَ مَا أَنَّهُمْ رَبُّهُمْ إِنَّهُمْ
 كَانُوا قَبْلَ ذَلِكَ مُّحْسِنِينَ ⑰
 كَانُوا قَلِيلًا مِّنَ النَّاسِ
 وَمَا يَهْجَعُونَ ⑱
 وَإِلَّا أَشْكَرَ هُمْ يَسْتَغْفِرُونَ ⑲

20. Era nga ne mu by'obugagga bwabwe mulimu *omutemwa* omukakafu olw'oyo asaba n'oyo atasobola kusaba.

وَفِي أَمْوَالِهِمْ حَقٌّ لِّلسَّائِلِ وَالْمَحْرُورِ ٢٠

21. Era mu nsi mulimu obubonero eri abo abalina obukakafu,

وَفِي الْأَرْضِ آيَاتٌ لِّلْمُوقِنِينَ ٢١

22. Ne mu mmwe bennyini. Abaffe, temulaba?

وَفِي أَنْفُسِكُمْ أَفَلَا تُبْصِرُونَ ٢٢

23. Era mu ggulu y'eri ebigabibwa byammwe n'ebyo bye musuubizibwa.

وَفِي السَّمَاءِ رِزْقُكُمْ وَمَا تُوعَدُونَ ٢٣

24. Kale mu mazima g'Omutonzi w'eggulu n'ensi, *Kur'ani* ddala ntuufu nga *bwe kiri ekituufu nti* nammwe mwogera.

فَوَرَبِّ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ إِنَّهُ لَحَقٌّ مِّثْلَ مَا أَنَّكُمْ تَنْطِقُونَ ٢٤

Ruku 2

25. Abaffe, watuukwako ebyafa ku bagenyi ba Ibrahimu ab'ekitiibwa?

هَلْ أَتَاكَ خَبِيرٌ صَیْفِ إِبْرَاهِيمَ الْمُكْرَمِينَ ٢٥

26. Awo bwe baayingira gy'ali, kale baagamba nti: Mirembe! Naddamu nti: Mirembe! *Anti bonna baali* bantu bagwiira.

إِذْ دَخَلُوا عَلَيْكَ فَقَالُوا سَلْمًا ؕ قَالَ سَلَامٌ قَوْمٍ مُّكَرَّمِينَ ٢٦

27. Kale yeemulula n'agenda eri ab'omu maka ge, n'aleeta *ennyama* y'ennyana ensava *enjokye*.

فَرَاغَ إِلَىٰ أَهْلِهِمْ فَجَاءَ بِعُجْلٍ سَمِينٍ ٢٧

28. N'agibasembereza, n'agamba nti: Abaffe, temuulyeko?

فَقَرَّبَهُ إِلَيْهِمْ قَالَ أَلَا تَأْكُلُونَ ٢٨

29. Olwo yawulira muli nga abatidde. Nebagamba nti: Totya. Olwo nebamuwa amawulire ag'essanyu ag'omwana ow'obulenzi alina obumanyi.

فَأَوْجَسَ مِنْهُمْ خِيفَةً ؕ قَالُوا لَا تَحْضُرْ وَبَشِّرُوهُ بِعَلْمٍ عَلِيمٍ ٢٩

30. Olwo ne mukyala we yasembera ng'eno bw'akungiriza nga bwe yeekuba mu maaso ge, n'agamba nti: *Nze* omukadde, omugumba!

فَأَقْبَلَتْ امْرَأَتُهُ فِي صَرَّةٍ فَصَكَّتْ وَجْهَهَا وَقَالَتْ عَجُوزٌ عَقِيمٌ ٣٠

31. Baddamu nti: Bw'atyo Mukama wo bw'agambye. Ddala Ye ye Mugezi ennyo, Omumanyi wa byonna.

قَالُوا كَذَلِكَ قَالَ رَبُّكَ إِنَّهُ هُوَ الْعَلِيمُ الْعَلِيمُ ٣١

Juzu 27

32. *Ibrahīmu* n'agamba nti: *Ddala* mujjiridde nsonga ki, abange mmwe abatummiddwa?

قَالَ فَمَا خَطْبُكُمْ أَيُّهَا الْمُرْسَلُونَ ٣٢

33. Nebaddamu nti: Ddala tutummiddwa eri abantu aboonoonyi,

قَالُوا إِنَّا أُرْسِلْنَا إِلَىٰ قَوْمٍ مُّجْرِمِينَ ٣٣

34. Tulyooke tubasuuleko oluyinjajinja,

لِنُرْسِلَ عَلَيْهِمْ حِجَارَةً مِن طِينٍ ٣٤

35. Olulambiddwako okuva eri Mukama wo olw'abasusse *mu bubi*.

مُسَوَّمَةً عِنْدَ رَبِّكَ لِلْمُشْرِكِينَ ٣٥

36. Kale twaggyamu abakkiriza abaakirimu, فَأَخْرَجْنَا مَنْ كَانَ فِيهَا مِنَ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٣٦﴾
37. Naye tetwakisangamu, okuggyako enju emu yokka ey'Abasiraamu. فَمَا وَجَدْنَا فِيهَا غَيْرَ بَيْتٍ مِنَ الْمُسْلِمِينَ ﴿٣٧﴾
38. Era twakirekamu eky'okulabirako ku lw'abo abatya ekibonerezo ekirumya. وَتَرَكْنَا فِيهَا آيَةً لِلَّذِينَ يَخَافُونَ الْعَذَابَ الْأَلِيمَ ﴿٣٨﴾
39. Era ne mu byafa ku Musa mwalimu eky'okuyiga. Awo bwe twamutuma eri Farawo n'obukakafu obw'olwaatu. وَفِي مُوسَى إِذْ أَرْسَلْنَاهُ إِلَى فِرْعَوْنَ بِسُلْطَنٍ مُّبِينٍ ﴿٣٩﴾
40. Kale Farawo n'akubayo mabega n'a bakungu be n'agamba nti: Mulogo oba mulalu. فَتَوَلَّى بِرُكْنِهِ وَقَالَ سِحْرٌ أَوْ مَجْنُونٌ ﴿٤٠﴾
41. Kale twamubonereza n'amagye ge netubasuula mu nnyanja nga ye y'ane-nyezebwa. فَأَخَذْنَاهُ وَجُنُودَهُ فَنَبَذْنَاهُمْ فِي الْيَمِّ وَهُوَ مُلِيمٌ ﴿٤١﴾
42. Era n'ebyaafa ku ba 'Adi mulimu eky'okulabirako. Awo bwe twabasindikira kibuyaga azikiriza, وَفِي عَادٍ إِذْ أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمُ الرِّيحَ الْعَقِيمَةَ ﴿٤٢﴾
43. Ataataliza kintu kyonna kye yatuukako, wabula yakifuula ng'eggumba erimerengufu. مَا تَذَرُ مِنْ شَيْءٍ أَتَتْ عَلَيْهِ إِلَّا جَعَلَتْهُ كَالرِّمِيِّمْ ﴿٤٣﴾
44. Era ne mu byafa ku ba Thamuda byalimu eky'okulabirako. Awo bwe baagambibwa nti: Mweyagalemu okumala akaseera. وَفِي ثَمُودَ إِذْ قِيلَ لَهُمْ تَمَتَّعُوا حَتَّىٰ حِينٍ ﴿٤٤﴾
45. Kale nebajeemera ekiragiro kya Mukama waabwe, olwo okubwatuka ne-kubakangavvula nga nabo balaba. فَتَوَّأَوْا عَنْ أَمْرِ رَبِّهِمْ فَأَخَذَتْهُمُ الصَّحَقَةُ وَهُمْ يَنْظُرُونَ ﴿٤٥﴾
46. Kale tebaasobola kusituka wadde tebeerwanako. فَمَا اسْتَطَاعُوا مِنْ قِيَامٍ وَمَا كَانُوا مُتْتَصِرِينَ ﴿٤٦﴾
47. Era twazikiriza n'abantu ba Nuhu olubereberye lwa bano. Ddala nabo baali bantu bajemu. وَقَوْمَ نُوحٍ مِنْ قَبْلُ إِنَّهُمْ كَانُوا قَوْمًا فَاسِقِينَ ﴿٤٧﴾
- Ruku 3**
48. Era n'eggulu Ffe twalikola n'amaanyi era ddala tukyaligaziya. وَالسَّمَاءِ بَنَيْنَاهَا بِأَيْدٍ وَإِنَّا لَمُوسِعُونَ ﴿٤٨﴾
49. Era n'ensi Ffe twagyaliira, ye nga tuli baalirizi balungi nnyo! وَالْأَرْضِ فَرَشْنَاهَا فَنِعْمَ الْمَاهِدُونَ ﴿٤٩﴾

50. Era mu buli kimu twakolamu omugogo gw'ekisajja n'ekikazi, mulyooke mufumiitirize. وَمِنْ كُلِّ شَيْءٍ خَلَقْنَا زَوْجَيْنِ لَعَلَّكُمْ تَذَكَّرُونَ ﴿٥٠﴾

51. Kale muddukire eri Allah. Mazima nze Mulabuzi wammwe ow'olwaatu ava gy'ali. فَقَرَّبُوا إِلَى اللَّهِ رِغْبَىٰ لَكُمْ مِّنْهُ نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٥١﴾

52. Era temuteekangawo musinzibwa mulala awamu ne Allah. Mazima nze Mulabuzi wammwe ow'olwaatu ava gy'ali. وَلَا تَجْعَلُوا مَعَ اللَّهِ إِلَهًا آخَرَ ۚ رِغْبَىٰ لَكُمْ مِّنْهُ نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٥٢﴾

53. Bwe kityo era n'abaabasooka tebaatuukibwangako Mubaka yenna, wabula baagambanga nti: Mulogo oba mulalu. كَذَٰلِكَ مَا آتَىٰ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ مِنْ رَسُولٍ إِلَّا قَالُوا سَاحِرٌ أَوْ مَجْنُونٌ ﴿٥٣﴾

54. Abaffe, baakuutiragana ku kyo? Nedda, wabula bo bantu bajeemu. أَتَوَاصُوا بِهِمْ ۖ بَلْ هُمْ قَوْمٌ طَٰغُوتٌ ﴿٥٤﴾

55. Kale ggwe baleke, kuba si ggwe onenyezebwa. فَتَوَلَّ عَنْهُمْ فَمَا أَنْتَ بِمَلُومٌ ﴿٥٥﴾

56. Naye buulirira, kuba ddala okubuulirira kugasa nnyo abakkiriza. وَذِكْرَٰتٍ الذِّكْرَىٰ تَنْفَعُ الْمُؤْمِنِينَ ﴿٥٦﴾

57. Era saatonda Majinni na bantu wabula lwa kunsinza. وَمَا خَلَقْتُ الْجِنَّ وَالْإِنْسَ إِلَّا لِيَعْبُدُونِ ﴿٥٧﴾

58. Nze seetaaga kuweebwa kya kulya kyonna okuva gye bali, wadde seetaaga bo kundiisa. مَا أُرِيدُ مِنْهُمْ مِنْ رِّزْقٍ وَمَا أُرِيدُ أَنْ يُطِيعُونِ ﴿٥٨﴾

59. Mazima Allah ye Ssaabagabi, Nannyini buyinza, Ow'amaanyi ennyo. إِنَّ اللَّهَ هُوَ الرَّزَّاقُ ذُو الْقُوَّةِ الْمَتِينُ ﴿٥٩﴾

60. Naye ddala abo aboonoonyi balina omutemwa ogufaananira ddala n'omutemwa gwa bannaabwe eb'edda, kale baleme kumbuguutanya. فَإِنَّ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا ذُنُوبًا مِّثْلَ ذُنُوبِ أَصْحَابِهِمْ فَلَا يَسْتَعْجِلُونَ ﴿٦٠﴾

61. Kale zibasanze abo abatakkiriza, olw'olunaku lwabwe olwo lwe baasuubizibwa! فَوَيْلٌ لِلَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ يَوْمِهِمُ الَّذِي يُوعَدُونَ ﴿٦١﴾

AL-ṬŪR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza *olusozi* Ṭūr,

3. N'Ekitabo ekyawandiikibwa

4. Ku bipande ebyanjuluze,

5. N'Ennyumba etabeerera awo,

6. N'akasolya akawanike,

7. N'ennyanja efuukuuse,

8. Mazima ekibonerezo kya Mukama wo ddala kya kubaawo;

9. Tewali ayinza kukiziyiza.

10. Olunaku eggulu lwe lirisambattuka olusambattuka olw'amaanyi,

11. N'agasozi galitambula olutambula,

12. Kale kw'olwo abaalimbisa ziribasanga,

13. Abo abaalinga mu kubalaata nga beezannyira.

14. Olunaku lwe balisindikibwa mu muliro olusindika,

15. *Baligambibwa nti*: Guno gwe muliro gwe mwalimbisanga.

16. Abaffe, era kuno kubuzaabuza oba era mmwe temulaba?

17. Kale muguyingire. Bwe munaagumii-kiriza oba bwe mutaagumiikirize, ky'ekimu gye muli. Mazima musasulwa lw'ebyo by mwakolanga.

18. Mazima abatya Allah be baliba mu Janna n'amasanyu amajjuvu,

19. Nga beeyagalira mw'ebyo Mukama waabwe by'abawadde, era Mukama waabwe alibawonya ekibonerezo ky'omuliro.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

وَ الطُّورِ ②

وَ كِتَابٍ مَّشْطُورٍ ③

فِي رَقٍّ مَّنشُورٍ ④

وَ الْبَيْتِ الْمَحْمُورِ ⑤

وَ السَّقْفِ الْمَرْفُوعِ ⑥

وَ الْبَحْرِ الْمَسْجُورِ ⑦

إِنَّ عَذَابَ رَبِّكَ لَوَاقِعٌ ⑧

مَا لَهُ مِنْ دَافِعٍ ⑨

يَوْمَ تَمُورُ السَّمَاءُ مَوْرًا ⑩

وَ تَسِيرُ الْجِبَالُ سَيْرًا ⑪

قَوْلٍ يَوْمَئِذٍ لِّلْمَكِدِّ بَيْنَ ⑫

الَّذِينَ هُمْ فِي حَوْضٍ يَلْعَبُونَ ⑬

يَوْمَ يُدْعَوْنَ إِلَىٰ نَارِ جَهَنَّمَ دَعَاً ⑭

هَذِهِ النَّارُ الَّتِي كُنْتُمْ بِهَا ⑮

تُكَدُّبُونَ ⑯

أَفَسِحْرُ هَذَا أَمْ أَنْتُمْ لَا تُبْصِرُونَ ⑰

إِضْلَوْهَا فَاضْبِرُوا أَوْ لَا تُضْبِرُوا ۗ وَسَاءَ ⑱

عَلَيْكُمْ ۗ إِنَّكُمْ تُجْزَوْنَ مَا كُنْتُمْ ⑲

تَعْمَلُونَ ⑳

إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَ نَعِيمٍ ㉑

فَاكْرِهِينَ ۖ بِمَا أَنشَأَ رَبُّهُمْ ۖ وَ وَفَّاهُمْ ㉒

رَبُّهُمْ عَذَابَ الْجَحِيمِ ㉓

20. *Baligambibwa nti*: Mulye era munywe n'essanyu nga y'empeera y'ebyo bye mwakolanga,

كُلُّوْا وَاشْرَبُوْا هَيْئًا بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ ﴿٢٠﴾

21. Nga bagalaamiridde ku ntebe empunde ezitegekeddwa mu nnyiriri. Era tulibafumbiza abakyalala amakula ab'amaaso ag'endege.

مُتَّكِعِينَ عَلَى سُرُرٍ مَّصْفُوفَةٍ وَرَوَّحْنَهُمْ بِحُورٍ عِينٍ ﴿٢١﴾

22. Naye abo abakkiriza n'ezzadde lyabwe nelibagoberera mu bukkiriza, naffe tulibasisinkanya n'ezzadde lyabwe. Era tetulikendeeza kantu konna ku bikolwa byabwe. Buli muntu y'aliba omusingo gw'ebyo bye yakolanga.

وَالَّذِينَ آمَنُوا وَاتَّبَعَتْهُمْ ذُرِّيَّتُهُمْ بِإِيمَانٍ أَلْحَقْنَا بِهِمْ ذُرِّيَّتَهُمْ وَمَا أَلَتْنَاهُمْ مِنْ عَمَلِهِمْ مِنْ شَيْءٍ كُلُّ امْرِئٍ بِمَا كَسَبَ رَهِيْنٌ ﴿٢٢﴾

23. Era tulibongera ebibala n'ennyama *eya buli ngeri* mw'ebyo bye balyagalanga.

وَآمَدْنَاهُمْ بِفَاكِهَةٍ وَلَحْمٍ مِّمَّا يَشْتَهُونَ ﴿٢٣﴾

24. Baliweerezaganya ekikopo *ky'ekyokunya* ekitaleeta bya swakaba wadde okwonoona.

يَتَنَزَّلُونَ فِيهَا كَأَسَا لَا لَعْوَ فِيهَا وَلَا تَأْتِيهِمْ ﴿٢٤﴾

25. Era balyetooloolwamu abavubuka baabwe, abalibanga luulu enkusike.

وَيَطُوفُ عَلَيْهِمْ غِلْمَانٌ لَهُمْ كَأَنَّهُمْ لَوْلُوْا مَكْنُونٌ ﴿٢٥﴾

26. Era baliyolekagana bokka na bokka nga beewuunaganya.

وَاقْبَلْ بَعْضُهُمْ عَلَى بَعْضٍ يَتَسَاءَلُونَ ﴿٢٦﴾

27. Nga bwe bagamba nti: Ddala olubereberye bwe twabanga mu baffe twatyanga nnyo *Allah okutusunguwalira*.

قَالُوْا إِنَّا كُنَّا قَبْلَ فِيْ أَهْلِئِنَا مُشْفِقِينَ ﴿٢٧﴾

28. Kale ne Allah n'aba wa kisa gye tuli n'atuwonya ekibonerezo ky'olubabu.

فَمَنْ اللّٰهُ عَلَيْنَا وَوَقَدْنَا عَذَابَ السَّمُورِ ﴿٢٨﴾

29. Mazima n'olubereberye, ffe Ye gwe twalaajaniranga. Ddala Ye ye Mulungi ennyo, ow'ekisa ekingi.

إِنَّا كُنَّا مِنْ قَبْلُ نَدْعُوْهُ إِنَّهُ هُوَ الْبَرُّ الرَّحِيْمُ ﴿٢٩﴾

Ruku 2

30. Kale builirira. Kuba olw'okusaasira kwa Mukama wo, toli mulaguzi wadde toli mugwi wa ddalu.

فَذَكِّرْ مَا أَنْتَ بِنِعْمَتِ رَبِّكَ بِكَاهِنٍ وَلَا مَجْنُوْنٍ ﴿٣٠﴾

31. Kazzi bagamba nti: Muyiia wa bitontome, tumulindiriza kiseera eky'akabi?

أَمْ يَقُوْلُونَ شَاعِرٌ تَتَرَبَّصُ بِهِ رَيْبَ الْمَنُوْنِ ﴿٣١﴾

32. Gamba nti: Kale mulindirire! Nange ndi wamu nammwe mu balindirira.

قُلْ تَرَبَّصُوْا فَإِنِّي مَعَكُمْ مِنَ الْمُتَرَبِّصِيْنَ ﴿٣٢﴾

33. Abaffe, amagezi gaabwe ge gabalagira kino oba bo bantu bajeemu bujeemu? **أَمْ تَأْمُرُهُمْ أَخْلَامُهُمْ بِهَذَا أَمْ هُمْ قَوْمٌ طَاعُونَ ﴿٣٣﴾**
34. Nandiki, bagamba nti: *Kur'āni* y'eyagiyiia? Ddala bo si ba kukkiriza. **أَمْ يَقُولُونَ تَقْوَاهُ بَلْ لَا يُؤْمِنُونَ ﴿٣٤﴾**
35. Kale *nabo* baleeteyo ekigambo ekiringa kino, obanga boogera mazima. **فَلْيَأْتُوا بِحَدِيثٍ مِّثْلِهِ إِنْ كَانُوا صَادِقِينَ ﴿٣٥﴾**
36. Nandiki, baatondebwa lwa bweerere oba bo be batonzi? **أَمْ خُلِقُوا مِنْ غَيْرِ شَيْءٍ أَمْ هُمُ الْخَالِقُونَ ﴿٣٦﴾**
37. Nandiki be baatonda eggulu n'ensi? Nedda, tebalina bukakafu. **أَمْ خَلَقُوا السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بَلْ لَا يُؤْقِنُونَ ﴿٣٧﴾**
38. Abaffe, bo be balina amawanika ga Mukama wo, oba bo be balibirizi ba go? **أَمْ عِنْدَهُمْ خَزَائِنُ رَيْكَ أَمْ هُمُ الْمُصَيِّطُونَ ﴿٣٨﴾**
39. Nandiki, balinawo amadaala ge bawuliririzaako *ebifa mu ggulu*? Kale omuwuliriza waabwe aleete obukakafu obw'olwaatu. **أَمْ لَهُمْ سُلَّمٌ يَسْتَمِعُونَ فِيهِ ۚ فَلْيَأْتِ مُسْتَمِعُهُمْ بِسُلْطَنِ مُبِينٍ ﴿٣٩﴾**
40. Abaffe, Ye y'alina abaana abawala, mmwe nemuba n'abalenzi? **أَمْ لَهُ الْبَنَاتُ وَلَكُمُ الْبَنُونَ ﴿٤٠﴾**
41. Nandiki obasabye mpeera nti bazito-owererwa bbanja? **أَمْ تَشَاءُ لَهُمْ أَجْرًا فَهُمْ مِنْ مَعْرُومٍ مُثْقَلُونَ ﴿٤١﴾**
42. Oba balina *okumanya* kw'cbyenkiso nti *kati* bo bye bawandiika? **أَمْ عِنْدَهُمُ الْغَيْبُ فَهُمْ يَكْتُمُونَ ﴿٤٢﴾**
43. Nandiki, baagala kwekoba? Anti era abatakkiriza okwekoba *kwabwe* ate kuddira bo. **أَمْ يُرِيدُونَ كَيْدًا ۖ فَالَّذِينَ كَفَرُوا هُمُ الْمَكِيدُونَ ﴿٤٣﴾**
44. Abaffe, balinayo katonda omulala atali Allah? Omutuukirivu ye Allah ali waggulu ennyo n'ebyo bye benkanya naye! **أَمْ لَهُمْ آلَةٌ غَيْرُ اللَّهِ ۖ سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٤٤﴾**
45. Era bwe balaba ekibajjo ekiva waggulu nga kigwa, bagamba nti: Ebire *by'enkuba* binaatera okwetuumu. **وَإِنْ يَرَوْا كِسْفًا مِنَ السَّمَاءِ سَاقِطًا يَقُولُوا سَحَابٌ مَّرْكُومٌ ﴿٤٥﴾**
46. Kale ggwe baleke okutuusa lwe balisisinkana n'olonaku lwabwe olwo lwe balikubirwamu eraddu, **فَذَرَهُمْ حَتَّى يَلْقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي فِيهِ يُصْعَقُونَ ﴿٤٦﴾**
47. Olunaku okwekoba kwabwe lwe kutsaligasa n'akatono, wadde tebaliyambibwa. **يَوْمَ لَا يُغْنِي عَنْهُمْ كَيْدُهُمْ شَيْئًا وَلَا هُمْ يُنصَرُونَ ﴿٤٧﴾**
48. Era ddala abo abakola ebibi, balinayo n'ekibonerezo ekirala ebbali w'ekyo. Naye abasinga obungi mu bo tebamanyi. **وَإِنَّ لِلَّذِينَ ظَلَمُوا عَذَابًا دُونَ ذَلِكَ وَلَكِنْ أَكْثَرُهُمْ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٤٨﴾**

49. Kale lindirira okusalawo kwa Mukama wo, mazima gwe oli mu bulabirizi bwaffe; era tendereza nnyo n'amatendo ga Mukama wo buli lw'ogolokoka,

وَاضْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ فَإِنَّكَ بِأَعْيُنِنَا
وَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ حِينَ تَقُومُ ﴿٤٩﴾

50. Era ne mu kitundu ekimu eky'ekiro mutenderezenga nnyo, n'awo emmunyenye we zigwiira.

﴿٥٠﴾ وَمِنَ اللَّيْلِ فَسَبِّحْهُ وَإِدْبَارَ النُّجُومِ ﴿٥١﴾

AL-NAJIM

(Yakka lubereberye Iwa Hijira)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza emmunyeenye awo nga egwa,

3. Munnammwe tabulanga wadde tawabanga,

4. Era tayogera Iwa kweyagalira.

5. Ebyo si kirala wabula kwe kubikkulirwa okubikkulwa Allah.

6. Ow'amaanyi amasukkirivu y'amuyigiriza,

7. Nannyini maanyi ag'ensusso. Bw'atyo eyatebenkera ku Nnamulondo ye.

8. Era y'eyamubikkulira nga ali ekkuzimu esingira ddala obutumbiivu.

9. N'oluvannyuma yasembera nnyo eri Allah, olwo ate n'akkirira eri ebitonde,

10. Kale n'abang'akagwa akali ku mitego gy'obusaale ebiri, oba okumpi ennyo okusingawo.

11. Olwo n'abikkulira Omuweereza we ebyo bye yabikkula.

12. Omwoyo gwa Mutume tegwalimbamu kw'ebyo bye yalaba.

13. Abaffe, era munaamuwakanya kw'ebyo bye yalaba?

14. Era ddala yamulaba ne mu kukka okulala,

15. Okumpi n'omuti gwa Sidiri ogukomererayo.

16. Okumpi na gwo we wali Janna y'amaka ag'olubeerera.

17. Ekyo kyalibo awo ng'ekisaanikira Sidiri kigisaanikidde.

18. Eriiso teryawubwa wadde teryalabankana.

19. Mazima yalabira ddala obubonero bwa Mukama we obusingira ddala obukulu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

وَالنَّجْمِ إِذَا هَوَىٰ ②

مَا ضَلَّ صَاحِبُكُمْ وَمَا غَوَىٰ ③

وَمَا يَنْطِقُ عَنِ الْهَوَىٰ ④

إِنْ هُوَ إِلَّا وَحْيٌ يُوحَىٰ ⑤

عَلَّمَهُ شَدِيدُ الْقُوَىٰ ⑥

ذُو مِرَّةٍ ۖ فَاسْتَوَىٰ ⑦

وَهُوَ بِالْأُفُقِ الْأَعْلَىٰ ⑧

ثُمَّ دَنَا فَتَدَلَّىٰ ⑨

فَكَانَ قَابَ قَوْسَيْنِ أَوْ أَدْنَىٰ ⑩

فَأَوْحَىٰ إِلَىٰ عَبْدِهِ مَا أَوْحَىٰ ⑪

مَا كَذَبَ الْفُؤَادُ مَا رَأَىٰ ⑫

أَفَتُمَارُونَهُ عَلَىٰ مَا يَرَىٰ ⑬

وَلَقَدْ رَآهُ نَزْلَةً أُخْرَىٰ ⑭

عِنْدَ سِدْرَةِ الْمُنْتَهَىٰ ⑮

عِنْدَهَا جَنَّةُ الْمَأْوَىٰ ⑯

إِذَا يَغْشَى السِّدْرَةَ مَا يَغْشَىٰ ⑰

مَا زَاغَ الْبَصَرُ وَمَا طَغَىٰ ⑱

لَقَدْ رَأَىٰ مِنْ آيَاتِ رَبِّهِ الْكُبْرَىٰ ⑲

20. Abaffe, mubalabye: Lāti * ne ‘Uzza? *

أَفَرَأَيْتُمُ اللَّاتَ وَالْعُزَّىٰ ۝١٠

21. N’omulala Manāti * owokusatu?

وَمَنْوَةَ الثَّالِثَةِ الْاُخْرَىٰ ۝١١

22. Abaffe, mmwe mulina ab’obulenzi, Ye alina ba buwala?

الْكُمُ الذَّكَرُ وَلَهُ الْاُنْثَىٰ ۝١٢

23. Mazima okwo nno kugabanya kwa kiryazaamaanyi !

بِئْسَ لَإِذَا قَسَمَةً ضَيْدِي ۝١٣

24. Ago si kirala wabula mannya bunnya ge mwatuumma mmwe ne bakitammwe. Allah tagassangako bukakafu bwonna. Tebagoberera kirala wabula kuteebereza, n’ebyo emyoyo *gyabwe* bye *gyagala*; so nga ddala baatuukibwako obulung’amu obwava eri Mukama waabwe.

إِن هِيَ إِلَّا أَسْمَاءُ سَمَّيْتُمُوهَا أَنْتُمْ وَآبَاؤُكُمْ مِمَّا أَنْزَلَ اللَّهُ بِهَا مِنْ سُلْطَانٍ ۚ إِن يَتَّبِعُونَ إِلَّا الظَّنَّ وَ مَا تَهْوَى الْأَنْفُسُ ۚ وَ لَقَدْ جَاءَهُمْ مِنَ رَبِّهِمْ الْهُدَىٰ ۝١٤

25. Abaffe, omuntu ayinza okufuna buli kye yeegomba?

أَمْ لِيْلَدَانَسَانِ مَا تَمَنَّىٰ ۝١٥

26. Kale eby’enkomerero n’eby’oku *nsi* bya Allah.

فِيهِ الْاُخْرَىٰ وَالْاُولَىٰ ۝١٦

Ruku 2

27. Ye ba malayika bameka abali mu ggulu *naye nga* okuwolereza kwabwe tekugasa n’akatono, wabula luvannyuma nga Allah amaze kukkiriza oyo gw’aba ayagadde era ng’asiimye?

وَكَمْ مِنْ مَلَكٍ فِي السَّمَوَاتِ لَا تُغْنِي عَنْهُمْ شَفَاعَتُهُمْ شَيْئًا إِلَّا مِنْ بَعْدِ أَنْ يَأْذَنَ اللَّهُ لِمَنْ يَشَاءُ وَيَرْضَىٰ ۝١٧

28. Mazima abo abatakkiriza nkomerero ddala be batuuma ba malayika amannya g’ekikazi,

إِنَّ الَّذِينَ لَا يُؤْمِنُونَ بِالْاُخْرَىٰ لَيْسَمُومَنَ الْمَلَكَةِ تَسْمِيَةَ الْاُنْثَىٰ ۝١٨
وَمَا لَهُمْ بِهِ مِنْ عِلْمٍ ۚ إِن يَتَّبِعُونَ إِلَّا الظَّنَّ ۚ وَ لَإِن الظَّنَّ لَا يُغْنِي مِنَ الْحَقِّ شَيْئًا ۝١٩

29. So nga ekyo tebalina kye bakimanyiiko. Tebagoberera kirala wabula okuteebeeka; naye ddala okuteebeeka tekugasa n’akatono awali amazima.

فَاعْرِضْ عَنْ مَنْ تَوَلَّىٰ ۙ عَنْ ذِكْرِنَا وَ لَمْ يَرِدْ إِلَّا الْحَيَوةَ الدُّنْيَا ۝٢٠

30. Kale leka oyo akuba amabega eri Okubuulirira kwaffe era atanoonya kirala okuggyako obulamu bw’ensi.

ذَلِكَ مَبْلَغُهُمْ مِنَ الْعِلْمِ ۚ إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ ۚ وَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنِ اهْتَدَىٰ ۝٢١

31. Awo bo we bakoma mu kumanya. Mazima Mukama wo y’asinga okumanya oyo abuze ku kkubo lye era y’asinga okumanya oyo agoberera obulung’amu.

وَ يَلْقَوْنَ فِي السَّمَوَاتِ وَ مَا فِي الْاَرْضِ ۙ لِيَجْزِيَ الَّذِينَ اَسَاءُوا بِمَا عَمِلُوا وَ لِيَجْزِيَ الَّذِينَ اَحْسَنُوا بِالْحُسْنَىٰ ۝٢٢

32. Era byonna ebiri mu ggulu n’ebiri mu nsi bya Allah, n’ekivaamu اساسula abaayonoona okusenziira ku bye baakola; n’اساسula n’abo abakola ebirungi ng’*abasasula* ebyo ebisingira ddala obulungi.

33. Abo abeewalira ddala ebibi ebinene n' ebya mbyoone — okuggyako obusobyosobyoby *obuyitira* — mazima Mukama wo ye Nannyini kusonyiwa okugazi. Ye mmwe y'asinga okubategeera *okuviira ddala* awo we yabatondera mu nsi era n'awo nga mukyali ttutumba mu mbuto za bannyammwe. Kale nno temwetukuzatukuzanga, Ye y'asinga okumanya oyo atya Allah.

Ruku 3

34. Abaffe, omulabye oyo akubayo amabega,

35. N'atoola katono, n'akodowala?

36. Abaffe, alinayo okumanya kw'ebye-nkiso, bw'atyo asobola okulaba *ebijja*?

37. Abaffe, teyategezebwa kw'ebyo ebiri mu biwandiiko bya Mūsa

38. Ne Ibrāhīmu oyo eyatuukiriza *endagaaano*?

39. Nti tewali mwetissi yenna alyetikka buzito bwa mulala;

40. Era nti omuntu talifuna *kyonna* okuggyako ekyo ky'atakabanidde;

41. Era nti ddala okufuba kwe mangu nnyo kujja kulabwa;

42. N'oluvannyuma alisasulwa empeera enzijuvu;

43. Era ddala eri Mukama wo y'eri enkomerero *ya buli kimu*;

44. Era nti ddala Ye y'asesa era y'akaabya;

45. Era nti ddala Ye y'afiisa era y'awa obulamu;

46. Era nti ddala Ye y'eyatonda ebibiri ebibiri, ekisajja n'ekikazi,

47. Okuva mu ttondo ly'amazzi agazaala awo nga liyiibbwa;

48. Era nti ddala n'okutonda kw'oluvannyuma kuli ku Ye;

49. Era nti ddala Ye y'agaggawaza era y'amatiza;

50. Era nti ddala Ye Mukama w'*emmunyeenye Shi'rā*;

51. Era nti ddala y'eyazikiriza aba 'Adi abaasooka,

الَّذِينَ يَجْتَنِبُونَ كَبِيرَ الْأَثْمِ وَالْمَوَاحِشِ إِلَّا اللَّمَمَ إِنَّ رَبَّكَ وَاسِعُ الْمَغْفِرَةِ هُوَ أَعْلَمُ بِكُمْ إِذْ أَنْشَأَكُمْ مِنَ الْأَرْضِ وَإِذْ أَنْتُمْ أَجْنَتٌ فِي بُطُونِ أُمَّهَاتِكُمْ فَلَا تُزَكُّوا أَنْفُسَكُمْ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنِ اتَّقَى ﴿٣٣﴾

أَفَرَأَيْتَ الَّذِي تَوَلَّى ﴿٣٤﴾

وَآعْطَى قَلِيلًا وَآكْذَى ﴿٣٥﴾

أَعِنْدَكَ عِلْمُ الْغَيْبِ فَهَوَّ يَرَى ﴿٣٦﴾

أَفَلَمْ يَنْبَأْ بِمَا فِي صُحُفِ مُوسَى ﴿٣٧﴾

وَإِبْرَاهِيمَ الَّذِي وَفَّى ﴿٣٨﴾

أَلَا تَزِدُّ وَإِرَّةً وَزِدُّ أٰخْرَى ﴿٣٩﴾

وَإِنَّ لَيْسَ لِإِلَادِنَا إِلَّا مَا سَعَى ﴿٤٠﴾

وَإِنَّ سَعْيَهُ سَوْفَ يُرَى ﴿٤١﴾

ثُمَّ يَجْزِيهِ الْجَزَاءَ الْأَوْفَى ﴿٤٢﴾

وَإِنَّ إِلَى رَبِّكَ الْمُنتَهَى ﴿٤٣﴾

وَإِنَّهُ هُوَ أَضْحَكَ وَأَبْكَى ﴿٤٤﴾

وَإِنَّهُ هُوَ آمَاتٌ وَأَحْيَا ﴿٤٥﴾

وَإِنَّهُ خَلَقَ الرُّؤُوسَ الذَّكَرَ وَالْأُنْثَى ﴿٤٦﴾

مِنْ نُطْقَةٍ إِذَا تُنْمَى ﴿٤٧﴾

وَإِنَّ عَلَيْهِ النَّشَآةَ الْآخْرَى ﴿٤٨﴾

وَإِنَّهُ هُوَ آغْنَى وَأَقْنَى ﴿٤٩﴾

وَإِنَّهُ هُوَ رَبُّ الشِّعْرَى ﴿٥٠﴾

وَإِنَّهُ أَهْلَكَ عَادًا الْأُولَى ﴿٥١﴾

52. N'aba Thamūda teyalekawo n'omu,

وَتَمُودًا فَمَا أَهْبَىٰ ۝٥٦

53. N'abantu ba Nūhu olubereberye —
ddala bo baali boononefu nnyo, nga
bajeemu nnyo —

وَقَوْمَ نُوحٍ مِّن قَبْلُ إِنَّهُمْ كَانُوا هُمْ
أَظْلَمَ وَأَطْغَىٰ ۝٥٧

54. N'ebibuga ebyavuunikibwa y'eyabisu-
ula,

وَالْمُؤْتَفِكَةَ أَهْوَىٰ ۝٥٨

55. Kale nekibisaanikira ekyo ekyabisaa-
nikira.

فَعَشَاهَا مَا غَشَىٰ ۝٥٩

56. Kale ate kiki ky'owakanya ku byengera
bya Mukama wo?

فِي آيِ الْآلَاءِ رَبِّكَ تَتَمَارَىٰ ۝٦٠

57. Ono ye Mulabuzi ali mu Balabuzi
ab'olubereberye.

هَذَا نَذِيرٌ مِّنَ النَّذِرِ الْأُولَىٰ ۝٦١

58. *Essaawa* ey'okusembera esembedde.

أَرَفَتِ الْأَرْفَةَ ۝٦٢

59. Teriiko ayinza kugiggyawo okuggyako
Allah.

لَيْسَ لَهَا مِنْ دُونِ اللَّهِ كَاشِفَةٌ ۝٦٣

60. Abaffe, ekigambo kino kye mwewuunya?

أَفَمِن هَذَا الْحَدِيثِ تَعْجَبُونَ ۝٦٤

61. Nemuseka busesi, nemutakaaba?

وَتَضْحَكُونَ وَلَا تَبْكُونَ ۝٦٥

62. Era ne mutafa nayo?

وَأَنْتُمْ سَامِدُونَ ۝٦٦

63. Kale muvuunamire Allah era gwe
mubanga musinza.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا قَسِّدُوا لِلَّهِ
وَأَعْبُدُوا^{تجدة} ۝٦٧

AL-QAMAR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Essaawa esembedde, n'omwezi gwabi-seemu.

3. Naye *bo* bwe balaba akabonero, bakubayo mabega nebagamba nti: Bulogo bwa lutentezi.

4. Nebalimbisa era nebagoberera okwagala kwabwe. Naye buli kiragiro kiba n'ekiseera ekigere.

5. Era ddala baatuukibwako amawulire amakulu ago agalimu okulabula —

6. *Nga* magezi majjuvu, naye okulabula tekugasa *gye bali*.

7. Kale ggwe baleke *okutuusa* olunaku Omukoowoozi lw'alikoowoola *abantu* eri ekintu ekitakkirizika,

8. Amaaso gaabwe galitunula wansi. Baliva mu ntaana nga balinga enzige ezisaasaanye,

9. *Nga* beeyuna eri Omukoowoozi. Abatakkiriza baligamba nti: Luno lunaku lukakanyavu.

10. Abantu ba Nuhu abaabakulembere baalimbisa *obubaka* era nebalimbisa n'Omuwereza waffe, nebagamba nti mulalu era alumbiddwa *ba lubaale*.

11. Kale yasaba Mukama we nti: Ddala nze mpanguddwa, naye yamba!

12. Kale netuggulawo enzigi z'ebire n'amazzi agafukumuka;

13. Era netuvuuguula ensulo mu nsi, amazzi negasisinkana olw'ensonga eyali emaze okugerekebwa.

14. Era *Nuhu* netumusitulira mu *kyombo* eky'embaawo n'emisumaali.

15. *Nga* kiseeyeeya na kulabirira kwaffe, nga y'empeera y'oyo eyagaanibwa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

اِقْتَرَبَتِ السَّاعَةُ وَالنَّشْقُ الْقَمَرِ ②

وَلَا يَنْبُرُوا آيَةً يَعْرِضُوا وَيَقُولُوا سِحْرٌ مُّسْتَمِرٌّ ③

وَكَذَّبُوا وَاتَّبَعُوا أَهْوَاءَهُمْ وَكُلُّ أَمْرٍ مُّسْتَقَرٌّ ④

وَلَقَدْ جَاءَهُمْ مِنَ الْأَنْبَاءِ مَا فِيهِ مُزْدَجَرٌ ⑤

حِكْمَةٌ بَالِغَةٌ فَمَا تُغْنِ التُّذُرُ ⑥

فَتَوَلَّ عَنْهُمْ مِرْيَوْمَ يَدْعُمُ الدَّارِ إِلَى شَيْءٍ نُّكْرٍ ⑦

حُشْحَا أَبْصَارُهُمْ يَخْرُجُونَ مِنَ الْأَجْدَاثِ كَأَنَّهُمْ جَرَادٌ مُّنتَشِرٌ ⑧

مُهْطِعِينَ إِلَى الدَّارِ يَقُولُ الْكٰفِرُونَ هَذَا يَوْمٌ عَسِرٌ ⑨

كَذَّبَتْ قَبْلَهُمْ قَوْمٌ نُوحٍ فَكَذَّبُوا عَبْدَنَا وَقَالُوا مَجْنُونٌ وَازْدُجِرَ ⑩

فَدَعَا رَبَّهُ أَنِّي مَغْلُوبٌ فَانْتَصِرَ ⑪

فَفَتَحْنَا أَبْوَابَ السَّمَاءِ بِمَاءٍ مُّنْهَمِرٍ ⑫

وَفَجَّرْنَا الْأَرْضَ عُيُونًا فَالْتَقَى الْمَاءُ عَلَى أَمْرٍ قَدْ قُدِرَ ⑬

وَحَمَلْنَاهُ عَلَى ذَاتِ الْأَوَّاحِ وَدَسْرٍ ⑭

تَجْرِي بِأَعْيُنِنَا جُرَّاءٌ لِّمَن كَانَ كُفْرًا ⑮

16. Era mazima *ekikolwa* *ekyo* twakirekawo ng'akabonero; naye abaffe, waliwo ku yenna alabuka?

17. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange byali bitya?

18. Era ddala twafuula Kur'ani ennyangu okujjukirwa *n'okutegeera*. Naye abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza?

19. Aba 'Adi baalimbisa *Omubaka*. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange byali bitya?

20. Mazima twabasindikira kibuyaga ow'essungu ku lunaku olw'ekikwa eky'olutentezi,

21. Ng'asikambula abantu *nebagwa eri* nebaba ng'ebikolo by'emitende egikuuliddwa.

22. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange byali bitya?

23. Era ddala Kur'ani twagifuula ennyangu okukwata *n'okutegeera*. Naye abaffe, waliwo ku yenna anaagikwata *ku mwoyo*?

Ruku 2

24. Aba Thamuda *nabo* baalimbisa Abalabuzi.

25. Ne bagamba nti: Abaffe, omuntu omu ati mu ffe gwe tuba tugoberera? Mazima olwo naffe tunaaba tuli mu bubuze na bulogovvu.

26. Era ye y'assibwako Okubuulirira mu ffe fenna? Nedda, oyo mulimba, mwepansi!

27. Enkya bajja kumanya ani mulimba, omwepansi!

28. Mazima tujja kuweereza eng'amira enkazi nga kigezo gye bali. Kale ggwe basseeko abiri era ogumiikirize.

29. Era bategeeze nti ddala amazzi ga kugabanyizibwa wakati waabwe naye nga buli kiseera ky'okunywa kikumwa.

30. Naye baakoowoola munnaabwe, n'asinzira n'agitemako amagulu.

31. Naye ekibonerezo kyange n'okulabula kwange by'ali bitya?

32. Mazima twabasindikira olubwatuka lumu, nebaba ng'omuddo omukalu, ogulinyiriddwa.

وَلَقَدْ تَرَكْنَهَا آيَةً فَهَلْ مِنْ مَدَّ كِرٍ ﴿١٦﴾

فَكَيْفَ كَانَ عَذَابِي وَنُذُرٍ ﴿١٧﴾

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ

مُدَّ كِرٍ ﴿١٨﴾

كَذَّبَتْ عَادٌ فَكَيْفَ كَانَ عَذَابِي وَ

نُذُرٍ ﴿١٩﴾

إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ رِيحًا صَرْصَرًا فِي

يَوْمٍ نَحْسٍ مُسْتَمِرٍّ ﴿٢٠﴾

تَنْزِيلُ النَّاسِ ۖ كَانَتْهُمْ أَعْجَازٌ نَخِيلٍ

مُتَفَعِّفَةٍ ﴿٢١﴾

فَكَيْفَ كَانَ عَذَابِي وَنُذُرٍ ﴿٢٢﴾

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ

مُدَّ كِرٍ ﴿٢٣﴾

كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِالنُّذُرِ ﴿٢٤﴾

فَقَالُوا أَبَشْرًا مِثْلًا وَاحِدًا نَتَّبِعُهُ ۗ

إِنَّا إِذَا لَأَبْيَضِلُّ وَسُعِرٍ ﴿٢٥﴾

ءِ الْبَقِي الذُّخْرُ عَلَيْهِ مِنْ بَيْنِنَا بَلْ

هُوَ كَذَّابٌ أَشْرٌ ﴿٢٦﴾

سَيَعْلَمُونَ عَذَابَ الْكَذَّابِ الْأَشْرِ ﴿٢٧﴾

إِنَّا مُرْسِلُوا النَّاقَةِ فِتْنَةً لَهُمْ

فَأَزْتَقِبُهُمْ وَاصْطَبِرُوا ﴿٢٨﴾

وَ تَبَيَّنْ لَهُمْ أَنَّ الْمَاءَ قِسْمَةٌ بَيْنَهُمْ ۖ كُلُّ

شَرِبٍ مٌخْتَصِرٌ ﴿٢٩﴾

فَتَادُوا صَاحِبَهُمْ فَتَعَاطَى فَعَقَرَ ﴿٣٠﴾

فَكَيْفَ كَانَ عَذَابِي وَنُذُرٍ ﴿٣١﴾

إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ صَيْحَةً وَاحِدَةً

فَكَانُوا كَهَيْشِيمِ الْمُخْتَصِرِ ﴿٣٢﴾

33. Era ddala Kur'āni twagifuula ennyangu okujjukira *n'okutegeera*. Naye abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza?

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ
مِنْ مُدَّكِرٍ ﴿٣٣﴾

34. N'abantu ba Lūti baalimbisa abalabuzi.

كَذَّبَتْ قَوْمُ لُوطٍ بِالتُّذْرِ ﴿٣٤﴾

35. Mazima twabasindikira omuyaga gw'oluyinjayinja, okuggyako ab'omu maka ga Lūti; bo twabawonya nga bunaatera okukya,

إِنَّا أَرْسَلْنَا عَلَيْهِمْ حَاصِبًا إِلَّا آلَ لُوطٍ
نَجَّيْنَاهُمْ بِسَحَرٍ ﴿٣٥﴾

36. Nga gwe mukisa oguva gye tuli. Bwe tutyo nno bwe tusasula oyo eyeebaza.

رِعْمَةً مِّنْ عِنْدِنَا كَذَلِكَ نَجْزِي مَنْ
شَكَرَ ﴿٣٦﴾

37. Era ddala yabalabula ku kibonerezo kyaffe, naye nebabuusabuusa okulabula.

وَلَقَدْ أَنْذَرَهُمْ بَطْشَتَنَا فَتَمَارَوْا
بِالتُّذْرِ ﴿٣٧﴾

38. Era ddala baagezaako okumuggya ku bagenyi be, kale netuziba amaaso gaabwe, *netubagamba nti*: Kale muloze ku kibonerezo kyange n'okulabula kwange.

وَلَقَدْ رَاودُوهُ عَنْ صَيْفِهِمْ فَطَمَسْنَا
أَعْيُنَهُمْ فَذُوقُوا عَذَابِنَا وَنُذِرُ ﴿٣٨﴾

39. Era ddala ekibonerezo eky'olutentezi kyabatuukako ku maliiri.

وَلَقَدْ صَبَّحَهُمْ بُكْرَةً عَذَابٌ مُّسْتَقِرٌّ ﴿٣٩﴾

40. Kale muloze ku kibonerezo kyange n'okulabula kwange.

فَذُوقُوا عَذَابِنَا وَنُذِرُ ﴿٤٠﴾

41. Era ddala Kur'āni twagifuula ennyangu okujjukirwa *n'okukwata*. Naye abaffe, waliwo ku yenna anaalabuka?

وَلَقَدْ يَسَّرْنَا الْقُرْآنَ لِلذِّكْرِ فَهَلْ مِنْ
مُدَّكِرٍ ﴿٤١﴾

Ruku 3

42. Era ddala abantu ba Farāwo nabo baatuukibwako Abalabuzi.

وَلَقَدْ جَاءَ آلَ فِرْعَوْنَ التُّذْرُ ﴿٤٢﴾

43. Baalimbisa obubonero bwaffe bwonna, kale netubakangavvula enkangavvula eya Kirimaanyi, Nannyini buyinza.

كَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كُلِّهَا فَأَخَذْنَاهُمْ أَخْذَ
عَزِيزٍ مُّقْتَدِرٍ ﴿٤٣﴾

44. Abaffe, abatakkiriza abammwe be basinga kw'abo? Nandiki mulinawo obuwonero *obwawandiikibwa* mu Bitabo?

أَكْفَارُكُمْ خَيْرٌ مِنْ أُولَئِكُمْ أَمْ لَكُمْ
بِرَاءَةٌ فِي الزُّبُرِ ﴿٤٤﴾

45. Kazzi bagamba nti: Ffe kibiina ekiwanguzi?

أَمْ يَقُولُونَ نَحْنُ جَمِيعٌ مُّنتَصِرُونَ ﴿٤٥﴾

46. Naye mangu nnyo eggye *lyabwe* lijja kuwanguulwa balage n'enkoona.

سَيُهْزَمُ الْجَمْعُ وَيُوَلُّونَ الدُّبُرَ ﴿٤٦﴾

47. Ddala Essaawa kwe kusuubizibwa kwabwe, naye Essaawa ya kabenje nnyo era nkaawu nnyo.

بَلِ السَّاعَةِ مَوْعِدُهُمْ وَالسَّاعَةُ
آذَى وَأَمْرٌ ﴿٤٧﴾

48. Mazima aboonoonyi bali mu kubula na kuzoola.

إِنَّ الْمُجْرِمِينَ فِي ضَلَالٍ وَسُعُرٍ ﴿٤٨﴾

49. Olunaku lwe baliwalulirwa ku bwenyi bwabwe mu muliro *baligambibwa nti*: Muloze ku kukoonwako kw'omuliro.

يَوْمَ يُسْحَبُونَ فِي النَّارِ عَلَى وُجُوهِهِمْ
ذُوقُوا مَسَّ سَقَرَ ﴿٤٩﴾

50. Mazima buli kimu twakitonda mu kigero ekisaanidde.

إِنَّا كُلُّ شَيْءٍ خَلَقْنَاهُ بِقَدَرٍ ﴿٥٠﴾

51. Era, ekiragiro kyaffe kiba ekigambo kimu ng'okutemya kw'eriiso.

وَمَا أَمْرُنَا إِلَّا وَاحِدَةٌ كَلَمْحٍ بِالْبَصَرِ ﴿٥١﴾

52. Era ddala abaali bafaanana nga mmwe twabazikiriza. Abaffe, waliwo ku yenna afumiitiriza ?

وَلَقَدْ أَهَلَكْنَا أَشْيَاعَكُمْ فَهَلْ مِنْ مَّدَكِرٍ ﴿٥٢﴾

53. Era buli kimu kye baakola kiri mu Bitabo.

وَكُلُّ شَيْءٍ فَعَلُوهُ فِي الزُّبُرِ ﴿٥٣﴾

54. Era buli kitono n'ekinene kiwandiikibwa.

وَكُلُّ صَغِيرٍ وَكَبِيرٍ مُسْتَطَرٌّ ﴿٥٤﴾

55. Mazima abatya Allah be baliba mu Janna n'emigga,

إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي جَنَّاتٍ وَنَهَرٍ ﴿٥٥﴾

56. Mu butuulo obw'amazima awali Kabaka Ow'obuyinza.

فِي مَقْعَدٍ صَدِيقٍ عِنْدَ مَلِيكٍ مُّقْتَدِرٍ ﴿٥٦﴾

AL-RAHMĀN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

يَسْجُدُ لِلَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Allah, Omusaasizi ennyo

الرَّحْمَنُ ②

3. Y'eyayigiriza Kur'ani.

عَلَّمَ الْقُرْآنَ ③

4. Yatonda omuntu.

خَلَقَ الْإِنْسَانَ ④

5. N'amuyigiriza ennyinyonnyola ennambulukufu.

عَلَّمَهُ الْبَيَانَ ⑤

6. Enjuba n'omwezi bitambulira ku kubalirira.

الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ بِحُسْبَانٍ ⑥

7. Era ebimera n'emiti biwulize gy'ali.

وَالنَّجْمُ وَالشَّجَرُ يَسْجُدَانِ ⑦

8. N'eggulu y'eyaliwanika era n'assaawo ekipima buli kimu.

وَالسَّمَاءَ رَفَعَهَا وَوَضَعَ الْمِيزَانَ ⑧

9. Kale temukyamyanga mu kupima.

أَلَّا تَطْغَوْا فِي الْمِيزَانِ ⑨

10. Era mutereezenga okupima mu bwenkanya ate temukendeezanga ku kipimo.

وَأَقِيمُوا الْوَزْنَ بِالْقِسْطِ وَلَا تُخْسِرُوا

الْمِيزَانَ ⑩

11. Era n'ensi y'eyagissaawo olw'ebitonde byonna;

وَالْأَرْضَ وَضَعَهَا لِلْأَنَامِ ⑪

12. Ng'erimu ebibala ebya buli ngeri n'emitende egirina eng'o,

فِيهَا فَاتِحَةٌ وَاللَّحْلُ ذَاتُ

الْأَكْمَامِ ⑫

13. N'ebimera eby'empeke eziriko ebikuta n'ebyakawoowo.

وَالْحَبُّ ذُو الْعَصْفِ وَالرَّيْحَانُ ⑬

14. Kale mwembi, abantu n'Amajinni, kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمْ مَا تُكذِّبِينَ ⑭

15. Yatonda omuntu mu budongo obukalu obudoodooma obuling'anga ekibumbe ekyookye.

خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ صَلْصَالٍ كَالْفَخَّارِ ⑮

16. Era n'atonda Amajinni mu nnimi z'omuliro.

وَخَلَقَ الْجَانَّ مِنْ مَارِجٍ مِنْ نَارٍ ⑯

17. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمْ مَا تُكذِّبِينَ ⑰

18. Mukama w'ebuvanjuba wombi era Mukama w'ebugwanjuba wombi.

رَبُّ الْمَشْرِقَيْنِ وَرَبُّ الْمَغْرِبَيْنِ ⑱

19. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمْ مَا تُكذِّبِينَ ⑲

20. Y'akulukusa ennyanja ebbiri, lumu ezirisisinkana.

مَرَجَ الْبَحْرَيْنِ يَلْتَقِيَانِ ⑳

21. *Kati* wakati wa zombi waliwo ekiziyiza kye zitayinza kubuuka.

22. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

23. *Mu nnyanja* ezo zombi muvaamu luulu ne marijaani.

24. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

25. N'ebombo ebigulumidde ku nnyanja ng'agasozi bibye.

26. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

Ruku 2

27. Buli ekiri ku yo (ensi) kya kuggwawo.

28. Olwo wasigalewo Mukama wo yekka Kabwejungira Ow'entiisa n'Ekitiibwa.

29. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

30. Ebiri mu ggulu ne *mu* nsi byonna bisaba Ye *yekka*. Buli kiseera Ye aba ku tendo *lya njawulo*.

31. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

32. Mangu tujja kuboolekera, abange mmwe ba kirimaanyi ababiri.

33. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

34. Abange mmwe ebibiina by'Amajinni n'abantu, obanga musobola okuyisa ensalo z'eggulu n'ensi, kale muyitewo. Naye temuyinza kuyitawo wabula lwa buyinza *bwe*.

35. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

36. Mwembi mujja kuweerezebwa ennimi z'omuliro ezitaleeta mukka, n'ekikomo ekisaanuuse, ate temujja kuyambagana.

37. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

38. Kale eggulu bwe liryabika, olwo liriba limyuufu ng'eddiba erimyuufu.

بَيْنَهُمَا بَرْزَخٌ لَا يَبْغِيَانِ ﴿١١﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿١٢﴾

يَخْرُجُ مِنْهُمَا اللَّوْهُ وَالْمَرْجَانُ ﴿١٣﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿١٤﴾

وَلَهُ الْجَوَارِ الْمُنشَآتُ فِي الْبَحْرِ

كَالْأَعْلَامِ ﴿١٥﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿١٦﴾

كُلُّ مَنْ عَلَيْهَا فَانٍ ﴿١٧﴾

وَيَبْقَى وَجْهُ رَبِّكَ ذُو الْجَلَالِ وَ

الْإِكْرَامِ ﴿١٨﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿١٩﴾

يَسْأَلُهُ مَنْ فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ كُلَّ

يَوْمٍ هُوَ فِي شَأْنٍ ﴿٢٠﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿٢١﴾

سَنَفَرُّ لَكُمْ آيَةَ الثَّقَلَيْنِ ﴿٢٢﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿٢٣﴾

يَمْعَشَرُ الْجِنُّ وَالْإِنْسُ إِنِ اسْتَطَعْتُمْ

أَنْ تَنْفُذُوا مِنْ أَقْطَارِ السَّمَوَاتِ وَ

الْأَرْضِ فَانْفُذُوا وَلَا تَنْفُذُونَ إِلَّا

بِسُلْطَانٍ ﴿٢٤﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿٢٥﴾

يُرْسَلُ عَلَيْكُمَا شَوْاظٌ مِّن نَّارٍ وَ

نُحَاسٌ فَلَا تَنْتَصِرَانِ ﴿٢٦﴾

فِي آيِ الْآءِ رَبِّكُمَا تُكَذَّبَانِ ﴿٢٧﴾

فَإِذَا انشَقَّتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ

رَدْدَةً ﴿٢٨﴾

39. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٣٩﴾

40. Kale kw'olwo omuntu wadde ejjinni teweliba abuuzibwa ku kibi kye.

فَقَبُولِهِمْ لَآ يُسْأَلُ عَنْ ذُنُوبِهِمْ إِنْسٌ وَلَا جَانٌّ ﴿٤٠﴾

41. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٤١﴾

42. Aboonoonyi balimanyibwa olw'obulambe bwabwe, kale balikwatibwa mu nviiri zoomu kawompo ne ku bigere.

يُحَرِّفُ الْمُجْرِمُونَ بِسِيمَاهُمْ فَيُؤْخَذُ بِالنَّوَاصِي وَالْآقْدَامِ ﴿٤٢﴾

43. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byegera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٤٣﴾

44. Guno gwe muliro ogwo aboonoonyi gwe baalimbisanga.

هَذِهِ جَهَنَّمُ الَّتِي يُكذِّبُ بِهَا الْمُجْرِمُونَ ﴿٤٤﴾

45. Balyetooloolera wakati wa gwo ne wakati w'olweje olwesera.

يَطُوفُونَ بَيْنَهَا وَبَيْنَ حَمِيمٍ إِنَّا ﴿٤٥﴾

46. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٤٦﴾

Ruku 3

47. Naye oyo atya embuga ya Mukama we alifuna e Janna bbiri.

وَلِمَنْ خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ جَنَّاتٍ ﴿٤٧﴾

48. Kale mwembi kiki kye munaagaana mu byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٤٨﴾

49. Nga zombi zirimu *emiti* gy'amatabi amangi.

ذَوَاتَا أَفْتَانٍ ﴿٤٩﴾

50. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٥٠﴾

51. Nga mu zombi mulimu ensulo bbiri ezikulukuta.

فِيهِمَا عَيْنِينَ تَجْرِيَانِ ﴿٥١﴾

52. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٥٢﴾

53. Mu zombi nga mulimu buli kibala nga kya ngeri bbiri bbiri.

فِيهِمَا مِنْ كُلِّ فَاكِهِةٍ رَوْحٍ ﴿٥٣﴾

54. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٥٤﴾

55. Nga bagalaamiridde ku biwempe nga munda wa byo mulimu liiri omuzito, n'ebibala eby'e Janna zombi nga biri kumpi nnyo.

مُتَّكِئِينَ عَلَى فُرُشٍ بَطَائِنُهَا مِنْ إِسْتَبْرَقٍ وَجَنَّاتٍ دَانٍ ﴿٥٥﴾

56. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فَيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ أَتُكذِّبِينَ ﴿٥٦﴾

57. Nga mu zombi mulimu *abakazi* abakakkamu b'amaaso, abatakoonebwangako olubereberye lwabwe muntu yenna wadde ejjinni.

فِيهِنَّ قَصْرَاتُ الطَّرْفِ لَمْ يَطْمِئِنَّ رَأْسٌ قَبْلَهُمْ وَلَا جَانٌّ ﴿٥٧﴾

58. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٥٨﴾

59. Abaling'anga yaakuuti ne marijaani.

كَأَنْتَهُنَّ الْيَاقُوتُ وَالْمَرْجَانُ ﴿٥٩﴾

60. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٦٠﴾

61. Abaffe, empeera y'obulungi eyinza okuba ekirala okuggyako obulungi?

هَلْ جَزَاءُ الْإِحْسَانِ إِلَّا الْإِحْسَانُ ﴿٦١﴾

62. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٦٢﴾

63. Era n'ebwali w'e Janna zombi nga eriyo Janna endala bbiri.

رَمِنَ دُونِهِمَا جَنَّتَيْنِ ﴿٦٣﴾

64. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٦٤﴾

65. Zombi nga zirimu ebikoola ebya kiragala omukwaafu.

مُدَاهَمَاتَيْنِ ﴿٦٥﴾

66. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٦٦﴾

67. Mu zombi nga mulimu ensulo bbiri ezitiiriika ennyo.

فِيهِمَا عَيْنِينَ نَضَّاحَتَيْنِ ﴿٦٧﴾

68. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٦٨﴾

69. Mu zombi nga mulimu ebibala ebya buli ngeri, n'entende n'enkomamawanga.

فِيهِمَا فَالِكَهْدَىٰ وَتَحُلُ وَرَمَانَ ﴿٦٩﴾

70. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٧٠﴾

71. Mu zombi nga mulimu abakazi ba nnalulungi ab'empisa ennungi —

فِيهِنَّ خَيْرَاتٌ حَسَنَاتٌ ﴿٧١﴾

72. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٧٢﴾

73. Abakazi amakula abalabiririrwa mu weema —

حُورٌ مَّقْصُورَاتٌ فِي الْبَيْتِ ﴿٧٣﴾

74. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٧٤﴾

75. Abatakoonebwangako muntu yenna olubereberye lwabwe wadde ejjinni —

لَمْ يَطْمِئْثُنَّ رَأْسٌ قَبْلَهُمْ وَلَا جَانٌّ ﴿٧٥﴾

76. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٧٦﴾

77. Nga bagalaamiridde ku mitto egya kiragala n'ebiwempe amakula.

مُتَّكِعِينَ عَلَى رَفْرَفٍ خُضْرٍ وَعَبْقَرِيٍّ حَسَنٍ ﴿٧٧﴾

78. Kale mwembi kiki kye munaagaana ku byengera bya Mukama wammwe?

فِيَايَ الْآءِ رَبِّكُمْ تُكذِّبُونَ ﴿٧٨﴾

79. Lya mikisa nnyo elinnya lya Mukama wo ow'Entiisa n'Ekitiibwa.

تَبَارَكَ اسْمُ رَبِّكَ ذِي الْجَلَالِ وَالْإِكْرَامِ ﴿٧٩﴾

AL-WAQI'AH

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Awo eky'okugwawo bwe kirigwawo —
3. Tewali ayinza kulimbisa kugwawo kwa kyo —
4. *Abamu* kiribassa wansi *n'abalala* kiribagulumiza.
5. Awo ensi bw'erikankanyizibwa olukan-kana,
6. N'ensozi nezimulungulwa olumulungulwa,
7. Kale zirifuuka fufugge erifuumuuka,
8. Era muliba mu bibinja bisatu:
9. Kale abantu b'oku ddyo — abaffe, abantu b'oku ddyo *ate* be baliba batya!
10. Era abantu b'oku kkono — abaffe, abantu b'oku kkono *ate* be baliba batya!
11. Era abaakulembere be balikulembere.
12. Abo nno be b'oku lusegere *Iwa Allah*.
13. *Abaliba* mu Janna ez'essanyu erijjuvu —
14. Nga ekitundu ekinene kiva mu baasooka *okukkiriza Obusiraamu*,
15. N'abatonotono nga bava mu b'oluvannyuma,
16. Nga bali ku ntebe empunde *ne zaabu ne luulu*.
17. Nga bagalaamiridde ku zo, nga batunuuliganye.
18. Nga beetooloolwamu abavubuka abatava mu kigero.
19. Nga babawereza eggiraasi n'ebbinika n'ebikompe *ebirimu eby'okunywa* ebiva mu nsulo ezitiirika,
20. Tebiribalumya mitwe wadde tebalitami-ira.

- بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 إِذَا وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ ②
 لَيْسَ لَهَا وَاقِعَتُهَا كَإِذْ بَعَثَ ③
 خَافِضَةً ذَافِعَةً ④
 إِذَا رُجَّتِ الْأَرْضُ رَجًا ⑤
 وَبُسَّتِ الْجِبَالُ بَسًّا ⑥
 فَكَانَتْ هَبَاءً مُنْبَثًّا ⑦
 وَكُنْتُمْ أَزْوَاجًا ثَلَاثَةً ⑧
 فَأَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ! مَا أَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ⑨
 وَ أَصْحَابُ الْمَشْأَمَةِ ! مَا أَصْحَابُ الْمَشْأَمَةِ ⑩
 وَالسَّيْقُونَ السَّيْقُونَ ⑪
 أُولَئِكَ الْمُقَرَّبُونَ ⑫
 فِي جَنَّاتِ النَّعِيمِ ⑬
 ثُلَّةٌ مِنَ الْأُولَى ⑭
 وَقَلِيلٌ مِنَ الْآخِرِينَ ⑮
 عَلَى سُرُرٍ مَوْضُونَةٍ ⑯
 مُتَّكِلِينَ عَلَيْهَا مُتَقَلِّبِينَ ⑰
 يَطُوفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانٌ مُخَلَّدُونَ ⑱
 بِأَكْوَابٍ وَأَبَارِيقَ وَكَأْسٍ مِنْ مَعِينٍ ⑲
 لَا يُصَدَّعُونَ عَنْهَا وَلَا يُنَزَّفُونَ ⑳

21. *Baliweebwa* n'ebibala mw'ebyo bye balyeroboza,
 22. N'ennyama y'ennyonyi mw'eyo gye balyagala.
 23. N'abakyala amakula ab'amaaso ag'endege,
 24. Abaling'anga luulu omukusike.
 25. Nga y'empeera olw'ebyo bye baakolanga.
 26. Tebaliwuliriramu bya swaakaba wadde ebibi,
 27. Okuggyako ekigambo *ky'okulamusa nti*: Mirembe, mirembe.
 28. Era abantu ab'oku ddyo — Ye ate abantu b'oku ddyo be baliba batya!
 29. Balibeera mu *miti* gya sidiri egitaliiko maggwa,
 30. N'ebitooke ebissizza,
 31. N'ebisiikirize ebigaziyizibwa,
 32. N'amazzi agafukumulwa,
 33. N'ebibala enfaafa,
 34. Ebitasalikako era ebitaziyizibwa,
 35. N'abakyala aba waggulu ennyo —
 36. Ddala twabatonda olutonda,
 37. Kale twabakola nga mbeerera,
 38. Nga baagalwa nnyo, ba myaka egyenka-nankana
 39. Nga ba bantu b'oku ddyo.
- Ruku 2**
40. Nga ekitundu ekinene kiva mu bantu abasooka *okukkiriza Obusiraamu*,
 41. N'ekitundu ekinene *ekirala* nga kiva mu b'oluvannyuma.
 42. Era abantu b'oku kkono — Ye ate abantu b'oku kkono be baliba batya!
 43. Balibeera mu mpewo eyokya, n'olweje,
 44. N'ekisiikirize *ky'erikka* eriddugavu,
 45. Ekitaliimu bunnyogovu wadde akalungi konna!

- و فَالْكَهْمَةُ مِمَّا يَتَخَيَّرُونَ ﴿٢١﴾
 وَ لَحْمِ طَيْرٍ مِمَّا يَشْتَهُونَ ﴿٢٢﴾
 وَ حُودَرٍ عَيْنٌ ﴿٢٣﴾
 كَمَا مَثَالِ اللُّوْءِ الْمَكْنُونِ ﴿٢٤﴾
 جَزَاءً بِمَا كَانُوا يَكْمُلُونَ ﴿٢٥﴾
 لَا يَسْمَعُونَ فِيهَا لَغْوًا وَلَا تَأْثِيمًا ﴿٢٦﴾
 إِلَّا قِيلًا سَلَمًا سَلَمًا ﴿٢٧﴾
 وَ أَصْحَابُ الْيَمِينِ ﴿٢٨﴾ مَا أَصْحَابُ الْيَمِينِ ﴿٢٨﴾
 فِي سِدْرٍ مَّخْضُودٍ ﴿٢٩﴾
 وَ طَلْحٍ مَّنْضُودٍ ﴿٣٠﴾
 وَ ظِلِّ مَّسْدُودٍ ﴿٣١﴾
 وَ مَاءٍ مَّسْكُوبٍ ﴿٣٢﴾
 وَ فَالْكَهْمَةُ كَثِيرَةٌ ﴿٣٣﴾
 لَا مَقْطُوعَةٍ وَلَا مَمْنُوعَةٍ ﴿٣٤﴾
 وَ فَرَشٍ مَّرْقُوعَةٍ ﴿٣٥﴾
 إِنَّا أَنْشَأْنَاهُنَّ إِنشَاءً ﴿٣٦﴾
 فَجَعَلْنَاهُنَّ أَبْكَارًا ﴿٣٧﴾
 عُرْبًا أَثَرًا بَابًا ﴿٣٨﴾
 لَا أَصْحَابُ الْيَمِينِ ﴿٣٩﴾
 ثَلَاثَةٌ مِنَ الْأَوْلِيَيْنِ ﴿٤٠﴾
 وَ ثَلَاثَةٌ مِنَ الْآخِرِينَ ﴿٤١﴾
 وَ أَصْحَابُ الشِّمَالِ ﴿٤٢﴾ مَا أَصْحَابُ الشِّمَالِ ﴿٤٢﴾
 فِي سَمُورٍ وَ حَمِيمٍ ﴿٤٣﴾
 وَ ظِلِّ مِّنْ يَّحْمُورٍ ﴿٤٤﴾
 لَا بَارِدٍ وَ لَا كَرِيمٍ ﴿٤٥﴾

46. Ddala olubereberye Iwa bino bo baalinga mu bulamu obw'eddembe n'ebuyobugagga.

إِنَّهُمْ كَانُوا قَبْلَ ذَلِكَ مُتْرَفِينَ ﴿٤٦﴾

47. Era nga bagugubira nnyo ku kibi ekisukkirivu.

وَكَانُوا يُصِرُّونَ عَلَى الْحِنثِ الْعَظِيمِ ﴿٤٧﴾

48. Era baagambanga nti: Abaffe, bwe tulifa netufuuka ettaka era nga tuli magumba, abaffe era tulizuukizibwa,

وَكَانُوا يَقُولُونَ ۗ أَإِذَا مِتْنَا وَكُنَّا تُرَابًا وَعِظًا ۖ إِنَّا لَمَبْعُوثُونَ ﴿٤٨﴾

49. Era ne bakitaffe ab'edda?

أَوْ أَبَاؤُنَا الْأَوَّلُونَ ﴿٤٩﴾

50. Gamba nti: Mazima ab'olubereberye n'aboluvannyuma,

قُلْ إِنَّ الْأَوَّلِينَ وَالْآخِرِينَ ﴿٥٠﴾

51. Ddala balikung'aanyizibwa ku kiseera ekyategekebwa eky'olunaku olumanyi-ddwa.

لَمَجْمُوعُونَ ۗ إِلَىٰ مِيقَاتِ يَوْمٍ مَّعْلُومٍ ﴿٥١﴾

52. N'oluvannyuma nammwe abaabula, abaalimbisa amazima,

ثُمَّ إِنَّكُمْ أَيُّهَا الضَّالُّونَ الْمُكَذِّبُونَ ﴿٥٢﴾

53. Ddala mulirya ku muti gwa Zaqqūmi,

لَا حِلُّونَ مِنْ شَجَرٍ مِنْ زَقُّومٍ ﴿٥٣﴾

54. Kale mugujjuze embuto zammwe,

فَمَا لِعُونَ مِنْهَا الْبُطُونَ ﴿٥٤﴾

55. N'oluvannyuma mugunywereko amazzi olweje,

فَشَارِبُونَ عَلَيْهِ مِنَ الْحَمِيمِ ﴿٥٥﴾

56. Kale nga munywa ennywa ering'anga ey'eng'amira etawona nnyonta.

فَشَارِبُونَ شُرَبَ الْهِيمِ ﴿٥٦﴾

57. Okwo nga kwe kusembezebwa kwabwe ku lunaku lw'okusasulirwako.

هَذَا نَزَّلْنَاهُمْ يَوْمَ الدِّينِ ﴿٥٧﴾

58. Ffe twabatonda. Naye lwaki temuka-kasa bye tugamba?

نَحْنُ خَلَقْنَاكُمْ فَلَوْلَا تُصَدِّقُونَ ﴿٥٨﴾

59. Kale mulwoozza mutya ku 'mani' ge muyiwa?

أَفَرَأَيْتُمْ مَا تُمْنُونَ ﴿٥٩﴾

60. Abaffe, mmwe mugatonda oba Ffe batonzi?

ءَأَنْتُمْ تَخْلُقُونَهُ أَمْ نَحْنُ الْخَالِقُونَ ﴿٦٠﴾

61. Ffe twagereka okufa wakati wammwe, era Ffe tetulemwa,

نَحْنُ قَدْ زَكَّيْنَا بَيْنَكُمْ الْمَوْتَ وَ مَا نَحْنُ بِمَسْبُوقِينَ ﴿٦١﴾

62. Mmwe okubakyuusaamu abalala ababafaanana, mmwe netubakola mu ngeri endala gye mutamanyi.

عَلَىٰ أَنْ تُبَدَّلَ آمَنَاتِكُمْ وَتُنشَأَ فِي مَا لَا تَعْلَمُونَ ﴿٦٢﴾

63. Era ddala mumanyi bulungi entonda eyasooka. Kale lwaki temufumiitiriza?

وَلَقَدْ عَلَّمْتُمُ النَّشَأَ الْأُولَىٰ فَلَوْلَا تَدَكَّرُونَ ﴿٦٣﴾

64. Abaffe, mulaba mutya ebyo bye mulima?

أَفَرَأَيْتُمْ مَا تَحْرُثُونَ ﴿٦٤﴾

65. Abaffe, mmwe mubimeza oba Ffe bameza ba byo?

ءَأَنْتُمْ تَزْرَعُونَهُ أَمْ نَحْنُ الزَّارِعُونَ ﴿٦٥﴾

66. Bwe tuba twagadde, ddala tubifuula ebise-
nsebufu nemusigala nga mwesaasabaga,
تَفَكَّهُونَ ﴿٦٦﴾
لَوْ نَشَاءُ لَجَعَلْنَاهُ حُطَامًا فَظَلَمْتُمْ
67. *Nti*: Ddala tufiirizibbwa,
رَاتًا لَمُغْرَمُونَ ﴿٦٧﴾
68. Ddala ffe tummiddwa!
بَلْ تَحْنُ مَحْرُومُونَ ﴿٦٨﴾
69. Abaffe, mulaba mutya amazzi ago ge
munywa?
أَفَرَأَيْتُمُ الْمَاءَ الَّذِي تَشْرَبُونَ ﴿٦٩﴾
ءَ أَنْتُمْ أَنْزَلْتُمُوهُ مِنَ الْمُزْنِ أَمْ
70. Abaffe, mmwe mugassa okuva mu bire
oba ffe bassi *ba go*?
نَحْنُ الْمُنزِلُونَ ﴿٧٠﴾
71. Bwe tuba twagadde, tugafuula agakaawa.
Kale lwaki temwebaza?
تَشْكُرُونَ ﴿٧١﴾
لَوْ نَشَاءُ جَعَلْنَاهُ أَجَاجًا فَلَوْ لَا
72. Abaffe, mulaba mutya omuliro gwe
mukuma?
أَفَرَأَيْتُمُ النَّارَ الَّتِي تُورُونَ ﴿٧٢﴾
73. Abaffe, mwe mwatonda omuti ku lwa
gwo oba ffe batonzi?
ءَ أَنْتُمْ أَنْشَأْتُمْ شَجَرَتَهَا أَمْ نَحْنُ
الْمُنشِئُونَ ﴿٧٣﴾
74. Ffe twagufuula ekijjukizo era eky'o-
mugaso eri abatambuze.
تَحْنُ جَعَلْنَاهَا تَذَكُّرًا وَرَمَاةً
لِلْمُقْوِينَ ﴿٧٤﴾
75. Kale tendereza erinnya lya Mukama
wo, Omukulu ennyo.
فَسَبِّحْ بِاسْمِ رَبِّكَ الْعَظِيمِ ﴿٧٥﴾
- Ruku 3**
76. Nedda, njuliza okugwa kw'emmunye-
enye —
فَلَا أُقْسِمُ بِمَوْجِعِ النُّجُومِ ﴿٧٦﴾
77. Era ddala ekyo kirayiro kikulu nnyo,
singa mubadde mumanyi —
وَأِنَّهُ لَقَسَمٌ لَوْ تَحْلَمُونَ عَظِيمٌ ﴿٧٧﴾
78. *Nti* ddala eno ye Kur'ani ey'Ekitiibwa,
رَبِّهِ أَنْتَ أَفْزَانٌ كَرِيمٌ ﴿٧٨﴾
79. Eri mu Kitabo ekyekusifu,
فِي كِتَابٍ مَكْنُونٍ ﴿٧٩﴾
80. *Ennono ya yo* tetuukibwako, oku-
ggyako *abo* abatukuzibbwa.
لَا يَمَسُّهَ إِلَّا الْمُطَهَّرُونَ ﴿٨٠﴾
81. Kwe kubikkulirwa okwaviira ddala
eri Omutonzi w'ebitonde byonna.
تَنْزِيلٌ مِنْ رَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٨١﴾
82. Abaffe, ekigambo kino mmwe kye
mwekkiranyamu?
أَفِيهِذَا الْحَدِيثِ أَنْتُمْ مُذْهَبُونَ ﴿٨٢﴾
83. Ddala okukirimbisa mmwe kwe
mufudde *ekkubo ly'okufunamu* eky'okulya
kyammwe?
وَتَجَعَلُونَ رِزْقَكُمْ أَنْكُمْ كَذِبُونَ ﴿٨٣﴾
84. Kale lwaki awo nga *omwoyo gw'oyo*
afa gutuuse mu ddookooli,
فَلَوْ لَا إِذَا بَلَغَتِ الْحُلُقُومَ ﴿٨٤﴾
85. Mu kiscera ekyo mutunula butunuzi,
وَأَنْتُمْ حِينِيذٍ تَنْظُرُونَ ﴿٨٥﴾
86. Era ffe tuba okumpi ennyo naye
okusinga mmwe, naye mmwe lwa butalaba.
وَتَحْنُ أَقْرَبُ إِلَيْهِ مِنْكُمْ وَلَكِنْ لَا
تُبْصِرُونَ ﴿٨٦﴾

87. Kale obanga ddala temuli ba kulamulwa,

88. *Lwaki* temugukomyawo, obanga mwogera mazima?

89. Naye *omufu* bw'aba ng'ali mw'abo ab'oku lusegere *lwa Allah*.

90. Olwo liba ddembe n'ebyakaloosa n'e Janna ey'essanyu erijjuvu.

91. Ate *omufu* bw'aba nga ali mu bantu b'oku ddyo,

92. Kale *agambibwa nti*: Emirembe gibeere ku ggwe, *owange gwe* ali mu bantu b'oku ddyo.

93. Naye *omufu* bw'aba ng'ali mw'abo abaalimbisa *amazima*, abaabula,

94. Olwo okusembezebwa *kwe* kuliba kwa mazzi olweje,

95. N'okwokebwa mu muliro.

96. Ddala gano ge mazima amakakafu.

97. Kale tendereza n'erinnya Iya Mukama wo Omusukkirivu.

فَلَوْلَا إِنْ كُنْتُمْ غَيْرَ مَدِينِينَ ﴿٨٧﴾

تَرْجِعُونَهَا إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٨٨﴾

فَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنَ الْمُقَرَّبِينَ ﴿٨٩﴾

فَرَوْحٌ وَرَيْحَانٌ ۖ وَجَنَّتٌ نَّعِيمٍ ﴿٩٠﴾

وَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنَ أَصْحَابِ الْيَمِينِ ﴿٩١﴾

فَسَلَّمَ لَكَ مِنْ أَصْحَابِ الْيَمِينِ ﴿٩٢﴾

وَأَمَّا إِنْ كَانَ مِنَ الْمُكَذَّبِينَ ﴿٩٣﴾

الضَّالِّينَ ﴿٩٤﴾

فَنَزَّلُ مِنَ حَمِيمٍ ﴿٩٥﴾

وَتَضْلِيلَةٍ جَحِيمٍ ﴿٩٦﴾

إِنَّ هَذَا لَهُوَ حَقُّ الْيَقِينِ ﴿٩٧﴾

فَسَبِّحْ بِاسْمِ رَبِّكَ الْعَظِيمِ ﴿٩٨﴾

AL-HADĪD

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Obwakabaka bw'eggulu n'ensi bubwe. Y'awa obulamu era y'afiisa era ye w'Obuyinza ku buli kimu.

4. Ye ye w'Olubereberye era ye w'Oluvannyuma, era ye w'Olwaatu era ye Mwekusifu, era y'Amanyi obulungi buli kimu.

5. Ye y'eyatonda eggulu n'ensi mu biseera omukaaga, n'oluvannyuma n'atebenkera ku Nnamulondo. Y'amanyi ebiyingira mu nsi n'ebigifulumamu, n'ebyo ebikka okuva mu ggulu n'ebyambuka mu lyo. Era Ye abeera nammwe wonna we mubeera. Era byonna bye mukola, Allah abiraba.

6. Ye nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi era eri Allah ensonga zonna gye zizzibwa.

7. Y'ayingiza ekiro mu misana, era y'ayingiza emisana mu kiro era y'amanyi obulungi ebiri mu bifuba.

8. Mukkirize Allah ne Mutume we era mutoole okuva mw'ebyo bye yabasikiza. Kale abo abakkiriza mu mmwe nebatoola mu kkubo lya Allah balifuna empeera mnene nnyo.

9. Ye mubadde ki obutakkiriza Allah ng'ate Omubaka abakoowoola mulyooke mukkirize Mukama wammwe, ate nga Ye yamala okutwala endagaano yammwe, obanga ddala muli bakkiriza?

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْعَكِيمُ ②

لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَيُحْيِي وَيُمِيتُ ۗ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ③

هُوَ الْأَوَّلُ وَالْآخِرُ وَالظَّاهِرُ وَالْبَاطِنُ ۗ وَهُوَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ④

هُوَ الَّذِي خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ فِي سِتَّةِ أَيَّامٍ ثُمَّ اسْتَوَىٰ عَلَى الْعَرْشِ ۗ يَعْلَمُ مَا يَلْجِ فِي الْأَرْضِ وَمَا يَخْرُبُ مِنْهَا ۚ وَمَا يَنْزِلُ مِنَ السَّمَاءِ وَمَا يَعْرَبُ فِيهَا ۗ وَهُوَ مَعَكُمْ أَيْنَ مَا كُنْتُمْ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ⑤

لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ وَإِلَى اللَّهِ تُرْجَعُ الْأُمُورُ ⑥

يُؤَلِّجُ اللَّيْلَ فِي النَّهَارِ ۚ وَيُؤَلِّجُ النَّهَارَ فِي اللَّيْلِ ۗ وَهُوَ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑦

أَمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ ۚ وَأَنْفِقُوا مِمَّا جَعَلَكُمْ مُسْتَخْلِفِينَ فِيهِ ۚ فَالَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ وَأَنْفَقُوا لَهُمْ أَجْرٌ كَبِيرٌ ⑧

وَمَا كُمْ لَا تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ ۚ وَالرَّسُولُ يَدْعُوكُمْ لِتُؤْمِنُوا بِرَبِّكُمْ ۚ وَقَدْ آخَذَ مِنْكُمْ مِيثَاقَكُمْ ۖ إِن كُنْتُمْ مُؤْمِنِينَ ⑨

10. Ye y'Oyo assa ku Muweereza we Aya ez'olwaatu, alyooke abaggye mu kizikiza abalaze eri obutangaavu. Era ddala Allah Musaasizi nnyo, Wa kisa nnyo gye muli.

هُوَ الَّذِي يُنَزِّلُ عَلَىٰ عَبْدِهِ آيَاتٍ
بَيِّنَاتٍ لِّيُخْرِجَكُم مِّنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى
النُّورِ ۗ وَإِنَّ اللَّهَ بِكُمْ لَرَءُوفٌ رَّحِيمٌ ﴿١٠﴾

11. Ye mubadde ki obutatoola mu kkubo lya Allah, so nga obusika bw'eggulu n'ensi bwa Allah? Abo mu mmwe abatoola era nebalwana nga obuwanguzi tebunnabaawo, tebenkanankana n'abo abatoola era nebalwana oluvannyuma lw'obuwanguzi. Bali babasingira wala nnyo mu madaala. Naye bonna Allah yabasuubiza ebirungi. Era bye mukola byonna Allah abimanyi bulungi.

وَمَا لَكُمْ أَلَّا تُنْفِقُوا فِي سَبِيلِ اللَّهِ
وَاللَّهُ مِيرَاثُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ ۗ
لَا يَسْتَوِي مَنكُم مَّنْ أَنْفَقَ مِن قَبْلِ
الْفَتْحِ وَقَاتَلَ ۗ أُولَٰئِكَ أَعْظَمُ دَرَجَةً مِّنَ
الَّذِينَ أَنْفَقُوا مِن بَعْدِ وَقَاتَلُوا ۗ وَكُلًّا
وَعَدَ اللَّهُ الْحَسَنَىٰ ۗ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ
خَبِيرٌ ﴿١١﴾

Ruku 2

12. Ani oyo anaawola Allah okuwola okulungi, kale akumukubisizeemu *enfunda nnyingi* era *okuwola okwo* akufunemu n'empeera ey'ekitiibwa?

مَن ذَا الَّذِي يُقرِضُ اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا
فِيضِعِفَهُ لَهُ ۖ لَهُ أَجْرٌ كَرِيمٌ ﴿١٢﴾

13. Kw'olwo oliraba abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi nga obutangaavu bwabwe bumyansa mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe, *baligambibwa nti*: Olwa leero mawulire malungi gye muli! Ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe mugenda okubeera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

يَوْمَ تَرَىٰ الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ
يَسْعَىٰ نُورُهُم بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَ
بِأَيْمَانِهِمْ بُشْرَاكُمُ الْيَوْمَ جَنَّتْ
تَجْرِي مَن تَحْتَهَا ۗ أَلَا تَهْرُجُلِينَ
فِيهَا ۗ ذَٰلِكَ هُوَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١٣﴾

14. Kw'olwo bannanfuusi abasajja ne bannanfuusi abakazi baligamba abo abakkiriza *nti*: Mutugumiikirizeeko tufune ku butangaavu bwammwe. Kirigambibwa nti: Muddeyo emabega wammwe munoonye obutangaavu *obanga musobola*. Olwo wakati waabwe walissibwawo ekyawula nga kiriko oluggi, nga munda wa lwo y'eri okusaasira, ate ebweeru wa lwo gye lwolekedde nga y'eri ekibonerezo.

يَوْمَ يَقُولُ الْمُنْفِقُونَ وَالْمُنْفِقَاتُ
لِلَّذِينَ آمَنُوا اانظُرُوا تَنَا تَقْتِيسٍ مِّن
نُّورِكُمْ ۗ قَبِيلٍ اارْجِعُوا وَاَرَاءَكُمْ فَانْتَمِسُوا
نُّورَاهُ فَضْرِبَ بَيْنَهُم بِسُورٍ لَّهُ بَابٌ
بِاطْنِهِ ۗ فِيهِ الرَّحْمَةُ ۗ وَظَاهِرُهُ مَن
قَبْلِهِ الْعَذَابُ ﴿١٤﴾

15. *Bannanfuusi* balibakoowoola nti: Abaffe, tetwalinga wamu nammwe? Baliddamu nti: Yee, naye mmwe mweteeka mwekka mu kigezo era nemufuuka malindirizi era nemubususabuusa era nemubuzibwabuzibwa okwagala *kwammwe*, n'omulimba n'ababuzaabuza ku Allah, okutuusa ekiragiro kya Allah lwe kizze.

يُنَادُوا وَهُمْ أَلَمْ تَكُن مَّعَكُمْ ۗ قَالُوا
بَلَىٰ ۗ وَلَكِنَّكُمْ فَتَنْتُمْ أَنفُسَكُمْ وَ
تَرَبَّصْتُمْ وَارْتَبْتُمْ وَغَرَّتْكُمُ الْأَمَانِيُّ
حَتَّىٰ جَاءَ أَمْرُ اللَّهِ ۗ وَغَرَّكُمْ بِاللَّهِ
الْغُرُورُ ﴿١٥﴾

16. Kale olwaleero *mmwe* temuggyibweko kyenunulo wadde okuva kw'abo abatakkiriza. Amaka gammwe muliro, gwo ye mukwano gwammwe. Ye nga buddo ubi nnyo!

17. Abaffe, era abakkiriza emitima gyabwe teginnatuuka kwetoowaza na kujjukira Allah n'ebyamazima ebyakka *gye bali*, era baleme na kuba ng'abo abaaweebwa Ekitabo olubereberye nebawanvuyizibwa ekiseera *ky'emirembe*, naye ate emitima gyabwe negikakanyala bukakanyazi? Era bangi mu bo boononefu.

18. Mumanye nti ddala Allah y'alamusa ensi oluvannyuma lw'okufa kwa yo. Mazima tubannyonyola okulabula, mulyooke mukozese amagezi.

19. Mazima abasajja abawa saddaaka, n'abakazi abawa saddaaka era nebawola Allah okuwola okulungi—alibakubisizaamu *emirundi mingi* era balifuna empeera ey'ekitiibwa.

20. Era abo abakkiriza Allah n'Abatume be, abo nno be b'Amazima era be Bajulizi eri Mukama waabwe. Balifuna empeera yaabwe n'obutangaavu bwabwe. Naye abo abatakkiriza era nebalimbisa Aya zaffe, abo be bantu b'omuliro.

Ruku 3

21. Mumanye nti ddala obulamu bw'ensi muzannyo, na kwegayaaza, na bya majolobera, n'okwewulirira ku bannammwe, *n'okuvuganya* mu kwaza eby'obugagga n'abaana. Okufaanana ng'enkuba bw'esanyusa abalimi olw'ebimera bya yo, naye oluvannyuma nebiwotoka, olwo n'obiraba nga bifuuse bya kyenvu; n'oluvannyuma nebifuuka ebikutufufu. Naye ku nkomerero eriyo ekibonerezo ekikakali, n'okusonyiwa, n'okusiima okuva eri Allah. Naye obulamu bw'ensi si kirala wabula ge masanyu agabuzaabuza.

22. Muvuganye mu kunoonya okusonyiyi-bwa okuva eri Mukama wammwe n'e Janna eyo obugazi bwa yo obwenkanankana

قَالِيَوْمَ لَا يُؤْخَذُ مِنْكُمْ فِدْيَةٌ وَلَا مِنَ
الَّذِينَ كَفَرُوا مَا أَوْسَكُمُ النَّارُ هِيَ
مَوْلَاكُمْ وَيَبِئْسَ الْمَصِيرُ ﴿١٦﴾

أَلَمْ يَأْنِ لِلَّذِينَ آمَنُوا أَنْ تَخْشَعَ
قُلُوبُهُمْ لِذِكْرِ اللَّهِ وَمَا نَزَلَ مِنْ
الْحَقِّ وَلَا يَكُونُوا كَالَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ
مِنْ قَبْلُ نَطَالَ عَلَيْهِمُ الْأَمَدُ فَقَسَتْ
قُلُوبُهُمْ وَكَثِيرٌ مِنْهُمْ فَاسِقُونَ ﴿١٧﴾

إِعْلَمُوا أَنَّ اللَّهَ يَحِي الْأَرْضَ بَعْدَ
مَوْتِهَا قَدْ بَيَّنَّا لَكُمْ الْآيَاتِ لَعَلَّكُمْ
تَحْقِقُونَ ﴿١٨﴾

إِنَّ الْمَصْرِفِينَ وَالْمَصْدِقَاتِ وَأَقْرَضُوا
اللَّهُ قَرْضًا حَسَنًا يُضَعْفُ لَهُمْ وَ
لَهُمْ أَجْرٌ كَرِيمٌ ﴿١٩﴾

وَالَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ أُولَئِكَ
هُمْ الصِّدِّيقُونَ وَالشُّهَدَاءُ عِنْدَ
رَبِّهِمْ لَهُمْ أَجْرُهُمْ وَنُورُهُمْ
وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا
أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْجَحِيمِ ﴿٢٠﴾

إِعْلَمُوا أَنَّهَا الْحَيَاةُ الدُّنْيَا لَعِبٌ وَلَهْوٌ
وَزِينَةٌ وَتَفَاخُرٌ بَيْنَكُمْ وَتَكَاثُرٌ فِي
الْأَمْوَالِ وَالْأَوْلَادِ كَمَثَلِ غَيْثٍ
أَعْجَبَ الْكُفَّارَ نَبَاتُهُ ثُمَّ يَهِيَ
فَتْرَسَهُ مُمْسِقًا ثُمَّ يَكُونُ حُطًا مَاءً
وَفِي الْآخِرَةِ عَذَابٌ شَدِيدٌ وَمَغْفِرَةٌ
مِّنَ اللَّهِ وَرِضْوَانٌ وَمَا الْحَيَاةُ
الدُّنْيَا إِلَّا مَتَاعٌ الْغُرُورِ ﴿٢١﴾

سَابِقُوا إِلَىٰ مَغْفِرَةٍ مِّن رَّبِّكُمْ وَجَنَّةٍ
عَرْضُهَا كَعَرْضِ السَّمَاءِ وَالْأَرْضِ

n'obugazi bw'eggulu n'ensi, eyategekerwa abo abakkiriza Allah n'Abatume be. Egyo gy'emikisa gya Allah gy'awa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

أَعِدَّتْ لِلَّذِينَ آمَنُوا بِاللَّهِ وَرُسُلِهِ ۗ
ذَلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَن يَشَاءُ ۗ
وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿١٦﴾

23. Tewali kabenje konna kagwawo mu nsi wadde ku mmwe bennyini, wabula *kaba* mu Kitabo kuva lubereberye nga tetunnakabeezaawo. Mazima ekyo eri Allah kyangu nnyo.

مَا أَصَابَ مِنْ مُصِيبَةٍ فِي الْأَرْضِ وَلَا فِي أَنْفُسِكُمْ إِلَّا فِي كِتَابٍ مِنْ قَبْلِ أَنْ نَبْرَأَهَا إِنَّ ذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ﴿١٧﴾

24. *Kiri bwe kityo*, mulyooke muleme kusaalirwa olw'ekyo kye muba musubiddwa, era muleme na kuduula olw'ebyo by'aba abawadde. Era Allah tayagala buli eyeeragaalaga, eyeewulira.

لِكَيْلَا تَأْسَوْا عَلَىٰ مَا فَاتَكُمْ وَلَا تَفْرَحُوا بِمَا آتَاكُمْ ۗ وَاللَّهُ لَا يُحِبُّ
كُلَّ مُخْتَالٍ فَخُورٍ ﴿١٨﴾

25. Be bo abakodowala era nebalagira n'abantu okukodowala. Naye oyo eyeekyuusa, kale *amanye nti* ddala Allah y'Eyemala, y'Atenderezebwa ennyo.

إِلَّا الَّذِينَ يَبْخُلُونَ وَيَأْمُرُونَ النَّاسَ
بِالْبُخْلِ ۗ وَ مَن يَتَوَلَّ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ
الْعَنِيُّ الْحَمِيدُ ﴿١٩﴾

26. Mazima twatuma Ababaka baffe n'obubonero obw'olwaatu era netussa awamu nabo Ekitabo n'ekipima, abantu balyooke batuukirize obwenkanya; era twassa n'ekyuuma ekirimu amaanyi kasiggu n'emigaso eri abantu, era Allah alyooke amanyise oyo amuyamba n'Abatume be—newaakubadde nga *Ye* talabika. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

لَقَدْ أَرْسَلْنَا رُسُلَنَا بِالْبَيِّنَاتِ وَ
أَنزَلْنَا مَعَهُمُ الْكِتَابَ وَالْمِيزَانَ
لِيَقُومَ النَّاسُ بِالْقِسْطِ ۗ وَ أَنزَلْنَا
الْحَدِيدَ فِيهِ بَأْسٌ شَدِيدٌ وَ مَنَافِعُ
لِلنَّاسِ وَ لِيَعْلَمَ اللَّهُ مَن يَنْصُرُهُ وَ
رُسُلَهُ بِالْغَيْبِ ۗ إِنَّ اللَّهَ قَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿٢٠﴾

Ruku 4

27. Era ddala twatuma Nuhu ne Ibrahimi, era netussa mu zzadde lyabwe obwa Nabbi n'Ekitabo. Kale abamu mu bo *baali* balung'amu, naye bangi mu bo *baali* bajecemu.

وَ لَقَدْ أَرْسَلْنَا نُوحًا وَ إِبْرَاهِيمَ وَ
جَعَلْنَا فِي ذُرِّيَّتِهِمَا النُّبُوَّةَ وَ
الْكِتَابَ فَمِنْهُمْ مُهُتَدٍ وَ كَثِيرٌ
مِّنْهُمْ فَسِقُونَ ﴿٢١﴾

28. N'oluvannyuma twagobereza mu buwufu bwabwe Ababaka baffe; era netugobereza 'Isa Mutabani wa Maryamu netumuwa Enjiri, era netussa mu mitima gy'abo abaamugoberera ekisa n'okusaasira. Naye obusosolooti be baabwegunjirawo *bokka*, Ffe tetububalagiranga, wabula *baabussaawo mbu lwa* kunoonya kusiima kwa Allah, naye *ate* tebaabukuuma mu nkuuma ya bwo entuufu. Kale twawa abo

ثُمَّ قَفَّيْنَا عَلَىٰ آثَارِهِم بِرُسُلِنَا وَ
قَفَّيْنَا بِعِيسَى ابْنِ مَرْيَمَ وَ آتَيْنَاهُ
الْإِنْجِيلَ ۗ وَ جَعَلْنَا فِي قُلُوبِ الَّذِينَ
اتَّبَعُوهُ رَأْفَةً وَ رَحْمَةً ۗ وَ رَهْبَانِيَّةً
ابْتَدَعُوهَا مَا كَتَبْنَاهَا عَلَيْهِمْ إِلَّا
ابْتِغَاءَ رِضْوَانِ اللَّهِ فَمَا رَعَوْهَا

abakkiriza mu bo empeera yaabwe, naye bangi *nnyo* mu bo bajemu.

حَقَّ رِعَايَتُهُمَا فَاتَيْنَا الَّذِينَ آمَنُوا
مِنْهُمْ أَجْرَهُمْ وَكَثِيرٌ مِنْهُمْ
فَيَسْقُونَ ﴿٢٨﴾

29. Abange mmwe abakkiriza, Mutyenga nnyo Allah era mukkirize Omubaka we; *olwo Allah* ajja kubawa emigabo ebiri mu kusaasira kwe era abassizeewo n'obutangaavu mwe mulitambulira, era abasonyiwe. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo —

يَأْتِيهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَ
آمَنُوا بِرَسُولِهِ يُؤْتِكُمْ كِفْلَيْنِ مِنَ
رَحْمَتِهِ وَيَجْعَلْ لَكُمْ نُورًا تَمْشُونَ
بِهِ وَيَغْفِرْ لَكُمْ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿٢٩﴾

30. Abantu b'Ekitabo balyooke bave ku ndowooza egamba nti bo (Abasiraamu) tebalina kyonna kye basobola kukola ne-bafuna ku mikisa gya Allah, era *bamanye* nti emikisa gyonna giri mu mikono gya Allah; agiwa oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

لَيْلًا يَعْلَمَ أَهْلُ الْكِتَابِ أَلَا يَقْدِرُونَ
عَلَى شَيْءٍ مِّنْ فَضْلِ اللَّهِ وَ أَنَّ
الْفَضْلَ بِيَدِ اللَّهِ يُؤْتِيهِ مَنْ
يَشَاءُ وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيمِ ﴿٣٠﴾

AL-MUJĀDALAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

Juzu 28

2. Mazima Allah amaze okuwulira okwogera kw'omukazi atotoogana naawe ku nsonga za bba, era awanjaze n'eri Allah. Ne Allah awulidde okwogeraganya kwammwe mwembi. Mazima Allah ye Muwulizi wa byonna, Omulabi wa byonna.

قَدْ سَمِعَ اللَّهُ قَوْلَ الَّتِي تُجَادِلُكَ فِي زَوْجِهَا وَتَشْتَكِي إِلَى اللَّهِ وَاللَّهُ يَسْمَعُ تَحَاوُرَكُمَا إِنَّ اللَّهَ سَمِيعٌ بَصِيرٌ ②

3. Abo mu mmwe abazira bakyala baabwe nga babayita bannyaabwe — ddala tebafuuka bannyaabwe; bannyaabwe si balala wabula be bo abaabazaalira ddala. Era ddala abo bye boogera bigambo bibi nnyo era bya bulimba; naye ddala Allah ye Musanguzi w'ebibi, Omusonyiyi ennyo.

الَّذِينَ يُظَاهِرُونَ مِنكُم مِّن نِّسَائِهِمْ مَبْهُتٌ أُمَّهَاتِهِمْ إِنْ أُمَّهَاتُهُمْ إِلَّا اللَّائِي وَلَكِنَّهُنَّ ذُنُوبُهُنَّ لَمُنكِّرَاتٍ ③

4. Era abo abayita bakyala baabwe bannyaabwe olw'okubeeyawulako, n'oluvannyuma nebeefukulula kw'ebyo bye baayogera, kale bateekwa okuwa omuddu eddembe nga bombi tebannatuukaganako. Bwe mutyo nno bwe mubuuliriddwa ku kyo. Era byonna bye mukola Allah abitegeera.

وَالَّذِينَ يُظَاهِرُونَ مِن نِّسَائِهِمْ ثُمَّ يَعُودُونَ لِمَا قَالُوا فَتَحْرِيرُ رَقَبَةٍ ④ مِنْ قَبْلِ أَنْ يَتَمَاسَّ ذَلِكُمْ تَوْعَظُونَ بِهِ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ④

5. Naye oyo atalifuna muddu, kale asiibe emyezi ebiri egiddiring'ana, nga bombi tebannatuukaganako. Naye oyo atasobola, kale aliise abanaku nkaaga. Kiri bwe kityo mulyooke mukkirize Allah n'Omubaka we. Era zino z'ensalo za Allah. Era abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekirumya.

فَمَنْ لَّمْ يَجِدْ فَصِيَامُ شَهْرَيْنِ مُتَتَابِعَيْنِ مِن قَبْلِ أَنْ يَتَمَاسَّ فَمَنْ لَّمْ يَسْتَطِعْ فَاطْعَامُ سِتِّينَ مِسْكِينًا ذَلِكَ لِتُؤْمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَتَلْكَ حُدُودَ اللَّهِ وَلِلْكَافِرِينَ عَذَابٌ أَلِيمٌ ⑤

6. Mazima abo abawakanya Allah n'Omubaka we, baja kunyoomoolwa ng'abo abaabasooka bwe baanyoomoolwa; era ddala twamala okussa Aya ez'olwaatu. Era abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

إِنَّ الَّذِينَ يُعَادُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ كَيْتُوا كَمَا كَيْتَ الَّذِينَ مِن قَبْلِهِمْ وَقَدْ آتَيْنَا آيَاتٍ بَيِّنَاتٍ وَلِلْكَافِرِينَ عَذَابٌ مُّهِينٌ ⑥

7. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna, kale alibategeeza ebyo bye baakolanga. Allah yabibalirira mu kitabo, naye bo ne-babyerabira. Era Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيعًا فَيُنَبِّئُهُم بِمَا عَمِلُوا أَحْضَسُهُ اللَّهُ وَنَسُوهُ ⑦ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ⑦

Ruku 2

8. Abaffe, tolaba nti Allah y'amanyi ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi? Tewali kafubo konna kabaamu basatu, wabula Ye y'aba ow'okuna ku bo; oba abataano, wabula Ye y'aba ow'omukaaga ku bo; wadde abatenkana awo oba abasingawo, wabula naye aba nabo wonna we baba. N'oluvannyuma ku lunaku lw'okuzuukira, alibategeeza ebyo bye baakola. Mazima Allah y'amanyi obulungi buli kimu.

أَلَمْ تَرَ أَنَّ اللَّهَ يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَ
مَا فِي الْأَرْضِ مَا يَكُونُ مِنْ نَجْوَى ثَلَاثَةٍ
إِلَّا هُوَ رَابِعُهُمْ وَلَا خَمْسَةٍ إِلَّا هُوَ
سَادِسُهُمْ وَلَا آدَانِي مِنْ ذَلِكَ وَلَا
أَكْثَرَ إِلَّا هُوَ مَعَهُمْ آيَاتِنَا مَا كَانُوا يَنْمُرُونَ
بِئْسَ مَا عَمِلُوا يَوْمَ الْقِيَامَةِ
إِنَّ اللَّهَ بِكُلِّ شَيْءٍ عَلِيمٌ ①

9. Abaffe, tewalaba abo abaaziyizibwa okuteesa mu nkukutu ate era nebaddira ekyo ekyabaziyizibwa, era nebateeseza mu nkukutu olw'okukola ebibi, n'ebiyobulabe, n'okujeemera Omubaka? Era bwe bajja gy'oli, bakulamusa n'e kiramuso Allah ky'ataakulamusa na kyo, neboogera ne mu myoyo gyabwe nti: Lwaki Allah tatubonereza olw'ebyo bye twogera? Omuliro gwe balyokebwamu gwe gulibamala. Naye *obwo* nga buddo bubu nnyo!

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ نُهُوا عَنِ النَّجْوَى ثُمَّ
يَعُودُونَ لِمَا نُهُوا عَنْهُ وَيَتَنَجَّوْنَ
بِالْأَثِمِ وَالْعُدْوَانِ وَمَخْصِيَّتِ
الرَّسُولِ زَوْادًا جَاءُوكَ حَيَّوْكَ بِمَا
لَمْ يُحْيِكَ بِهِ اللَّهُ ۖ وَيَقُولُونَ فِيهِ
أَنفُسُهُمْ لَوْلَا يُعَذِّبُنَا اللَّهُ بِمَا
نَقُولُ ۖ حَسْبُكُمْ جَهَنَّمُ ۖ يَصْلَوْنَهَا
فَبِئْسَ الْمَصِيرُ ①

10. Abange mmwe abakkiriza, bwe mutee-sezanga mu kyaama, temuteesanga lwa kukola kibi, n'obulabe, n'okujeemera Omubaka, wabula muteesenga mu kyaama lwa kukola birungi na kutya Allah. Era mutye nnyo Allah Oyo gy'ali gye mulikung'aanyirizibwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا تَنَاجَيْتُمْ فَلَا
تَتَنَاجَوْا بِالْأَثِمِ وَالْعُدْوَانِ وَ
مَخْصِيَّتِ الرَّسُولِ وَتَنَاجَوْا بِالْبِرِّ
وَالتَّقْوَى ۖ وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي إِلَيْهِ
تُحْشَرُونَ ②

11. Mazima okuteesa mu kyaama olw'ebibi kikulwa kya Sitaani, akikola alyooke anakuwaze abo abakkiriza; naye tayinza kubalumya mu kyonna, mpozzi nga Allah akkirizza. Era abakkiriza beesigenga Allah yekka.

إِنَّمَا النَّجْوَى مِنَ الشَّيْطَانِ لِيَحْزَنَ
الَّذِينَ آمَنُوا وَكَيْسٌ يَضَارِهِمْ شَيْعًا
لَا يَأْذِنُ اللَّهُ ۖ وَعَلَى اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ
الْمُؤْمِنُونَ ③

12. Abange mmwe abakkiriza, bwe mugambibwanga mu nkung'aana nti: Muwe ekyaaanya, kale muwanga ekyaaanya, ne Allah alibawa ekyaaanya. Ate bwe mugambibwanga nti: Musituke, kale musitukanga; Allah alisitula mu madaala abo abakkiriza mu mmwe n'abo abaawebwa okumanya. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا قِيلَ لَكُمْ
تَسَحَّوْا فِي الْمَجْلِسِ فَاسْحَوْا يَفْسَحِ
اللَّهُ لَكُمْ ۖ وَإِذَا قِيلَ انشُرُوا فَانْشُرُوا
يَرْزُقِ اللَّهُ الَّذِينَ آمَنُوا مِنْكُمْ ۖ وَالَّذِينَ
أُوتُوا الْعِلْمَ دَرَجَاتٍ ۖ وَاللَّهُ بِمَا
تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ④

13. Abange mmwe abakkiriza, bwe mwebuuzanga ku Mutume mu kyaama, kale mukulembezenga saddaaka olubereberye lw'akafubo kammwe. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli era ky'ekisinga n'obulongoofu. Naye bwe mutafunanga kye mutoola, kale ddala Allah ye Musonyiyi ennyo, Omusaasizi ennyo.

14. Abaffe, mutya okukulembeza saddaaka olubereberye lw'okwebuuzza kwammwe ku Mutume mu kyaama? Kale ekyo bwe mutaasobole kukikola — Allah abaddiremu — kale nno mujjumbire nnyo essaala era mutoole zaka era mugondere nnyo Allah n'Omubaka we. Era byonna bye mukola, Allah abitegeera.

Ruku 3

15. Abaffe, tewalaba abo abakwanagana n'abantu Allah be yasunguwalira? Abo tebali mu mmwe wadde tebali mu bo, era balayira ne ku by'obulimba nga ddala bamanyi.

16. Allah yabategekera ekibonerezo ekikakali. Ddala bibi nnyo ebyo bye baakolanga.

17. Baatwala okulayira kwabwe nga engabo, kale nebeekiika mu kkubo lya Allah, n'olwekyo balifuna ekibonerezo ekiswaaza.

18. Eby'obugagga bwaabwe wadde abaana baabwe tebijja kubagasa wadde akatono ku Allah. Abo be bantu b'omuliro, bo mu gwo mwe balibeera.

19. Olunaku Allah lw'alibazuukiza bonna awamu, kale balimulayirira nga bwe babalayirira, nga balowooza nti balina kye baliko. Mwetegereze! Ddala bo be balimba.

20. Sitaani yabefuga, kale n'abeerabiza okujjukira Allah. Abo ekibiina kya Sitaani. Mwetegereze! Mazima ekibiina kya Sitaani be b'okufaafaaganirwa.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا نَاجَيْتُمُ
الرَّسُولَ فَقَدِمُوا بَيْنَ يَدَيْ نَجْوَيْكُمْ
صِدْقَةً ذَٰلِكَ خَيْرٌ لَّكُمْ وَأَطْهَرُ فَإِن
لَّمْ تَجِدُوا فَإِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٣﴾

ءَأَشْفَقْتُمْ أَن تُقَدِّمُوا بَيْنَ يَدَيْ
نَجْوَيْكُمْ صِدْقَاتٍ فَإِذ لَّمْ تَفْعَلُوا وَ
تَابَ اللَّهُ عَلَيْكُمْ فَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ
وَأَتُوا الزَّكَاةَ وَأَطِيعُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ
وَإِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٤﴾

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ تَوَلَّوْا قَوْمًا
غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ مَآ هُمْ مِنْكُمْ وَ
لَا مِنْهُمْ لَوِىَ يَخْلِفُونَ عَلَى الْكُذِبِ وَهُمْ
يَعْلَمُونَ ﴿١٥﴾

أَعَدَّ اللَّهُ لَهُمْ عَذَابًا شَدِيدًا إِنَّهُمْ
سَاءَ مَا كَانُوا يَعْمَلُونَ ﴿١٦﴾

لَا تَتَّخِذُوا أَيْمَانَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا عَن
سَبِيلِ اللَّهِ فَ لَهُمْ عَذَابٌ مُّهِينٌ ﴿١٧﴾

لَن تَغْنِيَّ عَنْهُمْ أَمْوَالُهُمْ وَلَا
أَوْلَادُهُمْ مِنَ اللَّهِ شَيْعًا أُولَٰئِكَ
أَصْحَابُ النَّارِ هُمْ فِيهَا خَالِدُونَ ﴿١٨﴾

يَوْمَ يَبْعَثُهُمُ اللَّهُ جَمِيعًا فَيَحْلِفُونَ لَهُ
كََمَا يَحْلِفُونَ لَكُمْ وَيَحْسَبُونَ أَنَّهُمْ
عَلَىٰ شَيْءٍ ؕ أَلَا إِنَّهُمْ هُمُ الْكَاذِبُونَ ﴿١٩﴾

لِاسْتَحْوَذَ عَلَيْهِمُ الشَّيْطَانُ فَأَنسَهُمْ
ذِكْرَ اللَّهِ ؕ أُولَٰئِكَ حِزْبُ الشَّيْطَانِ ؕ
أَلَا إِنَّ حِزْبَ الشَّيْطَانِ هُمُ
الْخٰسِرُونَ ﴿٢٠﴾

21. Mazima abo abawakanya Allah n'Omubaka we, abo be bali mu banyoomoofu ennyo.

22. Allah yalangirira dda nti: Mazima Nze nnaawangulanga *bulijjo*, Nze n'Ababaka bange. Mazima Allah ye w'Amaanyi ennyo, Luwangula.

23. Tojja kusanga bantu bakkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero nga baagalana n'abo abawakanya Allah n'Omubaka we, ne bwe baba nga be bakitaabwe, oba nga baana baabwe, oba baganda baabwe, oba ab'eng'anda zaabwe. Abo nno Allah be yawandiika ku mitima gyabwe obukkiriza era n'abawagira n'omwoyo oguva gy'ali. Era alibayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Omwo mwe balibeera, nga Allah musanyufu gye bali, nabo nga basanyufu gy'ali. Abo nno be b'ekibinja kya Allah. Mwetegereze! Ddala ab'ekibinja kya Allah be b'okuganyulwa.

رَبِّ الَّذِينَ يُعَادُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ
أُولَئِكَ فِي الْأَذَلِّينَ ﴿١١﴾

كَتَبَ اللَّهُ لَأَغْلِبَنَّ أَنَا وَرُسُلِي إِنَّ
اللَّهَ قَوِيٌّ عَزِيزٌ ﴿١٢﴾

لَا تَجِدُ قَوْمًا يُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ
الْآخِرِ يُوَادُّونَ مَنْ حَادَّ اللَّهَ وَ
رَسُولَهُ وَلَوْ كَانُوا آبَاءَهُمْ أَوْ
أَبْنَاءَهُمْ أَوْ إِخْوَانَهُمْ أَوْ عَشِيرَتَهُمْ
أُولَئِكَ كَتَبَ فِي قُلُوبِهِمُ الْإِيمَانَ
وَآيَّدَهُمْ بِرُوحٍ مِنْهُ وَيُدْخِلُهُمْ
جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ
خَالِدِينَ فِيهَا رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا
عَنْهُ أُولَئِكَ حِزْبُ اللَّهِ أَلَا إِنَّ
حِزْبَ اللَّهِ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٣﴾

AL-HASHR

(Yakka Iuvanyuma Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah; era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Ye y'eyafulumya abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo okuva mu maka gaabwe mu kuwang'angusa okwasooka. Mmwe temwalowooza nti balivaamu era nabo baalowooza nti ebigo byabwe bijja kubawonya Allah. Naye nno Allah yabajjira mu ngeri gye bataalowoozaako, n'assa ensisi mu mitima gyabwe, nebazikiriza ennyumba zaabwe n'emikono gyabwe wamu n'emikono gy'abakkiriza. Kale mmwe abalina amaaso, ekyo mukitwale ng'ekyokulabula.

4. Era singa tekyali nti Allah yabasalira kuwang'angusibwa, mazima yaalibabonereza mu nsi *muno*. Ate ne ku nkomererero, balina ekibonerezo ky'omuliro.

5. Ekyo Iwa kubanga baawakanya Allah n'Omubaka we. Era oyo awakanya Allah, kale ddala Allah mukakali nnyo mu kubonereza.

6. Omutende gwonna gwe mwatema oba gwe mwalekawo nga guyimiridde ku mirandira gya gwo, kale kyali Iwa kukkiriza kwa Allah, era alyooke aswaaze aboononefu.

7. Era omunyago gwonna Allah gwe yawa Omubaka we okuva gye bali, mmwe temwaguddusizaako mbalaasi wadde eng'amira *zammwe*, naye Allah y'awa Ababaka be obuyinza kw'oyo gw'aba ayagadde. Era Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ ۗ وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ②

هُوَ الَّذِي أَخْرَجَ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ مِنْ دِيَارِهِمْ لِأَوَّلِ الْحَشْرِ ۗ مَا ظَنَنْتُمْ أَنْ يَخْرُجُوا وَظَنُّوا أَنَّهُمْ مَبْنِعُهُمْ كُضُبٌ مُنْجَاهُمْ ۗ قَالَ اللَّهُ إِنَّهُمْ عِنْدَ اللَّهِ مِنْ بَيْنِ أَعْيُنِنَا ۗ قَدْ بَدَأْنَا فِي قُلُوبِهِمُ الرَّعْبَ ۗ يُخْرِبُونَ بُيُوتَهُمْ بِأَيْدِيهِمْ وَأَيْدِي الْمُؤْمِنِينَ ۗ فَاعْتَبِرُوا يَا أُولِيَ الْأَبْصَارِ ③

وَلَوْلَا أَنْ كَتَبَ اللَّهُ عَلَيْهِمُ الْجَلَءَ لَعَذَّبَهُمْ فِي الدُّنْيَا ۗ وَلَهُمْ فِي الْآخِرَةِ عَذَابُ النَّارِ ④

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ شَاقُوا اللَّهَ وَرَسُولَهُ ۗ وَمَنْ يُشَاقِ اللَّهَ فَإِنَّ اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ⑤

مَا تَقَطَّعْتُمْ مِنْ لَيْبَةٍ أَوْ تَرَكْتُمْ مِنْهَا قَائِمَةً عَلَى أَصُولِهَا فَبِإِذْنِ اللَّهِ وَ لِيُخْرِزِيَ الْفَاسِقِينَ ⑥

وَمَا آفَاءَ اللَّهِ عَلَى رَسُولِهِ مِنْهُمْ فَمَا أَوْجَفْتُمْ عَلَيْهِ مِنْ خَيْلٍ وَلَا رِكَابٍ وَلَئِنَّ اللَّهَ يُسَلِّطُ رُسُلَهُ عَلَى مَنْ يَشَاءُ ۗ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ⑦

نفسه

8. Eby'omunyago byonna Allah by'aba awadde Omubaka we okuva mu bantu b'omu bibuga, kale biba bya Allah, n'Omubaka, n'ababe, ne bamulekwa, n'abankuseere, n'abatambuze; olwo *eby'obugagga* biryooke bireme kwetoolorera mu bagagga bokka mu mmwe. Era ekyo kyonna Omubaka ky'abanga abawadde, kale mukitwalenga; ate ekyo kyonna ky'abanga abagaanye, kale mukirekenga. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah mukakali mu kubonereza.

9. *Era omunyago* gwa banaku Abasenguse abo abaagobebwa mu maka gaabwe ne ku by'obugagga bwabwe nga banoonya emikisa egiva eri Allah n'okusiiima *kwe*, era nebayamba Allah n'Omubaka we. Abo nno be b'amazima.

10. Era n'abo abaategeka amaka e *Madina* nebakkiriza olubereberye lwabwe, baagalana n'abo abaasengukira gye bali, era tebawulira nkenyera yonna mu mitima gyabwe kw'ebyo ebiba biweereddwa *Abasenguse*, era bakulembeza *Abasenguse* okusinga ne ku bo bennyini, newankubadde nga bo bennyini bali mu bwavu. Era oyo awonyezebwa okululunkana kw'omwoyo gwe, kale abo be baliganyulwa.

11. Era n'abo abajja oluvannyuma lwabwe nga bagamba nti: Mukama waffe, tusonyiwe era ne baganda baffe abo abaatukulemba mu kukkiriza, era tossa ffutwa mu mitima gyaffe kw'abo abakkiriza. Mukama waffe, mazima Ggwe Musaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Ruku 2

12. Abaffe, tewalaba abo abaafuuka bannanfuusi? Baagamba baganda baabwe abo abatakkiriza mu bantu b'Ekita bo nti: Singa ddala munaagobebwa *mu Madina*, mazima naffe tujja kugenda nammwe, era tetugenda kugondera yenna ku bikwata ku mmwe ddi na ddi; era bwe mulirwanyisibwa, mazima tulibayamba. Naye Allah akakasa nti ddala bo balimba.

مَا آفَاءَ اللَّهُ عَلَى رَسُولِهِ مِنْ أَهْلِ الْقُرَىٰ
فِيهِ وَلِلرَّسُولِ وَلِذِي الْقُرْبَىٰ وَالْيَتَامَىٰ
وَالْمَسْكِينِ وَابْنِ السَّبِيلِ ۗ كَيْ لَا
يَكُونُ دُولَ بَيْنِ الْأَغْنِيَاءِ مِنْكُمْ
وَمَا أَتَاكُمْ الرَّسُولُ فَخُذُوهُ وَ مَا
نَهَاكُمْ عَنْهُ فَانْتَهُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ ۗ إِنَّ
اللَّهَ شَدِيدُ الْعِقَابِ ⑧

وَقَالَ

لِلْفُقَرَاءِ الْمُهَاجِرِينَ الَّذِينَ أُخْرِجُوا
مِنْ دِيَارِهِمْ وَأَمْوَالِهِمْ يَبْتَغُونَ
فَضْلًا مِنَ اللَّهِ وَرِضْوَانًا وَ
يَنْصُرُونَ اللَّهَ وَرَسُولَهُ ۗ أُولَٰئِكَ هُمُ
الصَّادِقُونَ ⑨

وَالَّذِينَ تَبَوَّءُوا الدَّارَ وَالْأَرْضَ يَمَانًا
مِنْ قَبْلِهِمْ يُحِبُّونَ مَنْ هَاجَرَ إِلَيْهِمْ
وَلَا يَجِدُونَ فِي صُدُورِهِمْ حَاجَةً مِمَّا
أُوتُوا وَيُؤْتِرُونَ عَلَىٰ أَنْفُسِهِمْ وَلَوْ
كَانَ بِهِمْ حَصَصَةٌ مِّنْهُ وَمَنْ يُوَقِّ
شَخَّ نَفْسِهِ فَأُولَٰئِكَ هُمُ
الْمُفْلِحُونَ ⑩

وَالَّذِينَ جَاءُوا مِنْ بَعْدِهِمْ يَقُولُونَ
رَبَّنَا اغْفِرْ لَنَا وَلِإِخْوَانِنَا الَّذِينَ سَبَقُونَا
بِالْإِيمَانِ وَلَا تَجْعَلْ فِي قُلُوبِنَا غِلًّا
لِّلَّذِينَ آمَنُوا رَبَّنَا إِنَّكَ رَءُوفٌ
رَّحِيمٌ ⑪

وَقَالَ

أَلَمْ تَرَ إِلَى الَّذِينَ تَافَقُوا يَقُولُونَ
لِإِخْوَانِهِمُ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ
الْكِتَابِ لَئِن أُخْرِجْتُمْ لَنَخْرُجَنَّ
مَعَكُمْ وَلَا نُطِيعُ فِيكُمْ أَحَدًا
أَبَدًا ۗ وَإِن قُوتِلْتُمْ لَنَنْصُرَنَّكُمْ وَاللَّهُ
يَشْهَدُ إِنَّهُمْ لَكَاذِبُونَ ⑫

13. Bwe baligobebwa, tebaligenda nabo, era ne bwe balirwanyisibwa, tebalibayamba. Ate ne bwe balibayamba, ddala balikubayo enkoono; n'oluvannyuma *abannanfuusi* tebaliyambibwa.

لَيْنٌ أُخْرِجُوا لَا يَخْرُجُونَ مَعَهُمْ
وَلَيْنٌ قُوتِلُوا لَا يَنْصُرُوهُمْ وَلَيْنٌ
نَّصَرُوهُمْ لِيُوَلُّوا أَلْدُبَارَ ثُمَّ لَا
يُنْصَرُونَ ﴿١٣﴾

14. Ddala mmwe be batya ennyo mu mitima gyabwe n'okusinga Allah; ekyo lwa kubanga be bantu abatategeera.

لَا نُنْتُمْ أَشَدُّ رَهْبَةً فِي صُدُورِهِمْ
عِنَ اللَّهِ ذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ لَا يَفْقَهُونَ ﴿١٤﴾

15. Tebayinza kulwana nammwe bonna lumu, mpozzi nga bali mu bibuga ebiriko ebigo oba nga bali mabega wa bisenge. So nno okulwanagana kwabwe bokka na bokka kukakali. Ggwe obalowoza nti bali bumu, naye emitima gyabwe myawufu. Ekyo lwa kubanga be bantu abatakozesa magezi.

لَا يُقَاتِلُونَكُمْ جَمِيعًا إِلَّا فِي قَرَى
مُحَصَّنَةٍ أَوْ مِنْ وَرَاءِ حُدُودٍ بِأَسْهُمٍ
بَيْنَهُمْ شَدِيدَةً تَحْسِبُهُمْ جَمِيعًا
وَلَوْ أَنَّهُمْ شِئُوا بِذَٰلِكَ بِأَنَّهُمْ قَوْمٌ
لَا يَخْلُقُونَ ﴿١٥﴾

16. Bafaanana n'abo abaabakulembere emabegako katonno abaalozza ku bubi bw'ebikolwa byabwe. Ate nno balinayo n'ekibonerezo ekirumya ennyo.

كَمَثَلِ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ قَرِيبًا ذَاتُوا
وَبَالَ أَمْرِهِمْ جَ وَ لَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿١٦﴾

17. Okufaanana nga Sitaani bw'agamba omuntu nti: Weereme! Naye bwe yeerema, olwo ng'agamba nti: Mazima nkwesambye; ddala nze ntya nnyo Allah, Omutonzi w'ebitonde byonna.

كَمَثَلِ الشَّيْطَانِ إِذْ قَالَ لِلْإِنْسَانِ
اٰكْفُرْ فَلَمَّا كَفَرَ قَالَ إِنِّي بَرِيءٌ
مِّنْكَ إِنِّي أَخَافُ اللَّهَ رَبَّ الْعَالَمِينَ ﴿١٧﴾

18. Kale enkomerero ya bombi n'eba nti ddala bombi ba mu muliro, omwo mwe balibeera. Anti eyo y'empeera y'abakozi b'ebibi.

فَكَانَ عَاقِبَتُهُمَا أَنَّهُمَا فِي النَّارِ
خَالِدَيْنِ فِيهَا وَ ذَٰلِكَ جَزَاؤُ
الظَّالِمِينَ ﴿١٨﴾

Ruku 3

19. Abange mmwe abakkiriza, mutyenga nnyo Allah era omuntu asaanye yeetegereze nga nnyo ebyo by'akulembezza olw'olunaku lw'enkya. Era mutye nnyo Allah. Mazima Allah ategeera bulungi bye mukola.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا اتَّقُوا اللَّهَ وَ لْتَنْظُرْ
نَفْسٌ مَّا قَدَّمْتُمْ لِغَدٍ وَ اتَّقُوا اللَّهَ
إِنَّ اللَّهَ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٩﴾

20. Era temubanga ng'abo abeerabira Allah, kale ne Allah n'abeerabiza emyoyo gyabwe. Abo nno be boononefu.

وَلَا تَكُونُوا كَالَّذِينَ نَسُوا اللَّهَ
فَأَنسَهُمْ أَنفُسَهُمْ أُولَٰئِكَ هُمُ
الْفَاسِقُونَ ﴿٢٠﴾

21. Abantu b'omu muliro n'abantu b'omu Janna tebayinza kwenkanankana. Abantu b'omu Janna bo be bawanguzi.

لَا يَسْتَوِي أَصْحَابُ النَّارِ وَ أَصْحَابُ
الْجَنَّةِ مَا أَصْحَابُ الْجَنَّةِ هُمُ الْفَائِزُونَ ﴿٢١﴾

22. Singa Kur'āni eno twagissa ku lusozi, mazima waalilulabye nga lwetoowaza, nga lwabikayabika olw'okutya Allah. Era eby'okulabirako bino tubireetera abantu, balyooke bafumiitirize.

لَوْ أَنْزَلْنَا هَذَا الْقُرْآنَ عَلَى جَبَلٍ لَرَأَيْتَهُ خَاشِعًا مُتَصَدِّعًا مِّنْ خَشْيَةِ اللَّهِ وَتِلْكَ الْأَمْثَالُ نَضْرِبُهَا لِلنَّاسِ لَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ ﴿٢٢﴾

23. Ye ye Allah. Tewali musinzibwa mulala mutuufu okuggyako Ye. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika. Ye ye Musaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ عِلْمُ الْغَيْبِ وَ الشَّهَادَةِ هُوَ الرَّحْمَنُ الرَّحِيمُ ﴿٢٣﴾

24. Ye ye Allah. Tewali musinzibwa mulala mutuufu okuggyako Ye, Kabwejungira, Omutukuvu, Omuwi w'emirembe, Omuwi w'eddembe, Omulabirizi, Luwangula, Omuddaabirizi, Omugulumivu. Omutuukirivu ye Allah, ali ewala ennyo n'ebyo bye benkanya naye.

هُوَ اللَّهُ الَّذِي لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ الْمَلِكُ الْقُدُّوسُ السَّلَامُ الْمُؤْمِنُ الْمُهَيْمِنُ الْعَزِيزُ الْجَبَّارُ الْمُتَكَبِّرُ سُبْحَانَ اللَّهِ عَمَّا يُشْرِكُونَ ﴿٢٤﴾

25. Ye ye Allah, Omutonzi, Omutandisi wa buli kimu, Omuyiyya w'enfaanana. Y'alina amatendo amakula. Ebiri mu ggulu ne mu nsi Ye gwe bitendereza, era ye Luwangula, Omugezi ennyo.

هُوَ اللَّهُ الْخَالِقُ الْبَارِئُ الْمُصَوِّرُ لَهُ الْأَسْمَاءُ الْحُسْنَى يُسَبِّحُ لَهُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٥﴾

AL-MUMTAHINAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abange mmwe abakkiriza, temutwalanga abalabe bange n'abalabe bammwe okuba ab'emikwano, nemubalaga okwagala ng'ate baagaana amazima agajja gye muli, nebagoba n'Omubaka nammwe *okuva mu maka gammwe* mbu olw'okubanga mukkiriza Allah Mukama wammwe. *Naye* bwe muba nga mugenze mu lutalo mu kkubo lyange n'okunoonya okusiima kwange, *abamu mu mmwe* mubatumira mu nkukutu olw'omukwano, naye Nze manyi bulungi ebyo bye mukisa n'ebyo bye mwoleka. Era oyo alikikola mu mmwe, ddala aliba awabye ku kkubo ettuufu.

3. *Kuba* bo bwe baba nga be babavuumbikirizza, baba balabe bammwe *mu lwaatu* era babagololera n'emikono gyabwe n'ennimi zaabwe mu ngeri embi; era beegomba nnyo nti singa mufuuse abatakkiriza.

4. Eng'anda zammwe wadde abaana bammwe tebalibagasa ku lunaku lw'okuzuukira. *Allah* y'aliramula wakati wammwe, era byonna bye mukola Allah abiraba.

5. Mazima mwalina eky'okulabirako ekirungi mu Ibrahimi n'abo abaali naye, awo bwe baagamba bannaabwe nti: Mazima ffe tubeesambye era n'ebyo bye musinza ebbali wa Allah. Mazima ffe tubeegaanye. Obulabe obw'olubeerera n'obukyayi bimaze okweyoleka wakati waffe nammwe, okutuusa lwe mulikkiriza Allah Omu yekka — mpozzi ye Ibrahimi *ku lulwe* n'agamba kitaawe nti: Mazima nzija kukusabira okusonyiyibwa, naye nga nze sirina buyinza ku kyonna ku lulwo ku Allah. *Kye baava basaba nti*: Mukama

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①
يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا لَا تَتَّخِذُوْا
عَدُوِّيْ وَعَدُوْكُمْ اَوْلِيَاءَ تُلْقُوْنَ
اِلَيْهِمْ بِالْمَوْدَّةِ وَقَدْ كَفَرُوْا بِمَا
جَاءَكُمْ مِنَ الْحَقِّ يُخْرِجُوْنَ الرَّسُوْلَ
وَرِاٰتِكُمْ اَنْ تُؤْمِنُوْا بِاللّٰهِ رَبِّكُمْ ؕ
اِنْ كُنْتُمْ حَرَجْتُمْ جِهَادًا فِيْ سَبِيْلِ
وَ اِبْتِغَاءَ مَرْضَاتِيْ ۙ تُسِرُّوْنَ اِلَيْهِمْ
بِالْمَوْدَّةِ ۙ وَاَنَا اَعْلَمُ بِمَا اَخْفَيْتُمْ وَمَا
اَعْلَنْتُمْ وَاَمِنْ يَفْعَلُهٗ مِنْكُمْ فَكَقَدْ ضَلَّ
سَوَاءَ السَّبِيْلِ ②

اِنْ يَتَّقُوْكُمْ يَكُوْنُوْا لَكُمْ اَعْدَاءً وَّ
يَبْسُطُوْا اِلَيْكُمْ اَيْدِيَهُمْ وَاَلْسِنَتَهُمْ
بِالسُّوْءِ وَاُوْدُوْا لَوْ تَكْفُرُوْنَ ③

لَنْ تَنْفَعَكُمْ اَرْحَامُكُمْ وَاَوْلَادُكُمْ ۙ
يَبِيْنُكُمْ ؕ وَاللّٰهُ بِمَا تَعْمَلُوْنَ بَصِيْرٌ ④

قَدْ كَانَتْ لَكُمْ اُسُوْةٌ حَسَنَةٌ فِيْ
اِبْرٰهِيْمَ وَاَلَّذِيْنَ مَعَهٗ جِاٰدُ قَالُوْا
لِقَوْمِهِمْ اِنَّا بُرَآءُ وَا مِنْكُمْ وَاَمَّا
تَعْبُدُوْنَ مِنْ دُوْنِ اللّٰهِ زَكَّرْنَا بِكُمْ وَا
بَدِ اٰيٰتِنَا وَاَبَيْتُمْ الْعٰدَاوَةَ وَاَلْبَغْضَاءِ
اٰبَدًا حَتّٰى تُؤْمِنُوْا بِاللّٰهِ وَحَدَهٗ اِلَّا
قَوْلَ اِبْرٰهِيْمَ لِاٰبِيْهِ لَا سَتُغْفِرَنَّ لَكَ
وَمَا اَمْلِكُ لَكَ مِنَ اللّٰهِ مِنْ شَيْءٍ ؕ رَبَّنَا

waffe, twesiga Ggwe wekka, era gy'oli gye twetoowaza era gy'oli y'eri obuddo.

6. Mukama waffe, totufuula kigezo eri abo abatakkiriza era tusonyiwe, Mukama waffe. Mazima Ggwe Luwangula, Omugezi ennyo.

7. Mazima ddala mulina mu bo eky'okulabirako ekirungi ennyo eri abo abalina essuubi mu Allah n'olonaku lw'enkomerero. Naye oyo eyekyuusa, mazima Allah ye Yeemala, y'Atenderezebwa ennyo.

Ruku 2

8. Ob'olyawo Allah anassa okwagalana wakati wammwe n'abo be mulinako obulabe mu bo. Era Allah ye w'Obuyinza. Era Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

9. Allah tabaziyiza kw'abo abatalwanagana nammwe olw'eddiini era abatabagoba mu maka gammwe, okubakolera ekisa n'okuba abenkanya gye bali. Mazima Allah ayagala nnyo abenkanya.

10. Wabula Allah abaziyiza kw'abo bokka abalwanagana nammwe olw'eddiini era nebabagoba ne mu maka gammwe, oba nebayamba abalabe bammwe basobole okubagoba, abo mwaziyizibwa okukwanagana nabo. Era yenna akwanagana n'abo, kale abo be boononyi.

11. Abange mmwe abakkiriza, abakazi abakkiriza bwe bajjanga gye muli nga Basenguse, kale mubagezesenga. Allah y'asinga okumanya obulungi okukkiriza kwabwe. Kale bwe mumanyanga nti ddala bakkiriza, olwo temubazzangayo eri abatakkiriza. Kuba abakyala abo baba tebakyakkirizibwa gye bali, era nabo baba tebakyakkirizibwa eri abakyala abo. Naye ba bbaabwe abatakkiriza mubawe ebyo bye baatoola ku bo. Era temubaako kisobyo bwe muba mubawasizza, bwe muba nga mubawadde amahare gaabwe. Naye temuddiranga abakyala abatakkiriza nemugattibwa nabo; naye nammwe bwe mutyo musabe abatakkiriza ebyo bye mwatoola ku bakazi bammwe, nabo babasabe ebyo bye baatoola ku baabwe. Okwo nno kwe kulamula

عَلَيْكَ تَوَكَّلْنَا وَرَأَيْكَ أَنْبَأْنَا وَرَأَيْكَ
الْمَصِيرُ ①

رَبَّنَا لَا تَجْعَلْنَا فِتْنَةً لِلَّذِينَ كَفَرُوا
وَاعْفِرْ لَنَا رَبَّنَا إِنَّكَ أَنْتَ الْعَزِيزُ
الْحَكِيمُ ①

لَقَدْ كَانَ لَكُمْ فِيهِمْ أُسْوَةٌ حَسَنَةٌ لِّمَن
كَانَ يَرْجُوا اللَّهَ وَالْيَوْمَ الْآخِرَ وَوَدَّ
تَتَوَلَّىٰ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ⑤

عَسَى اللَّهُ أَنْ يَجْعَلَ بَيْنَكُمْ وَبَيْنَ
الَّذِينَ عَادَيْتُم مِّنْهُمْ مَّوَدَّةً ۗ وَاللَّهُ
قَدِيرٌ ۗ وَاللَّهُ عَفُورٌ رَّحِيمٌ ⑧

لَا يَنْهَكُمُ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ لَمْ يُقَاتِلُوكُمْ
فِي الدِّينِ وَلَمْ يُخْرِجُوكُم مِّن دِيَارِكُمْ
أَن تَبَرُّوهُمْ وَتُقْسِطُوا إِلَيْهِمْ ۗ إِنَّ
اللَّهَ يُحِبُّ الْمُقْسِطِينَ ⑨

إِنَّمَا يَنْهَكُمُ اللَّهُ عَنِ الَّذِينَ قَاتَلُوكُمْ
فِي الدِّينِ وَأَخْرَجُوكُم مِّن دِيَارِكُمْ وَ
ظَاهَرُوا عَلَىٰ إِخْرَاجِكُمْ أَن تَوَلَّوهُمْ ۗ
مَنْ يَتَوَلَّهُمْ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الظَّالِمُونَ ⑩

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا جَاءَكُمُ
الْمُؤْمِنَاتُ مُهَاجِرَاتٍ قَامَتِجُنُوهُنَّ
وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِإِيمَانِهِنَّ ۗ فَإِن
عَلِمْتُمُوهُنَّ مُمِئَاتٍ فَلَا تَرْجِعُوهُنَّ
إِلَى الْكُفَّارِ ۗ لَآ هُنَّ حِلٌّ لَّهُمْ وَلَا هُمْ
يَحِلُّونَ لَهُنَّ ۗ وَآتُوهُنَّ مَّا أَنْفَقُوا ۗ وَلَا
جُنَاحَ عَلَيْكُمْ أَن تَنْكِحُوهُنَّ إِذَا
أَتَيْتُمُوهُنَّ أَجُورَهُنَّ ۗ وَلَا تُمْسِكُوا
بِعِصْمِ الْكُوفَرِ ۗ وَسَلُّوا مَّا أَنْفَقْتُمْ
وَلَيْسَلُّوا مَّا أَنْفَقُوا ۗ ذَلِكُمْ حُكْمُ اللَّهِ

kwa Allah. *Bw'atyo bw'alamula* wakati wammwe. Era Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

12. Era yenna mu bakyala bammwe bw'anoberanga eri abatakiriza, oluvannyuma bwe mwesasuzanga *nemufuna omunya-go*, kale muwenga abo abaanobebwako bakyala baabwe eby'enkanankana n'ebyo bye baatoola *ku bo*. Era mutye nnyo Allah Oyo gwe mukkiriza.

13. Owange ggwe Nabbi, abakazi abakkiriza bwe bajjanga gy'oli nga beeyama obuwulize gy'oli nga bwe batajja kwenkanya Allah ne kyonna era nga bwe batajja kubba era nga bwe batajja kwenda era nti tebajja kutta baana baabwe era nti tebajja kuleeta bya kuwaayiriza kwe bajinzejinze wakati w'emikono gyabwe n'amagulu gaabwe era nti tebaakujeemerenga mu bituufu, kale kkiriza obweyamo bwabwe era obasabire n'okusonyiyibwa eri Allah. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

14. Abange mmwe abakkiriza, temukwananga bantu Allah be yasunguwalira; *kuba* baba baamala okugwebwamu essuubi ly'Enkomerero, okufaanana ng'abatakiriza bwe bagwebwamu essuubi ku bantu b'omu ntaana.

يَحْكُمُ بَيْنَكُمْ وَاللَّهُ عَلَيْهِمْ حَكِيمٌ ﴿١١﴾

وَإِنْ فَاتَكُمْ شَيْءٌ مِّنْ أَدْوَابِكُمْ إِلَى الْكُفَّارِ فَعَاقِبْتُمْ فَاتُوا الَّذِينَ ذَهَبَتْ أَدْوَابُهُمْ مِّثْلَ مَا أَنْفَقُوا وَاتَّقُوا اللَّهَ الَّذِي أَنْتُمْ بِهِ مُؤْمِنُونَ ﴿١٢﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِذَا جَاءَكَ الْمُؤْمِنَاتُ يُبَايِعْنَكَ عَلَىٰ أَنْ لَا يُشْرِكْنَ بِاللَّهِ شَيْئًا وَلَا يَسْرِقْنَ وَلَا يَزْنِينَ وَلَا يَقْتُلْنَ أَوْلَادَهُنَّ وَلَا يَأْتِينَ بِبُهْتَانٍ يَفْتَرِينَهُ بَيْنَ أَيْدِيهِنَّ وَأَرْجُلِهِنَّ وَلَا يَعْصِينَكَ فِي مَعْرُوفٍ فَبَايِعْهُنَّ وَاسْتَغْفِرْ لَهُنَّ اللَّهُ ۖ إِنَّ اللَّهَ غَفُورٌ رَّحِيمٌ ﴿١٣﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تَتَوَلَّوْا قَوْمًا غَضِبَ اللَّهُ عَلَيْهِمْ قَدْ يَكْفُرُونَ مِنَ الْآخِرَةِ كَمَا يَبْغُوا الْكُفَّارَ مِنْ أَصْحَابِ الْقُبُورِ ﴿١٤﴾

AL-ŞAFF

(Yakka luwannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah; era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Abange mmwe abakkiriza, Lwaki mwogera ebyo bye mutakola?

4. Kikyayibwa nnyo nnyini eri Allah mmwe okwogera ebyo bye mutakola.

5. Mazima Allah ayagala nnyo abo abalwana mu kkubo lye mu nnyiriri nga baling'anga omusekese ogusibiddwa n'essasi.

6. Era jjukira nga Mūsa bwe yagamba abantu be nti: Abange, lwaki munnumya ng'ate mumanyi nti ddala ndi Mubaka wa Allah gye muli? Kale bwe baawuguka, ne Allah n'awugula emitima gyabwe. Era Allah talung'anya bantu bajeemu.

7. Era jjukira nga 'Isa, mutabani wa Maryamu bwe yagamba nti: Abange abaana ba Isirairi, mazima nze ndi Mubaka wa Allah gye muli, nze mukakasa w'ebyo ebyankulemba ebiri mu Taurēti, era nze muwi w'amawulire ag'essanyu ag'Omubaka alijja oluvannyuma lwange, erinnya lye ye Ahmad. Kale Omulangwa bwe yabatuukako n'obukakafu obw'olwaatu, baagamba nti: Kuno kubuzaabuza kwa lwaatu.

8. Naye ani asinga obwoononyi kw'oyo apaatika ku Allah eby'obulimba ate nga akoooolerwa eri Obusiraamu? Era Allah talung'anya bantu boononyi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

سَبَّحَ لِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْاَرْضِ
وَهُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ②

يٰۤاَيُّهَا الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا لِمَ تَقُوْلُوْنَ مَا
لَا تَفْعَلُوْنَ ③

كَبُرَ مَقْتًا عِنْدَ اللّٰهِ اَنْ تَقُوْلُوْا مَا لَا
تَفْعَلُوْنَ ④

اِنَّ اللّٰهَ يُحِبُّ الَّذِيْنَ يُقَاتِلُوْنَ فِي
سَبِيْلِهِ صَفًا كَانْتَهُم بُنْيٰنًا
مَّرْصُوْسًا ⑤

وَاِذْ قَالَ مُوسٰى لِقَوْمِهِ يُقُوْمِ لِمَ
تُوَدُّوْنَ بِنِيْ وَقَدْ تَعْلَمُوْنَ اِنِّيْ رَسُوْلُ
اللّٰهِ اِلَيْكُمْ فَلَمَّا زَاغُوْا اَزَاغَ اللّٰهُ
قُلُوْبَهُمْ وَاَللّٰهُ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ
الْفٰسِقِيْنَ ⑥

وَاِذْ قَالَ عِيْسٰى ابْنُ مَرْيَمَ بِنِيْٓ اِسْرٰءِيْلَ
اِنِّيْ رَسُوْلُ اللّٰهِ اِلَيْكُمْ مُّصَدِّقًا لِّمَا بَيْنَ
يَدَيِّ مِنَ التَّوْرٰةِ وَ مَبَشِّرًا بِرَسُوْلٍ
يَّآتِيْ مِنْ بَعْدِي اِسْمُهُ اَحْمَدُ فَلَمَّا
جَاۤءَهُمْ بِالْبَيِّنٰتِ قَالُوْا هٰذَا سِحْرٌ
مُّبِيْنٌ ⑦

وَمَنْ اَظْلَمُ مِمَّنِ افْتَرٰى عَلٰى اللّٰهِ
الْكُذْبَ وَهُوَ يُدْعٰى اِلَى الْاِسْلٰمِ وَاَللّٰهُ
لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظّٰلِمِيْنَ ⑧

9. Baagala okuzikiza obutangaavu bwa Allah n'emimwa gyabwe, naye Allah ajja kutuukiriza obutangaavu bwe, abatakkiriza ne bwe banaaba nga tebaagala.

يُرِيدُونَ لِيُطْفِئُوا نُورَ اللَّهِ بِأَفْوَاهِهِمْ
وَاللَّهُ مُتِمُّ نُورِهِ وَ لَوْ كَرِهَ
الْكَافِرُونَ ⑩

10. Ye y'eyatuma Omubaka we n'obulung'amu n'eddiini ey'amazima, alyooke agiwanguzise eddiini zonna, newaakubadde nga abamwenkanya n'ebirala tebaagala.

هُوَ الَّذِي أَرْسَلَ رَسُولَهُ بِالْهُدَى وَ دِينِ
الْحَقِّ لِيُظْهِرَهُ عَلَى الدِّينِ كُلِّهِ وَلَوْ كَرِهَ
الْمُشْرِكُونَ ⑪

Ruku 2

11. Abange mmwe abakkiriza, mbategeeze eky'obusuubuzi ekiribawonya ekibonerezo ekirumya?

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا هَلْ أَدُلُّكُمْ عَلَى
تِجَارَةٍ تُنْجِيكُمْ مِنْ عَذَابِ أَلِيمٍ ⑫

12. Mukkirize Allah n'Omubaka we, era mufube nnyo mu kkubo lya Allah n'ebuyobugagga bwammwe n'obwenyini bwammwe. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.

تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَتُجَاهِدُونَ
فِي سَبِيلِ اللَّهِ بِأَمْوَالِكُمْ وَأَنْفُسِكُمْ
ذَلِكَ خَيْرٌ لَكُمْ إِنْ كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ⑬

13. Allah ajja kubasonyiwa ebyonoono byammwe era abayingize mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, n'amaka amalungi agali mu Janna ez'olubeerera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

يَغْفِرْ لَكُمْ ذُنُوبَكُمْ وَيُدْخِلْكُمْ جَنَّاتٍ
تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ وَ مَسْكِنٍ
طَيِّبَةٍ فِي جَنَّاتٍ عَدْنٍ ذَلِكَ الْقَوْرُ
الْعَظِيمُ ⑭

14. N'ekirala kye mwagala *alidikibawa* — nga bwe buyambi obuva eri Allah n'obuwanguzi obw'okumpi. Kale wa abakkiriza amawulire ag'essanyu.

وَ أُخْرَى تُحِبُّونَهَا تَضَرَّعًا مِنَ اللَّهِ وَ قَتَحَ
قَرِيبًا وَ بَشِيرًا الْمُؤْمِنِينَ ⑮

15. Abange mmwe abakkiriza, mubeere bayambi ba Allah, nga 'Isa mutabani wa Maryamu bwe yagamba abayagirizwa *be nti*: B'ani abayambi bange ku lwa Allah? Abayagirizwa baddamu nti: Ffe bayambi ba Allah. Kale ekibiina ekimu mu baana ba Isirairi nekikkiriza, naye ekirala nekyerema. Kale netuwagira abo abakkiriza ku mulabe waabwe, nebafuuka abawanguzi.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا كُونُوا أَنْصَارَ اللَّهِ
كَمَا قَالَ عِيسَى ابْنُ مَرْيَمَ لِحَوَارِيِّينَ
مَنْ أَنْصَارِي إِلَى اللَّهِ قَالَ الْحَوَارِيُّونَ
نَحْنُ أَنْصَارُ اللَّهِ فَأَمَنْتَ طَائِفَةٌ مِنْ
بَنِي إِسْرَائِيلَ وَ كَفَرَتْ طَائِفَةٌ مِّنْ
الَّذِينَ آمَنُوا عَلَى عُدُوِّهِمْ فَأَصْبَحُوا
ظَاهِرِينَ ⑯

AL-JUMU'AH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah, Kabaka, Omutukuvu, Luwangula, Omugezi ennyo.

3. Ye y'eyatuma Omubaka mu bantu abatamanyi kusoma ng'ava mu bo, abasomere Aya ze era abatukuze era abayigirize Ekitabo n'eby'amagezi, newaakubadde nga olubereberye baali mu kubula kwa lwaatu;

4. Era *alituma n'eri* abalala mu bo abatannabeegattako. Era Ye ye Luwangula, Omugezi ennyo.

5. Egyo nno gy'emikisa gya Allah, agiwa oyo gw'aba asiimye. Era Allah ye Nannyini mikisa emisuffu.

6. Enfaanana y'abo abaakwasibwa *amateeka ga* Taurēti n'oluvannyuma nebatagatuukiriza, baling'anga endogoyi eyeetisse ebitabo. Mbi nnyo embeera y'abantu abalimbisa obubonero bwa Allah. Era Allah talug'anya bantu boonoonyi.

7. Gamba nti: Abange mmwe Abayudaaya, obanga mwebala nti ddala mmwe mikwano gya Allah nga abantu abalala tebaliiko, kale mwooye okufa, obanga muli ba mazima.

8. Naye tebagenda kukwooya ddi na ddi olw'ebyo emikono gyabwe bye yakulembeza. Era Allah amanyi bulungi abakozi b'ebibi.

9. Gamba nti: Mazima okufa kwe mudduka, ddala kwa kubatuukako. N'oluvannyuma mulizzibwayo eri Omumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, olwo abategeeze ebyo bye mwakolanga.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يُسَبِّحُ لِلَّهِ مَا فِي السَّمٰوٰتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ

الْمَلِكِ الْقَدُّوسِ الْعَزِيزِ الْحَكِيمِ ②

هُوَ الَّذِي بَعَثَ فِي الْأُمَمِ رَسُوْلًا مِنْهُمْ

يَتْلُو عَلَيْهِمْ آيٰتِهِ وَيُزَكِّيهِمْ وَ

يُعَلِّمُهُمُ الْكِتٰبَ وَالْحِكْمَةَ وَ اِنْ

كَانُوْا مِنْ قَبْلُ لَفِي ضَلٰلٍ مُّبِيْنٍ ③

وَ اٰخِرِيْنَ مِنْهُمْ لَمَّا يَلْحَقُوْا بِهِمْ

وَ هُوَ الْعَزِيزُ الْحَكِيْمُ ④

ذٰلِكَ فَضْلُ اللَّهِ يُؤْتِيْهِ مِنْ يَّشَآءُ

وَاللَّهُ ذُو الْفَضْلِ الْعَظِيْمِ ⑤

مَثَلُ الَّذِيْنَ حُمِلُوْا التَّوْرٰةَ ثُمَّ لَمْ

يَحْمِلُوْهَا كَمَثَلِ الْجَمٰلِ يَحْمِلُ اَسْفٰكًا

بِئْسَ مَثَلُ الْقَوْمِ الَّذِيْنَ كَذَّبُوْا بِآيٰتِ

اللَّهِ وَ اِنَّهٗ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الظٰلِمِيْنَ ⑥

قُلْ يَا أَيُّهَا الَّذِيْنَ هَادَوْا اِنْ رَعَمْتُمْ

اَنْكُمْ اَوْلِيَآءُ لِلَّهِ مِنْ دُوْنِ النَّاسِ

فَتَمَتُّوْا الْمَوْتِ اِنْ كُنْتُمْ صٰدِقِيْنَ ⑦

وَ لَا يَتَمَتُّوْنَ اَبَدًا يَمَّا قَدَّمْتُمْ

اَيْدِيَهُمْ وَ اِنَّهٗ عَلِيْمٌ بِالظٰلِمِيْنَ ⑧

قُلْ اِنَّ الْمَوْتِ الَّذِي تَفْرُوْنَ مِنْهُ

فَاِنَّهٗ مُلْقِيْكُمْ ثُمَّ تَرَدُّوْنَ اِلَى عَلِيْمِ

الْغَيْبِ وَ الشَّهَادَةِ فَيُنَبِّئُكُمْ بِمَا

كُنْتُمْ تَعْمَلُوْنَ ⑨

Ruku 2

10. Abange mmwe abakkiriza, *Adhāni* bw'ekoowoolwanga olw'essaala ku lunaku lwa Jumu'ah, kale musitikirengamu *mugende* eri okutendereza Allah, era mulekenga eby'amaguzi. Ekyo ky'ekisinga obulungi gye muli, singa mubadde mumanyi.


11. Kale essaala bw'eggwanga, olwo musaasaane mu nsi munoonye ku mikisa gya Allah, era mutenderezenga nnyo Allah, lwe mujja okuganyulwa.

12. Naye bwe balaba eby'obusuubuzi oba eby'amasanyu, baabuka nebalaga gye biri, ne bakuleka nga wesimbye. Gamba nti: Ebyo ebiri eri Allah by'ebisinga obulungi ku by'amasanyu n'ebyoobusuubuzi. Era Allah y'asinga abagabi bonna.

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِذَا نُوذِيَ لِلصَّلَاةِ
مِنْ يَوْمِ الْجُمُعَةِ فَاسْعَوْا إِلَىٰ ذِكْرِ
اللَّهِ وَذَرُوا الْبَيْعَ ۗ ذَلِكُمْ خَيْرٌ لَّكُمْ
إِن كُنْتُمْ تَعْلَمُونَ ﴿١٠﴾

فَإِذَا قُضِيَتِ الصَّلَاةُ فَانْتَشِرُوا فِي
الْأَرْضِ وَابْتَغُوا مِن فَضْلِ اللَّهِ
وَإِذْكُرُوا اللَّهَ كَثِيرًا لَّعَلَّكُمْ
تُفْلِحُونَ ﴿١١﴾

وَإِذَا رَأَوْا تِجَارَةً أَوْ لَهْوًا
بِأَنفُسِهِمْ
إِلَيْهَا وَتَرَكُوا قُلُوبَهُمْ
عِنْدَ اللَّهِ
خَيْرٌ مِنَ اللَّهِوِ وَمِنَ التِّجَارَةِ
وَإِنَّ اللَّهَ
خَيْرُ الرَّازِقِينَ ﴿١٢﴾



AL-MUNĀFIQŪN
(*Yakka luvannyuma lwa Hijra*)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo bannanfuusi bwe bajja gy'oli, bagamba nti: Tukakasa nti ddala ggwe oli Mubaka wa Allah. Ne Allah akimanyi nti ddala ggwe oli Mubaka we, naye Allah akakasa, awatali kuwannaanya, nti ddala bannanfuusi balimba.

3. Okulayira kwabwe bakutwala nga engabo, olwo nebeekiika mu kkubo lya Allah. Mazima bye bakola bibi nnyo.

4. Ekyo lwa kubanga bakkiriza, n'oluvannyuma nebeerema, kale emitima gyabwe negissibwako envumbo; bwe batyo tebakyategeera.

5. Era bw'obalaba, *endabika* y'emibiri gyabwe ekusanyusa. Ne bwe boogera,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
إِذَا جَاءَكَ الْمُنَافِقُونَ قَالُوا نَشْهَدُ
إِنَّكَ لَرَسُولُ اللَّهِ ۗ وَاللَّهُ يَعْلَمُ
إِنَّكَ لَرَسُولُهُ ۗ وَاللَّهُ يَشْهَدُ
أَنَّ الْمُنَافِقِينَ لَكَاذِبُونَ ﴿٢﴾

لَاتَّخَذُوا أَيْمَانَهُمْ جُنَّةً فَصَدُّوا
عَنْ سَبِيلِ اللَّهِ ۗ إِنَّهُمْ سَاءَ مَا
كَانُوا
يَعْمَلُونَ ﴿٣﴾

ذَلِكَ بِأَنَّهُمْ آمَنُوا ثُمَّ كَفَرُوا فَطُبِعَ
عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ فَهُمْ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٤﴾

وَإِذَا رَأَيْتَهُمْ تُعْجِبْكَ أَجْسَامُهُمْ
وَإِن

ebigambo byabwe obiwuliriza. Baling'anga ebiti ebizigiikirire (kasajjaffuba). Balowooza nti buli kizibu kijjirira bo. Abo nno be balabe, kale beerinde. Allah abakolimire. Kale ate bawugulwa batya!

6. Era bwe bagambibwa nti: Mujje, Omubaka wa Allah abasabire okusonyiyi-bwa, bakyuusa emitwe gyabwe era obalaba nga bawalira era nga beekuza.

7. Ky'ekimu gye bali ggwe okubasabira okusonyiyibwa oba obutabasabira kusonyiyi-bwa, Ye Allah tagenda kubasonyiwa. Mazima Allah talung'ama bantu bajeemu.

8. Be bamu abagamba nti: Temutoola *konna* eri abo abali n'Omubaka wa Allah okutuusa lwe balisasika *nebamulekawo*, so nga amawanika g'omu ggulu ne mu nsi ga Allah; naye era bannanfuusi tebategeera.

9. Bagamba nti: Bwe tunaddayo e Madina, ddala asinga ekitiibwa ajja kugoba asinga obunyoomoofu mu kyo. So ng'ate ekitiibwa kyonna kya Allah n'Omubaka we n'abakki-riza; naye era bannanfuusi tebamanyi.

Ruku 2

10. Abange mmwe abakkiriza, eby'obu-gagga bwammwe n'abaana bammwe biremenga kubawugula ku kujjukira Al-lah. Naye oyo alikola ekyo, kale abo be b'okufaafaaganirwa.

11. Era mutoolenga mw'ebyo bye twabawa nga omu mu mmwe tannatuukwako kufa, n'oluvannyuma agambe nti: Mukama wange, singa ondwisizzawoko akaseera akampimpi, kale naalitodde saddaaka era naalibadde mu bakozi ba birungi.

12. Naye Allah talwisaawo muntu nga entuuko ye etuuse. Era bye mukola byonna Allah abitegeera.

يَقُولُوا تَسْمَعُ لِقَوْلِهِمْ كَأَنَّهُمْ خُشْبٌ
مُسْنَدَةٌ ۖ يَحْسَبُونَ كُلَّ صَيْحَةٍ
عَلَيْهِمْ هُمُ الْعَدُوُّ فَاحْذَرْهُمْ قَاتَلَهُمُ
اللَّهُ زَانِي يُؤْفِكُونَ ﴿٥﴾

وَأَذَاتِلَ لَهُمْ تَعَالَى يَسْتَكْفِرُ لَكُمْ
رَسُولُ اللَّهِ لَوْ أَرَادُوا وَسْهُمْ وَرَأَيْتَهُمْ
يَصُدُّونَ وَهُمْ مُسْتَكْبِرُونَ ﴿٦﴾

سَوَاءٌ عَلَيْهِمْ أَسْتَغْفَرْتَ لَهُمْ أَمْ لَمْ
تَسْتَغْفِرْ لَهُمْ ۖ لَنْ يَغْفِرَ اللَّهُ لَهُمْ ۗ
إِنَّ اللَّهَ لَا يَهْدِي الْقَوْمَ الْفَاسِقِينَ ﴿٧﴾

هُمُ الَّذِينَ يَقُولُونَ لَا تُنْفِقُوا عَلَيَّ مِنْ
عِنْدَ رَسُولِ اللَّهِ حَتَّى يَنْفَضُوا وَرَبُّهُ
خَزَائِنُ السَّمَوَاتِ وَ الْأَرْضِ وَلَكِنَّ
الْمُنْفِقِينَ لَا يَفْقَهُونَ ﴿٨﴾

يَقُولُونَ لَئِنْ رَجَعْنَا إِلَى الْمَدِينَةِ
لَيُخْرِجَنَّ الْأَعَزُّ مِنْهَا الْأَذَلَّ ۗ وَلِلَّهِ الْعِزَّةُ
وَلِرَسُولِهِ ۗ وَلِلْمُؤْمِنِينَ وَلَكِنَّ
الْمُنْفِقِينَ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٩﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا لَا تُلْهِكُمْ أَمْوَالُكُمْ
وَلَا أَوْلَادُكُمْ عَنْ ذِكْرِ اللَّهِ ۗ وَمَنْ يَفْعَلْ
ذَلِكَ فَأُولَئِكَ هُمُ الْخَاسِرُونَ ﴿١٠﴾

وَأَنْفِقُوا مِنْ مَّا رَزَقْنَاكُمْ مِنْ قَبْلِ أَنْ
يَأْتِيَ أَحَدَكُمُ الْمَوْتُ ۖ يَقُولُ رَبِّ لَوْلَا
أَخَّرْتَنِي إِلَىٰ آجَلٍ قَرِيبٍ ۗ فَأَصَّدَقَ
وَأَكُنَ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿١١﴾

وَلَنْ يُؤَخِّرَ اللَّهُ نَفْسًا إِذَا جَاءَ أَجَلُهَا ۗ
وَاللَّهُ خَبِيرٌ بِمَا تَعْمَلُونَ ﴿١٢﴾

AL-TAGHĀBUN

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Ebiri mu ggulu n'ebiri mu nsi byonna bitendereza Allah. Obwakabaka bwonna bubwe n'amatendo gonna gage era Ye ye w'Obuyinza ku buli kimu.

3. Ye y'eyabatonda, naye mu mmwe mulimu abatakiriza ne mu mmwe mulimu abakkiriza. Era bye mukola, Allah abiraba.

4. Y'eyatonda eggulu n'ensi mu butuufu, n'akola enfaanana yammwe, n'ayooyoota ekikula kyammwe, era gy'ali y'eri obuddo.

5. Y'amanyi byonna ebiri mu migigi gy'eggulu ne mu nsi era y'amanyi byonna bye mukisa ne bye mwoleka. Era Allah y'amanyi ebiri mu bifuba.

6. Abaffe, temutuukwangako ebyafa kw'abo aberema olubereberye? Kale baaloza ku bubu obuva mu bikolwa byabwe, era balifuna n'ekibonerezo ekirumya.

7. Ekyo lwa kubanga baatuukwangako Abatume baabwe n'obubonero obw'olwaatu, naye nebagamba nti: Abaffe, abantu obuntu banaatulung'anya? Kale beerema nebakubayo amabega, naye Allah naye teyali mwetaavu gye bali. Anti Allah y'Eyemala, Atenderezebwa ennyo.

8. Abatakiriza beebala nti tebalizuukizibwa. Gamba nti: Si kyo. Mu mazima ga Mukama wange, ddala mulizuukizibwa, n'oluvannyuma ddala mulitegeezebwa ebyo bye mwakola; era ekyo eri Allah kyangu nnyo.

9. Kale mukkirize Allah n'Omubaka we n'Ekitangaala kye twassa. Era bye mukola Allah abitegeera.

10. Olunaku lw'alibakung'aanya ku lunaku lw'okukung'aana, olwo nno lwe

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَسْتَبِحُ لِلَّهِ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَمَا فِي الْأَرْضِ لَهُ الْمُلْكُ وَلَهُ الْحَمْدُ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ②

هُوَ الَّذِي خَلَقَكُمْ فَمِنْكُمْ كَافِرٌ وَمِنْكُمْ مُؤْمِنٌ وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ بَصِيرٌ ③

خَلَقَ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضَ بِالْحَقِّ وَصَوَّرَكُمْ فَأَحْسَنَ صُورَكُمْ وَإِلَيْهِ الْمَصِيرُ ④

يَعْلَمُ مَا فِي السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَيَعْلَمُ مَا تُسْرُونَ وَمَا تُعْلِنُونَ وَاللَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ⑤

أَلَمْ يَأْتِكُمْ نَبُؤُا الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ قَبْلُ زَقَاتُوا وَبَالَ أَمْرِهِمْ وَلَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ⑥

ذَلِكَ بِأَنَّهُ كَانَتْ تَأْتِيهِمْ رُسُلُهُم بِالْبَيِّنَاتِ فَقَالُوا أَبَشَرٌ يَهْدُونَنَا فَكَفَرُوا وَتَوَلَّوْا وَاسْتَغْنَى اللَّهُ وَاللَّهُ عَنِّي حَمِيدٌ ⑦

رَعِمَ الَّذِينَ كَفَرُوا أَنْ لَنْ يُبْعَثُوا قُلْ بَلَى وَرَبِّي لَتُبْعَثُنَّ ثُمَّ لَتُنَبَّؤُنَّ بِمَا عَمِلْتُمْ وَذَلِكَ عَلَى اللَّهِ يَسِيرٌ ⑧

فَأْمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ وَالنُّورِ الَّذِي أَنْزَلْنَا وَاللَّهُ بِمَا تَعْمَلُونَ خَبِيرٌ ⑨

يَوْمَ يَجْمَعُكُمْ لِيَوْمِ الْجَمْعِ ذَلِكَ يَوْمُ

lunaku lw'okufiirwa n'okufuna. Naye oyo akkiriza Allah era n'akola ebikolwa ebirungi, alimusangulako ebibi bye era alimuyingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo; omwo mwe balibeera olubeerera. Obwo nno bwe buwanguzi obusuffu.

11. Naye abo abatakkiriza era nebalimbisa Aya zaffe, abo be bantu b'omuliro; omwo mwe balibeera. Era obwo buddo bubu ennyo!

Ruku 2

12. Tewali kabenje konna kabaawo wabula na kukkiriza kwa Allah. Era oyo akkiriza Allah, Allah alung'amyama omutima gwe. Era Allah amanyi bulungi buli kimu.

13. Era mugondere Allah ate mugondere n'Omubaka. Naye bwe mulyekyuusa, kale ekiri ku Mubaka waffe kutuusa bubaka mu lwaatu.

14. Allah! Teri musinzibwa mutuufu okuggyako Ye. Era abakkiriza, Allah yekka gwe babanga beesiga.

15. Abange mmwe abakkiriza, mazima abamu mu bakyala bammwe n'abaana bammwe balabe bammwe, kale mubeerinde. Naye bwe muleka nemubaddiramu era nemusonyiwa, mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

16. Mazima eby'obugagga bwammwe n'abaana bammwe kigezo. Era eri Allah y'eri empeera ensuffu.

17. Kale mutye Allah ewala ennyo nga bwe musobola era muwulirize era mugondere Allah era mutoole mu kkubo lye, ky'ekirungi gye muli. Naye oyo awonyezebwa okululunkana kw'omwoyo gwe, kale abo be baliganyulwa.

18. Bwe muwola Allah okuwola okulungi, ajja kukubakubisizaamu emirundi n'emirundi era abasonyiwe. Era Allah ye Musiimi ennyo, Alumirwa ennyo abaddu be,

19. Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika, ye Luwangula, Omugezi ennyo.

التَّغَابُنُ وَمَنْ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَيَعْمَلْ صَالِحًا يُكْفِرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُدْخِلْهُ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا ذَلِكَ الْفَوْزُ الْعَظِيمُ ﴿١١﴾

وَالَّذِينَ كَفَرُوا وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا أُولَٰئِكَ أَصْحَابُ النَّارِ خَالِدِينَ فِيهَا ۗ وَرِئَاسَ الْمَصِيرِ ﴿١٢﴾

مَا أَصَابَ مِنْ مُصِيبَةٍ إِلَّا بِإِذْنِ اللَّهِ ۗ وَمَنْ يُؤْمِنِ بِاللَّهِ يَهْدِ اللَّهُ قَلْبَهُ ۗ وَاللَّهُ بِحَلِيلِ شَيْءٍ عَلِيمٌ ﴿١٣﴾

وَاطِيعُوا اللَّهَ وَاطِيعُوا الرَّسُولَ ۚ فَإِن تَوَلَّيْتُمْ فَإِنَّمَا عَلَىٰ رَسُولِنَا الْبَلَاءُ الْمُبِينُ ﴿١٤﴾

اللَّهُ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ وَعَلَىٰ اللَّهِ فَلْيَتَوَكَّلِ الْمُؤْمِنُونَ ﴿١٥﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا إِنَّ مِنْ أَدْوَابِكُمْ وَأَوْلَادِكُمْ وَعَذَابِكُمْ فَاخْتَرْتُمْ وَرَأَىٰ أَنْ تَتَّخِذُوا وَتَتَّخِذُوا قِيَانَ اللَّهِ غَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٦﴾

إِنَّمَا أَمْوَالُكُمْ وَأَوْلَادُكُمْ فَتَنَةٌ مِنَ اللَّهِ ۗ عِنْدَٰهُ أَجْرٌ عَظِيمٌ ﴿١٧﴾

فَاتَّقُوا اللَّهَ مَا اسْتَطَعْتُمْ وَأَسْمِعُوا وَاطِيعُوا وَأَنْفِقُوا خَيْرًا ۚ لَّا تُنْفِسْكُمْ ۗ مَنْ يُّؤْتِ شَيْءًا مِنْ نَفْسِهِ فَأُولَٰئِكَ هُمُ الْمُفْلِحُونَ ﴿١٨﴾

إِن تَقْرِضُوا اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا يُّضْعِفْهُ لَكُمْ وَيَغْفِرْ لَكُمْ ۗ وَاللَّهُ شَكُورٌ حَلِيمٌ ﴿١٩﴾

عِلْمُ الْغَيْبِ وَالشَّهَادَةُ الْعَزِيزُ الْحَكِيمُ ﴿٢٠﴾

AL-ṬALĀQ

(Yakka Iwannyuma Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Owange ggwe Nabbi! Bwe mubanga muta abakazi, kale mubateerenga ku kiseera kyabwe ekya 'Idda era mubalirirenga ekiseera; era mutye Allah, Mukama wammwe. Temubagobanga mu nju zaabwe wadde nabo tebavangawo, okuggyako nga bakoze eky'ekivve eky'olwaatu. Ezo nno z'ensalo za Allah. Era oyo abuuka ensalo za Allah, aba yeryazaamaanyizza yekka, kuba ggwe awa Talaka tomanyana, ob'olyawo Allah n'aleetawo ensonga endala oluvannyuma lw'ebyo byonna.

3. Kale bwe babanga banaatera okutuuka ku kiseera kyabwe eky'okubata naye nga mwaagala okudding'ana nabo, kale mubasigazenga Iwa bulungi, oba mwawukanenga nabo Iwa bulungi. Naye mussangawo abajulizi babiri ebankanya okuva mu mmwe era muwanga obujulizi obwesimbu ku Iwa Allah. Ebyo bibuliriddwa oyo akkiriza Allah n'olunaku lw'enkomerero. Era oyo atya Allah, Allah amuteerawo obufulumiro,

4. Era amugabira okuva ne w'atasubira. Era oyo eyesiga Allah, kale Ye Allah amumala. Mazima Allah ajja kutuukuriza ensonga ye. Ddala buli kimu Allah yakissaako ekigero.

5. Era n'abo mu bakazi bammwe abaggweebwamu essuubi ly'okusuulumba, bwe muba nga mubusabuusa ku mbalirira ya 'Idda, kale embalirira yaabwe gy'emyezi esatu, bwe kityo ne kw'abo abatannasuu-lumba. Naye abo abali embuto, ekiseera kyabwe kumala kwetikkula buzito bwabwe. Era oyo atya Allah, amuteerawo obwangu mu nsonga ye.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ إِذَا طَلَّقْتُمُ النِّسَاءَ فَطَلِّقُوهُنَّ لِعَدَّتِهِنَّ وَأَحْصُوا الْعِدَّةَ وَاتَّقُوا اللَّهَ رَبَّكُمْ لَا تُخْرِجُوهُنَّ مِنْ بُيُوتِهِنَّ وَلَا يَخْرُجْنَ إِلَّا أَنْ يَأْتِيَنَّ بِفَاحِشَةٍ مُّبِينَةٍ وَتِلْكَ حُدُودُ اللَّهِ وَمَنْ يَتَعَدَّ حُدُودَ اللَّهِ فَقَدْ ظَلَمَ نَفْسَهُ لَا تَدْرِي لَعَلَّ اللَّهَ يُحْدِثُ بَعْدَ ذَلِكَ أَمْرًا ②

فَإِذَا بَلَغْنَ أَجَلَهُنَّ فَأَمْسِكُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ أَوْ فَارِقُوهُنَّ بِمَعْرُوفٍ وَأَشْهُدُوا ذَوِي عَدْلٍ مِنْكُمْ وَأَقِيمُوا الشَّهَادَةَ لِلَّهِ ذَلِكُمْ يُوعَظُ بِهِ مَنْ كَانَ يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ وَ مَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مَخْرَجًا ③

وَيَرْزُقْهُ مِنْ حَيْثُ لَا يَحْتَسِبُ وَ مَنْ يَتَّوَكَّلْ عَلَى اللَّهِ فَهُوَ حَسْبُهُ إِنَّ اللَّهَ بَالِغُ أَمْرِهِ قَدْ جَعَلَ اللَّهُ لِكُلِّ شَيْءٍ قَدْرًا ④

وَإِذَا بَلَغَتِ الْمَحِيضَ مِنْ نِسَائِكُمْ إِن أَرْتُمْنَ فَعِدَّتُهُنَّ ثَلَاثَةَ أَشْهُرٍ وَالرِّجَالُ لَمْ يَحِيضُوا وَأُولَئِكَ الْأَحْمَالُ أَجَلُهُنَّ أَنْ يَضَعْنَ حَمْلَهُنَّ وَ مَنْ يَتَّقِ اللَّهَ يَجْعَلْ لَهُ مِنْ أَمْرِهِ يُسْرًا ⑤

6. Ekyo ky'ekiragiro kya Allah ky'assizza gye muli. Era oyo atya Allah, amusangulako ebibi bye n'amugezeseza empeera.

7. *Abakyala abagenda okuteebwa mubabeezenga mu nju mwe mubeera, mubalabirire okusinziira ku nfuna yammwe, naye temubalumyanga nga mugenderera kubakaluubiriza. Naye bwe babanga bali mbuto, olwo mubawenga ebyetaago okutuusa lwe balyetikula obuzito bwabwe. Era bwe babayonsezanga abana bammwe, kale mubawenga empeera yaabwe, era mutesaganyenga ku nsonga eziri wakati wammwe mu butuufu. Naye bwe muzibuwaliragananga, kale omukazi omulala amumuyonseze.*

8. Oyo alina eby'obugagga atoole ekisaanira mu by'obugagga bwe. N'oyo eyakendeerezebwa okuweebwa kwe, kale naye atoole mw'ebyo Allah bye yamuwa. Allah tatikka muntu buvunaanyizibwa wabula asinziira ku busobozi bwe yamuwa. Mangu nnyo Allah ajja kuleeta obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.

Ruku 2

9. Ye ebibuga bimeka ebyajeemera ekiragiro kya Mukama wa byo n'Ababaka be, kale netubibalirira embalirira enkakali era netubibonereza ekibonerezo ekikambwe!

10. Kale nebiroza ku bubu bw'ensonga za byo, era enkomerero y'ensonga za byo kwali kufaafaaganirwa.

11. Allah yabategekera ekibonerezo ekikakali; kale mutye nnyo Allah, abange mmwe abalina amagezi, mmwe abakkiriza. Mazima Allah yamala okuweereza gye muli Omujjukiza —

12. Omubaka abasomera Aya za Allah ez'olwaatu, alyooke aggye abo abakkiriza nebakola ebikolwa ebirungi mu kizikiza abalaze eri obutangaavu. Naye oyo akkiriza Allah n'akola ebikolwa ebirungi, alimuyingiza mu nsuku ezikulukutiramu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera olubeerera. Mazima Allah yamulungiyiza ebigabibwa.

ذٰلِكَ اَمْرُ اللّٰهِ اَنْزَلَهُ اِلَيْكُمْ وَمَنْ يَتَّقِ اللّٰهَ يُكَفِّرْ عَنْهُ سَيِّئَاتِهِ وَيُعْظِمْ لَهُ اَجْرًا ۝۱

اَسْكِنُوهُنَّ مِنْ حَيْثُ سَكَنْتُمْ مِنْ وُجُوْهِكُمْ وَلَا تُضَارُوْهُنَّ لِيُضَيِّقُوْا عَلَیْهِنَّ وَلَا يَكُنَّ اُولٰٓئِ حَمِلًا قٰنِیْقُوْا عَلَیْهِنَّ حَتّٰی یَضَعْنَ حَمْلَهُنَّ ۚ فَاِنْ اَرْضَعْنَ لَكُمْ فَارْتُوْهُنَّۙ اُجُوْرَهُنَّ ۚ وَاتِمْرُوْا بِمِیْنِكُمْ بِمَعْرُوْفٍ ۚ وَاِنْ تَعٰسَرْتُمْ فَسَتْرِضْ لَهُ الْاٰخَرٰی ۝۷

لِيُنْفِقَ ذُو سَعَةٍ مِنْ سَعَتِهِ وَمَنْ قَدِرَ عَلَيْهِ رِزْقُهُ فَلْيُنْفِقْ مِمَّا آتٰهُ اللّٰهُ لَا يُكَلِّفُ اللّٰهُ نَفْسًا اَلًا مَّا اَتٰهَا وَسَيَجْعَلُ اللّٰهُ بَعْدَ عُسْرٍ يُسْرًا ۝۸

وَكَآئِنَ مِنْ قَدَرٍ عَمَّتْ عَنْ اَمْرِ رَبِّهَا وَرُسُلِهِ فَمَا سَبَّحَتْهَا حَسَابًا شَدِيْدًا ۙ وَعَدَّ بِهَا عَدَاۤءًا نُّكْرًا ۝۹

فَدَاقَّتْ وَبَالَ اَمْرِهَا وَكَانَ عَاقِبَةُ اَمْرِهَا خُسْرًا ۝۱۰

اَعَدَّ اللّٰهُ لَهُمْ عَدَاۤءًا شَدِيْدًا ۙ فَاتَّقُوا اللّٰهَ يَاۤوْلِي الْاَلْبَابِ ۙ فَاِنَّ الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا ثُمَّ قَدَّ اَنْزَلَ اللّٰهُ اِلَيْكُمْ ذِكْرًا ۝۱۱

رَّسُوْلًا يَتْلُوْا عَلَیْكُمْ آٰیٰتِ اللّٰهِ مُبَيِّنٰتٍ لِّيُخْرِجَ الَّذِيْنَ اٰمَنُوْا وَعَمِلُوا الصّٰلِحٰتِ مِنَ الظُّلُمٰتِ اِلَى النُّوْرِ وَمَنْ يُؤْمِنْ بِاللّٰهِ وَيَعْمَلْ صٰلِحًا يُدْخِلْهُ جَنَّٰتٍ تَجْرِيْ مِنْ تَحْتِهَا الْاَنْهٰرُ خٰلِدِيْنَ فِيْهَا اَبَدًا ۙ قَدْ اَحْسَنَ اللّٰهُ لَهُ رِزْقًا ۝۱۲

13. Allah y'Oyo eyatonda emigigi gy'eggulu omusanvu, n'egyensi nga gyenkana na gyo. Ekiragiro kikka wakati mu gyo, mulyooke mumanye nti ddala Allah ye w'Obuyinza ku buli kimu era nti ddala Allah yeetooloola buli kimu mu kumanya.

شَيْءٍ عِلْمًا ۝۱۳

۶۶

سُورَةُ التَّحْرِيمِ مَدَنِيَّةٌ ٦٦ ﴿١٣﴾

AL-TAHRİM

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Owange gwe Nabbi! Lwaki weziza ebyo Allah bye yakukkiriza, ononyo kusiima kwa bakyala bo? Naye Allah Musonyiyi nnyo, Wa kisa kingi.

3. Mazima Allah yabalumiriza okusumulula ebirayiro byammwe era Allah ye Mukwano gwammwe owa ddala; era Ye ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo.

4. Era awo Mutume bwe yategeeza omu ku bakyala be ensonga mu kyaama, kale ye (omukyala) bwe yagitegeezako omulala, ne Allah n'akimwoleka (Mutume), ye Mutume yamanyisaako omukyala ebimu, ebirala n'abireka. Naye Mutume bwe yamala okubimutegeeza, omukyala n'agamba nti: Bino ani yabikutegeezezza? Mutume n'agamba nti: Omumanyi wa byonna, Ategeera byonna y'eyanteegeezezza.

5. Kale mwembi bwe muneenya eri Allah—anti era n'emitima gyammwe gyolekedde eri kwenenya—ky'ekisinga obulungi gye muli. Naye bwe munayambagana ku ye, mazima Allah ye Muyambi we ne Jibuririru n'abatuukirivu abakkiriza; n'oluvannyuma lw'ekyo, ba malayika nabo bayambi be.

6. Ob'olyawo mmwe bw'anaabawa Talaka, Mukama we anaamukyusizaamu abakyala abasinga ku mmwe abajeemulukufu, abakkiriza, abawulize, abeenenyi, abasinza Allah, abasiibi, okuva mu bakazi abakulu ab'obusa n'embeerera.

7. Abange mmwe abakkiriza, mwewonye

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝۱

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ لِمَ تُحَرِّمُ مَا أَحَلَّ اللَّهُ لَكَ ۚ تَبْتَغِي مَرْضَاتَ أَزْوَاجِكَ ۗ وَاللَّهُ غَفُورٌ رَحِيمٌ ۝۲

قَدْ قَرَضَ اللَّهُ لَكُمْ تَحِلَّةَ أَيْمَانِكُمْ ۗ وَاللَّهُ مَوْلَاكُمْ ۖ وَهُوَ الْعَلِيمُ الْحَكِيمُ ۝۳

وَإِذْ أَسْرَ النَّبِيُّ إِلَىٰ بَعْضِ أَزْوَاجِهِ حَدِيثًا ۖ فَلَمَّا نَبَّأَتْ بِهِ وَأَظْهَرَهُ اللَّهُ عَلَيْهِ عَرَّفَ بَعْضَهُ وَأَعْرَضَ عَنْ بَعْضٍ ۖ فَلَمَّا نَبَّأَهَا بِهِ قَالَتْ مَنْ أَنْبَأَكَ هَذَا قَالَ نَبَّأَنِيَ الْعَلِيمُ الْخَبِيرُ ۝۴

إِنْ تَتُوبَا إِلَى اللَّهِ فَقَدْ صَغَتْ قُلُوبُكُمَا ۗ وَإِنْ تَظَاهَرَا عَلَيْهِ فَإِنَّ اللَّهَ هُوَ مَوْلَاهُ وَجِبْرِيلُ وَصَالِحُ الْمُؤْمِنِينَ ۗ وَالْمَلَائِكَةُ بَعْدَ ذَلِكَ ظَهِيرٌ ۝۵

عَسَىٰ رَبُّهُ إِنْ طَلَّقَكُنَّ أَنْ يُبَدِّلَهُ أَزْوَاجًا خَيْرًا مِنْكَ ۚ مُسْلِمَاتٍ مُؤْمِنَاتٍ قَنَاطٍ تَعَلَّتْ غِيظَاتٍ عَبْدَاتٍ سَأَلْتِ نَفْسَكَ أَنْ تُبَازِرِيَهُنَّ فَإِنَّهُنَّ يَسُئْنَ لَكَ بِمَا أُسْرِيَهُنَّ فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ ۚ إِنَّكَ أَنتَ الْبَصِيرُ ۝۶

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا قُوا أَنْفُسَكُمْ ۚ

omuliro n'ab'omu maka gammwe, anti enku za gwo bantu na mayinja; guliko ba malayika abakambwe, abakakali, abatajeemera Allah ky'abalagidde era abakola ekyo kyokka kye balagiddwa.

8. Abange mmwe abatakkiriza, temu-wampanya olwa leero. Mazima mugenda kusalwa olw'ebyo bye mwakola.

Ruku 2

9. Abange mmwe abakkiriza, mubonerere eri Allah okubonerera okwa nnamaddala. Ob'olyawo Mukama wammwe n'abasangu-lako ebibi byammwe era n'abayingiza mu nsuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo, ku lunaku Allah lw'ataliswaaaza Nabbi n'abo abakkiriza awamu naye. Obutangaavu bwabwe bulimyansa mu maaso gaabwe ne ku ddyo waabwe. Baligamba nti: Mukama waffe, tujjuulirize obutangaavu bwaffe era otusonyiwe; ddala Ggwe w'Obuyinza ku buli kimu.

10. Owange gwe Nabbi, nyiikirira nnyo abatakkiriza ne bannanfuusi era ba munyweevu ku bo. Era obuddo bwabwe muliro. Ye nga *obwo* buddo bubi nnyo!

11. Embeera y'abo abatakkiriza, Allah agifaananyiriza n'eya muka Nuhu ne muka Luti. Bombi *nno* baali wansi wa bawereza babiri mu bawereza baffe abatuukirivu, naye bombi nebaba balyaake gye bali. Naye bombi tebaabagasa n'akatono ku Allah, era bombi baagambibwa nti: Musingire omuliro wamu n'abo abayingira.

12. Ate embeera y'abakkiriza, Allah yagifaananyiriza n'eya muka Farawo, awo bwe yagamba nti: Mukama wange, nzimbira gy'oli enju mu Janna, era mponya Farawo n'ebikolwa bye, era mponya abantu abakozi b'ebibi,

13. Era *agifaananyiriza* n'eya Maryamu muwala wa 'Imrani eyeekuuma, kale netufuuwa mu ye ('Isa) ekigambo kyaffe, *Maryamu* n'akakasa amazima g'ebigambo bya Mukama we n'Ebitabo bye era yali mw'abo abawulize.

أَهْلِيكُمْ نَارًا وَقَوْدُهَا النَّاسُ وَ
الْحِجَارَةُ عَلَيْهَا مَلَائِكَةٌ غِلَاظٌ شِدَادٌ
لَّا يَعْصُونَ اللَّهَ مَا أَمَرَهُمْ وَيَفْعَلُونَ
مَا يُؤْمَرُونَ ﴿٧﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ كَفَرُوا لَا تَعْتَذِرُوا الْيَوْمَ
إِنَّمَا تُجْرَدُونَ مَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٨﴾

يَا أَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا تَوْبًا إِلَى اللَّهِ تَوْبَةً
نُصُوحًا عَسَىٰ رَبُّكُمْ أَن يُكَفِّرَ عَنْكُمْ
سَيِّئَاتِكُمْ وَيُدْخِلَكُمُ جَنَّاتٍ تَجْرِي مِنْ
تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ۚ يَوْمَ لَا يُخْزِي اللَّهُ
النَّبِيَّ وَالَّذِينَ آمَنُوا مَعَهُ ۖ تُوْرُهُمْ
يَسْخَىٰ بَيْنَ أَيْدِيهِمْ وَبِأَيْمَانِهِمْ
يَقُولُونَ رَبَّنَا آتِنَا لَنَا نُورًا وَ
اغْفِرْ لَنَا ۚ إِنَّكَ عَلَىٰ كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ﴿٩﴾

يَا أَيُّهَا النَّبِيُّ جَاهِدِ الْكُفَّارَ وَ
الْمُنَافِقِينَ وَاغْلُظْ عَلَيْهِمْ ۚ وَمَأْوَهُمُ
جَهَنَّمُ ۚ وَبِئْسَ الْمَصِيرُ ﴿١٠﴾

ضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِلَّذِينَ كَفَرُوا امْرَأَتَ
نُوحَ ۖ وَامْرَأَتَ لُوطَ ۚ كَانَتَا تَحْتَ عَبْدَيْنِ
مِنْ عِبَادِنَا صَالِحِينَ فَكَانَتْهُمَا كَلِمَةً
يُخَيَّبَانَهُمَا مِنَ اللَّهِ شَيْئًا وَقِيلَ ادْخُلَا
النَّارَ مَعَ الدَّٰخِلِينَ ﴿١١﴾

وَضَرَبَ اللَّهُ مَثَلًا لِلَّذِينَ آمَنُوا امْرَأَتَ
فِرْعَوْنَ ۖ إِذْ قَالَتْ رَبِّ ابْنِ لِي عِنْدَكَ
بَيْتًا فِي الْجَنَّةِ وَنَجِّنِي مِنْ فِرْعَوْنَ وَ
عَمَلِهِ وَنَجِّنِي مِنَ الْقَوْمِ الظَّالِمِينَ ﴿١٢﴾

وَمَرْيَمَ ابْنَتَ عِمْرَانَ الَّتِي أَحْصَنَتْ
فَرْجَهَا فَنفَخْنَا فِيهِ مِنْ رُوحِنَا وَصَدَقَتْ
بِكَلِمَاتِ رَبِّهَا وَكُنْتِ مِنْ
الْقَائِمِينَ ﴿١٣﴾

AL-MULK

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

Juzu 29

2. Nannyini mikisa y'Oyo alina mu mikono gye obwakabaka, era ye w'Obuyinza ku buli kimu.

تَبْرَكَ الَّذِي يَبْدَأُ الْمُلْكَ وَهُوَ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ قَدِيرٌ ①

٢٩١

3. Y'Oyo eyatonda okufa n'obulamu alyooke abagezese, *alage* ani mu mmwe asinga mu kukola obulungi; era Ye ye Luwangula, Omusonyiyi ennyo,

الَّذِي خَلَقَ الْمَوْتَ وَالْحَيَاةَ لِيَبْلُوَكُمْ أَيُّكُمْ أَحْسَنُ عَمَلًا وَهُوَ الْعَزِيزُ الْغَفُورُ ①

4. Y'oyo eyatonda *emigigi* gy'eggulu omusanvu nga gitabagana. Toyinza kulaba njawukana yonna mu kutonda kw'Omusaaasizi ennyo. Kale ddamu okutunula; abaffe, olabawo akamogo konna?

الَّذِي خَلَقَ سَبْعَ سَمَاوَاتٍ طِبَاقًا مَا تَرَى فِي خَلْقِ الرَّحْمَنِ مِنْ تَفْوُتٍ ① فَارْجِعِ الْبَصَرَ هَلْ تَرَى مِنْ فُطُورٍ ②

5. N'oluvannyuma ddamu okutunula enfunda bbiri, okutunula kwo kujja kukomawo gy'oli nga kulemereddwa era nga kukooye.

ثُمَّ ارْجِعِ الْبَصَرَ كَرَّتَيْنِ يَنْقَلِبْ إِلَيْكَ الْبَصَرُ خَاسِئًا وَهُوَ حَسِيرٌ ③

6. Era ddala twawunda eggulu ery'okumpi n'amataala, netugafuula ag'okugoba ba Sitaani, era netubategekera ekibonerezo ky'omuliro.

وَلَقَدْ زَيَّنَّا السَّمَاءَ الدُّنْيَا بِمَصَابِيحَ وَجَعَلْنَاهَا رُجُومًا لِلشَّيْطَانِ وَأَعْتَدْنَا لَهُمْ عَذَابَ السَّعِيرِ ④

7. Era waliwo ekibonerezo ky'omuliro olw'abo abatakkiriza Mukama waabwe. Era obwo buddo bubu nnyo!

وَاللَّذِينَ كَفَرُوا يَرِيهِمْ عَذَابَ جَهَنَّمَ ⑤ وَبِئْسَ الْمَصِيرُ ⑥

8. Awo bwe baligusuulibwamu, baliguwulira nga guwuluguma nga bwe gubumbujja,

إِذَا أُلْقُوا فِيهَا سَمِعُوا لَهَا شَهِيقًا وَهِيَ تَفُورٌ ⑧

9. Nga guling'anga ogugenda okwabika olw'essungu. Buli lwe gulisuulwangamu ekibinja, abalabirizi ba gwo balibabuuuzanga *nti*: Abaffe, mmwe temwatuukwako Mulabuzi?

تَكَادُ تَمَيَّزُ مِنَ الْغَيْظِ ⑦ كُلَّمَا أُلْقِيَ فِيهَا فَوْجٌ سَأَلَهُمْ خَزَنَتُهَا أَلَمْ يَأْتِكُمْ نَذِيرٌ ⑨

10. Baliddamu nti: Yee ! Ddala Omulabuzi yatutuukako naye netulimbisa, netugamba nti: Allah tassanga kintu kyonna; wabula mmwe muli mu kubula kunene.

قَالُوا بَلْ قَدْ جَاءَنَا نَذِيرُهُ فَكَذَّبْنَا وَقُلْنَا مَا نَزَّلَ اللَّهُ مِنْ شَيْءٍ ⑩ إِنْ أَنْتُمْ إِلَّا فِي ضَلَالٍ كَبِيرٍ ⑩

11. Era baligamba nti: Singa twawulira oba *singa* twakozesa amagezi, tetwalibadde mu bantu ba muliro ogubumbujja.

وَقَالُوا الْوَيْلٌ لَنَا نَسْمَعُ أَوْ نَعْقِلُ مَا كُنَّا فِي أَصْحَابِ السَّعِيرِ ١١

12. Olwo balikkiriza ebibi byabwe. Kale okuzikirira kwa bantu b'omu muliro ogubumbujja.

فَاعْتَرَفُوا بِذَنبِهِمْ فَسُحْقًا لِأَصْحَابِ السَّعِيرِ ١٢

13. Mazima abo abatya Mukama waabwe, wadde nga talabika, balifuna okusonyiyibwa n'empeera ennene ennyo.

إِنَّ الَّذِينَ يَخْشَوْنَ رَبَّهُم بِالْغَيْبِ لَهُمْ مَغْفِرَةٌ وَأَجْرٌ كَبِيرٌ ١٣

14. Kale mukise ekigambo kyammwe oba mukyogere kaati, mazima Ye amanyi bulungi ebiri mu bifuba.

وَأَسِرُّوا قَوْلَكُمْ أَوِ اجْهَرُوا بِهِ إِنَّهُ عَلِيمٌ بِذَاتِ الصُّدُورِ ١٤

15. Abaffe, Oyo eyatonda y'atamanyi ng'ate ye Nannyini lumanyo, Ategeera byonna?

أَلَا يَعْلَمُ مَنْ خَلَقَ وَهُوَ اللَّطِيفُ الْخَبِيرُ ١٥

Ruku 2

16. Ye y'eyabakolera ensi nga ntereevu, kale mutambulire ku makubo ga yo era mulye ku bigabulwa bye. Era okuzuukira kuli gy'ali.

هُوَ الَّذِي جَعَلَ لَكُمُ الْأَرْضَ ذَلُولًا فَامْشُوا فِي مَنَاجِبِهَا وَكُلُوا مِنْ رِزْقِهِ وَلَا يَبِئْسَ التَّشُورُ ١٦

17. Abaffe, mulowooza nti muli mirembe kw'Oyo ali mu ggulu nti taabamizise nsi, awo bw'ematandika okukankana?

أَمْ أَمِنْتُمْ مَنِ فِي السَّمَاءِ أَنْ يَخْسِفَ بِكُمُ الْأَرْضَ فَإِذَا هِيَ تَمُورٌ ١٧

18. Nandiki, mulowooza nti muli mirembe kw'Oyo ali mu ggulu nti taabasindikire kibuyaga ow'oluyinjayinja? Kale mangu nnyo mujja kumanya okulabula kwange nga bwe kuli *okw'akabi*.

أَمْ أَمِنْتُمْ مَنِ فِي السَّمَاءِ أَنْ يُرْسِلَ عَلَيْكُمْ حَاصِبًا فَسَتَعْلَمُونَ كَيْفَ تَذَمَّرُونَ ١٨

19. Era mazima n'abo abaabakulembere baalimbisa *Ababaka*, naye ekibonerezo kyange kyali kitya?

وَلَقَدْ كَذَّبَ الَّذِينَ مِنْ قَبْلِهِمْ فَكَيْفَ كَانَ تَكْذِيرٌ ١٩

20. Abaffe, tebalaba ennyonnyi eziri waggulu waabwe nga bwe zanjuluza ebiwaawaatiro era nezibiwumba? Tewali azikwatirira wabula *Allah*, Omusaasizi ennyo. Mazima Ye y'alaba buli kimu.

أَوَلَمْ يَرَوْا إِلَى الطَّيْرِ فَوْقَهُمْ صَفَيْتَ وَيَقْبِضْنَ مَا يُمَسِّكُهُنَّ إِلَّا الرَّحْمَنُ إِنَّهُ بِكُلِّ شَيْءٍ بَصِيرٌ ٢٠

21. Abaffe, b'ani abo ab'eggye lyammwe abayinza okubayamba ku *Allah*, Omusaasizi ennyo? Wabula abatakkiriza tebali ku kirala wabula bali mu kuwubisibwa.

أَمْ مِنْ هَذَا الَّذِي هُوَ جُنْدٌ لَكُمْ يَنْصَرُّكُمْ مِنْ دُونِ الرَّحْمَنِ إِنَّ الْكُفْرَونَ إِلَّا فِي عُرُوقٍ ٢١

وَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا لَوْلَا نُزِّلَ عَلَيْنَا الْكِتَابُ فَقُلْنَا لَوْ كُنَّا نُنزِّلُ الْكِتَابَ عَلَى قَوْمٍ لَأَنزَلْنَاهُ عَلَيْهِمْ لَأَجْمَلٌ عَلَيْهِمْ فَهُمْ لَا يَفْقَهُونَ

22. Abaffe, ani oyo anaabagabirira singa Allah anaaziyiza okugabirira kwe? Nedda, bamala gagugubira ku bujeemu na bukyayi.

أَمَّنْ هَذَا الَّذِي يَزُرُّكُمْ إِنْ أَمْسَكَ رِزْقَهُ ۖ بَلْ لَجُّوا فِي عُتُوٍّ وَنُفُورٍ ﴿٢٢﴾

23. Abaffe, oyo atambula nga akotese omutwe gwe y'asinga okuba omulung'amu, oba oyo atambula nga yeesimbye mu kkubo eggolokofu?

أَمَّنْ يَمْشِي مَجْتَبًا عَلَىٰ وَجْهِهِ أَهْدَىٰ أَمَّنْ يَمْشِي سَوِيًّا عَلَىٰ صِرَاطٍ مُّسْتَقِيمٍ ﴿٢٣﴾

24. Gamba nti: Ye y'eyabatonda era n'abakolera amatu n'amaaso n'emitima; naye mwebaza kitono.

قُلْ هُوَ الَّذِي أَنْشَأَكُمْ وَجَعَلَ لَكُمُ السَّمْعَ وَالْأَبْصَارَ وَالْأَفْئِدَةَ ۗ قَلِيلًا مَّا تَشْكُرُونَ ﴿٢٤﴾

25. Gamba nti: Ye y'eyabayingiwaliza mu nsi, era gy'ali gye mulikung'aanyirizibwa.

قُلْ هُوَ الَّذِي ذَرَأَكُمْ فِي الْأَرْضِ وَإِلَيْهِ تُحْشَرُونَ ﴿٢٥﴾

26. Era bagamba nti: Ye okusuubiza kuno kwo kwa ddi, obanga mwogera mazima?

وَيَقُولُونَ مَتَىٰ هَذَا الْوَعْدُ إِنْ كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٦﴾

27. Gamba nti: Ddala okumanya kw'ekyo kuli eri Allah, naye nze ndi Mulabuzi ow'olwaatu.

قُلْ إِنَّمَا الْجِلْمُ عِنْدَ اللَّهِ وَإِنَّمَا أَنَا نَذِيرٌ مُّبِينٌ ﴿٢٧﴾

28. Kale bwe balikiraba nga kibindabinda, olwo amaaso g'abatakkiriza galijjula ennaku, era kirigambibwa nti: Kino ky'ekyo kye mwapeekanga.

فَلَمَّا رَأَوْهُ زُلْفَةً سِيئَتْ وُجُوهُ الَّذِينَ كَفَرُوا وَقِيلَ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ بِمِ تَدَّعُونَ ﴿٢٨﴾

29. Gamba nti: Mulabye mutya, singa Allah nze ansaanyawo n'abo abali nange oba n'atusaasira, olwo ani anaataasa abatakkiriza ku kibonerezo ekirumya?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَهْلَكَنِي اللَّهُ وَمَنْ مَعِيَ أَوْ رَحِمَنَا ۖ فَمَنْ يُجِيرُ الْكَافِرِينَ ۗ مِنْ عَذَابِ الْإِلَهِ ﴿٢٩﴾

30. Gamba nti: Oyo nno ye Allah Omusaasizi ennyo ffe gwe tukkiriza era Ye gwe twesiga. Kale mangu nnyo mujja kumanya ani ali mu kubula okw'olwaatu.

قُلْ هُوَ الرَّحْمَنُ أَمَّا بِهِ وَعَلَيْهِ تَوَكَّلْتُمْ ۖ فَسْتَعْلَمُونَ مَنْ هُوَ فِي ضَلَالٍ مُّبِينٍ ﴿٣٠﴾

31. Gamba nti: Mulabye mutya, singa amazzi gammwe gabulidde mu ttaka, olwo ate ani anaabalecetera amazzi amayonjo agakulukuta?

قُلْ أَرَأَيْتُمْ إِنْ أَصْبَحَ مَاؤُكُمْ غَوْرًا فَمَنْ يَأْتِيكُمْ بِمَاءٍ مَّعِينٍ ﴿٣١﴾

AL-QALAM

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Njuliza akakopo ka bwiino n'ekkalaamu n'ebyo bye bawandiika,

ن وَالْقَلَمِ وَمَا يَسْطُرُونَ ②

3. Olw'okusaasira kwa Mukama wo, ddala ggwe toli mugwi wa ddalu.

مَا أَنْتَ بِنِعْمَةِ رَبِّكَ بِمَجْنُونٍ ③

4. Era mazima oline empeera etakoma.

وَأَنَّ لَكَ لَأَجْرًا غَيْرَ مَمْنُونٍ ④

5. Era ddala oline empisa ensukkirivu.

وَأَنَّكَ لَعَلَى خَلْقٍ عَظِيمٍ ⑤

6. Kale mangu nnyo ojja kulaba era nabo balabe

فَسْتَبْصِرُ وَ يُبْصِرُونَ ⑥

7. Ani ku mmwe atawaanyizibwa eddalu.

بِأَبْصَارِكُمُ الْمَفْتُونُ ⑦

8. Mazima Mukama wo y'asinga okumanya oyo abuze ku kkubo lye, era y'asinga okumanya abalung'amu.

إِنَّ رَبَّكَ هُوَ أَعْلَمُ بِمَنْ ضَلَّ عَنْ سَبِيلِهِ ⑧ وَهُوَ أَعْلَمُ بِالْمُهْتَدِينَ ⑧

9. Kale togondera abo abalimbisa amazima.

فَلَا تُطِعِ الْمُكَذِّبِينَ ⑨

10. Baagala mbu ogonzeemu eddiini yo olwo nabo balyooke bagonzeemu gy'oli.

وَذُوَا لَوْ تَذَهْنُ فَيَذَهُنَّ ⑩

11. Naye togondera buli alayiralayira, omunyoomoofu,

وَلَا تُطِعْ كُلَّ حَلَّافٍ مَهِينٍ ⑪

12. Omuwaayirizi, omutambuza w'olugambo,

هَمَّازٍ مَشَّاءٍ بِنَمِيمٍ ⑫

13. Omuziyizi w'ebirungi, omubuusi w'ensalo, omwonoonyi,

مَتَّاعٍ لِلْخَيْرِ مُخْتَدٍ أَثِيمٍ ⑬

14. Ow'empisa embi, ng'ate awamu n'ekyo n'obuzaale bwe bubuusibwabusibwa.

عُتِّلٌ بَعْدَ ذَلِكَ رَنِيمٍ ⑭

15. Tomugondera wadde ng'alina eby'o-bugagga n'abaana.

أَنْ كَانَ ذَا مَالٍ وَبَنِينَ ⑮

16. Bw'asomerwa Aya zaffe, agamba nti: Ngero z'abedda !

إِذَا تَنُتِلَ عَلَيْهِ أَيْتُنَا قَالَ أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ⑯

17. Tujja kumulamba ku nnyindo.

سَتْسِمُهُ عَلَى الْخُرْطُومِ ⑰

18. Mazima tujja kubagezesa nga bwe twagezesa ba nnyini nnimiro awo bwe baalayira nti ddala ebibala baali bateekwa okubikungula ku makya,

لَا تَأْتِيهِمْ كَمَا بَلَّوْنَا أَصْحَابَ الْجَنَّةِ إِذْ أَقْسَمُوا لَيَصْرِمُنَّهَا مُصْبِحِينَ ⑱

مُصْبِحِينَ ⑱

19. Naye ne batajuliza nti: Allah bw'anaaba ayagadde.

وَلَا يَسْتَشْنُونَ ﴿١٩﴾

20. Kale akabi okuva eri Mukama wo keetooloola ennimiro nga beebase.

فَطَافَ عَلَيْهَا طَائِفٌ مِّن رَّبِّكَ وَهُمْ نَائِمُونَ ﴿٢٠﴾

21. Olwo nebugikeerera nga ering'anga esaayiddwa.

فَأَصْبَحَتْ كَالصَّرِيمِ ﴿٢١﴾

22. Kale baaying'ana nga bukya,

فَتَنَادَا مُصِحِّينَ ﴿٢٢﴾

23. Nti: Mukeere nnyo mu nnimiro zam-mwe, obanga muli ba kukungula.

أَنِ اعْبُدُوا عَلَىٰ حَزْبِكُمْ إِن كُنْتُمْ صَادِقِينَ ﴿٢٣﴾

24. Kale baagenda bakubagana obwaama.

فَانطَلَقُوا وَهُمْ يَتَخَاكَتُونَ ﴿٢٤﴾

25. Nti: Olwa leero temuganya munkuseere yenna kubayingirira mu yo.

أَن لَّا يَدْخُلَنَّهَا الْيَوْمَ عَلَيْكُمْ مُمْسِكِينَ ﴿٢٥﴾

26. Era baakeera nnawankya n'amaanyi ag'ekitalo.

وَعَدُوا عَلَىٰ حَرْدٍ قَادِرِينَ ﴿٢٦﴾

27. Naye ennimiro bwe baagiraba, baagamba nti: Mazima tubuze bubuzi!

فَلَمَّا رَأَوْهَا قَالُوا إِنَّا لَضَالُّونَ ﴿٢٧﴾

28. Nedda, wabula tummiddwa okufuna.

بَل لَّحْنٌ مَّخْرُومُونَ ﴿٢٨﴾

29. Eyali abasingamu obulungi y'eyagamba nti: Abaffe, saabagambye nti: Lwaki temute-ndereza Allah?

قَالَ أَوْسَطُهُمْ أَلَمْ أَقُلْ لَّكُمْ لَوْلَا نَسِيحُونَ ﴿٢٩﴾

30. Olwo nebalyooka bagamba nti: Obutu-ukirivu bwa Mukama waffe. Mazima tubadde bakyamu.

قَالُوا سُبْحَانَ رَبِّنَا إِنَّا كُنَّا ظَالِمِينَ ﴿٣٠﴾

31. Olwo baayolekagana bokka na bokka nga banenyagana.

فَأَقْبَلَ بَعْضُهُمْ عَلَىٰ بَعْضٍ يَتَلَوْا ﴿٣١﴾

32. Nebagamba nti: Zitusanze! Mazima tubadde bajeemu.

قَالُوا يَا وَيْلَنَا إِنَّا كُنَّا طُغْيَانٌ ﴿٣٢﴾

33. Ob'olyawo Mukama waffe anatu-kyuusizaamu ennimiro esinga obulungi kw'eno; mazima kati twolekedde eri Mukama waffe.

عَسَىٰ رَبُّنَا أَن يُبَدِّلَنَا خَيْرًا مِّنْهَا إِنَّا إِلَىٰ رَبِّنَا رَاغِبُونَ ﴿٣٣﴾

34. Bwe kityo nno ekibonerezo bwe kiba. Naye ddala ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene, singa babadde bama-nyi.

كَذَلِكَ الْعَذَابُ ، وَالْعَذَابُ الْآخِرَةُ أَكْبَرُ لَوْ كَانُوا يَعْلَمُونَ ﴿٣٤﴾

Ruku 2

35. Mazima abeekuumi balifuna eri Mukama waabwe Janna ez'amasanyu amajjuvu.

إِنَّ لِلْمُتَّقِينَ عِندَ رَبِّهِمْ جَنَّاتٍ النَّعِيمِ ﴿٣٥﴾

36. Abaffe, tuyise abajeemulukufu ng'a-bakozi b'ebibi?

أَفَجَعَلَ الْمُسْلِمِينَ كَالْمَجْرُمِينَ ﴿٣٦﴾

37. Mubadde mutya? Mulamula mutya!

مَا لَكُمْ وَنَدَيْتُمْ بِتَحْكُمُونِ ﴿٣٧﴾

38. Abaffe, mulinayo ekitabo kye muso-mamu,

أَمْ لَكُمْ كِتَابٌ فِيهِ تَدْرُسُونَ ﴿٣٨﴾

39. Nti ddala mulikifunamu buli kye mweroboza ?

إِنَّ لَكُمْ فِيهِ لَمَا تَخَيَّرُونَ ﴿٣٩﴾

40. Nandiki, mulina ekirayiro okuva gye tuli *ekitusiba* okutuusiza ddala ku lunaku lw'okuzuukira, nti ddala mulifuna buli kye musalawo ?

أَمْ لَكُمْ آيْمَانٌ عَلَيْنَا بَالِغَةٌ إِلَى يَوْمِ الْقِيَامَةِ إِنَّ لَكُمْ لَمَا تَحْكُمُونَ ﴿٤٠﴾

41. Babuuze, ani mu bo akyetantala?

لَقَدْ سَلَّمُوا إِلَهُم بِذَلِكَ دَعِيمًا ﴿٤١﴾

42. Oba balinayo bakatonda abalala, kale baleete bakatonda baabwe, obanga boogera mazima.

أَمْ لَهُمْ شُرَكَاءُ بَدِئُوا بِشِرْكَائِهِمْ لَئِنْ كَانُوا صَادِقِينَ ﴿٤٢﴾

43. Olunaku amazima lwe galibikkulwa, kale balikoowolwa eri okuvuunama, naye nno nga tebakyasobola;

يَوْمَ يُكْشَفُ عَن سَاقٍ وَيُدْعَوْنَ إِلَى السُّجُودِ فَلَا يَسْتَطِيعُونَ ﴿٤٣﴾

44. Nga bakotese amaaso gaabwe, nga basaanikiddwa obuswaavu; so nga baako-oolwanga eri okuvuunama nga bakyali mu ddembe, *nebatafaayo*.

خَاشِعَةً أَبْصَارُهُمْ تَرْهُقُهُمْ ذِلَّةٌ وَقَدْ كَانُوا يُدْعَوْنَ إِلَى السُّجُودِ وَهُمْ سَآئِمُونَ ﴿٤٤﴾

45. Kale ggwe ndeka n'abo abalimbisa ekigambo kino *ekya Kur'ani*. Mpolampola tujja kubawalulira eri *okuzikirira* okuva we batamanyi.

فَذَرْنِي وَمَنْ يُكَذِّبْ بِهَذَا الْحَدِيثِ ط سَنَسْتَدْرِجُهُمْ مِنْ حَيْثُ لَا يَعْلَمُونَ ﴿٤٥﴾

46. Era mbawa akaaganya, *kuba* ddala entegeka yange nnyweevu.

وَأْمُرْ لَهُمْ إِنَّ كَيْدِي مَتِينٌ ﴿٤٦﴾

47. Abaffe, obasabye mpeera nti bazi-toowererwa bbanja ?

أَمْ تَسْأَلُهُمْ أَجْرًا فَهُمْ مِنْ مَغْرَمٍ مُثْقَلُونَ ﴿٤٧﴾

48. Nandiki, balinayo eby'enkiso bye bawandiika ?

أَمْ عِنْدَهُمُ الْغَيْبُ فَهُمْ يَكْتُمُونَ ﴿٤٨﴾

49. Kale ggwe lindirira kusalawo kwa Mukama wo era toba nga Ow'ekyennyanja bwe yalaajanira *Mukama we* ng'afa ennaku.

فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَكُنْ كَصَاحِبِ الْحُوتِ إِذْ نَادَى وَهُوَ مَكْظُومٌ ﴿٤٩﴾

50. Singa okusaasira okwava eri Mukama we tekwamutuukako, mazima yaalikusukiddwa mu kyererezi ng'eno bw'anenyzebwa.

لَوْ لَا أَنْ تَدْرَكَهُ نِعْمَةٌ مِنْ رَبِّهِ لَنُبِذَ بِالْعَرَاءِ وَهُوَ مَذْمُومٌ ﴿٥٠﴾

51. Naye Mukama we yamulonda n'amu-fuula omu mu batuukirivu. فَأَجْتَبَاهُ رَبُّهُ فَجَعَلَهُ مِنَ الصَّالِحِينَ ﴿٥١﴾

52. Era abo abatakkiriza baali na kumpi kugezaako okukuseereza *mbu bakuggye ku kitiibwa kyo* n'entunula yaabwe *ey'obusungu bwe* baawulira Ekijjukiza (Kur'āni); era baagamba nti: Oyo ddala mulalu ! وَأَن يَّكَادُ الَّذِينَ كَفَرُوا لَيُزْلِقُونَكَ بِأَبْصَارِهِمْ لَمَّا سَمِعُوا الذِّكْرَ وَيَقُولُونَ إِنَّهُ لَمَجْنُونٌ ﴿٥٢﴾

53. Naye *yo Kur'āni* si kirala wabula ky'E-kijjukiza eri ensi yonna. وَمَا هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٥٣﴾

سُورَةُ الْحَاقَّةِ مَكِّيَّةٌ ٦٩ أبوابها ٥٣ مكواتها ٢

AL-HĀQQAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾

2. Ekiteekwa okubaawo! الْحَاقَّةُ ﴿٢﴾

3. Kiki *ekyo* ekiteekwa okubaawo? مَا الْحَاقَّةُ ﴿٣﴾

4. Era ki ekinaakumanyisa *ekyo* ekiteekwa okubaawo kye ki? وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْحَاقَّةُ ﴿٤﴾

5. Aba Thamūda n'aba 'Ādi baalimbisa *ekibonerezo* ekiggunda.* كَذَّبَتْ ثَمُودُ وَعَادٌ بِالْقَارِعَةِ ﴿٥﴾

6. Kale aba Thamūda baazikirizibwa na kabenje ak'akabi. فَأَمَّا ثَمُودُ فَأَهْلِكُوا بِالطَّغْيَةِ ﴿٦﴾

7. Ate aba 'Ādi nebazikirizibwa n'omuyaga oguwuluguma, ogw'essungu, وَأَمَّا عَادٌ فَأَهْلِكُوا بِرِيحٍ صَوَّارٍ عَارِيسَ ﴿٧﴾

8. Gwe yabakunsizako okumala ebiro musanvu n'emisana munaana obutasalako, kale ng'olaba mu gwo abantu nga bagudde wansi nga balinga ebikolo by'emitende ebyeyaze wansi. سَخَّرَهَا عَلَيْهِمْ سَبْعَ لَيَالٍ وَتَمِيزَةَ آيَاتِهِمْ ۖ فَتَرَى الْقَوْمَ فِيهَا صَرْعَى ۖ كَأَنَّهُمْ أُعْجَازٌ تَخَلَّيْ خَارِيسَ ﴿٨﴾

9. Abaffe, olabawo ekyasigalawo ku bo? فَهَلْ تَرَى لَهُم مِّن بَاقِيَةٍ ﴿٩﴾

10. Era Farāwo n'abo abaamukulembereba n'abebibuga ebyavuunikibwa baakolanga nnyo ebibi. وَجَاءَ فِرْعَوْنُ وَمَنْ قَبْلَهُ وَالْمُؤْتَفِكْتُ بِالْغَاطِطَةِ ﴿١٠﴾

69:5. Amakulu gano gava mu Kur'āni yennyini w'egambira nti (أَلْقَارِعَةُ) 'al-qaari'ah' ekinnyonyolwa nti:(101:5-6), 'lwe Lunaku abantu lwe baliba ng'ebiwajjolo ebisaasaanye. N'ensozi ziriba ng'ebuyoya by'endiga ebisunsule'. Okuggunda okwogerwako wano si kwa bulijjo, wabula kufaananako n'okwo okwa Hydrogen bomb ne Neutron bomb, n'ebirala. Amaanyi g'okubwatuka okwogerwako wano gayinza n'okumerengula ensozi.

11. Kale baajeemera Omubaka wa Mukama waabwe, olwo Allah n'abakwatamu olukwata olunyiga. **فَعَصُوا رَسُولَ رَبِّهِمْ فَاخَذَهُمْ آخِذَةً رَّابِيَةً ۝۱۱**

12. Mazima amazzi bwe gaatumbiira, twabasilira mu kyombo, **إِنَّا لَمَّا طَعْنَا الْمَاءَ حَمَلْنَاكُمْ فِي الْجَارِيَةِ ۝۱۲**

13. Tulyooke tukifuule ekijjukizo gye muli era kikuumbwe okutu okukuuma. **لِتَجْعَلَهَا لَكُمْ تَذْكِرَةً وَتَعِيهَا أُذُنٌ ذَائِعِيَّةٌ ۝۱۳**

14. Kale eng'ombe bw'erifuuyibwamu olufuuwa lumu, **فَإِذَا نَفَخَ فِي الصُّورِ تَفْخَةٌ وَاحِدَةٌ ۝۱۴**

15. N'ensi n'ensozi nebisitulwa nebibete-ntebwa olubetenta lumu, **وَ حُمِلَتِ الْأَرْضُ وَالْجِبَالُ فَدُكَّتَا دَكَّةً وَاحِدَةً ۝۱۵**

16. Kale kw'olwo ekiteekwa okubaawo lwe kirigwaawo. **فَيَوْمَئِذٍ وَقَعَتِ الْوَاقِعَةُ ۝۱۶**

17. N'eggulu liryabikayabika, era kw'olwo liriba liyenjebufu. **وَأَنْشَقَّتِ السَّمَاءُ فَهِيَ يَوْمَئِذٍ وَاهِيَةٌ ۝۱۷**

18. Era ba malayika baliba ebbali wa lyo. Ku lunaku olwo waggulu waabwe eribaayo ba malayika munaana nga bawaniridde Nnamulondo ya Mukama wo. **وَالْمَلَكُ عَلَى أَرْجَائِهَا وَيَحْمِلُ عَرْشَ رَبِّكَ فَوْقَهُمْ يَوْمَئِذٍ ثَمَنِيَةٌ ۝۱۸**

19. Kw'olwo lwe mulireetebwa eri Allah; teweliba kyaama kyammwe kyonna kiryekisa. **يَوْمَئِذٍ تُعْرَضُونَ لَا تَخْفَى مِنْكُمْ خَافِيَةٌ ۝۱۹**

20. Kale oyo aliweebwa ekitabo kye mu ddyo we, aligamba nti: Mujje musome ku kitabo kyange! **فَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِيَمِينِهِ ۖ فَيَقُولُ هَآؤُمُ اقْرَءُوا كِتَابِيهِ ۝۲۰**

21. Mazima nze nali nkakasa nti ddala ndisisinkana n'okubalwa kwange. **إِنِّي ظَنَنْتُ أَنِّي مُلِقٌ حِسَابِيهِ ۝۲۱**

22. Kale oyo y'aliba mu bulamu obwesiimisa, **فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَّاضِيَةٍ ۝۲۲**

23. Mu Janna eya waggulu ennyo, **فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ ۝۲۳**

24. Ebirimba by'ebibala bya yo biriba kumpi nnyo. **قُطُوفَهَا ذَانِيَةٌ ۝۲۴**

25. Baligambibwa nti: Mweriire era mwenyweere n'essanyu olw'ebirungi ebyo bye mwakola mu nnaku azaayita. **كُلُوا وَاشْرَبُوا هَنِيئًا بِمَا أَسْلَفْتُمْ فِي الْأَيَّامِ الْخَالِيَةِ ۝۲۵**

26. Naye oyo aliweebwa ekitabo kye mu kkono we, kale aligamba nti: Nga ndabye! Kale singa siweereddwa kitabo kyange! **وَأَمَّا مَنْ أُوْتِيَ كِتَابَهُ بِشِمَالِهِ ۖ فَيَقُولُ يَلِيَّتَنِي لَمْ أُوتَ كِتَابِيهِ ۝۲۶**

27. Ne simanya na kubalwa kwange! **وَلَمْ آذِرْ مَا حِسَابِيهِ ۝۲۷**

28. Kale singa okwo *okufa kwe nnafa*
kwe kwali okw'enkomerero, *ne ssizuukira!*

29. Obugagga bwange tebungasizza n'aka-
tono.

30. Obuyinza bwange nabwo bumpweddeko.

31. *Kirigambibwa nti:* Mumukwate
mumusibe mu njegere,

32. N'oluvannyuma mumusuule mu muliro.

33. N'oluvannyuma *mumusse* mu lujegere,
obuwanvu bwa lwo yaadi nsanvu.

34. Mazima yali takkiriza Allah,
Omusukkirivu.

35. Era nga takubiriza na kuliisa
munkuseere,

36. Kale olwa leero, wano tajja kuba na
wa mukwano;

37. Wadde emmere, okuggyako amazzi
aganaazibbwamu amabwa.

38. Agataliibwa *mulala yenna* okuggyako
aboonoonyi.

Ruku 2

39. Si kyo, njuliza ebyo byonna bye
mulabako,

40. N'ebyo bye mutalabako,

41. *Nti* mazima yo *Kur'ani* ddala ky'ekigambo
ekyassibwa ku Mubaka Ow'ekitiibwa.

42. Era yo si kigambo kya muyiia wa
bitontome; naye mukkiriza katono nnyo!

43. Ate si kigambo kya mulaguzi; naye
mufumiitiriza katono nnyo!

44. *Yo* kwe kubikkulirwa okwava eri
Omulezi w'ebitonde byonna.

45. Era singa (Nabbi) yatupaatiikako
ebigambo eby'engeri yonna,

46. Mazima twalimukutte *olukwata* ne
ddyo,

47. N'oluvannyuma twalimukutuddemu
omusuwa gw'obulamu,

48. Era tewaalibaddewo na yenna mu
mmwe eyaalituziyizza ku ye.

يَلَيَّتْهَا كَانَتْ الْقَاضِيَةَ ﴿٢٨﴾

مَا أَغْنَىٰ عَنِّي مَا لِي بِهِ ﴿٢٩﴾

هَلَكْتُ عَنِّي سُلْطَنِيضَةً ﴿٣٠﴾

خَذُّوهُ فَغْلُوهُ ﴿٣١﴾

ثُمَّ الْجَحِيمَ صَلُّوهُ ﴿٣٢﴾

ثُمَّ فِي سِلْسِلَةٍ ذَرْعُهَا سَبْعُونَ ذِرَاعًا

قَاسُوكُوهُ ﴿٣٣﴾

إِنَّهُ كَانَ لَا يُؤْمِنُ بِاللَّهِ الْعَظِيمِ ﴿٣٤﴾

وَلَا يَحْضُ عَلَىٰ طَعَامِ الْمُسْكِينِ ﴿٣٥﴾

فَلَيْسَ لَهُ الْيَوْمَ هُنَا حَمِيمٌ ﴿٣٦﴾

وَلَا طَعَامٌ إِلَّا مِن غَسَلِينِ ﴿٣٧﴾

﴿٣٨﴾ لَا يَأْكُلُهُ إِلَّا الْخَاطِئُونَ ﴿٣٨﴾

فَلَا أُقْسِمُ بِمَا تُبْصِرُونَ ﴿٣٩﴾

وَمَا لَا تُبْصِرُونَ ﴿٤٠﴾

إِنَّهُ لَقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ﴿٤١﴾

وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَاعِرٍ قَلِيلًا مَّا تُؤْمِنُونَ ﴿٤٢﴾

وَلَا يَقُولُ كَاهِنٍ قَلِيلًا مَّا تَكْفُرُونَ ﴿٤٣﴾

تَنْزِيلٌ مِّن رَّبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٤٤﴾

وَلَوْ تَقَوَّلَ عَلَيْنَا بَعْضَ الْأَقَاوِيلِ ﴿٤٥﴾

لَأَخَذْنَا مِنْهُ بِالْيَمِينِ ﴿٤٦﴾

ثُمَّ لَقَطَعْنَا مِنْهُ الْوَتِينَ ﴿٤٧﴾

فَمَا مِنْكُمْ مِّنْ أَحَدٍ عَنْهُ حَاجِزِينَ ﴿٤٨﴾

49. Era mazima *Kur'ani* eno kwe kujjukiza eri abatya Allah.

50. Era mazima tumanyi nti ddala mu mmwe mulimu abalimbisa *Kur'ani*.

51. Naye ddala ekyo kiriba kya kwejjusa eri abatakkiriza.

52. Era ddala yo ge mazima amakakafu.

53. Kale tendereza n'erinnya Iya Mukama wo Omusukkirivu.

وَأَنَّهُ لَتَذَكُّرَةٌ لِلْمُتَّقِينَ ﴿٤٩﴾

وَأَنَّا لَتَنخَلَعَنَّ أَنْ مِّنْكُمْ مُّكذِّبِينَ ﴿٥٠﴾

وَأَنَّهُ لَحَشْرَةٌ عَلَى الْكُفْرِينَ ﴿٥١﴾

وَأَنَّهُ لَحَقُّ الْيَقِينِ ﴿٥٢﴾

﴿٥٣﴾ فَسَبِّحْ بِاسْمِ رَبِّكَ الْعَظِيمِ ﴿٥٣﴾



AL-MA'ĀRIJ

(*Yakka lubereberye Iwa Hijra*)

1. Ku lw'erinnnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Omubuuzi yabuuza ku kibonerezo eki-genda okugwa

3. Ku batakkiriza, ekitalibaako aziyiza,

4. Ekiriva eri Allah, Nannyini madaala aga waggulu.

5. Ba malayika ne Mwoyo balinnya gy'ali mu lunaku olugeraageranyizibwa n'emyaka emitwalo etaano.

6. Kale gumiikiriza okugumiikiriza okulungi.

7. Mazima bo bakiraba ng'ekiri ewala,

8. Naye Ffe tukiraba nga kiri kumpi.

9. Olunaku eggulu lwe liriba ng'ekikomo ekisaanuuse,

10. N'ensozi lwe ziriba ng'ebyoza by'endiga,

11. N'owomukwano talibuuzza bifa ku mukwano gwe.

12. *Newaakubadde nga* balitunuuliganyizibwa, omwonoonyi alyegomba nti singa yeenuuzza abaana be ku kibonerezo ky'olunaku olwo,

13. Ne mukyala we ne muganda we,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾

سَأَلَ سَائِلٌ بِعَذَابٍ وَاقِعٍ ﴿٢﴾

لِلْكَافِرِينَ لَيْسَ لَهُ دَافِعٌ ﴿٣﴾

مِّنَ اللَّهِ ذِي الْمَعَارِجِ ﴿٤﴾

تَخْرِجُ الْمَلَائِكَةَ وَالرُّوحَ إِلَيْهِ فِي يَوْمٍ

كَانَ مَقْدَرُهُ أَرْبَعًا خَمْسِينَ أَلْفَ سَنَةٍ ﴿٥﴾

فَاصْبِرْ صَبْرًا جَمِيلًا ﴿٦﴾

إِنَّهُمْ يَرَوْنَهُ بَحِيمًا ﴿٧﴾

وَتَرَاهُ قَرِيبًا ﴿٨﴾

يَوْمَ تَكُونُ السَّمَاءُ كَالْمُهْلِ ﴿٩﴾

وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ ﴿١٠﴾

وَلَا يَسْأَلُ حَمِيمٌ حَمِيمًا ﴿١١﴾

يُبْصِرُونَهُمْ يَوْمَ الْيَوْمِ لَوْ يَفْتَرِي

مِنَ عَذَابٍ يَوْمَئِذٍ بِبَنِيهِ ﴿١٢﴾

وَصَاحِبَتِهِمْ وَأَخْيَتِهِ ﴿١٣﴾

14. N'owekika kye eyamuwanga obubudamu,

وَفَصِيلَتِهِ الَّتِي تُشْوِيهِ ۝١٤

15. N'abali mu nsi bonna, n'oluvannyuma ye yeewonye ekibonerezo.

وَمَنْ فِي الْأَرْضِ جَمِيعًا ثُمَّ يُنْجِيهِ ۝١٥

16. Nedda, ddala kyo nnimi za muliro,

كَلَّا لَأَنَّا لَطَمُهَا ۝١٦

17. Ogulibambula oluliba lwonna.

نَرَاةَ لَيْلَىٰ ۝١٧

18. Gulikoowoola buli eyakubayo amabega neykeyuusa

تَدْعُوا مَنْ آذَبَ وَتَوَلَّىٰ ۝١٨

19. N'atuuma eby'obugagga, n'abikwati-rira.

وَجَمَعَ فَأَوْعَىٰ ۝١٩

20. Mazima omuntu yatondwa nga mupapi, ate nga mukodo.

إِنَّ الْأِنْسَانَ خُلِقَ هَلُوعًا ۝٢٠

21. Bw'atuukibwako obuzibu, ng'ayazi-irana.

إِذَا مَسَّهُ الشَّرُّ جَزُوعًا ۝٢١

22. Ate bw'atuukwako ebirungi, nga akodowala.

وَإِذَا مَسَّهُ الْخَيْرُ مَنُوعًا ۝٢٢

23. Okuggyako abasaaze.

إِلَّا الْمَصْلِينَ ۝٢٣

24. Abo abasaala essaala zaabwe olube-rera.

الَّذِينَ هُمْ عَلَىٰ صَلَاتِهِمْ دَائِمُونَ ۝٢٤

25. N'abo abalina omutemwa omutuufu mu by'obugagga bwabwe,

وَالَّذِينَ فِي أَمْوَالِهِمْ حَقٌّ مَّعْلُومٌ ۝٢٥

26. Ogw'oyo asaba obuyambi n'oyo atesobola, atasaba.

لِلسَّائِلِ وَالْمَحْرُومِ ۝٢٦

27. N'abo abakakasa olunaku lw'okulamulirwako,

وَالَّذِينَ يُصَدِّقُونَ بِيَوْمِ الدِّينِ ۝٢٧

28. N'abo abatya ekibonerezo kya Mukama waabwe —

وَالَّذِينَ هُمْ مِّنْ عَذَابِ رَبِّهِمْ مُّشْفِقُونَ ۝٢٨

29. Mazima ekibonerezo kya Mukama waabwe tekitaliza mwonoonyi —

إِنَّ عَذَابَ رَبِّهِمْ غَيْرُ مَا مُنُونٌ ۝٢٩

30. N'abo abakuuma ennyo obweereere bwabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ لِأَفْئُوتِهِمْ حَافِظُونَ ۝٣٠

31. Okuggyako eri bakyala baabwe oba abawambe abali mu mikono gyabwe egya ddyo, kale ddala abo tebanenyezebwa.

إِلَّا عَلَىٰ آزْوَاجِهِمْ أَوْ مَا مَلَكَتْ أَيْمَانُهُمْ فَإِنَّهُمْ غَيْرُ مَلْؤُومِينَ ۝٣١

32. Naye abo abanoonya ebiri ebbali w'ebyo, kale abo be babuusi b'ensalo.

فَمَنْ ابْتغىٰ وَرَاءَ ذٰلِكَ فَأُولٰٓئِكَ هُمُ الْغٰدُونَ ۝٣٢

33. N'abo abalabirira ebibasigiddwa, n'endagaano zaabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ لِأَمْتِنَتِهِمْ وَعَهْدِهِمْ رَاعُونَ ۝٣٣

34. N’abo abeesimbu mu bujulizi bwabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ يَشْهَدُ تَعْلَمُونَ ﴿٣٤﴾

35. N’abo abakuuma obutiribiri essaala zaabwe,

وَالَّذِينَ هُمْ عَلَى صَلَاتِهِمْ يُحَافِظُونَ ﴿٣٥﴾

36. Abo nno be baliba mu Janna nga bawee-bwa ebitiibwa.

﴿٣٦﴾ أُولَٰئِكَ فِي جَنَّاتٍ مُّكْرَمُونَ ﴿٣٦﴾

Ruku 2

37. Ye babadde ki abo abatakkiriza abajja gy’oli ku mbiranye,

فَقَالَ الَّذِينَ كَفَرُوا قِبَلِكَ مَهْطِعِينَ ﴿٣٧﴾

38. Okuva ku ddyo ne ku kkono mu bibinja eby’enjawulo?

عَنِ الْيَمِينِ وَعَنِ الشِّمَالِ عِزِينَ ﴿٣٨﴾

39. Abaffe, buli omu mu bo asuubira nti wa kuyingizibwa mu Janna ey’essanyu erijjuvu?

أَيُطَمَعُ كُلُّ امْرِئٍ مِّنْهُمْ أَنْ يُدْخَلَ جَنَّةً نَّعِيمًا ﴿٣٩﴾

40. Nedda! Mazima Ffe twabatonda mw’ekyo kye bamanyi.

كَلَّا إِنَّا خَلَقْنَاهُمْ مِّمَّا يَعْلَمُونَ ﴿٤٠﴾

41. Kale ddala njuliza Mukama w’ebuwanjuba n’ebugwanjuba, mazima ddala tulina obuyinza

قَلَّا أَقْسَمُ بِرَبِّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ إِنَّا لَقَدِرُونَ ﴿٤١﴾

42. Okubakyuusaamu abalala ababasinga obulungi, ate Ffe tetulemesebwa.

عَلَىٰ أَنْ تُبَدَّلَ خَيْرًا مِّنْهُمْ ۖ وَمَا نَحْنُ بِمَسْبُوقِينَ ﴿٤٢﴾

43. Kale ggwe baleke baganiire era bazannye okutuusa lwe balisisinkana n’olunaku lwabwe olwo lwe basuubizibwa,

فَذَرَهُمْ يَخْوَضُوا وَيَلْعَبُوا حَتَّىٰ يُلْقُوا يَوْمَهُمُ الَّذِي يُوْعَدُونَ ﴿٤٣﴾

44. Olunaku lwe balifubutuka okuva mu ntaana nga baling’anga abaddukira eri ekiruubirirwa,

يَوْمَ يَخْرُجُونَ مِنَ الْأَجْدَاثِ سِرَاعًا كَأَنَّهُمْ إِلَىٰ نُصْبٍ يُؤَفِّضُونَ ﴿٤٤﴾

45. Nga amaaso gaabwe gatunudde wansi era nga basaankiddwa obuswaavu. Olwo nno lwe lunaku lwe basuubizibwa.

خَاشِعَةً أَبْصَارُهُمْ تَرْهَقُهُمْ ذِلَّةٌ ۚ ذَٰلِكَ الْيَوْمَ الَّذِي كَانُوا يُوعَدُونَ ﴿٤٥﴾



NŪH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw’erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow’ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾

2. Mazima twatuma Nuhu eri abantu be nti: Labula abantu bo nga tebannatuuki-bwako kibonerezo ekirumya.

إِنَّا أَرْسَلْنَا نُوحًا إِلَىٰ قَوْمِهِ أَنْ أَنْذِرْ قَوْمَكَ مِن قَبْلِ أَنْ يَأْتِيَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ ﴿٢﴾

3. N'agamba nti: Abange, mazima nze ndi Mulabuzi gye muli ow'olwaatu,
4. Kale musinze Allah era mumutye, era mung'ondere.
5. Ajja kubasonyiwa ebyonono byammwe era abawe akaagaanya okumala ekiseera ekigere. Mazima entuuko ya Allah bw'etuuka teziyizibwa, singa mubadde mumanyi.
6. N'agamba nti: Mukama wange, mazima nkoowodde bannange ekiro n'emisana,
7. Naye okukoowoola kwange tekulina kye kubongedde, okuggyako okudduka.
8. Era buli lwe nnabakoowola olyooke obasonyiwe, bassanga ennwe zaabwe mu matu gaabwe, nebeebikka n'engoye zaabwe era nebaguguba, nebeekuluntaza olwekuluntaza.
9. Nate era nnabakoowola eri *ekkubo lyo* mu lwaatu.
10. N'oluvannyuma nababuulira mu lujjudde era nenjogera nabo mu kafubo ssemafubo.
11. Neng'amba nti: Musabe okusonyiyibwa eri Mukama wammwe. Mazima Ye ye Musonyiyi ow'ensusso.
12. Ajja kubaweereza ebire by'enkuba ennyingi,
13. Era abongere eby'obugagga n'abaana, era abateerewo ensuku, era abateerewo n'emigga.
14. Mubadde ki? Lwaki ye Allah temumusubiramu biweesa kitibwa?
15. So nga ddala y'eyabatonda mu mitendera.
16. Abaffe, temulaba nga Allah bwe yatonda *emigigi gy'eggulu* omusanvu nga giberekaganye?
17. Era n'assa mu gyo omwezi nga bwe butangaavu, n'akola enjuba nga y'ettaala?
18. Era Allah y'eyabasibula olusibula okuva mu nsi ng'ebimera.

قَالَ يَقْوِمُ رَبِّي لَكُمْ تَذِيْرٌ مُّبِيْنٌ ﴿١﴾
 اِنْ اَعْبُدُوا اللّٰهَ وَاتَّقُوْهُ وَاَطِيعُوْنَ ﴿٢﴾
 يَغْفِرْ لَكُمْ مِّنْ ذُنُوْبِكُمْ وَيُوْحِرْ كُمْ اِلَىٰ
 اَجَلٍ مُّسَمًّى وَاِنَّ اَجَلَ اللّٰهِ اِذَا جَاءَ لَا
 يُؤَخَّرُ مَلُوْكَنتُمْ تَعْلَمُوْنَ ﴿٣﴾
 قَالَ رَبِّ اِرْبِيْ دَعْوَتِ قَوْمِيْ لَيْلًا وَّ نَهَارًا ﴿٤﴾
 فَلَمْ يَزِدْهُمْ دَعَاءِيْ اِلَّا فِرَارًا ﴿٥﴾
 وَرَبِّيْ كَلَّمَآ دَعْوَتُهُمْ لِيَتَّخِرَ لَهُمْ جَعَلُوْا
 اَصْاِبَهُمْ فِيْ اٰذَانِهِمْ وَاسْتَخْشَوْا
 شَيْآءَهُمْ وَاصْرَوْا وَاسْتَكْبَرُوْا
 اسْتِكْبَارًا ﴿٦﴾
 ثُمَّ اِرْبِيْ دَعْوَتُهُمْ جِهًا دَارًا ﴿٧﴾
 ثُمَّ اِرْبِيْ اَعْلَنْتُ لَهُمْ وَاَسْرَرْتُ لَهُمْ
 اِسْرَارًا ﴿٨﴾
 فَقُلْتُ اسْتَغْفِرْ ذُنُوْبَكُمْ مِّرَاتٍ اِنَّهٗ كَانَ غَفَّارًا ﴿٩﴾
 يُرْسِلِ السَّمَآءَ عَلَيْكُمْ مِدْرَارًا ﴿١٠﴾
 وَ يُمِدُّكُمْ بِاَمْوَالٍ وَّ بَنِيْنَ وَّ يَجْعَلُ
 لَكُمْ جَنَّةٍ وَّ يَجْعَلُ لَكُمْ اَنْهَارًا ﴿١١﴾
 مَا لَكُمْ لَا تَرْجُوْنَ يَلْوَهُ وَّقَارًا ﴿١٢﴾
 وَ قَدْ خَلَقَكُمْ اَطْوَارًا ﴿١٣﴾
 اَلَمْ تَرَوْا كَيْفَ خَلَقَ اللّٰهُ سَبْعَ سَمَوٰتٍ
 طِبَاقًا ﴿١٤﴾
 وَ جَعَلَ الْقَمَرَ فِيْهِنَّ نُوْرًا وَّ جَعَلَ
 الشَّمْسُ سِرَاجًا ﴿١٥﴾
 وَاَللّٰهُ اَنْتَبَتَكُمْ مِّنَ الْاَرْضِ نَبَاتًا ﴿١٦﴾

19. N'oluvannyuma y'alibazza mu yo, nate y'alibaggya mu yo oluggya *olw'enjawulo*. ۞

20. Era Allah y'eyabakolera ensi nga ky'ekyaliiro. ۞

21. Mulyooke mutambulire ku yo mu makubo ageetadde. ۞

Ruku 2

22. Nūhu n'agamba nti: Mukama wange, mazima nze banjeemedde, nebagoberera oyo obugagga bwe n'abaana be ebitalina kye bimwongeddeko okuggyako okuzikirira. ۞

23. Era beekobye olwekoba kasiggu. ۞

24. Era bagamba nti: Temwabulira ba katonda bammwe, era temuva ku Wadda* wadde Suwā* wadde Yaghūtha * wadde Ya'ūqa * wadde Nasra *. ۞

25. Era ddala babuzizza bangi; kale toyongera aboononyi, okuggyako okufiirwa. ۞

26. Olw'ebyonono byabwe baasaanyi-zibwawo *n'amazzi* ne bayingizibwa mu muliro era tebaafunayo bayambi ku Allah. ۞

27. Era Nūhu yagamba nti: Mukama wange, toleka ku nsi mutuuze yenna mu batakkiriza *bano*. ۞

28. Kuba ddala bw'onoobaleka, bajja kubuza bubuza baddu bo era tebajja kuzaala okuggyako aboononefu, abatakkiriza. ۞

29. Mukama wange, nsonyiwa n'abazadde bange, n'oyo yenna anaayingira mu nju yange nga mukkiriza, n'abakkiriza abasajja n'abakkiriza abakazi; era toyongera aboononyi, okuggyako okuzikirira. ۞

71:24. Gano gaali masanamu ga Bawarabu.

AL-JINN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Gamba nti: Mbikkuliddwa nti ddala ekibiina ky'Amajinni kyawuliriza Kur'ani, nebagamba nti: Mazima tuwulidde Kur'ani nga ya kyewuunyo nnyo,

قُلْ أُوحِيَ إِلَيَّ أَنَّهُ اسْتَمَعَ نَفَرٌ مِّنَ الْجِنِّ فَقَالُوا إِنَّا سَمِعْنَا قُرْآنًا عَجَبًا ②

3. Erung'anya eri ekkubo ettuufu; kale tugikkirizza, era tetukyazzeeyo kwenkan-yankanya Mukama waffe ne yenna.

يَهْدِي بَيْنَ أَيْدِي الرُّشْدِ فَامْتَابَهُمُ وَكُن تُّشْرِكُ بِرَبِّنَا أَحَدًا ③

4. Era tukkiriza nti mu mazima, ekitiibwa kya Mukama waffe kigulumivu nnyo. Tatwalanga mukyala wadde omwana.

وَأَنَّهُ تَعَلَّى جَدْرًا مِّنَّا مَا اتَّخَذَ صَاحِبَةً وَلَا وَلَدًا ④

5. Era ddala omusiru mu ffe yayogeranga ku Allah eby'obulimba obusukkirivu.

وَأَنَّهُ كَانَ يَفْقُولُ سَفِيهًا عَلَى اللَّهِ شَطَطًا ⑤

6. Era ddala ffe twaloozanga nti abantu n'Amajinni tebayinza kwogera ku Allah bya bulimba.

وَأَنَّا ظَنَنَّا أَن لَّن نَقُولَ الْإِنسِ وَالْجِنِّ عَلَى اللَّهِ كَذِبًا ⑥

7. Era ddala waaliwo abamu mu bantu aba bulijjo abaanoonyanga obukuumi mu bantu b'omu Majinni, kale nebabongera okujagalala;

وَأَنَّهُ كَانَ رِجَالٌ مِّنَ الْإِنسِ يَعُوذُونَ بِرِجَالٍ مِّنَ الْجِنِّ فَزَادُوهُمْ رَهَقًا ⑦

8. Era ddala nabo baaloozo, nga mmwe bwe muloozo, nti ddala Allah talituma nate Mubaka yenna.

وَأَنَّهُمْ ظَنُّوا كَمَا ظَنَنْتُمْ أَن لَّن يَبْعَثَ اللَّهُ أَحَدًا ⑧

9. Era ddala twagezaako okutuuka ku ggulu, kale netulisanga nga lijjudde abakuumi ab'amaanyi ennyo ne ba kibonoomu.

وَأَنَّا لَمَسْنَا السَّمَاءَ فَوَجدْنَا فِيهَا مِثْقَالَ حَرَسٍ شَدِيدًا وَشُهَبًا ⑨

10. Era ddala twatuulanga mu Iyo ku bituulwako olw'okuwuliriza. Naye kati buli awuliriza, asanga nga kibonoomu amuteeze.

وَأَنَّا كُنَّا نَقْعُدُ مِنْهَا مَقَاعِدَ لِلسَّمْعِ ۖ فَمَنْ يَسْتَمِعِ الْآنَ يَجِدْ لَهُ شِهَابًا رَّصَدًا ⑩

11. Era ddala ffe tetumanyi oba abali mu nsi baagalizibwa bibi oba Mukama waabwe abaagaliza bulung'amu.

وَأَنَّا لَا تَدْرِي أَسْرًا أُرِيدَ يَمَنَ فِي الْأَرْضِ أَمْ آرَادَ بِهِمْ رَبُّهُمْ رَشْدًا ⑪

12. Era ddala mu ffe mulimu abakozi b'ebirungi ne mu ffe mulimu abatali batyo; tuli bibiina ebigoberera endowooza ez'enjawulo.

وَأَنَّا مِنَّا الضَّالِّعُونَ وَمِنَّا دُونَ ذَلِكَ ۖ كُنَّا ظُرَاقًا قَدَرًا ⑫

13. Era ddala ffe tukakasa nti tetuyinza ku-fufuggaza ntegeka ya Allah ku nsi era tetuyinza kumulemesa olw'okudduka.

وَأَتَاظَنَّتْنَا أَنْ لَنْ نُعْجِزَ اللَّهَ فِي الْأَرْضِ وَلَنْ نُعْجِزَهُ هَرَبًا ۝١٣

14. Era mazima bwe twawulira obulung'amu, twabukkiriza. Kale oyo akkiririza mu Mukama we, taty'a nti alifiirwa wadde okulyazaama-anyizibwa.

وَأَتَا لَمَّا سَمِعْنَا الْهُدَىٰ أَمْتًا بِهِ فَمَنْ يُؤْمِنُ بِرَبِّهِ فَلَا يَخَافُ بَخْسًا وَلَا رَهَقًا ۝١٤

15. Era ddala mu ffe mulimu abajeemuluku-fufu eri Allah ne mu ffe mulimu abaawaba. Naye abo abajeemulukuka, kale be baanoonya ekkubo ettufu.

وَأَتَا مِنَّا الْمُسْلِمُونَ وَمِنَّا الْقَاسِطُونَ ۝ فَمَنْ أَسْلَمَ فَأُولَٰئِكَ تَحَرَّوْا رَشَدًا ۝١٥

16. Naye abo abaawaba, kale abo z'enku z'omuliro.

وَأَمَّا الْقَاسِطُونَ فَكَانُوا لِجَهَنَّمَ حَطَبًا ۝١٦

17. So singa baanywerera ku kkubo ettufu, mazima twalibanywesezza amazzi mu bungi,

وَأَنْ لَّوِ اسْتَقَامُوا عَلَى الطَّرِيقَةِ لَأَسْقَيْنَهُمْ مَاءً غَدَقًا ۝١٧

18. Tulyooke tubagezese na go. Era yenna akuba amabega okujjukira Mukama we, alimugobera mu kibonerezo ekikakanyavu.

لَتَنْفِتَنَّهُمْ فِيهِ ۝ وَمَنْ يُعْرِضْ عَنْ ذِكْرِ رَبِّهِ يَسْلُكْهُ عَذَابًا صَعَدًا ۝١٨

19. Era ddala emizigiti gyonna gya Allah. Kale temusabiranga mu gyo omulala atali Allah.

وَأَنَّ الْمَسْجِدَ لِلَّهِ فَلَا تَدْعُوا مَعَ اللَّهِ أَحَدًا ۝١٩

20. Era mazima Omuweereza wa Allah bw'ayimirira okumusaba, bamugwiira kumpi bamutuge.

وَأَنَّهُ لَمَّا قَامَ عَبْدُ اللَّهِ يَدْعُوهُ كَادُوا يَكُونُونَ عَلَيْهِ لِبَدًا ۝٢٠

Ruku 2

21. Gamba nti: Mazima nze nsaba Mukama wange yekka era simwenkanya ne yenna.

قُلْ إِنَّمَا أَدْعُوا رَبِّي وَلَا أُشْرِكُ بِهِ أَحَدًا ۝٢١

22. Gamba nti: Nze sirina buyinza ku mmwe ku bubi wadde ku bulungi.

قُلْ إِنِّي لَا أَمْلِكُ لَكُمْ ضَرًّا وَلَا رَشَدًا ۝٢٢

23. Gamba nti: Mazima tewali yenna ayinza kunkuuma ku Allah era siyinza kuzuulayo buddukiro bulala ebbali we.

قُلْ إِنِّي لَنْ يُجِيرَنِي مِنَ اللَّهِ أَحَدٌ ۝ وَلَنْ أَجِدَ مِنْ دُونِهِ مُلْتَحَدًا ۝٢٣

24. Wabula obuvunaanyizibwa bwange kutuusa kubuulirira okuva eri Allah, n'obubaka bwe. Era oyo ajeemera Allah n'Omubaka we, kale ddala alifuna omuliro gwa Jahannamu, omwo mw'alibeera ebbanga eggwanvu ennyo.

إِلَّا بَلَاغًا مِنَ اللَّهِ وَرِسَالَاتِهِ ۝ وَمَنْ يَخْصِ اللَّهَ وَرَسُولَهُ فَإِنَّ لَهُ نَارَ جَهَنَّمَ خَالِدًا فِيهَا أَبَدًا ۝٢٤

25. Balyeyongera obutakkiriza okutuusa lwe baliraba ekyo kye baalagaanyizibwa,

حَتَّىٰ إِذَا رَأَوْا مَا يُوعَدُونَ فَسَيَعْلَمُونَ

olwo lwe balimanya omuyenjebufu ennyo mu bayambi, n'owomunaganwa mu muwendo.

مَنْ أضعف ناصراً وَاقلَّ عدداً ٥٥

26. Gamba nti: Nze simanyi obanga ekyabalagaanyisibwa kiri kumpi oba nga Mukama wange yakigerekeru ekiseera kya wala.

قُلْ إِنْ أَدْرِي أَقْرَبُكَ مَا تُوْعَدُونَ أَمْ يَجْعَلُ لَكَ رَبِّي أَمْداً ٥٦

27. Anti ye Mumanyi w'ebyenkiso. Era tewali n'omu gw'awa buyinza ku kumanya bya nkiso bye,

عِلْمُ الْغَيْبِ فَلَا يُظْهِرُ عَلَىٰ غَيْبِهِ أَحَدًا ٥٧

28. Okuggyako oyo gw'aba alonze okuba Omubaka. Kale ddala oyo amuwerekeza ba malayika mu maaso ge n'emabega we ng'abakuumi.

إِلَّا مَنِ ارْتَضَىٰ مِنْ رَسُولٍ فَإِنَّهُ يَسْلُكُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَمِنْ خَلْفِهِ رَصَدًا ٥٨

29. Alyooke amanyise nga Ababaka be bwe bamaze okutuusa obubaka bwa Mukama waabwe. Era yeetooloola byonna bye bali na byo, ate n'abalirira buli kimu olubalirira.

لِيَخْلَمَنَّ أَنْ قَدْ أَبْلَغُوا رِسْلَتِ رَبِّهِمْ وَأَحَاطَ بِمَا لَدَيْهِمْ وَأَحْصَىٰ كُلَّ شَيْءٍ عَدَدًا ٥٩

سُورَةُ الْمُزَّمِّلِ مَكِّيَّةٌ ٧٣

AL-MUZZAMMIL

(Yakka lubereberye iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ١

2. Owange ggwe eyeebikkiridde essuuka!

يَا أَيُّهَا الْمُزَّمِّلُ ٢

3. Golokoka ekiro *osaale*, wabula *lekayo* ekitundu kitono —

قِمِ اللَّيْلَ إِلَّا قَلِيلًا ٣

4. *Saala* kitundu kya kiro oba kikendeezeeko katono

تَضَفَّةً أَوْ انْقُصْ مِنْهُ قَلِيلًا ٤

5. Oba kyongereko — era soma Kur'ani mpola ng'ogyetegereza.

أَوْزِدْ عَلَيْهِ وَرَتِّلِ الْقُرْآنَ تَرْتِيلًا ٥

6. Mazima mangu nnyo tujja kukusuu-lako ekigambo ekizito.

إِنَّا سَنُلْقِي عَلَيْكَ قَوْلًا ثَقِيلًا ٦

7. Mazima okugolokoka ekiro *okusaala* y'engeri esinga okuba ey'amaanyi mu kugonza omwoyo, n'ebyogerwa biba byesimbu nnyo.

إِنَّ نَاشِئَةَ اللَّيْلِ هِيَ أَشَدُّ وَطْأً وَأَقْوَمُ قِيلًا ٧

8. Mazima emisana oba n'ebyokukolako nkumu.

إِنَّ لَكَ فِي النَّهَارِ سَبْحًا طَوِيلًا ٨

9. Era jjukiranga nnyo erinnya Iya Mukama wo, era weeweereyo ddala wenna gy'ali olwewa.

وَإِذْ كُنَّا نَسْمُرُ بِكَ وَتَبْتَلُ إِلَيْنَا تَبْتِيلًا ٩

10. Ye Mukama w'ebuvanjuba n'ebugwanjuba. Teri musinzibwa mulala mutuufu okuggyako Ye; kale mutwale nga ye Mulabirizi.

11. Era gumikiriza kw'ebyo bye boogera era beeyawuleko enneyawula ennungi.

12. Era ndekera abo abalimbisa amazima, ba nannyini bya bugagga abali emirembe era bawe akaaganya katono.

13. Mazima tulina empingu n'omuliro oguwuluguma,

14. N'emmere etuga, n'ekibonerezo ekirumya —

15. Olunaku ensi n'ensozi lwe birikankana, era ensozi ziriba ng'entuumu z'omusenyu omumulungufu.

16. Mazima twatuma gye muli Omubaka, nga ye mujulizi ku mmwe, nga era bwe twatuma Omubaka eri Farāwo.

17. Naye Farāwo n'ajeemera Omubaka, kale netumubonereza olubonereza olw'akabi.

18. Kale olwo bwe muncerema, mulyekuma mutya olunaku olwo olulifuula abaana okuba abakadde ab'envi?

19. N'eggulu liryabikayabika kw'olwo, era ekisuubizo kye kiteekwa buteekwa okutuukirira.

20. Mazima kuno kwe kujjukiza. Kale oyo ayagala, akwate ekkubo eliraga eri Mukama we.

Ruku 2

21. Mazima Mukama wo amanyi nti oyimirira okusaala kumpi bibiri bya kusatu eby'ekiro n'oluusi kitundu kya kyo, ate oluusi n'oyimirira kimu kya kusatu kya kyo, n'ekibiina ky'abo abali awamu naawe. Era Allah y'agereka ekipimo ky'ekiro n'emisana. Amanyi nti mmwe ekiseera temusobola kukibalirira, kale abaddiddemu. Kale musomenga ekiba kisobose okuva mu Kur'āni. Amanyi nti mu mmwe mujja kubaamu abalwadde, n'abalala abatambula

رَبِّ الْمَشْرِقِ وَالْمَغْرِبِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ
فَاتَّخِذْهُ وَكِيلًا ﴿١٠﴾

وَاصْبِرْ عَلَىٰ مَا يَقُولُونَ وَاهْجُرْهُمْ هَجْرًا
جَمِيلًا ﴿١١﴾

وَذُرْنِي وَالْمُكَذِّبِينَ أُولِي النَّعْمَةِ
وَمِهِلْهُمْ قَلِيلًا ﴿١٢﴾

إِن لَّدَيْنَا أَنْكَالٌ وَجَحِيمًا ﴿١٣﴾
وَطَعَامًا ذَا غُصَّةٍ وَعَذَابًا أَلِيمًا ﴿١٤﴾

يَوْمَ تَرْجُفُ الْأَرْضُ وَالجِبَالُ وَكَانَتِ
الْجِبَالُ كَثِيبًا مَّهِيلًا ﴿١٥﴾

إِنَّا أَرْسَلْنَا الرَّكْمَ رَسُولًا لِّشَاهِدٍ عَلَيْكُمْ
كَمَا أَرْسَلْنَا إِلَىٰ فِرْعَوْنَ رَسُولًا ﴿١٦﴾

فَعَصَىٰ فِرْعَوْنُ الرَّسُولَ فَأَخَذْنَاهُ
أَخْذًا وَّيَسِيلًا ﴿١٧﴾

فَكَيْفَ تَتَّقُونَ إِن كَفَرْتُمْ يَوْمًا
يَجْعَلُ الْوِلْدَانَ شِيبًا ﴿١٨﴾

إِلَاسْمَاءَ مُنْقَطِرًا بِهِ مَكَانٌ وَعَدُهُ
مَفْعُولًا ﴿١٩﴾

إِنَّ هَذِهِ تَذِكْرَةٌ لِّمَن شَاءَ اتَّخَذَ إِلَىٰ
رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٢٠﴾

إِنَّ رَبَّكَ يَعْلَمُ أَنَّكَ تَقُومُ أَدْنَىٰ مِن ثُلُثِي
الَّيْلِ وَرِضْفَةً وَثُلُثَنَّهُ وَثُلُثَنَّهُ مِّن
الَّذِينَ مَعَكَ ۗ وَاللَّهُ يُقَدِّرُ اللَّيْلَ وَ
النَّهَارَ ۗ عَلِمَ أَن لَّنْ نُحْصِيَهُ فَتَابَ
عَلَيْكُمْ فَاقْرَأُوا مَا تيسَّرَ مِنَ الْقُرْآنِ
ۗ عَلِمَ أَن سَيَكُونُ مِنكُمْ مَّرْضَىٰ ۗ وَ
أَخْرُونَ يَضْرِبُونَ فِي الْأَرْضِ يَبْتَغُونَ

mu nsi nga banoonya emikisa gya Allah, n'abandi abalwana mu kkubo lya Allah. Kale musomenga ekiba ekyangu gye muli okuva mu yo era mujjumbirenga nnyo essaala, mutoole zaka, era muwole Allah okuwola okulungi. Era ekirungi kyonna kye mukulembeza olw'emyoyo gyammwe, mulikisanga eri Allah nga kyeyongedde obulungi era nga kisukkirivu mu mpeera. Era musabenga Allah okubasonyiwa. Mazima Allah ye Musonyiyi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

مِنْ فَضْلِ اللَّهِ ۖ وَالْأَخْرُوتَ يُقَاتِلُونَ فِي سَبِيلِ اللَّهِ ۖ فَاقْرَأْ مَا تَيَسَّرَ مِنْهُ ۗ وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَاقْرَأُوا اللَّهَ قَرْضًا حَسَنًا ۗ وَمَا تُقْرَمُوا إِلَّا نَفْسُكُمْ مِنْ خَيْرٍ تَجِدُوهُ عِنْدَ اللَّهِ هُوَ خَيْرٌ وَأَوْعظَمَ أَجْرًا ۗ وَاسْتَغْفِرُوا لِلَّهِ إِنَّ اللَّهَ عَفُورٌ رَحِيمٌ ﴿١٤﴾

سُورَةُ الْمَدَّثِرِ مَكِّيَّةٌ ٧٤ ﴿٢﴾ ﴿٥٧﴾

AL-MUDDATHTHIR

(Yakka luberebeye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Owange ggwe eyebikiridde!
3. Situka olabule.
4. Era gulumiza Mukama wo.
5. N'engoye* zo zitukuze,
6. Era weewale eby'ekko,
7. Era tokolanga ekisa ng'oluubirira kufuna bingi,
8. Era gumiikirizanga ku lwa Mukama wo.
9. Kale eng'ombe bw'erifuuyibwamu,
10. Kale olwo luliba lunaku lukakanyavu.
11. Eri abatakkiriza, teruliba lwangu.
12. Nze ndeka n'oyo gwe nnatonda obw'omu,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
 يَا أَيُّهَا الْمَدَّثِرُ ﴿٢﴾
 قُمْ فَأَنْذِرْ ﴿٣﴾
 وَرَبَّكَ فَكَبِّرْ ﴿٤﴾
 وَرَبِّيَاكَ فَطَهِّرْ ﴿٥﴾
 وَالرُّجْمَ فَاهْجُرْ ﴿٦﴾
 وَلَا تَمُنْ تُشْرِكْ بِنُورِ ﴿٧﴾
 وَإِسْرِيكَ فَاصْبِرْ ﴿٨﴾
 فَإِذَا نَقَرْنَا فِي النَّاقُورِ ﴿٩﴾
 فَذَلِكَ يَوْمَئِذٍ يَوْمٌ عَسِيرٌ ﴿١٠﴾
 عَلَى الْكُفْرَيْنِ عَسِيرٌ يَسِيرٌ ﴿١١﴾
 ذَرْنِي وَمَنْ خَلَقْتُ وَحِيدًا ﴿١٢﴾

74:5. Ekigambo 'thiyaabaka' (رَبِّيَاكَ) bwe kiba kikozezebwa mu lugero, kiyinza okutegeeza omutima. Ekizibu kiri nti wano ekigambo 'thiyaabaka' (رَبِّيَاكَ) kija bulungi mu makulu ag'engoye oba ebyambalo, ag'omutima tegajja buterevu era si ge gokka agayinza okukozesebwa. Wano 'thiyaabaka' kiyinza n'okutegeeza ba Swahabah ba Nabbi (s.a.w). Eyo y'ensonga lwaki 'thiyaabaka' (رَبِّيَاكَ) tukireseeyo mu makulu ga kyo agasooka, omusomi yennyini yeggyiremu g'alaba nti wano ge gasaana.

13. Nemmuwa eby'obugagga enfaafa,

وَجَعَلْتُ لَهُ مَا لَا مَمْدُودًا ۝١٣

14. N'abaana abali awo,

وَبَيْنَيْنِ شُهُودًا ۝١٤

15. Era nemmutegekera olutegeka.

وَمَهَّدْتُ لَهُ تَمْهِيدًا ۝١٥

16. Nate era nga ayagala mbu mmwongere.

ثُمَّ يَطْمَعُ أَنْ أَزِيدَ ۝١٦

17. Nedda! Mazima yali mulabe wa bubonero bwaffe.

كَلَّا إِنَّهُ كَانَ لِأَيْتِنَا عَيْنِيْدًا ۝١٧

18. Mangu nnyo nzija kumussaako ekibonerezo ekikakanyavu.

سَأُرْهِقُهُ صَعُودًا ۝١٨

19. Mazima yafumiitiriza era n'ageraageranya!

إِنَّهُ فَكَّرَ وَقَدَّرَ ۝١٩

20. Kale azikirire! Abaffe, ageraageranya atya?

فَقَتِلَ كَيْفَ قَدَّرَ ۝٢٠

21. Nate azikirire! Abaffe, ageraageranya atya?

ثُمَّ قَتِلَ كَيْفَ قَدَّرَ ۝٢١

22. Oluvannyuma yeetegereza,

ثُمَّ نَظَرَ ۝٢٢

23. Nate yaleeta emitaafu, n'akalala,

ثُمَّ عَبَسَ وَبَسَرَ ۝٢٣

24. N'oluvannyuma yakubayo amabega neyeekuza,

ثُمَّ آدَبَرَّ وَاسْتَكْبَرَ ۝٢٤

25. N'agamba nti: Kino si kirala, wabula bulogo bukopperere;

فَقَالَ إِنْ هَذَا إِلَّا سِحْرٌ يُؤْتَرُ ۝٢٥

26. Kino si kirala, wabula bigambo bya muntu.

إِنْ هَذَا إِلَّا قَوْلُ الْبَشَرِ ۝٢٦

27. Mangu nnyo nzija kumuyingiza mu Saqar.

سَأُضِلِّيهِ سَقَرًا ۝٢٧

28. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Saqar kye ki?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا سَقَرًا ۝٢٨

29. Gwe muliro ogutataliza era ogutaleka-awo kantu.

لَا تُبْقِي وَلَا تَذَرُ ۝٢٩

30. Ogubabula oluliba.

لَوْ أَحَآءٌ لِلْبَشَرِ ۝٣٠

31. Guliko bamalayika kkumi na mwenda.

عَلَيْهَا تِسْعَةَ عَشَرَ ۝٣١

32. Era tetwassaawo balabirizi ba muliro wabula ba malayika. Era tetwassaawo muwendo gwabwe wabula ng'ekigezo eri abo abatakkiriza, abo abaaweebwa Ekitabo balyooke bakakase, n'abakkiriza beeyongere okukkiriza, era abo abaaweebwa Ekitabo n'abakkiriza baleme kubuusabuusa. Ate abo abalina obulwadde mu mitima gyabwe n'abatakkiriza balyooke bagambe nti: Allah

وَمَا جَعَلْنَا أَصْحَابَ النَّارِ إِلَّا مَلَائِكَةً وَمَا جَعَلْنَا عِدَّتَهُمْ إِلَّا فِتْنَةً لِلَّذِينَ كَفَرُوا ۝ لَيْسَتِ يَتَّقِينَ الَّذِينَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ وَيَزْدَادَ الَّذِينَ آمَنُوا إِيمَانًا وَلَا يَزَاتَبَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ وَالْمُؤْمِنُونَ ۝ وَلَا يَتَّقُونَ


agenderedde ki mu ky'okulabirako kino? Bwe kityo Allah abuzo oyo gw'aba asalidde era n'alung'anya oyo gw'aba asiimye. Era tewali amanyi magye ga Mukama wo, okuggyako Ye yennyini. Era kino si kirala wabula kwe Kujjukiza eri abantu.

الَّذِينَ فِي قُلُوبِهِمْ مَّرَضٌ وَالْكَافِرُونَ مَاذَا أَرَادَ اللَّهُ بِهَذَا مَثَلًا كَذَلِكَ يُضِلُّ اللَّهُ مَن يَشَاءُ وَيَهْدِي مَن يَشَاءُ وَمَا يُغْلَمُ جُنُودَ رَبِّكَ إِلَّا هُوَ وَمَا هِيَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْبَشَرِ ﴿٣٦﴾

Ruku 2

- 33. Nedda, njuliza omwezi, كَلَّا وَالْقَمَرِ ﴿٣٣﴾
- 34. N'ekiro awo nga kikubayo amabega, وَاللَّيْلِ إِذَا أَدْبَرَ ﴿٣٤﴾
- 35. Ne ku makya awo nga busaasaana, وَالصُّبْحِ إِذَا أَسْفَرَ ﴿٣٥﴾
- 36. Mazima ekyo ky'ekimu ku *bikanga-bwa* ebinene. إِنَّهَا لَا حُدَىٰ الْكَبِيرِ ﴿٣٦﴾
- 37. Kuno kwe kulabula eri omuntu, تَذِيرًا لِلْبَشَرِ ﴿٣٧﴾
- 38. Oyo mu mmwe aba ayagala okugenda mu maaso oba okusigala emabega. لِمَن شَاءَ مِنْكُمْ أَن يَتَقَدَّمَ أَوْ يَتَأَخَّرَ ﴿٣٨﴾
- 39. Buli mwoyo gwe guliba omusingo kw'ebyo bye gwakola; كُلُّ نَفْسٍ بِمَا كَسَبَتْ رَهِينَةٌ ﴿٣٩﴾
- 40. Okuggyako abantu b'oku ddyo, إِلَّا أَضْحَابَ الْيَمِينِ ﴿٤٠﴾
- 41. Abaliba mu Janna nga beebuzaganya, فِي جَنَّتٍ تَنبُتُ يَتَسَاءَلُونَ ﴿٤١﴾
- 42. Ku boononyi, عَنِ الْمُجْرِمِينَ ﴿٤٢﴾
- 43. *Nti*: Kiki ekibaleesezza mu muliro olubabu? مَا سَأَلَكُمْ فِي سَفَرٍ ﴿٤٣﴾
- 44. Baliddamu nti: *Lwa kubanga* tetwali mw'abo abaasaalanga, قَالُوا لَمْ نَكُ مِنَ الْمَصْلِيِّينَ ﴿٤٤﴾
- 45. Era tetwaliisanga banaku, وَلَمْ نَكُ نَطْعُمُ الْمَسْكِينِ ﴿٤٥﴾
- 46. Era twalinga mu kubalaata awamu n'abo abaabalaatanga. وَكُنَّا نَحْوُضَ مَعَ الْخَائِضِينَ ﴿٤٦﴾
- 47. Era twalimbisanga olunaku lw'okulamulirwako, وَكُنَّا نَكُذِّبُ بِيَوْمِ الدِّينِ ﴿٤٧﴾
- 48. Okutuusa okufa lwe kwatutuukako. حَتَّىٰ آتَيْنَا الْيَقِينِ ﴿٤٨﴾
- 49. Kale okuwolereza kw'abawolereza tekulibagasa. فَمَا تَنْفَعُهُمْ شَفَاعَةُ الشَّافِعِينَ ﴿٤٩﴾
- 50. Abaffe, babadde ki okukuba Okubuulirira amabega? فَمَا لَهُمْ عَنِ التَّذْكَرَةِ مُعْرِضِينَ ﴿٥٠﴾
- 51. Nebaba ng'endogoyi ezikangiddwa, كَأَنَّهُمْ حُمُرٌ مُّسْتَنْفِرَةٌ ﴿٥١﴾

52. Ezidduka empologoma? فَرَّتْ مِنْ قَسْوَرَةٍ ٥٢
53. Mbu buli omu mu bo ayagala aweebwe ebiwandiiko by'okubikkulirwa ebyanjuluzibbwa. بَلْ يُرِيدُ كُلُّ امْرِئٍ مِنْهُمْ أَنْ يُؤْتَى صُحُفًا مُتَشْرَبَةً ٥٣
54. Nedda, mazima teбаты nkomerero. كَلَّا بَلْ لَا يَخْفُونَ الْأَحْزَابَ ٥٤
55. Nedda, mazima Kur'āni eno kwe kubuulirira. كَلَّا إِنَّهُ تَذَكَّرٌ ٥٥
56. Kale oyo ayagala, agijjukire. فَمَنْ شَاءَ ذَكَرْهُ ٥٦
57. Naye tebayinza kujjukira okuggyako nga Allah ayagadde. Ye ye nannyini kutiibwa era ye nannyini kusonyiwa. وَمَا يَذْكُرُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ هُوَ أَهْلُ التَّقْوَىٰ وَأَهْلُ الْمَعْرِفَةِ ٥٧



AL-QIYĀMAH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ١
2. Nedda! Njuliza olunaku olw'okuzuukira. لَا أُقْسِمُ بِيَوْمِ الْقِيَامَةِ ٢
3. Era njuliza omwoyo ogwenenya entakera. وَلَا أُقْسِمُ بِالنَّفْسِ اللَّوَّامَةِ ٣
4. Abaffe, omuntu alowooza nti tetuliku-ng'aanya magumba ge? أَيَحْسَبُ الْإِنْسَانُ أَنْ يُتْرَكَ عِظَامَهُ ٤
5. Ddala tusobola okumuzzaawo ne twe-nkanyankanya n'obusanso bw'engalo ze. بَلَىٰ قَادِرِينَ عَلَىٰ أَنْ تُسَوِّيَ بَنَانَهُ ٥
6. Naye omuntu ky'ayagala kwe kukule-mbeza ebikolwa ebibi mu maaso ge. بَلْ يُرِيدُ الْإِنْسَانُ لِيَفْجُرَ أَمَامَهُ ٦
7. Nga bw'abuza nti: Lwo olunaku lw'o-kuzuukira lwa ddi? يَسْأَلُ أَيَّانَ يَوْمِ الْقِيَامَةِ ٧
8. Naye awo eriiso bwe liritangaalirira, فَإِذَا بَرِقَ الْبَصَرُ ٨
9. N'omwezi negukwatibwa, وَحَسَفَ الْقَمَرُ ٩
10. N'enjuba n'omwezi nebigattibwa awamu, وَجُمِعَ الشَّمْسُ وَالْقَمَرُ ١٠
11. Kw'olwo omuntu aligamba nti: Obuddukiro buli ludda wa? يَقُولُ الْإِنْسَانُ يَوْمَئِذٍ أَيْنَ الْمَفْرُ ١١

12. Nedda! Tewakyali buwoneru! كَلَّا لَا وَزَرَ ﴿١٢﴾
13. Eri Mukama wo yokka kw'olwo y'eriba ekiwummulo. إِلَىٰ رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمُسْتَقَرُّ ﴿١٣﴾
14. Omuntu kw'olwo alitegezebwa bye yakulembeza ne bye yaleka. يُنَبِّئُوا الْإِنْسَانَ يَوْمَئِذٍ بِمَا قَدَّمَ
وَآخَرَ ﴿١٤﴾
15. Ddala omuntu amanyira ddala ekituufu ekiri mu mwoyo gwe, بَلِ الْإِنْسَانُ عَلَىٰ نَفْسِهِ بَصِيرَةٌ ﴿١٥﴾
16. Nawaakubadde nga assaawo ebyekwaso bye nkumu. وَلَوْ أَلْفَىٰ مَعَادِيرَهُ ﴿١٦﴾
17. Ggwe Mutume tonyeenyanyeenya lulimi lwo ku yo (Kur'āni) nga ogibuguutanira okugikwata. لَا تُحَرِّكْ بِهِ لِسَانَكَ لِتَتَّعَلَ بِهِ ﴿١٧﴾
18. Mazima okugikung'aanya n'ensoma ya yo biri ku Ffe. إِنَّ عَلَيْنَا جَمْعَهُ وَقُرْآنَهُ ﴿١٨﴾
19. Kale bwe tugisomanga, ggwe gobereranga nsoma ya yo. فَإِذَا قَرَأَهُ فَأَنبِئْهُ قُرْآنَهُ ﴿١٩﴾
20. N'oluvannyuma okuginnyonnyola kuli ku Ffe. ثُمَّ إِنَّ عَلَيْنَا بَيَانَهُ ﴿٢٠﴾
21. Nedda! Mwangala nnyo obulamu bw'ensi eno; كَلَّا بَلْ تُحِبُّونَ الْعَاجِلَةَ ﴿٢١﴾
22. Ne musuulirira obw'oluvannyuma. وَتَذُرُونَ الْآخِرَةَ ﴿٢٢﴾
23. Ebyenyi ebimu kw'olwo biriba bimegerevu, وَجُوهًا يَوْمَئِذٍ نَّاصِرَةٌ ﴿٢٣﴾
24. Nga byolekedde eri Mukama wa byo; إِلَىٰ رَبِّهَا نَاظِرَةٌ ﴿٢٤﴾
25. Ate ebyenyi ebirala kw'olwo biriba byekabye, وَجُوهًا يَوْمَئِذٍ بَاسِرَةٌ ﴿٢٥﴾
26. Nga birowooza ku kikutulamigongo ekigenda okubikolwako. تَنْظُرُونَ أَن يُفْعَلَ بِهَا فَاقِرَةٌ ﴿٢٦﴾
27. Muwulirize! Awo omwoyo gw'oyo afa bwe gutuuka mu mumiro, كَلَّا إِذَا بَلَغَتِ الْمُرَاةَ ﴿٢٧﴾
28. Nekigambibwa nti: Ani mulogo amutaase? وَقِيلَ مَنْ رَاقٍ ﴿٢٨﴾
29. Naye ng'olwo naye akakasiza ddala nti eyo y'enjawukana ye n'ensi; وَوَظَنَ أَنَّهُ الْفِرَاقُ ﴿٢٩﴾
30. N'entumbwe nga zikuubagana; وَالْتَفَقَتِ السَّاقُ بِالسَّاقِ ﴿٣٠﴾
31. Eri Mukama wo yokka kw'olwo y'erigoberwa abantu. يَعْرِضُ إِلَىٰ رَبِّكَ يَوْمَئِذٍ الْمَسَاقُ ﴿٣١﴾

Ruku 2

32. Kale teyakkiriza *mazima*, era teyasaa-
langa;

فَلَا صَدَقَ وَلَا صَلَّى ٣٢

33. Wabula yalimbisa *amazima* n'akubayo
amabega;

وَلَكِنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّى ٣٣

34. N'oluvannyuma n'agenda eri
ab'ewaabwe nga yeejabaata.

ثُمَّ ذَهَبَ إِلَىٰ أَهْلِهِ يَتَمَطَّى ٣٤

35. Zikusanze! Kale ddala zikusanze!

أَوَّلَىٰ لَكَ فَأَوْلَىٰ ٣٥

36. Nate era zikusanze! Era ddala
zikusanze!

ثُمَّ أَوْلَىٰ لَكَ فَأَوْلَىٰ ٣٦

37. Abaffe, omuntu alowooza nti ajja
kulekwa awo ng'alya butaala?

أَيُحْسِبُ الْإِنْسَانُ أَنْ يُثْرَكَ ٣٧

38. Ddala teyali ttondo lya mazzi agazaala
eryatonnyesebwa?

أَلَمْ يَكُنْ نُطْفَةً مِّنْ مَّيِّمٍ يُمَتَّى ٣٨

39. N'oluvannyuma n'afuuka ekitole
ky'omusaayi, olwo Allah n'amutonda
n'amutereeza?

ثُمَّ كَانَ عَلَقَةً فَخَلَقَ فَسَوَّىٰ ٣٩

40. N'oluvannyuma n'aggya mu ye *abafu-*
mbiriganwa ababiri, omusajja n'omukazi?

فَجَعَلَ مِنْهُ الزَّوْجَيْنِ الذَّكَرَ وَ
الْأُنثَىٰ ٤٠

41. Abaffe, era Oyo y'atasobola
kuzuukiza bafu?

أَلَيْسَ ذَلِكَ بِقَدِرٍ عَلَىٰ أَنْ يُخَيِّبَ
الْمُؤْتَىٰ ٤١

ع
١٨



٢ ركوعاتها

سُورَةُ الدَّهْرِ مَكِّيَّةٌ ٧٦

٣٢ آياتها



AL-DAHR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi
ennoyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ١

2. Ddala waaliwo ekiseera ekyatuuka ku
muntu we yabeerera ekintuntu ekitayogere-
ka nako.

هَلْ أَتَىٰ عَلَى الْإِنْسَانِ حِينٌ مِّنَ الدَّهْرِ

لَمْ يَكُنْ شَيْئًا مَّذْكَورًا ٢

3. Mazima twatonda omuntu mu ttondo
ly'amazzi agazaala eritabuddwaamu *ebintu*
*ebitali bim*u nga tugenda tumugezesa; kale
netumufuula awulira era alaba.

إِنَّا خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ مِنْ نُّطْفَةٍ

أَمْشَاجٍ ۖ تَبَتَّلِيهِ فَجَعَلْنَاهُ سَمِيعًا

بَصِيرًا ٣

4. Mazima Ffe twamulaga ekkubo, k'abe
nga asiima oba atasiima.

إِنَّا هَدَيْنَاهُ السَّبِيلَ إِنَّمَا شَاكَرًا وَإِنَّمَا

كَفُورًا ٤

5. Mazima twategekera abeerema enjegere n'ebikoligo n'omuliro ogubumbujja.

لَا نَأْتِدُنَا لِلْكَافِرِينَ سَلِيلًا وَأَغْلًا
وَسَجِيرًا ⑤

6. Mazima abatuukirivu be balinywa ku kikopo ekiritabulwamu kaafuur —

لَا تَأْكُلُوا مِنْ كَأْسِ كَانِ
مِرْجَاهَا كَأْفُورًا ⑥

7. Nga y'ensulo erinywebwamu abawereza ba Allah gye balitiiriisa olutiiriisa.

عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَا عِبَادُ اللَّهِ يُفَجِّرُونَهَا
تَفْجِيرًا ⑦

8. Nga y'abo abatuukiriza okwetema kwabwe, era nga batya olunaku obubi bwa lwo obulibuna wonna.

يُؤْفُونَ بِالذَّرِّ وَيَخَفُونَ يَوْمًا كَانِ
شَرُّهُ مُسْتَطِيرًا ⑧

9. Era baliisa omunaku emmere ne mulekwa, n'omusibe, lwa kwagala Allah.

وَيُطْعَمُونَ الطَّعَامَ عَلَى حُبِّهِ مَشْكِينًا
وَيَتِيمًا وَأَسِيرًا ⑨

10. Nga bagamba nti: Mazima tubaliisa lwa kusanyusa Allah. Tetwagala mpeera yonna okuva gye muli wadde okwebaza.

إِنَّمَا نَطْعِمُكُمْ لِرُؤْيِي اللَّهِ لَا نُؤْتِيكُمْ
مِنْكُمْ جَزَاءً وَلَا شُكْرًا ⑩

11. Mazima ffe tutya olunaku okuva eri Mukama waffe oluliba olw'okusala emitaafu n'okuluma obugigi.

إِنَّا نَخَافُ مِنْ رَبِّنَا يَوْمًا عَبُوسًا
قَمْطَرِيرًا ⑪

12. Kale abo Allah alibawonya obubi bw'olunaku olwo, era alibawa eddembe n'essanyu.

فَوَقَّعَهُمُ اللَّهُ شَرَّ ذَلِكَ الْيَوْمِ وَ
لَقَّهْمُ نَصْرَةً وَسُرُورًا ⑫

13. Era alibasasula Janna n'engoye eza liiri olw'okugumiikiriza kwabwe.

وَجَزَّاهُمْ بِمَا صَبَرُوا جَنَّةً وَحَرِيرًا ⑬

14. Baliba bagalaamiridde ku ntebe empunde; tebaliwuliriramu bbugumu lisusse wadde obutiti.

مُتَّكِعِينَ فِيهَا عَلَى الْأَرَائِكِ لَا
يَرَوْنَ فِيهَا شَمْسًا وَلَا زَمْهَرِيرًا ⑭

15. Era ebisiikirize byamu biriba kumpi nnyo waggulu waabwe, n'chirimba by'ebibala bya mu birissibwa wansi olussa.

وَدَانِيَةً عَلَيْهِمْ ظِلُّهَا وَذُلِّلَتْ
قُطُوفُهَا تَذْلِيلًا ⑮

16. Era balyetooloozwamu ebikozesebwa ebya ffeeza, n'ebikopo eby'endabirwamu,

وَيُطَافُ عَلَيْهِمْ بِأَزْيَافٍ مِّنْ فِضَّةٍ وَ
أَكْوَابٍ كَانَتْ قَوَارِيرًا ⑯

17. Nga bya ndabirwamu eza ffeeza zebaagera olugera.

قَوَارِيرَ آدَمَ مِنْ فِضَّةٍ قَدْرُوهَا تَقْدِيرًا ⑰

18. Era balinyweserezebwamu ekikopo ekitabuddwamu entangawuzi,

وَيُسْقَوْنَ فِيهَا كَأْسًا كَانِ مِرْجَاهَا
زَنْجَبِيلًا ⑱

19. Mulibaamu n'ensulo eyitibwa Salsabil.

عَيْنًا فِيهَا تُسَمَّى سَلْسَبِيلًا ⑲

20. Era balyetooloolwamu abavubuka abatalikaddiwa. Nga bw'obalaba, abalawooza okuba luulu esaasaanyizibbwa. وَيَطُوفُ عَلَيْهِمْ وِلْدَانٌ مُّخَلَّدُونَ ۚ
إِذَا رَأَوْا تِلْكَ حَسِبْتَهُمْ لُؤْلُؤًا مَّنثُورًا ﴿٢٠﴾

21. Era nga bwe weetegereza, oluvannyuma olabira ddala essanyu erijjuvu n'obwakabaka obunene. وَاِذَا رَأَيْتَ نَعْمَ رَأَيْتَ نَعِيمًا وَ مِلْكًا
كَيْدًا ﴿٢١﴾

22. Balibaako engoye eza liiri ow'oluwewere owa kiragala ne liiri omuzito. Era nga bambikiddwa ebikomo bya ffeeza. Era Mukama waabwe alibanywesa eky'okunywa ekitukuvu. عَلَيْهِمْ ثِيَابٌ سُنْدُسٌ خُضْرٌ وَرِاسْتَبْرَقٌ ز
وَحُلُوتًا أَسَاوِرٌ مِنْ فِضَّةٍ ۚ وَسَقَمُهم
رَبُّهم شَرَابًا طَهُورًا ﴿٢٢﴾

23. *Baligambibwa nti*: Mazima eno y'empeera yammwe era okutakabana kwammwe kusiimiddwa. إِنَّ هَذَا كَانَ لَكُمْ جَزَاءً وَ كَانَ
سَعْيَكُمْ مَشْكُورًا ﴿٢٣﴾

Ruku. 2

24. Mazima Ffe twassa Kur'ani ku ggwe mu bitundutundu. إِنَّا نَحْنُ نَزَّلْنَا عَلَيْكَ الْقُرْآنَ
تَنْزِيلًا ﴿٢٤﴾

25. Kale ggwe lindirira kusalawo kwa Mukama wo, era togondera mwononyi wadde omutakkiriza yenna mu bo. فَاصْبِرْ لِحُكْمِ رَبِّكَ وَلَا تَطِعْ مِنْهُمْ آثِمًا
أَوْ كَفُورًا ﴿٢٥﴾

26. Era jjukiranga erinnya Iya Mukama wo enkya n'eggulo, وَادْكُرْ اسْمَ رَبِّكَ بُكْرَةً وَ أُصِيلًا ﴿٢٦﴾

27. Era omuvuunamirenga ekiro era mutenderezenga ekitundu ky'ekiro ekisinga obuwanvu. وَمِنَ اللَّيْلِ فَاسْجُدْ لَهُ وَ سَبِّحْهُ لَيْلًا
طَوِيلًا ﴿٢٧﴾

28. Mazima bano baagala nnyo eby'ama-ngu, ate nebasuulirira olunaku oluzito oluli mu maaso gaabwe. إِنَّ هَؤُلَاءِ يُجِبُّونَ الْعَاجِلَةَ وَيَذُرُونَ
وَرَاءَهُمْ يَوْمًا ثَقِيلًا ﴿٢٨﴾

29. *Mazima* Ffe twabatonda era netunyweza entonda yaabwe; ate bwe tuba twagadde okukyuusa, tubakyuusaamu abalala ababafaanana. نَحْنُ خَلَقْنَاهُمْ وَشَدَدْنَا أَسْرَهُمْ ۚ وَ
إِذَا شِئْنَا بَدَّلْنَا آثِمًا لَهم تَبْدِيلًا ﴿٢٩﴾

30. Mazima kino ky'Ekijjukiza. Kale oyo ayagala, akwate ekkubo eliraga eri Mukama we. إِنَّ هَذِهِ تَذْكِرَةٌ ۚ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ
إِلَى رَبِّهِ سَبِيلًا ﴿٣٠﴾

31. Era mmwe temuyinza kusalawo nga bwe mwagala okuggyako nga Allah akkirizza. Mazima Allah ye Mumanyi wa byonna, Omugezi ennyo. وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ ۚ إِنَّ
اللَّهَ كَانَ عَلِيمًا حَكِيمًا ﴿٣١﴾

32. Ayingiza oyo gw'aba asiimye mu kusaasira kwe, naye ate aboononyi yabategekera ekibonerezo ekirumya. يُدْخِلُ مَنْ يَشَاءُ فِي رَحْمَتِهِ ۚ وَ
الظَّالِمِينَ أَعَدَّ لَهُمْ عَذَابًا أَلِيمًا ﴿٣٢﴾

AL-MURSALĀT

(Yakka lubereberye bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Njuliza abo abatumbwa ekimpoozoze,
3. N'oluvannyuma nebakunta olukunta,
4. Era njuliza abo abasaasaanya *amazima* olusaasaanya,
5. Kale nebaawula *ebirungi n'ebibi* olwawula,
6. Olwo nebatwala Ekijjukiza *buli wamu*,
7. *Nebamalawo* okw'ekwasa *ku bamu* oba nebalabula *abalala*,
8. Mazima bye mwasuubizibwa ddala bya kutuukirira.
9. Kale awo emmunyeenye bwe zirizimeera,
10. Era awo eggulu bwe liryuzibwamu,
11. Era awo ensozi bwe zirimulungulwa,
12. Era awo Ababaka bwe balirectebwa mu kiseera ekitegeke—
13. Ye lunaku ki olwo olwalaganyizibwa *bino okubaawo?*
14. Lwe lunaku lw'okulamula.
15. Naye kiki ekinaakumanyisa nti olunaku lw'okulamula kye ki?
16. Ziribasanga kw'olwo abo abalimbisa *amazima!*
17. Abaffe, abaasooka tetwabazikiriza?
18. Nate tujja kubagobereza n'aboluvannyuma.
19. Bwe tutyo bwe tukola aboononyi.
20. Ziribasanga kw'olwo abo abalimbisa *amazima!*

- بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 وَالْمُرْسَلَاتِ عُرْفًا ②
 قَالَخَصِفَتِ عَصْفًا ③
 وَالتُّشْرَتِ نَشْرًا ④
 قَالْفِرْقَتِ فَرْقًا ⑤
 قَالْمَلْقِيَتِ ذِكْرًا ⑥
 عُدْرًا أَوْ نُذْرًا ⑦
 إِنَّمَا تُوْعَدُونَ كَوَاقِعًا ⑧
 فَإِذَا التَّجُومُ طُمِسَتْ ⑨
 وَإِذَا السَّمَاءُ فُرْجَتْ ⑩
 وَإِذَا الْجِبَالُ نُسِفَتْ ⑪
 وَإِذَا الرُّسُلُ أُقْتَتَتْ ⑫
 لِآيٍ يَوْمٍ أُجِّلَتْ ⑬
 لِيَوْمِ الْفَضْلِ ⑭
 وَمَا أَذْرُكَ مَا يَوْمُ الْفَضْلِ ⑮
 وَيَلَّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ⑯
 أَلَمْ تُهْلِكِ الْأَوَّلِينَ ⑰
 ثُمَّ نَتَّبِعُهُمُ الْآخِرِينَ ⑱
 كَذَلِكَ نَفْعَلُ بِالْمُجْرِمِينَ ⑲
 وَيَلَّ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ⑳

21. Abaffe, si Ffe twabatonda mu mazzi amanyoomofu,

أَلَمْ تَخْلُقْكُمْ مِنْ مَّاءٍ مَّهِينٍ ٢١

22. Nate netugassa mu kiwummulo ekyekusifu,

فَجَعَلْنَاهُ فِي قَرَارٍ مَكِينٍ ٢٢

23. Okumala ekiseera ekigere ekimanyiddwa?

إِلَى قَدَرٍ مَعْلُومٍ ٢٣

24. Kale bwe tutyo bwe twagereka, ye nga tuli bageresi balungi!

فَقَدَرْنَا فَنِعْمَ الْقَدَرُونَ ٢٤

25. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ٢٥

26. Ddala tetwakola ensi nga ly'ekkung'aaniro

أَلَمْ تَجْعَلِ الْأَرْضَ كِفَاتًا ٢٦

27. Ly'a balamu n'abafu?

أَحْيَاءٍ وَأَمْواتًا ٢٧

28. Era twagissaamu ensozi engulumivu, era ne tubawa amazzi ag'okunywa amaseenekerevu.

وَجَعَلْنَا فِيهَا رَوَاسِيَ شُعْبٍ وَأَسْقَيْنَكُم مَّاءً فَراتًا ٢٨

29. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ٢٩

30. Baligambibwa nti: Mugende eri ebyo bye mwalimbisanga,

إِنظِلُّوا إِلَى مَا كُنتُمْ بِهِ تُكَذِّبُونَ ٣٠

31. Mugende eri ekisiikirize eky'ensonda essatu,

إِنظِلُّوا إِلَى ظِلِّ ذِي ثَلَاثِ شُعْبٍ ٣١

32. Ekitasiikiriza kintu era ekitagasa ku nnimi z'omuliro.

لَا ظِلِيلٍ وَلَا يُغْنِي مِنَ اللَّهَبِ ٣٢

33. Mazima gwo gukasuka ennimi eziringa embiri.

إِنَّهَا تَرْتَجِي بَشَرًا كَالْقَصْرِ ٣٣

34. Eziring'anga eng'amira eza kyenvu.

كَأَنَّهُ جُمِلَتِ صَفْرًا ٣٤

35. Ziribasanga kw'olwo abaalimbisa amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ٣٥

36. Luno lwe lunaku lwe batalisobola kwogera;

هَذَا أَيُّومٌ لَا يَنْظِقُونَ ٣٦

37. Era tebalikkirizibwa kuwampanya.

وَلَا يُؤَدِّنُ لَهُمْ فَيَعْتَذِرُونَ ٣٧

38. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ٣٨

39. Luno lwe lunaku lw'okulamula; tubakung'aanyizza mwenna n'abolubereberye.

هَذَا أَيُّومُ الْفَضْلِ جَمَعْتُمْ وَالْأَوْلِيَيْنِ ٣٩

40. Kale obanga mulina olukwe lwonna, kale munneekobere.

فَإِنْ كَانَ لَكُمْ كَيْدٌ فَكِيدُوا ٤٠

41. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa
amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤١﴾

Ruku 2

42. Mazima abeekuumi be baliba mu
bisiikirize n'ensulo,

إِنَّ الْمُتَّقِينَ فِي ظِلِّ وَعُيُونٍ ﴿٤٢﴾

43. N'ebibala, mw'ebyo ebibawoomera.

وَفَوَازِكَةٍ وَمَا يَشْتَهُونَ ﴿٤٣﴾

44. Mulye era munywe n'essanyu
olw'ebyo bye mwakolanga.

كُلُوا وَاشْرَبُوا هَنِيئًا بِمَا كُنْتُمْ تَعْمَلُونَ ﴿٤٤﴾

45. Mazima bwe tutyo bwe tusasula
abakozi b'ebirungi.

إِنَّا كَذَلِكَ نَجْزِي الْمُحْسِنِينَ ﴿٤٥﴾

46. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa
amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٦﴾

47. Mulye era mweyagaleko katono *mu*
nsi muno, mazima muli boononyi.

كُلُوا وَتَمَتَّعُوا قَلِيلًا إِنَّكُمْ مُجْرِمُونَ ﴿٤٧﴾

48. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa
amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٤٨﴾

49. Era nga bwe bagambibwa nti:
Mukutame (musinze), nga tebakutama.

وَإِذَا قِيلَ لَهُمُ ارْكَعُوا لَا يَرْكَعُونَ ﴿٤٩﴾

50. Ziribasanga kw'olwo abalimbisa
amazima!

وَيْلٌ يَوْمَئِذٍ لِلْمُكَذِّبِينَ ﴿٥٠﴾

51. Kale ate olwo kigambo ki kye
balikkiriza ebbali wa kino?

فِي آيٍ حَدِيثٍ بَعْدَهُ يُؤْمِنُونَ ﴿٥١﴾

AL-NABA'

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

Juzu 30

2. Kiki kye beebuuzaganyaako?

3. Ku bikwata ku mawulire amakulu ennyo,

4. Ago bo ge batakiriziganyaako.

5. Nedda, mangu nnyo bajja kumanya.

6. Nate ddala mangu nnyo bajja kumanya.

7. Abaffe, tetwakola ensi okuba ekyaliro,

8. N'ensozi nga z'enkondo?

9. Era netubatonda nga muli babiri babiri (omusajja n'omukazi),

10. Era netufuula otulo twammwe okuba ekiwummulo,

11. Era netufuula ekiro okuba ekibikka,

12. Era netukola emisana olw'okunoonyezaamu ebyetaago by'obulamu.

13. Era netuzimba waggulu wammwe emigigi gy'eggulu musanvu egy'amaanyi;

14. Era ne tukola enjuba nga y'ettaala eyakaayakana.

15. Era tufukumula amazzi mu bungi okuva mu bire ebibootaboota,,

16. Tulyooke tugamezese empeke n'ebimera,

17. N'essamba ez'emiti egy'ekifuko.

18. Mazima olunaku lw'okulamula lulina ekiseera ekigereke.

19. Olunaku eng'ombe lw'erifuuyibwamu; kale mulijja bibinja na bibinja.

20. N'eggulu liriggulwawo, kale neliba miryango myereere;

21. N'ensozi ziritambuzibwa neziba ng'ekimyanso ekiri ng'amazzi ku museetwe.

22. Mazima omuliro gwo guteeze,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

عَمَّ يَتَسَاءَلُونَ ②

عَنِ النَّبَاِ الْعَظِيمِ ③

الَّذِي هُمْ فِيهِ مُخْتَلِفُونَ ④

كَلَّا سَيَعْلَمُونَ ⑤

ثُمَّ كَلَّا سَيَعْلَمُونَ ⑥

أَلَمْ نَجْعَلِ الْأَرْضَ مِهْدًا ⑦

وَالْجِبَالَ أَوْتَادًا ⑧

وَخَلَقْنَاكُمْ أَزْوَاجًا ⑨

وَجَعَلْنَا بَيْنَكُمْ سُبُطًا ⑩

وَجَعَلْنَا الْيَلَّ لِبَاسًا ⑪

وَجَعَلْنَا الشَّهَارَ مَعًا شَاءً ⑫

وَبَيَّنَّا فَوَاقِمَكُمْ سَبْعًا شِدَادًا ⑬

وَجَعَلْنَا سِرَاجًا وَهَاجًا ⑭

وَ أَنْزَلْنَا مِنَ الْمُعْصِرَاتِ مَاءً نَّجًّا جَاءًا ⑮

لِنُخْرِجَ بِهِ حَبًّا وَ نَبَاتًا ⑯

وَ جَعَلْنَا أَلْفَاظًا ⑰

لَأَنَّ يَوْمَ الْقَضَلِ كَانَ مِيقَاتًا ⑱

يَوْمَ يُثْفَخُ فِي الصُّورِ فَتَأْتُونَ ⑲

أَفْوَجًا ⑳

وَ فَتَحَتِ السَّمَاءُ فَكَانَتْ أَبْوَابًا ㉑

وَ وَسَّيَّرَتِ الْجِبَالَ فَكَانَتْ سَرَابًا ㉒

لَأَنَّ جَهَنَّمَ كَانَتْ مِرْصَادًا ㉓

23. Era gwe guliba amaka g'abajeemu,
 24. Baligumalamu emirembe mingi.
 25. Mu gwo tebaliroza ku buwewevu
 bwonna wadde eky'okunywa kyonna,
 26. Okuggyako olweje olubabula, n'amazzi
 amannyogovu agameketa.
 27. Nga y'empeera ennenkamunkamu.

28. Kubanga ddala bo tebaatyanga
 kubalirira,
 29. Era baalimbisanga Aya zaffe olulimbisa.
 30. Era buli kimu twakibalirira mu
 Kitabo.
 31. Kale muloze ku kibonerezo. Ate
 tetujja kubongera okuggyako ekibonerezo.

Ruku 2

32. Mazima abawulize be balifuna
 obuwanguzi:
 33. Ensuku ezikugiddwa, n'emizabibu,
 34. N'abawala abaakavubuka ab'emyaka
 egimu,
 35. N'ebikopo ebibooga.

36. Tebaliwuliriramu bya swaakaba wadde
 obulimba,
 37. Nga y'empeera ey'ekirabo ekiva eri
 Mukama wo etuukana n'ebyo bye baakola-
 nga —

38. Mukama w'eggulu n'ensi n'ebyo
 ebiri wakati wa byombi, Omusaasizi ennyo;
 tebaliba na buyinza kwogera gy'ali.

39. Olunaku Mwoyo ne ba malayika lwe
 baliyimirira mu nnyiriri, tebalyogera,
 okuggyako oyo Allah Omusaasizi gw'alikkiriza,
 era nga ky'ayogera kituufu.

40. Olwo olunaku ddala lwa kubaawo.
 Kale oyo ayagala, anoonye obubudamu
 eri Mukama we.

41. Mazima tubalabudde ku kibonerezo
 ekiri okumpi: ku lunaku omuntu lw'aliraba
 ebyo emikono gye bye gyakulembeza,
 n'omutakkiriza aligamba nti: Woowe! Nga
 ndabye, singa kale nali nfuufu!

لِلطَّغْيَيْنَ مَا بَابًا ۝
 لِيُثْبِتْنَ فِيهَا أَحْقَابًا ۝
 لَا يَذُوقُونَ فِيهَا بَرْدًا وَلَا شَرَابًا ۝
 إِلَّا حَمِيمًا وَغَسَّاقًا ۝
 جَزَاءً وَفَاكًا ۝
 إِنَّهُمْ كَانُوا لَا يَرْجُونَ حِسَابًا ۝
 وَكَذَّبُوا بِآيَاتِنَا كِذَابًا ۝
 وَكُلَّ شَيْءٍ أَحْصَيْنَاهُ كِتَابًا ۝
 فَذُوقُوا فَلَنْ نَزِيدَكُمْ إِلَّا عَذَابًا ۝

إِنَّ لِلْمُتَّقِينَ مَفَازًا ۝
 حَدَائِقَ وَأَعْنَابًا ۝
 وَكَوَاعِبَ أَتْرَابًا ۝
 وَكَأْسًا دِهَانًا ۝
 لَا يَسْمَعُونَ فِيهَا لَغْوًا وَلَا جِدَابًا ۝
 جَزَاءً مِنْ رَبِّكَ عَطَاءً حِسَابًا ۝

رَبِّ السَّمٰوٰتِ وَالْاَرْضِ وَمَا بَيْنَهُمَا
 الرَّحْمٰنِ لَا يَمْلِكُونَ مِنْهُ خِطَابًا ۝
 يَوْمَ يَقُومُ الرُّوْحُ وَالْمَلٰئِكَةُ صَفًّا ۝
 لَا يَتَكَلَّمُونَ اِلَّا مَنْ اِذِنَ لَهُ الرَّحْمٰنُ
 وَقَالَ صَوَابًا ۝
 ذٰلِكَ الْيَوْمُ الْحَقُّ ۝ فَمَنْ شَاءَ اتَّخَذْ
 اِلٰى رَبِّهِ مَا بَابًا ۝
 اِنَّا اَنْذَرْنٰكُمْ عَذَابًا قَرِيْبًا ۝ فَسَيَوْمَ
 يَنْظُرُ الْمَرْءُ مَا قَدَّمَتْ يَدُوْهُ وَيَقُوْلُ
 الْكٰفِرُ يَلِيْتَنِ يَنْتَنِ ۝ تَرَابًا ۝

AL-NĀZI'ĀT

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza abo ababbira *mu kumanya* nebasika *abantu* olusika babbire *mu kwo*,

3. Era njuliza n'abo abatambula *mu mawanga* mu bwangu,

4. Era njuliza n'abo abaseeyeeya ku nnyanja oluseeyeeya *oluwanvu mu bwangu*,

5. Era nebvuganya oluvuganya *olw'okusingagana*,

6. Era njuliza abo abategeka *era* nebatuukiriza ensonga *zaabwe obulungi*,

7. *Bino biribaawo* olunaku ekikankanya lwe kirikankanya,

8. Ekikankano eky'okubiri kirikigoberera.

9. Kw'olwo emitima girikubagana *olw'okutya*.

10. N'amaaso gaabwe galitunula wansi—

11. Nga bagamba nti: Abaffe, tunazzibwawo mu mbeera eyasooka?

12. Nga tumaze n'okufuuka amagumba amamulungufu?

13. Bagamba nti: Okwo nno kwe kuddawo okw'okufiirwa.

14. Kale ddala luliba olubwatuka lumu lwokka,

15. Okwejuukiriza nga bali mu kyangaala!

16. Abaffe, watuukwako ebyafa ku Mūsa?

17. Nga Mukama we bwe yamukoowolera mu kiwonvu ekitukuvu Ṭuwā,

18. *Nti*: Genda eri Farāwo, kuba ddala ayitiridde obujeemu.

19. Kale ogambe nti: Abaffe, tewaalyagadde kufuna butukuvu?

20. Era nkulung'amyeye eri Mukama wo, kale osobole okumutya.

21. Kale n'amulaga akabonero akanene ennyo.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

وَالنَّازِعَاتِ غَرْقًا ②

وَالنَّشِيطَاتِ نَشْطًا ③

وَالسَّيِّحَاتِ سَبْحًا ④

فَالسَّيِّفَاتِ سَبْقًا ⑤

فَالْمُدَبِّرَاتِ أَمْرًا ⑥

يَوْمَ تَرْجُفُ الرَّاجِفَةُ ⑦

تَتْبَعُهَا الرَّادِفَةُ ⑧

قُلُوبٌ يَوْمَئِذٍ وَاجِفَةٌ ⑨

أَبْصَارٌ هَاخًا شِعَّةٌ ⑩

يَقُولُونَ إِنَّا لَمَرْدُودُونَ فِي الْحَافِرَةِ ⑪

وَإِذَا كُنَّا عِظَامًا تَّخِرَةً ⑫

قَالُوا تِلْكَ إِذًا كَرَّةٌ خَاسِرَةٌ ⑬

فَإِنَّمَا هِيَ زَجْرَةٌ وَاحِدَةٌ ⑭

فَإِذَا هُمْ بِالسَّاهِرَةِ ⑮

هَلْ آتَاكَ حَدِيثٌ مُوسَى ⑯

إِذْ نَادَاهُ رَبُّهُ بِالْوَادِ الْمُقَدَّسِ طُوًى ⑰

إِذْ هَبَّ إِلَى فِرْعَوْنَ إِنَّهُ طَغَى ⑱

فَقُلْ هَلْ لَكَ إِلَى أَنْ تَزْحَى ⑲

وَأَهْدِيكَ إِلَى رَبِّكَ فَتَحْشَى ⑳

فَأَرَاهُ الْآيَةَ الْكُبْرَى ㉑

22. Naye ye n'alimbisa era n'ajeema,
 23. N'oluvannyuma yakubayo amabega,
 n'anyiikira okumwekobera.
 24. Olwo n'akung'aanya abantu be
 n'alangirira,

فَكَذَّبَ وَعَصَى ﴿٢٦﴾

ثُمَّ أَدْبَرَ يَسْعَى ﴿٢٧﴾

فَحَشَرَ فَنَادَى ﴿٢٨﴾

فَقَالَ أَنَا رَبُّكُمُ الْأَعْلَى ﴿٢٩﴾

25. N'agamba nti: Mazima nze mukama
 wammwe ali waggulu wa bonna.

فَأَخَذَهُ اللَّهُ نَكَالَ الْأَخْرَةِ وَالْأُولَى ﴿٣٠﴾

26. Kale Allah n'amukwatamu olw'ekibone-
 nerezoo ky'enkomerero n'eky'oku nsi.

إِن فِي ذَلِكَ لَعِبْرَةٌ لِّمَن يَتَّخِذُ ﴿٣١﴾

27. Mazima mw'ekyo mulimu eky'okuyiga
 eri oyo atya Allah.

Ruku 2

28. Abaffe, mmwe musinga obuzibu
 okutonda oba eggulu lye yatonda?

ءَأَنْتُمْ أَشَدُّ خَلْقًا أَمِ السَّمَاءُ طَبَقُهَا ﴿٣٢﴾

29. Yatumbiiza obuwanvu bwa lyo ate
 n'aliyooyoota.

رَفَعَ سَمَكَهَا فَسَوَّاهَا ﴿٣٣﴾

30. Era n'assa ekizikiza mu kiro kya lyo,
 era n'afubutulayo omusana gwa lyo,

وَأَعْطَشَ لَيْلَهَا وَأَخْرَجَ ضُحَاهَا ﴿٣٤﴾

31. N'ensi oluvannyuma lw'ekyo
 yagyalirira.

وَالْأَرْضَ بَعْدَ ذَلِكَ دَحَاهَا ﴿٣٥﴾

32. N'aggya mu yo amazzi ga yo n'omuddo
 gwa yo,

أَخْرَجَ مِنْهَا مَاءَهَا وَمَرْعَاهَا ﴿٣٦﴾

33. N'ensozi n'azinyweza.

وَالْجِبَالَ أَرْسَاهَا ﴿٣٧﴾

34. Nga by'ebyetaago gye muli n'eri
 ebisolo byammwe.

مَتَاعًا لَّكُمْ وَلِأَنعَامِكُمْ ﴿٣٨﴾

35. Naye akabenje ssemabenje bwe
 kalituuka,

فَإِذَا جَاءَتِ الطَّامَةُ الْكُبْرَى ﴿٣٩﴾

36. Kw'olwo omuntu lw'alifumiitiriza
 ennyo kw'ebyo bye yatakabaniranga.

يَوْمَ يَتَذَكَّرُ الْإِنسَانُ مَا سَعَى ﴿٤٠﴾

37. N'omuliro gulyolesebwa eri oyo
 alaba.

وَبُرِّزَتِ الْجَحِيمُ لِمَن يَبْرَى ﴿٤١﴾

38. Naye oyo ajeema,

فَأَمَّا مَنْ طَغَى ﴿٤٢﴾

39. N'asukkiriza okwagala obulamu
 bw'ensi,

وَأَشْرَ الْحَيَوةِ الدُّنْيَا ﴿٤٣﴾

40. Kale omuliro gwe guliba amaka.

فَإِنَّ الْجَحِيمَ هِيَ الْمَأْوَى ﴿٤٤﴾

41. Naye oyo eyatya embuga ya Mukama
 we, n'aziza omwoyo gwe okwagala okubi,

وَأَمَّا مَنْ خَافَ مَقَامَ رَبِّهِ وَنَهَى ﴿٤٥﴾

النَّفْسَ عَنِ الْهَوَى ﴿٤٦﴾

42. Kale Janna ge galiba amaka.

فَإِنَّ الْجَنَّةَ هِيَ الْمَأْوَى ﴿٤٧﴾

43. Bakubuuza ebifa ku Ssaawa
 eyalagaanyizibwa nti eribaawo ddi?

يَسْأَلُونَكَ عَنِ السَّاعَةِ أَيَّانَ ﴿٤٨﴾

مُرْسَاهَا ﴿٤٩﴾

44. Abaffe, ggwe nga ogenderera ki
 okugyoogerako?

فِيمَ أَنْتَ مِنْ ذِكْرِهَا ﴿٥٠﴾

45. Okumanya kwa yo okusembayo kuli eri Mukama wo.


46. Mazima ggwe oli Mulabuzi eri oyo agitya.

47. Lwe baligiraba, baliba ng'abatawang-adde wabula olw'eggulo lw'olunaku oba amakya ga lwo.

إِلَى رَبِّكَ مُنْتَهَاهَا ⑥

إِنَّمَا أَنْتَ مُنْذِرٌ مَّنْ يَخْشَاهَا ④

كَأَنَّهُمْ يَوْمَ يَرَوْنَهَا لَمْ يَلْبَثُوا إِلَّا عَشِيَّةً أَوْ ضُحَاهَا ④



رُكُوعًا ١

سُورَةُ عَبَسَ مَكِّيَّةٌ ٨٠

آيَاتُهَا ٤٣

'ABASA

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Yalceta emitaafu n'akyuuka,

3. Olw'okubanga omuzibe w'amaaso azze gy'ali.

4. Naye ggwe kiki ekikumanyisa nti ddala anaatukula,

5. Oba nti anaafumiitiriza, okufumiitiriza nekumugasa?

6. Naye ddala balowooza nti oyo atafaayo,

7. Ate ggwe gw'ossaako ennyo omwoyo.

8. Naye Basaana bamanye nti si ggwe ovunaanyizibwa bw'aba nga tatukudde.

9. Naye kiyinzika kitya oyo ajja gy'oli ng'adduka,

10. Era ng'atya Allah,

11. Ate ggwe n'otamufaako?

12. Si kyo! Mazima yo Kur'ani ky'Ekijju-kiza —

13. Kale oyo ayagala agisseeko omwoyo —

14. Eri ne mu Bitabo eby'ekitiibwa,

15. Ebigulumizibwa, ebitukuzibwa,

16. Mu mikono gy'abawandiisi,

17. Ab'ekitiibwa, abatuukirivu.

18. Omuntu azikirire! Ye abaffe, nga tasiima!

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

عَبَسَ وَ تَوَلَّى ②

أَن جَاءَهُ الْأَعْمَى ③

وَمَا يَذُرُّكَ لَعَلَّهُ يَزَّخِي ④

أَوْ يَذَّكَّرُ فَتَنْفَعَهُ الذِّكْرَى ⑤

أَمَّا مَن اسْتَعْنَى ⑥

فَأَن ت لَهُ تَصَدَّى ⑦

وَمَا عَلَيْكَ أَلَّا يَزَّخِي ⑧

وَأَمَّا مَن جَاءَكَ يَسْعَى ⑨

وَهُوَ يَخْشَى ⑩

فَأَن ت عَنْهُ تَكْفَى ⑪

كَلَّا إِنَّمَا تَذَكَّرَةٌ ⑫

فَمَن شَاءَ ذَكَّرَهُ ⑬

فِي صُحُفٍ مُّكْرَمَةٍ ⑭

مَرْفُوعَةٍ مُّطَهَّرَةٍ ⑮

بِأَيْدِي سَفَرَةٍ ⑯

كِرَامٍ بَرَرَةٍ ⑰

فَتِلْكَ الْإِنْسَانُ مَا أَكْفَرَةٌ ⑱

19. Ye nno Allah *yamutonda* mu ki?

مِنْ آيٍ شَيْءٍ خَلَقَهُ ۙ ﴿١٩﴾

20. Mu ttondo lya mani! N'amutonda ate n'amwenkanyankanya,

مِنْ نُطْفَةٍ خَلَقَهُ فَقَدَرَهُ ۙ ﴿٢٠﴾

21. N'oluvannyuma ekkubo yalimufuulira eryangu,

ثُمَّ السَّيْلَ يَسْرَهُ ۙ ﴿٢١﴾

22. N'oluvannyuma amufiisa kale n'amussa mu ntaana;

ثُمَّ أَمَاتَهُ فَأَقْبَرَهُ ۙ ﴿٢٢﴾

23. Nate bw'aliba ayagadde, alimuzuukiza.

ثُمَّ إِذَا شَاءَ أَنشَرَهُ ۙ ﴿٢٣﴾

24. Nedda! Tannatuukiriza ebyo bye yamulagira.

كَلَّا لَمَّا يُفْضِ مَا أَمَرَهُ ۙ ﴿٢٤﴾

25. Kale omuntu atunuleko eri emmere ye:

فَلْيَنْظُرِ الْإِنْسَانُ إِلَى طَعَامِهِ ۙ ﴿٢٥﴾

26. Mazima Ffe tufukirira amazzi *ku yo* olufukirira,

أَنَا صَبَبْنَا الْمَاءَ صَبًّا ۙ ﴿٢٦﴾

27. N'oluvannyuma twaasa ettaka olwaasa—

ثُمَّ شَفَقْنَا الْأَرْضَ شَفَاقًا ۙ ﴿٢٧﴾

28. Netumeza mu lyo empeke,

فَأَنْبَتْنَا فِيهَا حَبًّا ۙ ﴿٢٨﴾

29. N'emizabibu, n'enva,

وَعِنَبًا وَقَضْبًا ۙ ﴿٢٩﴾

30. N'emizayituuni, n'emitende.

وَزَيْتُونًا وَتَخْلًا ۙ ﴿٣٠﴾

31. N'essamba ez'emiti egy'ekifuko eziriko enkomera,

وَحَدَّ آتِيقًا غُلَبًا ۙ ﴿٣١﴾

32. N'ebibala, n'omuddo,

وَفَاكِهَةً وَأَبًّا ۙ ﴿٣٢﴾

33. Nga by'ebyetaago byammwe, n'olwebisolo byammwe.

فَتَنَاعًا لَّكُمْ وَلِأَنعَامِكُمْ ۙ ﴿٣٣﴾

34. Naye okubwatuka okuziba amatu bwe kulituuka,

فَإِذَا جَاءَتِ الصَّاحَةُ ۙ ﴿٣٤﴾

35. *Olwo* lwe lunaku omuntu lw'alidduka muganda we,

يَوْمَ يَفِرُّ الْمَرْءُ مِنَ أَخِيهِ ۙ ﴿٣٥﴾

36. Ne nnyina, ne kitaawe,

وَأُخْرِهِ وَأَبْيِهِ ۙ ﴿٣٦﴾

37. Ne mukyala we, n'abaana be,

وَصَاحِبَتِهِ وَبَنِيهِ ۙ ﴿٣٧﴾

38. Buli omu mu bo kw'olwo aliba n'ensonga *eyiye* emumalawo.

لِكُلِّ أُمَّرٍ مِنْهُمْ يَوْمَئِذٍ شَانٌ ۙ ﴿٣٨﴾

39. Obwenyi obumu kw'olwo buliba bwakaayakamu,

وَجُودًا يَوْمَئِذٍ مُّسْفِرَةٌ ۙ ﴿٣٩﴾

40. Nga buseka era nga busanyufu nnyo!

ضَاحِكَةٌ مُّسْتَبْشِرَةٌ ۙ ﴿٤٠﴾

41. Naye obwenyi *obulala* kw'olwo buliba baako enfuufu,

وَوَجُودًا يَوْمَئِذٍ عَلَيْهِمْ عَبْرَةٌ ۙ ﴿٤١﴾

42. Nga busaanikiddwa ekizikiza.

تَرَاهُمْ قَاتِرَةً ۙ ﴿٤٢﴾

43. Abo nno be baali abatakkiriza, aboononefu.

يَعْلَمُ أُولَئِكَ هُمُ الْكُفْرَةُ الْفَجْرَةُ ۙ ﴿٤٣﴾

AL-TAKWĪR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo enjuba bw'erizingibwako,

3. Era awo emmunyeenye bwe zirizi-meera,

4. Era awo ensozi bwe ziritambuzibwa,

5. Era awo eng'amira ez'embuto ez'emyezi ekkumi bwe zirirekebwa ettayo,

6. Era awo ebisolo bwe birikung'aa-nyizibwa,

7. Era awo ennyanja bwe zirikuluku-sibwa *nezeegatta*,

8. Era awo abantu *eb'enjawulo* bwe baligattibwa awamu,

9. Era awo omuwala omuto eyaziikibwa nga mulamu bw'alibuulirizibwako,

10. *Nti*: Musango ki ogwamussa?

11. Era awo ebitabo bwe biribunyisibwa wonna,

12. Era awo eggulu bwe liriggyibwako eddiba,

13. Era awo omuliro bwe gulikumibwa,

14. Era awo e Janna bw'erisembezebwa,

15. Olwo buli muntu alimanya bye yaleeta.

16. Nedda! Njuliza ba sseng'endo abadda ekyennyumannyuma,

17. Abagenda mu maaso *n'oluvannyuma* nebeekweka.

18. Era *njuliza* ekiro awo nga kibulirayo,

19. N'amakya awo nga busaasaana,

20. Mazima kino ky'Ekigambo *ekyabikkulirwa* Omutume ow'ekitiibwa,

21. Nannyini maanyi agava eri Nannyini Nnamulondo ennyweevu,

22. Agonderwa, ate nga mwesigwa.

23. Era munnammwe si mugwi wa ddalu.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ①

اِذَا الشَّمْسُ كُوِّرَتْ ②

وَإِذَا النُّجُومُ انْكَدَرَتْ ③

وَإِذَا الْجِبَالُ سُيِّرَتْ ④

وَإِذَا الْعِشَارُ عُطِّلَتْ ⑤

وَإِذَا الْوُحُوشُ حُشِرَتْ ⑥

وَإِذَا الْبِحَارُ سُجِّرَتْ ⑦

وَإِذَا النُّفُوسُ زُوِّجَتْ ⑧

وَإِذَا الْمَوْءِدَةُ سُئِلَتْ ⑨

بِأَيِّ ذَنْبٍ قُتِلَتْ ⑩

وَإِذَا الصُّحُفُ نُشِرَتْ ⑪

وَإِذَا السَّمَاءُ كُشِطَتْ ⑫

وَإِذَا الْجِبَبِيُّ سُجِّرَتْ ⑬

وَإِذَا الْجَنَّةُ أُنزِلَتْ ⑭

عَلِمَتْ نَفْسٌ مَّا أَحْضَرَتْ ⑮

فَلَا أُقْسِمُ بِالْخُنُفِ ⑯

الْجَوَارِ الْكُنُفِ ⑰

وَالْيَلِيلِ إِذَا عَسَعَسَ ⑱

وَالصُّبْحِ إِذَا تَنَفَّسَ ⑲

إِنَّهُ لَقَوْلُ رَسُولٍ كَرِيمٍ ⑳

ذِي قُوَّةٍ عِنْدَ ذِي الْعَرْشِ مَكِينٍ ㉑

قُطَّاعٍ نَّمَّ آمِينَ ㉒

وَمَا صَاحِبُكُمْ بِمَجْنُونٍ ㉓

24. Era mazima yamulabira ddala eyo ekkuzimu aweetadde.

25. Era ye si mukodo mu kunnyonyola eby'enkiso.

26. Era kino si kigambo kya Sitaani agobaganyizibwa,

27. Kale ate mulaga wa?

28. Kino si kirala wabula ky'Ekijjukiza eri ensi yonna,

29. Eri oyo mu mmwe aba ayagadde okukwata ekkubo eggolokofu.

30. Era temuyinza kusalawo ku kyonna okuggyako nga Allah, Omutonzi w'ebitonde byonna, y'asazeewo.

وَلَقَدْ رَاَهُ بِالْأُفُقِ الْمُبِينِ ﴿٢٤﴾

وَمَا هُوَ عَلَى الْغَيْبِ بِضَنِينٍ ﴿٢٥﴾

وَمَا هُوَ بِقَوْلِ شَيْطَانٍ رَّجِيمٍ ﴿٢٦﴾

فَأَيْنَ تَذْهَبُونَ ﴿٢٧﴾

إِنْ هُوَ إِلَّا ذِكْرٌ لِلْعَالَمِينَ ﴿٢٨﴾

لِمَنْ شَاءَ مِنْكُمْ أَنْ يَسْتَقِيمَ ﴿٢٩﴾

وَمَا تَشَاءُونَ إِلَّا أَنْ يَشَاءَ اللَّهُ رَبُّ الْعَالَمِينَ ﴿٣٠﴾



AL-İNFIṬĀR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo eggulu bwe liryabika,

3. Era awo emmunyeenye bwe zirisaasana,

4. Era awo ennyanja bwe zirikulukusibwa nezeegatta,

5. Era awo entaana bwe ziriziikulwa,

6. Olwo buli muntu alimanya bye yakulembeza ne bye yaleka.

7. Owange ggwe omuntu, kiki ekyakubuzaabuza ku Mukama wo Omugabi ennyo,

8. Oyo eyakutonda era n'akuyooyoota, n'akwenkanyankanya?

9. Mu nfaanana yonna gye yayagala mwe yakubumba.

10. Nedda! Mulimbisa nnyo olunaku lw'okulamulirwako.

11. Ate ddala muliko abalabirizi,

12. Abawandiisi, ab'ebitiibwa,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾

إِذَا السَّمَاءُ انْفَطَرَتْ ﴿١﴾

وَرَأَى الْأَكَّاءِ كُتُبٌ مِّنْ نَّجْمٍ ﴿٢﴾

وَرَأَى الْأَبْهَارَ فَجُجِرَتْ ﴿٤﴾

وَرَأَى الْقُبُورَ بَعْثِرَتْ ﴿٥﴾

عَلِمَتْ نَفْسٌ مَّا قَدَّامَتْ وَأَخَّرَتْ ﴿٦﴾

يَا أَيُّهَا الْإِنْسَانُ مَا غَرَّبَكَ بِرَبِّكَ

الْكَرِيمِ ﴿٧﴾

الَّذِي خَلَقَكَ فَسَوَّاكَ فَعَدَلَكَ ﴿٨﴾

فِي أَيِّ صُورَةٍ مَّا شَاءَ رَكَّبَكَ ﴿٩﴾


كَلَّا بَلْ تُكَدِّبُونَ بِاللِّغِينِ ﴿١٠﴾

وَلَنْ عَلَيْكُمْ لَعُظِيمِينَ ﴿١١﴾

كِرَامًا كَاتِبِينَ ﴿١٢﴾

13. Abamanyi byonna bye mukola.
14. Mazima abatuukirivu be baliba mu ssanyu erijjuvu;
15. Ate aboononefu be baliba mu muliro,
16. Gwe baliyingiramu ku lunaku lw'okulamulirwako;
17. Ate tebalisobola kugutolokamu.
18. Ye kiki ekinaakumanyisa nti olunaku lw'okulamulirwako kye ki?
19. Nate era kiki ekinaakumanyisa nti olunaku lw'okulamulirwako kye ki?
20. Lwe lunaku omuntu lw'ataliba na buyinza n'akatono kugasa muntu mulala. Era okulagira kwonna kw'olwo kuliba kwa Allah.

يَعْلَمُونَ مَا تَفْعَلُونَ ﴿١٣﴾
 إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نَعِيمٍ ﴿١٤﴾
 وَإِنَّ الْفُجَّارَ لَفِي جَحِيمٍ ﴿١٥﴾
 يَصَلُّونَهَا يَوْمَ الدِّينِ ﴿١٦﴾
 وَمَا هُمْ عَنْهَا بِغَائِبِينَ ﴿١٧﴾
 وَمَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الدِّينِ ﴿١٨﴾
 ثُمَّ مَا أَدْرَاكَ مَا يَوْمَ الدِّينِ ﴿١٩﴾
 يَوْمَ لَا تَمْلِكُ نَفْسٌ لِنَفْسٍ شَيْئًا ۗ وَالْأَمْرُ يَوْمَئِذٍ لِلَّهِ ﴿٢٠﴾



سُورَةُ التَّفْطِيفِ مَكِّيَّةٌ ٨٣

AL-TAṬFĪF

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
2. Zibasanze abo ababbira mu kupima! وَيَلِّ لِّلْمُطَفِّفِينَ ﴿٢﴾
3. Abo ababa nga beepimira okuva eri abalala, nebatwala bijjuvu; الَّذِينَ إِذَا أَكَلُوا عَلَى النَّائِسِ يَسْتَوْفُونَ ﴿٣﴾
4. Naye nga bwe baba bagerera abalala oba nga babapimira, bakendeezaako. وَإِذَا أَكَلُوهُمْ أَوَّزَّوْهُمُ يُخْسِرُونَ ﴿٤﴾
5. Abaffe, abo tebalowooza nti balizuu-kizibwa أَلَّا يَظُنُّ أُولَئِكَ أَنَّهُمْ مَبْعُوثُونَ ﴿٥﴾
6. Ku lunaku olw'entiisa, لِيَوْمٍ عَظِيمٍ ﴿٦﴾
7. Olunaku abantu lwe baliyimirira mu maaso g'Omutonzi w'ebitonde byonna? يَوْمَ يَقُومُ النَّاسُ لِرَبِّ الْعَالَمِينَ ﴿٧﴾
8. Nedda! Mazima ekitabo ky'aboononyi kiri mu Sijjiini. كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْفُجَّارِ لَفِي سِجِّينٍ ﴿٨﴾
9. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Sijjiini kye ki? وَمَا أَدْرَاكَ مَا سِجِّينٌ ﴿٩﴾
10. Ky'ekitabo ekyasengekebwa. كِتَابٌ مَّرْقُومٌ ﴿١٠﴾
11. Ziribasanga kw'olwo abaalimbisa, وَيَلِّ يَوْمَئِذٍ لِّلْمُكَذِّبِينَ ﴿١١﴾

12. Abo abaalimbisa olunaku lw'okulamula. الَّذِينَ يُكذِّبُونَ بِيَوْمِ الدِّينِ ﴿١٢﴾
13. Naye tewali alulimbisa okuggyako buli mujeemu, omwononyi, وَمَا يُكَذِّبُ بِهِ إِلَّا كُلُّ مُعْتَدٍ أَثِيمٍ ﴿١٣﴾
14. Nga bw'asomerwa Aya zaffe, agamba nti: Ngero z'abedda! إِذَا تَثَلَىٰ عَلَيْهِ أَيْتَانَا قَالَ أَسَاطِيرُ الْأَوَّلِينَ ﴿١٤﴾
15. Nedda, ddala ebyo bye baakolanga byatalazza emyoyo gyabwe. كَلَّا بَلْ عَزَّ رَانَ عَلَىٰ قُلُوبِهِمْ مَا كَانُوا يَكْسِبُونَ ﴿١٥﴾
16. Nedda, mazima bo ku lunaku olwo baliziyizibwa eri Mukama waabwe. كَلَّا إِنَّهُمْ عَنْ رَبِّهِمْ يَوْمَئِذٍ لَمَحْجُوبُونَ ﴿١٦﴾
17. N'oluvannyuma ddala baliyingira mu muliro. ثُمَّ لَآتَهُمْ لَصَالُوا الْجَحِيمِ ﴿١٧﴾
18. N'oluvannyuma kirigambibwa nti: Guno gwe gwo gwe mwalimbisanga. ثُمَّ يُقَالُ هَذَا الَّذِي كُنْتُمْ بِهِ تُكَذِّبُونَ ﴿١٨﴾
19. Nedda! Mazima ekitabo ky'abatuu-kirivu kiri mu 'Illiiyiina. كَلَّا إِنَّ كِتَابَ الْأَبْرَارِ لَفِي عِلِّيِّينَ ﴿١٩﴾
20. Naye kiki ekinaakumanyisa nti 'Illiiyūna kye ki? وَمَا أَدْرَاكَ مَا عِلِّيُّونَ ﴿٢٠﴾
21. Ky'ekitabo ekyasengekebwa. كَتَبَ مَرْقُومٌ ﴿٢١﴾
22. Ab'oku lusegere *lwa Allah* kye baliraba. يَشْهَدُهُ الْمُقَرَّبُونَ ﴿٢٢﴾
23. Mazima abatuukirivu be baliba mu ssanyu erijjuvu. إِنَّ الْأَبْرَارَ لَفِي نَعِيمٍ ﴿٢٣﴾
24. Nga bali ku ntebe empunde, beerolera. عَلَىٰ الْأَرْكَانِ يُنظَرُونَ ﴿٢٤﴾
25. Olibamanyira ku bwenyi bwabwe obumegerevu olw'essanyu eringi. تَعْرِفُ فِي وُجُوهِهِمْ نَضْرَةَ النَّعِيمِ ﴿٢٥﴾
26. Balinywesebwa eky'okunywa ekituku-vu, ekikonere, يُسْقَوْنَ مِنْ رَحِيقٍ مَخْتُومٍ ﴿٢٦﴾
27. Nga enkonera ya kyo ya miski—kale kino abayaayaana kye baba bayaa-yaanira— خِتْمُهُمْ مَسْكٌ ۗ وَفِي ذَلِكَ فَلْيَتَنَافَسِ الْمُتَنَافِسُونَ ﴿٢٧﴾
28. Era entabula ya kyo eriba ya Tasniimu, وَمَرَاجُهُمْ مِنْ تَسْنِيمٍ ﴿٢٨﴾
29. Ensulo erinywebwamu ab'oku lusegere *lwa Allah*. عَيْنًا يَشْرَبُ بِهَا الْمُقَرَّبُونَ ﴿٢٩﴾
30. Mazima abo abaayonoona, baasekereranga abakkiriza; إِنَّ الَّذِينَ أَجْرَمُوا كَانُوا مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا يَضْحَكُونَ ﴿٣٠﴾

31. Era bwe baabayitangako, nga batemyaganako. وَإِذَا مَرُّوا بِهِمْ يَتَخَفَتُونَ ﴿٣١﴾
32. Ate bwe baddangayo eri ab'ewaa-bwe, nga badda mu kujerega *bakkiriza*; وَإِذَا انْقَلَبُوا إِلَىٰ أَهْلِهِمْ انْقَلَبُوا فَكِهِينَ ﴿٣٢﴾
33. Era bwe baabalabanga, baagambanga nti: Ddala bano babuze! وَإِذَا رَأَوْهُمْ قَالُوا إِنَّ هَٰؤُلَاءِ لَضَالُّونَ ﴿٣٣﴾
34. Naye *Ababaka* tebaatumwa gye bali kuba bakuumi ku bo. وَمَا أُرْسِلُوا عَلَيْهِمْ حَٰفِظِينَ ﴿٣٤﴾
35. Kale olwa leero abo abakkiriza be banasekerera abatakkiriza, قَالِئِومَ الَّذِينَ آمَنُوا مِنَ الْكُفَّارِ يَضْحَكُونَ ﴿٣٥﴾
36. Nga bali mu ntebe empunde, beerolera. عَلَىٰ الْأَرَائِكِ يَنْظُرُونَ ﴿٣٦﴾
37. *Balyebuuz* nti: Abaffe, abatakkiriza basasuddwa *kyenkanyi* n'ebyo bye baakolanga? هَلْ تُؤِيبُ الْكُفَّارُ مَا كَانُوا يَفْعَلُونَ ﴿٣٧﴾



AL-INSHIQĀQ

(Yakka luberebere Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
2. Awo eggulu bwe liryabika, إِذَا السَّمَاءُ انشَقَّتْ ﴿٢﴾
3. Nelitega amatu eri Mukama wa Iyo —era lirateekwa buteekwa *okukikola* — وَأَذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ﴿٣﴾
4. Era awo ensi bw'erijanjuluzibwa, وَإِذَا الْأَرْضُ مُدَّتْ ﴿٤﴾
5. Erikasuka eri byonna ebigirimu, neyeemagaza. وَأَلْقَتْ مَا فِيهَا وَتَخَلَّتْ ﴿٥﴾
6. Era eritega amatu eri Mukama wa yo — era eriteekwa buteekwa *okukikola* — وَأَذِنَتْ لِرَبِّهَا وَحُقَّتْ ﴿٦﴾
7. Owange ggwe omuntu, ddala ggwe olafuubana olulafuubana eri Mukama wo; kale olisisinkana naye. بَآئِنًا مِنَ الْإِنْسَانِ إِنَّكَ كَادِحٌ إِلَىٰ رَبِّكَ كَدْحًا فَمُلَاقِيهِ ﴿٧﴾
8. Naye oyo aliweebwa ekitaboo kye mu ddyo we, فَأَمَّا مَنْ أُوِّيَ كِتْبَهُ بِيَمِينِهِ ﴿٨﴾
9. Oyo y'alibalwa mu mbala ennyangu, فَسَوْفَ يُحَاسَبُ حِسَابًا يَسِيرًا ﴿٩﴾
10. Era y'aliddayo eri ab'ewaabwe nga musanyufu. وَيُنْقَلَبُ إِلَىٰ أَهْلِهِ مَسْرُورًا ﴿١٠﴾

11. Naye oyo aliweebwa ekitabo kye okuva emabega w'omugongo gwe,

وَأَمَّا مَنْ أُوتِيَ كِتَابَهُ وَرَأَى ظَهْرَهُ ۝۱۱

12. Kale oyo mangu nnyo alikoowoola okuzikirira,

فَسَوْفَ يَدْعُوا ثُبُورًا ۝۱۲

13. Era y'aliyingira mu muliro ogubumbujja.

وَيَصِلُ سَجِيرًا ۝۱۳

14. Kuba ye yalinga mu b'ewaabwe nga yeesanyukira.

رَأَتْهُ كَانَتْ فِي أَهْلِهَا مُشْرُورًا ۝۱۴

15. Ddala ye yalowoozanga nti taliddayo eri Allah.

رَأَتْهُ ظَنَّ أَنْ لَنْ يَحُورَ ۝۱۵

16. Tewali kubusabuusa, Mukama we ddala yamulabanga.

بَلَىٰ بَرَّانَ رَبَّهُ كَانِ بِهِ بَصِيرًا ۝۱۶

17. Ddala njuliza okumyuka kw'ebire awo nga buwungeera,

فَلَا أُفْسِمُ بِالشَّفَقِ ۝۱۷

18. N'ekiro n'ebyo bye kibikkirira,

وَاللَّيْلِ وَمَا وَسَقَ ۝۱۸

19. N'omwezi awo nga gwa ggabogabo,

وَالْقَمَرِ إِذَا اتَّسَقَ ۝۱۹

20. Mazima mulirinnya mugigi ku mugigi.

لَتَرْكَبَنَ طَبَقًا عَنْ طَبَقٍ ۝۲۰

21. Ye babadde ki, lwaki tebakkiriza?

فَمَا لَهُمْ لَا يُؤْمِنُونَ ۝۲۱

22. Era bwe basomerwa Kur'āni tebauunama;

وَأَذْفَرُوا عَلَىٰ عَلَيْهِمُ الْقُرْآنُ لَا يَسْجُدُونَ ۝۲۲

23. Wabula ate bo abatakkiriza balimbisa bulimbisa.

بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوا يَكْذِبُونَ ۝۲۳

24. Naye Allah, amanyi bulungi ebyo bye bakisa.

وَاللَّهُ أَعْلَمُ بِمَا يُوعُونَ ۝۲۴

25. Kale bawe amawulire g'ekibonerezo ekirumya ennyo.

فَبَشِّرْهُمْ بِعَذَابٍ أَلِيمٍ ۝۲۵

26. Okuggyako abo abakkiriza nebakola ebikolwa ebirungi, abo be balifuna empeera etaliiko kkomo.

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ۝۲۶

سُورَةُ الْبُرُوجِ مَكِّيَّةٌ ٨٥

رُكُوعًا ١

آيَاتُهَا ٢٣

AL-BURŪJ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, O'wekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝۱

2. Njuliza eggulu eririna enkulungo z'e-mmunyeenye.

وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الْبُرُوجِ ۝۲

3. N'olunaku olwasubizibwa,

وَالْيَوْمِ الْمَوْعُودِ ۝۳

4. N'omujulizi n'oyo aweebwako obujulizi.

رَشَاهِدٍ وَمَشْهُودٍ ④

5. Bakolimirwe ba nannyini lunnya —

قَتِيلَ أَحْصَبِ الْأَخْدُودِ ⑤

6. Lw'omuliro ogujjudde enku —

النَّارِذَاتِ الْوَقُودِ ⑥

7. Awo nga batudde *ebbali* ku gwo,

إِذْ هُمْ عَلَيْهَا فُعُودٌ ⑦

8. Era bo bajulizi kw'ebyo bye baakolanga abakkiriza.

وَهُمْ عَلَى مَا يَفْعَلُونَ بِالْمُؤْمِنِينَ شُهُودٌ ⑧

9. Era tebaabawalanira kirala wabula lwa kubanga bakkiriza Allah, Luwangula, Atenderezebwa ennyo,

وَمَا تَقْمُوا مِنْهُمْ إِلَّا أَنْ يُؤْمِنُوا بِاللَّهِ الْعَزِيزِ الْحَمِيدِ ⑨

10. Oyo Nannyini bwakabaka bw'eggulu n'ensi. Era Allah ye Mujulizi ku buli kimu.

الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَوَاتِ وَالْأَرْضِ وَاللَّهُ عَلَى كُلِّ شَيْءٍ شَهِيدٌ ⑩

11. Mazima abo ababonyaabonya abakkiriza abasaja n'abakkiriza abakazi n'oluvannyuma ne batabonerera, kale balifuna ekibonerezo kya Jahannamu era baliba n'ekibonerezo ky'okubengeya.

إِنَّ الَّذِينَ فَتَنُوا الْمُؤْمِنِينَ وَالْمُؤْمِنَاتِ ثُمَّ لَمْ يَتُوبُوا فَلَهُمْ عَذَابُ جَهَنَّمَ وَلَهُمْ عَذَابُ الْحَرِيقِ ⑪

12. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi, balifuna ensuku ezikulukutamu emigga wansi wa zo. Okwo nno kwe kuwangula okunene.

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ لَهُمْ جَنَّاتٌ تَجْرِي مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ ذَلِكَ الْفَوْزُ الْكَبِيرُ ⑫

13. Mazima okuvumbagira kwa Mukama wo kukakali nnyo.

إِنَّ بَطْشَ رَبِّكَ لَشَدِيدٌ ⑬

14. Mazima Ye y'atandika *buli kimu* era y'akiddamu.

إِنَّهُ هُوَ يُبْدِئُ وَيُعِيدُ ⑭

15. Era Ye ye Musonyiyi ennyo, Ow'omukwano ennyo *eri oyo amwagala*;

وَهُوَ الْغَفُورُ الْودُودُ ⑮

16. Nannyini Nnamulondo, Nannyini kitiibwa,

ذُو الْعَرْشِ الْمَجِيدُ ⑯

17. Akola *n'atuukiriza* ky'aba ayagadde.

فَقَالَ لِمَا يُرِيدُ ⑰

18. Abaffe, watuukwako ebyafa ku magye?

هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ الْجُنُودِ ⑱

19. Ga Farāwo ne Thamūda?

فِرْعَوْنَ وَثَمُودَ ⑲

20. Kyokka abatakkiriza bo bali mu kulimbisa.

بَلِ الَّذِينَ كَفَرُوا فِي تَكْذِيبٍ ⑳

21. Naye Allah abeetoolodde mu ngeri gye batamanyi.

وَاللَّهُ مِنْ وَرَائِهِمْ مُحِيطٌ ㉑

22. Ddala eno ye Kur'āni entukuvu,

بَلْ هُوَ قُرْآنٌ مَجِيدٌ ㉒

23. Eri ku kipande ekikumibwa obutiribiri.

فِي لَوْحٍ مَحْفُوظٍ ㉓

رُكُوعًا ١

سُورَةُ الطَّارِقِ مَكِّيَّةٌ ٨٦

آيَاتُهَا ١٨

AL-TĀRIQ

(Yakka lubereberyewa Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Njuliza eggulu n'emmunyeenye y'oku makya —

وَالسَّمَاءِ وَالطَّارِقِ ②

3. Naye kiki ekinaakumanyisa emmunyeenye y'okumakya nga bw'eri?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا الطَّارِقُ ③

4. Y'emmunyeenye eyakaayakana ennyo—

النَّجْمِ الثَّاقِبِ ④

5. Teri mwoyo gwonna wabula guliko omukuumi.

إِنَّ كُلَّ نَفْسٍ لَّمَّا عَلَيْهَا حَافِظٌ ⑤

6. Kale omuntu yekkaanye nnyo ekyo kye yatondebwamu.

فَلْيَنْظُرِ الْإِنْسَانُ مِمَّ خُلِقَ ⑥

7. Yatondwa mu mazzi agasindikibwa olwoko,

خُلِقَ مِنْ مَّاءٍ دَافِقٍ ⑦

8. Agava wakati w'ekiwato n'embiriizi.

يَخْرُجُ مِنْ بَيْنِ الصُّلْبِ وَالتَّرَائِبِ ⑧

9. Mazima Ye okumuzzaawo ddala akisobola nnyo,

لَئِنَّهُ عَلَى رَجْعِهِ لَقَادِرٌ ⑨

10. Olunaku ebyaama lwe biribikkulwa.

يَوْمَ تُبَدَّلُ الْإِنْسَانُ ⑩

11. Kale taliba na maanyi wadde omuyambi.

فَمَا لَهُ مِنْ قُوَّةٍ وَلَا نَاصِرٍ ⑪

12. Njuliza ebire ebbing'ana nga bireeta enkuba,

وَالسَّمَاءِ ذَاتِ الرَّجْعِ ⑫

13. N'ettaka eryeyuza olw'ebimera.

وَالْأَرْضِ ذَاتِ الصَّدْعِ ⑬

14. Mazima yo Kur'āni ky'ekigambo ekisalawo,

لَئِنَّهُ لَقَوْلٌ فَضْلٌ ⑭

15. Era yo si kubalaata.

وَمَا هُوَ إِلَّا هَزْلٌ ⑮

16. Mazima ddala beekobye olwekoba.

لَئِنَّهُمْ يَكِيدُونَ كَيْدًا ⑯

17. Nange neekobye olwekoba.

وَأَكِيدُ كَيْدًا ⑰

18. Kale abatakiriza bawe akaagaanya. Naye bawe akaagaanya katono.

فَمَهْلِكِ الْكَافِرِينَ آمَهُمْ رُودًا ⑱

AL-A'LĀ

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Gulumiza nnyo elinnya Iya Mukama wo, Owa waggulu ennyo,
3. Oyo atonda era n'ayoooyoota,
4. Era oyo agereka era n'alung'ama,
5. Era Oyo amezesa amalundiro,
6. N'oluvannyuma n'agafuula bisasiro ebiddugavu.
7. Ffe tujja okukusomesa *Kur'āni*, era tojja kwerabira,
8. Okuggyako nga Allah bw'anaaba ayagadde. Mazima Ye y'amanyi eby'olwaatu n'ebyenkiso.
9. Era tujja kukuwewulako odde eri obwangu.
10. *Kale* buulirira; mazima okubuulirira kugasa nnyo.
11. *Kale* oyo atya Allah ajja kufumiitiriza,
12. Naye ow'ekikwa y'anaabebengulako,
13. Oyo aliyingira mu muliro ssemaliro.
14. Ate talifiiramu wadde taliba mulamu.
15. Mazima amaze okuganyulwa oyo anoonya okutukula,
16. N'ajjukira elinnya Iya Mukama we, n'asaala.
17. Naye muwa nnyo enkizo obulamu bw'ensi *eno*,
18. So nga obw'enkomerero bwe businga era bwe buwangaazi.
19. Mazima kino ddala kiri ne mu Bitabo ebyasooka —
20. *Mu* Bitabo bya Ibrahimu ne Musa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

سَبِّحْ اسْمَ رَبِّكَ الْأَعْلَى ②

الَّذِي خَلَقَ فَسُوَّى ③

وَالَّذِي قَدَّرَ فَهَدَى ④

وَالَّذِي أَحْرَبَ الْمَرْعَى ⑤

فَجَعَلَهُ غُثَاءً أَحْوَى ⑥

سُقِّرْتُكَ فَلَا تُنْسَى ⑦

إِلَّا مَا شَاءَ اللَّهُ إِنَّهُ يَعْلَمُ الْجَهْرَ وَ

مَا يَخْفَى ⑧

وَيُبَيِّنُكَ لِيُرْسَى ⑨

فَذَكِّرْ إِنْ نَفَعَتِ الذُّكْرَى ⑩

سَيَذَكَّرْ مَنْ يَنْخَشَى ⑪

وَيَتَجَنَّبُهَا الْأَشْقَى ⑫

الَّذِي يَصِلَى النَّارَ الْكُبْرَى ⑬

ثُمَّ لَا يَمُوتُ فِيهَا وَلَا يَخْيَى ⑭

قَدْ أَفْلَحَ مَنْ تَزَى ⑮

وَذَكَرَ اسْمَ رَبِّهِ فَصَلَّى ⑯

بَلْ تُؤْثِرُونَ الْحَيَاةَ الدُّنْيَا ⑰

وَالْآخِرَةَ خَيْرٌ وَأَبْقَى ⑱

إِنَّ هَذَا لَفِي الصُّحُفِ الْأُولَى ⑲

صُّحُفِ إِبْرَاهِيمَ وَمُوسَى ⑳

AL-GHĀSHIYAH

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abaffe, watuukwako ebifa ku *mutawana* ogubuutikira?

3. Ebyenyi *ebimu* ku lunaku olwo biritunula wansi;

4. Nga *amaaso* gakabassana, nga makoowu.

5. Baliyingira mu muliro olubabu;

6. Banywesebwe mu nsulo eyesesera;

7. Tebaliba na mmere okuggyako omuddo omukalu ogw'amaggwa ogukaawa ennyo,

8. Ogutagezza wadde ogutagasa ku njala.

9. Ebyenyi *ebimu* kw'olwo biriba bisanyufu nnyo,

10. Nga bisanyufu olw'okutakabana kwa byo,

11. Nga bali mu Janna eya waggulu ennyo,

12. Nga towuliriramu bya swaakaba;

13. Mulibaamu ensulo ekulukuta,

14. Mulibaamu entebe empunde, engulumivu.

15. N'ebikopo ebitegeke obulungi,

16. N'emitto emisimbe mu nnyiriri,

17. N'ebiwempe ebyaaliire.

18. Abaffe, tebatunulako eri eng'amira nga bwe yatondebwa?

19. N'eri eggulu nga bwe lyawanikibwa?

20. N'eri ensozi nga bwe zaanywezebwa?

21. N'eri ensi nga bwe yayaliirwa?

22. Kale buulirira, mazima ggwe oli Mubulirizi;

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

هَلْ أَتَاكَ حَدِيثُ الْغَاشِيَةِ ②

وَجُودُهُ يُومِئُذٍ حَاشِعَةً ③

عَاقِلَةً تَأْصِبَةً ④

تَضَلُّ نَارًا حَاطِمِيَةً ⑤

تُشْفَى مِنْ عَيْنٍ أَرِيَّةٍ ⑥

لَيْسَ لَهُمْ طَعَامٌ إِلَّا مِنْ ضَرِيحٍ ⑦

لَا يُسْمِنُ وَلَا يُغْنِي مِنْ جُوعٍ ⑧

وَجُودُهُ يُومِئُذٍ تَاعِمَةً ⑨

لَسَخِيهَا رَاضِيَةً ⑩

فِي جَنَّةٍ عَالِيَةٍ ⑪

لَا تَسْمَعُ فِيهَا لِأَعْيُنٍ ⑫

فِيهَا عَيْنٌ جَارِيَةٌ ⑬

فِيهَا سُرُرٌ مَرْفُوعَةٌ ⑭

وَأَكْوَابٌ مَوْضُوعَةٌ ⑮

وَمَنَارِقُ مَصْفُوفَةٌ ⑯

وَدَرَارِيُّ مَبْثُوثَةٌ ⑰

أَفَلَا يَنْظُرُونَ إِلَى الْأَيْدِي كَيْفَ خُلِقَتْ ⑱


وَأِلَى السَّمَاءِ كَيْفَ رُفِعَتْ ⑲

وَأِلَى الْجِبَالِ كَيْفَ نُصِبَتْ ⑳

وَأِلَى الْأَرْضِ كَيْفَ سُطِحَتْ ㉑

فَذَكِّرْهُ لَأْتَمَّا أَنْتَ مُذَكَّرٌ ㉒

23. Toli mukuumi ku bo. كَسَتْ عَلَيْهِمْ مُمُصِطِرٌ ﴿٢٣﴾
24. Naye oyo eyeefuula neyeerema, إِلَّا مَنْ تَوَلَّى وَكَفَرَ ﴿٢٤﴾
25. Kale Allah alimubonereza ekibonerezo ekinene ennyo. فَيَعَذِّبُهُ اللَّهُ الْعَذَابَ الْأَكْبَرَ ﴿٢٥﴾
26. Mazima gye tuli y'eri obuddo bwabwe, إِنَّ إِلَيْنَا أِيَّاكُمْ ﴿٢٦﴾
27. N'oluvannyuma ddala n'okubalwa kwabwe kuli gye tuli. ثُمَّ إِنَّ عَلَيْنَا حِسَابَهُمْ ﴿٢٧﴾



AL-FAJR

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
2. Njuliza emmambya, وَالْفَجْرِ ﴿٢﴾
3. N'ebiro ekkumi, وَلَيَالٍ عَشْرٍ ﴿٣﴾
4. N'ebyenkanankana, n'ebyensusuuba. وَالشَّفْعِ وَالْوَتْرِ ﴿٤﴾
5. N'ekiro awo nga bugenda okukya, وَاللَّيْلِ إِذَا يَشْرِئُ ﴿٥﴾
6. Abaffe, mw'ebyo temuliimu bujulizi obw'amaanyi eri oyo alina amagezi? هَلْ فِي ذَلِكَ قَسَمٌ لِذِي حَجْرِ ﴿٦﴾
7. Abaffe, tolaba nga Mukama wo bwe yakola aba 'Ädi — أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِعَادٍ ﴿٧﴾
8. Ab'eggwanga Iya Irama abaalina ebizimbe ebitumbiivu, إِذْ مَا اتَّيَّحَمَادُ ﴿٨﴾
9. Ebizimbe ng'ebyabwe byaali tebizi-mbwangako mu nsi— الَّتِي لَمْ يُخْلَقْ مِثْلُهَا فِي الْبِلَادِ ﴿٩﴾
10. N'aba Thamūda abaawookoolanga enjazi mu kiwonvu, وَتَمُودَ الَّذِينَ جَابُوا الصَّخْرَ بِالْوَادِ ﴿١٠﴾
11. Ne Farāwo nannyini magye? وَفِرْعَوْنَ ذِي الْأَوْتَارِ ﴿١١﴾
12. Abo abajeemera mu nsi, الَّذِينَ طَغَوْا فِي الْبِلَادِ ﴿١٢﴾
13. Era nebasukkiriza obwonoonefu mu yo. فَأَكْثَرُوا فِيهَا الْفَسَادَ ﴿١٣﴾
14. Kale Mukama wo n'abayiwako embooko y'ekibonerezo. فَصَبَّ عَلَيْهِمْ رَبُّكَ سَوْطَ عَذَابٍ ﴿١٤﴾
15. Mazima Mukama wo ali mu kuteegerera. إِنَّ رَبَّكَ لَبِالْمِرْصَادِ ﴿١٥﴾

16. Naye omuntu Mukama we bw'amugezesa n'amuwa ekitiibwa n'amuwa n'ebiyengera, olwo agamba nti: Nga Mukama wange ampa-dde nnyo ekitiibwa.

17. Naye bw'amugezesa n'amukundeereza ebyamuweebwa, olwo nga agamba nti: Mukama wange ampeebudde.

18. Si kyo, ddala temuwa bamulekwa kitiibwa,

19. Era temukubiriziganya ku kuliisa banaku,

20. Era mulya n'ebiyobusika *bye musigi-ddwa* mu ndya ey'okuvaabira,

21. Era mwagala nnyo eby'obugagga okwagala okusukkiridde.

22. Mwetegereze! awo ensi bw'eribetentulwa olubetentula,

23. Era Mukama wo n'ajja ne ba malayika mu nnyiriri n'ennyiriri;

24. N'omuliro kw'olwo ne guleetebwa, ku lunaku olwo omuntu alijjukira, naye nno nga okujjukira kwe kukyamugasa ki?

25. Aligamba nti: O! Nga zinsanze, singa kale nakulembeza *birungi* olw'obulamu bwange *obw'oluvannyuma!*

26. Kale ku lunaku olwo, tewali n'omu alibonereza kibonerezo ng'ekikyey;

27. Era tewaliba n'omu alisiba ensiba ng'eyiye.

28. Owange ggwe omwoyo omutebenkevu!

29. Dda eri Mukama wo nga oli musanyufu *gy'ali*, nga naye musanyufu *gy'oli*.

30. Kale yingira mu baweereza bange *abaagalwa*,

31. Era yingira mu Janna yange.

فَأَمَّا الْإِنْسَانُ إِذَا مَا ابْتَلَاهُ رَبُّهُ فَأَكْرَمَهُ وَنَعَّمَهُ فَيَقُولُ رَبِّي أَكْرَمَنِ ﴿٦٦﴾

وَأَمَّا إِذَا مَا ابْتَلَاهُ فَقَدَرَ عَلَيْهِ رِزْقَهُ فَيَقُولُ رَبِّي أَهَانَنِ ﴿٦٧﴾

كَلَّا بَلْ لَا تَشْكُرُونَ الْيَتِيمَ ﴿٦٨﴾
وَلَا تَخْشَوْنَ عَلَىٰ طَعَامِ الْمَشْكِينِ ﴿٦٩﴾

وَتَأْكُلُونَ الثَّمَرَاتِ أَكْلًا لَّمًّا ﴿٧٠﴾
وَتُحِبُّونَ الْمَالَ حُبًّا جَمًّا ﴿٧١﴾

كَلَّا إِذَا دُكَّتِ الْأَرْضُ دَكًّا دَكًّا ﴿٧٢﴾
وَجَاءَ رَبُّكَ وَالْمَلَكُ صَفًّا صَفًّا ﴿٧٣﴾

وَجَاءَ يَوْمَئِذٍ بِجَهَنَّمَ ۗ يَوْمَئِذٍ
يَتَذَكَّرُ الْإِنْسَانُ وَأَنَّىٰ لَهُ الذُّكْرَىٰ ﴿٧٤﴾

يَقُولُ يَلَيْتَنِي قَدَّمْتُ لِحَيَاتِي ﴿٧٥﴾

فَيَوْمَئِذٍ لَا يُعَذِّبُ عَذَابَهُ أَحَدٌ ﴿٧٦﴾
وَلَا يُؤْتِيهِمْ وَتَاقَهُ أَحَدٌ ﴿٧٧﴾

يَا أَيَّتُهَا النَّفْسُ الْمُطْمَئِنَّةُ ﴿٧٨﴾
ارْجِعِي إِلَىٰ رَبِّكِ رَاضِيَةً مَّرْضِيَّةً ﴿٧٩﴾

فَادْخُلِي فِي عِبَادِي ﴿٨٠﴾

﴿٨١﴾ وَادْخُلِي جَنَّتِي ﴿٨٢﴾

AL-BALAD

(Yakka lubereberye bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

2. Nedda, njuliza ekibuga kino.

لَا أُقْسِمُ بِهَذَا الْبَلَدِ ②

3. Era ggwe lumu olidda mu kibuga kino.

وَأَنْتَ حِجْلٌ بِهَذَا الْبَلَدِ ③

4. Era njuliza omuzadde n'oyo gwe yazaala,

وَوَالِدٍ وَمَا وَكَدِ ④

5. Mazima twatonda omuntu nga wa kutakabana.

لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنْسَانَ فِي كَبَدٍ ⑤

6. Abaffe, alowooza nti tewali n'omu amulinako buyinza?

أَيَحْسَبُ أَنْ لَنْ يَقْدِرَ عَلَيْهِ أَحَدٌ ⑥

7. Agamba nti: Nsaasaanyizza eby'obugagga bingi.

يَقُولُ أَهْلَكْتُ مَا لَا لُبَدَاءُ ⑦

8. Abaffe, alowooza nti tewali n'omu amulaba?

أَيَحْسَبُ أَنْ لَمْ يَرَهُ أَحَدٌ ⑧

9. Abaffe, tetwamuwa amaaso abiri,

أَلَمْ نَجْعَلْ لَهُ عَيْنَيْنِ ⑨

10. N'olulimi, n'obumwa bubiri?

وَلِسَانًا وَشَفَتَيْنِ ⑩

11. Era netumwoleka amakubo abiri eddungi n'ebbi?

وَهَدَيْنَاهُ النَّجْدَيْنِ ⑪

12. Naye teyawalampa kkubo lya 'Aqabah.

فَلَا اتَّخَمَ الْعَقَبَةَ ⑫

13. Naye kiki ekinaakumanyisa ekkubo lya 'Aqabah?

وَمَا أَدْرَاكَ مَا الْعَقَبَةُ ⑬

14. Kwe kuta omuddu.

فَأَنَّ رَقَبَةَ ⑭

15. Oba okuliisa ku lunaku olw'enjala

أَوْ اطْعَمٌ فِي يَوْمٍ ذِي مَسْجَبَةٍ ⑮

16. Mulekwa ow'oluganda,

يَتَّبِعَانَا مَثْرَبَةَ ⑯

17. Oba omwavu avulubanye enfuufu.

أَوْ مَشْكِنَاتًا مَثْرَبَةَ ⑰

18. Ate ng'ali mw'abo abakkiriza era abakuutiragana ku kugumiikiriza era nebakuutiragana ku kusaasiragana.

ثُمَّ كَانَ مِنَ الَّذِينَ آمَنُوا وَتَوَاصَوْا بِالصَّبْرِ وَتَوَاصَوْا بِالْمَرْحَمَةِ ⑱

19. Abo nno be bantu b'oku ddyo.

أُولَئِكَ أَصْحَابُ الْمَيْمَنَةِ ⑲

20. Naye abo abaagaana Aya zaffe, bo be bantu b'oku kkono.

وَالَّذِينَ كَفَرُوا بِآيَاتِنَا هُمْ أَصْحَابُ الْمَشْأَمَةِ ⑳

21. Ku bo omuliro ogw'embiga kwe gulibukira

عَلَيْهِمْ نَارٌ مُّؤَصَّدَةٌ ①



AL-SHAMS

(Yakka luberebeye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①

2. Njuliza enjuba n'ekiseera w'eviirayo,

وَالشَّمْسِ وَضُحَاهَا ②

3. N'omwezi awo nga gugigoberera,

وَالْقَمَرِ إِذَا تَلَّهَا ③

4. N'emisana awo nga gogyolesa,

وَالنَّهَارِ إِذَا جَلَّهَا ④

5. N'ekiro awo nga kigibuutikira,

وَاللَّيْلِ إِذَا يَغْشَاهَا ⑤

6. N'eggulu n'enzimba ya Iyo eyewuunyisa,

وَالسَّمَاءِ وَمَا بَنَاهَا ⑥

7. N'ensi n'okwaliirwa kwa yo,

وَالْأَرْضِ وَمَا طَحَاهَا ⑦

8. N'omwoyo n'okuyoooyootwa kwa gwo—

وَنَفْسٍ وَمَا سَوَّاهَا ⑧

9. Kale yagubikkulira amakubo g'ebibi bya gwo n'agobutuukirivu bwa gwo—

فَالهَمَّهَا فَجُورَهَا وَتَقْوَاهَا ⑨

10. Mazima amaze okuganyulwa oyo agutukuza,

قَدْ أَفْلَحَ مَنْ رَزَقَهَا ⑩

11. Era amaze okuzikirira oyo agwoonona.

وَقَدْ خَابَ مَنْ دَسَّاهَا ⑪

12. Aba Thamūda baalimbisa obubaka olw'obujeemu bwabwe.

كَذَّبَتْ ثَمُودُ بِطَغْوَاهَا ⑫

13. Awo abasinga ekikwa bwe yayimuka,

إِذِ انبَعَثَ أَشْقَاهَا ⑬

14. Kale Omubaka wa Allah n'abagamba nti: Muleke eng'amira ya Allah eno enkazi n'okunywa kwa yo.

فَقَالَ لَهُمْ رَسُولُ اللّٰهِ نَاقَةَ اللّٰهِ وَسُقْيَاهَا ⑭

15. Naye baamulimbisa, ne bagitemako amagulu, olwo Mukama waabwe n'abazikiririza ddala olw'ekibi kyabwe, kale eggwanga Iyaabwe n'alisaanyaawo.

فَكَذَّبُوهُ فَجَعَلْنَاهَا مِمَّا قَدَّمْ

عَلَيْهِمْ رَبُّهُمْ يَذَّكَّرْهُمْ فَسَوْاهَا ⑮

16. Era teyafaayo ku binaakivaamu.

وَلَا يَخَافُ عُقْبَاهَا ⑯

AL-LAIL

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Njuliza ekiro awo nga kibutikidde ensi.

3. N'omusana awo nga gwakaayakana,

4. N'okutondebwa kw'ekisajja n'ekikazi,

5. Mazima okutakabana kwammwe kwa njawulo.

6. Naye oyo alitoola ku lwa Allah era neyeekuuma,

7. Era n'akakasa ebituufu byonna,

8. Kale tulimuwewula n'adda eri obwangu.

9. Naye oyo alikodowala neyeefuula eye-emala,

10. N'alimbisa ekituufu,

11. Kale tulimwanguyiza eri obuzibu.

12. Era eby'obugagga bwe tebigenda kumugasa ng'azikirira.

13. Mazima okulung'anya kuli ku Ffe,

14. Era ddala obulamu bw'enkomerero n'obwolubereberye bwaffe.

15. Kale mbalabula ku muliro ogubumbujja.

16. Teri aliguyingiramu okuggyako oyo ow'ekikwa ennyo,

17. Oyo eyalimbisa n'akubayo amabega.

18. Naye gulyewazibwa oyo eyeekuuma ennyo,

19. Oyo atoola eby'obugagga bwe olw'o-kunoonya obutukuvu.

20. Era nga ku lulwe tewali yenna gw'a-kolera kisa kyonna nti asaluswe,

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

وَاللَّيْلِ إِذَا يَغْشَى ②

وَالنَّهَارِ إِذَا تَجَلَّى ③

وَمَا خَلَقَ الذَّكَرَ وَالْأُنثَى ④

إِنْ سَعَيْكُمْ لَشَيْءٌ ⑤

فَأَمَّا مَنْ أَعْطَى وَاتَّقَى ⑥

وَصَدَّقَ بِالْحُسْنَى ⑦

فَسَيُسِّرُهُ لِيُسْرَى ⑧

وَأَمَّا مَنْ بَخِلَ وَاسْتَغْنَى ⑨

وَكَذَّبَ بِالْحُسْنَى ⑩

فَسَيُسِّرُهُ لِّلْعُسْرَى ⑪

وَمَا يُخْرِي عَنْهُ مَالَهُ إِذَا تَرَدَّى ⑫

إِنَّ عَلَيْنَا لَلْهُدَى ⑬

وَأَنَّ لَنَا لِلْآخِرَةِ وَالْأُولَى ⑭

فَأَنْذَرْتُكُمْ نَارًا تَلَظَّى ⑮

لَا يَصْلُهَا إِلَّا الْآشَقَى ⑯

الَّذِي كَذَّبَ وَتَوَلَّى ⑰

وَسَيَجْزِيهَا الْآتَقَى ⑱

الَّذِي يُؤْتِي مَالَهُ يَتَزَكَّى ⑲


وَمَا لِاحِدٍ عِنْدَهُ مِنْ حِمَّةٍ تُؤَدَّى ⑳

21. Wabula *akikola* lwa kunoonya kusiima kwa Mukama we, Omugulumivu.

إِلَّا ابْتِغَاءَ وَجْهِ رَبِّهِ الْأَعْلَى ۝١١

22. Era mangu nnyo *Allah* ajja kusiima by'akola.

وَلَسَوْفَ يَرْضَى ۝١٢



سُورَةُ الدُّهَىٰ مَكِّيَّةٌ ٩٣

AL-DUHĀ

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝١

2. Njuliza akasana k'oku makya,

وَالضُّحَىٰ ۝٢

3. N'ekiro awo nga kibunye wonna,

وَاللَّيْلِ إِذَا سَجَىٰ ۝٣

4. Mukama wo takwabuliranga wadde tanyiiganga *ku lulwo*.

مَا وَدَّعَكَ رَبُّكَ وَمَا قَلَىٰ ۝٤

5. Mazima *ekiseera kyo* eky'oluvannyuma ky'ekisinga obulungi gy'oli ku ky'olubereberye.

وَلَلْآخِرَةُ خَيْرٌ لَّكَ مِنَ الْأُولَىٰ ۝٥

6. Era mangu nnyo Mukama wo ajja ku kuwa osiime.

وَلَسَوْفَ يُعْطِيكَ رَبُّكَ فَتَرْضَىٰ ۝٦

7. Abaffe, teyakusanga nga oli mulekwa, n'akuwa obubudamo ?

أَلَمْ يَجِدْكَ يَتِيمًا فَآوَىٰ ۝٧

8. Era yakusanga obulubuuta, n'akwoleka *ekku*.

وَوَجَدَكَ ضَالًّا فَهَدَىٰ ۝٨

9. Era yakusanga nga oli mu bwetaavu, n'akugaggawaza.

وَوَجَدَكَ عَائِلًا فَأَغْنَىٰ ۝٩

10. Kale mulekwa, tomutuntuzanga,


فَأَمَّا الْيَتِيمَ فَلَا تَقْهَرْ ۝١٠

11. N'asaba, tomuboggoleranga,

وَأَمَّا السَّائِلَ فَلَا تَنْهَرْ ۝١١

12. Era ebyengera bya Mukama wo bibuulirengako *abalala*.

وَأَمَّا بِنِعْمَةِ رَبِّكَ فَحَدِّثْ ۝١٢



سُورَةُ الْاِنْشِرَاحِ مَكِّيَّةٌ ٩٤

AL-INSHIRĀH

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝١

2. Abaffe, tetwakwanjululiza ekifuba kyo,

أَلَمْ نَشْرَحْ لَكَ صَدْرَكَ ۝٢

3. Era netukutikkulako obuzito bwo

وَوَضَعْنَا عَنكَ وِزْرَكَ ۝٣

4. Obwali *bunaatera* okumenya omugongo gwo,
 5. Era netututumula elinnya lyo?
 6. Kale ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.
 7. Era ddala wabaawo obwangu oluvannyuma lw'obuzibu.
 8. Kale buli lw'ofunanga akaagaanya, ofubanga nnyo,
 9. Era eri Mukama wo gy'obanga osinga okwemalira.

الَّذِي أَنْقَضَ ظَهْرَكَ ۖ
 وَرَفَعْنَا لَكَ ذِكْرَكَ ۖ
 فَإِنَّ مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۖ
 إِنَّ مَعَ الْعُسْرِ يُسْرًا ۖ
 فَإِذَا فَرَغْتَ فَانصَبْ ۖ
 وَإِلَىٰ رَبِّكَ فَارْغَبْ ۖ



AL-TĪN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
 2. Njuliza Omutiini n'Omuzayituuni,
 3. N'olusozi Sinaayi,
 4. N'ekibuga kino eky'emirembe.
 5. Mazima twatonda omuntu mu ngeri esingira ddala obulungi;
 6. N'oluvannyuma *bw'ayonoona*, tumuzzaayo mu ba wansi abasemberayo ddala,
 7. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi; kale abo be balifuna empeera etaliiko kkomo.
 8. Kale ate kiki oluvannyuma *Iwa kino* ekinaakulimbisa ku ky'okulamula?
 9. Abaffe, Allah si y'asinga abalamuzi bonna?

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ۝
 وَالتِّينِ وَالزَّيْتُونِ ۝
 وَطُورِ سِينِينَ ۝
 وَهَٰذَا الْبَلَدِ الْأَمِينِ ۝
 لَقَدْ خَلَقْنَا الْإِنسَانَ فِي أَحْسَنِ تَقْوِيمٍ ۝
 ثُمَّ رَدَدْنَاهُ أَسْفَلَ سَافِلِينَ ۝
 إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ فَلَهُمْ أَجْرٌ غَيْرُ مَمْنُونٍ ۝
 فَمَا يُكَذِّبُكَ بَعْدَ الْإِيمَانِ ۝
 أَلَيْسَ اللَّهُ بِأَحْكَمَ الْحَاكِمِينَ ۝

AL-'ALAQ

(Yakka lubereberye kwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Soma ku lw'erinnya lya Mukama wo Oyo eyatonda,

3. Eyatonda omuntu okuva mu kitole ky'omusaayi ekikwaafu.

4. Soma! Anti Mukama wo ye Ssaabati-bwa,

5. Oyo eyayigiriza okuwandiika n'ekkalamu.

6. Yayigiriza omuntu bye yali tamanyi.

7. Nedda, mazima omuntu ajeema nnyo,

8. Olw'okweraba nti yeemala.

9. Mazima eri Mukama wo y'eri obuddo.

10. Abaffe, omulabye oyo aziyiza

11. Omuweereza waffe ng'asaala?

12. Kiba kitya, singa abanga ali ku bulung'amu?

13. Oba ng'akubiriza okutya Allah?

14. Okiraba otya, singa alimbisa amazima n'akubayo amabega,

15. Abaffe, tamanyi nti ddala Allah alaba?

16. Nedda, singa teyeekomoko, ddala tujja kumuwalula nga tukutte mu nviiri z'omu kawompo,

17. Mu nviiri z'omu kawompo ak'obulimba, ak'onoonyi.

18. Kale k'akoowoole banne,

19. Naffe tukoowoole abambowa baffe.

20. Nedda, oyo tomugonderanga, wabula vuunama era osemberere Allah.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

اقْرَأْ بِاسْمِ رَبِّكَ الَّذِي خَلَقَ ②

خَلَقَ الْإِنْسَانَ مِنْ عَلَقٍ ③

اقْرَأْ وَرَبُّكَ الْأَكْرَمُ ④

الَّذِي عَلَّمَ بِالْقَلَمِ ⑤

عَلَّمَ الْإِنْسَانَ مَا لَمْ يَعْلَمْ ⑥

كَلَّا إِنَّ الْإِنْسَانَ لِكَيْطِئٍ ⑦

أَنْ رَأَاهُ اسْتَكْبَرُ ⑧

إِنَّا إِلَىٰ رَبِّكَ الرَّجُعِيُّ ⑨

أَرَأَيْتَ الَّذِي يَنْهَىٰ ⑩

عَبْدًا إِذَا صَلَّىٰ ⑪

أَرَأَيْتَ إِنْ كَانَ عَلَىٰ الْهُدَىٰ ⑫

أَوْ أَمَرَ بِالتَّقْوَىٰ ⑬

أَرَأَيْتَ إِنْ كَذَّبَ وَتَوَلَّىٰ ⑭

أَلَمْ يَعْلَم بِأَنَّ اللَّهَ يَرَىٰ ⑮

كَلَّا لَئِنْ لَمْ يَنْتَهِ ⑯ لَنَسْفَعًا

بِالتَّاصِيَةِ ⑰

تَأْصِيَةٍ كَأَذْيَةِ خَاطِئَةٍ ⑱

فَلْيَدْعُ نَادِيَهُ ⑲

سَنَدْعُ الزَّبَانِيَةَ ⑳

كَلَّا لَا تُطْعَمُهُ وَاَسْجُدْ ⑳ وَاقْتَرِبْ ㉑

١ ركوعها

سُورَةُ الْقَدْرِ مَكِّيَّةٌ ٩٧

آياتها ٦

AL-QADR

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Mazima Kur'āni twagissa mu kiro eky'okugera.

3. Naye kiki ekinaakumanyisa ekiro eky'okugera nga bwe kiri?

4. Ekiro eky'okugera kirungi n'okusinga emyezi olukumi.

5. Ba malayika ne Mwoyo bakkira nnyo mu kyo ku buli nsonga olw'ekiragiro kya Mukama waabwe.

6. Emirembe gy'ekiro ekyo gituusiza ddala ku kusala kwa mmambya.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

إِنَّا أَنْزَلْنَاهُ فِي لَيْلَةِ الْقَدْرِ ②

وَمَا أَدْرَاكَ مَا كَيْلَةُ الْقَدْرِ ③

لَيْلَةُ الْقَدْرِ خَيْرٌ مِنْ أَلْفِ شَهْرٍ ④

تَنْزِيلُ الْمَلَكِ وَالرُّوحِ فِيهَا بِإِذْنِ

رَبِّهِمْ مِنْ كُلِّ أَمْرٍ ⑤

تَبَيَّنَ سَلَامٌ تَشَاهِي حَتَّى مَطَلَعِ الْفَجْرِ ⑥

١ ركوعها

سُورَةُ الْبَيِّنَاتِ مَدَنِيَّةٌ ٩٨

آياتها ٩

AL-BAYYINAH

(Yakka luvannyuma lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo n'abo abenkanya Allah n'ebirala tebajja kulekayo butakkiriza bwaabwe okutuusa nga batuukiddwako obukakafu obw'olwaatu —

3. Nga buleetebwa Omubaka ava eri Allah asoma ebiwandiiko ebyatukuzibwa,

4. Ebirimu enjigiriza ey'enkalakkalira.

5. Era abo abaaweebwa Ekitabo tebaaya-wukanamu wabula luvannyuma nga bamaze kutuukwako bukakafu obw'olwaatu.

6. Era tebaalagirwa kirala okuggyako oku-sinza Allah yekka, nga bamalirivu mu buwulize gy'ali, nga beesimbu, era nga bajjumbira essaala era nga batoola zaka. Era eyo y'eddiini ennesimbu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

لَمْ يَكُنِ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ

الْكِتَابِ وَالْمُشْرِكِينَ مُنْفَكِينَ حَتَّى

تَأْتِيَهُمُ الْبَيِّنَةُ ②

رَسُولٌ مِنَ اللَّهِ يَتْلُو صُحُفًا مُطَهَّرَةً ③

فِيهَا كُتِبَ قَيِّمَةٌ ④

وَمَا تَفَرَّقَ الَّذِينَ أُوتُوا الْكِتَابَ إِلَّا مِنْ

بَعْدِ مَا جَاءَتْهُمْ الْبَيِّنَةُ ⑤

وَمَا أَمَرُوا إِلَّا لِيُعْبَدُوا اللَّهَ مُخْلِصِينَ

لَهُ الدِّينَ ۗ حُنَفَاءَ وَيُقِيمُوا الصَّلَاةَ وَ

يُؤْتُوا الزَّكَاةَ وَذَكَرُوا الدِّينَ الْقَيِّمَةَ ⑥

7. Mazima abo abatakkiriza mu bantu b'Ekitabo n'abenkanya Allah n'ebirala be baliba mu muliro gwa Jahannamu, omwo mwe balibeera. Abo nno be basinga obubi mu bitonde byonna.

8. Mazima abo abakkiriza era nebakola ebikolwa eburungi — abo be basinga obulungi mu bitonde byonna.

9. Empeera yaabwe eri eri Mukama waabwe — ensuku ez'olubeerera ezikulukutamu emigga wansi wa zo, omwo mwe balibeera olubeerera. Allah aliba musanyufu gye bali, nabo nga basanyufu gy'ali. Ebyo by'oyo atya Mukama we.

إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا مِنْ أَهْلِ الْكِتَابِ وَ
الْمُشْرِكِينَ فِي نَارِ جَهَنَّمَ خَالِدِينَ فِيهَا
أُولَئِكَ هُمْ شَرُّ الْبَرِيَّةِ ٧

إِنَّ الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
أُولَئِكَ هُمْ خَيْرُ الْبَرِيَّةِ ٨

جَزَاءُ وَّهُمْ عِنْدَ رَبِّهِمْ جَنَّاتُ عَدْنٍ تَجْرِي
مِنْ تَحْتِهَا الْأَنْهَارُ خَالِدِينَ فِيهَا أَبَدًا
رَضِيَ اللَّهُ عَنْهُمْ وَرَضُوا عَنْهُ ذَلِكَ
لِمَنْ خَشِيَ رَبَّهُ ٩

سُورَةُ الزَّلْزَالِ مَكِّيَّةٌ ٩٩

AL-ZILZĀL

(Yakka lubereberye lwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.

2. Awo ensi bw'erikankanyizibwa olukankana lwa yo,

3. Era ensi n'eggyayo ebizito bya yo,

4. N'omuntu n'agamba nti: Abaffe, eba-dde etya?

5. Kw'olwo eryoogera ebigifaako.

6. Olw'okubanga Mukama wo aliba agibikkulidde ebigifaako.

7. Ku lunaku olwo abantu balijjira mu bibinja eby'enjawulo balyooke balagibwe ebikolwa byabwe.

8. Kale oyo akola akalungi akazitowa ng'akabu, alikalaba.

9. N'oyo akola akabi akazitowa ng'akabu, alikalaba.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ١

إِذَا زُلْزِلَتِ الْأَرْضُ زِلْزَالَهَا ٢

وَأَخْرَجَتِ الْأَرْضُ أَثْقَالَهَا ٣

وَقَالَ الْإِنْسَانُ مَا لَهَا ٤

يَوْمَ مِئْذٍ تُحَدِّثُ أَخْبَارَهَا ٥

يَا أَيُّهَا رَبُّكَ أَوْحَىٰ لَهَا ٦

يَوْمَ مِئْذٍ يَصُدُّ النَّاسُ أَسْتَأْتُوا لِيُرَوُا ٧

أَعْمَالَهُمْ ٨

فَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ خَيْرًا يَرَهُ ٩

وَمَنْ يَعْمَلْ مِثْقَالَ ذَرَّةٍ شَرًّا يَرَهُ ١٠

رُكُوعًا ١

سُورَةُ الْعَدِيَّتِ مَكِّيَّةٌ ١٠٠

آيَاتُهَا ١٢

AL-‘ĀDIYĀT

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Njuliza *embalaasi* eziwejjawejja,
3. Kale nezimansula ensasi z'omuliro,
4. N'abazinda mu matulutulu,
5. Kale nebazifuumuza enfuufu,
6. Olwo nebesonseka nazo wakati w'eggye *ly'omulabe*.
7. Mazima omuntu si mwebazi eri Mukama we,
8. Era ddala naye mujulizi kw'ekyo.
9. Era mazima mu kwagala eby'obugagga yeekansa.
10. Abaffe, tamanyi nti awo abali mu ntaana bwe balizuukizibwa,
11. N'ebiri mu bifuba nebiggyibwayo,
12. Mazima Mukama waabwe kw'olwo ddala aliba amanyi bulungi ebibafaako?

- بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 وَالْعَدِيَّتِ صَبْحًا ②
 فَالْمُورِيَّتِ قَدْحًا ③
 فَالْمُغِيْزَِّتِ صُبْحًا ④
 فَآثَرْنَ بِهِ نَقْعًا ⑤
 فَوَسَطْنَ بِهِ جَمْعًا ⑥
 إِنَّ الْإِنْسَانَ لِرَبِّهِ لَكَنُودٌ ⑦
 وَإِنَّهُ عَلَىٰ ذَٰلِكَ لَشَهِيدٌ ⑧
 وَإِنَّهُ لِحُبِّ الْخَيْرِ لَشَدِيدٌ ⑨
 أَفَلَا يَعْلَمُ إِذَا بُعْثِرَ مَا فِي الْقُبُورِ ⑩
 وَحُصِّلَ مَا فِي الصُّدُورِ ⑪
 إِنَّ رَبَّهُم بِهِمْ يَوْمَئِذٍ لَّخَبِيرٌ ⑫

رُكُوعًا ١

سُورَةُ الْقَارِعَةِ مَكِّيَّةٌ ١٠١

آيَاتُهَا ١٢

AL-QARI‘AH

(Yakka lubereberye hwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Akabi akaggunda!
3. Akabi akaggunda kye ki?
4. Era kiki ekinaakumanyisa nti akabi akaggunda kye ki?
5. Lwe lunaku abantu lwe baliba ng'e-biwojjolo ebisaasaanye,
6. N'ensozi ziriba ng'ebyoya by'endiga ebisunsule.

- بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①
 الْقَارِعَةُ ②
 مَا الْقَارِعَةُ ③
 وَمَا أَذْرَكَ مَا الْقَارِعَةُ ④
 يَوْمَ يَكُونُ النَّاسُ كَالْفَرَاشِ الْمَبْثُوثِ ⑤
 وَتَكُونُ الْجِبَالُ كَالْعِهْنِ الْمَنْفُوثِ ⑥

7. Kale oyo ebipimibwa bye ebirizitowa,
8. Kale oyo y'aliba mu bulamu obwesii-misa.
9. Naye oyo ebipimibwa bye ebiriwewuka,
10. Kale Hāwiya y'aliba nnyina.
11. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Hāwiya kye ki?
12. Gwe muliro olubabu.

فَأَمَّا مَنْ ثَقُلَتْ مَوَازِينُهُ ﴿٧﴾
 فَهُوَ فِي عِيشَةٍ رَّا ضَيِّقٍ ﴿٨﴾
 وَأَمَّا مَنْ خَفَّتْ مَوَازِينُهُ ﴿٩﴾
 فَأُمُّهُ هَاوِيَةٌ ﴿١٠﴾
 وَمَا أَذْرَكَ مَا هِيَ ﴿١١﴾
 نَارُ حَامِيَةٍ ﴿١٢﴾

رُكُوعًا ١
سُورَةُ التَّكْوِيْنِ مَكِّيَّةٌ ١٠٢
آيَاتُهَا ٩

AL-TAKĀTHUR

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Okuvuganya mu kuyingiwaza eby'obugagga kubalagajjazza,
3. Okutuusa lwe mulituuka mu ntaana.
4. Nedda, mangu nnyo mujja kumanya,
5. Nate nedda, mujja kumanya ku bwangu.
6. Si kyo, singa ddala mumanyi okumanya okukakafu,
7. Mazima mwalirabye omuliro wano ku nsi.
8. N'oluvannyuma ddala muligulaba n'eriiso ekkakafu.
9. Nate era ddala kw'olwo mulibuuzibwa ebikwaata ku byengera bye mwaweebwa ku nsi.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ﴿١﴾
 اَلْهٰكُمُ التَّكْوِيْنُ ﴿٢﴾
 حَتّٰى زُذْتُمْ الْمَقَابِرَ ﴿٣﴾
 كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ﴿٤﴾
 ثُمَّ كَلَّا سَوْفَ تَعْلَمُوْنَ ﴿٥﴾
 كَلَّا لَوْ تَعْلَمُوْنَ عِلْمَ الْيَقِيْنِ ﴿٦﴾
 لَتَرُوْنَ الْجَحِيْمَ ﴿٧﴾
 ثُمَّ لَتَرُوْنَهَا عِيْنَ الْيَقِيْنِ ﴿٨﴾
 ثُمَّ لَتَسْأَلَنَّ يَوْمَ مَعِيْذٍ عَنِ النَّجْوِيْنَ ﴿٩﴾

رُكُوعًا ١
سُورَةُ الْعَصْرِ مَكِّيَّةٌ ١٠٣
آيَاتُهَا ٤

AL-‘AŞR

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Njuliza omulembe,
3. Mazima omuntu ali mu kufiirwa bufiirwa,

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِيْمِ ﴿١﴾
 وَالْعَصْرِ ﴿٢﴾
 اِنَّ الْاِنْسَانَ لِفِيْ خُسْرٍ ﴿٣﴾

4. Okuggyako abo abakkiriza era nebakola ebikolwa ebirungi, nebakuutiragana ku mazima era nebakuutiragana ku kugumiikiriza.

إِلَّا الَّذِينَ آمَنُوا وَعَمِلُوا الصَّالِحَاتِ
وَتَوَاصَوْا بِالْحَقِّ وَتَوَاصَوْا بِالصَّبْرِ ٤

٤٨



AL-HUMAZAH

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Zimusanze buli mugeyi, omuwaayirizi,
3. Oyo atuuma eby'obugagga n'abibalirira,
4. Ng'alowooza nti eby'obugagga bwe bijja kumufuula wa lubeerera.
5. Nedda, mazima agenda kusuulibwa mu Hutwamah.
6. Naye kiki ekinaakumanyisa nti Hutwamah kye ki?
7. Gwe muliro gwa Allah omukumire ddala,
8. Ogwo ogubuubuukira ku mitima.
9. Ddala gwo gulibazingako
10. Mu mpagi empanvu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

ذَيْلٌ لِّكُلِّ هُمَزَةٍ لُّمَزَةٍ ②

وَالَّذِي جَمَعَ مَالًا وَعَدَّدَهُ ③

يَحْسَبُ أَنَّ مَالَهُ أَخْلَدَهُ ④

كَلَّا لَيُنْبَذَنَّ فِي الْحُطَمَةِ ⑤

وَمَا أَذْرَكَ مَا الْحُطَمَةُ ⑥

تَارَ اللَّهُ الْمُوقَدَةَ ⑦

الَّتِي تَطَّلِعُ عَلَى الْإِعْدَةِ ⑧

رَاتَهَا عَلَيْهِمْ مَوْصِدَةً ⑨

فِي عَمَدٍ مُمَدَّدَةٍ ⑩

٤٩



AL-FİL

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Abaffe, tolaba Mukama wo kye yakola ba nnannyini njovu*?
3. Abaffe, okwekoba kwabwe teyakufuula okufaafaaganye?
4. N'abasindikira ennyonyi mu bibinja,
5. Ezaabalya nga zibakoonakoona ku mayinja g'ensibo.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

أَلَمْ تَرَ كَيْفَ فَعَلَ رَبُّكَ بِأَصْحَابِ

الْفِيلِ ②

أَلَمْ يَجْعَلْ كَيْدَهُمْ فِي تَضْلِيلٍ ③

وَأَرْسَلَ عَلَيْهِمْ طَيْرًا أَبَابِيلَ ④

تَرْمِيهِمْ بِحِجَارَةٍ مِّن سِجِّيلٍ ⑤

105:2. Eggye lino ely'Abakulisitayo lyakulemberwa Abraha eyali gavana wa kabaka wa Abyssinia (Ethiopia) mu nsi y'e Yemen.

6. Kale nezibafuula ng'omuddo omukalu, omugaayeemu.

فَجَعَلَهُمْ كَعَصِفٍ مَّا كُوِّلَ ۝٦



AL-QURAIISH

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Ku lw'okugatta aba Quraishi mu kwagalana —
3. Twabaagazisa eng'endo z'omu butiti ne mu kyeya.
4. Kale basaanye basinze Mukama w'E-nnyumba eno (Ka'bah),
5. Oyo eyabaliisa mu njala era n'abawonyo okutya.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ۝١

لِإِیْلَافِ قُرَیْشٍ ۝٢

الْفِهِمِ رِحْلَةَ الشِّتَاءِ وَالصَّیْفِ ۝٣

فَلْيَعْبُدُوا رَبَّ هَذَا الْبَيْتِ ۝٤

الَّذِي أَطْعَمَهُم مِّنْ جُوعٍ ۖ وَآَمَنَهُم

مِّنْ خَوْفٍ ۝٥



AL-MĀ'ŪN

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Abaffe, omulabye oyo alimbisa eddiini?
3. Kale y'oyo agobaganya mulekwa.
4. Era n'atakubiriza na kuliisa bankuseere.
5. Kale zibasanze abo abasaala,
6. Abo ababa mu ssaala zaabwe nga te-beefiirayo.
7. Abo abanoonya okulabwa obulabwa abantu.
8. Era nebalemesa n'abantu okufuna ebikozesebwa ebya bulijjo.

بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ۝١

أَرَأَيْتَ الَّذِي يُكذِّبُ بِالذِّیْنِ ۝٢

فَذٰلِكَ الَّذِي يُدْعُ الْیَتِیْمَ ۝٣

وَلَا یَحْضُ عَلٰی طَعَامِ الْمَشْكِیْنِ ۝٤

فَوَيْلٌ لِّلْمُصَلِّیْنَ ۝٥

الَّذِیْنَ هُمْ عَن صَلَاتِهِمْ سَاهُونَ ۝٦

الَّذِیْنَ هُمْ یُرَآءُونَ ۝٧

وَيَمْتَعُونَ الْمَاعُونَ ۝٨

رُكُوعًا ١

سُورَةُ الْكَوْثَرِ مَكِّيَّةٌ ١٠٨

آيَاتُهَا ٤

AL-KAUTHAR

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①
2. Mazima Pffe twakuwa obutitimbe, اِنَّا اَعْطَيْنٰكَ الْكَوْثَرَ ②
3. Kale saba nnyo Mukama wo era saddaaka. فَصَلِّ لِرَبِّكَ وَانْحَرْ ③
4. Mazima omulabe wo y'atalina baana balenzi. اِنَّ شَانِئَكَ هُوَ الْاَبْتَرُ ④

رُكُوعًا ١

سُورَةُ الْكٰفِرُوْنَ مَكِّيَّةٌ ١٠٩

آيَاتُهَا ٧

AL-KĀFIRŪNA

(Yakka lubereberye Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①
2. Gamba nti: Abange mmwe abatakiriza! قُلْ يَا أَيُّهَا الْكٰفِرُوْنَ ②
3. Nze sisinza mmwe bye musinza; لَا اَعْبُدُ مَا تَعْبُدُوْنَ ③
4. Era nammwe temusinza nze gwe nsinza. وَلَا اَنْتُمْ عٰبِدُوْنَ مَا اَعْبُدُوْا ④
5. Era nze sijja kusinza ebyo bye musinza, وَلَا اَنَا عٰبِدُ مَا عٰبَدْتُمْ ⑤
6. Era nammwe temusinza Oyo gwe nsinza. وَلَا اَنْتُمْ عٰبِدُوْنَ مَا اَعْبُدُوْا ⑥
7. Mmwe mubeere n'enzikiriza yammwe, nange mbeere n'enzikiriza yange. لَكُمْ دِیْنُكُمْ وَلِيَّ دِیْنِ ⑦

رُكُوعًا ١

سُورَةُ النَّصْرِ مَدَنِيَّةٌ ١١٠

آيَاتُهَا ٤

AL-NAṢR

(Yakka luvannyama Iwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi. بِسْمِ اللّٰهِ الرَّحْمٰنِ الرَّحِیْمِ ①
2. Awo obuyambi bwa Allah bwe bulijja, n'obuwanguzi, اِذَا جَاءَ نَصْرُ اللّٰهِ وَالْفَتْحُ ②
3. Era n'olaba abantu bwe bayingira mu ddiini ya Allah mu bibinza, وَرَاٰیْتَ النَّاسَ يَدْخُلُوْنَ فِیْ دِیْنِ اللّٰهِ اَفْوَاجًا ③

4. Kale otenderezanga nnyo n'amatendo ga Mukama wo era omusabanga okusonyiwa. Mazima Ye y'Adding'ana okusonyiwa olw'ekisa.

فَسَبِّحْ بِحَمْدِ رَبِّكَ وَاسْتَغْفِرْهُ إِنَّهُ كَانَ تَوَّابًا ﴿٤﴾

سُورَةُ اللَّهَبِ مَكِّيَّةٌ ١١١

AL-LAHAB

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Emikono gya Abū Lahabu* gyombi gizikirire naye yennyini azikirire.
3. Obugagga bwe tebumugasizza wadde ebyo bye yafuna.
4. Mangu nnyo ajja kuyingira mu muliro ogulina ennimi;
5. Ne mukazi we, omwetissi w'enku.
6. Nga mu nsingo ye mulimu omuguwa omulange ogw'omunazi.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
 تَبَّتْ يَدَا أَبِي لَهَبٍ وَتَبَّ ﴿٢﴾
 مَا أَغْنَىٰ عَنْهُ مَالُهُ وَمَا كَسَبَ ﴿٣﴾
 سَيَصُلَّىٰ نَارًا ذَاتَ لَهَبٍ ﴿٤﴾
 وَامْرَأَتُهُ حَمَّالَةَ الْحَطَبِ ﴿٥﴾
 فِي جِيدِهَا حَبْلٌ مِّن مَّسَدٍ ﴿٦﴾

سُورَةُ الْاِخْلَاصِ مَكِّيَّةٌ ١١٢

AL-IKHLĀŞ

(Yakka lubereberye twa Hijra)

1. Ku lw'erinnya lya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Gamba nti: Ye Allah ali bwa nnamunigina;
3. Allah, Ateetaaga, Eyeetaagwako.
4. Tazaala era teyazaalibwa;
5. Era teri n'omu amufaanana.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ﴿١﴾
 قُلْ هُوَ اللَّهُ أَحَدٌ ﴿٢﴾
 اللَّهُ الصَّمَدُ ﴿٣﴾
 لَمْ يَلِدْهُ وَلَمْ يُولَدْ ﴿٤﴾
 وَلَمْ يَكُن لَّهُ كُفُوًا أَحَدٌ ﴿٥﴾

111;2. Abu Lahabu kitegeeza 'taata w'ennimi z'omuliro'. Kino kyogerwa ku muntu ow'olukaalikaali, ow'olusunguyira ate nga atera n'okunyiiza abalala.

رُكُوعَهَا ١

سُورَةُ الْفَلَقِ مَدَنِيَّةٌ ١١٣

آيَاتُهَا ٦

AL-FALAQ

(Yakka luvannyuma bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Gamba nti: Nzirukira eri Mukama w'emmambya,
3. Okuva eri akabi k'ebyo bye yatonda,
4. N'okuva eri akabi k'enzikiza awo nga ebunye wonna,
5. N'okuva eri akabi k'abafuuyirira ebifundikiddwa *babismulule*,
6. N'okuva eri akabi k'owensaalwa awo nga akola ensaalwa.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ الْفَلَقِ ②

مِنْ شَرِّ مَا خَلَقَ ③

وَمِنْ شَرِّ غَاسِقٍ إِذَا وَقَبَ ④

وَمِنْ شَرِّ النَّفَّاثَاتِ فِي الْعُقَدِ ⑤

وَمِنْ شَرِّ حَاسِدٍ إِذَا حَسَدَ ⑥

رُكُوعَهَا ١

سُورَةُ النَّاسِ مَدَنِيَّةٌ ١١٤

آيَاتُهَا ٧

AL-NĀS

(Yakka luvannyuma bwa Hijra)

1. Ku lw'erinnya Iya Allah, Omusaasizi ennyo, Ow'ekisa ekingi.
2. Gamba nti: Nzirukira eri Mukama w'abantu,
3. Kabaka w'abantu,
4. Omusinzibwa w'abantu,
5. Okuva eri akabi k'omufukuutirizi afukuutirira mu nkukutu,
6. Oyo afukuutirira mu mitima gy'abantu,
7. Okuva mu Majinni ne mu bantu.

بِسْمِ اللَّهِ الرَّحْمَنِ الرَّحِيمِ ①

قُلْ أَعُوذُ بِرَبِّ النَّاسِ ②

مَلِكِ النَّاسِ ③

إِلَهِ النَّاسِ ④

مِنْ شَرِّ الْوَسْوَاسِ الْخَنَّاسِ ⑤

الَّذِي يُوسْوِسُ فِي صُدُورِ النَّاسِ ⑥

مِنَ الْجِنَّةِ وَالنَّاسِ ⑦

DUWA GY'OSOMA NGA OMAZEEKO KUR'ĀNI ENTUKUVU

اللَّهُمَّ ارْحَمْنِي بِالْقُرْآنِ الْعَظِيمِ وَاجْعَلْهُ لِي إِمَامًا وَنُورًا وَهُدًى وَرَحْمَةً
اللَّهُمَّ ذَكِّرْنِي مِنْهُ مَا نَسِيتُ وَعَلِّمْنِي مِنْهُ مَا جَهِلْتُ وَارْزُقْنِي تِلَاوَتَهُ
إِنَاءَ اللَّيْلِ وَالنَّهَارِ وَاجْعَلْهُ لِي حُجَّةً يَا رَبَّ الْعَالَمِينَ

Ayi Allah Omulezi wange, nkusaba onsaasire ku Iwa Kur'āni Ey'ekitiibwa era ogifuule mukulembeze wange era ebeere kitangaala gyendi era onnung'amyenga na yo era ondagenga ekisa ku Iwa yo. Ayi Allah Omulezi wange, nkusaba onzijukizenga ebyo bye nnaabanga neerabidde mu yo era onjigirizenga ebyo bye nnaabanga simanyi mu yo era ompe ekyengera ky'okugisomanga mu biseera by'ekiro n'emisana. Ayi Allah Omulezi w'ebitonde byonna, era nkusaba ogifuule bujulizi obulinnunula. Āmiin.

AMAKULU G'EBIMU KU BIGAMBO BY'OLUWARABU

Abū Lahab: Elinnya lye Iyennyini lyali 'Abdul-'Uzza era yali kobja wa Mutume (*s.a.w*).

Al-Jūd: Lwe lumu ku nsozi ezaawula amaserengeta ga Armenia okuva ku Mesopotamia (Iraq) n'ekitundu kya Assyria (Syria) omubeera aba Kurdi ekyaviirako n'olusozi olubaliraanye okuyitibwa Cardu oba Gardu, oluvannyuma Abayonaani lwe baakyuusaamu ne baluyita Gardyaei. Ebisigalira by'ekyombo kya Nūhu (*a.s*) byalabibwanga ku nsozi z'e Gardyaei. Kigambibwa nti Ssekabaka Heraclius bwe yali ava mu kibuga ky'e Thamanin yalinnya ku nsozi zino okulaba ekifo ky'ekyombo. Waliwo n'ekiseera ku nsozi zino we kwabeerako ekijjukizo ekyayitibwanga Monastery of The Ark.

Allah: Ly'erinnya lya Katonda ettongole.

Al-Swafā wal Marwa: Buno bwe busozi obubiri obuliraanye Ka'bah mu kibuga Makka. Ebyaafaayo bya Buwarabu n'Obusiraamu bikwataganya obusozi buno n'ebyaafaayo bya Hājarah nnyina wa Isimaili. Ibrāhimu (*a.s*) yabaleka mu ddungu okumpi n'obusozi buno. Bwafuuka kijjukizo ky'ekyafaayo kya Hājarah bwe yadduka emirundi omusanvu wakati wa bwo nga anoonyeza omwaana Isimaili amazzi. Okuddukira wakati w'obusozi buno bwombi mpagi nkuru nnyo mu mikolo gya Hijja.

'Arafāt: Ekibangirizi oba ekiwonvu ekiri okumpi n'e Makka abalamazi mwe bakolera emikolo mu kitundu ky'olonaku eky'okubiri nga 9 Dhul-Hijja. Ekifo kino kiri mailo mwenda okuva e Makka. Abalamazi okubeera mu kibangirizi kino nga 9 Dhul-Hijja y'emu ku mpagi za Hijja ezisinga obukulu.

Badr: Kitegeeza omwezi omujjuvu (full moon), naye nga linnya lya kifo ekiri wakati wa Makka ne Madīna. Olutalo olwasooka wakati w'Abasiraamu n'Abā Quraishi b'e Makka we lwaali. Mu lutalo luno amaanyi g'Abā Quraish gaasalika nnyo.

Bahīra: Ly'erinnya abasamize lye baayitanga eng'amira enkazi (*awalala kigambibwa nti lyali lya ndiga oba embuzi enkazi*). Baagitanga n'erya butaala oluvannyuma lw'okulyebula amatu ga yo, nga ke kabonero akalaga nti eweereddwayo eri omu ku ba lubaale baabwe. Ensollo eno teyakamwanga era teyebagalwanga.

Ba'l: Lyali linnya ly'omu ku ba lubaale b'Abawarabu abasamize; ob'olyawo y'eyali katonda-njuba

Bacca: Linnya lya kiwonvu kya Makka. Abamanya abamu bagamba nti 'Bacca' ne Makka by'ebimu, era nti 'ba' y'ekyayusibwa n'efuuka 'ma' mu kigambo 'Makka'.

Dhūl-Nūn oba Swāhibul-Hūt: Ye Nabbi Yūnus (*a.s*).

Dhul-Qarnain: Dhu'l-Qarnain ayogerwako mu Kur'āni ye Ssekabaka w'obwakabaka bwa Medo-Persia eyasookera ddala amanyiddwa nga Ssekabaka Cyrus. Buno bwe bwakabaka obwatuukiriza ekirooto kya Danieri eky'amayembe g'endiga abiri. (Danieri 8:4,20,21)

Hajj: Okulamaga olugendō lw'e Makka.

Hām oba Hāmi: Lyali linnya lya ng'amira Abawarabu abasamize gye baatwaalanga nga ey'omuzizo okugyebagala wadde okutikka obuzito. Teyakozesebwanga mu mulimu gwonna era teyasalibwagako byooya era nga erya butaala.

Hunain: Ky'ekifo awaali olutalo olw'amaanyi ennyo wakati wa Mutume (*s.a.w*) n'amawanga agamag'Abawarabu mu mwaka 8 .A.H . Ekifo kino kiri mailo 15 okuva e Makka mu maserengeta.

Iblīs: Ky'ekitonde ekiba nga mu butonde bwa kyo mulimu ebirungi bitono nnyo ate nga ebitasaana n'ebyekivve byo bingi ddala. Era obujeemu bwa kyo bukiviiramu okuggwebwamu essuubi ku kusaasira kwa Allah, bwe kityo nekifaafaaganirwa. Iblīs kiyinza n'okutegeza omwoyo ogwekubira ennyo eri ebibi n'ebitasaana, ate nga gwewala nnyo ebirungi n'ebisaana.

Idrīs: Ye Enoch mu Baibuli.

Jalūt: Ye Goliath mu Baibuli (1.Sam.17:4). Elinnya lino liwa amakulu g'okudduka, okufufuggaza emyoyo emibi; oba 'omukulembeze' oba 'nnamige'.

Jinn: Mu Kur'āni Entukuvu ekigambo kino kikozesebwa kuwa makulu gano:

(a) Abantu ababi abasendasenda emitima gy'abantu okukola ebibi nga babapikiriza.

- (b) Abasinzibwa abagunjirire abantu abatakkiririza mu Allah be baafuula abasinzibwa mu kifo kya Allah.
- (c) Abatuuze b'omu nsozi z'omu mambuka ga Bulaaya abaatwaalibwanga ng'abatali bantu ba bulijjo olw'obweru n'obumyuufu bwabwe. Abantu bano baali beesudde nnyo ku bantu abalala era baali bakyaali mabega nnyo mu by'obugunjufu ku bantu b'omu Asia, naye ate nga oluvannyuma be baali bagenda okukulaakulana ennyo mu by'ensi bakulembere n'eggye elyaali ligenda okulwanyisa eddiini.
- (d) Abantu abagwiira, nga bagundiivu, nga n'enzikiriza yaabwe ya njawulo.
- (e) Abantu eb'emirembe egy'edda ennyo nga omuntu akyasula mu mpuku, nga tannagunjuka mu mpisa n'amateeka g'eddiini, era nga atambulira ku bwetaavu bwa butonde bwe.
- (f) Abantu abakukunavu abateetaba mu bantu ba bulijjo era nga tebalabikalabika.
- (g) Abatuuze b'omu nsozi, mu biwonvu ne mu ddungu (kubanga ebiseera ebisinga, babeera mu bifo ebyesudde ku bifo abantu abalala mwe babeera).

Ka'bah: Ennyumba ey'emizizo eri e Makka Abasiraamu gye boolekeza obwanga nga basaala.

Manna: Kitegeeza:

- (i) Kisa.
- (ii) Ekintu kyonna ekifunibwa awatali kutakabana.
- (iii) Omubisi gw'enjuki oba kalenge.

Mash'arul-Harām: Ke kasozi akatono akasangibwa ku mailo mukaaga okuva e Makka, mu Muzdalifah ekiri wakati wa Makka ne 'Arafāt. Wano abalamazi basulawo bwe baba bava mu 'Arafāt mu kawungeezi k'ennaku z'omwezi nga 9 Zul-Hijja.

Qibla: Kitegeeza oludda Abakkiriza gye boolekeza obwanga nga basaala, i.e. Ka'bah esangibwa e Makka.

Quraish: Limu ku mawanga g'Abawarabu Mutume (*s.a.w*) mwe yali ava.

Rā'inā: Kitegeeza 'Tutunuulire'. Naye singa enjogera ya kyo ekyuusibwamu katono, olwo ekigambo ekyo kitegeeza omuntu omusiru oba ow'emputtu eyeeragaalaga.

Sā'ibah: Eng'amira eno Abawarabu abasamize baagitanga oluvannyuma lw'okugiwaayo nga saddaaka eri balubaale baabwe era yalyanga butaala. Kino kyakolebwanga eng'amira bwe yazaalanga ennyana kkumi, olwo yateebwanga n'erya butaala, nga teyebagalwa ate nga tekamwa; okuggyako okuyonsa abaana ba yo.

Sal-wā: Kika kya kinyonyi ekyeru ekyefaanyirizaako ennyange ekisangibwa mu bitundu ebimu ebya Buwarabu n'ensi eziriraanyewo. Ekigambo kino kirimu amakulu gano:

- (i) Ekintu kyonna ekireetera omuntu essanyu.
- (ii) Omubisi gw'enjuki.

Shahr-ul-Ramadhān: Omwezi gw'okusiiba mu Busiraamu.

Tālūt: Ye Saulo mu Baibuli (I Sam. 10:23)

Tuwā: Ly'erinnya ly'ekiwonvu Allah we yeeyolekera Mūsa (*a.s*) omulundi ogwasooka.

'Umra: Kwe kulamaga okufunze okutazingiramu mikolo egimu egibeera mu kulamaga okujjuvu (*Hijja*).

Undhurnā: Ekigambo kino kitegeeza nti 'tufeeko' (have regard for us).

Wādī-al-Naml: Ly'erinnya ly'ekiwonvu ekisangibwa wakati wa Jibrun ne Asqalaan. Namlah linnya lya ggwanga.

Waṣīlah: Eng'amira enkazi eyateebwanga Abawarabu mu linnya lya katonda waabwe n'erya butaala. Oluvannyuma lw'okuzaala ennyana musanvu ez'omuddiring'anwa, singa ku luzaalo olw'omusanvu yazaalanga nnongo akalume n'akayana, ezo zombiriri nazo zaateebwanga ne zirya butaala.

Zaid: Yali muddu, Mutume (*s.a.w*) n'amuwa eddembe lye. Yawasa Zainab – muwala wa senga wa Mutume (*s.a.w*), naye oluvannyuma yamuwa talaka ne baawukana.

Zakāt: Kitegeeza kuyingiwaza na kutukuza. Kiwa amakulu g'okutoola mu by'obugagga okwalaalikibwa ku bakkiriza.

Zaaqūm: Muti ogw'obukoola obutono obwekulungirivu obutaliiko maggwa. Amasanda ga gwo gawunya bubu ate gakaawa nnyo. Gwefaanyirizaako omukuukuulu. Ekigambo kino kiyinza okutegeeza ekika ky'emmere yonna ey'akabi.

ENDAGIRO YA ĀYA ZA KUR'ĀNI

ABAKKIRIZA (MU'MINŪN)

Agamu ku matendo gaabwe 23:2-10.

AB'EKITABO

Nabbi(s.a.w) ye yekka asobola okubaddaabulula. 5:16,20.

Abayudaaya n'Abakulisitaayo basaba olw'okulemesa. 4:154, 172.

— bakoowoolwa okutongoza obwa nnamunigina bwa Allah. 3:65.

— balikkiriza nti Yesu teyafiira ku musaalaba. 4:160.

ABŪ LAHAB

— ne mukyala we. 111:2-6.

ĀDAM

— ye Nabbi eyasooka. 2:31.

Malayika zeewuunya nnyo Ādam okufuulibwa Khalifa; 2:31.

— yayigirizibwa amannya g'ebintu n'amatendo ga Allah. 2:32.

Malayika zaalagirwa okumuweereza. 2:35; 7:12; 15:30;17:62;18:51;20:117,118.

— yalagirwa okwewala Shajarah (omuti). 2:36;7:20.

— yeetungirirako amakoola (yalongoosa n'ebirungi). 7:23.

— teyasobywa mu bugenderevu. 20:116.

Allah yamutonda n'emikono gye (i.e.yamuwa ekikula n'obusobozi obw'obutonde n'obwomwoyo). 38:76.

— yagunjulwa mu by'obulamu. 20:119-120.

— yali mu lusuku. 2:36.

— yalagirwa asenguke. 2:37,39.

— yatondebwa mu budongo. 3:60.

— yalina abaana babiri. 5:28.

AHLUL-BAIT

— nga kitegeeza ab'enju ya Ibrāhīmu n'abagoberezi be. 11:74.

— nga kitegeeza ab'enju ya Nabbi Omutukuvu n'abagoberezi be. 3:122; 33:34.

AL-A'RAF

Aba Al-A'raf be bakkiriza abatuufu; 7:47.

ALLAH

Okubaawo kwe. 2:56;42:12;57:4.

Obwa nnamunigina bwe. 2:164;4:172;5:74;6:20; 9:31; 13:17;14:49;16:23;22:35;37:5;112:2.

Ye Katonda yekka. 2:117; 2:164; 2:256; 3:3; 3:19.

— ky'ekitangaala ky'eggulu n'ensi. 24:36.

Tewali ali nga Ye. 42:12; 112:5.

— Ali wonna. 6:4;43:85.

Amaaso g'omuntu tegamulaba 6:104.

— alung'ama abaweereza be gy'ali. 29:70.

Okunyiikira okumunoonya kyetaagisa. 84:7.

Buli kimu kimwetaaga. 112:3.

— amanyi buli kimu. 2:256; 10:62.

— ali kumpi nnyo n'omuntu okusinga obulamu bwe. 50:17.

— Yekka y'amanyi ebitamanyiddwa byonna. 27:66;39:47;49:19;59:23;62:9;72:27.

— amanyi eby'olwatu n'ebyenkiso. 3:30.

— asobola okutuukiriza ekyo ky'ayagala mu bujjuvu. 2:21;3:48;19:36;65:4.

— alonda ababaka okuva mu bantu ne malayika. 22:76.

Ye n'ababaka be bulijjo be bawangula. 58:22.

— asindika ba malayika okugumya abakkiriza abesimbu.41:31-32.

— talina bamwenkana. 2:23;6:164;17:112;25:3; 42:12.

— talina bunafu. 2:33.

— tazaala. 2:117; 4:172; 6:101; 18:5-6.

— teyawasa era tazaala. 6:102; 72:4.

— tazaala era teyazaalibwa. 112:4

— talina gwe yegatta naye mu kulamula kwe. 9:31;18:27.

— ali waggulu w'ebyo bye bamwenkanya na byo. 6:101;17:44;39:68.

— teyebaka era tasumagira. 2:256.

— bye yatonda tebimukooya. 2:256;50:39.

— teyerabira era tawubwa 19:65; 20:53.

— takotogera era tayiikiriza. 3:183;9:70;10:45.

— y'Asooka, y'Asembayo, ye w'olwatu era ye mwekusifu. 57:4.

— talagira kukola bibi. 7:29;16:91.

— taliisibwa era talabirirwa. 6:15;51:58;20:133.

— tabonereza nga talabudde. 17:16;26:209;28:60.

Buli kimu kimugondera. 3:84;13:16;41:12.

Enkola ye tekyuuka. 33:63;35:44;48:24.

— amanyi eby'emabega n'ebyoumu maaso. 2:256; 20:111;21:29.

— toggweebwaamu ssuubi ku kusaasira kwa Allah. 12:88;15:57; 39:54.

— yekka y'awa obulamu. 2:29;3:157;7:159;9:116; 10:57; 15:24; 36:13,79;40:69;44:9;45:27;50:44.

— akola nga bw'aba ayagadde. 22:15; 22:19; 85:17.

— muwanguzi ku nsonga ye 12:22.
 — amanyi buli kasirikitu. 31:17.
 — ayingiwaliza abo abatoola mu kkubo lye. 2:262,266;30:40.
 — ayamba abakkiriza. 30:48; 40:52.
 Nnamulondo ye eri ku mazzi. 11:8.
 Amupaatiikako eby'obulimba taganyulwa. 6:22; 10:18;11:19;61:8.
 — alibonereza abannanfuusi olw'okuguyaaguya kwabwe. 2:16;9:79;21:42.
 Obutonde bw'omuntu bukakasa okubaawo kwa Allah. 7:173,174;30:31.
 — ye mutonzi w'eggulu n'ensi. 2:165; 14:33,34; 29:62; 45:5; 50:7-12; 67:4,5.
 — ayanukula okusaba kw'abaddu be. 2:187;27:63.
 Enkomero y'abalimbisa obubaka bwe eba mbi. 3:138;6:121;12:110;27:70.
 — agabirira buli kimu. 11:7; 29:61.
 Eri Allah y'eri obutebenkevu bw'ebirowoozo. 43:37;57:17;72:18;89:28-30.
 Amatendo gonna amalungi gage 7:181; 59:23-25.
 Amatendo ge makula. 7:181; 59:25.
ALLAH, OKUMWENKANYA N'EBIRALA (AL-SHIRK BILLAH)
 —ky'ekibi ekisingayo obunene. 4:49,117;5:73; 18:111;22:27,32;29:9;31:14,16;39:66.
 Tebalina bukakafu kw'ebyo bye benkanya ne Allah. 23:118; 30:36; 41:48.
 — Kwaziyizibwa. 4:49; 22:32.
 Allah tasonyiwa kumwenkanya na kirala kyonna. 4:49;4:117.
 Togondera bazadde mu by'okwenkanya Allah n'ebirala. 29:9;31:16.
 Singa waaliwo bakatonda abalala ebbali wa Allah, ebiriwo byonna byandifaafaaganye. 21:23; 23:92.
 Abenkanya Allah n'ebirala babuze. 39:4.
 Ekitonde okukifuula Katonda kibi nnyo. 12:41; 4:49;31:14.
 Okufaananyiriza ekirala ku Allah tekikkirizibwa.42:12;112:5.
 Okusabira abenkanya Allah n'ebirala okusonyiyibwa tekikkirizibwa. 9:113.
 Ensonga lwaaki okwenkanya Allah n'ebirala tekusaana. 27:60-66.
 Abatwala abalala ebbali wa Allah balowooza nti y'ensibuko y'amaanyi gaabwe. 19:82.
 Obuyenjebufu bw'abo abatwala abalala ebbali wa Allah. 21:24,25.

Okuwakanya okwenkanya ebirala ne Allah. 10:69; 13:34; 16:53; 17:43,44.
 Abasinzibwa ebbali wa Allah tebatonda wabula nabo baatondebwa butondebwa. 16:21.
 Abasinzibwa ebbali wa Allah bafu, si balamu. 16:22.
 Obutonde bw'omuntu bulaga nti Allah ye yekka, tewali musinzibwa mulala. 16:54.
ALLAH, AMATENDO GE
 Ye Mufeebya (Al-Mudhillu). 2:27.
 Ategeera byonna (Al-Khabir).4:36; 22:64; 64:9; 66:4; 67:15.
 Awulira byonna (Al-sami') 4:59; 22:62; 24:61; 40:21.
 Amanyi byonna (Al-'alim). 4:36,71; 22:60; 34:27; 59:23; 64:12.
 Alaba byonna.(Al-Baswir). 4:59; 22:76; 40:21,57; 60:4.
 Ayanukula okusaba (Al-Mujib) 11:62
 Asiima ennyo (Al-Shakir). 35:35.
 Musitufu mu madaala (Rafii-'ud-darajat).40:16.
 Nannyini kwesasuzza(Al-Muntaqim).39:38.
 Ye Mulungi (Al-Barru). 52:29.
 Ateetaaga, Eyeetaagwako; (Al-Swamad) 112:3
 Lugaba (Al-Wahhab). 3:9;38:10;38:36.
 Awa ebyengera (Al-Mun'im). 1:7; 3:104; 4:70; 5:4; 21:24; 16:19; 35:4.
 Y'awa ekitiibwa (Al-Mu'izz). 3:27.
 Y'awa emirembe (Al-Mu'min). 59:24.
 Nannyini kugaba mu bungi (Dhut-Twauli). 40:4.
 Y'agaziya (Wasi'u). 4:131; 24:33.
 Wa kisa nnyo (Al-Rauf). 3:31; 24:21.
 Omutonzi (Al-Khaliq). 4:2; 6:103; 13:17; 15:29; 49:14; 59:25.
 Y'asinga abatonzi bonna (Ahsanul-Khaliqiin). 23:15.
 Y'afiisa (Al-Mumit) 40:69; 50:44; 57:3.
 Y'awa obutegeevu (Al-Rashid). 18:11,25.
 Ye Muyima Omulungi (Al-Wakil). 3:174; 4:82; 4:133; 6:103; 11:13; 12:67; 73:10.
 Musanguzi w'ebibi (Al-'Afuwwu). 4:44; 4:100; 4:150; 22:61; 58:3.
 Y'ayanjuluzza ebigabibwa (Al-Basit). 2:246; 13:27; 17:31; 28:83; 29:63; 30:38; 34:37,40; 39:53; 42:13.
 Mugulumivu (Al-Mutakabbir). 59:24.
 Asitula mu madaala (Al-Rafi'u).2:254;3:56; 4:159; 6:84,166;12:77;19:58;40:16;43:33;58:12; 94:5.
 Y'awa enfaanana (Al-Musawwir). 3:7; 7:12; 40:65;59:25;64:4;82:9.
 Ye w'Olubereberye (Al-Awwal). 57:4.
 Y'alumirwa ennyo abaddu be (Al-Haliim). 2:226,236,264;3:156;4:13;5:102;9:114;11:76,88;

17:45;22:60;33:52;35:42;64:18.

Ye Ssabasonyiyi (Al-Ghaffaar).20:83;38:67; 39:6; 40:43; 71:11.

Ye Musonyiyi w'ebibi (Ghāfir ud-Dhanbi) 40:4
Ye Nannyini kusonyiwa okugazi; (Wāsi'ul-Maghfirah) 53:33.

Musonyiyi; (Ghafūr) 2:174; 2:226; 3:32; 4:26; 5:4; 6:55; 7:154; 8:70; 9:5; 12:54;

Ye Musonyiyi ennyo; (Al-Ghafūr) 10:108; 12:99; 28:17; 34:3; 39:54; 46:9; 67:3.

Ye Mukuumi; (Al-Waliyyu). 4:46; 4:174; 6:15; 9:116; 13:38; 29:23; 42:9,29,32,45.

Ye W'omukwano (Al-Waliyyu). 2:258; 3:69; 4:76,90,120,124; 45:20.

Ye Mukung'aanya; (Al-Jāmi') 3:10; 4:141; 34:27.

Ye Nannyini kitiibwa; (Al-Majīd) 85:16.

Musaasizi nnyo; (Al-Rahmān)1:1;36:12,16,53; 41:3; 43:18; 55:2; 67:4; 78:39.

Ye Musukkirivu ennyo (Al-'Adhīm) 2:256; 42:5; 56:97; 69:34,53.

Ye Munene ennyo; Omukulu ennyo; (Al-Kabīr); 13:10; 22:63; 31:31; 34:24; 40:13.

Ye Mulabirizi; Mukuumi (Al-Hafīdh) 11:58; 42:7.

Ye Mulabirizi; (Muyima) (Al-Wakiil) 3:174; 4:172; 4:82; 6:103; 11:13; 17:66; 28:29; 73:10.

Ye Mulung'anya; (Al-Hādi) 22:55; 25:32.

Y'awonya; (Al-Shāfi) 9:14; 26:81.

Ye Muyambi; (Al-Nāswir) 4:46; 9:116; 22:79; 25:32;30:48; 61:14; 110:2; 3:14; 8:63;

Ye w'Enkiso; (Al-Batwin). 57:4.

Wa waggulu; (Al-'Aliyyu) 2:256; 4:35; 22:63; 31:31; 34:24; 40:13; 42:5,52.

Mugulumivu; wa waggulu; (Al-Muta'ali); 13:10;

Ye Mutukuvu; (Al-Quddūs) 59:24; 62:2.

Mwekusifu; wa kisa; (Al-Latwif) 6:104; 12:101; 22:64; 31:17; 42:20; 67:15; 33:35.

Ye Musanguzi w'ebibi; (Al-'Afuwwu). 4:44,100,150; 22:61; 58:3;

Ye Musika, Ye w'Okusigalawo (Al-Wārith). 15:24; 21:90; 28:59.

Ye Ssabalamuzi (Al-Fattāhu) 7:90;26:119;34:27.

Ye y'Asinga abalamuzi (Khairul-Hākīmīn) 7:88; 10:110; 11:46; 12:81; 95:9.

Ye Mugezi ennyo (Al-Hakīm) 2:33; 3:63; 4:27; 5:39; 6:74; 8:50;

Ye Kabaka w'abantu (Malik-al-Nās) 20:115; 23:117; 59:24; 62:2; 114:3.

Ye Mumanyi w'ebitalabika n'ebirabika ('Alimul-

Ghaibi wa al-shahāda) 6:74; 9:94,105; 13:9; 23:93; 32:7;34:4; 35:39; 39:47; 59:23; 62:9; 64:19; 72:27.

Ye w'Oluvannyuma (Al-'Ākhiru) 57:4.

Y'awa obulamu (Al-Muhyi) 2:74,259; 3:157; 7:159; 9:116; 10:57; 22:7,67; 30:20,41; 36:80; 40:69; 46:34; 75:41.

Ye Butangaavu (Al-Nūr) 24:36.

Ye Mulamu (Al-Hayyu) 2:256; 3:3; 20:112; 25:59; 40:66.

Ye Mukama, Omulezi w'ebitonde byonna (Al-Rabbu). 1:2; 6:165; 13:17; 20:71; 21:23; 28:87; 26:29; 55:18; 114:2.

Ye Nannyini madaala aga waggulu (Dhul-Ma'arīj) 70:4.

Ye Nannyini kitiibwa, Agulumizibwa (Al-Majīd) 11:74; 85:16.

Ye w'Entiisa (Dhul-Jālal) 55:28,79.

Ye Mufuzi w'Obwakabaka (Malik al-Mulk) 3:27.

Ye Nannyini Nnamulondo (Dhul-'Arsh). 17:43; 40:16; 85:16.

Ye Nannyini kwesasuzza, Nannyini kubonereza (Dhul-Intiqām). 3:5; 5:96; 14:48; 39:38.

Ye Mwagazi w'abaddu be (Al-Wadūd) 19:97; 85:15.

Ye Mutandisi wa buli kimu (Al-Bāriu).2:118; 6:102;10:5;29:21.

Ye w'Amazima agategeerekeka (Al-Haqqul-Mubin). 24:26.

Ye w'Olwaatu (Al-Dhwāhir) 57:4.

Ye Mukama w'Olunaku lw'Okulamulirwako. (Malik Yaumīd-Dīn) 1:4.

Si Mulungi Ggero (Ni'mal-Maulā) 8:41; 22:79.

Ye W'ekisa ekingi (Al-Rahīm) 1:3; 3:130; 4:26; 5:40; 6:146;

Ye Luwangula (Al-'Azīz) 2:210; 3:7,63; 4:57; 5:96; 6:97; 59:24.

Y'ali okumpi ennyo (Al-Qarīb) 2:187; 11:62; 34:51.

Mugabi nnyo, wa kitiibwa (Al-Karīm) 27:41; 82:7.

Y'addiramu abaweereza be (Al-Tawwāb) 2:38,55,129,161; 4:17,65; 9:104, 118; 24:11; 49:13.

Ye w'Obuyinza (Al-Muqtadir) 18:46; 54:43,56.

Ali Omu yekka (Al-Wāhid) 2:164; 4:172; 5:74; 6:20; 12:40; 13:17; 14:49; 16:23; 21:109; 22:35; 29:47; 37:5; 41:7.

Ye Ssabalamuzi, Ssabawanguzi, Y'aggulawo emilyango gy'ebengera (Al-Fattāh) 5:53; 6:45,60; 7:90,97; 8:20; 26:119; 34:27; 35:3; 48:2.

Ye Mutandisi w'Okutonda (Al-Badī'u) 2:118; 6:102; 30:28; 85:14.
 Y'awa emirembe (Al-Salām) 59:24.
 Y'ayinza byonna (Al-Qadīr) 2:21,107; 3:30; 5:18; 6:18; 8:42; 16:78; 22:40; 29:21; 41:40; 42:30; 59:7; 67:2.
 Ye w'Amaanyi (Al-Qawiyu) 8:53; 11:67; 22:41,75; 33:26; 40:23; 42:20; 57:26; 58:22.
 Y'atenderezewa (Al-Hamīd) 4:132; 11:74; 14:2, 9; 22:65; 31:13, 27; 34:7; 35:16; 41:43; 42:29; 57:25; 64:7; 85:9.
 Ye Nannyini busobozi ku buli kimu (Al-Muqīt) 4:86.
 Ye Mukuumi (Al-Muhaimin) 59:24.
 Y'asinga abagabi bonna (Khairur-Rāziqīn) 5:115; 22:59; 23:73; 34:40; 62:12.
 Ye Mukakali mu kubonereza (Shadīdul-'Iqāb) 2:197,212; 3:12; 5:3,99; 8:14,26,49,53; 13:7; 40:4,23; 59:5,8.
 Ye Mubalirizi (Al-Hāsib) 4:7,87; 6:63; 13:41; 21:48.
 Mwangu nnyo mu kubala (Sarī'ul-Hisāb) 2:203; 3:200; 13:42; 14:52; 24:40; 40:18.
 Y'adda mu kutonda (Al-Mu'ēd) 10:5,35; 17:52,70; 20:22,56; 21:105; 27:65; 29:20; 30:12,28; 71:19; 85:14.
 Y'akkiriza okwenenya (Qābilut-Taubi) 2:128; 5:28; 14:41; 40:4; 46:17.
 Y'eyebeezaawo yekka, y'Abeezaawo buli kimu (Al-Qayyūm). 2:256; 3:3; 20:112.
 Y'eyemala (Al-Ghaniyyu) 2:264,268; 3:98; 6:134; 10:69; 14:9; 22:65; 27:41; 29:7; 31:13; 35:16; 60:7.
 Ye Kabaka (Al-Malik) 20:115; 23:117; 59:24; 62:2; 114:3.
 Ye Mugumu, Atanyeenyebwa (Al-Matīn) 51:59.
 Ye Muddaabiriza (Al-Jabbār). 59:24.
 Y'amalira ddala (Al-Kafi) 2:138; 4:7; 33:26; 39:37.
 Ye Mukasi (Al-Qahhār) 12:40; 38:66; 39:5.
 Ye Lugaba (Al-Razzāq) 22:59; 51:59; 62:12.
 Ye w'Amazima (Al-Haqq) 10:33; 20:115.
 Ali bwannamunigina (Al-Ahād) 112:2.
 Ye Mulabirizi (Al-Raqīb) 4:2; 5:118; 33:53.
 Ye Mugezi ennyo (Al-Hakīm) 2:33; 3:7; 4:27; 5:119; 6:129; 9:97; 11:2; 12:101; 15:26; 16:61.
 Ye Mujulizi (Al-Shahīd) 3:99; 4:80,167; 5:118; 6:20; 10:30,47; 13:44; 22:18; 34:48; 41:54; 85:10.
OBWENKANYA BWA ALLAH
 (i) Allah ayagala obwenkanya 2:283; 3:19; 4:128,136; 5:9; 6:153; 7:30; 10:5,48,55; 17:36; 21:48; 26:183; 55:10; 57:26.

(ii) Allah ayagala abenkanya. 2:283; 5:43; 11:86; 49:10; 60:9.
 (iii) **EBYENGERA BYA ALLAH**
 — tebibalika. 14:35; 16:19.
 — wa kisa nnyo eri abantu. 27:74.
 (iv) **WA MUKWANO**
 Ayagala abawulize. 45:20.
 — eri Abakkiriza. 2:258.
 Nga ow'omukwano amala. 4:46.
 (v) **OKUGULUMIZA N'OKUTENDEREZA ALLAH**
 Buli kimu kimutendereza. 17:45; 24:42; 59:2; 62:2.
 Alagira okumutendereza. 33:43; 40:56; 87:2.
 Mumutendereza:
 — ku makya n'eggulo. 50:40,41; 76:26,27.
 — emmunyenye wezigwiira. 52:50.
 — ekitundu ky'ekiro ekisinga obuwanvu. 76:27.
 Malayika zimutendereza. 2:31; 40:8; Laddu emutendereza 13:14.
 Ennyonyi (i.e abantu abatuukirivu) n'ensozi (i.e abantu ab'ebitiibwa) nabo bamutendereza. 38:19,20.
 Ensozi n'ebinyonyi (i.e abantu ab'ebitiibwa n'abatuukirivu) baamutendereza awamu ne Dāūd. 21:80; 34:11.
 (vi) **OKUMANYA KWA ALLAH**
 — kwabuna eggulo n'ensi. 2:256.
 Amanyi ebipikiriza omwoyo gw'omuntu. 50:17.
 Y'alina okumanya kw'Essawa n'ebiri mu mbuto. 41:48.
 Amanyi ebyaama n'ebikukuliddwa. 20:8.
 Amanyi bye mukisa ne bye mwoleka. 6:4.
 Buli kakoola akagwa akamanyi. 6:60.
 Amanyi ebifa mu buli kafubo. 58:8.
 (vii) **OKWAGALA KWA ALLAH**
 — kufunyisa emikisa. 27:9.
 Allah ayagala nnyo:
 — abamwesiga. 3:160.
 — abadding'ana gy'ali. 2:223.
 — abagumiikiriza. 3:147.
 — abeeukuumi. 3:77; 9:4,7.
 — abenkanya. 5:43.
 — abakola obulungi. 2:196; 3:135,149.
 — abatakabana ku lulwe. 29:70.
 (viii). **OKUSISINKANA ALLAH**
 Abagaana Allah baba bekuluntaze. 16:23; 25:22.
 Ebya Allah bimala mu muntu omululu gw'ebynyeni. 26:46-52.
 (ix) **OKUSAASIRA KWA ALLAH**
 Aboonoonyi baleme kuggwebwamu ssuubi. 39:54.

— kwabuna wonna. 6:148; 7:157; 40:8.
 — tekuliiko kkomu. 6:148; 40:8
 Yekakasaako obusaasizi. 6:13,55.
 Toggwebwamu ssuubi ku kusaasira kwe. 12:88;
 39:54.
 Yabatonda alyooke abalage okusaasisira. 11:120.
 Asaasira abamusaba okusonyiyibwa. 4:111.
 (x) **OKUJJUKIRA ALLAH**
 Kuleeta obutebenkevu mu mitima. 13:29
 Kwongera obuvumu n'obukkiriza. 8:46.
 Kuleeta okuganyulwa. 62:11.
 (xi) **OKWEYOLEKA KWA ALLAH ERI ABANTU**
 Ayita mu baddu be abalondemu. 4:164-166.
 Yeyoleka eri buli ggwanga ng'ayita mu Babaka.
 10:48.
 Buli bantu baatumwamu Omubaka. 35:25
 Yeyolekera mu kubikkulirwa okutali kumu.
 42:52,53.
 Oluusi n'abatakkiriza abalaga ebirooto
 ebituufu. 12:37,44.
 (xii) **OKUSABA ALLAH OKUSONYIYIBWA**
 Kuleeta ebyengera, kwongera amaanyi. 11:53;
 71:11-13.
 Kusikiriza ekisa kya Allah. 4:65.
 Kukingiriza ekibonerezo kya Allah. 8:34.
 (xiii) **OBUBONERO BWA ALLAH**
 — kitegeeza biragiro bye. 2:242.
 Wewale abajerega obubonero bwa Allah. 4:141.
 (xiv) **OKUTOOLA MU KKUBO LYA ALLAH**
 —iteeka. 2:4, 196, 255, 262, 263, 268, 275; 3:135;
 8:4; 9:35, 54; 22:36; 25:68; 28:55; 32:17; 35:30;
 42:39; 57:8; 63:11; 64:17.
 Mutoole ebisinga obulungi. 2:268; 3:93.
 Emigaso egiri mu kutoola. 2:246, 262; 5:13;
 57:12, 19; 64:18; 73:21.
 Abatoola olubereberye lw'obuwanguzi basinga
 ab'oluvannyuma. 57:11.
 Toola naye tokomereza. 2:263, 265.
 Abatoola. Allah abayingiwaliza. 2:246, 262.
 Abasaana okuyambibwa. 2:274; 9:60.
 Abatoola ba kuganyulwa. 2:4-6.
 Okutoola tekukendeeza mmaali. 2:273.
ANSWĀR.(ABAYAMBI B'ABASENGUSE)
 Allah yabasanukira. 9:100.
 Allah yabaddiramu. 9:117.
ASABA OBUYAMBI N'ATASABA
 — okubalabirira buvunaanyibwa bwa bakkiriza.
 2:178; 51:20; 70:25-26; 93:11.
 Allah anyigira nnyo abo abataliisa bankuseere.
 107:2-4.

AYYŪBU, NABBI

— ayogerwako mu Kur'āni. 4:164; 6:85;
 21:84, 85; 38:42-45.
 — yabonyabonyezebwa abalabe be. 21:84;
 38:42.
 — yalagirwa okusenguka 38:43.
 — yasisinkana abomu maka ge oluvannyuma
 lw'okusenguka. 21:85; 38:44.
BA KKONDO N'ABABBI
 Ekibonerezo kyabwe. 5:34, 39.
BA SWAHĀBA BA MUTUME
 Abasenguse n'Abayambi n'okutakabana
 kwabwe mu kkubo lya Allah. 9:117.
 Omukwano Abayambi gwe baalina eri
 Abasenguse. 59:10.
 Omukwano ogwaliwo wakati wa ba Swahāba.
 48:30.
 Allah yasiima Abasenguse n'Abayambi. 9:100.
 Allah yasiima abakkiriza awo nga bawera eri
 Mutume. 48:19.
 Omutindo gwa ba Swahāba. 9:117; 24:38, 39;
 26:220; 77:2-6; 79:2-6.
 —baalumirwanga nnyo abalala. 59:10.
 Tobuusa ba Swahāba maaso 18:29.
 Nabbi yasaba okuweebwa abayambi (ba
 Swahāba). 17:81.
 — baatakabanira Obusiraamu. 37:2-4; 79:2-6;
 100:2-6.
 — bajumbiranga nnyo Swala. 26:220.
BAANA BA ISIRAIRI(BANĪ-ISRĀĪL)
 Isirairi ly'elyali elinnya lya Yakobo. 3:94; 19:59.
 — baasukkuluma ku mawanga amalala mu
 kiseera ekyo. 2:48, 123; 7:141.
 Ebyengera bya Allah bye yabawa. 2:41, 48, 123;
 5:21; 14:7.
 Ebibonyobonyo bya Farāwo ku bo. 2:50; 7:142;
 5:21.
 Mūsa yatumwa Allah abanunule. 7:105, 106;
 20:48; 26:18.
 Mūsa yasaba Farāwo abawe eddembe lyabwe.
 7:106; 20:48; 26:18.
 Obukwakkulizo bwa Farāwo n'okwefuula kwe.
 7:135, 136; 43:50, 51.
 Mūsa yalagirwa Allah abatwale. 20:78; 26:53;
 44:24.
 — baasomoka ennyanja, Farāwo n'abantu be
 baazikirira. 2:51; 7:137, 139; 8:55; 10:91;
 17:104; 20:78, 79; 26:64-67; 44:25.
 Obungi bwabwe webaasengukira. 2:244.
 Ebire byabasiikiriza mu ddungu lye Sinai. 2:58;
 7:161.
 — beegomba okuddira shirk oluvannyuma
 lw'okunululwa. 7:139.

— basaba Mūsa amazzi. 2:61; 7:161.
 — bassizibwa Manna ne Saluwa. 2:58; 7:161.
 — baasinza ennyana nga Mūsa avuddewo. 2:52,55,93; 4:154; 7:149,153; 20:89.
 Mūsa yabanenya olwa shirk. 2:55.
 Mūsa yayokya ekibumbe ky'ennyana. 20:98.
 Allah yabalagira okusala ente. 2:68-70.
 — baayagala enva endiirwa mu kifo kya Manna ne Saluwa. 2:62.
 — baakola endagaano wansi w'olusozi. 2:64, 94; 4:115; 7:172.
 Abakulembeze baabwe baakwatibwa musisi. 7:156.
 — baasaba Mūsa abalage Allah. 2:56; 4:154.
 — baagaana okulwana. 5:22,23,25.
 — baagananga obubonero bwa Allah, era baagezangako okutta ba Nabbi. 2:62,88; 3:22,113,184; 5:71.
 — beesukkuluma ku kiragiro kya Sabbiiti. 2:66, 4:48,155,156; 7:164; 16:125.
 Okubonerezebwa kw'Abayudaaya. 3:113; 5:14,65,79; 17:6-8,61,105; 59:3-6.
 — baasaba obwakabaka. 2:247-250,252.
 — baasitulwamu abakulembeze kkumi na babiri. 2:61; 5:13; 7:161.
 Ekyengera ky'obwa Nabbi n'obwakabaka mu bo 5:21,71; 45:17.
 — baakolimirwa Dāūd ne 'Isa. 4:48; 5:79.
 Abayudaaya bakyuusakyuusa ebigambo. 2:76,80; 4:47; 5:14,42.
BAANA
 — tebasanye kwerabiza muntu kujjukira Allah. 8:29; 63:10; 64:16.
 Okubatta, obutabagunjula n'obutabakuza bulungi olw'okutya obwavu kyaziyizibwa. 6:152; 17:32.
 Abaana ab'obuwala si kisiraani. 16:59,60; 42:50-51.
 Yigiriza abaana bo eby'eddiini. 19:56; 20:133.
 Abazadde bayisibwe bulungi. 17:24,25; 19:33; 46:16,18.
BAAVU
 Ebikwata ku kubalabirira. 69:35; 90:12-17; 107:2-4.
BABAKA OBA BATUME
 Abatakiriza babayita balogo oba balalu. 10:3; 38:5; 40:25; 43:50; 51:40,53.
 Kiba kikyaamu okusosola mu Babaka. 2:137,286; 3:85; 4:151,153.
 Okulimbisa Omubaka wa Allah omu kitegeeza kulimbisa Babaka ba Allah bonna. 26:106,124,142,161,177.
 — balibeera bajulizi ku bagoberezi baabwe. 4:42; 16:85,90; 33:46.
 Allah ababikkulira ebimu ku byama bye. 3:180; 72:27,28.

Rasūl ne Nabbi ky'ekimu. 19:52-55.
 Ekigendererwa ky'okuweereza Ababaka. 2:120; 4:166; 5:20,100; 11:3; 16:83; 17:106; 18:57; 33:46,47; 34:29; 35:25; 36:18; 48:9; 64:13.
 Buli bantu balina Omubaka. 10:48; 13:8; 16:37; 35:25
 — abamu baasukkulumizibwa ku balala. 2:254; 17:56.
 — ba bika bibiri — abaleesi b'amateeka n'abatali baleesi ba mateeka. 2:254; 36:15.
 Kur'ani Entukuvu Ababaka b'eyogerako batono nnyo. 4:165; 40:79.
 — bonna baawakanyizibwa era baalimbisibwa mu ngeri y'emu. 41:44; 51:53,54.
 Empeera y'Ababaka eri wa Allah. 6:91; 10:73; 11:30.
 Basajja bokka Allah b'alonda ng'Ababaka. 12:110; 16:44; 21:8.
 Allah y'amanyi obulungi w'asaana okussa obubaka bwe. 6:125; 16:3.
 Obuvunaanyizibwa bwabwe. 62:3; 79:18-20.
 Tekiyinzika eri Nabbi okukumpanya. 3:162.
 — bakolera ku biragiro bya Allah n'olwekyo si boonoonyi. 21:28.
 — ab'obulimba Allah yennyini abeekwatiramu. 69:45-48.
 — muguwa gwa Allah. 3:104; 8:47.
 — bonna bawakanyizibwa era bajeregebwa. 6:113; 21:42; 25:32; 36:31; 43:8.
 — n'abagoberezi baabwe bafuna obuyambi bwa Allah. 2:215; 12:111.
 Sitaani yeekiika mu kkubo lyabwe. 22:53.
 — abalabe baabwe babayita baloge. 26:154.
 — baalimbisibwa. 3:185; 34:46.
 Allah abayamba mu bulamu buno n'oluvannyuma lw'okufa. 37:172,173; 40:52.
 — baba bantu. 14:12; 18:111; 19:59; 21:8,9.
 — baba n'abakyala n'ezzadde. 13:39.
 — balya emmere. 21:9; 25:8,21.
 — tebatya mulala yenna okuggyako Allah. 33:40.
 Buli Mubaka Allah gw'atuma amuwa obubaka mu lulimi lwe. 14:5.
 Obuvunaanyizibwa bwabwe kutuusa bubaka. 5:100; 16:83; 36:18; 64:13.
 — bawi ba mawulire ag'essanyu era balabuzi. 2:120; 2:214; 4:166; 5:20; 6:49; 11:3; 17:106; 18:57; 33:46; 34:29; 35:25; 41:5; 48:9.
 — tebasaba bantu mpeera olw'ebyo bye bakola. 11:30,52; 26:128.
 Allah yangirira nti Ye n'Ababaka be be b'okuwangula. 5:57; 37:172-174; 58:22.
 Abatakiriza bagezaako okubatta. 2:62,88; 3:22,133,184; 4:156; 5:71.

Ekgendererwa kyabwe. 23:52,53.
 Ensonga lwaki Ababaka n'abagoberezi baabwe babonaabona. 2:156-158,215.
 Abatakkiriza basaba Allah ebikontana n'obutonde. 2:119.

BADDU

Okubanunula kikulwa kya ttendo. 2:178; 4:93; 5:90; 9:60; 58:4; 90:14.

BADR, OLUTALO LWE

— lwalangibwa mu Kur'āni. 3:124; 30:5; 54:45-49.

Abalabe basaba ensala. 8:20.

— kaali kabonero akalaga amazima. 3:14.

Obuyambi bwa Allah eri abakkiriza mu lwo. 3:124; 8:10; 8:18.

Allah yawa abakkiriza obunywevu. 8:12.

Enfo z'amagye g'enjuyi zombi. 8:43.

Okwera kw'eggye ly'abatakkiriza. 8:48,49.

Eggye ly'abatakkiriza lyafuntulwa. 8:51,52

Abatakkiriza abaawambibwa. 8:71.

BAFU

— tebadda mu nsi muno. 2:29; 21:96; 23:100,101; 39:59,60.

— mu by'omwoyo bayinza okuzuukizibwa mu bulamu bw'ensi eno. 8:25,43.

BAI'AT,(EKISUBIZO KY'OBUWULIZE)

Okuwera eri Omubaka kuba kuwera eri Allah. 48:11.

Bai'at y'e Hudaibiya. 48:19.

Bai'at y'abakkiriza abakazi. 60:13.

BAIBULI

— yadibagibwa abantu. 2:80; 5:14,16.

BAJULIZI KU NDAGAANO

Ebibakwatako. 2:283.

Okujulira ku ddaame. 5:107-109.

BAJULIZI

— baba balamu emirembe n'emirembe. 2:155; 3:170.

BAKKIRIZA ABATUUFU

Ebisanyizo byabwe. 2:4-6,166,286; 8:3-5,75,76;9:124;24:52,53,63; 31:5,6;32:16,17; 42:24; 58:23.

Obukkiriza buyimiridde ku mazima.12:109.

Allah mukwano gwabwe.2:258; 3:69; 8:20; 47:12.

Allah yekakasaako okubayamba. 22:39; 30:48.

Amadaala gaabwe ga njawulo. 9:20; 20:76; 58:12.

— balifuna empeera ensuffu. 33:48.

Allah abaggya mu kizikiza. 2:258.

— tebaliba na kutya. 5:70; 6:49; 7:36.

Allah abongera obulung'amu. 8:3; 47:18.

— banoonya kusanyusa Allah. 3:16;5:3;9:16,72

— abituusa abakkiriza ku kuganyulwa. 23:2-12.

Okufuubana kwabwe tekugwa butaka. 4:125;10:10; 16:98;20:113;21:95.

Allah yabasuubiza amaka n'ensuku. 2:26; 9:72.

— balisanyusibwa mu kitiibwa.4:176;13:30;30:16.

— balisonyiyibwa era baligabulwa mu kitiibwa. 8:5,75.

Allah yabategekera empeera ey'ekitiibwa. 10:11; 33:45; 36:59.

Allah yabasuubiza empeera ensuffu. 4:147; 17:10.

— balifuna empeera etaliiko kkomu. 41:9; 84:26; 95:7.

— banguyira eri okukola ebirungi era bo ku byo bakulembeze. 23:62.

BA QURAIISH

— baataasibwa olukwe lwa Abraha. 106:2-5.

BAKYALA BA MUTUME

— baba bannyaffe. 33:7.

— kizira okubawasa. 33:54.

— balina eddaala lya njawulo. 33:31-35.

— baaweabwa eddembe okwesalirawo. 33:29,30.

Omu ku bo yayatula ekyaama. 66:4.

Mutume okuwera ebyakkirizibwa ku lwabwe. 66:2

Abannanfuusi baakonjera 'Aisha. 24:12.

'Aisha yejjeerera. 24:24.

Zainabu Allah y'eyamufumbiza Mutume. 33:38.

BALINA AMAGEZI

Enneyisa yaabwe. 13:20-25.

BAMALAYIKA

— bakakasa obwannamunigina bwa Allah. 3:19.

Kya tteeka okubakkiriza. 2:187;286.

Abagaana aba abuze. 4:137.

— tebajeemera Allah. 66:7.

— bakyakka. 41:31-33; 97:5.

— ne Mwoyo bakka lwa kiragiro kya Allah. 97:5.

— bamanya ekyo kyokka Allah ky'abayagiriza. 2:33.

— balimu amadaala. 35:2.

— bawaniridde Nnamulondo (i.e.amatendo ga Allah).69:18.

— abamu bakuumi. 13:12.

— abamu bawandiisi. 82:11-13.

EMIRIMU GYA BAMALAYIKA

(i) Kuleeta bubaka okuva eri Allah. 22:76.

(ii) Kutwala myoyo (kufiisa). 32:12.

(iii) Kutuusa bibonerezo ku balabe b'Ababaka. 6:159; 96:19.

(iv) Kuyamba, kugumya n'okuleetera abakkiriza amawulire ag'essanyu. 41:31-33.

(v) Kuteeka nsisi n'okutya mu mitima gy'abalabe b'Ababaka. 3:125,126.

(vi) Kuwa bujulizi na kunyweza bwannamunigina bwa Allah. 3:19.

(vii) Kukakasa na kulaga butuufu bwa Babaka. 4:167.

(viii) Kutendereza Allah n'amatendo ge. 39:76.

(ix) Kusabira bakkiriza okusonyiyibwa.40:8;42:6.
 (x) Kusabira Mutume (*s.a.w*) buwanguzi, n'abakkiriza emikisa n'ebiyengeri. 33:44,57.
 (xi) Kuwandiika bicolwa bya buli muntu.82:11-13.
 (xii)Kugomya bigere by'abakkiriza. 8:13.

BAMULEKWA

— tebaasaanye kunyigirizibwa. 93:10.
 Okubaliisa. 90:15,16.
 Okubaddaabiriza n'okubabudabuda. 2:221.
 Ebintu byabwe bilibirirwe bulungi.4:3;6:153; 17:35.
 Abakuza beekuume nnyo ku bintu bya bamulekwa. 4:10,11.
 Enkuza yabwe entuufu. 4:7.
 — balabirirwenga mu bwenkanya 4:128.

BANNANFUUSI

—baayagala okuleeta obutategeeragana wakati w'abakkiriza. 63:8,9.
 — tebaagaliza Mutume (*s.a.w*) kirungi. 9:50, 58,61.
 — bakuma mu batakkiriza omuliro. 59:12.
 — batiisatiisa abakkiriza.3:174;4:84;9:81; 33:14.
 — balina obulwadde mu mitima.2:11;5:53; 9:125; 74:32.
 — batabuzitabuzi, batabangula eddembe. 2:12,13,28,221.

Abakulembeze baabwe masitaani. 2:15.
 — tebaba bakkiriza batuufu.2:15,77;3:120; 5:62; 4:144.

— baba bakirumira mpuyi bbiri. 4:73,74.
 — bekwaasa obusongasonga. 33:14.
 — bannampawengwa. 4:144.
 — balifuna ekibonerezo ekiruma ennyo. 4:139,146.
 — bafuula abatakkiriza mikwano gyabwe. 3:29,119;4:140,145.

BANTU (AMAWANGA)

1. — ba 'Ādi. 7:66;11:51.
 Kibuyaga namuzisa yabazikiriza. 46:25,26.
 2. — ba Thamūda. 7:74;11:62.
 Akabonero k'eng'amira enkazi. 11:65
 — baagitemako amagulu, baabonerezebwa. 7:78; 11:66-68; 26:158.
 — baakwatibwa musisi. 7:79.
 3. — boomu kibira. (As-hābul-Aika)
 Abantu ba Shuaib baayitibwanga bantu ba mu kibira 15:79; 50:15.
 4. — b'e Tubba baazikirizibwa. 44:38; 50:15.
 5. — bo ku luzzi (As-hābul-Ras).
 — baali bamu ku bantu b'eggwanga lya 'Ād. 25:39.
 6. — b'enjovu (As-hābul-Fiil) baali Abraha, kabaka wa Abisiniya, Gavana wa Yemeni n'eggye lye. 105:2.
 Olukwe lwabwe, n'okuzikirizibwa kwabwe. 105:3.

7. — Abasabiya. 5:70.

8. — b'empuku (As-hābul-Kahf)
 Empuku weyali. 18:18.
 Omuwendo gwabwe. 18:23.
 Ekiseera kye baamala mu mpuku. 18:26.
 Embwa yaabwe. 18:23.

BANTU B'ENJOVU

Abraha (kabaka w'e Yemen) yazinda Makka n'eggye ly'enjovu. 105:2-6.

BANTU BA SABAYI

— baafuna akabonero okuva eri Allah.34:16-22.

BANTU B'E HIJR

Ekibonerezo kyabuvumbagira 15:81-85.

BANTU BOMU KIBIRA(AS-HABUL AIKAH)

Baalimbisa ababaka nebakakatako ekibonerezo. 15:79; 26:177; 38:14; 50:15.

BARZAKH

Ekiziyiza obutadda oluvannyuma lw'okufa. 23:101.

BASIRAAMU

— kibagwanira okuvuganya mu birungi. 2:149.
 — baalina obukyayi eri okulwana. 2:217.
 — ky'ekibiina ekisinga obulungi. 3:111.
 — baaziyizibwa okulwanira mu Myezi Emitukuvu. 2:218.

— tebatwalanga abatakkiriza okuba ab'emikwano. 2:258;5:57;5:81,82; 45:20;58:15; 60:9,10.

BATAKKIRIZA

— bawaanayisa obubuze mu bulung'amu. 2:17,87,176; 3:178; 14:4; 16:108.
 — bakiggala, bakasiru, bamuzibe. 2:19,172; 6:40;7:180; 8:23; 10:43; 11:25; 17:73,98; 21:46; 27:81; 30:53,54; 43:41.
 Emitima gyabwe mikakanyavu. 2:25,75; 5:14; 6:44; 22:54; 39:23; 57:17.

Ebikolwa byabwe bya kufaafaagana. 2:218; 3:23; 5:6,54; 7:148; 9:17,69;11:17; 18:106; 47:33.

— tebatya kubalirira. 78:28.
 — balifuna ekibonerezo ekirumya. 85:11.
 — Allah abetoolodde. 85:20,21.
 — Malayika zijja kubabonereza. 25:23,24.

BAWAMBE

— bawambibwa luvannyuma lwa kulwana. 8:68.
 — bateebwa olw'okwenunula. 47:5.
 — bategerwe obufumbo 24:33,34.
 — bayinza okuteebwa ku bukakkulizo. 24:34.

BAWANDIISI (BAMALAYIKA)

— bamanyi byonna omuntu by'akola. 82:11-13.

BAWARABU

— baasaddaakanga abaana baabwe. 6:138.
 Abaana b'obuwala baabatwalanga nga ab'ekikwa. 16:59,60; 43:18.

Baaziikanga abaana b'obuwala nga balamu. 16:60.

BAWEEREZA BA ALLAH OMUSAASIZI

— baba bawombeefu. 25:64.

— baagaliza buli omu emirembe. 25:64.

— basula basinza Allah 25:65.

— bawanjagira Allah abasonyiwe. 25:66.

— tebadiibuuda era tebakodwala. 25:68.

— beewala shiriki, tebatta okuggyako mu butongole era tebenda. 25:69.

— tebajulira bya bulimba. 25:73.

Empeera yaabwe. 25:76,77.

BAYIGIRIZWA

— ba 'Isa baayitibwanga bayambi ba Allah. 3:53;61:15.

BAYUDAAYA

— beebo Allah beyasunguwalira. 1:7; 2:62,91; 3:113; 5:61,79.

— Allah yabalagira obutasukka nsalo.4:172; 5:78. Enkwe zebaakolera Abasiraamu mu lutalo lw'e Ahzāb.33:27,28.

Okufufuggazibwa kw'eggwanga lya Banū Nadhir. 59:3-7.

BAZADDE

— bayisibwe bulungi. 17:24; 29:9; 31:15.

Tukuutirwa okubasabira. 17:25.

— bagonderwe mu buli nsonga okuggyako Shiriki. 29:9.

BIBI

Omuntu yatondebwa nga mulongoofu, alina obusobozi bw'okukola ebirungi. 76:3,4; 90:9-11; 91:8,9; 95:5.

Leka ebibi eby'olwatu n'ebyenkiso. 6:121,152; 7:34.

Ekibi kisasulwa n'ekyenkanankana nakyo. 6:161; 10:28; 28:85; 40:41.

Abatakkiriza bagugubira ku bibi. 2:171; 7:29; 31:22.

Omutima gunenya nnyini gwo olw'ekibi ky'aba akoze. 75:3,15,16.

Ekibi kituusa nnyini kyo mu muliro. 2:82.

Ebirungi biggyawo ebibi. 11:115;25:71; 41:35.

Bwe wenenya, Allah akusonyiwa ebibi byo. 3:136,137; 4:111; 16:120; 42:26.

Omuntu mu butonde bwe akyawa ekibi 30:31; 49:8; 75:15,16; 91:8,9; 95:5.

Okugoberera obuwufu bw'Omubaka kiwonya ebibi. 3:32; 24:55; 33:22.

Okusaba kuziyiza ebibi. 3:136; 6:41-42; 7:201,202; 21:77,84,85,88-91; 29:46; 41:37.

Allah tavunaana bibi ebikolebwa mu butanwa ne mu butamanya. 2:226;4:18;5:90;6:55;16:120; 20:116.

BIBONEREZO BYA ALLAH

Ekigendererwa kya byo. 2:156-158.

BIBUGA

Nnyina bibuga (Makka) 6:93.

BIKOLWA

Ebiva mu bikolwa bibifaanana. 17:14.

Nabbi Omutukuvu y'eyali asinga empisa ennungi. 68:5

Nabbi Omutukuvu y'eyali eky'okulabirako amakula. 3:32; 33:22; 59:8.

— ebibi biva ku butakkiriza Nkomerero.27:5-6.

Okupima ebikolwa ebibi n'ebirungi.7:9-10;23:103,104; 101:7-10.

BIKOLWA EBIBI

Obwenzi. 6:152; 17:33; 25:69.

Okwemanya.2:35,88; 4:174; 7:37,41,49, 76,77,89,-134;10:76; 14:22; 23:47; 25:22; 28:40; 29:40; 34:32-34; 38:75-76; 39:60; 40:48-49; 41:16,39; 45:32; 46:11,21; 71:8; 74:24.

Okugeya. 49:13.

Okwewaana. 57:24

Okunyoomerera n'okusekerera. 49:12.

Okuggwamu essuubi.12:88;15:56-57; 29:24;39:54.

Okukozesa ebitamiiza. 2:220; 5:91-92.

Ensaalwa. 113:6.

Okudiibuuda. 7:32; 17:27-28;25:68.

Okukumpanyisa amaaso. 7:117;40:20.

Okugoberera ky'otategeera. 11:47-48;17:37.

Zaala. 2:220; 5:91-92.

Amalala. 17:38; 23:47; 31:19.

Okwogera ebitasaana. 23:4; 25:73; 28:56.

Okuseera. 6:153;7:86;11:85-86;17:36;26:182;83:2-4.

Okuyiting'ana amannya amabi. 49:12.

Obukodo. 3:181; 4:38; 17:30; 25:68; 47:39; 57:25; 59:10; 64:17.

Obukumpanya n'okuwolereza abakyaamu. 4:106,108; 8:28,59.

Okuteebereza. 3:155; 4:158; 10:37; 49:13.

Okulimba. 22:31; 25:73; 39:33; 92:9-11; 96:14-15.

Obubbi. 5:39; 60:13.

Allah tayagala kulaalaasa kibi. 4:149.

BIKOLWA EBIRUNGI

— bisasulwa emirundi kkumi. 4:41; 6:161.

— by'ebyokusigalawo. 18:47.

Amateeka agabifuga. 2:208; 4:75; 5:17; 6:163; 60:2; 92:19-22.

Okutuukiriza endagaano. 2:178;5:2; 6:153; 13:21; 16:92; 17:35; 23:9; 33:16.

Okwesammula endagaano embi. 8:59.

Obwekuumi. 17:33; 23:6-8; 24:31,34,61; 25:69; 33:36; 70:30-32.

Obuyonjo. 2:223; 4:44; 5:7; 22:30; 74:5-6.

Okufuga obusungu. 3:135, 42:38.

Okuyambagana mu birungi. 5:3
 Obuvumu. 2:178; 3:173-175; 8:16,17,46; 9:40;
 20:73-74; 33:40; 46:14.
 Okuyisa abakozi obulungi. 4:37.
 Okukubiriza ebirungi n'okuziyiza ebibi. 3:111.
 Okuwa obujulizi obutuufu. 4:136; 5:9; 25:73.
 Okuvuganya n'abalala mu kukola ebirungi. 2:149;
 3:134; 5:49; 35:33; 57:22.
 Okuliisa abayala. 76:9; 90:15-17; 89:19.
 Okusonyiwa. 2:110; 3:135,160; 4:150; 5:14; 7:200;
 12:93; 24:23; 41:35; 42:38-41.
 Okukola ebirungi. 2:196; 3:135; 5:94; 7:57.
 Okusiima. 2:153,173,186,244; 3:145; 5:7,90;
 14:8; 39:8,67; 46:16.
 Obwetoowaze. 6:64; 7:14,56,147; 16:24,30; 17:38;
 28:84; 31:19,20; 40:36.
 Obwenkanya. 5:9; 6:153; 16:91; 49:10.
 Okukkakanya amaaso. 24:31,32.
 Okuyisa obulungi baliraanwa. 4:37.
 Okuyisa obulungi abazadde. 4:37; 17:24-25.
 Obugumiikiriza. 2:46,154,156,178; 11:12; 13:23;
 16:127-128; 28:81; 29:60; 39:11; 42:44; 103:4.
 Okutabaganya. 4:115; 49:10.
 Okulabirira abaavu. 2:84,178,216; 4:9,37; 8:42;
 17:27; 24:23; 30:39; 51:20; 76:9; 90:17.
 Okutukula; 2:223; 5:7; 9:103,108; 24:22; 33:34;
 74:5; 87:15; 91:10-11.
 Okuyisa obulungi ab'oluganda; 2:178; 16:91;
 30:39.
 Okwefuga. 79:41-42.
 Obugumiikiriza. 2:154; 3:201; 11:12; 16:97,111;
 25:76; 28:55; 31:18; 41:36; 42:44; 46:36; 76:13;
 90:18; 103:4.
 Okutoola ku lwa Allah; 2:178; 17:27.
 Okwewala okubusabuusa; 49:13.
 Okuwa obuvunaanyizibwa abalina ebisaanyizo
 n'okutuukiriza obwesigwa; 2:284; 4:59; 23:9;
 70:33.
 Amazima; 4:136; 5:120; 9:119; 17:82; 22:31;
 25:73; 33:25; 39:33.
 Obuteyagaliza wekka; 2:208,263; 59:10; 64:17;
 76:9-10; 92:20-21.
BIPANDE
 — bya Kur'āni. 85:23.
 — bya Mūsa. 7:146,151,155.
BIRAYIRO
 — eby'okubalaata Allah tabivunaana. 2:226; 5:90.
 — bisaanye bikuumbiwe. 5:90.
 Okutangirira kwa byo. 5:90; 66:3.
 — tebisaanye kumenyebwa. 16:92.
 — tebisaanye kufuulibwa bya kubuzaabuza.
 16:93,95.
 Okwerayirira obutayita eri bakyala 2:227,228.

BIRE

— by'enkuba Allah abisitula. 13:13; 40:41.
 Allah atonnyesa enkuba okuva mu bire. 15:23.
 Allah abibunyisa buli wamu. 24:44.
 Enkuba, omuzira n'okubunyisibwa kwa byo buli
 wamu. 24:44; 30:49-51.
 Enkuba kabonero ka Allah. 2:165.

BIRIBWA

— ebyakkirizibwa. 5:5,6,97.
 — bisaana okuba nga byakkirizibwa ate nga
 birongoofu. 2:169; 5:89; 8:70; 16:115.
 — birina kye bikola ku bulamu bw'omuntu.
 7:33; 23:52.

Abeekuuma balya birongoofu byokka. 5:94.
 Ensi esobola okuyingiwaza emmere emala abantu
 bona. 2:262,266; 13:4; 15:20; 30:41; 41:11; 77:28.

BYAZIYIZIBWA OKULYA

Kalannamyē. 2:174; 5:4.
 Omusaayi. 2:174; 5:4; 6:146; 16:116.
 Ennyama y'embizzi. 2:174; 5:4; 6:146; 16:116.
 Ekitalaamiriziddwako linnya lya Allah.
 2:174; 5:4; 6:122,146; 16:116
 Ennyama eziyizibwa okulya okusinziira ku
 ngeri ensolo gy'efuddemu. 5:4; 6:119,120,122.

BISEERA BY'EKYAAMA

Musookenga kusaba lukusa. 24:59,60.

BISOLO

— byatondebwa kugasa muntu. 6:143-145;
 16:6,67,81; 23:22; 39:7; 40:80,81.

BISUBIZO

— bisaanye okutuukirizibwa. 5:2; 6:92,93.
 Allah tayagala bakumpanya ndagaano. 8:59.

BITABO

Okulanga kw'ebitabo okubuna wonna. 81:11.

BITAMIIZA

— byaziyizibwa. 2:220; 4:44; 5:91,92.
BITIIBWA ALLAH BY'AWA ABAKKIRIZA
 Bannamukisa abali mu kibinja kino. 4:70,71.

BUBBI

Ekibonerezo kya bwo. 5:39.

BUFUMBO

Ekgendererwa mu bwo. 30:22.

BUGUMIIKIRIZA

Ebibala bya bwo. 2:154-157.

BUJULIZI

Ebikwata ku bujulizi. 2:283; 4:7; 5:9,107,
 109; 24:5,14; 25:73.

Abajulizi ku ndagaano. 5:107-109.

— bw'amaaso, amatu n'omubiri. 41:21-23.

— obukyaamu busambajjibwa. 5:107.

BUKKIRIZA (IMĀN)

Amakulu ga Imaan. 49:15,16.

Okukkiriza kwokka tekumala. 3:180; 29:3,4.

Enjawulo wakati w'obukkiriza n'obutebenkevu
 bw'omutima 2:261.

Okukkiriza Allah n'Omubaka we 3:180; 4:171; 7:159; 57:8; 64:9; Okukkiriza Ababaka bonna n'Ebitabo. 2:137, 286; 29:27.

Empeera y'obukkiriza n'okutoola mu kkubo lya Allah. 61:11-13; 64:10.

Okukkiriza Enkomerero. 2:5

Okukkiriza n'okukola ebikolwa ebirungi. 2:26; 18:89; 41:9; 95:7.

Obubonero bunyweza Imān. 9:124; 33:22,23; 47:18.

— oluvannyuma lw'okulaba ekibonerezo tebugasa. 6:159; 10:52,53,91-93; 32:30; 40:86.

— kitangaala. 2:258; 57:13.

— obutaliimu bikolwa birungi tebugasa. 6:159. Allah talung'anya bantu beerema oluvannyuma lw'okukkiriza, 3:37,91; 5:6.

BUKODO

Kibi nnyo okukodowalira ebyo Allah by'akuwaddde. 3:181; 4:38.

BUKULEMBEZE

— buweebwa asobola. 4:59.

abalondebwa ku bukulembeze beebuze ku be bakiikirira 3:160.

— bwesigamye ku :

(i) kutesaganya; 42:39.

(ii) kugondera Allah, Omubaka n'abobuyinza; 4:60.

(iii) kulamula n'obwenkanya 4:59.

(iv) kukuuma ggwanga, abalirimu n'ebyaabwe 3:201.

BUKULISITAAYO

— baasukka ekigero bwe baafuula Yesu katonda 4:172

Endowooza egamba nti Yesu mwana wa Katonda mpangirire era nkyamu. 3:60; 4:173; 6:117,118; 9:30,31; 19:32; 43:60.

Enjigiriza y'obusatu nkyamu. 5:74,75.

Enjigiriza egamba nti Yesu yatufiiririra olw'ebibi byaffe ngingirire. 6:165; 53:39.

Okulanga kw'ettutumu ly'Obukulisitaayo. 18:19.

Okulanga kw'okugwa kw'Obukulisitaayo oluvannyuma lw'okufuna ettutumu. 18:33-45; 20:103-105.

Ettutumu ly'Obukulisitaayo ely'ebyaasa ekkumi. 20:104.

Eby'obugagga bwabwe kigezo gye bali. 20:132.

Endowooza y'amawanga g'ebugwanjuba ejerega enjigiriza ya Allah. 82:7-13.

BUKUZA

— abaana abakuzire tebaba ba ddala; 33:5

BULABIRIZI OBA BUYIMA

Omulabirizi akiikirira atesobola. 2:283; 17:34.

Omukuza tasaanye kulya bintu bya bamulekwa mu bukyaamu 4:6-7.

BULAMU

— bugendera ku kuvuganya na kutakabana. 2:149; 5:49; 53:40; 79:36; 90:5.

Okugerageranya wakati w'obulamu obw'oku nsi n'obwolovannyuma lw'okufa. 6:33; 29:65; 47:37; 57:21.

Okutondebwa kw'omuntu kulina ekigendererwa. 23:116; 51:57.

Amazzi y'ensibuko y'obulamu. 21:31.

Buli kitonde kyatondebwa mu migogo gya bibiri bibiri. 13:4; 36:37; 51:50.

Emitendera gy'okutondebwa kw'omuntu. 18:38; 23:13-15; 40:68; 53:33; 71:15-19.

BULAMU BW'ENSI

Abatakkiriza babwegomba nnyo. 2:201; 4:135; 42:21; 75:21; 87:17.

Omutindo gw'obulamu bw'ensi gwa wansi ku gw'obulamu bw'oluvannyuma lw'okufa. 4:78; 9:38; 10:25; 13:27; 18:46; 29:65; 87:18; 93:5.

— bwa kiscera kitono ddala 23:115.

BULAMU OLUVANNYUMA LW'OKUFA

— ky'ekisuubizo ky'obulamu bw'omulundi ogwokubiri. 2:29,47; 23:17; 53:48; 64:8.

Obwetaavu bw'obulamu oluvannyuma lw'okufa. 10:5.

— bwa nkalakkalira. 29:65; 40:40.

— businga obulamu bw'ensi eno. 4:78; 12:110; 17:22.

Okusaasira kwa Allah kulibeera ku bakkiriza, abatakkiriza balibonerezebwa. 58:21.

Abakkiriza bokka be baliganyulwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa. 17:72,73.

Buli kicolwa kiribalibwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa. 18:50; 20:16.

Abakkiriza balisasulwa mu bulamu oluvannyuma lw'okufa. 2:26.

Ababalafuubanira balisimibwa. 17:20.

Abakkiriza baliraba Allah ku nkomerero. 75:24.

Ekibonerezo ky'enkomerero ky'ekisinga obunene. 39:27.

Abatakkiriza nkomerero balifuna ekibonerezo ekirumya. 17:11.

Abatakkiriza baggwaamu essubi ku by'obulamu bw'oluvannyuma lw'okufa. 6:30,31; 16:39; 17:50-52; 36:79-82.

— businziira ku bikolwa by'oku nsi. 17:14,15; 21:95; 43:81; 45:30; 50:19; 82:11-13; 83:8-19.

— butandikira mu bulamu buno obw'oku nsi okweyoleka eri omuntu. 41:31-33; 55:47; 89:28-31.

Mu bulamu oluvannyuma lw'okufa ebikolwa by'omuntu bilyeraga mu bujuvu. 39:70; 50:22-

24; 57:13; 69:19; 86:9,10; 99:7-9.

Okukulaakulana mu madaala mu bulamu oluwananyuma lw'okufa tekulibaako kkomo. 15:48; 35:35,36; 39:21; 66:9.

BULUNG'AMU

Allah yatonda buli kintu n'akiwa obulung'amu bwa kyo. 20:51.

Allah alung'ama gw'aba asiimye. 2:214,273; 5:17; 6:89; 10:26; 13:28; 14:5; 16:94; 22:17; 24:26,47; 28:57; 33:5; 35:9; 42:14; 74:32.

Allah ayongerera ku bulung'amu bw'abo ababugoberera. 19:77; 47:18.

Tewali alung'ama awatali buyambi bwa Allah. 4:89,144; 7:44,179,187; 13:34; 17:98; 18:18; 39:24,37-38; 40:34; 42:45-46.

Obulung'amu buva ku bukkiriza na bikolwa birongoofu. 4:176; 10:10; 13:30; 14:24; 47:5-6.

Allah talung'ama boononefu. 2:259,265; 3:87; 5:52,68,109; 6:145; 9:19,24,37,80,109; 12:53; 16:38,108; 27:81-82; 28:51; 39:4; 40:29; 46:11; 61:8; 62:6; 63:7.

Okusaba obulung'amu 1:6

Okusaba obulung'amu oba osaba bwannabbi. 1:6-7; 6:84-91.

Abajeemulukufu be basuubizibwa obulung'amu. 3:21; 5:17; 13:28.

Okugoberera eby'obulung'amu kutuusa omuntu ku kuganyulwa. 2:6,158; 23:2; 28:68; 31:6; 87:15; 91:10.

BUSATU

Okusambajibwa kw'obusatu. 4:172; 5:74.

BUSIKA

Engabanya y'ebintu by'omufu. 4:8,9,12,13,177. Okukola eddaame elirumiriza abasigaddewo okugaba ebintu by'omufu mu mateeka. 2:181; 5:107.

Okukyuusa eddaame ly'omufu mu bukuusa kibi kinene. 2:182.

Okutereeza mu ddaame erivudde ku mateeka ga Kur'āni Entukuvu. 2:183.

Kur'āni Entukuvu y'egaba ebintu by'omufu. 4:8,9,12,13,34,177.

Okugabira ku bamulekwa n'abaavu mu kiseera ky'okugaba ebintu by'omufu. 4:9.

Emigabo gy'abasika 4:12.

Omugabo gwa Ssemwandu, Namwandu. 4:13.

Ebikwaata ku bintu bya'Kalaalah. 4:13,177.

BUSIRAAMU

Erinnya 'Busiraamu' lyatuumibwa Allah yennyini. 2:133; 3:20,86; 5:4; 22:79.

Islam (Obusiraamu), kitegeeza mirembe, kwewaayo, buwulize na kujumulukira Allah. 2:113,132,209; 4:126; 6:163,164.

Ebikwaata ku Busiraamu

Empagi z'Obusiraamu:-

(i)Okutongoza obwannamunigina bwa Allah. 112:1-5.

(ii)Okuyimirizaawo essaala. 2:4,239; 4:104; 35:30.

(iii)Okutoola Zaka. 2:44; 4:163; 19:32; 22:79; 41:7-8.

(iv)Okusiiba omwezi gwa Ramadhān. 2:184-186.

(v)Okulamaga olugendo olutukuvu (Hajj). 3:98; 5:98

Empagi z'obukkiriza:-

(i)Okukkiriza Allah. 2:178,286; 24:55; 112:1-5.

(ii)Okukkiririza mu ba Malayika. 2:99,178, 286; 4:137.

(iii)Okukkiririza mu Bitabo Ebitukuvu. 2:178,286; 4:137; 74:32.

(iv)Okukkiririza mu Babaka ba Allah. 2:137,286; 4:137; 24:55,57.

(v)Okukkiririza mu lunaku lw'enkomerero. 2:5; 6:93; 27:4; 31:5; 70:27;

(vi) Okugera kwa Allah. 25:3, 57:23.

— y'Eddiini enzijuva 3.20,86;5:4.

— y'Eddiini yokka ekkirizibwa eri Allah era y'eyamazima. 3:20,86; 5:4.

Mu Busiraamu temuliimu kuwaliriza. 2:257; 10:100; 11:119; 18:30; 76:4, 28:57.

Asiramuka aba talina gw'akoledde kisa. 3:165; 10:109; 27:93; 49:18.

Obulung'amu obujjuvu buli mu Busiraamu. 2:6,17,39,98,121; 6:72; 7:53; 9:33; 16:65,103; 22:68; 31:6; 48:29; 61:10.

— y'Eddiini esinga zonna. 3:86,20; 4:126.

— tebuliimu kuzitoowereza. 2:186,287; 5:7; 22:79.

— ky'ekyewatwako ekinywevu 2:257; 31:23.

— bulung'ama eri ekkubo ly'abo Allah beyawa ebyengera. 1:6-7; 4:70; 19:59; 57:20.

— bulinga omuti omulungi. 14:25.

Mu Busiraamu asinga okutya Allah y'asinga okuba ow'ekitiibwa. 49:14.

— bulagira kukola bwenkanya. 4:59,136; 5:9,43; 6:153; 7:30; 11:86; 16:77,91; 17:36; 26:183; 49:10; 55:10; 60:9.

— bulagira okuyisa abantu bonna obulungi.

4:37; 6:152; 17:24,25.

— y'Eddiini ya ba Nabbi bonna. 4:164; 16:124; 42:14

Okulanga kw'obuwanguzi bw'Obusiramu. 9:33; 48:29; 61:10.

Okulanga kw'okwatiikirira n'okuddirira kw'Obusiraamu. 32:6.

Okubuulira Obusiraamu kwalaalikibwa ku bakkiriza bonna. 3:105,111,115; 5:68; 6:20; 7:158; 9:71; 12:109; 16:126; 31:18; 33:40; 41:34.

BUSOSOLOOTI

— bwagunjibwawo bugunjibwa. 9:35; 57:28.

BUSUUBUZI

— bukkirizibwa. 2:276; 4:30.

— tebusaanye kukwerabiza Allah. 9:24; 24:38; 62:12.

Eky'obusuubuzi ekisinga byonna 35:30,31; 61:11-14.

— obutagobolola. 2:17.

BUTAKKIRIZA (KUFR)

— kitegeeza kugaana Allah. 2:29; 18:38; 40:13.

— kitegeeza kugaana byengera bye. 14:8; 16:113; 27:41.

— kitegeeza okugaana amazima n'Ababaka. 2:27,40,90,106; 14:10; 41:53; 46:11; 60:5.

Abatakkiriza baliko ebikoligo. 36:9.

Amasanamu g'Abawarabu ab'edda. 5:104; 38:7; 43:58-59; 71:24.

Abatakkiriza tebaganyulwa. 6:22; 10:70; 23:118; 28:83.

Ebikolwa by'abatakkiriza tebiribagasa. 2:218; 3:22,23; 5:6; 11:17; 18:106; 33:20; 47:10; 47:29; 47:33.

Abatakkiriza beemalira ku bulamu bw'ensi. 2:201; 10:8; 23:38; 45:25.

Enkomerero y'abatakkiriza. 3:163,152,198; 4:122; 5:73; 9:73; 10:9; 13:19; 17:98; 24:58; 66:10; 79:40; 98:7.

Abatakkiriza balifuna ekibonerezo ekirumya ennyo. 2:105; 2:175; 3:22; 3:78; 5:37; 9:3; 10:5; 10:98; 16:105; 29:24; 34:6.

BUTONDE, OBWANJULUKUFU BWA BWO

Obubonero bw'obwanjulukufu bw'obutonde 13:4,5.

BUTONDE, OKUTABAGANA MU BWO.

Mu kutonda kwa Allah temuli njawukana yonna. 67:4,5.

BUWOMBEEFU

Abakkiriza kibagwanira okuba abawombeefu. 25:64; 31:19,20.

BUZITO

Buli muntu wakwetikka bubwe. 29:13,14; 35:19.

BWENKANYA

Abakkiriza bakubirizibwa okuba abenkanya. 5:9.

BWENZI

— bwaziyizibwa. 17:33; 25:69.

Ekibonerezo kya bwo. 24:4.

Obujulizi bwetaagibwa. 24:5

Tobusemberera. 24:31,32.

Okukangavvula abagwenyufu. 4:16-17.

Ekibonerezo ky'okuwaayiriza omukazi/omusajja nti ayenze. 24:7-11.

Temuwaliriza bakazi kukola bwenzi. 24:34.

Okuwaayiriza omukazi mwekuumi. 24:5.

Weekuume nga tonnafumbirwa/tonnawasa. 24:34.

Omwenzi agatta na mwenzi oba musamize. 24:3.

BWEETOWAZE

Allah tayagala malala. 31:19; 2:84; 17:38; 25:64,73; 31:19,20.

BYA BUFUZI

Enkolagana n'amawanga amalala. 16:93,95; 60:8-10.

— bitambulira ku kuteesaganya. 3:160; 42:39.

Obuyinza bukwasiwe abantu abatuufu. 4:59.

— bibeere ku musingi gwa bwenkanya. 4:59,106-108,136; 5:9; 16:91; 38:27; 42:16.

— ab'obuyinza bagonderwe. 4:60.

Okuwakula entalo kwaziyizibwa. 2:191-194; 4:76; 8:40; 22:40-42.

Emirembe. 8:60-62; 9:1-4.

BYA BUGAGGA

Mubifune mu ngeri entuufu 2:189; 4:30.

Emigaso egiri mu by'obugagga. 4:6.

Ekiseera ky'okubikwaasa ba nnyini byo. 4:6,7.

Obwannanyini ku by'obugagga. 16:72.

— kigezo eri omuntu. 8:29; 64:16.

DAUD (OMUBAKA)

— yalwaana n'Abafirisuuti. 2:252.

— yawangula abalabe, yassaawo obwakabaka. 2:252.

Allah:

— yanyweeza obwakabaka bwe. 38:21.

— yamufuula Khalifa mu nsi. 38:27.

— yamuwa okumanya okwa waggulu. 27:16.

— yamuwa emikisa egiva gy'ali 34:11.

Yayigirizibwa okukola ekyambalo ky'ekyuma. 21:81; 34:11,12.

Abantu b'omu nsozi n'ennyonyi (abatuukirivu) baamugondera. 21:80; 34:11; 38:19,20.

Enkwe z'abalabe be zaagwa butaka. 38:22,23.

— yalamula ab'oluganda ku nkaayana z'endiga enkazi. 38:24,25.

— yasaba okusonyiyibwa. 38:25.

Ensonga y'okusaba kwe okusonyiyibwa teyali ya

kibi. 38:26.

— ne Sulaimāni baalamula ku nsonga y'ennimiro. 21:79,80.

Ekitabo kye tekyaaali kya mateeka. 4:164;17:56, .
DDIINI YA ALLAH
Mugigoberere. 2:139.

DDIINI Y'OBUWANGWA

— y'Eddiini entuufu. 10:106; 30:31,44.

DHUL-KIFL (EZEKERI)

Ebimukwatako. 2:260.

DHUL-QARNAIN

Ebimukwatako. 18:84,99.

— yakola olukomera. 18:96,97.

FARAWO

Allah yawonya omubiri gwe. 10:93.

Abantu be baagoberezebwa ekikolimo. 11:100; 28:43.

GGULU

— lyatondebwa n'ekigendererwa. 3:192; 14:20; 15:86; 16:4; 29:45.

— Allah yennyini y'eyalitonda. 51:48.

— mu kusooka lyali ng'omukka. 41:12.

— n'ensi mu kusooka byali bikwataganye. 21:31.

Emigigi gy'eggulu omusanvu gyatondebwa mu biseera bibiri. 41:13.

— n'ensi byatondebwa mu biseera mukaaga. 7:55; 10:4; 11:8; 25:60; 32:5.

Allah yalitonda ng'akasolya. 2:23; 23:18; 51:48; 78:13; 79:28,29.

— litutaasa era likuumibwa 21:33; 37:7,8; 41:13.

Enjuba n'omwezi byetooloolera mu bwengula. 21:34; 36:41.

Eggulu (obwengula) lijjudde amakubo. 51:8.

— teliwaniriddwa na mpagi. 13:3; 31:11.

— lirina enkolagana n'ebymmere. 10:32; 27:65; 34:25; 35:4.

— liri mu mukono gwa Allah. 21:105; 39:68.

— liriggulwa neriba milyango myeereere. 78:20.

— liriggiyibwaako eddiba. 81:12.

— liryuzibwamu. 77:10; 82:2.

— liriba ng'ekikomo ekisaanuuse. 70:9.

— lyawundwa n'emmunyenye. 37:7; 15:17; 41:13; 67:6.

Okugwa kw'ebitundutundu by'eggulu nga ekibonerezo. 17:93; 26:188; 34:10.

— y'ensibuko ya buli kimu. 15:22; 40:14.

GOG NE MAGOG

— mawanga g'Abazungu. 18:95,100; 21:97.

Entalo za Gog ne Magog. 18:100; 21:97.

Okusaasaana kwa Gog ne Magog mu nsi yonna. 21:97.

Mu bufuzi bwa Gog ne Magog ensi eribaamu ebizibu bingi. 21:98-101.

Obusiraamu bujja kuwanguka endowooza

n'enkola ya Gog ne Magog. 9:32; 21:98; 48:29; 61:10.

HĀMĀN

— y'eyali omuduumizi w'eggye lya Farawo. 28:9.

— yali mukungu avunaanyizibwa ku bakozi 28:39; 40:37.

HĀRŪN (NABBI)

Nabbi Mūsa yamusaba Allah abeere omubeezi we. 20:30-37; 28:35.

— yafuulibwa Nabbi. 4:164; 6:85; 10:76; 19:54; 21:49.

— yawakanya okusinza ennyana. 20:91.

Mūsa yamunyiigira olw'abantu be okusinza ennyana. 7:151; 20:93,94.

Mūsa yamusabira okusonyiyibwa. 7:152.

Ebyengera bya Allah ku ye. 37:115.

HĀRŪT NE MĀRŪT

— baali basajja batuukirivu ab'e Babuloni. 2:103.

HUDAIBIYYAH

Ebikwaata ku ndagaano ye Hudaibiyah. 48:19-30.

HUD-HUD

ebikwaata ku Hud-hud. 27:21-32.

IBILĪS

— yagaana okugondera Adamu. 2:35; 7:12,13; 15:31;17:62; 18:51; 20:117.

— okwekuluntaza kwamugaana okugondera Ādamu. 2:35; 38:74-77.

— teyali malayika. 18:51.

IBRĀHĪM (NABBI)

Amazima agamukwatako gali mu Kur'āni Entukuvu. 3:68;19:42.

— yali mu bantu ba Nabbi Nūhu. 37:84.

— yalabula kitaawe ku kuzinza amasanamu. 6:75.

— yatumba eri abaasinzanga amasanamu n'emmunyenye. 6:77-79; 21:53.

— yakubaganya ebirowoozo n'abantu be ku kuzinza amasanamu. 6:77-79; 37:89-91.

— yamenyamanya amasanamu n'ayoleka obuyenjebufu bwa go. 21:58-59; 37:94.

— yasuulibwa mu muliro. 21:69-70; 37:98.

— yasenguka. 21:72; 37:100.

— yasabira kitaawe okusonyiyibwa. 9:114; 19:48; 26:87; 60:5.

— yatuukiriza ekiragiyo kya Allah. 2:125.

— yaweebwa amawulire g'okuzaala Ismāili. 37:101-102.

— yaweebwa amawulire g'okuzaala Is-hāq. 11:72; 37:113.

— yaweebwa amawulire g'okuzaalibwa kwa Ya'quubu. 11:72; 21:73.

— yalaba mu kirooto nga asala Ismāili. 37:103.

— yaleka Ismāili ne nnyina mu ddungu. 14:38.
 — yasitula omusingi gw'Ennyumba ya Allah. 2:126-128.
 — ne Ismāili baasaba Allah asitule Nabbi Amakula mu kibuga Makka. 2:128-130.
 — yalagirwa alangirire Hajj 22:28.
 — n'ababaka abaaasindikibwa okubonereza abantu ba Nabbi Lūti. 11:70-71; 51:33.
 — yabaletera ennyama enkaliire. 11:70.
 — yasaba Allah asonyiwe abantu ba Nabbi Lūti. 11:75.
 — yawakana ne kabaka. 2:259.
 — yabuuza ku bikwata ku kudaaabululwa kw'abantu be 2:261
 — yali wa mazima nnyo. 19:42.
 — Isi-hāq ne Ya'qūbu baalina obuyinza era nga balabufu. 38:46.
IDRĪS
 — yali mugumiikiriza. 21:86.
 — yali Nabbi wa mazima. 19:57.
 — yagulumizibwa. 19:58.
ILYĀS
 — yali Mutume. 37:124.
 — yalabula abantu be obutasinza masanamu. 37:126.
 Abantu be baamulimbisa. 37:128.
 Ab'oluvannyuma. 37:130.
ILYASA'
 — yali mu basinga obulungi. 38:49.
ISA (YESU)
 Amawulire g'okuzaalibwa kwe. 3:46; 19:20.
 Maryamu yeewuunya nnyo eky'okuzaala nga tabadde na musajja. 3:48; 19:21
 Maryamu yalagirwa okusirika oluvannyuma lw'okuzaala 'Isa. 19:27.
 — yazaalibwa mu biseera by'okwengera kw'emitende. 19:26.
 — yayogera eby'amagezi nga akyaali muto. 3:47; 5:111.
 Maryamu yamutwala eri ab'ewaabwe. 19:28.
 — yali Nabbi eri abaana ba Isirairi bokka. 3:50; 43:60; 61:7.
 — yayigiriza abaali abaawansi mu by'omwoyo ne bafuuka abaawaggulu. 3:50; 5:111.
 — yawonya abagenge, abatalaba; n'azuukiza abafu mu by'omwoyo. 3:50; 5:111.
 — yayigirizibwa Taureti n'Enjiri byokka. 3:49; 5:47,111; 57:28.
 Abayudaaya baamugaana. 3:53.
 Abayigirizwa be baabikkulirwa. 3:53-54; 5:112.
 — yaweebwa obubonero obw'olwatu, era yawagirwa buwagirwa ne Mwoyo Mutukuvu. 2:88,254; 5:111.

Abalabe be beekoba okumutira ku musaalaba. 3:55-56; 4:158.
 — yabambibwa naye teyafiira ku musaalaba. 2:73; 4:158.
 Enkwe z'Abayudaaya okumutta tezaatuukirira. 5:111.
 — ne nnyina baawebwa obuddukiro. 23:51.
 — mufu. 3:56,145; 5:76,117-120; 7:26; 16:21-22; 21:8,9,35; 77:26,27.
 Embeera ye eringa eya Ādamu. 3:60.
 — okuba ekigambo kya Allah kitegeeza nti okujja kwe kwali kutuukiriza okulangibwa kwe. 4:172.
 — yasitulwa mu madaala— so si mubiri. 2:254; 3:46; 4:159; 7:177; 19:58; 58:12; 94:5.
 — yakakasa ebyo ebyakulemba mu Taureti. 3:51; 5:47; 61:7.
 — yali muweereza wa Allah. 19:31; 43:60.
 — yali Mubaka bubaka 3:50; 5:76; 61:7.
 — yalagirwa okusaala, okutoola Zaka n'okuyisa nnyina obulungi. 19:32,33.
 — yayigiriza obwannamunigina bwa Allah. 5:118; 19:37; 43:65.
 Abagamba nti 'Isa ye Allah batakkiriza. 5:18,73,74.
 — ne nnyina tebaali bakatonda. 5:76,117-118.
 — ne nnyina baalyanga emmere ng'abantu ba bulijjo. 5:76.
 Abayudaaya n'Abakrisitaayo balwooza nti 'Isa yafiira ku musaalaba. 4:160.
 'Isa si mwana wa Allah. 17:112; 18:5-6; 19:36,89-91; 21:27; 25:3; 39:5; 72:4; 112:4-5.
 — teyalina kitaawe. 3:48; 19:21-22.
IS-HĀQ
 Amawulire g'okuzaalibwa kwe. 11:72; 21:73; 37:113; 51:29.
 Nnyina yeekanga olw'amawulire g'okuzaalibwa kwe. 11:72.
 Ibrāhimu, Is-hāq ne Ya'qūbu. 21:73; 38:46.
ISMAILI
 — yali Mubaka, Nabbi. 19:55.
 — y'eyali omwana wa Ibrāhimu omukulu. 37:102.
 Ibrāhimu yalaba mu kirooto nga asala Isimaili. 37:103-114.
 Allah yawa Ismāili emikisa. 37:114.
 — yali mwana muwulize nnyo era omugumii- kiriza. 37:103.
 Allah yamuwa ettutumu mu b'oluvannyuma bonna. 37:109.
 — yawangula ekigezo ekizibu. 37:107.
 — y'eyalondebwa okuba ekiweebwayo— so si Is-hāq. 37:103-106.

- yali wa mazima nnyo. 19:55.
- yakubirizanga nnyo ababe okusaala. 19:56.
- yali muganzi nnyo eri Allah. 19:56.

ISRĀ

—kwe kwolesebwa Allah kwe yayolesa Mutume (s.a.w) okuva e Masjidul-Harām okutuuka e Masjidul-Aqsa. 17:2.

Okwolesebwa okwo kwali kwanjulukufu bulungi. 17:61

I'TIKĀF

Ebikwaata ku I'tikāf. 2:126,188; 22:26.

OKUGANYULWA N'OKUWONYA

— kwasuubizibwa abo bokka abeeuuma.2:3-6; 19:73;23:2-10.

JAHANNAMU (MULIRO)

Bonna ba kugituukako.19:72.

Tebalifiira mu gwo. 4:57; 43:78; 87:14; 35:37.

Abakkiriza baliguwonyezebwa.19:73; 21:102,103.

JĀLŪT (GOLIATH)

Okuwangulwa kwe. 2:250 - 252.

JANNA (ENSUKU)

Obulamu n'ebibala byaamu. 2:26.

Obugazi bwaayo. 3:134; 57:22

Emyoyo gilifuniramu ebyo bye gyagala. 41:32,33.

— oluvannyuma lw'okufa n'eyoku nsi kuno. 19:62;55:47.

— y'oku nsi 2:36

Ab'omu Janna tebaliggyibwamu I 1:109;15:49;18:109.

Ebigikwatako biri mu ngeri ya kugereesa. 13:36; 47:16; 57:13.

Ebya Janna teri ayinza kubitegeera byonna. 32:18.

Abatya Allah balitwalibwa mu Janna. 39:74.

Eddaala ly'abomu Janna liriba lya waggulu nnyo 83:19-24.

Abakkiriza ne mu nsi muno bafuniramu Janna 55:47.

JANNA, ENFAANANA YAAYO

Telibaamu:-

— musana gususse wadde obutiti. 76:14.

— bya swakaba. 19:63; 52:24; 56:26; 78:36.

— kufa wadde okubonerezebwa. 37:59,60; 44:57.

Abomu Janna baliraba Allah. 75:23,24.

Okusiima kwa Allah y'empeera elisinga byonna mu Janna. 3:16; 9:72.

JANNA, AMAKULA GAAYO

Ebibala n'ebisiikirize bya yo. 13:36.

Ekyengera ekirisinga obukulu mu Janna. 3:16; 9:72.

Amaza amalungi ennyo. 9:72.

Ggoloofa. 25:76; 34:38; 39:21.

Amazzi ,amata,omwenge n'omubisi gw'enjuki. 47:16.

Ensuku n'emigga. 3:16,196,199; 4:14,58,123; 5:13,86; 7:44; 9:72,89,100; 10:10; 13:36; 22:15,24; 25:11; 47:16; 58:23; 61:13; 64:10.

Nnamulondo za yo. 15:48.

Ebiwempe bya liiri. 55:55.

Ebiwempe n'emitto. 88:16,17,

Eky'okunywa ekituukirivu. 83:26-29.

Eky'okunywa ekitaleeta bya swakaba wadde okwonoona. 37:46-48; 52:24; 56:20.

Ekikopo ekiritabulwamu kaafuur. 76:6,7.

Ekikopo ekitabuddwaamu entangawuzi. 76:18.

Ensulo eyitibwa Salsabiil. 76:19.

Eky'okunywa eky'entabula ya Tasniim. 83:28.

Okugabulwa .19:63.

Eby'okulya n'eby'okunywa. 77:43,44.

Emiti gya sidri n'ebitooke. 56:29,30.

Entende n'enkomamawanga. 55:69.

Emizabibu.78:33.

Buli kika kya kibala.44:56; 52:23; 55:53.

Abakkiriza balifuna empeera y'ebibala.37:42-43.

Ebirimba by'ebibala.76:15.

Ennyama y'ebinyonyi.56:22.

Ebisiikirize. 13:36.

Engoye. 18:32.

Ebikomo bya zaabu. 18:32.

Ebikopo bya zaabu. 43:72.

Ebikozesebwa ebya feeza. 76:16,17.

Abakyala abaatukuzibwa. 3:16; 4:58.

Abakyala abawombeefu ab'amaaso ag'endege. 37:49,50.

Abavubuka abatalikaddiwa. 52:25; 56:18; 76:20.

Bamalayika baliramusa ab'omu Janna. 13:24,25.

JANNA, ABALIGIYINGIRAMU

Abakkiriza abakozi b'ebirungi. 2:26.

Abakozi b'ebirungi abafaayo ennyo ku biragiro bya Allah 3:134-137.

Abagumiikiriza.13:23-24.

Abaakulemba mu buwulize eri Allah. 56:11-12.

Abantu b'oku ddyo. 56:28.

— elisembezebwa eri abawulize. 50:32.

JIBRĪL (MALAIKA)

Ebiva mu butamukkiriza. 2:98,99.

JIHAAD (OKUTAKABANA MU KKUBO**LYA ALLAH)**

Abakkiriza balagirwa okutakabana. 2:219; 5:36; 9:41; 22:79.

Jihaad Akbar (esinga obukulu) kwe kulwanyisa obunafu bwo. 4:96; 8:73; 9:20,41,44; 49:16; 61:12.

Jihaad Kabiir (ey'okubiri mu bukulu) kwe kukozeza Kur'āni Entukuvu. 25:53.

Jihaad Swaghiir (entono) kwe kukozeza ekitala olw'okwetaasa. 2:191; 4:76; 8:40; 9:13; 16:91;

22:40; 42:40; 49:10; 60:9,10.
 Okutakabana n'ebiyobugagga. 8:73; 9:20; 61:12.
 Temusukka kigero mu kulwanyisa abalabe. 2:191
 Alwana ku lwa Allah afuna empeera mu
 buwanguzi ne mu kufa. 4:75.
 Okulagirwa kwa Nabbi Omutukuvu okulwana
 kuzingiramu abakkiriza. 4:85; 8:66.

JINN

Allah yatonda Amajinni n'abantu lwa
 kumusinza, 51:57.

Jinn be bantu ebikonge ate Ins be bantu ba
 bulijjo. 6:129;55:34.

Ibilis yali omu mu majinni 18:51.

Amajinni (i.e abatuze b'omu nsozi) mu matwale
 ga Daudi.27:40.

Amajinni agaasisinkana Nabbi Muhammad (s.a.w)
 baali Bayudaaya b'e Nasiibiin.46:30.

Amajinni agaawuliriza Kur'ani Entukuvu nga
 esomebwa baali Bayudaaya abaava mu bifo ebweru
 wa Makka. 72:2.

Amajinni okutondebwa mu muliro kitegeeza nti
 amasingwala mangu. 15:28.

KA'BAH

— ly'essinzizo lya Allah elyasooka. 3:97; 22:30.
 — kung'aanirwa lya bantu, kifo kya mirembe.
 2:126.

Ekifo kya Ibrahimu. 2:126; 3:98.

Ka'bah nnyumba ya mizizo. 5:98.

Erinnya lya Ka'bah eddala. 17:2.

Nnyumba ya lubeerera. 52:5,6.

KAIN

— yali mutabani wa Ādamu. 5:28-32.

Omuntu tayinza kufa okuggyako nga Allah
 akkirizza. 3:146.

Buli mwoyo gwa kuloza ku kufa. 3:186; 21:36;
 29:58.

Ku nsi tekuliiko bulamu bwa nkalakkalira. 2:97;
 18:46; 21:35; 40:40; 55:27-28.

Abafa tebadda ku nsi 21:96; 23:100,101; 39:43.

Obulamu bwa mirundi ebiri, n'okufa kwa
 mirundi ebiri. 40:12.

— kitegeeza eddaala ly'embeera y'ebiyomwoyo
 elya wansi. 2:57.

Mu kufa n'obulamu mulimu amakulu
 g'ettutumu n'okugwa kw'abantu n'amawanga.
 29:21.

Okuzuukiza abafu. 6:123; 75:38-41.

Abafu mu by'omwoyo. 6:37.

KAUTHAR (OBULUNGI N'EBIRUNGI MU BUNGI)

Nabbi Omutukuvu, yaweebwa Kauthar. 17:88;
 108:2.

KAWUMPULI

— alibalukawa mu biseera by'oluvannyuma
 olw'okubonereza abo abalimbisa obubonero bwa
 Allah. 27:83.

KHĀTAMUN - NUBUWWAT

Allah y'amanyi w'asaana okussa obubaka. 6:125.

Obwa Nabbi bulimu amadaala. 2:254.

Nabbi asaana kugonderwa 4:65.

Obwa Nabbi kati bufunirwa mu buwulize. 4:70.

Obwa Nabbi kyengera. 4:70; 5:21; 6:90.

Endagaano y'obwa Nabbi. 3:82; 33:8; 14:48.

Bannabbi ab'obulimba tebaganyulwa. 69:45-48.

Mukkirize Allah n'abatume. 4:137,151-153.

Ebyengera bye by'omwoyo tabiwa batabyagala.
 2:125; 6:84,90.

Okujerega Ababaka.17:95; 25:42; 28:48-49.

Ensonga egaanyisa Ababaka. 50:3

Bannabbi bawi ba mawulire ga ssanyu era

balabuzi. 2:120; 2:214; 4:166; 5:20; 6:49;7:189;

11:3; 17:106; 18:57; 33:46; 34:29; 35:25; 41:5;

48:9.

Rasul ne Nabbi ky'ekimu. 19:52,55.

Obwetaavu bw'obwa Nabbi. 20:135; 5:20;

28:47; 32:4; 35:43; 67:9.

Khātaman-Nabiyyin kitegeeza Nabbi asinga banne
 bonna— so si Nabbi asemanywa. 33:41.

Okujja kw'Ababaka oluvannyuma lw'Ekitaabo. 2:88.

Eng'ombo egamba nti obwa Nabbi bwakoma yava
 dda. 40:35; 72:8.

Mahdi alina kuba Nabbi 6:85-89; 19:59.

Bamalayika bakyakka. 22:76;41:31-33.

Obwa Nabbi bukyajja. 1:6;3:82;4:70;7:36;11:18;

16:3;22:76;23:52;39:72;40:35;62:3-4;72:8;77:12-15.

KHILĀFAT

Khilafat y'egatta Abasiraamu bonna.3:104,106;
 8:47.

Allah yasubiza okuwa abakkiriza Khilāfat 24:56.

KIBONEREZO

— kijja luvannyuma lwa kutuma Mubaka. 6:132;
 20:135; 26:209; 28:60.

Allah tazikiriza bibuga mu bukuusa. 11:118.

Ekiengererwa ky'ekibonerezo kudaaabulula.
 23:77,78.

Allah tayanguyiriza kubonereza.10:12;11:9;
 22:48- 52.

— kijja luvannyuma lwa bujumu na bulyake. 4:31.

— ky'obubbi. 5:39.

— ky'obwenzi; 24:3

— ky'okuwaayiriza abakazi abeeuumi. 24:5.

— kiggyibwawo lwa kwenyenya. 5:40; 8:34;

25:70-72.

—kiba kya kulabirako era kya kuyiga eri abalala.
 2:67.

— kyaggyibwa ku bantu ba Yūnus. 10:99.

Allah akiggyawo olw'ekisa kye. 7:157.

KIGENDERERWA KY'OBULAMA

— kwe kutegeera Allah n'okusisinkana naye. 6:32;
 10:46; 30:9; 84:7; 89:28,29.

KIJJULO (MĀDAH)

'Isa (a.s) asaba ekijjulo. 5:115.

KITABO NNYINA W'EBITABO (UMMUL-KITAB)

Kur'ani ye Nnyina w'Ebitabo. 3:8; 13:40; 43:5.

Kur'ani kitabo kigulumivu, kijjudde eby'amagezi.

43:5

KIWUKA KY'OMU NSI

— ekyalya omuggo gwa Sulaimāni. 34:15.
— ekilissa ebiwundu ku bantu (AIDS). 27:83.

KKUBO EGGOLOKOFU

Engeri y'okulisaba. 1:6.
Nabbi Muhammad yalung'amizibwa eri ekkubo eggolokofu. 6:162; 36:5; 43:44.
Nabbi Muhammad alung'ama yeri ekkubo eggolokofu. 14:2; 23:74; 42:53.
Kur'āni elung'ama yeri ekkubo eggolokofu. 5:16,17.

KUBIKKULIRWA

— kuweebwa ba Nabbi oluusi n'abatali ba Nabbi. 4:164, 165; 5:112; 20:39; 28:8.

Buli bantu balina Omubaka 4:165; 10:48; 35:25; 40:79.

Buli Mutume aweebwa obubaka mu lulimi lw'abeggwanga lye. 14:5.

— kwa ngeri ssatu. 42:52.

— kukka ku mutima. 2:98; 26:193-195; 53:11,12.

— kuwa obulung'amu, kusangula ebyonoono era kutereza ensonga z'abakkiriza. 2:39; 7:36; 14:2; 17:83; 41:45; 47:3.

— kufunibwa baweereza ba Allah abalondemu. 16:3

— kukyajja. 41:31,32.

— kuyigiriza okufumiitiriza. 16:45.

— kwe kuyimiriddeko entegeka n'entambula y'obutonde byonna. 16:69.

KUBONERERA

— kusikiriza okuddirwamu kwa Allah n'ekisa kye. 2:161

— kusoboka ekiseera kyonna. 3:89,90.

Musabe Allah okusonyiyibwa nga eno bwe mwenenya. 11:4.

Allah asonyiwa ebyonoono byonna. 39:54.

— kusaanye kuba kwa namaddala. 66:9.

Allah akkiriza okwenenya kw'abaweereza be. 9:104; 42:26.

Allah kw'asinzira okukyuusa ebibi by'abaddu be. 25:71.

— okutuufu kuwerekera na bikolwa. 25:72.

— Allah kw'akkiriza. 4:18; 16:120.

Allah kw'atakkiriza. 4:19.

KUFA

— nga kiwa amakulu g'okuva mu bulamu buno obw'oku nsi. 19:24.

— nga kiwa amakulu g'obulumi n'okubonaabona. 14:18.

— nga kiwa amakulu g'otulo. 39:43.

KUFIIRIRIRA ABOONOONI (ATONE-MENT)

Enzikiriza eno nkyamu. 2:287; 6:165; 29:13; 35:19.

KUGERA KWA ALLAH (TAQDEER, i.e OKUGEREKA EKIGERO KYA BULI KIMU)

Amakulu g'okugera. 7:35; 57:23,24.

Allah buli kimu yakigereka ekigero. 25:3; 54:50; 65:4.

Ebirungi biva eri Allah. 4:79,80.

Buli mwoyo gwe guliba omusingo kw'ebyo bye gwakola. 74:39.

Abakkiriza n'abatakkiriza bonna bayambibwa. 17:21.

KUGONDERA N'OKWEWAAYO

Allah akubiriza abakkiriza okumugondera n'Omubaka we. 3:133,173.

— eri Allah n'Omubaka we kulinyisa omuntu mu madaala. 4:70.

— eri Allah n'Omubaka we kutuusa omuntu ku buwanguzi. 24:53.

Oyo agondera Mutume ddala aba agoneddede Allah. 4:81.

Abakkiriza kibagwanira okugondera ab'obuyinza. 4:60.

Ababaka batumwa lwa kugonderwa. 4:65.

Abo abaagala Allah basaanye bagoberere Mutume. 3:32.

KUKUBAGANYA BIROWOOZO

Engeri y'okukubaganya ebirowoozo entuufu. 16:126; 22:4,9; 29:47; 31:21.

KUKULAAKULANA MU BY'OMWOYO

— Kulimu emitendera egifaanana n'egyokukulaakulana kw'omubiri. 22:6,7.

Buli mutendera gw'okukulaakulana kw'omubiri gulina ogugufaanana mu kukulaakulana kw'omwoyo. 23:13-18.

KULANGA EBY'OMU MAASO

— kubamu ekimu ku bibiri, mawulire ag'essanyu oba kulabula. 18:57.

— okubamu okulabula, kusoboka okukyuusibwa singa abantu beenenya. 10:99; 43:50; 44:16.

— okutuukirira kwa kwo kwesigamizibwa ku bukwakkulizo bwa kwo. 5:27.

Okufa kw'Omubaka tekukyuusa mu kulanga kwe. 13:41; 40:29.

KULUMIRWA ABANTU

— n'obuvunaanyizibwa bwe tulina gye bali. 4:37-41; 17:24-40; 25:64-73.

KUMANYA (ILM)

Abamanyi n'abatamanyi tebenkana. 39:10; 40:39.

Abalina amagezi be bafumiitiriza. 2:270; 3:8; 13:20; 38:30; 39:10.

Okunoonya okumanya kya tteeka mu Busiraamu. 16:44; 96:2-6.

Okutambula olw'okunoonya okumanya. 3:98,138; 6:12; 16:37; 18:66,67; 27:70; 29:21.

Abamanyi abatuufu be batya Allah. 35:29.

Allah asitula abamanyi mu madaala. 58:12.
Abakkiriza bakubirizibwa okuyiga Eddiini. 9:122.
Mutume (*s.a.w*) yalagirwa okusaba okuweebwa obumanyi. 20:115.

Allah awa ba Nabbi obumanyi. 21:80.
Ba Nabbi basomesa ba nsi. 2:130,152; 3:165; 62:3.

Kur'āni Entukuvu ekubiriza okuyiga n'okwetegeze obutonde. 3:191,192; 10:6,7; 13:4,5; 16:11-17; 17:13; 35:28,29.

Kur'an ekubiriza okuyiga ebikwata ku nsi ezitali zimu. 17:22; 22:46,47; 29:21.

Kur'āni ekubiriza okuyiga ebyafaayo ebikwaata ku nsi ezitali zimu. 12:112; 30:10; 33:63; 35:44,45; 40:22.

Omumanyi asobola okweyambisa obutonde. 17:71; 21:80-83; 45:13,14.

KUR'ĀNI ENTUKUVU

Ekgendererwa ky'okugissa empolampola mu bitundu. 17:107; 25:33,34

— esomebwa luvannyuma lwa kwewogoma eri Allah. 16:99.

— bw'ebanga esomebwa, mugiwulirizenga. 7:205.
— yadibya amateeka agaasooka. 2:207.

Erinnya lyayo eddala eyitibwa Kitabo. 15:2.
— by'ebiwandiiko ebitukuvu ebirumi amateeka ag'enkalakkalira. 98:3,4.

— elina obukuumi bwa Allah. 2:3; 4:83; 15:10; 41:43; 56:78-81; 17:18; 85:22,23.

— ewa amawulire ag'essanyu era elabula. 19:98.
— kwe kubuulirira eri abo abatya Allah. 20:3,4.

— kwe kubikkulirwa okuva eri Omutonzi w'ensi n'eggulu. 20:5.

— eri mu Kitabo ekyekusifu. 56:79.
— y'eyawula ebirungi n'ebibi. 25:2.

— eyogerwako ne mu biwandiiko by'abaasooka. 26:197,198.

— elimu ekiwonya era kwe kusaasira eri abakkiriza. 10:58; 17:83; 41:45.

— ennyonyola eby'okulabirako ebya buli ngeri. 18:55; 39:28; 59:22.

— ekubiriza abakkiriza ntakera okufumiitiriza n'okukozesa amagezi. 2:165,220,267; 5:59,104; 6:51; 13:5.

— ekubiriza okujjukira Allah nga tuyita :

- (i) Mu kwetegezeza. 56:84-86.
- (ii) Mu kufumiitiriza. 2:220,267; 6:51.
- (iii) Mu kumujjukira. 13:29.
- (iv) Mu kukozeza amagezi. 16:13; 23:81.
- (v) Mu kunoonya okumanya. 9:112; 20:115; 29:44; 35:29.

(vi) Mu bumativu bw'omwoyo. 7:199; 11:21; 28:73.

(vii) Mu kwebaza. 14:8; 16:15; 23:79; 56:71.
Okwemulugunya nti lwaki :

(i) Kur'āni teyassibwa mulundi gumu? 25:33.

(ii) Ekitabo tekyassibwa butereevu kuva mu ggulu? 17:94.

(iii) Kur'āni teyassibwa ku muntu Ow'ettutumu? 43:32.

— elimu Aya ennamuzi n'endala nga za nzivuunula za njawulo. 3:8; 39:24.
— y'ennyanya y'ebiyokuyiga eby'amazima n'obulung'amu. 18:110.

— ewa ba Swahaba ba Mutume (*s.a.w*) ekitiibwa 80:17.

Ekgambo Kur'āni kitegeeza Ekitabo ekisomwa olunye. 27:2.

— ky'Ekitabo ekitangaaza, ekilung'anya mu makubo ag'emirembe. 5:16,17; 27:2.

— tetuukwamu bya bulimba. 41:43.
— elung'anya oyo yenna ayagala okukwaata ekkubo eggolokofu. 81:26-29.

— ekuumbwa butiribiri. 85:22,23.
— ky'ekigambo ekisalawo. 86:14,15.

— elimu amateeka ag'enkalakkalira. 98:3,4
— eri mu bukuumi bwa Allah. 15:10.

— tewagira bakkiriza kubuuzabuza ku buli nsonga. 5:102.

— teliiimu kubuusuabuusa. 2:3.
— bwe bulung'amu eri abatya Allah. 2:3.

— kwe kuwonya. 10:58; 17:83; 41:45.
— ettottola byonna ebyetaagisa mu bulamu bw'omuntu, ewa obulung'amu, kwe kusaasira eri abakkiriza. 10:58; 16:90.

— ekubiriza kusinza Allah 2:22.
— ly'eggwanika ly'ebyamagezi elitakalira. 18:110,31:28.

— ky'ekyokulwanyisa ekisinga byonna mu kubuulira amazima. 25:53.

— tegerageranyizika, teri kitabo kigifaanana. 2:24; 10:39; 11:14,15; 17:89; 52:35.

— yassibwa mu kiro eky'ekitiibwa. 44:4; 97:2-6.
— teriimu bitatabagana. 4:83.

KUR'ĀNI, OKULANGA OKULI MU
Okusenguka kwa Mutume okuva e Makka n'okukomawo kwe. 17:81; 28:86.

Olutalo lw'e Badr n'obuwanguzi bw'Abasiraamu. 2:211; 3:14,124; 8:8-13,18; 32:30.

Amawanga ga Buwarabu okukkiriza Obusiraamu. 56:4-7.

Obwakabaka bwa Byzantine okuwangula obwakabaka bwa Persia n'oluvannyuma Abasiraamu ne bawangula Byzantine. 30:3-5.

- Abayudaaya okusenga mu Palestine. 17:105.
 Abasiraamu okusikira Ensi Entukuvu omulundi ogwokubiri. 21:106-107.
 Gog ne Magog n'ebikawatako. 21:97-105.
 okusisinkana kw'ennyanja ebbiri i.e Emikutu gy'e Suez ne Panama. 55:20,21; 82:4.
 Ebyombo ebigulumivu ku nyanja. 55:25.
 Abayudaaya balikubwako obunyoomoofu. 3:113; 7:168.
 Abantu b'Ekitabo okukkiriza Obusiraamu. 3:200.
 Okukulaakulana kw'ebyantambula. 16:9; 36:43; 81:5.
 Okumulungulwa kw'ensozi i.e obwakabaka obw'ettutumu 77:11.
 Eggulu lwe lirileeta omukka, n'okuweereza kw'ennimi z'omuliro
 n'ekikomo ekisaanuse i.e Eby'okulwanyisa binnamuzisa. 44:11;55:36.
 Okukung'aanyizibwa kw'ebisolo; (i.e mu National Parks oba Game reserves). 81:6.
 Okugattibwa kw'abantu ab'amawanga ag'enjawulo. 81:8.
 Okubuuliriza ku bumenyi bw'amateeka. 81:9.
 Okubunyisibwa kw'ebitabo. 81:11.
 Okukulaakulana mu kuvumbula eby'obugagga by'omu ttaka ne science w'ebiyomu bwengula. 81:12; 84:4-6.
 Okwanjuluzibwa kw'ensi. 84:4.
 Okuziikulwa kw'entaana. 82:5.
 Okusukkirira kw'obusiiwuufu bw'empisa. 81:13.
 Obutatongoza kubeerawo kwa Allah. 82:7-9; 114:5-6.
 Okuyitimuka kw'Obusiraamu oluvannyuma lw'okugwa kwa bwo. 32:6; 81:19.
 Entalo ne Musisi. 99:2.
 Ensi erggyayo ebizito bya yo. 99:3.
 Obubonero obuliranga omulembe gw'enkomerero. 81:3-17.
 Okuvumbulwa kw'ensi ne zissemazinga empya. 84:4.
 Ensi elifukumula eby'obugagga bwa yo. 84:5.
 Entegeka ya Allah ey'okukuuma Kur'āni. 15:10.
 Okusaasaana kw'Obusiraamu oluvannyuma lw'Okusenguka.17:81,82.
 Zissematalo n'okukung'aanyizibwa kw'amawanga (*United Nations*).18:100.
 okufufuggazibwa kw'amawanga ga kirimaanyi. 55:32; 111:2.
KUSABA
 Obwetaavu bw'okusaba. 25:78.
 — okw'amazima kwa Allah yekka.7:195; 13:15;46:6.
 Allah ayanukula okulaajana. 2:187;27:63;40:61.
 Ekisuubizo kya Allah eky'okwanukula okulaajana. 2:187;40:61.
 — Allah kw'ayigiriza omuddu we.2:38.
 Kitugwanira okusaba ebirungi by'ensi n'ebyenkomerero. 2:201,202;4:135.
 Musinze Allah era munyerere ku kumusinza. 19:66;20:15.
 Abagayaalirira essaala baja kuzikirira. 19:60.
KUSABA OKULI MU KUR'ĀNI ENTUKUVU
 —okw'okulung'amizibwa mu kkubo eggolokofu. 1:6-7.
 —okw'emirembe n'okugabulwa. 2:127.
 —okw'okwanukulwa n'okuyigirizibwa ensinza entuufu. 2:128-130.
 — okw'ekirungi ku nsi kuno n'ekirungi ku nkomerero. 2:202.
 —okw'okuyambibwa ku batakkiriza. 2:251.
 —okw'okusonyiyibwa okuva eri Allah. 2:286.
 —okw'obutakangavvulwa, n'okwobuyambi bwa Allah. 2:287.
 —okw'obutakya mya mitima oluvannyuma lw'okugilung'anya. 3:9.
 — okw'okusonyiyibwa ebibi. 3:17.
 —okw'okugabirirwa awatali kubalirira. 3:27,28.
 — okw'okuwandikibwa mw'abo abawa obujulizi. 3:54; 5:84,85.
 —okw'okunyweza ebigere by'abakkiriza. 3:148.
 — okw'okuwonyezebwa ekibonerezo ky'omuliro.3:192.
 —okw'okusonyiyibwa ebyoonoono n'okusanguulwako ebibi. 3:194,195.
 —okw'okuggyibwa mu kibuga ky'abajoozi.4:76.
 — okw'okwawula wakati w'abawulize n'abajeemu. 5:26.
 — okw'okuyingizibwa mu bantu abatuukirivu. 5:84,85.
 — okw'okusonyiyibwa ensobi . 7:24.
 — okw'amazima okuwangula obulimba. 7:90.
 — okw'obugumiikiriza.7:127.
 — okw'okusaasira kwa Allah. 7:150,152,156.
 —okw'ebirungi ku nsi ne ku nkomerero 7:157.
 — okw'okunululwa okuva mu bantu aboonoonefu. 10:86,87.
 —okw'okuzikiriza eby'obugagga by'abantu ba Farāwo. 10:89.
 — okw'obukuumi bwa Allah mu kyombo. 11:42.
 — okw'obukuumi bwa Allah nga mwebagadde ebisolo oba nga mutambulira mu bidduka. 43:14,15.

— okw'okuyungibwa ku batuukirivu. 12:102.
 — okw'esabira ggwe kennyini n'ezzadde lyo. 14:36-42.
 — okw'okusabira abazadde. 17:25.
 — okw'okuyingira n'okufuluma ekifo oba ekizimbe.17:81.
 — okw'okusaasira n'obulung'amu. 18:11.
 — okw'ezzadde eddongoofu. 19:5-7; 21:90.
 — okw'obuwanguzi mu kubuulirira amazima. 20:26-36.
 — okw'okwongerwa obumanyi. 20:115.
 — okw'okununulwa okuva mu kabi. 21:84.
 — okw'okulaajanira Allah akuggye mu bizibu olw'okusobya kwo. 21:88.
 — okw'okulamula kwa Allah n'obuyambi bwe. 21:113.
 — okw'okuwangula abo abalimbisa amazima. 23:27.
 — okw'okukutuusa entuusa ey'omukisa ng'okka wansi. 23:30.
 — okw'obutateekebwa mu bantu boonoonefu. 23:94,95.
 — okw'okwewogoma eri Allah akuwonye okusendasenda kwa basitaani. 23:98-99.
 — okw'okusonyiyibwa n'okusaasirwa. 23:110.
 — okw'okuwanjagira Allah atuwuguleko ekibonerezo kya Jahannamu. 25:66,67.
 — okw'okusabira be tufumbiriganwa nabo n'ezzadde lyaffe. 25:75.
 — okw'okuweebwa amagezi n'okuyungibwa ku batuukirivu. 26:84-90.
 — okw'obuwanguzi bw'amazima. 26:118,119.
 — okw' okuwonyezebwa ebikolwa by'abalabe. 26:170.
 —okw'okwebaza ebyengera n'okw'okuyingizibwa mu baweereza ba Allah abatuukirivu. 27:20.
 — okw'emirembe okubeera ku baweereza Allah be yalondamu. 27:60.
 — okw'okusonyiyibwa. 28:17.
 — okw'okukutaasa abantu aboonyoni. 28:22
 — okw'obulungi obuva eri Allah. 28:25.
 — okw'okuyambibwa ku bantu aboonoonefu. 29:31.
 — okw' okuweebwa omwana ali mu batuukirivu. 37:101.
 —okw'kubikkirirwa kwa Allah n'okwokuweebwa obwakabaka.38:36.
 — okw'okutaasibwa ekibonerezo ky'omuliro, n'okununulwa okuva mu bibi. 40:8-10.
 — okw'okwebaza ebyengera bya Allah.. 46:16.
 — okw'obuyambi awo nga omuntu awanguddwa. 54:11.

— okw'okuwanjagira Allah obutassa ffitwa mu mitima gyaffe eri abo abakkiriza. 59:11.
 — okw'okwegayirira Allah obutatufuula kigezo eri abatakkiriza 60:5,6.
 — okw'okuwanjagira Allah atuukirize obutangaavu bwaffe 66:9.
 — okw'okuwanjaga kwa mukyala Farāwo eri Allah amuwonye Farāwo n'ebikolwa bye. 66:12.
 — okw'okusonyiyibwa kw'abakkiriza. 71:29.
 — okw'okuwanjagira Allah atutaase buli kibi. 113:2-6; 114:2-5.

KUSABIRIZA

— tekuwagirwa mu Busiraamu.2:274;4:33; 53:40; 90:5.

KUSENGUKIRA MU KKUBO LYA ALLAH

— kufunyisa obutitimbe bw'ebengera. 4:101.

KUSINZA

Ekigendererwa kya kwo 1:5; 2:22.

(i) SWALA (ESSAALA)

— yalaalikibwa ku bakkiriza. 4:104; 24:57.

Okwetukuza. 5:7.

— temugisembereranga nga temutegeera. 4:44.

Engeri y'okusaala. 22:27.

Ebiseera by'eswala. 2:239; 4:104; 11:115; 17:79; 30:18,19.

Okugiyimirizaawo. 2:44,111,278; 5:56; 8:4; 9:71; 31:5.

Okugiribirira. 2:239.

Okugiyimpawaza. 4:102.

Engeri gy'esaalibwa mu biseera eby'akabi. 4:103.

— ya Jum'ah. 62:10-12.

— ya Tahajjud. 17:80; 32:17; 73:2-9.

— eziyiza ebyambyoone n'ebitasaana. 29:46.

— esaana kubeera ya lubeerera. 20:133; 70:24.

Okugiraagajjaliramu. 107:5-7.

Okukubiriza abantu okusaala. 20:133.

Okusaalira awamu.(Jama'ah) 2:44,84,111; 3:44; 4:104;6:73; 7:30; 22:79; 24:57; 30:32;73:21.

Obuyonjo mu Swala. 4:44; 7:32.

(ii) KUSIIBA

— omwezi gwa Ramadhān. 2:184-186.

Abatakusobola, n'engassi gye bawa. 2:185,186.

(iii) KULAMAGA (HĀJJ)

— kukakata ku beesobola. 3:98.

Engeri HĀjja gy'ekolebwamu. 2:197-204; 5:2,3.

Abeekiika mu kkubo ly'Omuzigiti Omutukuvu baakubonerezebwa. 22:26.

Ibrāhimu yalagirwa okulangirira HĀjja. 22:28.

Emigaso gya HĀjja. 22:29-34.

(iv) ZAKĀT

— yalaalikibwa ku bakkiriza.2:111; 22:79; 24:57; 73:21.

Emigaso gya Zakāt. 9:60.

KUSONYIWA

Empeera y'okusonyiyibwa. 2:195; 16:127; 42:41.

KUSUULUMBA

Okwetukuza oluvannyuma lw'okusuulumba. 2:223.

KUTEESAGANYA

— kwetaagisa nnyo mu nsonga zonna enkulu mu bufuzi. 3:160; 42:39.

KUTONDEBWA KW'ENSI

Teyatondebwa watali kigendererwa. 21:17,18.

— kwaliwo lwa nsonga. 15:86; 39:6; 46:4.

— tekuliimu njawukana, tekuliiko kamogo. 67:2-5.

Ebiri mu nsi biweereza muntu. 14:33-35; 16:11-15; 45:13,14.

KUTONDEBWA KW'OMUNTU

Teyatondebwa watali kigendererwa. 23:116; 75:37.

Emitendera gy'okutondebwa kwe. 22:6; 23:13-15; 35:12; 39:7; 40:68; 86:6-8.

Omuntu yatondebwa mu ngeri esingira ddala obulungi. 95:5.

Ekigendererwa ky'okutondebwa kwe. 51:57.

Omuntu yatondebwa kuva mu kika ky'ekitonde kimu. 4:2; 16:73; 30:22.

KUTTA

— mu butongole. 2:252; 6:152; 8:18; 17:34; 25:69.

— omukkiriza mu butanwa. 4:93; 20:41.

— mu bulumbaganyi. 2:86; 4:94; 5:31,33; 18:75; 60:13.

— ba Nabbi. 2:62,88,92; 3:184.

— abaana mu bubuya. 6:138,141,152; 17:32; 60:13.

Okwetta. 2:196; 4:30.

Okwesasuzwa kw'abo ababa battiddwa. 2:179.

Okutta olw'enjawukana mu ndowooza. 3:22; 4:93,94; 40:29.

Okuttiibwa mu kkubo lya Allah. 2:155; 3:170; 4:75; 9:111; 22:59.

KUTYA ALLAH (TAQWA)

— kutuukibwako mu kusinza Allah. 2:22.

Amakulu g'okutya Allah. 2:178.

Okutta obwagazi bw'omwoyo kituusa ku kutya Allah. 2:55.

— y'entanda esinga obulungi. 2:198.

Kur'āni elung'anya abatya Allah. 2:3

KUWASA

Mubawase na lukusa lw'abo ababatwaala. 4:26; 24:33.

— Olukusa lw'okuwasa abasukka kw'omu. 4:4.

Amahare. 4:5.

Baka Nabbi tebawasibwa 33:54.

Okukola obwenkanya wakati w'abakazi abangi. 4:4.

Okwekubiira eri omukyala omu, omulala n'aleke-

bwa awo ttayo, kizira. 4:130.

Abakazi abatakkirizibwa kuwasibwa. 2:222; 4:24-25; 60:11.

Abakazi abakkirizibwa okuwasibwa. 2:236; 4:24-26; 24:34.

KUWAAYIRIZA

— kwaziyizibwa era kuweesa ekibonerezo ekikakali. 24:24,25; 104:2.

KUWOLEREZA

— tekusoboka awatali kukkiriza kwa Allah. 2:256; 10:4; 21:29.

Abasinzibwa ebbali wa Allah tebalina buyinza kuwolereza. 19:88; 21:29; 34:24; 43:87; 53:27; 74:49.

— kwa Nabbi (*s.a.w*) 19:88; 20:110; 21:29; 34:24; 43:87; 78:39.

Abatakkiriza tebaliba na muwolereza. 2:49,124; 6:52,95; 7:54; 26:101,102; 30:14; 32:5; 39:44; 40:19; 43:87; 74:49.

— kwa ba malayika. 53:27.

— okulungi n'okubi. 4:86.

KUYIGGA

Okulya ebyo ebikwatiddwa ebisolo n'ebinyonyi ebitendeke kikkirizibwa. 5:5.

Eby'omu nnyanja bikkirizibwa. 5:97.

KUZUUKIRA KW'ABAFU

Omuntu bw'afa takomawo mu bulamu buno obw'ensi. 21:96; 23:100-101; 36:32; 39:43.

— kiwa amakulu g'okuddaabulula abafu mu mwoyo. 7:58.

Ba Nabbi bazuukiza bafu mu mwoyo, so si bafu mu mubiri. 8:25.

'Isa yazuukiza bafu mu mwoyo. 5:111.

KUZUUKIRA OLUVANNYUMA LW'OKUFA

— tekuliimu kuwannaanya. 2:49; 22:8; 23:116; 58:19.

Okuzuukizibwa kw'emoyoyo emifu. 2:57,74,261; 6:37; 8:25; 30:51; 41:40.

KWESASUZA, ETTEKA LYA KWO**(QISWAS)**

Mu tteka lino mulimu obulamu. 2:179,180.

KWEWOLA

Bwe muwolagananga, muwandiiikenga endagaano. 2:283.

Ekiseera ky'okusasuliramu ebbanja kikkaanyizibwengako. 2:283.

Mu kiseera ky'okwewola ebbanja wasaana wabeewo obujulizi 2:283.

KWOGERERA MU NGERO

— okw'omuntu eyakuma omuliro. 2:18.

— okw'enkuba ey'amaanyi ne laddu

n'okumyansa. 2:20,21

— okw'akabu. 2:27.

— okw'ennyonyi ezigondera ekiragi. 2:261.

— okw'empeke emu. 2:262.

— okw'olwazi oluseerevu. 2:265.

— okw'ennimiro eri ku kasozisozi. 2:266.
 — okw'olusuku olukubiddwa kibuyaga. 2:267.
 — okw'oyo gwe baleka mu nsi nga asamaaliridde 6:72.
 — okw'oyo eyalimbisa obubonero bwa Allah. 7:176,177.
 — okw'embwa ewejjawejja. 7:177.
 — okwa mukoka eyetikka ebyovu. 13:18.
 — okw'omuti omulungi. 14:25,26.
 — okw'omuti omubi 14:27.
 — okw'amata amatuufu. 16:67.
 — okw'ebitamizi n'ebiriibwa eburungi. 16:68.
 — okw'enjuki 16:69,70.
 — okw'omuuddu n'oyo eyaweebwa ebigabibwa eburungi. 16:76.
 — okwa kasiru n'akubiriza obwenkanya. 16:77.
 — okw'omukazi eyakutulakutula ewuzi ye ebitundutundu, 16:93.
 — okw'ekibuga ekyali emirembe. 16:113.
 — okw'omusajja naggagga omuduuze n'omulala omwawu nga mwetoowaze. 18:33-45.
 — okw'obuyenjebufu bw'obulamu bw'oku nsi. 18:46.
 — okw'oyo eyenkanya Allah n'ekintu kyonna. 22:32.
 — okw'obuyenjebufu bw'abo abasinzibwa ebbali wa Allah. 22:74.
 — okw'obutangaavu bw'eggulu n'ensi. 24:36.
 — okw'okulengera mu kyanda ekiringa amazzi ku museetwe. 24:40.
 — okw'ekizikiza ekikwafu ekiri ku nnyanja ennene ennyo ey'ebuziba. 24:41.
 — okwa nabbubi eyekolera ennyumba. 29:42.
 — okw'omukozesa n'omukozi bwe batasobola kwenkana. 30:29.
 — okw'omuuddu afugibwa abantu abangi. 39:30.
 — okw'endogoyi eyetisse ebitabo. 62:6.
 — okwa bannyini nnimiro abaali beepanka. 68:18-34.
KYOMBO
 Nūhu alagirwa okukola ekyombo. 11:38; 23:28.
LAILATUL-QADR (EKIRO EKY'EKITIIBWA)
 Ebikwaata ku Lailatul-Qadr. 97:2-6.
LUGANDA.
 — Kur'āni elussaako essira. 3:104; 49:11,14.
LUNAKU
 — olumu lwenkana emyaka lukumi. 22:48.
 — olumu lwenkana emyaka emitwalo etaano. 70:5
LUNAKU LW'ENKOMERERO
 Ebilukwaatako. 51:13-15; 82:18-20.

LUNAKU LW'OKUZUUKIRA (YAUMUL-QIYĀMAH).
 — ebilukwatako tebiliimu kubuusabuusa. 4:88; 17:52; 40:60; 54:2; 70:43-45.
 — era luyitibwa essaawa eyalagaanyizibwa. 20:16.
 Kw'olwo buli omu waakujja bwannamunigina. 19:96.
LUSOZI SINĀI
 Okulujuliza. 52:2; 95:3.
 — n'omuti oguluvaamu. 23:21.
LUTALO
 Allah y'azikiza omuliro gw'olutalo. 5:65.
 — lukkirizibwa mu kwetaasa. 2:191; 22:40-42.
 Temusukkanga kigero. 2:191-194; 16:127.
 Abalabe bwe boolekeranga eri emirembe. olutalo luyimirizibwe 8:62,63;47:36.
 Endagaano zituukirizibwe.9:4.
 Muyimirirenga ku bwenkanya.5:9.
 Mnyuwezenga eby'okwerinda. 3:201; 8:61.
 Obugumiikiriza mu lutalo.8:17.
 Abattirwa mu kkubo lya Allah baba bajulizi. 2:155; 3:141,170.
 Olunaku abantu lwe balikung'aanyizibwa awamu. 18:48,49,100-102.
 Mutabaganye abalwanaagana. 49:10,11.
LŪTI, NABBI
 — yali Mubaka wa Allah. 7:81; 26:161; 29:29; 37:134.
 — yakkiriza enjigiriza ya Ibrāhīmu n'asenguka naye. 21:70-72;29:27.
 Ebikolwa by'abantu be eby'ekivve, n'okubalabula kwe. 7:82;11:79; 26:166,167; 27:55,56.
 Abantu be baamuziyiza okusembeza abagwiira. 15:71.
 Abantu be baamugaana, baatiisatiisa n'okumuwan-g'angusa. 7:83; 26:168; 27:57.
 Abantu be baasaba ekibonerezo. 29:30.
 — yasaba Allah obuyambi. 29:31.
 Abantu be baafuna amawulire g'okuzikirizibwa. 11:82; 15:61; 27:58; 29:34; 37:135,136.
 Ababaka bwe bajja gy'ali, yakeng'entererwa. 29:34.
 Abantu be baja ewuwe nga ababaka baakatuuka. 11:79;15:68.
 — yalagirwa okuva mu kibuga ekiro. 11:82; 15:66.
 — yalabulwa obutatunula mabega. 15:66.
 Omuyaga gwazikiriza abantu be. 7:85; 11:83,84; 15:75; 26:174; 27:59; 54:35.
 Abantu be okumulimbisa, baalimbisa Ababaka bonna. 54:34.

Embeera y'abatakiriza eling'anga eya muka Nūhu ne muka Lūti. 66:11.

— yaweebwa obulamuzi n'obumanyi era yali mu batuukirivu 21:75,76.

MADIYANI

— n'abatuuze baamu 7:86; 9:70; 11:85.

MAJOLBERA

Okugakozesa. 3:15; 7:32.

MAKKAH

Ekitiibwa ky'amaka. 24:28-30; 2:190.

MAKKA

Ekifo ekyo kiyitibwa Makkah olw'obungi bw'emikisa egikirimu. 3:97.

Erinnya lya kyo eddala ye Baladul-Amiin (ekibuga eky'emirembe). 95:4.

Ibrāhīmu yakisabira emirembe. 2:127;14:36.

Allah yakitukuza. 27:92.

Okulanga kw'okudda kwa Nabbi (s.a.w) mu Makkah. 17:81; 28:86; 90:3.

Kaweefube w'okudda kwa Mutume (s.a.w) e Makkah. 2:151.

— kifo kitebenkevu era kya mirembe. 28:58.

Okulanga kw'ebyo ebyaali birina okubaawo mu Makkah 3:97.

Ebikwaata ku Qibla. 2:145,150,151.

MANNYA AMAPAATIIKE

Kizira okuyiting'ana amannya amapaatiike. 49:12.

MARYAMU

Kur'āni ennyonyola ebyafaayo ebituufu ku bulamu bwe. 3:45; 19:17.

Ab'oluloye lwe n'okuzaalibwa kwe. 3:36,37.

— yali wansi wa bulabirizi bwa Zakariyya. 3:38.

— yagabulwanga Allah. 3:38.

— yali mutuukirivu, yakuuma obwereere bwe, era yali wa kitiibwa. 21:92; 66:13.

— yali mukazi wa mazima 5:76.

Allah y'eyamulonda. 3:43.

Malayika eyatumwa gy'ali mu kifaananyi ky'omusajja, kwali kwolesebwa.19:18.

MASANAMU

Mbu bagasinza lwa kubasembeza eri Allah. 19:82;39:4.

Allah agaana okumwenkanya n'ebirala.4:49; 22:32.

— g'abantu ba Nūhu (a.s) 71:24.

Abantu ba Nūhu (a.s) baagalemerako. 71:8,9.

Aba Hūdu (a.s) baagasinzanga. 11:54.

Aba Ibrāhīmu baagasinzanga. 26:72.

Ensonga lwaki tegasaana kusinzibwa. 12:41;

21:23; 53:20-24.

Obuyenjebufu bw'ebyo ebisinzibwa. 3:152; 7:34,72; 22:72,74; 53:24.

Buli Nabbi alwanyisa eky'okugasinza. 4:37; 5:73; 7:60,74,86; 11:51,62,85; 16:37; 23:24,33; 36:62; 39:16; 53:63.

Ibrāhīmu yasaba Allah amukingirize okugasinza. 2:129;14:36.

MASĪHI

— yali muweereza wa Allah. 4:173.

MAWANGA

Buli bantu balina entuuko etakyuusibwa. 7:35.

Abantu b'ekibuga bwe bajeema bazikirizibwa 17:17.

Allah takyuusa mbeera ya abantu. 13:12.

MAZZI (KUBIKKULIRWA)

— y'ensibuko y'obulamu. 11:8; 21:31.

MBIZZI.

Ennyama yaayo yaziyizibwa. 2:174;5:4;6:146; 16:116.

MI'RĀJ

Ebikwata ku Mi'rāj (Okwolesebwa kwa Mutume (s.a.w)) 53:7-19.

Okwolesebwa kuno yakufuna emirundi ebiri.53:14.

Okwolesebwa kuno tekwalimu nsobi. 53:18.

MIREMBE

Emisingi okukuumirwa emirembe mu nsi yonna. 49:10.

Ensibuko y'emirembe. 13:29.

Endagaano z'emirembe. 8:62,63.

MISIRI (EGYPT)

Ekirooto kya kabaka wa Misiri. 12:44.

Obubonero obwaweebwa Abamisiri. 7:134-136.

MITENDERA GY'OKUTONDEBWA

KW'OMUNTU

Okutondebwa kw'omuntu kwayita mu mitendera. 4:2,134; 6:3; 7:13;14:20; 15:27,29,34; 18:38;22:6; 23:13-15; 32:8-9; 35:17; 36:78; 37:12; 38:77; 55:15; 71:15; 75:38; 76:2-3; 80:20.

MPEERA

Ebisinzirwako okuwa empeera n'okubonerezebwa. 4:41,79,80,125; 6:161; 17:8; 27:90; 28:85; 41:47; 99:8-9.

MUBĀHALA

3:62; 62:7.

MUHAMMAD, NABBI OMUTUKUVU

— yali Mutuukirivu. 3:32; 20:2; 68:5.

Erinnya lye mu Kur'āni.3:145;33:41; 47:3; 48:30.

— afaananyirizibwa Mūsa. 73:16.

— yalangibwa mu Taurēti ne mu Njiri.7:158; 48:30.

— yafuna okubikkulirwa nga Ababaka abaaamu-

- sooka. 4:164; 42:4.
 — teyali musaale mu Batume. 46:10.
 — yali kumpi nnyo ne Allah. 53:9,10.
 — y'Empeta y'Abatume.33:41.
 — ye mukulebeze omutuukirivu.36:2.
 Abawera gy'ali, bawera eri Allah.. 48:11.
 Amugondera aba agonedde Allah. 4:81.
 — kwe kusaasira eri abantu bonna. 21:108.
 — Mubaka wa Allah. 36:4.
 — yatumwa eri abantu bonna. 4:80; 7:159; 34:29.
 — yali kwanukulwa kwa kusaba kwa Ibrāhimu. 2:130.
 Allah yatwala endagaano y'abantu okumukkiriza n'okumuyamba. 3:82; 48:10.
 Allah yamusuubiza obukuumi. 5:68; 13:12; 66:5.
 — yayagala nnyo abantu bakkirize. 18:7; 26:4; 93:8.
 — yali ttaala ya bulung'amu. 33:47.
 Amugoberera aganja ewa Allah. 3:32.
 Ebyengera by'okumugoberera. 4:70
 yali tamanyi kusoma na kuwandiika. 29:49; 42:53; 62:3.
 — yajja luvannyuma lwa kabuliro k'Ababaka. 5:20.
 Okubeerawo kwe mu Makka kwawonya abaayo ekibonerezo. 8:34.
 Allah ne bamalayika bamwagaliza emikisa. 33:57.
 — y'alamula abakkiriza. 4:60,66.
 Okumwanukula kifunyisa omukkiriza obulamu obw'omwoyo. 8:25.
 Emirimu gye yajja okukola. 2:130; 62:3.
 Bakyala be baba bannyaffe. 33:7
 Abamunyiya balibonerezebwa. 9:61; 33:58.
 — yali musasizi eri abakkiriza. 3:160; 9:61,128; 26:216.
 — yajoonyesebwa n'agaanibwa n'okusaala. 96:10,11.
 — yakolerwa enkwe z'okumutta, okumuwang'angusa era n'atulugunyizibwa. 8:31.
 — yasengukira e Madina. 9:40.
 Allah yamuzza e Makkah n'obuwanguzi. 28:86; 48:2,28.
 Abannanfuusi baamunonya olwa saddaaka. 9:58.
 Abannanfuusi baali tebaagala amanye bibafaako. 9:61.
 — yali tamanyi bya nkiso. 6:51
 — teyasaba mpeera olw'okubuulirira.6:91; 12:105; 25:58.
 — yanywerera ku Allah okutuusa okufa. 15:100.
 — yalagirwa okutuusa obubaka ku bantu. 5:68; 74:2; 26:215
 — yayitibwa mulalu.7:185; 15:7; 23:71; 34:9,47; 52:30; 68:3,52; 81:23.
 — yakonjerwa ng'Ababaka abaamusooka.41:44.
 — yabuuzibwa ku kubikkulirwa n'obubonero. 2:119; 6:38; 7:204.
 Baamugamba nti Kur'āni yamuyigirizibwa buyigirizibwa. 16:104; 44:15.
 — yasoomoozebwa alage ebyamagero, afukumule n'eb'y'bugagga. 11:13; 17:91-94; 25:9.
 Allah yamugumyanga. 6:35,36; 15:98,99; 27:71; 36:77.
 Ddaaki enjigiriza y'Omubaka eliwangula. 9:33; 48:29; 61:10; 110:3.
 — yalagirwa okutendereza ennyo Allah n'okusabira abapya. 110:4.
 Okulanga kw'ebyingera nga ensuku n'embiri ebirimuwebwa n'abagoberezi be. 25:11.
 Ebiragiro ebyamuwebwa by'ebimu ebyaweebwa abantu be. 17:24,25; 30:39; 65:2.
 Okulanga kw'okuyimusibwa kw'Omujulizi okukakasa amazima ge. 11:18.
 — Obulamu bwe nga tannafuuka Mubaka bwali bwa butuukirivu. 10:17.
 Enjigiriza ye ya nsi yonna. 7:159; 10:58; 21:108; 22:50; 25:2; 34:29.
 — yali kya kulabirako makula eri abantu. 33:22.
 — yaweebwa obutitimbe. 108:2.
MUKAZI
 Omwenkanonkano mu by'omwoyo. 3:196; 33:36; 57:13.
 — n'omusajja baatondebwa mu mwoyo gumu. 7:190; 16:73; 30:22; 42:12.
 — alabirirwa musajja 2:229;4:35.
(ii) BUFUMBO
 — bwa lubeerera 4:25,26.
 Olukusa lw'okuwasa okutuusa ku bana. 4:4.
 Obwenkanya mu bakazi. 4:4,130.
 Atayinza kukola bwenkanya awase omu. 4:4,130.
 Eddembe ly'abakyala. 2:229; 4:20.
 Abakazi abakazi b'ekive baziyizibwenga mu mayumba.4:16.
 Abakazi kyambalo.2:188.
 — nsibuko ya butebenkevu. 7:190.
 Enkolagana ennungi mu bufumbo.2:238.
 — ndagaano nnywevu. 4:22.
 — tteeka.22:33-34.

Temuwasanga bakazi benkanya Allah n'ebirala. 2:222; 60:11,12.

Abakazi abali mu kulindirira teboogerezebwa. 2:229.

— obw'obuwaze bwaziyizibwa. 4:20.

Abakayala abaaziyizibwa okuwasa. 4:23-25.

Abakayala abaweereddwa Talaka ne bannamwandu baddembe okufumbirwa. 2:233,235,236.

Engeri abaweereddwa Talaka ne bannamwandu gye balina okuyisibwamu. 2:241; 65:2,7.

(iii) AMAHARE

— gabaweebwe nga mubawasa. 4:25.

— gaweebwe n'abo be mutannatuukako. 2:237.

Omukazi ayinza okutonera bba. 4:5.

(iv) KWEGATTA (MU BUFUMBO)

— kwaziyizibwa:

(i) Mu kusuulumba. 2:223..

(ii) Mu kisiibo, emisana. 2:188.

(iii) Mu I'tikaafu. 2:188.

(iv) Mu mikolo gya Hija. 2:198.

Ekgendererwa mu kwo. 2:224.

(v) KULINDIRIRA ('IDDAT)

Ebikwata ku kulindirira. 2:229,235; 65:2,5.

(vi) TALAKA

Ebikwata ku talaka. 2:230-234; 65:2-8.

(vii) KISEERA KY'OKUYONSA

— kya myaka ebiri. 2:234.

(viii) ABERAYIRIRA OBUTAYITA ERI

BAKYALA BAABWE (ILLA)

Ekiiseera ky'okulinda. 2:227,228.

MULIRO

— kiwummulo kibi nnyo. 2:127,207; 3:13,152,163,198; 8:17; 9:74; 13:19; 38:57.

— gwa ngeri bbiri. 18:101; 19:72; 29:55.

— guliba nnyina w'aboonoonyi. 101:9-12.

— teguliba gwa nkalakkalira. 11:108; 78:39.

Emmere y'abomu muliro. 44:44,45; 88:7,8.

Eby'okunywa by'aboomu muliro. 6:71; 69:37; 78:26,27.

Embeera y'akanyigo aboonoonyi kebalibeeramu. 52:14;55:44,45.

Empeera y'abazibe b'emwoyo. 17:73; 20:125.

Aboonoonyi tebaliba balamu mu gwo wade tebalifa. 4:57; 14:18; 20:75; 87:14.

Aboonoonyi tebalisembezebwa. 3:78; 16:85; 30:58; 41:25; 45:36; 83:16,17.

— gulibuubuukira mu mutima. 104:7,8.

— gulyolesebwa eri aboonoonyi. 26:92.

— guteeze abajeemu. 78:22.

— gweragira ne ku nsi. 19:72; 79:37; 92:15.

— guliko ba malayika kkumi na mwenda. 74:31,32.

— gulibumbujja, guliwuluguma. 25:13; 67:8.

— gulibaako emilyango musanvu nga buli gumu gulina omutemwa mu bo.15:45.

Enku za gwo bantu na mayinja. 2:25; 3:11; 66:7.

— guliyingirwamu abajeemu.19:70-72.

Abakozi b'ebirungi tebaliguyingiramu.19:73; 21:102,103.

Mu miremba egy'oluvannyuma, ebikolwa ebiyingiza omuntu mu muliro bilyeyongera. 26:92; 81:13.

Olutalo lulinga muliro. 2:18; 5:65.

Mūsa yalabikirwa omuliro. 20:11; 27:8; 28:30.

Allah yateeka mu muti obusobozi bw'okwaaka. 36:81;56:72,73.

Omuliro ogwaaka awatali mukka.55:36.

Kiboomu alondoola abawuliriza mu bubba. 15:19; 37:11; 67:6; 72:10.

MUNTU (INS)

— yatondebwa nga mupapi. 21:38.

Ekgendererwa ky'okutonda omuntu. 1:5; 51:57.

Kiri mu butonde bwa muntu okukkiriza Allah. 57:9.

— Yatonderwa ku buwangwa bwa Allah. 30:31; 91:8,9.

— alina obusobozi bw'okukulaakulana obutaliiko kkomo. 82:8;87:3,15; 91:8.

— yatondebwa mu ngeri esingira ddala obulungi.95:5.

— alina obusobozi bw'okufuna okubikkulirwa.15:29,30.

Allah amwoleka amakubo abiri, eddungi n'ebbi. 76:4; 90:11; 91:9.

— waddembe okusinza nga bw'ayagala. 2:257; 6:150; 10:100; 11:119; 16:10; 18:30; 76:4.

Allah awewulira omuntu n'adda eri obwangu okusinziira ku bikolwa bye. 87:9; 92:6-11.

Allah yagondeza omuntu byonna ebiri mu nsi. 16:15; 22:66; 31:21; 45:14.

— kimugwanira okusaba obukuumi bwa Allah 2:42; 40:45.

Allah tazitoowereza muntu wabula nga okusobola kwe bwe kuli 2:234,287; 23:63; 65:8.

— ayagala okukungula kw'ensi, taba na mugabo gwonna ku nkomerero. 2:201; 4:135; 42:21.

— yatondebwa nga munafu. 4:29.

Abo abaagala ekirungi ku nsi kuno n'ekirungi ku nkomerero balifuna empeera ennungi. 2:202; 42:21.

— kimugwanira okuyisa obulungi bazadde be. 17:24;29:9; 31:15; 46:16.

— olubereberye teyali kintu. 19:68; 76:2.

Abantu bonna baali ekibiina kimu. 2:214.

— yatondebwa mu ttaka. 3:60; 7:13; 18:38; 22:6; 23:13; 35:12; 40:68.
 Allah y'abumba enfaanana y'omuntu mu nnabaana. 3:7; 22:6; 23:12-15.
 — kimugwanira okuziyiza ebibi mu ngeri esinga obulungi. 13:23; 23:97; 41:35.
 Allah yafuuwa mu muntu omwoyo gwe. 15:30; 32:10; 38:73.
 Obuteebaza n'obutasiima bw'omuntu. 10:13; 11:10-12; 41:52.
 Obuvunaayizibwa bw'omuntu (*omukkiriza*) obw'emirundi esatu. 5:93-94.
 — mu nsi mw'abeera era mu yo mw'afiira. 7:26; 20:56; 71:18-19.
 Ekyambalo ky'okutya Allah ky'ekisinga obulungi eri omuntu. 7:27.
 Emitendera gy'okutondebwa kw'omuntu. 22:6; 23:13-15.
 Ekibonerezo ky'abo abeerema oluvannyuma lw'okukkiriza. 3:107.
 — yatondebwa ng'ayita mu bizikiza bisatu. 39:7.
 — ajja kugezesebwa ku bintu bye ne ku mwoyo gwe. 2:156-158; 3:187.
 Eby'obugagga bw'omuntu n'abaana be kigezo gy'ali. 8:29; 64:16.
 — okwewaayo yenna eri Allah ky'ekisingamu empeera. 2:132; 4:126.
 — yatondebwa nga mupapi. 21:38; 70:20-22
 — y'asinga ebitonde byonna okuwakana. 16:5; 18:55; 36:78.
 — ayanguwa okuggwebwamu essuubi n'okuterebuka. 11:10; 17:84; 30:37; 41:50.
 — ayagala nnyo eby'obugagga, mukodo nnyo. 17:101; 89:21.
 — ajeema nnyo. 96:7-8.
 — ali mu kufiirwa. 103:3-4.
 Allah yamusukkulumya ku bitonde ebirala byonna. 17:71.
MURTAD (OMUNTU AVUDE MU BUSIRAAMU)
 — talina ky'akosa Busiraamu. 3:145; 5:55.
 Mu kifo kye, Allah aleeta abalala nfaafa. 5:55.
 — tabonerezebwa bantu. 2:218; 3:87-91; 3:145; 4:138; 5:55; 16:107.
MŪSA, NABBI
 Kur'ani ewa okunnyonyola okutuufu kw'ebya-faayo bye. 19:52.
 Ekigendererwa ky'okumulonda ng'Omubaka. 7:138; 26:57-60; 28:6,7; 44:24-29.
 Okuzaalibwa kwe n'okutekebwa kwe mu kibaya. 20:39,40; 28:8.

Muwala wa Farāwo yamulonda. 28:9,10.
 — yagaana abakazi abalala okumuyonsa. 20:41; 28:13.
 — yaweebwa amagezi n'okumanya. 12:23; 28:15.
 — yakuba omuntu ekikonde n'amutta. 20:41; 28:16.
 — yeenenya oluvannyuma lw'okutta omuntu. 28:16,17.
 Abakungu ba Farāwo beekoba okumutta. 28:21.
 — yasengukira e Madiyani. 20:41; 28:23.
 — yayamba abakazi ababiri okunywesa eggana lyabwe. 28:24,25.
 Taata w'abawala yaleeta ekirowoozo ky'okumufumbiza omu ku bo. 28:28.
 — yasenguka n'abomu maka ge. 28:30.
 — yalaba omuliro kumpi n'olusozi Sinai. 20:11; 27:8; 28:30.
 — yasuula wansi omuggo gwe, negufuuka omusota. 7:108; 20:21,22; 26:33; 27:11; 28:32.
 Omukono gwe gwafuuka mweru. 7:109; 20:23; 28:33.
 — yaweebwa obubonero mwenda bwe yalaga Farawo. 7:134; 17:102; 27:13.
 — yasaba Allah amuteerewo Hārūna nga omusigire. 20:30-36; 26:14; 28:35.
 — ne Hārūna baalagirwa okugenda eri Farāwo. 20:43-45; 26:16-18.
 — ne Hārūna baabuulirira Farāwo. 7:105,106; 10:76-79; 17:102,103.
 — yakubaganya ebirowoozo ne Farāwo ku nsonga z'eddiini. 20:50-53; 26:19-34.
 Farāwo yamusaba akabonero. 7:107; 26:32.
 — yalaga Farāwo n'abagoberezi be obubonero. 7:108,109; 79:21.
 Farāwo yatumya abalogo abakugu bavuganye ne Mūsa. 7:112-117; 20:66; 26:37-41.
 Obukakafu obukwaata ku bukodyo bw'abalogo. 7:117,118.
 Abalogo baawangulwa era ne bamukkiriza ye ne Katonda we. 7:121-123; 20:71; 26:47-49.
 Farāwo yamalirira okumutta, Mūsa n'akimanya-ako. 40:27,28.
 Abantu ba Farāwo baakangavvulwa. 7:131-134.
 Abantu ba Farāwo beegayirira Musa abasabire. 7:135; 43:49-51.
 Abantu abasinga obungi tebaamukkiriza. 10:84.
 Allah yalagira Mūsa ne Hārūna balung'amey abantu baabwe. 10:88.
 — yasaba Allah abonereze Farāwo n'abantu be. 10:89.
 — yalagirwa Allah okutwala Abaana ba Isirairi okuva mu Misiri. 26:53.

Farāwo yamuwondera naye n'azikirizibwa. 10:91; 20:79; 26:64-67; 44:24-30.

— n'abantu be baasomoka mirembe ennyanja. 7:139; 10:91; 20:78.

— n'abantu be baasomoka nga bayita ku bugulumu. 2:51;44:25.

Faraawo bweyali azikirira yagamba nti akkiriza Katonda w'Abaana ba Isirairi. 10:91. Allah yalagaanyisa Mūsa ennaku amakuumi ana ku lusozi. 2:52;7:143.

Okulabikirwa Mūsa(a.s) kwe yafuna ku lusozi. 20:10-15.

— yayagala Allah amwerage amulabeko. 7:144. Allah yayogera naye namuwandiikira ku bipande. 7:145,146.

— yaddayo eri abantu be n'anenya nnyo Saamiri. 7:151; 20:96-98.

— yalonda abasajja nsanvu mu bantu be olw'ekiseera kyeyalagaana ne Allah. 7:156,172.

— yalagira Abaana ba Isirairi okuyingira mu nsi entukuvu. 5:22-27.

— yagamba Abaana ba Isiraili nti Allah abalagidde okusala ente. 2:68.

Mi'raj ya Mūsa n'ensisinkano ye ne Nabbi (s.a.w) 18:61-83.

— yawaayirizibwa. 33:70.

MUSINGO

— gukwasibwe omuwozi 2:284.

MUTI GWA SIDRI

Ebikwaata ku muti gwa Sidri. 53:15.

MUTIMA

Emitima gy'abatakkiriza gibaako envumbo n'ebisaanikira, n'olwekyo tebategeera. 2:8; 6:26; 17:47; 18:58; 41:6; 47:17.

Obutalaba bw'omwoyo. 2:19,172; 5:72; 6:51,105; 8:65;10:44; 11:25,29; 13:17,20; 17:73,98;20:125-126; 22:47; 27:67,82; 28:67; 30:54; 35:20; 40:59; 41:18,45; 43:41; 47:24.

Allah assa envumbo ku mitima 9:93; 16:109; 40:36; 42:25; 47:17.

Emitima gy'abakkiriza miwombeefu. 3:127; 8:7,11; 13:29; 16:107; 22:33,36; 23:61; 26:90; 37:85; 39:24,46; 48:5; 49:8; 50:34; 57:17.

MUYIYA WA BITONTOME

Muhammad teyali muyiyya wa bitontome. 36:70; 69:42.

Ebikwaata ku muyiyya w'ebitontome. 26:226-228.

MUZIGITI

— gwa bantu bonna. 22:26.

Tekikkirizibwa kuziyiza masinzizo ga Allah kutendererezaamu linnya lye. 2:115.

Ebikwata ku Masjidul-Harām ne Masjid Aqsa. 17:2.

— abannanfuusi gwe baazimba okukweka Abū 'Amir. 9:107.

Emizigiti giba gya Allah. 72:19.

MWANA WA KATONDA

Endowooza eno evumirirwa nnyo. 2:117; 6:101, 102; 10:69; 18:5,6; 19:36,91-93; 23:92; 37:150-160; 39:5; 112:2-4.

MWENKANONKANO

Abakkiriza ba luganda. 3:104; 49:11.

Abantu bonna benkana. 4:2; 16:98; 18:89; 20:76, 83; 25:71,72; 40:41; 49:12,14.

MWEZI

Omwezi n'emitendera gye guyitam. 10:6; 36:40, 41.

Entambula yaagwo eyamba mu kubala ebiseera. 2:190.

— ekitangaala gukijja ku njuba. 71:17.

— gw'emboneekerera. 2:190; 36:40.

— mu lulimi lw'engero, guwa amakulu g'Abaddaabuluzi b'eediini abajja oluvannyuma lwa Mutume (s.a.w). 91:3.

Omwezi mu Bawarabu kiwa amakulu g'obuyinza. 54:2.

Okulanga kw'okugattibwa kw'enjuba n'omwezi n'okw'okuyimusibwa kwa Imām Mahdi. 75:10.

MWEZI OMUTUKUVU

Emizozo gy'Omwezi Omutukuvu. 2:218.

MWOYO

— kitegeza kusaasira kuva eri Allah. 4:172. Ruuh kitegeza malayika. 19:18.

Malayika enneesigwa 26:194.

— omutebenkevu. 89:28-31.

— ogwenenya. 75:3.

Allah afuwa omwoyo gwe mu muntu i.e omuntu asobola okufuna okubikkulirwa. 15:30; 21:92; 32:10; 38:73.

MWOYO GW'OMUNTU (RŪH)

— kitonde kya Allah. 17:86.

Okugutukuza kituusa omuntu ku bulokozi. 91:10.

MWOYO OMUTUUKIRIVU

Muhammad (s.a.w) yaliko Mwoyo Mutuukirivu. 26:192-195; 42:53.

— yayamba 'Isa (a.s). 2:88,254; 5:111.

— ayamba abakkiriza. 16:103; 41:31; 58:23.

MYEZI

Omuwendo gw'emyezi. 6:97;9:36.

— Emitukuvu era egy'emizozo. 2:195,218;9:36.

NNABAKYALA WA SABA'

— ne Sulaimān. 27:23-45.

NDAGAANO

Ebigikwatako. 9:4,7,12,13.

— mugiwandikenga. 2:283.

— ejulirwenga abajulizi. 2:283.

NG'OMBE

Okufuuyibwa kwayo. 6:74; 18:100; 20:103; 23:102; 27:88; 36:52; 39:69; 50:21; 69:14; 78:19.

NJAWUKANA

Ebizibu ebiva mu njawukana. 3:104,106; 4:60,115; 5:3,9,43; 8:47; 16:91; 49:7,10,13.

NJIRI YA 'ISA

Okukka kwayo. 3:4,49,66; 5:47-48,111; 57:28. Abagoberezi be tebatuukiriza bigirimu. 5:67-69.

— ekubiriza okugobera Mutume (*s.a.w*). 7:158. Abagoberezi ba Mutume (*s.a.w*) eboogerako. 48:30.

NJUBA

Omugaso gw'enjuba n'omwezi. 6:97;10:6; 25:62. Entambula y'enjuba n'omwezi. 7:55; 21:34.

— bwe butangaavu. 71:16.

Okugattibwa kw'enjuba n'omwezi. 75:8-10.

Amakulu g'ekisiikirize. 25:46,47.

— tevuunamirwa. 41:38.

NKIZO (RIBA)

— yaziyizibwa. 2:276,277,279-281; 3:131; 30:40.

— terina ky'eyongera ku bugagga bw'abantu mu maaso ga Allah. 30:40.

Abo abalya enkizo beerinde olutalo oluva eri Allah ne Mutume we. 2:280.

NKULUNGO

Okuseeyeya kw'enjuba n'omwezi ku nkulungo zaabyo. 21:34; 36:41.

NNYANA EYA ZAABU

— yasinzibwa. 2:52; 7:149; 20:91.

NNYANJA

Okulanga:

(i) kw'okugattibwa kw'ennyanja. 55:20,21.

(ii) kw'okuseeyeya kw'ebombo ebigulumivu. 55:25

— ebbiri wezisisinkanira kitegeeza enkomerero y'omulembe gwa Mūsa (*a.s.*) ate nga y'entandikwa y'omulembe gwa Muhammad (*s.a.w*). 18:61-62.

NSI (AL-ARDH)

Erimu emmere emala. 13:5; 15:20-22; 22:6; 35:4; 36:34-36; 41:10,11; 78:15-17.

— n'eggulu byatondebwa mu biseera mukaaga. 11:8; 32:5; 41:10,11.

Okutondebwa kwa yo kulaga nti Allah gy'ali. 2:22,23; 6:74,103; 7:55; 9:36; 10:4,7; 11:8; 14:20; 33; 16:4; 17:100; 20:5; 25:60; 29:45; 62; 30:9;

31:11,12,26; 32:5; 36:82; 39:6; 41:10; 43:10.

Eggulu n'ensi byatondebwa mu kiseera kimu. 7:55; 21:34; 36:39-41.

Ensi n'eggulu biseeyeyeza ku nkulungo emu. 36:39-41.

NSOZI

Okutondebwa kwa zo. 13:4; 15:20; 41:11; 77:28. Ekigendererwa ky'okuzitonda. 16:16; 21:32; 31:11.

Abantu b'eggwanga lya Thamūda baawookoolanga amayumba mu nsozi. 7:75; 15:83; 26:150.

Ekyombo kya Nūhu kyatereera ku lusozi Jūdi. 11:45.

— (i.e abatuuze boomu nsozi) zaatendereza Allah wamu ne Dāūd. 34:11.

— kitegeeza abatuuze boomu nsozi. 21:80; 38:19.

— kiwa n'amukulu g'abantu ab'obuyinza oba ab'ettutumu. 20:106.

— zirisaanyizibwawo. 52:11; 70:10; 101:6.

NTAANA

Allah ateekerawo omuntu entaana ey'omubiri n'omwoyo. 80:22.

— y'omunnanfuusi teyimirwako. 9:84.

Allah alizuukiza abali mu ntaana. 22:8; 100:10.

Allah awuliza gw'aba ayagadde naye omuntu tayinja kuwuliza bali mu ntaana. 35:23.

— ziribikkulwa ebizirimu byeyoleke. 82:5.

Ebyenfuna bilagajjaza omuntu okutuusa lw'atuuka mu ntaana. 102:2-3.

NTALO

Ahzaab. 33:11-26.

Badr. (*Soma: BADR.*)

Hunain. 9:25.

Khaibar. 33:28.

Tabuuk. 48:12.

Uhud. 3:122,123,128,153-156.

NŪHU, NABBI

— Allah yamulonda ng'Omubaka. 3:34.

— yabuulirira abantu be. 7:60; 10:72; 11:26,27; 23:24; 71:2-21.

Abantu be baalimbisa obubaka bwe. 7:65; 10:74; 11:28; 23:25; 54:10.

Abantu be baamusaba ekibonerezo. 11:33.

— yakola ekyombo ng'eno abantu be bamusekerera. 11:38,39.

Ensulo zaafukumuka, Allah n'amulagira okutikka omugogo mu buli ebyali ebibiri ebibiri. 11:41,42; 23:28.

Mutabani we yagaana okusaabalira mu kyombo kya Nūhu bw'atyo naazikirira. 11:43,44.

Ekyombo kye kyali kijjudde bugule. 26:120.

— yawanjagira Allah ku lwa mutabani we. 11:46,47.

Ekyombo kye kyatereera ku lusozi Juudi. 11:45. Ekyafaayo ky'amataba mu mulembe gwe kaali kabonero eri abantu. 54:16.

Obwa Nabbi mu zadde lye. 6:86-87; 37:76-79. Okumulimbisa kitegeeza kulimbisa Babaka ba Allah bonna. 26:106.

PALESTINE

Ebyafaayo bya Palestine. 5:22.

Abaana ba Isirairi baaziyizibwa okugiyingiramu. 5:27.

Oluvannyuma abaana ba Isirairi balikung'aanyizibwa mu yo. 17:105.

Oluvannyuma elisikizibwa Basiraamu. 21:106.

PARDAH. (OKWEBIKKIRIRA KW'ABAKYALA)

Ebikwata ku Pardah. 24:31-32,61;33:60.

Abakazi abakadde balina enkizo ku Pardah. 24:61.

Mu biseera by'ekyama abali mu buyinza bwammwe basabanga olukusa. 24:59.

KĀRŪN

— yali wa ggwanga ly'abaana ba Isirairi. 28:77.

— yali bifeekeera. 28:77.

Amalala gaamutuusa ku kibonerezo. 28:79,82.

SĀMIRI

— yakolera Abaana ba Isirairi ennyana y'okusinza. 20:89.

— yabuuzibwa Mūsa(a.s) ekigendererwa kye. 20:96.

— yava ku bulung'amu. 20:97.

— yasubizibwa ekibonerezo. 20:98.

SABBIITI

Abayudaaya abamu baakuzanga Sabbiiti ate abalala baagivvoolanga. 2:66,67; 4:48,155; 7:164; 16:125.

SADDĀKA

Buli bantu baateerwawo engeri y'okusaddaaka. 22:35.

— elina kuweebwa ku lwa Allah yekka. 22:35.

Allah atuukibwako buwulize bwammwe. 22:38.

Empeera y'okuwa saddaka. 2:262,266.

— bw'ebaako okukomereza, teba na makulu. 2:263,265.

Ekigambo ekirungi n'okusonyiwa bisinga saddaka egoberezebwa okukomereza. 2:264.

Saddakanga birungi byokka. 2:268.

Okutoola saddaka mu kyaama kisinga okugitoola mu lwatu. 2:272.

Abatoola saddaka Allah abawa empeera. 2:275.

SALĀMU

— kiramuso ekyava eri Allah. 24:62.

Togaana kudda mu salāmu. 4:87,95.

Nga tonnayingira, sooka salāmu. 24:28-30,62.

Ibrahīmu(a.s) yatoolera mushrik salāmu. 19:42-48.

SHARĪ'AH (AMATEEKA)

— si nzibu ya kussa mu nkola. 4:29,66; 5:7;22:79; 33:39.

Eddiini teriimu kuwaliriza. 2:257;6:150;10:100; 11:119;16:10;18:30;42:14.

SHU'AIB, NABBI

— yatumwa eri Abamadiyani. 7:86; 11:85; 29:37.

— yakuutira abantu be okutuukiriza ebipimo ne minzaani. 7:86;11:85,86.

— yatiisibwatiisibwa abantu be okumugoba wamu n'abaamukkiriza mu kibuga. 7:89.

— baakwatibwa musisi. 7:92;11:95,96.

SITAANI

— talina buyinza ku bakkiriza abatuufu. 15:43; 16:100.

— obuyinza abulina kw'abo bokka abakwanagana naye. 15:43;16:101.

— teyenyigiranga mu kutondebwa kwa ggulu na nsi. 18:52.

— alaba omuntu nga asinziira omuntu w'atamulabira. 7:28.

— mulabe wa lwaatu eri omuntu. 17:54;25:30; 35:7;36:61;43:63.

— yaseereza Ādamu. 2:37;7:21-23.

— yatondebwa mu muliro. 7:13.

— wa mukwano mubi nnyo. 4:39.

— yaweebwa akaaganya 7:15,16.

— ali mu banyoomoofu. 7:14.

— ateega abantu mu kkubo lya Allah eggolokofu, ababuze. 7:17,18.

— abuzabantu n'abegombesa ebitaliimu nsa. 4:120,121.

Okusuubiza kwe si kwa amazima. 14:23.

— apikiriza abatakkiriza bajeeme. 19:84.

— abuzabantu gye nga ayita mu kubatiisatiisa. 3:176.

— asuula emisanvu mu kkubo ly'Ababaka ba Allah. 22:53,54.

Temugobereranga buwufu bwe. 2:169.

Okwekoba kwa Sitaani kunafu nnyo 4:77; 15:43; 16:100,101.

Engeri y'okwekuuma Sitaani. 7:201,202.

— talina buyinza ku bantu wabula yeyambisa bunafu bwabwe. 14:23;15:43.

— wakugobaganyizibwa ddi na ddi. 15:35.

SULAIMĀNI, NABBI

— yasikira Dāūd. 27:17.

Allah yamuwa obulamuzi n'obumanyi. 21:79,80; 27:16.

Allah yamuwa buli kimu. 27:17,19.

Abajeemu mu bwakabaka bwe baayigirizanga

abantu eby'okubuzaabuza. 2:103.
 Allah yagondeza Sulaimāni empewo. 21:82;
 34:13;38:37.
 Allah yagondeza Sulaimāni abakugu ababbiranga
 ebuziba.21:83.
 Amajinni gakoleranga wansi wa biragiyo bye.
 27:40;34:13,14;38:38.
 Abamu ku baweereza be baalinga mu njegere.
 38:39
 — yalina amakolero g'ekikomo. 34:13
 Eggye lye. 27:18
 — yayigirizibwa enjogera y'ennyonyi. 27:17
 — Amagye ge gaagenda mu kiwonvu kye Namli.
 27:19
 Nnaabakyaala w'Abasaba'i:
 (i) Sulaimani(*a.s.*) yamukowoola ajeemulukuke.
 27:29-32.
 (ii) yaweereza Sulaimāni (*a.s.*) ebirabo.27:36.
 (iii) yakkiriza Allah.27:43-45.
 (iv) Sulaimāni yalagira nti namulondo eringa eyiye
 ekolebwe. 27:42.
 — Yaweebwa ekifo eky'oku lusegere eri Allah.
 38:41.
 — yayagalanga nnyo effalaasi. 38:32-34.
 — yafuna okwolesebwa okukwata ku mwana
 we. 38:35.
 — yeyuniranga nnyo eri Allah. 38:31.
SWAFĀ NE MAR'WA
 — bubonero bwa Allah. 2:159.
SWĀLEH, NABBI
 — yatumwa eri aba Thamūda. 7:74;11:62; 27:46.
 Abantu be baayitibwanga As-haabul-Hijir. 15:81.
 — yabalabula basabe okusonyiyibwa. 11:62.
 Abakozi b'ebyambyone omwenda mu kibuga
 kya Swāleh. 27:49.
 Olukwe lw'okumutta ekiro. 27:50.
 Akabonero k'eng'amira enkazi eri abantu be.
 7:74; 11:65; 26:156.
 Abantu be eng'amira baagitemako amagulu.
 7:78; 26:158.
 Abantu be baabonerezebwa olw'obujeemu
 bwabwe. 7:79,80; 11:68.
 Abantu be baamuyitanga muloge. 26:154.
 Okumulimbisa kitegeeza kulimbisa Babaka ba
 Allah bonna. 26:142; 54:24.
TABŪK (OLUTALO LW'E)
 Abakkiriza baalagirwa okutabaala. 9:41.
 Olugendo lwaali luwanvu. 9:42.
TALŪT (KABAKA)
 — yalondebwa Allah okuba kabaka.2:248.
 Amagye ge gaagezesebwa n'omugga. 2:250.
TAURĀTI
 Ebigikwaatako. 3;4;5;45;6:155;23:50;28:44;
 37:118.

Bannabbi baagiramuzisa Abayudaaya. 5:45.
 — eranga Mutume (*s.a.w.*) 7:158; 48:30..
 Abaakwasibwa obuvunaanyizibwa bwa Taurāti.
 62:6.
 Singa Abantu b'Ekitabo bakkiriza Kur'āni,
 kyalibagasizza. 5:67.
 Abantu b'Ekitabo baakowoolwa okukkiriza
 Mutume (*s.a.w.*) 5:16,17,20.
 — yakyusibwakyusibwa. 2:80; 3:79; 5:14.
TAYAMMUM (OKUTAWAAZISA ENFUUFU)
 — ekkirizibwa ddi? 4:44; 5:7.
UHUD
 Olutalo lw'e Uhud. 3:122,123.
 Ebyatuuka ku balabe.3:128.
 Olutalo luno lwalimu eby'okuyiga nfaafa. 3:140-
 144,153-172.
 Ebyava mu butagondera kiragiyo. 3:153,154.
 Mu kusooka abakkiriza be baali banyigiriza.
 3:153.
 Abalabe beeyambisa obulagajjavu bw'abakkiriza.
 3:154.
 Okutolotooma kw'abannaanfuusi.3:155.
 Allah yasonyiwa abadda emabega.3:156
 Mutume (*s.a.w.*) yali mugonvu gye bali. 3:160.
'UZAIRU (EZERA)
 Abayuddaaya bamuyita mwana wa Allah. 9:30.
WUDHU (OKUTAWAAZA)
 okufuna wudhu ku lw'okusaala. 5:7
YA'QŪBU, NABBI
 — yali muzzukulu wa Ibrāhīmu. 6:85; 11:72;
 19:50;21:73;29:28.
 Isirairi nalyo lyaali linnya lya Ya'qūbu. 3:94.
 — yakuutira abaana be okusinza Katonda Omu
 2:133,134.
 — yeeziza eby'okulya ebimu ku lulwe. 3:94.
 — yali Nabbi. 2:136; 3:85; 4:164; 6:85; 19:50;
 21:73; 38:46-48.
 — y'eyazaala Nabbi Yūsufu. 12:5,10,88,101.
YAHYA, NABBI
 Malayika zaaleetera Zakariyya amawulire
 g'okuzaalibwa kwa Yahya. 3:40; 19:8.
 Allah yennyini yeyamutuuma erinnya elyo.
 19:8.
 — yaweebwa okumanya kwa Taurāti. 19:13.
 — yali musaasizi, yali mutuukirivu.19:14.
 — yatuukiriza okumu ku kulanga okwasooka.
 3:40.
 — yayisanga bulungi bakadde be. 19:15.
 — yaweebwa emirembe. 19:16.
YERUSALEMI
 Ebikwaata ku Yerusalemi. 2:260;17:6.
YŪNUS, NABBI
 — ne Dhannūn yali muntu omu. 21:88.
 — yali Nabbi. 4:164; 6:87; 37:140.

- yasukkulumizibwa ku bantu be. 6:87.
- yasaabalira mu kyombo. 37:141.
- Omuyaga gwayuugumya ekyombo, n'asuulibwa mu nnyanja. 37:142.
- Ekyennyanja kyamumira n'oluvannyuma ne kimusesema. 37:143-146.
- Ekiryō kyamumerako. 37:147.
- yatumbwa nga Omubaka eri abantu emitwalo kkumi oba n'okusingawo. 37:148.
- Abantu be baamukkiririzaamu, ekibonerezo ne kibaggyibwako. 10:99.
- Olw'abantu be okumukkiririzaamu Allah yabeeyagazaamu okumala akaseera. 37:149.

YŪSUF, NABBI

- Mu byafaayo bye mwalimu okulanga kw'ebyo ebyatuuka ku Nabbi Muhammad (*s.a.w*). 12:8.
- Okwewayo kwe eri Allah mu buto bwe n'okulaba kwe ebirooto eby'amazima 12:5.
- Ya'qūbu yamulabula obutaloitolola kirooto. 12:6.
- Baganda be:
 - baalina ensaalwa ku ye. 12:9.
 - beekoba okumutta. 12:10
 - baamusuula mu luzzi. 12:16.
 - baalimba kitaabwe. 12:18.
 - baasaka emmere mu Misiri. 12:59.
 - baaleeta muganda we Bin Yamīn. 12:64-70.
- Allah yategekera Bin Yamīn asigale mu Misiri. 12:77.
- Ya'qūbu yabagamba bayingirire mu milyango egy'enjawulo 12:68,69
- Abatambuze baamutunda. 12:20, 21.
- Aziiz Omumisiri yamugula. 12:22.
- Muka Aziiz yamwegwanyiza 12:25
- Abakyala bomu kibuga beewuunya obulungi bwe. 12:32,33.
- yaggalirwa (mu kkomera). 12:36.
- yali amanyi enzivuunula y'ebirooto. 12:38,48,49
- Yayimbulwa okuva mu kkomera. 12:55,56.
- yateeka ekikopo kye mu nsawo ya muganda we mu butanwa. 12:71.
- yasonyiwa baganda be. 12:93.
- Mutume (*s.a.w*) yasonyiwa abalabe be nga Yūsuf bweyakola. 12:93.
- yaweereza kitaabwe ekkanzu ye. 12:94.
- Ya'qūbu n'abomu maka ge baagenda e Misiri. 12:100.
- Abagoberezi be baalwoowa nti oluvannyuma lwe teribaayo Nabbi mulala. 40:35.

ZAKARIYYA, NABBI

- yafuna ebyengera bya Allah. 3:39.